# EKISA

## OBULOKOZI & OBUYIGIRIZAWA

Tutegeera Tutya
Ebitundu bya
Baibuli Ebizibu

Charles C. Bing

GRACE THEOLOGY PRESS

Ekisa, Obulokozi, n'Obuyigirizwa

Obwannannyini © 2015 bwa Charles C. Bing

Kyafulumizibwa aba Grace Theology Press.

Obuvunaanyizibwa bwonna tubwesigalizza. Tewali kitundu kya kitabo kino kirina kwokebwamu mu ngeri yonna okuggyako ng'owereddwa olukusa okuva ew'omuwandiisi, wabula okkirizibwa okujuliza ebitundu ebitonotono mu kwejjukanya oba mu kuyigiriza ku mulamwa gw'ekitabo.

Ng'oggyeko awo wokka wekirambikiddwa, ebyawandiikibwa byonna ebikozeseddwa biggyiddwa mu nzivuunula ya Baibuli ey'Oluganda eyitibwa Baibuli Entukuvu (Luganda Contempory Bible 2014) ne LBR 2017(Ekitabo Ekitukuvu).

Paperback ISBN 10: 996561412
Paperback ISBN 13: 978-0-9965614-1-9
eISBN 10: 996561420
eISBN 13: 978-0-9965614-2-6

Obuguzi Obw'enjawulo: Ebitabo ebisinga ebya Grace Theology Press bitundibwa mu bungi obw'enjawulo ku bbeeyi esaliddwaako. Obulambe obw'enjawulo oba okukozesaako ku bitundu ebitonotono ebyekitabo kusobola okukolebwa eri abo abalina obwetaavu obw'enjawulo. Tuukirira aba Grace Theology Press ku info@gracetheology.org.

Kyakubibwa mu United States of America

Kyakusibwa mu Luganda aba Reclamation Ministries- Uganda +256704125676

Ekitabo kino kyesigamye ku musingi gwa Baibuli ogukola enjawulo wakati w'okuweebwa obutuukirivu n'okutukuzibwa era wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa. Okufaananako nze, si buli muntu nti agenda kukkiriziganya n'amagezi agaweebwa mu kitabo kino ku nnyiriri za Baibuli enzibu. Wabula, ekitabo kituwa ekitangaala ekituyamba ku byawandiikibwa bingi ebizibu ebiri mu Baibuli enzivuunula z'ebitabo endala kye zitatuwa. Nze nakigatta ku lukalala lwange olw'ebitabo bye njuliza ebiyamba abantu okutegeera ennyiriri enzibu.

**Norman L. Geisler, Ph.D.**
Omu ku batandisi ba Veritas Evangelical Seminary ne
Southern Evangelical Seminary

Okutabulwatabulwa weekuli mu Bakristaayo bangi era ne mu bayivu abawerako ku nsonga ezikwata ku kikula eky'amawulire aga Yesu Masiya okubeera ag'obwereere ddala. Tuweebwa obutuukirivu lwa kisa kya Katonda kyokka ekyeyoleka nga kiyita mu mulimu gwa Kristo gwe yatuukiriza ku musaalaba era ne gussibwa mu nkola olw'okukkiriza, naye ffe ng'Abakristaayos tutukuzibwa nga tukolagana ne Mwoyo Mutukuvu ng'agenderera okutukuza mu kutufaananya Yesu. Charlie Bing, mukwano gwange era mutambuze munnange mu lugendo lw'okufuba okutegeera Ekigambo kya Katonda mu ngeri esingako era n'okuyigiriza amazima gano eri abalala, atuwadde enkola ennyangu ey'okwawula Enjiri, nga mw'eyo mwe tufuukira Abakristaayo, n'agyawula ku buyigirizwa, nga mw'obwo mwe tufaananira Kristo. Asazeewo okukozesa Amazima A era n'Amazima B ng'obubonero bw'okunnyonnyola ebikwata ku njawulo zino. Singa omusomi asoma n'obwegendereza okuyita mu kitabo kya Charlie okutegeera njawulo, omuntu oyo agenda kubeera ng'alinnye eddaala erya waggulu mu kutegeera enjigiriza y'ekisa kya Katonda ekitufuula abanunule era n'ekisa ekikolera mu ffe ne tubeerawo nga tukulemberwa Omwoyo Omutukuvu.

**H. Wayne House, Th.D., J.D.**
Ono Mukenkufu mu By'enzikiriza (Theology), Amateeka, n'Obuwangwa mu Faith Evangelical College and Seminary, Tacoma, WA

Ebitundu bya Baibuli ebizibu mu butuufu—tebiba byangu bya kutaputa. Eky'ennaku, entaputa nnyingi zimalariza ziragajalidde omulamwa omukulu. Kino kivaamu ebizibu bingi mu ntegeera yaffe e y ' ekisa, obulokozi, n'obuyigirizwa, ng'omutwe gw'ekitabo bwe gukiraga. Si buli muntu nti agenda kukkiriziganya n'ennyinnyonnyola z'omuwandiisi ono, naye omukenkufu ono Charles Bing agezaako okubeera ow'amazima eri omulamwa. Ekitabo kino kyanguyaamu ebitundu bino ebizibu okutegeerekeka. Nkisemba nnyo okweyambisibwa abayizi ba Baibuli yonna gye bali.

**Tony Evans, Th.D.**
Ssenkulu, The Urban Alternative
Omusumba Omukulu, Oak Cliff Bible
Fellowship, Dallas

Dr. Charles Bing akoze omulimu munene mu kuyamba abakkiriza okulaba enjawulo eri wakati w'obutuukirivu bwe tuweebwa olw'okukkiriza, n'okwewaayo kwaffe eri Kristo, ekivaamu obuyigirizwa obw'amazima. Olw'engeri ebitundu ebingi gye binnyonnyolwa mu kitabo kino, abasomi bangi tebagenda kukkiriziganya n'ennyinnyonnyola zonna ez'omukenkufu Bing. Mu butuufu kino n'omuwandiisi kennyini akyeyogerera. Wabula ate abakkiriza beetaaga okujjukizibwa enjawulo eno enkulu.

**Stanley D. Toussaint, Th.D.**
Omusumba Omukulu Eyawummula, Dallas Theological Seminary

# Nkiweerezza

*Ekitabo kino nkiweerezza eri abasomesa ba Baibuli, abayizi, n'abasumba bonna be nsisinkanye okwetoloola ensi eno, abo abaganya Katonda okweyogerera ng'ayita mu kigambo kye, era nga bafuba okutegeera ky'ayogera, era nga babuuza n'ebibuuzo ebizibu bwe babaako bye batategedde.*

# Ebiri mu kitabo


Okwebaza........................................................................................

Obubaka obukulembera.........................................................................

Ennyanjula.........................................................................................

**Ekitundu 1: Okutegeera enjawulo eri wakati w'Amazima A n'Amazima B.............................................................................................................**

1. Lwaki okulaba enjawulo ezo mu Ndagaano Empya Kikulu..................
2. Enjawulo y'Amazima A n'Amazima B Ennyonnyolwa........................
3. Amazima A n'Amazima B mu Kuyiga Baibuli ....................................
4. Amazima A n'Amazima B nga bwe Gakozesebwa Ku Bigambo Ebikulu
5. ne ku Njogera enkulu…………………………………………………

**Ekitundu 2: Amazima A Amazima B nga bwe Gassibwa mu Bitundu bya Baibuli** ………………………………………………………………

5. Enjiri ya Matayo, Makko, Lukka ..........................................................

Ebitundu okuva mu Bubaka obw'oku Lusozi .......................................

Ebigambo by'Emikisa. Matayo 5:3-12 (laba. Makko 1:16-20).......

Ggyamu eriiso lyo. Matayo 5:29-30 .............................................

Sonyiwa olyoke osonyiyibwe. Matayo 6:14-15 (laba. Makko 11:25-26)..............................................................................................

Ebibala ne bannabbi ab'obulimba. Matayo 7:15-20 .......................

Aboogera eby'obulimba. Matayo 7:21-23 ......................................

Ebitundu ku Buyigirizwa..........................................................................
Okuvuba n'okugoberera. Matayo 4:18-22
(laba. Makko 1:16-20; Lukka 5:1-11) ......................................
Okukyawa ab'omu maka go. Matayo 10:37; Lukka 14:26 ..................
Okwetikka ekikoligo kye n'okuyiga. Mat. 11:28-30. ..........................
Okugoberera Yesu. Matayo 10:38; 16:24
(laba. Makko 8:34; Lukka 9:23; 14:27) ....................................
Okuzuula obulamu bwo. Matayo 10:39; 16:25-26
(laba. Makko 8:35-38; Lukka 9:24-26; Yokaana 12:25)...........
Akwatibwa ensonyi okwatula. Matayo 10:32-33; Makko 8:38
(laba. Lukka 9:26; 12:8-9) .......................................................
Omugagga omuto. Matayo 19:16-22
(laba. Makko 10:17-27; Lukka 18:18-23)................................
Ebitundu ebirala n'Engero Ezoogera ku Bizibu Eby'amaanyi Ebizivaamu
..........................................................................................................
Ekibi ekitasonyiyika. Matayo 12:31-32 (laba. Makko 3:28-30) ......
Oyo agumiikiriza okutuusa ku nkomerero. Matayo 24:13
(laba. Mat. 10:22; Makko 13:13; Lukka 21:19) ........................
Olugero lw'ebika eby'ettaka. Lukka 8:4-8, 11-15
(laba. Mat. 13:1-9; Makko 4:2-20) ..........................................
Olugero lw'eky'obugagga ekikusike n'amayinja ag'omuwendo.
Matayo 13:44-46 ...................................................................
Olugero lw'omuddu atasonyiwa. Matayo 18:21-35 ........................
Olugero lw'ekijjulo ky'embaga y'obugole. Matayo 22:1-14 ..........
Olugero lw'omuddu omubi. Matayo 24:45-51
(laba. Lukka 12:42-48) ..........................................................
Olugero lw'embeerera ekkumi. Matayo 25:1-13 ............................
Olugero lwa ttalanta. Matayo 25:14-30 (laba. Lukka 19:11-27).......
Okulamula embuzi n'endiga. Matayo 25:31-46 .............................
Olugero lw'omwana eyazaawa. Lukka 15:11-32. ...........................
Ekitundu ku kubatizibwa ..........................................................

Okubatiza kwaYokaana okw'Okwenenya. Matayo 3:1-12
(laba. Lukka 3:3-17)..............................................................
Oyo abatizibwa ajja kulokolebwa ……………………………………

6. Enjiri ya Yokaana..........................................................................
Yesu abantu abamu tabeesiga. Yokaana 2:23-25 ..........................
Okuzaalibwa amazzi n'Omwoyo. Yokaana 3:5 ...........................
Kkiriza era ogonde. Yokaana 3:36..................................................
Okuzuukira okw'emirundi ebiri. Yokaana 5:28-29 ..........................
Omulimu gwa Katonda. Yokaana 6:28-29 ......................................
Mulye omubiri gwa Yesu, munywe omusaayi gwe. Yok. 6:48-58....
Abayigirizwa banywerera mu kigambo kya Kristo. Yok. 8:30-32 ....
Endiga za Yesu zimugoberera. Yokaana 10:27-28...........................
Abamu bakkiriza naye ne batayatula. Yokaana 12:42.......................
Amatabi agatabala bibala. Yokaana 15:1-8 ......................................
Weeyongere okukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo. Yok. 20:30-31 ..............................................................................................
7. Ebikolwa ......................................................................................
Weenenye era obatizibwe. Ebikolwa 2:37-39...............................
Simooni omulogo. Ebikolwa 8:17-24 ..........................................
Kkiririza mu Mukama Yesu Kristo. Ebikolwa 16:30-31 ...............
Batizibwa onaazibweko ebibi. Ebikolwa 22:16 ............................

8. Ebbaluwa za Pawulo........................................................................
Obuwulize obw'okukkiriza. Abaruumi 1:5; 16:26.........................
Okukola obulungi olw'obulamu obutaggwaawo. Abaruumi 2:6-7, 10, 13........................................................................................
Twalokolebwa obulamu bwe. Abaruumi 5:9-10 ...........................
Abaddu b'ekibi oba ab'obutuukirivu. Abaruumi 6:17 ..................
Empeeraa y'ekibi kwe kufa. Abaruumi 6:23.................................
Okufa eri omubiri oba okuba omulamu olw'Omwoyo. Bar. 8:13.

Abakulemberwa Omwoyo. Abaruumi 8:14 ..................................
Yatula n'akamwa ko. Abaruumi 10:9-10 .......................................
Emirimu egyokebwa. 1 Abakkolinso 3:11-15 ...............................
Mumuweeyo eri Setaani. 1 Abakkolinso 5:1-5 .............................
Tajja kusikira bwakabaka obw'omu ggulu. 1 Abakkolinso 6:9-11 (laba. Abaggalatiya 5:19-21; Abeefeeso 5:3-5) .......................
Si kulwa nga nfuuka atasiimibwa. I Abakkolinso 9:27 ..................
Singa muginywererako. 1 Abakkolinso 15:1-2 ..............................
Yagala Yesu oba si ekyo okolimirwe. 1 Abakkolinso 16:22 .......
Mwekebere mwekka. 2 Abakkolinso 13:5 ................................
Oyo akolimirwenga. Abaggalatiya 1:8-9 ...................................
Okugwa okuva mu kisa. Abaggalatiya 5:4 .................................
Okukkiriza okukolera mu kwagala. Abaggalatiya 5:6 ................
Ky'osiga ky'okungula. Abaggalatiya 6:7-8 ...............................
Okukkiriza n'ekirabo kya Katonda. Abeefeeso 2:8-10 ................
Katonda ajja kumaliriza omulimu gwe. Abafiripi 1:6 ................
Mujje eri okununulibwa.. Abafiripi 1:27-28 ...............................
Kolerera obulokozi bwo. Abafiripi 2:12-13 ...............................
Luubirira okufuna empeera. Abafiripi 3:12-14 ..........................
Bwe munyiikirira. Abakolosaayi 1:21-23 ..................................
Omulimu ogw'okukkiriza. 1 Abassesolonika 1:3 ........................
Abo abagaana okukkiriza. 1 Timoseewo 1:19-20 ........................
Nywezanga obulamu obutaggwaawo. 1 Timoseewo 6:17-19 .......
Singa tumwegaana. 2 Timoseewo 2:10-13 ...................................
Okukuuma okukkiriza. 2 Timoseewo 4:7-8 .................................

9. Ebbaluwa eri Abebbulaniya ..........................................................
Embeera y'Omwoyo ey'Abasomi b'Ebbaluwa .........................
Ekigendererwa ky'Omuwandiisi ...............................................
Ekikula ky'Okulabulwa ...........................................................

Tuliwona tutya? Abebbulaniya 2:1-4................................
Okuyingira mu kiwummulo kye. Abebbulaniya 3:18-19 ..
Obulokozi eri abo bonna abawulize. Abebbulaniya 5:9 ....
Singa bagwa okubivaamu. Abebbulaniya 6:1-10 .............
Ekibi ekigenderere. Abebbulaniya 10:26-31 .....................
Obutukuvu okulaba Mukama. Abebbulaniya 12:14 ..........
Omuliro ogwokya. Abebbulaniya 12:25-29.......................

10. Ebbaluwa ya Yakobo, Peetero, Yokaana, ne Yuda.............................
Ekibi kireeta okufa. Yakobo 1:15 ..........................................
Omusango ewatali busaasizi. Yakobo 2:12-13.......................
Okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu. Yakobo 2:14-26 ...
Si kulwa nga musingisibwa omusango. Yakobo 5:9 ..............
Baako gw'owonya okufa. Yakobo 5:19-20 ............................
Obulokozi bw'emmeeme zammwe. 1 Peetero 1:9..................
Okubatizibwa kutulokola. 1 Peetero 3:21...............................
Munyweze okuyitibwa n'okulondebwa kwammwe. 2 Peet 1:10-11.. ..........................................................................................
Embwa eddidde ebisesemye byayo. 2 Peetero 2:1-22 ............
Mufube okusangibwa nga temuliiko musango. 2 Peetero 3:14-18 ..........................................................................................
Ekigendererwa kya 1 Yokaana ..........................................................
Bwe tutambulira mu kizikiza. 1 Yokaana1:6, 8, 10................
Naye bwe twatula ebibi byaffe. 1 Yokaana 1:9.......................
Amazima nga tegali mu ye. 1 Yokaana 2:3-4, 9, 11 ...............
Oyo ayonoona aba tamanyi Katonda. 1 Yokaana 3:6, 9-10....
Buli akola ebibi aba wa Setaani. 1 Yokaana 3:8, 10...............
Ekibi ekireeta okufa. 1 Yokaana 5:16....................................
Buli akola ekibi aba talabanga ku Katonda. 3 Yokaana 11 .....
Katonda asobola okubakuuma obutagwa. Yuda 24.................

11. Okubikkulirwa ........................................................................................

Abawanguzi. Okubikkulirwa essuula 2-3 ...............................

Sirisiimuula linnya lye. Kub. 3:5..........................................

Sirikusesema mu kamwa kange. Kub. 3:15-16......................

Akonkona ku luggi. Kub. 3:20 .............................................

Okulamulwa mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru. Kub. 20:11-15 .........................................................................

Aboonoonyi n'okufa okwokubiri. Kub. 21:8........................

Empeera ezigabibwa okusinziira ku bikolwa by'omuntu. Kub. 22:12 ...........................................................................

Buli agatta oba atoolako ku Kigambo kya Katonda. 22:18-19.....

**Ekitundu 3: Okussa mu nkola Amazima A n'Amazima B mu bulamu ne mu buweereza ..............................................................................................................................255**

12. Okufaayo ku Njawulo Baibuli z'Etulaga ………………..

Engeri gye twetunuuliramu............................................................

Engeri gye twanjulamu Enjiri .........................................................

Engeri gye tukakasaamu obulokozi ................................................

Engeri gye tusikiriza abakkiriza okutya Katonda ............................

Engeri gye tuvumiriramu ebbeetu ery'okwonoona..........................

Engeri gye tutereezaamu embeera y'ekkanisa .................................

Engeri gye tutunuuliramu ebiseera eby'omu maaso .........................

Okufundikira 1: Obukuumi Obutaggwaawo...............................................

Okufundikira 2: "Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere," kye kiki"?.............

Endagiriro y'Ebyawandiikibwa ..................................................................

# Okwebaza

NAWANDIIKA EKITABO KINO okumala ebbanga lya myaka ng'etaano nga ndi mu bitundu by'ensi eby'enjawulo. Nneebaza nnyo nnyini ddala abo abanzikiriza okubeera mu bifo byabwe "eby'enkiso" okusobola okweyawulako nga mpandiika: mikwano gyange abaagalwa John O. ne Lorraine Oliver, akasirise k'eddungu lya New Mexico; Jim ne Christy Caddock, obulungi bw'ensozi ez'e Oregon; Peter ne Carolyn Bennis, mwampa ekisenge ekitenkanika mu Texas nga nneengera bulungi ebweru; Gary ne Janine McNally, olukoola lw'omukyalo ky'obukiika kkono obw'essaza lya New York; era Dar ne Chris Highlen nammwe mbeebaza olw'omukisa gwe mwampa okuvubira mu Florida ebbanga eddene lye namala eyo nga mpandiika. Ebitundu by'ekitabo ebimu nabiwandiikira Ghana (Bugwanjuba bw'Afrika), Burundi (Buvanjuba bw'Afrika), India, ne Philippines bwe nnali mpeereza mu bifo ebyo.

Tewali n'omu awandiika kitabo nga kyogera ku bitundu bya Baibuli ebingi ayinza okugamba nti ebirowoozo byonna bibadde bibye ku bubwe. Buli kye mpandiise mu kitabo kino kivudde mu kuba nga nnyimirira ku bibegabega by'abasomesa ba Baibuli abatya Katonda era ababikkuliddwa, abo abankutteko mu ngeri zombi, mu kutaputa ate ne mu kussa mu nkola Ekigambo kya Katonda. Si baatudde mannya kubanga abasomesa, abandeze ne banywanyi bange abo bangi nnyo nga kizibu okubeebaza bonna kinnoomu ne mbamalyo. Naye mbeebaza okuva ku ntobo y'omutima gwange.

Nsiima nnyo nnyini ddala obuwagizi n'okuzzibwaamu amaanyi okuvudde mu lukiiko olufuzi n'emikwano egya Grace Life Ministries abayimirira nange mu kubunyisa obubaka obw'ekisa kya Katonda okwetoloola ensi. Era nneebaza nnyo ab'ekyapa kya Grace Theology Press olw'obwesimbu bw'abakozi baabwe n'abasunsuzi. Naye okwebaza okw'enjawulo kugenda eri David Anderson ne Fred Chay abaakola nange okulungiwaza ekitabo kino, n'okukifuula ekitegeerekeka amangu, era ne kisigala nga kyesigamye ku Baibuli. Ffena tugabana omukwano gwe gumu eri Ekigambo kya Katonda, n'Enjiri ey'ekisa kye.

Okwebaza okw'enjawulo kugenda eri ensibuko ey'ekyokulabirako kyange, ono ye nnyabo, Beulah Bing. Yagumiikiriza nnyo ebyo bye nawandiikanga nga mukyalidde e Virginia. Ku myaka 92 gy'alina, nkakasa nti agenda kuwanula ekitabo kino okuva ku mutimbagano (bwe kinaaba kiwedde okuteekebwaayo) akiteeke ku taabu ye, okwo kwasomera ebintu ebiwerako. Ku lusegere lwange era ng'ayita mu kusaba okumala ekiseera kino kyonna era nga bw'agumiikiriza n'obutabeerawo bwange obwa buli kiseera, ono ye mukwano gw'obulamu bwange, mukyala wange Karen afumbye emyaka 36 mirambirira.

Eky'enkomerero, era nga kye kisinga obukulu, nneebaza Omutandisi era Omukomekkereza wa byonna, nga ye byonna mu byonna wange, Mukama wange Yesu Kristo, eyandokola olw'ekisa kye era n'ampa obulamu obwannamaddala. Ekitiibwa kidde gy'ali.

# Obubaka Obukulembera

ABAMU KU FFE twafuna omukisa okutuula wansi w'obuweereza obwefaanana bwokka obwa Howard Hendricks eyajja mu nsi n a y o g e r a ebigambo by'amagezi ebyalemera mu ndowooza zaffe. Ekimu ku byo kyali kigamba nti: "Ba ssebo, Setaani tateeka lufu mu bintu ebitalina nnyo makulu; naye essira alisimba ku bya nsonga. Era tewali kintu kikulu ekisinga enkolagana eri wakati w'okukkiriza n'ebikolwa." Ekyo kituufu nnyo. Kale n'ennyiriri ezisinga okujulizibwa ku bulokozi (Abeef. 2:8-10) zigamba nti tetwalokolebwa lwa bikolwa, naye twalokolebwa tukole ebikolwa. Okukkiriza n'ebikolwa tebibatiisa ku byogerako. Ennyiriri endala ezimanyiddwa ye (Yak. 2:14-26) alabika ng'agamba nti okukkiriza kwokka tekusobola kutulokola; tulina okubeera n'ebikolwa. Kino kireetera Abapolotesitante abamu nga Luther okubazaabuzibwa mu by'omwoyo kubanga ebitundu ebimu nga Abaruumi 4:1-5 wagamba nti tetusobola kuweebwa butuukirivu lwa bikolwa. Okukkiriza ng'okugassseeko ebikolwa si kizibu eri Abakatoliki okuva Olukiiko olwatuula e Trent bwe lwalangirira nti omuntu yenna agamba nti ebikolwa si bye bisaanyiza omuntu okuyingira eggulu yali abooleddwa.[1] Abapolotesitanti bangi bategeera ekigambo ky'okukkiriza okuliko ebikolwa olw'okuyingira mu ggulu, nga bo bagamba nti ebikolwa bwali bujulizi obukakasa okukkiriza okulokola okw'amazima. Okukkirizaokutaliiko bikolwa kubeera si kwa nnamaddala, era ga tekuyamba muntu kufuna bulokozi, bwe batyo bwe baayigirizanga.

*Ekisa, Obulokozi, n'Obuyigirizwa* ekyawandiikibwa Charlie Bing kikola omulimu mulungi nnyo okutaggulula empaka mu by'enzikiriza. Mu kukola ekyo, kindabikira nga yakozesa enkola ey'enjawulo ennyo, etakozesebwangako abakukunavu mu byafaayo bya siyologye: Amazima A Amazima B. Mu kussa ebitundu eby'enjawulo mu miteeko nga Amazima A oba Amazima B, Dr. Bing atuyamba okulaba enjawulo eri wakati w'amazima g'obutuukirivu (A) n'mazima g'okutukuzibwa (B), Ekifo kyaffe mu bifo eby'omu ggulu (Amazima A) era n'Embera yaffe ku nsi (Amazima B), Enkolagana yaffe ne Katonda (Amazima A) n'Okussa ekimu ne Katonda (Amazima B), omusango ogw'olubeerera (Amazima A) era n'omusango

[1] Olukiiko lw'e Trent, Canon 24

ogw'akaseera (Amazima B), ebirabo bya Katonda (Amazima A) ate n'empeera za Katonda (Amazima B), n'ebirala.

Martin Luther yali agezaako okukola ekintu kye kimu bwe yagamba nti, "*Simul iustus et peccator*": Mu kiseera kye kimu (*simul*) Mpeebwa obutuukirivu (*iustus*— Amazima A) era ng'omwonoonyi (*peccator*— Amazima B). Mu ggulu ndabibwa mu bujjuvu nsa sirina musango oba nga nnejjerezeddwa mu *kifo* kyange mu Kristo (Amazima A), naye mu *mbeera* zange ku nsi (Amazima B) Nze nkyali mwonoonyi oba omuntu ayonoona— byombi mu kiseera kye kimu. Amazima A Amazima B. Luther yali agezaako okwawula ebiti ebyo ebibiri. Kituufu, ebyawandiikibwa ebimu byogera ku *kkubo* (Amazima A), naye ebirala byogera ku *lugendo* (Amazima B). Dr. Bing atuyamba okutegeera ebiti bino kitundu ku kitundu.

Ekimu ku bintu ebiyamba ennyo mu kitabo kino, y'engeri Dr. Bing gy'akwatamu mu bwenkanya buli kitundu ng'atunuulira buli ndowooza ng'akozesa ggalubindi ze ze yayita Amazima A n' Amazima B ng'abitambuliza wamu. Mu bigambo ebirala, akozesa ekitundu nga Matayo 16:24-27 n'akinnyonnyola ng'akozesa ggalubindi ez'Amazima A ne z'Amazima B. Endaba y'Amazima A eyinza okugamba nti ekitundu kino kyali kyogera ku butya omuntu bw'agenda mu ggulu; endaba y'Amazima B eyinza okugamba woogera ku bulamu obw'Ekikristaayo nga bwe buli leero ekikosa empeera ez'enkya.

Mu mbeera ezimu, ekitundu kiyinza okuba n'entaputa bbiri oba ssatu ku Mazima A, nga buli emu eyogera ku ky'okugenda mu ggulu oba okulisubwa. Naye ebiseera ebimu ne ku Mazima B wabaawo entaputa ezisukka ku emu.Dr. Bing atulaga entaputa ezisinga okumanyibwa mu biti bino byombi (Amazima A n' Amazima B). Olwo ye nannyonnyola lwaki asalawo okukkiriziganya n'emu ku ntaputa zino. Era akola kino nga tanyooma balala abayinza okusalawo obatakkiriziganya na ntaputa ye. Wabula ye teyewala kwaŋŋanga kitundu kyonna eky'ennyiriri enzibu. Mu butuufu ataganjula Endagaano Empya yonna n'akwata ku nnyiriri zonna enzibu ng'azirabisa ggalubindi ez'Amazima A ne z'Amazima B.

Ekyenkomerero, Dr. Bing akola ekyo abayivu abasinga obungi kye balemererwa okukola. Ono "ebintu abikkakkanya n'abireeta wansi nga buli muntu asobola okubitegeera" (n'abisembeza kumpi nnyo ng'enjogera ya Howard Hendricks endala bw'egamba). Era atubuulira butya enjawulo etegeerekeka wakati w'Amazima A n'Amazima B bweyinza okutuyamba mu buweereza bwaffe ne mu bulamu bwaffe obwa bulijjo.

Omusomi agenda kukisanga ng'ekitabo kino *Ekisa, Obulokozi, n'Obuyigirizwa* nga kimuyamba nnyo okutegeera Baibuli era n'olwekyo ne yeeyongera okutegeera obulungi engeri y'okuyingira mu bulokozi era n'okubeera mu bulamu obw'Ekristaayo.

David Anderson, Ph.D.
Ssenkulu era omukenkufu wa Biblical Languages and Systematic Theology
Grace School of Theology, Woodlands, TX

# Ennyanjula

NNYINZA OKULABIKA ng'akisussizza oba omwepansi, naye sisobola kukyebeera nti eky'amazima kiri nti abantu abasinga obungi balabika nga tebakkiriziganya ku Enjiri na kiki kye kitegeeza okubeera omuyigirizwa wa Yesu Kristo. Ekyo tuyinza okukisuubira mw'abo abatali Bakristaayo, naye *Abakristaayo* bangi tebakkiriziganya bokka na bokka oba ng'abalina endaba ezaawukana ku nsonga bintu ebyo ebibiri. Abakristaayo abalala bangi tebalabawo buzibu bwonna era tebafaayo. Eri ab'engeri eyo nnyinza okulabika ng'akisussizza *era* omwepansi. Nze ntunuulira Enjiri n'obuyigirizwa ng'ebintu ebibiri ebikulu omuntu by'alina okutegeera obulungi. Ebbaluwa ya Craig etusiigira ekifaananyi ky'okutabulwatabulwa abangi kwe basisinkana mu kugezaakao okutegeera enjiri:

> Ssebo Dr. Bing, nnyumirwa okusoma emiko gy'owandiika /wamu n'obubaka era nnagula n'ekitabo kyo ekiyitibwa Kisoboka lwa Kisa busa/ era nkisoma……Wabula, Nkyalina ensonga ku bitundu ebimu mu Baibuli ebirabika nga bikontana n'eky'obulokozi bwa Katonda okubeera obw'obwereere era n'eky'okuba nti bufunibwa lwa kisa olw'okukkiriza KWOKKA. Kino kintawaanya nnyo kubanga sirina bukakafu bwa bulokozi bwange era simanyi bwe nfuna bulokozi singa nkizuula nti si bulina. Waliwo engeri ez'enjawulo nnyingi ezitulaga "butya bwe tulokoka" eziri eyo mu bantu ezireka abantu bangi nga basobeddwa. Kale mu ngeri zonna, ekizibu kye nnina n'enjigiriza y'ekisa eky'obwereere yeesigamye ku kuyigiriza n'engero za Yesu ezisangibwa mu Matayo, Makko, ne Lukka. (ekitabo kya Yokaana okutwaliza awamu kiwagira endowooza y'obulokozi obw'ekisa eky'obwereere obutuweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza kwokka ewatali bukwakkulizo.) Wabula, mu njiri 3 ezifaanagana . . . tulaba ekintu eky'enjawulo ennyo. Tulaba Yesu ng'agamba abantu nga bwe kiri ekizibu okulokoka, okuyingira obwakabaka, era n'okusigala mu bwakabaka, n'ebirala. Tulaba engero, okugeza, ng'olw'abawala embeerera 10, ng'ettaala zaffe bwe ziba tezaaka tetukkirizibwa kuyingira ku mbaga. Engero nnyingi Yesu ze yayogera nga zijuliza ku buwulize n'okukola ebikolwa ebirungi okusobola "okuyingira

> mu bwakabaka.” Mu butuufu, ensonga “y’okuyingira mu bwkabaka/eggulu” yasinga kulabibwa ng’ey’okuyitibwa era ey’okuyingira ku kijjulo, ku mbaga, n’ebiarala…. Kirabika nga waliwo engeri EZIWERAKO eziraga omuntu bw’afuna obulokozi mu Ndagaano Empya. Enjir 3 ezifaanagana ziraga engero za Yesu’ n’okuyigiriza kwe ku bikwata ku kufuna obulokozi nga kye kintu eky’okukyusa engeri omuntu gy’abaawo, okukola ebikolwa ebirungi, era n’okugondera Obukama bwa Yesu. Enjiri ya Yokaana essira erissa ku bwaKatonda bwa Yesu era n’endowooza egamba nti, omuntu okulokoka ateekwa okukkiriza nti Yesu ye Katonda, n’ebirala. Ate oluvannyuma tulaba Pawulo ayawukana n’endowooza ezo ebbiri nga ye agamba nti okulokoka oteekwa okukkiririza mu Kristo eyazuukizibwa, era ng’okukkiriza okwo kwokka (ewatali bikolwa byonna) ng’ekyo kye kikulokola okusinziira ku kisa kya Katonda. Nze bino bintabula nnyo. Ate waggulu w’ebyo byonna, tulina ennyiriri mu 1 Yokaana ezirabika nga zitulaga nti singa twonoona tetusobala kulokolebwa, ob nti singa tukyawa muganda waffe, tubeera tetwalokolebwa…. Munnange osobola okunnyamba? Nze Craig.

Ekitabo kino kigenderera okuyamba Craig n’abalala abalinga ye basobole okutegeera Ebyawandiikibwa, enjiri, era n’obuyigirizwa. Naye mu kukola ekyo, njagala okubaako ekikulu kye nkolerera Abakristaayo bonna era n’abalala abaagala okutegeera Baibuli. Kirabika ensibuko y’okutabulwatabulwa ku bulokozi n’enjiri, y’entaputa embi ey’ennyiriri z’Endagaano Empya ezoogera ku bulokozi oba ezirabika ng’ezoogera ku bulokozi. Emirundi mingi ennambika ya mulundi gumu yekozesebwa n’ezimbulukusa ennyiriri za Baibuli wamu nga tesosoddeemu, olwo n’eryoka ezaala akavuyo olw’olumu akakontana na butya omuntu bwalokolebwa. Nzikiriza nga Baibuli eyigiriza bulungi nti tulokolebwa lwa kisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo yekka. Akatyabaga akali mu kutaputa obubi ennyiriri za Baibuli ennyingi kwe kuba nti enjiri ey’ekisa ekugirwa, nga n’obugagga bw’amazima ku bulamu obw’Ekikristaayo mu nnyiriri ezo tebufiiriddwaako. Tukkirize Katonda okwogera mu ngeri enneekusifu ku biseera by’enkomerero, naye ategeerekeke ng’ayogera ku bulokozi bwaffe!

Njagala okwolesa engeri ekwatagana n’Ebyawandiikibwa etendeka abantu okwetegeerera amakulu g’ennyiriri ezo. Saagala kugiyita *nkola*. Olw’okubulwa ekigambo ekituufu, nze ngiyita *engeri*. Naye tewali nkola ya kyama ku ngeri eno. Nze ndi mu kulwanirira ennono ennungi

ezikuyamba okuyiga Baibuli osobole okugitaputa obulungi. Naye n'entaputa yange si ya njawulo ku y'abalala bonna. Ogenda kusangayo abalala abaziyigiriza nga nze era era abaziwandiikako nga nze. Kye njagala okubalaga y'engeri ekwatagana gy'osobola okukozesa okulaba (oba okugezesa) entaputa zino.

Ekigendererwa kyange si kwe kunnyonnyola buli kimu ku bitundu bya Baibuli ebirondeddwaamu, naye okulaga obujulizi obumala okumatiza abasomi nti waliwo entaputa endala esinga kw'eyo abangi gye bamanyi. (Nnina okunnyonnyola okugazi ku nnyiriri zino ewalala.[2]) Nsuubira okubalaga ekisumuluzo, kyokka nga tekifiibwako ekiraga enjawulo ez'entaputa ez'ekyo kye tuyinza okuyita ennyiriri enzibu oba "ebitundu ebizibu" ezoogera ku bulokozi n'obulamu Obwekristaayo. Naye era, njagala okubalaga omutendera gwe nakozesa okufuna entaputa esingako okuba ennungi. Nakigenderera obutabasiikiriza n'obuwandiike bw'abawandiisi abalala kubanga njagala okukulaga engeri Baibuli gye yetaputamu omulamwa gweyogerako bwe gussibwako essira.

N'abamu ku be tukkirizaganya nabo mu njigiriza tebagenda kukkiriziganya nange ku buli nyinnyonnyola. Ekyo si kirinako buzibu era nkisuubira—singa basobola okulaba enjawulo gye ngezaako okubalaga. Bw'eba ng'entaputa yaabwe eyamba enjiri ey'ekisa okubeera nga terina byesibiddwako era ng'etegeerekeka bulungi, olwo nange mbeebaza. Entaputa ze mbawa zikyikirira ebyo bye nzikiririzaamu, era ebimu binkwatako nnyo okusinga ebirala, naye nsigala nneguddewo nga njagala nnyo bino okusigala nga bikwatagana n'ebyawandiikibwa. Nkakasa ng'abayizi ba Baibuli wonna mu nsi bagenda kubeera basanyufu okuleetayo ebirowoozo ebirala ebigenda okwongera entaputa zino okubeera ennungi!

Omusomi w'ekitabo alina okukimanya nti nkozesa ekigambo *obuyigirizwa* nga njuliza ku bulamu bw'Ekikristaayo. Kino kiva mu kigambo ekitegeeza *okufuuka omuyizi* (*mathēteuō*)[3], *omuyigirizwa* ye muntu eyalokoka era ng'ali mu mbeera ey'okuyiga oba enkolagana ekula mu Yesu Kristo. Waliwo emitendera gy'okwewaayo egy'enjawulo egyogerwako nga bakozesa ekigambo ekyo mu Baibuli, okuviira ddala kw'abo abaagobereranga Yesu mu kibinja okutuuka kw'abo abaabeeranga naye buli lunaku, okugeza ng'Ekkumi n'Ababiri. Nkozesa ekigambo ekyo okunnyonnyola obulamu era n'obuvunaanyizibwa bw'Ekikristaayo oluvannyuma lw'obulokozi, ekitegeeza,

---

[2] Bing, Charles C., "Ddala Yokaana Esooka Etubuulira ngeri ki gye Tumanya nti Twalokolebwa?" Mu bibuuzo ebikakali 21 ku kisa (*21 Tough Questions about* Grace (Allen, TX: Bold Grace Ministries, 2015), pp. 203-213; Lordship *Salvation: A Biblical Evaluation and Response,* 2nd GraceLife Edition (Burleson, TX: Xulon Press, 2014); era ne mu bubaka obuli mu *GraceNotes* ku mutibagano gwa gracelife.org.

[3] Okuyita mu kitabo kyonna, ensibuko y'ebigambo by'Oluyonaani ye Arndt, W.; Danker, F. W.; and Bauer, W. A., *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christians Literature* (Chicago: University of Chicago Press, 2000).

amazima agawandiikibwa eri Abakristaayo.

Nkimanyi nti waliwo abamu abalowooza nti *omuyigirizwa* kye kigambo ekirala ekitegeeza *Omukristaayo*. Bw'osoma mu kitabo kino, ogenda kutegeera lwaki ekyo sikkiriziganya nakyo. Omukristaayo ye muntu akkiririza mu Yesu Kristo nga ye Mwana wa Katonda eyafiirira ebibi, n'azuukira nate, era n'atuwa obulokozi obutaggwaawo. (Olw'olumu nkozesa ebigambo ebimpimpi okunnyonnyola obulokozi oba Abakristaayo okugeza nga "abo abakkiririza mu Kristo," naye kaakano mumanyi kye mbeera ntegeeza). Omuyigirizwa ye muntu eyewaddeyo okugoberera Yesu Kristo era n'okumuyigirako. Buli Mukristaayo kimugwanira okwewaayo era n'okukula ng'omuyigirizwa, naye bonna tebakikola. Enjawulo eyo nkulu, kubanga bwe tategeerwa, ereetawo akavuyo ku njiri, abantu ne bataba na bukakafu bwa bulokozi, era ne kigongobaza obuweereza bw'okubuulira enjiri wamu n'obwekkanisa. Wansi wano ntaddewo okugeraageranya okutonotono okulaga enjawulo gye njogerako wakati w'Omukristaayo n'omuyigirizwa.

| Omukristaayo | Omuyigirizwa |
|---|---|
| Yalokolebwa | Agoberera |
| Ono aweebwa obutuukirivu | Ono atukuzibwa |
| Yazaalibwa mu Mwoyo | Akula mu Mwoyo |
| Bwa bwereere | Butwala omuwendo |
| Akkiririza mu Kristo ng'Omulokzi we | Agondera Kristo nga Mukama we |
| **Amazima A** | **Amazima B** |

Okutegeera enjawulo eno kikulu nnyo bw'oba ng'onaategeera bulungi Baibuli. Kaakati kino kye weetaaga okumanya ng'osoma ekitabo kino: *Oludda olwa kkono ndutuumye Amazima A ate olwa ddyo Amazima B*. Eno y'engeri ennyangu ey'okulaga enjawulo eno enkulu ennyo. Nnasooka okuwulira enjawulo eno ng'eyongerwa mu ngeri efaanagana bw'eti okuva ku mukwano gwange, Dr. David Anderson, era okuva olwo nzize ngikozesa mu kuyigiriza okwetoloola ensi. Kale nga nange bwe yankwatako, mu ngeri y'emu nfuna nnyo abakkiriziganya nange okuva mu nkuŋŋaana bwe mbeera njigiriza. Kale nno, nneebaza Dave olw'okusiga ensigo eyo.

Sisobola kukubaganya birowoozo ku buli kigambo, ku buli njogera, na buli kitundu ekyogera ku njawulo eri wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa, era sisobola kunnyonnyola buli kintu ekiri mu kitundu kye njigirizaako. Ekiruubirirwa kyange kwe kukwata ku kigambo oba ku kitundu ne tutuuka okwawula oba nga kyogera ku bulokozi oba ku buyigirizwa, olwo ne tumanya nti, gano ge Mazima A oba ge Mazima B.

Waliwo ekintu ekirala kimu kye tulina okwetegereza nga tetuneeyongerayo. Okusinziira ku kutegeera kwange okw'enjiri n'ensonga y'obulokozi bwe tuweebwa olw'ekisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka, Nze nzikiriza nti abo abakkiririza mu Kristo obulokozi bwabwe tebuggwaawo olubeerera. Ekyo kyangu nnyo bwe kiti: Bwe kiba nga tetulina kye tukola okufuna obulokozi, olwo tetulina kye tusobola kukola okufiirwa obulokozi. Ekyo, ekisa kye kitegeeza. Ekisa tekikolererwa oba tekiweebwa muntu lwa kusaanira, era tekissaawo bukwakkulizo ku kisuubizo kyakyo eky'obulamu obutaggwaawo eri abo bonna abakkiririza mu Kristo. Mu butuufu, nsobola okweyongera okugaziya ku nsonga eyo nga nkozesa ebyawandiikibwa nga bwe nzize nkola ewalala mu kitabo.[4] Kale nno ekitabo kino kigenda kukulaga ensonga enkulu nti obulokozi bwaffe bunywevu gguggulu. Naye nsuubira nti ekyo tekigenda abo abatakkiriziganya nange okusoma ekitabo kino. Mu butuufu, enkola etunuulira Amazima A n'Amazima B emirundi mingi egenda kwogera ku nnyiriri ezirabika ng'ezigamba nti omuntu ayinza okufiirwa obulokozi bwe. Era bw'oba ng'olowooza nti eky'omukkiriza okubeera nga tafiirwa bulokozi bwe kiwa Abakkiriza ebbeetu okwonoona, olwo weetaagira ddala okusoma entaputa ezisangibwa mu kitabo kino. Ebitundu bya baibuli bingi bitulaga akabaate akoolekedde abakkiriza abatambulira mu bujeemu.

[4] Laba Okufundikira 1: Obukuumi Obutaggwaawo.

EKITUNDU

# 1

# Okutegeera enjawulo eri wakati w'Amazima A n'Amazima B

ESSUULA

# 1

# Lwaki Okulaba Enjawulo ezo mu Ndagaano Empya Kikulu

EBITONOTONO EBITAFAANAGANA BISOBOLA okukola enjawulo ennene. Tunuulira enjawulo ekolebwa ennukuta emu bw'eti: Ennukuta "t" eddira ekigambo *akkiriza* n'ekifuula *atakkiriza*,ennukuta emu ekyusa okuva ku muntu *alina empisa* okudda ku muntu *atalina mpisa*, oba atalina *by'akkiririzaamu.* Abawandiisi bakimanyi nti ekigambo ekitono kisobola okukolawo enjawulo ennene. Mark Twain yagamba, "Enjawulo nnenne nnyo eri wakati w'ekigambo ekituufu n'ekyo kyenkana ekiringa ekituufu, era ogigeraageranya ku laddu ne kukiwuka ekyaka ekiyitibwa emmunyeenye."[5]

Bwe kituuka kukutegeera Baibuli, abawandiisi abamu balaga enjawulo zino enkulu. Pawulo alaga enjawulo eri wakati w'okukozesa ekigambo mu bungi oba ku bwa nnamunigina ng'ayogera ku bunnabbi obwali bulangirirwa ku Yesu Kristo:

> *Kaakano ebyo ebyasuubizibwa byagambibwa Ibulayimu n'omwana we. Naye tekyogera nti, "N'eri abaana be nga bangi," naye eri omu, "nga ye mwana we," oyo ye Kristo." (Bag. 3:16)*

Omuwandiisi w'Abebbulaniya ensonga ye agyesigamya ku ky'okusikiza Endagaano ya Musa ng'esikirwa Endagaano Empya n'ekigambo kimu kyokka bwe kiti:

> *Katonda bw'ayogera ku "ndagaano empya," olwo ng'andibizza ey'edda; n'eyo gy'adibizza n'okukaddiwa n'ekaddiwa, eriggwaawo." (Abebbulaniya 8:13)*

Kikulu okulaba enjawulo ekolebwa ekigambo, kakibeere kigambo kimu, oba lunyiriri lumu, oba ennyiriri eziwerako (ebitundu ebiwerako), oba ekitabo

---

[5] Ebbaluwa eri George Bainton, Ogw'Ekkumi 15, 1888.

ekiramba.

## **Okutabulwatabulwa okuva mu kuteebereza ewatali kutegeera njawulo eriwo**

Abasinga obungi ku ffe tuwaangalidde mu Bakristaayo ebbanga ddene, era ne tumanyiira ebyogerebwa ebitaliiko mutwe na magulu. Eky'okulabirako, ob'olyawo wali owuliddeko Abakristaayo nga bagamba nti, "Baibuli yawandiikibwa okutubuulira engeri gye tulokolebwamu." Bw'okirabira ku ngulu, ekigambo kino kirabika ng'ekikkirizika. Naye mu mazima kituufu? Bani bayogerako nga "ffe"? Bwe kiba nga "ffe"be Bakristaayo, kitegeeza nti twalokolebwa dda. Era nate kibeera kiteeberezebwa nti ekigambo "okulokolebwa" kubeera kulokolebwa mu ggeyeena. Naye nga mu butuufu, Baibuli yawandiikibwa okubuulira ffe Abakristaayo bingi nnyo ebisinga kw'ekyo, era nga bwe tugenda okukiraba nti, Baibuli ekozesa ekigambo"okulokolebwa" mu ngeri ez'enjawulo.

Olw'okuba oluvannyuma tugenda kukubaganya ebirowoozo ku bitundu bingi eby'Endagaano Empya, katusooke tutunuulire eky'okulabirako ky'Endagaano Enkadde okulaba nti enjawulo nkulu ne mu ndagaano eyo. Ob'olyawo wali owuliddeko omuntu ng'ajuliza Ezekyeri 18:4 ng'okulabula eri abakola ekibi nga bwe bagenda mu ggeyeena: "Emmeeme eyonoona, ye naafa." Naye ddala Ezekyeri yali abuulira njiri eri abatakkiriza, oba ayinza okuba nga yali ayogera n'abakkiriza—oba eri abantu ba Katonda, Abayudaaya? Bw'aba nga yali ayogera n'Abakkiriza, yali ategeeza nti ebikolwa byabwe ebibi bye bigenda okubatwaza mu ggeyeena? Bw'aba nga yali ayogera n'abantu ba Katonda, okulabula okwo kwali kutegeeza ki? Mu mulamwa ogwo, Ezekiel akozesa "okufa" okulaga okufa okw'olubeerera, oba okufa okw'omubiri olw'okumenya etteeka lya Musa? Entaputa entuufu ey'ekitundu kino ekwetaagisa okwetegereza omulamwa gwonna n'enfundikra ya buli kigambo. Mu ky'okulabirako kino, omulamwa gutulaga Katonda ng'alabula abantu kinnoomu mu Isirayiri nti bagenda kuvunaanyizibwa ku bibi byabwe – so si ku lwa bibi bya bakitaabwe. Okufa okw'omubiri kye kyali ekibonerezo eky'obujeemu n'okusinza ebifaananyi ebyogerwako mu mulamwa. Kale nno kireetawo okutabulwatabulwa bw'okikozesa ku batali bakkiriza oba ku bakkiriza abakola ekibi mu biseera bino (ng'era bonna bwe boonoona).

Enkyukakyuka z'Ekipolotesitanti zaatandika omumonaaki Omukatoliki Omugirimaani ayitibwa Martin Luther bwe yazuula enjawulo wakati w'obutuukirivu obuutuweebwa ate n'okutukuzibwa kwe tugenda nga tweyongera okutambuliramu ebiri mu bbaluwa eri Abaruumi. Kankiddemu era, enjawulo zino za mugaso.

Kya nnaku nti abantu bwe batalaba njawulo zino enkulu eziri mu Baibuli bamaliriza bavuluze enjiri, era nga tebalina na bukakafu bwa bulokozi bwabwe, nga batambulira mu mateeka, era baba n'endowooza nti Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe. Kino kikulu nnyo kubanga obubaka bw'enjiri obutategeerese bulungi oba obutali butuufu bulemesa abantu okwefunira obulokozi obw'olubeerera. Kibi nnyo bw'olaba Abakristaayo engeri gye beeyawulamu ku nsonga zino ezimu. Tunuulira aba *Calvinists* [abakkiriza nti Katonda yasalawo dda omuwendo gw'abo abagenda okulokolebwa, ng'era tewali muntu oyo alokoleddwa ky'ayinza kukola ne kimuggyisaako obukozi bwe] *n'Abarminians*,[bano nga bakkiriza nti omuntu yeesalirawo okufuna obulokozi oba okubugaana] era ne tulaba n'aba *millennialists* [abakkiriza nti ku nkomerero Katonda agenda kulamula abalamu n'abafu] ate n'aba *premillennialists*,[abakkiriza nti Yesu ajja kudda ku nsi ng'enkomerero tennatuuka era afugire wano mu mirembe egitabangawo okumala emyaka lukumi] waliwo n'aba *Covenant theologians* [ bano bataputa baibuli nga bagirabira mu ggalubindi ez'endagaano eziba wakati wa Katonda n'abantu] era n'abo abakkiririza mu mirembe egy'enjawulo [*dispensationalists*], kw'ossa n'abo abakkiririza mu Bulokozi obw'Obukama [*Lordship Salvation*] n'abo abakkiririza mu Kisa eky'Obwereere [*Free Ekisa adherents*].

Obuzibu obulala obuva mu kulemererwa okwawula Amazima A n'Amazima B mu kutaputa Baibuli kwe kuba nti ebyawandiikibwa ebijjudde obugagga ebiyigiriza ku bulamu bw'Ekikristaayo tebifiibwako. Bwe watabaawo kwawula wakati w'Amazima A n'Amazima B, kyangu nnyo obutafaayo ku nnyiriri ennyingi ezoogera ku buvunaanyizibwa bw'Abakristaayo, empeera zaabwe, era n'okussa ekimu kwabwe okw'omunda ne Katonda. Ebizibu ebiva mw'ekyo bya mirundi ebiri; eby'akaseera obuseera era n'eby'olubeerera mu kikula kyabyo.

Okwekkenneenya kwange ku njawulo eri wakati w'Amazima A n'Amazima B kwantuusa ku ndaba ey'Ekisa eky'Obwereere eky'enjiri n'obulamu bw'Ekristaayo.[6] Abantu bambuuzanga lwaki "nakyuka" okudda ku Kisa eky'Obwereere. Nze mbaddamu nti sikyukanga, era sijjukira kubeera na muntu yamperereza okukyusa endowooza yange. Okuva lwe nnalokoka nga nkyali muvubuka muto, nayagalanga nnyo okumanya Katonda kyayogera mu kigambo kye. Nnasooka kubeera na kiruubirirwa nga nze, oluvannyuma ne ŋenda mu Ttendekero lya Baibuli (Bible College) ne seminariyo ey'ekirokole. Bwe nnaleka Baibuli okweyogerera, ebintu n'ebyeterereza yokka ng'endaga amazima n'enjawulo ezankolera amakulu.

Ekigendererwa kyange kwe kusukkuluma ku biyigirizibwa mu

[6] Laba Okufundikira 2: Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere kye ki?

matendekero, mu nzikiriza ez'obuwangwa, ebiteeberezebwa mu byafaayo, ne bijwetekebwa abantu mu ndowooza zaabwe, era mu bwesimbu ne mbiteeka mu maaso ga Katonda okulaba ebyawandiikibwa kye byogera. Kaakati nkiraba nti nze okubeera akkiririza mu Kisa eky'Obweerere kigenda kuleetera abasomi b'ekitabo abamu okundaba obubi, babeeko ne by'obulimba bye bagolokosa era bye banjogerako, oba baleetere n'abalala okulekeraawo okusoma ekitabo. Waliwo endowooza enkyamu nnyingi abantu ze balina ku bakkiririza mu kisa ekitaliiko bukwakkulizo. Batunenya obutagondera mateeka, okutumbula eky'abantu okumala gakkiriza mu ngeri ey'ekisaazisaazi, okuwa abantu ebbeetu okwonoona nga bwe baagala, era n'obutafayo ku kya Kristo okuba nga ye Mukama. Byonna bye batunenyeza bikyamu, era zino z'eŋŋambo ezitaliiko mutwe na magulu nga bagenderera okuboola abo abakkiririza mu Kisa eky'Obwereere, nga bagenderera okulemesa abantu okutegeera ekisa ekitaliiko bukwakkulizo. Kale nno nkusaba osome mu ngeri erimu n'okusaba osobole okutegeera bye ngabana naawe, era ng'olina endowooza eyegguddewo, ng'okkiririza mu byenjogera nti mmanyi ebyawandiikibwa kye bigamba, so si kwesiba ku bye wayigirizibwa byokka nti ge mazima. Bw'oba nga tomatidde na ngeri yange oba entaputa yange, waakiri onobeera n'okumanya era n'okutegeera ku butya omuntu alina endaba ey'Ekisa Eky'Obwereere bw'akwatamu ennyiriri za Baibuli. Nsuubira nti ogenda kusikirizibwa n'abo abayigiriza Ekisa Eky'Obwereere ekitaaliko bukwakkulizo gye bakwatamu ebyawandiikibwa n'obwesimbu. Kale onaabasiima olw'ekyo.

## Entaputa z'ezikola enjawulo

Ffena tulina bye tulowooza ku ntaputa y'ennyiriri za Baibuli. Nzisaamu ekitiibwa endowooza ekoleddwako ng'eva mu kunoonyereza okusinga endowooza eyo gye tukkiriza obukkiriza. Naye kiki ekisinga okuweesa Katonda ekitiibwa? Mu Bikolwa 17:10-11, abakkiriza b'e Bereya baasiimibwa olw'okukkiriza Pawulo bye yabayigirizanga era n'olw'okukola okunoonyereza kwabwe mu byawandiikibwa okulaba oba nga bye yayigirizanga byali bituufu. Nzisaamu ekitiibwa endowooza bw'etyo eri ekigambo kya Katonda.

Emu ku ngeri ennungi ey'okugezesa entaputa ennungi eya Baibuli eyitibwa okunywereza awamu ebintu. Waliwo okukwatagana era nga tewali kukuubagana mpawa oba obutakkaanya na byawandiikibwa birala? Ffena twagala okuyigiriza kwa Baibuli nga kukwatagana. Kirina okutunakuwaza omuntu bw'ayogera nti Endagaano Enkadde ekubagana n'Empya, Yesu takwatagana na Pawulo, Pawulo takwatagana na Yakobo,

enjiri ezifaanagana (Matayo, Makko, and Lukka) zikontana ne Yokaana. Tuyinza tutya okukkiriza okubeera ku bunkenke bwe butyo? Nze sisobola! A tesobola kwenkanakana n'etali A, oba tugambe, A tesobola kwenkananankana na B, okusingira ddala mu Kigambo kya Katonda.

Ekisinga mu byonna, ffena tulafuubanira enkyukakyuka mu bulamu bwaffe era ne mu bw'abalala abo abatulabirako. Baibuli teyawandiikibwa kutufuula abamanyi oba abagezi, naye okutukyusa okufaanana Yesu Kristo. Ennyiriri nnyingi ze njogerako mu kitabo kino, endaba y'omuntu y'egenda okuleetawo enjawulo mu bulamu bwe obw'Ekikristaayo. Njogeddeko n'abantu bangi abatambulira mu bulamu n'okutya era n'okubuusabuusa nga tebakakasa oba balina obulamu obutaggwaawo oba nedda. Bano tebalina bukakafu nti bagenda kugenda mu ggulu nga bafudde.

Kino kituzzaayo ku nsonga y'ekyo ekitusikiriza okukola ekituufu. Ekyo ŋŋenda okukyogerako mu Ssuula eye 12. Waliwo ebitusiikiriza okutambulira mu obulamu obuweesa Katonda ekitiibwa ebiwerako. Okutya kye kimu ku byo, naye si kye kirina okusooka ku lukalala waggulu. Okuwa Katonda ekitiibwa olw'okumwagala n'okumusiima kimusanyusa nnyo era naffe ne kituwa obumativu. Nsuubira nga buli muzadde akkiriziganya nange. Walyagadde omwana wo akugondere kubanga akwagala era akusiima, oba lwa kumutiisatiisa? Mwana ki asinga okuba omusanyufu era n'okuwulira obulungi, ono ajjudde okwagala n'okusiima oba oli ajjudde okutya? Eky'okuddamu kirabwa buli omu, naye Abakristaayo bangi kino tebakitegeera era batambulira mu kutya. Obulamu bw'Ekristaayo buyinza okufugibwa enneeyisa n'ebikolwa ebireka omuntu nga yenyumiriza olw'ebyo by'akoze oba byatakoze, oba omuntu n'asigala nga yeebuuza oba nga ddala akoze ekimala. Ekisa kiggyawo okutya n'obuteekakasa. Essira kirissa ku kufuba kwa Katonda gye tuli, so si ku kufuba kwaffe gy'ali. Enkwata y'Amazima A n'Amazima B nkulu nnyo okusigala ng'ekwatagana n'ekisa kya Katonda ekitaliiko bukwakkulizo era n'okusikirizibwa okw'obwakatonda.

Tekikwetaagisa kufuba nnyo okwesanga ng'obulamu obw'ebyomwoyo obwesigamya ku nneeyisa yo. Enkola y'amateeka eri mu Ndaga-Butonde (DNA) yaffe oy'omwoyo. Weteegereze buli kiseera Omutume Pawulo gye yagirwanyisanga mu Ndagaano Empya mu kkanisa eyasooka (ekyokulabirako. Ebikolwa 15, Abaruumi, Abaggalatiya, Abafiripi, Abakolosaayi).

## Enjawulo mu Ntaputa

Nzikiriza nti waliwo obuzibu obuli mu kutaputa ebitundu bya Baibuli ebingi. Ku kigera ekimu, ffena tukyamizibwa n'entaputa z'ebiyigirizibwa

ebiroozebwa okubeera ebituufu ebyatwefunza. Naye ebiseera bingi, Abakristaayo bamala gagoberera ebiyigirizibwa, enkola, oba entaputa gye baamanyiira oba ey'ettutumu newakubadde ng'ebeera tekwatagana na mulamwa oba n'amazima ga Baibuli amalala.

Mu mwakya emingi gye mmaze ng'akozesa Baibuli okuyigiriza ku nsonga z'obulokozi n'obuyigirizwa, nsisikanye entaputa nnyingi ez'enjawulo ku nnyiriri z'Endagaano Empya. Nzize nfuna ebibuuzo bingi, ng'ebyo bye byandeetera okuwandiika *Ebikwata ku Kisa* ebiri ku mutimbagano.[7] Mu kitabo kino, njogera ku nnyiriri eziwerera ddala eziriko kaluma nnyweera. Ndeeta n'entaputa gye sikkiriziganya nayo, ne nkusobozesa okulaba enjawulo enkulu eziriwo mu butya bwe twaŋŋangamu ennyiriri zino enzibu. Sigezaako kunnyonnyola ntaputa y'abalala, naye essira ndissa ku ky'okunnyonnyola ennyiriri nga nkozesa enkola za Bayibo sitade ennungi.

Wali obutakkaanya ku ntaputa ezimu—olw'olumu nga butakkaanya obubaawo olw'ekigendererwa ekirungi—naye eyo si y'ensibuko y'obutaba benkanya oba okubeera abakambwe era abatawuliriza balala. Twanguliyiza nnyo bulijjo okuyita abo be tutakkiriziganya nabo "abasomesa ab'obulimba" oba "abajwetesi." Abawandiisi b'Endagaano Empya bakozesa ekigambo "bannabbi ab'obulimba" oba "abasomesa ab'obulimba" kw'abo abacangacanga amazima g'ekigambo kya Katonda n'obukolomooni obutaliiyo. Endagaano Empya ekozesa ekigambo "abasomesa ab'obulimba" (*psuedodidaskaloi*) omulundi gumu nga babageraageranya n'abatali balokole "bannabbi ab'obulimba" abayigiriza "ebiwabya" (2 Pet. 2:1). Sirowooza nti ekigambo "abasomesa ab'obulimba" oba "ebikyamya" mu ngeri ya Baibuli byali byogera ku Bakristaayo abatuufu abaalina ekigendererwa ekituufu naye nga balina entaputa erimu ensobi ku nnyiriri za Baibuli. Singa kayali bwe kityo, ffena twalibadde basomesa ab'obulimba, abayigiriza ebikyamya abalala, kubanga ffenna twawukana mu ntaputa y'ennyiriri. Omusomesa wa Baibuli omulungi ayitibwa Apollo yali yeetaaga okuwabulwa Pulisiira ne Akula, abaakolanga n'omutume Pawulo, naye Apollo yali tayitibwa musomesa wa bulimba. Yali tayigiriza mu butuufu bwa nsonga naye nga yali awuliriza okuwabulwa okuva mu balala (Bik. 18:26). Kino tekitegeeza nti omuyigiriza wa Baibuli eyalokoka ate ng'alina ebigendererwa ebirungi tasobola kubeera mukyamu ddala era nga by'ayigiriza bisobola okukoseza ddala Abakristaayo abalala. Okuyigiriza okw'engeri eno kwe twagala okutereeza, nga tusinziira mu mwoyo gwa Pulisiira ne Akula. *"Omuweereza wa Mukama tasaana kuyomba, wabula okuba ow'ekisa eri buli muntu, n'okuba omuyigiriza omulungi, agumiikiriza, era ng'aluŋŋamya*

[7] GraceLife.org/GraceNotes.

*n'obwetoowaze abo abamuwakanya, osanga Katonda abawa okwenenya, ne bamanya amazima." (2 Tim. 2:24-25).*

Mu kitabo kino, nyinza okujuliza abawandiisi abalala oba abo abannyonnyola Baibuli abakkiriziganya oba batakkiriziganya na ntaputa yange kumpi ku buli kitundu kye ŋŋenda okwogerako. Wabula era, nfuba okweziyiza obutajuliza nnyo ku balala. Njagala omusomi muwe omukisa ogw'okukiraba nti bwe weetegereza obulungi ng'ogoberera omulamwa n'ebiwandiikiddwa, okisanga nti ebitundu bya Baibuli bino ebizibu bisobolerara ddala okwennyonnyola byokka. Naye omusomi kimugwanira okukimanya nti entaputa ez'enjawulo zenjogerako zikkirizibwa abasomesa ba Baibuli abamanyiddwa obulungi era abagobererwa abangi.[8] Nsaba ntegeerekeke bulungi, sigezaako kulumba oba okunafuya oba okusiiga omuntu yenna enziro. Ekiruubirirwa kyange kwe kunoonyereza n'omutima omuggufu era omwesimbu ku Baibuli na ngeri ki gye tulina okugikwatamu.

Okuggyako nga tubitegedde mu ngeri esingako awo, tulina okulowooza nti abasomesa ba Baibuli bonna abeesimbu balina ekigendererwa ekirungi. Ffena twagala okubuulira enjiri ng'etegeerekeka bulungi, esoboleokuzaala Abakristaayo abafaanana Kristo. Ffena tulaba ekizibu eky'ensi n'okutambulira mu mubiri ebiri mu makanisa gaffe, nga birabikira mu bubonero obutali bumu. Nze ndowooza nti eddagala si kwe

---

[8] Mu ndaba yange, abawandiisi abamanyiddwa ennyo era n'abannyonnyozi ba Baibuli abatera okulemererwa okwawula Amazima A n'Amazima B bava mu kutendekebwa okw'enjawulo, naye bangi basibuka mu Arminian oba mu Reformed Calvinistic. Mu by'okulabirako mwe muli: Darrell Bock, James Montgomery Boice, F. F. Bruce, Ardel B. Caneday, D. A. Carson, Michael Deaver, Kenneth L. Gentry, Wayne Grudem, Michael Horton, Tim Keller, Andreas Kostenberger, John MacArthur, Jr., Scott McKnight, I. Howard Marshall, Leon Morris, Peetero O'Brien, Grant Osborn, John Piper, Thomas R. Schreiner, Allen P. Stanley, John R. W. Stott, Robert Yarbrough, ne Ben Witherington III.

Abo abatera okwawula wakati w'Amazima A n'Amazima B mulimu abo abeeraba ng'aba Reformed Calvinists, moderate Calvinists, abo abataputa Baibuli obutreevu. Mu by'okulabirako mulimu: David Anderson, Lewis Sperry Chafer, Thomas Constable, Joseph Dillow, Michael A. Eaton, Tony Evans, Zane C. Hodges, R. T. Kendall, G. H. Lang, R. Larry Moyer, Robert P. Lightner, Dwight Pentecost, Earl Radmacher, Charles C. Ryrie, Charles Swindoll, and Robert N. Wilkin.

Kantegeerekeke bulungi nnyo nti njogera nga mbazingidde wamu. Siwakanya buli ntaputa ya Baibuli ey'ekibnja ekyasoose waggulu, era sikkiriziganya na buli ntaputa ey'ekibinja ekyokubiri. Njogera nti okutwaliza awamu, omuntu ayinza okwesiga abawandiisi bano okulaga omutendera nti batabula Amazima A n'Amazima B, oba nti bagaawula.

kudda mu nkola y'amateeka okufuga enneeyisa y'abakkiriza oba okussaawo obukwakkulizo obw'okutuukiriza ku njiri, naye kye twetaaga kwe kudda eri okwagala kwa Katonda n'ekisa kye ebitusiikirza okutambulira mu bulamu obumuweesa ekitiibwa. Eddagala si kwe kweyongera okukola ebikolwa eby'oku ngulu ebirungi, naye okweyagalira mu kwagala kwa Katonda n'ekisa kye ebitukyusa munda mu kusooka. Eddiini eyeesigamye ku nneeyisa, abakkiriza abamu ebaleetera okuwulira obulungi. Ebayamba okwepimaapima era n'okulamula obulamu bw'abalala obw'omwoyo, okusingira ddala nga babugeraageranya n'obwalala. Naye mu butuufu, endowooza ya buli muntu ku nneeyisa erina okukakasa obulokozi bw'omuntu oba obukulu bwe mu by'omwoyo tefaanagana. Kyokka omulokole oyo afugugibwa amateeka buli kiseera ateekawo ebirina okugobererwa, olwo ye n'alabika ng'asinga kw'ono gw'asalira omusango.

## Nga twolekera entegeera y'Ebyawandiikibwa esingako obulungi

Mu myaka emingi gye mmaze nga nnyanukula ebibuuzo ku nnyiriri za Baibuli enzibu era eziriko kalumannyweera ku bulokozi (oba ezirowoozebwa nti zoogera ku bulokozi) n'obuyigirizwa, natandika okukitegeera nti obutakkaanya obusinga buva ku nsobi zino wammanga: 1) Obutafaayo ku mateeka agaluŋŋamya oyo eyenyigidde mu kuyiga Baibuli, okusingira ddala okutegeera olulimi era n'omulamwa ogwogerwako; 2) Okubeera n'obukyayi ku biyigirizibwa, ng'okutegeera obubi amakulu ku bigambo ebikulu, oba ggwe okutandika okubyogeza ky'oyagala byogere (ekitegeeza. Okujuliza ennyiriri za Baibuli n'obuyinza naye mu bukyamu, ng'olowooza nti amakulu g'ekigambo ekyo buli w'okisanga gategeeza ekintu kye kimu); 3) Obuwangwa—okulemera ku ndaba y'Abakristaayo gye bammaze ebbanga eddene nga gye bakkiririzaamu ku nsonga oba ku bitundu bya Baibuli ebyo; 4) Okukkoppa omusomesa assibwamu ekitiibwa, naye nga ggwe tolina kuluŋŋamizibwa nga kinnoomu kw'oggye mu kwekkenneenya Baibuli ku nsonga ezo.

Katukkirize nti ffena tumatira nnyo entaputa yaffe, naye okugezesa okusembayo ky'ekyo Ebyawandiikibwa kye byogera bwe kitaputibwa obulungi. Nze nneeteeseteese okukyusa mu ntaputa yange. Naye waliwo amazima ga Baibuli agamu agategeerekeka obulungi ennyo nga tosobola kumala gammatiza ne ngavaako. Eky'okulabirako, ntegeerera ddala obwakatonda n'obw'obuntu bwa Yesu Kristo, era n'okufa n'okuzuukira kwe bye kwatuukiriza ku lw'abantu bonna. Ntegeerera ddala nti ekisa kya Katonda eky'obulokozi kya bwereere era tekiriiko bukwakkulizo, ekitegeeza nti, obulokozi bwaffe tebuva mu bikolwa byaffe, mu kufuba kwaffe, oba mu kusaanira kwaffe. N'olwekyo, ntegeerera ddala nti

obulokozi bwaffe buli gguluggulu. Ebintu bino bitegeerekeka bulungi nnyo.

Ffena tulina okubeera n'ekiruubirirwa kimu—kwe kutegeera n'okwefumiitiriza kw'ekyo Katonda kye yayogera. Nsuubira nti kino n'abalala kye baagala, era nsuubira nti nabo bagenda kunzikiririzaamu. Mu kiseera kye kimu, nkubiriza abasomi bange okwekkeneenya entaputa zange nga bageraageranya n'okuyiga kwabwe okw'Ebyawandiikibwa. Olw'okuba ab'e Bereya baasiimibwa olw'okwekkenneenya Pawulo bye yali ayigiriza nga basoma mu Byawandiikibwa (Ebikolwa 17:10-11), era nange nkukubirza nnyo okole ekintu kye kimu ku ntaputa zange.

Ekigambo kya Katonda tulina okukisukkulumya ku bye tulowooza nga tetubyetegerezza bulungi. Obulombolombo tebufa mangu, era n'okukyusa endaba y'ebintu si kyangu. Obunyiikivu bwaffe buteekwa okusukkuluma awo wetuwulirira emirembe. Mu bigambo ebirala, twewaayo eri Katonda n'Amazima ge okusinga eri enteekateeka zaffe, enzikiriza, obulomboombo, omusomesa, omusumba, oba mukwano gwaffe. Ennyama y'ente entukuvu ekola ka ssupu akazito!

Ekitabo kino kikuwa enkola ku ngeri ki gy'okwatamu ennyiriri z'Endagaano Empya ezoogera ku bulokozi era n'obuyigirizwa ne kikuyamba okubyawula obulungi. Njagala nnyo okunnyonnyola ku nsonga eno kubanga ndabye essanyu ly'abo abagiwuliddeko era ne bakitegeera. Kankyogere kaate nti *okuyiga n'otegeera enjawulo eri wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa mu Baibuli kye kimu ku bisinga okuyamba abantu okutegeera Baibuli, okusingira ddala Endagaano Empya, bw'eyogera ku bulokozi oba ku buvunaanyizibwa obuli mu bulamu bw'Ekikristaayo*. Olugendo olwo lukyusizza obulamu bw'abantu bangi.

Ng'ayogera ku njawulo eri wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa, Charles C. Ryrie yagamba nti, "Tewaliiwo kuyigirizibwa okusinga ekyo obukulu, era tewaliiwo kikulu ekisinga entegeera y'Endagaano Empya entuufu, oba ekisinga okuba eky'omugaso mu bulamu bwa buli mukkiriza oba omujulirwa."[9] Ekyo nzikirizaganya nakyo ddala era sirina kirala kye nsobola kukyongerako!

---

[9] Charles C. Ryrie mu Zane C. Hodges, *The Hungry Inherit: Winning the Wealth of the World to come*, 3rd Edition (Dallas, TX: Redención Viva, 1997), p. 7.

ESSUULA

2

# Enjawulo y'Amazima A n'Amazima B Ennyonnyolwa

TOTEEKA MAFUTA GA DISERO mu yingini eya peetulooli. Wadde nga gombi mafuta, naye ga njawulo ddala. Ekyo bw'otafaayo kukitegeera ogenda kusisinkana obuzibu obutayogerekeka. Waliwo enjawulo enkulu mu Baibuli eziyinza okulagajjalirwa ne zivaamu obuzibu bungi.

Waliwo ennono ey'ebisookerwako eyitibwa Ennono-y'ebitakwatagana. Egamba nti ebyogererebwa ebitakwatagana byombi tebisobola kubeera bituufu mu kiseera kye kimu mu mbeera eyo y'emu. Eky'okulabirako, singa ekyogerebwa ekigamba nti "A ye B" nga kituufu, olwo ate ekyogerebwa nti "A si ye B" tekisobala nakyo kuba kituufu. Emboozi zino zaawukanira ddala. Ebintu bibiri oba emboozi bbiri ziyinza okuba n'oluganda, naye nga zirimu enjawulo ezifuula kye ziri era n'okuzikugira buli emu okutabulwa ne ginnaayo. Eky'okulabirako, omukazi n'omusajja bombi balina ekibagatta kubanga bombi bantu, naye ku nkomerero, omusajja tasobola kubeera mukazi. Nsuubira nti ffena tukkiriziganya nti enjawulo eyo nkulu nnyo!

Mu ngeri y'emu, naye n'obukulu bw'ensonga obusingako, kyetaagisa okulaba enjawulo zino ng'otaputa Baibuli. Enjawulo zino ezimu zirabika ng'ezitegeerekeka amangu. Eky'okulabirako, Abakristaayo okutwaliza awamu tebakyagoberera mateeka ga Kileevi ag'eby'okulya. Bangi balaba enjawulo eri wakati w'obulamu wansi wa Musa n'obulamu wansi wa Yesu Kristo, kale tuli ba ddembe okulya embizzi, emmale,n'enjaba—ebintu ebyali byagaanibwa mu tteeka lya Musa. Tukimanyi nti waliwo enjawulo wakati w'Endagaano Enkadde n'Endagaano Empya.

*Ennono efuga Amazima A n'Amazima B kwe kukitgeera nti ennyiriri za Baibuli zigabanyizibwamu bwe ziti; ezo ezikwata ku bantu abatannalokoka, oba abatakkiriza, n'ezo ezikwata ku abantu abaalokoka, oba abakkiriza.* Ezimu ziyinza okwogera ku bibinja ebyo byombi, naye emirundi egisinga zibeera zoogera ku ttuluba ly'abantu ba mulundi gumu. Eky'okulabirako, ekitabo ky'Engero kirimu amagezi agaweebwa abantu bonna era kirimu n'engero

ezaali mu buwangwa obw'edda, naye ekitabo mu kusooka kyali kitundu ku byawandiikibwa by'Abayudaaya ebyali byaterekebwa ku lw'abantu ba Katonda abalonde, nga be Bayudaaya.

Kaakati enkwata y'Amazima A n'Amazima B bw'essibwa mu nkola nga tutaputa Baibuli, tutandika okulaba enjawulo zino enkulu. Wansi wano ntaddewo ezimu ku njawulo ezo enkulu. Enjawulo zino ziva mu kukubaganya kwaffe okwebirowoozo ku bitundu bya Baibuli ebikulu ebiri mu kitabo kino, kale tetugenda kuzigaziyiriza wano.

**Obulokozi (A) si bwe Buyigirizwa (B)**

Enjawulo eno gwe musingi gw'ekitabo kino. Eno y'enjawulo eri wakati wa butya bwe tufuuka Abakristaayo era na butya bwe tubaawo nga Abakristaayo. Buli kimu kw'ebyo Baibuli ekyogerako nga kya njawulo.

Buli muntu yenna akkiririza mu Yesu Kristo okubeera Omulokozi we afuuka Mukristaayo, naye si buli muntu akkiririza muYesu Kristo nti abeera muyigrizwa. Ebigambo ebyo ebyo ebibiri bitegeeza ebintu bya njawulo. Mu kuwa amakulu, Omukristaayo, oba omukkiriza, ye muntu eyakkiririza mu Yesu Kristo okubeera Omulokozi we. Omuyigirizwa, amakulu, ye muyizi oba mugoberezi wa Yesu Kristo ng'Omusomesa we. Okukkiririza mu Yesu okubeera Omulokozi wo n'ova mu kibi ge Mazima A. Okuyigira ku Yesu era n'okumugoberera nga Mukama w'obulamu bwo ge Mazima B.

Kino kinnyonnyolwa bulungi nnyo mu Yokaana 8:30-31 Yesu w'ayogerera n'abo abaali bamaze okumukkiriza ku butya bwe baali basobola okufuukamu abayigirizwa—nga banywerera mu kigambo kye:

> *Yesu bwe yayogera ebigambo ebyo bangi ne bamukkiriza. Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abaamukkiriza nti, "Bwe munywerera ku kigambo kyange muba bayigirizwa bange ddala."*

*Okunywerera* tekuteegeza *kukkiriza*. Kitegeeza *okusigala, okweyongerayongera mu, okwekwatira* ku lusegere lw'ekintu, okusingira ddala, wano ayogera ku Kigambo kya Katonda. Okuggyako nga waliwo awakana nti okukkriza okwogerwako wano si kukkiriza (ng'ate yalina n'okuleeta obukakafu obwo), olwo kitegeeza nti okukkiriza okufuna obulamu obutaggwaawo kya njawulo n'okunywerera mu Kigambo kya Katonda abakkiriza okusobola okufuuka abayigirizwa.

Singa tuddira okunywerera ne tukwenkanyankanya n'okukkiririza, lowooza ekibaawo ku bulokozi obutaggwaawo. Tewali asobola kulokoka okutuusa ng'anyweredde mu Kigambo kya Katonda, ekitegeeza obuwulize obugenda nga bweyongerayongera. Omuntu oyo alina kutuuka ku ddaala

lyenkana wa okusobola okubeera nga yeekakasa obulokozi bwe? Nate era ebikolwa bwe byekulubeeseza ku kisa kya Katonda eky’obwereere, bitondawo enjiri ey’obulimba eyeesigamye ku mateeka era ne bibbako abantu obukakafu bw’obulokozi bwabwe.

## Okukkiriza (A) si by’Ebikolwa (B)

Mu kwogera obulungi, okukkiriza kwe kwanukula ng’okkiriza ekikusabiddwa oba omuntu kyakusabye. Mu bigambo ebirala oyinza okugamba, tekuliimu kikolwa kyonna eri oyo akkiriza. Okukkiriza kwe kumatira oba okuluŋŋamizibwa okw’omunda nti ekintu ky’amazima era kyesigika. Sirina kikolwa kye nkola nze okukkiriza nti ekintu ky’amazima. Nzikiririza mu tteeka eriwanula ebintu waggulu ne bigwa wansi, naye sirina kye nkola okulikkiririzaamu. Nsobola okulaba obujulizi nti likola singa mbuuka okuva waggulu ku lukomera, naye era singa si kikola, mbeera nkyakkiriza nti etteeka eryo weeriiri. Okukkiriza n’okubuuka byombi bya njawulo. Kituufu nti waliwo enkolagana ey’amaanyi wakati w’okukkiriza n’okugonda, naye bw’obeera mu kuyigiriza okutegeke obulungi, ebintu ebyo bibeera bya njawulo. Eyo y’ensonga lwaki Pawulo ayogera mu Baruumi 4:5 nti, “Kyokka atakoze mulimu, wabula n'akkiriza bukkiriza Katonda atukuza aboonoonyi n'abafuula abatuukirivu, okukkiriza kwe Katonda kw'asinziirako okumufuula omutuukirivu.” Akirambikira ddala bulungi nga bwe kisoboka nti ebikolwa n’okukkiriza bintu bya njawulo. Yali tagamba nti omuntu bw’akkiriza talina kukola bikolwa. Yali abasuubira okukola ebirungi (Bef. 2:10).

Abamu bagamba nti okukkiriza kye kimu n’obuwulize. Kino ob’olyawo kiri bwe kityo kubanga endowooza zombi zitambulira wamu mu byawandiikibwa. Eky’okulabirako, waliwo ekitabula abamu mu njogera “obuwulize obwokukkiriza” esangibwa mu Baruumi 1:5 ne 16:26. Kino tekitegeeza nti abo abakkiriza bagondera ebintu byonna, naye kino kyogera ku buwulize bwa kinnoomu—bw’akkiriza enjiri, ekikolwa eky’obuwulize. Enjiri terina lukalala lwa bikolebwa omuntu okulokoka. Mu Baruumi, Pawulo awakanyiza ddala endowooza eyo mu ssuula enkulu ezoogera ku butuukirivu, essuula 3 ne 4, yali tayogera ku buwulize wabula ku kukkiriza. Mu butuufu, okukkiriza Kristo okubeera Omulokozi kisuubirwa okuleetera omuntu okugondera okwagala kwa Katonda. Naye okwanukulira okukkiriza kya njawulo n’ekikolwa ky’obuwulize. Okukkiriza n’ekikolwa biriraanaganye mu Bebbulaniya 11 we tulabira olukalala lw’abantu oluwanvu olw’abo abaayogerwako nti “Olw’okukkiriza…” nga bakola n’ebikolwa olw’okukkiriza okwo. Naye

ekinyusi kye tulaba wano kiri nti newakubadde ng'ebikolwa byava mu kukkiriza era nga mwe bisibuka, ebikolwa bya njawulo ku kukkiriza nga kkwo. Amazima A (okukkiriza) galina oluganda ku Mazima B (ebikolwa), naye Asi ye B.

## Ekisa (A) si kwe Kusaanira (B)

Enkula y'ekisa kino eri nti kwe kuganja okuweebwa oyo atakusaanira. Obutasaanira kitegeeza nti tewali ky'osobola kukola okukiweebwa oba okugwanira ekisa ekyo. Kino kye tuyita ekisa eky'obwereere oba ekitaliiko bukwakkulizo. Baruumi 11:6 yakiggyirayo ddala bulungi nti: "Naye obanga lwa kisa, si lwa bikolwa nate, kubanga ekisa kyandibadde tekikyali kisa." Okiraba nti Amazima A ag'ekisa tegafaanaganira ddala n'Amazima B ag'ebikolwa. Okubeerawo kwe kimu tekukkiriza kirala kukola. Omuntu bw'agezaako okukolerera ekisa, kibeera tekikyali kisa.

Bwe tugeraageranya kino ku njiri, waliwo abantu aboogera ku *kisa ekya layisi* oba *ekisa eky'ebbeeyi*. Wabula singa tubeera tutegedde bulungi embala y'ekisa kino, kw'ebyo ebibiri waggulu tekubeera kituufu. Ekisa si kya layisi era si kya bbeeyi. Ekisa ekitulokola kya bwereere ddala. *Layisi* kitegeeza nti tetukoze kimala okutusasula ekisa oba tetwewaddeeyo kimala okusobola okukigwanira. *Eky'ebbeeyi* kikontana n'ekyogeddwa—kitegeeza okusasulira ekisa omuwendo ogwa waggulu okuyita mu bunyiikivu bw'omuntu, okwewaayo oba obuwulize bwe. Naye kavuna tusiba ekintu kyonna ku kisa, kibeera tekikyali kisa. Ensonga lwaki tukozesa ekigambo *ekisa eky'obwereere* kwe kukkaatiriza ensonga era n'okugitangaaza obulungi.

Bwe tukwataganya kino n'obulokozi bwaffe obw'olubeerera, ekisa kirina okukuumibwa nga tekyonooneddwa na bikolwa byaffe ebirungi oba okusaanira kwaffe. Bwe tuyingizaawo ebikolwa byaffe ebirungi olwo tubeera n'enjiri ey'obulimba era ey'amateeka. Amangwago ekikolwa ekyangu eky'okukkiririza mu Yesu Kristo kifuuka kizibu era ne kifuuka enkola y'ebirina okutuukirizibwa ekitasobozesa kuwa mukkiriza bukakafu nti ddala yafuna obulokozi.

## Obutuukirivu (A) si kwe Kutukuzibwa (B)

Okuweebwa obutuukirivu ky'ekikolwa kya Katonda walangiririra obutuukirivu ku mwonoonyi. Kye kigambo eky'amateeka ekyogera ku kusaanira kw'omuntu mu kkooti ya Katonda ey'obwenkanya mw'alamulira. Ku ludda olulala, okutukuzibwa (nga bwe tukyogera) kitegeeza olugendo lw'okukula. Okutukuza ekintu kitegeeza okukyawula. Omuntu bw'atukuzibwa, abeera ayawuliddwa eri Katonda, okusooka mu ngeri y'ekifo kye bw'aweebwa obutuukirivu, ate oluvannyuma n'agenda ng'akula mu

kukkiriza ne mu Kristo. Eky'oluvannyuma y'entegeera esinga ku kutukuzibwa era na butya bwe yeyambisibwa wano.Tunuulira Abaruumi 5:9-10:

> *Kaakano nga bwe tubalibwa okuba abatuukirivu olw'okufa kwe, tugenda kusingawo nnyo okulokolebwa ku bubwe, tuwone obusungu bwa Katonda. Kuba oba nga bwe twali nga tukyali balabe ba Katonda, twatabaganyizibwa naye olw'okufa kw'Omwana we, kaakano nga bwe tutabaganye naye, obulamu bw'Omwana we bujja kusingawo okutulokola.*

Obulokozi obw'okuweebwa obutuukirivu bwa njawulo ku bulokozi obw'okutukuzibwa. Obulokozi obusooka butuwonya omusango gw'ekibi omulundi gumu ekiseera kyonna. Obulokozi obwokubiri butulokola mu maanyi g'ekibi okuyita mu bulamu bwonna nga Kristo bw'akolera mu ffe.

Ekipande kino ekitonotono kituyamba okutegeera enjawulo zino.

| Okuweebwa Obutuukirivu (A) | Okutukuzibwa (B) |
|---|---|
| Kibaawo omulundi gumu | Lugendo lwa bulamu bwonna |
| Kuzaalibwa kwa Mwoyo | Kukula mu bya mwoyo |
| Okukkiriza Kristo okuba Omulokozi | Obuwulize eri Kristo nga Mukama |
| Kussibwa mu Kristo | Kukyusibwa okufaanana Kristo |
| Akakwakkulizo kamu | Obukwakkulizo bungi |
| Ekyo Katonda kye yankolera | Ekyo Katonda ky'akola okuyita mu nze |
| Kristo yanfiirira ku musaalaba | Nneetikka omusaalaba ku lwa Kristo |
| Nnalokolebwa mu kibonerezo ky'ekibi | Nnalokolebwa mu maanyi g'ekibi |

Waliwo abamu abakkiriza nti obutuukirivu bujjira mu mitendera ebiri, obutuukirivu obusooka ate n'obutuukirivu obukomekkereza. Nga kye bagamba kiri nti, omuntu asobola okukkiriza Yesu Kristo n'abeera ng'awereddwaako amakkati g'obutuukirivu, naye ng'alina okukakasibwa mu butuukirivu obwo ng'anywerera mu kukkiriza ne mu bikolwa ebirungi okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwe, olwo naabeera ng'aweereddwa obutuukirivu obujjudde ku nkomerero. Olw'olumu bakozesa enjogera egamba nti "kyabaawo naye tekinnatuukirizibwa" ekozesebwa okunnyonnyola endaba yaabwe ey'obutuukirivu obw'emirundi ebiri. Bano bagamba nti omuntu yaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, naye tannatuukirizibwa olw'obulamu obutaggwaawo.

Newakubadde ng'abantu bakozesa ebigambo by'amagezi okuwagira endowooza eno, naye bw'ogyetegereza, tekola amakulu. Ekintu kiyinza kitya okuba nga *weekiri,* kyokka ate nga *tekiriiwo*? Ekyo kikontana n'ennono efuga Ebitakwatagana era n'ennono y'Amazima A n'Amazima B. Omuntu bw'aba alowozeebwa okuba nga yaweebwa obutuukirivu (Amazima A), naye nga takyolesa ng'atambulira mu kukkiriza n'ebikolwa ebirungi (Amazima B - okutukuzibwa), olwo omuntu oyo aba taweebwangako butuukirivu n'akamu. Waba tewali butuukirivu "obuliwo" era waba tewagagenda kubaawo butuukirivu ku "nkomerero." Wabula ate era Baibuli terina lweraga kubaawo kwa butuukirivu obw'ekiseera eky'emirundi ebiri. Egamba nti bonna abaaweebwa obutuukirivu baakugulumizibwa (Bar. 8:29).

Baibuli eyawula bulungi obutuukirivu ku kutukuzibwa mu ngeri ennambulukufu. Okubitabulatabula kwe kugatta ennono ennyingi ez'okukula kw'Abakristaayo ne zifuulibwa ekyetaagisa okuweebwa obulokozi—okussa okukkiriza mu Kristo okuba Omulokozi. Olwo kiba tekikyasoboka okukakasa oba ng'omuntu ddala yalokoka kubanaga okutukuzibwa lugendo lwa bulamu bwonna. Olwo ekyo kiba kiwakanya enjiri ey'ekisa etaliiko kakwakkulizo ne kigiteekako obukwakkulizo obw'ebyetaagisa mu kukula mu by'omwoyo.

## Okuzaalibwa okw'Omwoyo (A) si kwe Kukula mu by'Omwoyo (B)

Obutuufu bw'okuzaalibwa okw'omwoyo nokukula okw'omwoyo y'engerei endala ey'okulagamu omugaso gw'enjawulo eri wakati w'okuweebwa obutuukirivu n'okutukuzibwa. Mu kifo ky'okukozesa olulimi olw'amateeka (kkooti), bwe tuyitamu mu bulamu bituyamba okuzimba okutegeera kwaffe. Ng'omuntu bw'abeera n'ekiseera eky'okuzaalibwa ate n'abeera n'ekiseera eky'okukuliramu, bwe kityo bwe kiri ne mu by'omwoyo. Omuntu bw'azaalibwa Katonda okuva waggulu, oluvannyuma enkolagana ye ne Katonda egenda ng'ekula era mu kukula mu by'omwoyo. Ekimu kye kizaala ekirala, naye nga buli kimu kibaawo mu biseera bya njawulo, ng'okuzaalibwa kw'omwana bwe kubeera okw'enjawulo okwawukana ku kukula kwe.

Baibuli etwanjulira Amazima A ag'okuzaalibwa okw'Omwoyo ng'okuzaalibwa okupya oba okuzaalibwa okwokubiri (ekimayiddwa, *ng'okuzaalibwa okuva waggulu*). Mu Yokaana 3:3, Yesu agamba, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda." Tito 3:5 okuzaalibwa kuno akuyita "okunaazibwa okw'okudda obuggya n'okuddizibwa obuggya Omwoyo

Omutukuvu" era agamba nti "si lwa bikolwa eby'obutuukirivu bye twakola, naye olw'ekisa kye twalokolebwa." Ebikolwa byaffe tebirina kifo mu kuzaalibwa kwaffe okupya.

Oluvannyuma lw'okuzaalibwa okw'omwoyo, Baibuli ate etwanjulira Amazima B ku obulamu obupya obulina okukula, obulimu ebikolwa n'obuwulize. Eyogera ku mitendera egy'okukula oba okweyongerayongerayo. Waliwo Abakristaayo abayitibwa "abawere mu Kristo" (1 Aabkk. 3:1-2), abo abatannakula kusobola kulya "nnyama" ey'Amazima ag'ebuziba (Abeb. 5:11-13), era ne wabaawo n'abakuze (Abeb. 5:14). Peetero Ekisooka 1:22-23 ayogera ensonga ezo ng'aziva mabega okutulaga nti obuwulize n'okwagala kye kibala (so si gwe mulandira) gw'okuzaalibwa okw'omwoyo: "Kale kaakano nga bwe mumaze okutukuza emmeeme zammwe olw'okukkiriza amazima, ne mwagalanira ddala mu luganda lwennyini, mweyongere okwagalana n'omutima ogutaliimu bukuusa [Amazima B], Kubanga okusinziira mu kigambo kya Katonda ekiramu era eky'olubeerera, mwazaalibwa omulundi ogwokubiri [A Amazima]. . ." Peetero era agamba abo abakkiriza "Okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omlokozi waffe, Yesu Kristo" (2 Pet. 3:18).

## Ekirabo (A) si y'Empeera (B).

Ekirabo kibeera kya bwereere, naye empeera ebeera ya kukolerera. Obulokozi obutaggwaawo obutuwonya ggeyeena kiba kirabo okuva eri Katonda, naye empeera ez'ekiseera n'ez'olubeerera zifunibwa olw'ebigendererwa byaffe era n'enneeyisa yaffe ng'Abakristaayo. Pawulo, yali yafuuka dda Mukristaayo, naye agamba nti aluubirira okufuna ebyo ebiri mu maaso "ewali empeera ey'okuyita kwa Katonda mu Kristo Yesu" (Abafi. 3:14). Mu mulamwa gw'ebbaluwa y'Abafiripi 3:11-14, empeera eyo kwe kutegeera Yesu Kristo okwa waggulu ddala era n'omukisa gw'okugabana ku bulamu bwe obw'okubonaabona n'okufa kwe.

Mu ssula ya Baibuli esembayo, mu Kubikkulirwa 22, tuulabawo ebintu bibiri ebitafaanagana nga byogerebwa ku kirabo n'empeera. Mu lunyiriri olwe 12, Yesu yagamba nti "Laba, njija mangu; n'empeera yange eri nange, okusasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli." Kirabika bulungi nti empeera egabibwa esinziira ku kufuba kw'omuntu (B Amazima). Naye Yokaana aliko ennyiriri entonotono ze yali yayogerako, "Buli alumwa ennyonta ajje, buli ayagala ajje anywe ku mazzi ag'obulamu ag'obuwa" (oluny. 17; Amazima A). Wano Yokaana yali ayogera ku bulamu o butaggwaawo ng'ekirabo eky'obuwa eky'amazzi amalamu, era nga bw'akola ne mu Njiri ye we tulabira ebigambo bya Yesu eri omukazi ataali mukkiriza eyali ku luzzi, ebigamba nti, "Singa obadde

omanyi ekirabo kya Katonda, n'oyo akugamba nti mpa nnywe ku mazzi bw'ali ggwe wandimusabye, naye yandikuwadde amazzi amalamu" (Yok. 4:10). Tewaliiwo bukwakkulizo bwateekebwa ku kisuubizo ky'ekirabo kye eri omukazi ono. Naye mu ssuula y'emu bwe yali ayogera eri abayigirizwa be abaalokoka, Yesu yabagamba nti okufuba kwabwe kuggya kubasasula empeera (Yok. 4:36-38). Omukazi atali mukkiriza yaweebwa Amazima A okumuweesa obulokozi obw'obwereere (ekirabo eky'obuwa) wabula nga bo abayigirizwa abaalokoka baaweebwa Amazima B okwefunira emisaala emikolerere (empeera).

Singa tutabulatabula okuyigiriza kwa Baibuli okw'obulokozi obufunibwa ng'ekirabo eky'obwereere n'empeera ez'olubeerera ezikolererwa, olwo tuba tutabudde enjiri nga tussa ebikolwa ku kisa—ekintu ekitasoboka, nga bwe twakirabye edda.

## Enkolagana (A) si kwe Kussa Ekimu (B).

Bwe njogera ku nkolagana, mbeera njogera ku nkolagana etavaawo, ng'ekolagana y'obuzaale bw'omwana eri kitaawe. Wabula okussa ekimu gwe mutindo gw'okugabana wakati w'abantu ababiri abali mu nkolagana eyo. Buli mwana abeera alina oluganda eri kitaawe, naye si buli mwana nti alina enkolgana ennungi ne kitaawe. Omuntu ayinza okubeera n'oluganda n'omulala, naye nga tassa kimu naye. Era enkolagana teyenkanankana mutindo ku buli bantu. Tusobola okugeraageranya ku nnono zino ebbiri:

| Oluganda (A) | Okussa ekimu (B) |
|---|---|
| Ekifo kyo | Engeri gy'obaawo |
| Terukyuka olubeerera | Tukuddaabiriza oba tukufiirwa |
| Luli gguggulu | Kuliko obukwakkulizo |

Buli muntu akkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi abeera yanywezebwa mu luganda ne Katonda okuyita mu kuzaalibwa mu nnyumba ya Katonda. Ekifo kye ge mazima agatakyuka (Amazima A). Naye Abakkiriza bonna tebatambulira mu kigera kye kimu eky'okussa ekimu mu luganda olwo. Ago ge mazima agakyuka (Amazima B). Abakristaayo abamu banyumirwa enkolagana yaabwe ne Katonda okusinga ku balala. Kino kiva ku nsonga eziwerako, okugeza ng'ekibi mu bulamu bw'omukkiriza, obuto, obutayigirizibwa, oba obutewaayo. Nga bwe twalabye edda, Yokaana 8:30-31 ayogera akakwakkulizo k'obuyigirizwa kamu nga kwe kwekwata Ekigambo kya Katonda. Abo abagondera Ekigambo kya Katonda banyumirwa enkolagana ey'ebuziba

naye. Enkolagana ey'ekimmemmette ebaawo eri Abakkiriza abawulize eyogerwako mu Yokaana 14:21:

> *"Buli anjagala anaagonderanga ebiragiro byange; era kubanga anjagala, ne Kitange anaamwagalanga. Era nange nnaamwagalanga, era nnaamulabikiranga."*

Tugenda kukiraba oluvannyuma nti okussa ekimu ne Katonda mutwe mukulu mu nnyiriri za Baibuli nnyingi, okusingira ddala mu bbaluwa ya 1 Yokaana. Etuyamba okutegeera ebyawandiikibwa ebizibu naye era n'etuyamba n'okulaba oludda olw'obugagga obuli mu kutambula ne Katonda ekiva mu kutuukiriza obukwakkulizo obumu. Mu 1 Yokaana, Yokaana alangirira ekigendererwa ky'okuwandiika kwe nti kwe kutumbula okussa ekimu wakati w'abasomi b'ebbaluwa n'abatume, era bwe batyo ne Katonda (1 Yokaana 1:3-4). Bwe kiba ng'ekigendererwa ky'ekitabo kwe kubeera n'okussa ekimu okw'ebuziba, kino kituyamba ku butya bwe tusobola okutaputa "ebigezo" ebingi ebiri mu kitabo kino. Tugenda kukizuula nti ekigendererwa ky'Enjiri ya Yokaana kwe kuyamba abantu okunyweza enkolagana yaabwe ne Katonda (Yokaana 20:31), kyokka ate ng'ekigendererwa kya 1 Yokaana kwe kuyamba abantu okunyumirwa enkolagana eyo ne Katonda (1 Yokaana 1:3-4). Enjiri ya Yokaana okusinga erimu Amazima A n'Amazima B amatonotono. Ebbaluwa ya Yokaana esooka okusinga erina Amazima B n'Amazima A amatonotono.

Emirundi mingi, abannyonnyozi ba Baibuli era n'absomi baayo batabulatabula amazima agoogera ku kubeera n'oluganda ne Katonda ate n'agoogera ku kussa ekimu ne Katonda. Kino kizaala enjiri eyeesigamye ku bikolwa n'okufuba kwaffe, ng'ate mu butuufu eyo tebeera njiri n'akamu. Oluganda tetulukolerera; naye okussa ekimu tukukolerera. Oluganda teruvaawo; okussa ekimu kusobola okuvaawo.

## Okukkiriza Kristo okutuwa Obulokozi (A) si kwe kwewaayo eri Kristo okubeera Mukama (B)

Mu Bikolwa 16:31, omutume Pawulo yagamba omukuumi w'ekkomera Omurooma engeri gy'asobola okulokokamu: "Kkiriza Mukama Yesu Kristo era onoolokolebwa." Ddala Pawulo yali agamba omukuumi nti yeetaaga okukkiririza (kwe kusendebwasendebwa) nti Yesu Kristo, eyali Mukama (Katonda), okumulokola, oba nti yali yeetaaga okukkiririza mu (okuwanika eri) Yesu abeere Mukama era Omuyigiriza we? Enjogera esooka ekuuma obulokozi nga bufunibwa lwa kisa, eyokubiri eraga nti obulokozi tubufuna lwa kusaanira (okusaanira okusinziira ku kwewaayo

n’obunyiikivu bw’omuntu). Byombi tebisobola kubeera bituufu.

Ekisumuluzo eri ekibuuzo “nkole ki okulokolebwa?” kwe kutegeera nti ye Yesu ng’omulokozi, alokola; ye Yesu nga Mukama, afuga. Mu kunnyonnyola, obulokozi kwe kumanya Yesu ng’omulokozi. Olw’okuba Yesu ye Mukama, ekyo kye kimusobozesa okubeera omulokozi waffe. Olwokuba nga ye Mukama, abo abalokoleddwa kibagwanira okumuweereza. Yesu alina ebifo bingi: Mulokozi, Mukama, Muyigiriza, Mulamuzi, Mutonzi, Kabona Omukulu, Kabaka, n’ebirala. Naye kifo ki ekya Kristo gye tuddukira okufuna obulokozi? Eky’okuddamu kimanyiddwa buli omu—Omulokozi! Aboonoonyi abatannalokolebwa beetaaga obuyambi bw’Omulokozi; Abakkiriza abaalokolebwa beetaaga okumuweereza nga Mukama.

Endowooza egamba nti lokoka Yesu abeere Mukama wo etabulatabula enjiri ng’esaba omuntu akkirize Yesu okubeera Omulokozi we era n’okwewaayo amuweereze nga Mukama okusobola okulokoka. Olw’obutafaayo kwawula wakati w’amazima ag’obutuukirivu (Amazima A) n’amazima g’okutukuzibwa (Amazima B), endowooza eno esambajja ekisa ekitaliiko bukwakkulizo ng’ekiteekamu okusaanira kw’omuntu. Mu ndaba y’ebintu eno, ekisa kibeera kifunibwa lwa kukola kisuubizo oba lwa bunyiikivu, oba okwewaayo. Akatayabaga akabaawo kwe kuba ng’ekisa kiba tekikyali kisa nate.

Enjiri ennyangu eyita abantu okujja eri obulokozi eyawandiikibwa mu nnyiriri eziri mu Yokaana 3:16, 5:24, ne 6:47, egamba nti buli akkiriza Yesu Kristo (nga ye Mwana wa Katonda nga y’agaba era n’akakasa obulokozi) abeera n’obulamu obutaggwaawo. Emirundi esatu mu Ndagaano Empya wajuliza Olubereberye 15:6 okutulaga butya Ibulayimu bwe yaweebwa ekisuubizo kya Katonda: “Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.” Kino kirabikira nnyo mu miramwa egyogera nti ebikolwa ebirungi n’okukwata amateeka tebisobola kulokola muntu yenna. Ibulayimu okufuna obutuukirivu teyasooka kukola bisuubizo oba obweyamo eri Katonda. Mu butuufu, Ibulayimu yali yeebase Katonda we yakolera naye endagaano (Olub. 15:8-21).

## Okuzikirizibwa (A) si Kukangavvulwa (B)

Abo abatazaalibwa mu nnyumba ya Katonda batunuulira Katonda ng’Omulamuzi abasalira omusango okugenda mu nnyanja y’omuliro ey’olubeerera (2 Bas. 1:7-9; Okubi. 20:11-15). Naye waliwo enjawulo nnene nnyo butya Katonda bw’akwatamu abo abatamumanyi na butya bw’akwatamu abaana be. Nga taata omulungi, Katondaagunjula abaana be ababeera bawabye. Abebbulaniya 12:5-11 watugamba nti y’emu ku ngeri

gye tumanyaamu nti atwagala. Taata omulungi teyeegaana mwana we awabye. Katonda omwenkanaya okusalira abatakkiriza omusango ogw'olubeerera kigwa mu Amazima A. Ate ekya taata alina omukwano okugunjula abakkiriza kigwa mu Mazima B.

Emirundi mingi, ennyiriri ezoogera ku Katonda okugunjula oba okukangavvula zitaputibwa nga zirowoozebwako ng'okusalirwa omusango ogw'olubeerera. Ennyiriri z'Abebbulaniya ezirabula kyakulabirako kirungi ku nsonga eno. Olw'okuba nga ἠἠenda kwogera ku ssuula ey'Abebbulaniya oluvannyuma, nja kugamba bugambi nti omuwandiisi w'Abebbulaniya yali ayogera eri Abakkiriza (abaana ba Katonda). Okutya okw'okusalirwa omusango ogw'olubeerera tekukola makulu okuggyako ng'okkiriza nti Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe, ekintu ekisobola okuzaala ebizibu ebingi mu ndaba yange.[10] Olulimi olukambwe olwakozesebwa mu kulabula luleetedde bangi okweraliikirira olw'obubaka obwo n'okwebuuza amakulu g'Abebbulaniya. Engeri yokka abataputa abamu gye bakwatamu kino kwe kwawuzaamu ekitabo emirundi ebiri nga bagamba nti ekitundu ky'Abebbulaniya ekimu kyawanddikirwa abakkiriza ate ekirala abatali bakkiriza. Kyokka omuwandiisi talagaawo njawulo zifaanana bwe zityo. Okuggyako nga tutegeedde nti Abebbulaniya atulaga enneeyisa eya waggulu egwanira, olwo lwe tusobola okulaba okukwatagana kw'ebyo byayogerako era n'ekigendererwa ky'ekitabo kino.

## Ekisa (A) si ly'Etteeka (B)

Tusobola okulya omucomo gw'embizzi oguliko amagi? Tetusobola bwe tuba nga tukyali mu Ndagaano Enkadde eya of Musa egaana Abayudaaya okulya embizzi. Naye eky'omukisa (eri ffe abawoomerwa omucomo gw'embizzi), Katonda yakirangirira eri Peetero nti eby'okulya byonna byali bitukuziddwa eri ekkanisa (Bik 10: 9-16). Oluvannyuma, Pawulo yawandiika mu Abaruumi nti "Kubanga Kristo y'enkomerero y'amateeka, olw'okuweesa obutuukirivu buli akkiriza" (Bar. 10:4), era nti Abakristaayo "tebafugibwa mateeka wabula ekisa" (Bar. 6:14). Mu Baggalatiya, Pawulo annyonnyola nti ekigendererwa ky'amateeka kwe kutuleeta eri Yesu Kristo tusobole okulokolebwa ekisa okuyita mu kukkiriza; n'olwekyo, tetukyali wansi w'amateeka (soma ebbaluwa yonna, naye okusingira ddala 3:22-25).

Abo abalowooza nti tukyafugibwa amateeka (oba nga ga Musa oba ag'engeri endala ez'enneeyisa) babeera baddidde obuwulize eri amateeka

[10] Soma Okufundikira 1: Obukuumi Obutaggwaawo.

ne babufuula akakwakkulizo akatuweesa obulokozi obw'olubeerera. Naye ekyo kikola ki eri ekisa? Mu butuufu kibeera kikimazeemu omugaso. Baibuli eyigiriza nti omuntu yenna bw'aba ayagala okulokolebwa olw'okukwata amateeka, olwo aba alina okugatuukiriza gonna (Bag. 3:10; Yak. 2:10), mu butuufu ekintu ekitasoboka. Kino kitulaga obwetaavu bw'ekisa. Ekisa kituwa emikisa egyo egitatugwanirako wadde (Amazima A). Amateeka ga Musa gawa emikisa eri oyo agikoleredde olw'obuwulize bwe (Amazima B). Obulokozi obufunibwa olw'okugondera amateeka tebugattibwa na bulokozi obufunibwa olw'ekisa kya Katonda eky'obwereere. Eyo ye yali ensonga enkulu mu bbaluwa ya Pawulo gye yawandiikira Abaggalatiya.

Baibuli etulagira ddala bulungi nnyo enjawulo eri wakati w'amateeka n'ekisa. Tetusobola butayonoona njiri singa tumala ne tutabulatabula ebyo ebibiri nga tetubyawudde. Kalumannyweera wakati w'amateeka n'ekisa yanyiinyiitira nnnyo mu kkanisa eyasooka era Pawulo ekizibu n'akiroopa mu bakulembeze b'ekkanisa okukisalira amagezi (Bik 15). Ekizibu kyaleetebwa abakkiriza abamu abaali bakiremeddeko nti Bannamawanga baalina okukwata amateeka nga tebannaba kulokolebwa okufunibwa olw'okukkiriza okuli mu Yesu Kristo. Naye abakulembeze b'ekkanisa baakimanya nti bwe bakkiriziganya nakyo bagenda kuba nga bakkiriza nti obulokozi obutaggwaawo bufuuse bwa kukolerera, ekintu ekityoboola ekisa, kale bwe batyo ne bakigaana (Bik 15:1, 7-11). Omuyizi wa Baibuli ateekwa okwetegerza enjawulo eri wakati w'amateeka bye gabanja abantu okugatuukiriza n'ekirabo eky'ekisa eky'obwereere.

**<u>Ekiruyi eky'Olubeerera (A) si ky'ekiruyi eky'Ekiseera obuseera (B)</u>**

Ekiruyi kitegeeza obusungu bwa Katonda obutuukirivu. Waliwo enkola mu bantu bangi ey'okulowooza nti ekiruyi kitegeeza ekintu kimu, nga kwe kusalira abantu omusango ne bagenda mu ggeyeena. Batono abakimanyi nti kisoboka Katonda okusunguwalira Abakristaayo mu ngeri ez'enjawulo era ekyo ne kivaamu ebizibu eby'enjawulo. Eky'okulabirako, obusungu omusajja bw'awulira eri omusibe atolose nga ye yali agezaako okumutta bwa njawulo n'obusngu bw'awulira eri omwana we atamugondera. Kino nkakasa nga kigenda kutuyamba okutegeera okulabula okukambwe okuli mu Bebbulaniya ekigeraageranya ekibonerezo n'omuliro ekiyinza okubeera ku Bakristaayo, okusingira ddala ng'omuliro gukozeseddwa ng'eky'okugeraageranya, wabula nga si muliro gwennyini.

Olunyiriri olufaanana Baruumi 1:18 lwogera ku mazima agabuna waonna. Lugamba nti, "Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu

abaziyiza amazima mu butaba na butuukirivu.” Tewagamba nti ekiruyi kye kifukibwa ku batali balokole bokka, ku butali butuukirivu *bwonna* ne kubutawa Katonda kitiibwa abantu bwe bakola, ekitegeeza nti abantu bonna aboolesa obutali butuukirivu n'obutawa Katonda kitiibwa. Ennono enyangu mu kino eri bw'eti, ekibi oba kiri mu oyo atali mukkiriza oba omukkiriza, kisiikuula obusungu bwa Katonda obutuukirivu. Ekigera ky'obusungu bwa Katonda era n'engeri gye bulabisibwamu ya njawulo wakati w'abatakkiriza n'abakkiriza. Obusungu bwa Katonda eri abatali bakkiriza buvaamu okwawukana naye mu bulamu buno era ne mu bulamu obw'olubeerera nga basuuliddwa mu nnyanja y'omuliro ewali entikko y'ekibonerezo ekisinziira ku bikolwa byabwe nga bwe byali (Kub. 20:12). Obusungu bwa Katonda eri abakkiriza buleetawo okukangavvulwa okw'ekiseera ekigere mu bulamu buno era n'obutaweebwa mpeera n'emikisa mu bulamu obw'olubeerera. Okutuusa nga kino kitegeereddwa, tewaliiwo ngeri ndala yonna ya kutaputamu nnyiriri zino ezirabula mu bbaluwa y'Abebbulaniya ezawandiikirwa abakkiriza. Tugenda kulaba mu maaso eyo engeri Katonda gy'agujulamu abakkiriza nga bwe kyogerwako mu nnyiriri endala nnyingi.

Enjawulo eri wakati w'Amazima A (ekiruyi eky'olubeerera ku batali bakkiriza) era n'Amazima B (ekiruyi eky'ekiseera ekigere ku Bakkiriza) nkulu, kubanga bwe kiba ng'okusingisibwa omusango ogw'olubeerera nga y'entegeera yaffe ku busungu bwa Katonda oba ku kukangavvula kwe, era ng'enneeyisa y'omukkiriza gye tutunuulira, era ekyo kiddamu okutegeeza nti enneeyisa yaffe esukkuluma ekisa, era olwo enjiri ebeera eyonooneddwa. Omukkiriza oyo, eyalokolebwa olw'ekisa, abeera alina okukuuma obulokozi bwe n'ebikolwa ebirungi si kulwa nga Katonda amusindika mu ggeyeena. Kino kikontana n'ekisa, ekisa ekyatuweesa obulokozi luli, ky'ekisa ekibukuuma okutuuka ku nkomerero.

## Omusango Ogusalirirwa ku Nnamulondo Ennene Enjeru (A) si gwe Musango Ogusalirirwa ku Ntebe ya Kristo (B)

Eno y'ensobi ennenne ennyo abataputa ba Baibuli bangi gye bakola bwe balowooza nti waliwo okulamulwa kwa mulundi gumu ku nkomerero, nga kwe kulamulwa wakati w'abakkiriza n'abatali bakkiriza. Kino kireeta ebizibu bingi mu kutembenkeza ebyawandiikibibwa. Eky'okulabirako, mu Yok 5:24, Yesu agamba nti yenna amukkiriza “talijja mu musango,” naye mu 2 Abakkolinso 5:10, Pawulo ayogera ku bakkiriza nti, “Kubanga ffe ffenna kitugwanira okulabika mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira omusango.” Olowooza nti awo waliwo obutakwatagana?

Bwe tussa mu nkola Amazima A n'Amazima B ekizibu kigonjoolwa. Yok. 5:24 ge Mazima A ng'ayogera ku batakkiriza abamala ne bakkiriza Kristo era ne bafuna obulamu obutaggwaawo. Abo tebagenda kubeera mu

kulamulwa okwogerwako mu Kubikkulirwa 20:11-15, okulamulwa okw'abatakkiriza okulibaawo nga Kristo akomyewo ku nsi nga Kabaka. Wabula 2 Abakkolinso 5:10, ge Mazima B agoogera ku bakkiriza nga bwe baliwa embalirira ku butya bwe baakozesa obulamu bwabwe, embuga eyo y'eyitibwa Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, oba *bema* (mu Luyonaani). Abakkiriza tebagenda kulamulwa lwa butakkiririza mu Kristo ng'Omulokozi (Amazima A), naye olw'obwesigwa bwabwe mu kugoberera Kristo nga Mukama (Amazima B).

Ekipande kino wammanga kikulaga enjawulo ze tubadde twogerako wakati w'Amazima A n'Amazima B.

| **Amazima A** | **Amazima B** |
|---|---|
| Obulokozi | Obuyigirizwa |
| Okukkiriza Yesu Kristo | Bye tukolera Yesu Kristo |
| Ekisa okufuna obulokozi obutaggwaawo | Okusaanira okufuna empeera ez'olubeerera |
| Obutuukirivu | Okutukuzibwa |
| Okuzaalibwa okw'omwoyo | Okukula okw'omwoyo |
| Kirabo ekituweebwa | Kirabo ekikolererwa |
| Oluganda olunywezeddwa | Enkolagana gy'onyumirwa |

| **Amazima A** | **Amazima B** |
|---|---|
| Okukkiririza mu Kristo okufuna Obulokozi | Okwewaayo eri Kristo okuba Mukama |
| Okusalirwa omusango olw'obutakkiriza | Okukangavvulwa olw'obujeemu |
| Ekisa ekitatusaanira ekituweesa obulokozi | Okusumululwa okuva mu Tteeka |
| Ekiruyi eky'olubeerera | Ekiruyi eky'ekiseera ekigere |
| Nnamulondo Ennene Enjeru ey'Omusango | Entebe ya Kristo kw'Asalira Omusango |

Oluvannyuma lw'okulaba Amazima A Amazima B bwe gatuyamba okutegeera ennyiriri za Baibuli ennyingi n'ennono zaazo, nsuubira nti otegeera lwaki okumanya kino kikulu nnyo mu kuyiga Baibuli (*Bayibo sitade)*. Kino kituwa enkola ennywevu ku ngeri gye tusobola

okukozesaamu ennyiriri za Baibuli ennyingi ezirabika ng'ezitakwatagana n'ekyo Baibuli ky'eyigiriza ku bulokozi obutuweebwa olw'ekisa era n'obulamu obw'Ekikristaayo.

Nga bwe nayogedde emabegako, enjawulo eno y'emu ku bintu ebikulu ennyo abayizi ba Baibuli abakalaativu gye balina okwekkenneenya okusobola okutaputa obulungi Ekigambo kya Katonda. Si ekyo kyokka, naye ebiva mu nkola eno bikyusa nnyo engeri omuntu gy'alabamu obulamu bw'Ekikristaayo. Bwe tutegeera obulungi engeri gye twawulamu Amazima A okuva ku Mazima B, olwo omukkiriza abeera asobola okuwummulira mu kisa kya Katonda ng'alina obukakafu obw'obulokozi ng'ate bw'atambuza obulamu mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa olw'okuwa embalirira n'okuweebwa empeera mu biseera ebijja. Ekisa kisigala nga kya bwereere wabula ng'empeera za kukolerera.

ESSUULA

# Amazima A Amazima B mu Kuyiga Baibuli

# 3

BWE TWAGALA okumanya amakulu g'ekitundu kyonna mu Baibuli, waliwo ennono mu kuyiga Baibuli ezituyamba okutuuka ku ntaputa esinga okubeera ennungi. Essuula eno tegenda kwogera ku nnono zonna ezikozesebwa mu kuyiga Baibuli n'okugitaputa, ezo zonna ezaalikozeseddwa ku kitundu kya Baibuli kyonna, naye egenda kutujjukiza ebimu ku bintu ebikulu ebisookerwako mu kuteegera enjawulo eri wakati w'Amazima A n'Amazima B.

Okuyiga Baibuli kwonna kutandika na kwetegereza. Naye tumanyi kye tubeera tunoonya? Gye buvuddeko, mukwano gwange mu Oregon yantwala okuloba. Bwe twayimirira ku mabbali g'omugga North Umpqua, Evan yasonga ewaali amazzi agaali geesiikuula era n'agamba nti, "Awo waliwo emmale. Waliwo n'endala. Ate wali waliwo engege. Ndabawo wano emu, bbiri, ssatu, nnya—kirabika ziringa abiri." Mu kwewuunya ennyo n'okusoberwa, nze kwe kumugamba nti, "Owange nze sirabako wadde *emu*!" Olwo ye Evan kwe kunjigiriza butya bwe nsobola "okulaba" eby'ennyanja bino. Bibeera bifaanana ng'ekisiikirize oba obutolobojjo, naye mu mugga mubeeramu ebintu ebifaanana bwe bityo bingi. Ekisumuluzo ekikuyamba kwe kwetegereza ekisiikirize okutuusa lw'okiraba nga kyenyigootola oba nga kizina, olwo n'omanya nti ekyo ky'ennyanja. Era emmale zibeera nzirugavu okusinga engege. Bwe ntyo nange ne ntandika okubiraba, naye nzikiriza nti nkyalina olugendo luwanvu okusobola okulaba eby'ennyanja mu busobozi bwange.

Emirundi mingi tutunuulira Baibuli, naye ne tutagyekkaanya. Tulowooza nti tumanyi ekyo kye tulaba, naye entaputa esinga okuba entuufu osobola okugifuna oluvannyuma lw'okwetegereza n'okwekenneenya okumala ekiseera. Ekyo kitandikira mu kugoberera mulamwa ogwogerwako. Bwe weetegereza obulungi, okizuula nti Baibuli y'ennyonnyola yokka. Singa tweyambisa enkola ennyangu mu kuyiga Baibuli nga tutandikira mu kwetegereza omulamwa era ne tumaliriza n'okugeraageranya


Ebyawandiikibwa ebirala, tugenda kuba tusenvudde nnyo mu lugendo lw'obusobozi bwaffe obw'okutaputa Baibuli mu butuufu.

Kisobola okwogerwa nti ennono essatu ezisinga omugaso mu kuyiga Baibuli ze zino: "Omulamwa, omulamwa, omulamwa." Tetulina bwe tuyinza kukkaatiriza nsonga eyo okusingako awo kubanga omulamwa kye kisumuluzo ekikulu mu kutaputa Baibuli, okusingira ddala mu bitundu ebizibu oba ku nnyiriri eziriko akaleegabica. Naye waliwo emitendera gy'omulamwa egisukka mu gumu. Ekimu ku byogerwa ku Martin Luther kinnyonnyola enkola ye mu kuyiga Baibuli mu ngeri bw'eti:

> Njiga Baibuli yange nga bwe nkuἠἠaanya amapeera. Mu kusooka, nnyeenya omuti gwonna agasinga okubeera amengevu ne gagwa. Olwo ne ntandika okunyeenya buli ttabi, bwe mmala okunyeenya buli ttabi, ne nnyeenya buli katabi na buli kawakatirwa. Olwo ate ne ntunula mu buli kikoola. Baibuli yonna nsooka kuginyeenya, nga bwe nnyeenya omuti gwonna. Oluvannyuma ne nnyeenya buli ttabi eddene—nga nsoma kitabo ku kitabo. Olwo ne nnyeenya buli katabi, nga nneetegereza buli ssuula ezibeera zitambulira ku mulamwa ogwo. Olwo ne nnyeenya buli kawakatirwa, okwo kwe kuyiga n'obwegendereza buli kiyungiro na buli mboozi era n'ebigambo n'amakulu gaabyo.[11]

Emitendera gino tugenda kugiyita *enkulungo ez'omulamwa*. Nkulungo ki ez'omulamwa ezisinga okutuyamba nga tutaputa ebitundu ebizibu?

Weetegereze emiramwa!




[11] http://www.bibleexposition.net/2010/07/martin-luther-on-bible-study.html

## Ekisooka, twetegeereza omulamwa ogusinga obunene.

Wadde ng'enkulungo y'omulamwa esinga obunene ye yandibadde obuvo bwe by'obuwangwa n'ebyafaayo eby'ebyo ebyogerwako, katutandike ne Baibuli yennyini, nga mu buli mbeera twetegereza oba nga ddala ekitundu kiri mu Ndagaano Enkadde oba mu Ndagaano Empya. Endagaano Enkadde okusingira ddala eyogera ku Bayudaaya ng'eggwanga eryali lifugibwa Endagaano ya Musa gye yakola ne Katonda (era nga y'eyitibwa Etteeka oba Endagaano Enkadde). Endagaano Empya eyogera ku nsonga ezikwata ku Isirayiri mu biseera by'obulamu bwa Yesu Kristo era ne ku nsonga ezikwata ku kkanisa era n'Abakristaayo ba ssekinnoomu. Newakubadde ng'Endagaano Empya tennaba kutuukirizibwa okutuusa nga Isirayiri ekomezeddwaawo eri Katonda mu nsi yaabwe, nze nzikiriza nti ekkanisa n'Abakristaayo balinayo emikisa egimu gy'omwoyo egy'Endagaano Empya gye beeyagaliramu. Endagaano Enkadde yatambuliranga nnyo ku mikisa egyafunibwanga olw'obuwulize; Endagaano Empya eyogera ku mikisa ng'ekintu ekiweebwa abakkiriza okubasikiriza okutambulira mu buwulize.Ebizibu bingi ebyava mu bujeemu mu Ndagaano Enkadde byakwatanga ku ggwanga lya Isirayiri (olw'olumu n'amawanga amalala nago gaabonerezebwanga olw'ekibi kyago), si si bantu kinnoomu. Ebizibu ebiva mu bujeemu mu Ndagaano Empya okusingira ddala bikosa abakkiriza kinnoomu.

Kino kikosa kitya enkozesa y'Amazima A n'Amazima B? Kikulu nnyo okukiraba nti Katonda alina enkolagana etaggwaawo ne Isirayiri etasobola kusazibwamu, ne bwe babeera mu bujeemu. Mu njogera endala oyinza okugamba nti, eggwanga lya Isirayiri ligenda kulokolwa mu biseera ebijja era enkolagana yaabwe ne Katonda ezzibweewo newakubadde nga kaakano batambulira mu bujeemu (Bar. 11:26). Mu mulembe gw'Endagaano Enkadde, waaliwo *abantu* mu ggwanga lya Isirayiri abaali baalokolebwa oba abataalokolebwa. Newakubadde Katonda mu kieera ekyo yalokola buli muntu mu Isirayiri eyasiiga omusaayi bwe baali nga bava e Misiri (Okuva 12), naye era oluvannyuma wayimukayo abantu abataali balokole mu Isirayiri (eky'okulabirako., ba kabaka ababi mu 1 Bassekabaka16). Tulina okusalawo oba ng'ebisuubizo by'Endagaano Enkadde n'ebibonerezo byali byogera ku ggwanga lyonna, oba ku bantu kinnoomu abaalirimu.

Wabula mu Ndagaano Empya, ebisuubizo by'obulokozi bwa Katonda bikwata ku Mukristaayo ssekinnoomu. *Kikwatagana bulungi bw'ogeraageranya obulamu bw'obulokozi obw'Omukristaayo ssekinnoomu n'obulamu bw'eggwanga lya Isirayiri lyonna*, kubanga ebisuubizo bya Katondae ebitaggwaawo eri Isirayiri bisikirwa abantu mu mulembe gw'Endagaano Empya okuyita mu kukkiririza mu Yesu Kristo. Mu njogera endala, mu Ndagaano Enkadde, Omuyisirayiri asobola okuzikirira

n e w a k u b a d d e Katonda yawa obukakafu eggwanga eryo nti liriweebwa obulokozi obutaggwaawo. Wabula, mu Ndagaano Empya, omuntu afuna ebisuubizo bya Katonda ebitaggwaawo okuyita mu Yesu Kristo butereevu, si kuyita mu Isirayiri oba mu kkanisa.

Omuntu omu ayinza okusoma ekyafaayo ky'Endagaano Enkadde ku bujeemu bw'Abaisirayiri abaajeemera Katonda, okugeza abaana ba Eli abaali abonoonefu, Kopini ne Fenekansi, era n'amaliriza ng'agamba nti tebaali balokole oba anti baafiirwa obulokozi bwabwe kubanga baatyoboola obuvunaanyizibwa bw'obwakabona bwabwe ne bakola eby'obukaba n'abakazi abajjanga mu yeekaalu okusinza (1 Samwiri 2). Wadde nga baali Baisirayiri era nga ba kabona, mu 1 Samwiri 2:12 wagamba nti "baali boonoonefu [mu njogera ennyangu, 'baana ba Beriyari]; nga tebamanyi Mukama" era Katonda n'abatta (oluny. 34; 4:11). Bwe tusoma ebyafaayo bino, omuntu ayinza okumaliriza ng'agamba nti Omukristaayo asobola okufiirwa obulokozi bwe. Ensobi ekolebwa bulijjo kwe kulemererwa okutegeera enjawulo eri wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya, era n'engeri Katonda gye yakolagananga ne Isirayiri era ne gy'akolaganamu n'Abakristaayo kinnoomu. Kitegeerekeka bulungi ekimala nti mu Ndagaano Empya nti Omukristaayo tasobola kufiirwa bulokozi, kale okugeerageranya eby'abanana ba Eli bibeera bigenda kukuwabya. Okugeraageranya kwalibadde ku ggwanga lya Isirayiri eritafiirwangako bulokozi bwalyo era n'enkolagana yaalyo ey'enjawulo eri Katonda.[12]

Bwe twetegereza emiramwa emikulu egy'Endagaano ez'enjawulo era ne mu kukyuka kw'emirembe (nga bye biseera Katonda mwakolaganira n'abantu mu ngeri ey'enjawulo esaanira mu kiseera ekyo) ekyo nakyo kiyamba nnyo mu kubangawo omusingi ogukuyamba okutaputa ebitundu bya Baibuli ebitali bimu.

## Ekyokubiri, twetegereza ekitabo.

Osobola okufuna okumanyisibwa kungi bw'otunuulira omulamwa gw'enkulungo eyokubiri, ekitabo kya Baibuli ewali ebitundu. Ebintu by'olina okwetegereza mu kitabo okutwaliza awamu bizingiramu bino:

- Ekikula (ekika, oluse) lw'empandiika

12 Abalondoozi b'ensonga za Baibuli bangi bagenze beeyongera okukkiriza nti Isirayiri mu butuufu yafiirwa enkolagana yaabwe ey'endagaano ne Katonda okuyita mu bujeemu bwabwe nti era n'esikizibwa ekkanisa nga kati be balonde ba Katonda. Olw'okuba ng'endaba y'ebintu eno eyawukana n'entaputa ennyangu esookerwako ey'ebisuubizo bya Katonda eri Isirayiri ng'ensi era n'ebifuula bya mwoyo ng'ebissa ku kkanisa, kale bwe ntyo endowooza eyo nze sikkiriziganya nayo.

- Ensengeka (ekiseera, obuwangwa, ekyaliwo, ekitundu)
- Ekigendererwa ne be yawandiikira
- Ebyali byogerwako oba omulamwa gw'ekitabo

Katutunuulire omugaso gw'ebyo bye tulina okwetegereza.

Kaakati *ekikula* oba *ekika ky'empandiika* kikulu kubanga kitubuulira oba ng'ekitabo kirina okusomebwa n'obwegendereza ng'emboozi ey'ebyafaayo, oba ne kitaputwa ng'obunnabbi oba ekicocco, so ng'ekyo kyogerera nnyo mu ngero n'okugeraageranya. Kale nno bwe tusoma mu Lubereberye 19 nti Katonda yazikiriza Sodoma ne Gomora ng'akozesa omuliro, kino tukirowooza okubeerera ddala omuliro gwennyini olw'ekikula ky'emboozi y'ebyafaayo ebyo. Ku ludda olulala, Katonda bw'alabula okubonereza Isirayiri n'omuliro mu kitabo eky'obunnabbi ng'akozesa olulimi olw'ekikocco, guyinza okuba omuliro gwennyini (Okuku. 4:11; Amosi 2:5), naye ebiseera ebimu kirabika nga kuba kugeraageranya ku kiruyi kye ekingi nga bwe kiri (Okuku. 2:3-4). Ekigambo omuliro si buli kiseera nti kitegeeza muliro gwa ggeyeena, naye olumu kiba kyogera ku muliro gw'obusungu bwa Katonda bw'ayolesa. Era weetegereze engeri Katonda gy'ayogeramu eri Isirayiri ng'eggwanga, so si bantu kinnoomu, era nga tayogera eri Bakristaayo ab'Endagaano Empya. Mu maaso eyo tugenda kulaba omugaso gw'okutaputa n'obwegendereza ekigambo omuliro bwe tunaaba twetegereza eky'okulabirako muYokaana 15:6 ne mu Bebbulaniya 6:8.

Era *ensengeka* nayo nkulu kubanga okutegeera ekitundu kya Baibuli, tuteekwa okutegeera ddi lwe kyawandiikibwa era wa, ng'okwo kwe tugatta okumanyisibwa okulala nga tuyiga ku byafaayo by'ekitundu ekyo, obuwangwa bwakyo, era n'ekyabaawo ekyavaamu ekitabo okuwandiikibwa. Nga twebuuza nti ekitabo kyawandiikibwa ng'ekkanisa tennabaawo, oba ng'ekkanisa yaakatandika, oba oluvannyuma? Omutume Pawulo yawandiika asumuluddwa oba ng'ali mu kkomera? Eky'okulabirako, bwe tukimanya nti Pawulo yawandiika ali mu kkomera, ekyo kiyamba entegeera yaffe bw'akozesa ekigambo "okusumululwa" (enzivvuunula ezimu zikozesa, "obulokozi") mu Abafiripi 1:19. Ayogera ku kusumululwa oba ku bulokozi ng'Obulokozi obutaggwaawo (Amazima A), oba ku kukulokolwa ng'asumululwa okuva mu kkomera, oba okusumululwa okuva mu bulamu buno n'agenda mu kubeerawo kwa Mukama (Amazima B), oba okulokolwa mu kintu ekirala? Omulamwa gw'ekitabo gutuyamba okusalawo ekituufu.

Okumanya ensengeka y'ekitabo kikulu bwe tubeera nga tutaputa Abebbulaniya. Bwotategeera nsengeka ya kitabo, mu buli ngeri obeera ayolekedde entaputa enkyamu ku bitundu bya Baibuli ebizibu. Mu Bebbulaniya, kikulu okumanya oba ng'omuwandiisi yali awandiikira bakkiriza, abatali bakkiriza, oba bombi. Mu ky'okulabirako ekirala,

okukimanya nti Yesu yali ayogera eri eggwanga lya Isirayiri bwe yageranga engero mu Matayo, Makko, ne Lukka kiyamba nnyo okuzitaputa obulungi. Okulabula okwali mu ngero ezimu kwali kukwata ku Isirayiri so si ku Bakristaayo.

*Ekigendendererwa n'abo baawandiikira* bikwatagana kubanga omuwandiisi eyasooka okuwandiika ekitabo abeera yawandiikira abantu abaaliyo era ku nsonga ezaaliyo. Abasomi b'ebbaluwa baali bafuuka dda bakkiriza? Mbeera ki oba bizibu ki bye basisinkana ebyaleesaawo ekitabo oba ebbaluwa okuwandiikibwa? Embeera yaaabwe ey'omwoyo yali etya—tebaali balokole, balokole nga bakyali bato, oba baali balokole era nga bakula? Wano, tutunuulira ekigendererwa ky'omuwandiisi, ekikwatagana n'embeera y'omwoyo ey'abo be yali awandiikira era olwolumu eyogerwako. Mu 1 Yokaana 20:31, Yokaana agamba nti yawandiika okuleeta abantu eri okukkiriza okuli mu Yesu Kristo. N'olwekyo, kikulu okwetegereza bye yawandiika, bye yayigiriza, n'ebigambo bye yasalawo okukozesa olw'ekigendererwa ekyo. Tewaliiwo kigendererwa kya ssimba ekyogerwako ku kuwandiika ekitabo ky'Abaruumi, naye kitegeererkeka bulungi nti Pawulo yali annyonnyola abasomi be enjiri n'ebigivaamu olw'obulamu bw'Ekristaayo era na butya eggwanga ly'Abayudaaya bwe lyagattibwa mu nteekateeka ya Katonda. Bwe tubeera tutaputa ekitundu mu Bakkolinso Ekisooka, kikulu okukitegeera nti ebbaluwa eno yawandiikibwa okuluῄῄamya ku bizibu eby'enjawulo ebyali mu kkanisa ebyasibuka ku *Bakristaayo* abaali bateeyisa bulungi.

Ekyo ekiriko *enkayaana* mu kitabo oba mu bbaluwa nakyo kiba kikulu nnyo. Bwe njogera ku nkayaana, sitegeeza nti ng'omuwandiisi akaayana, naye nga yateekateeka ebigambo bye okumatiza omusomi abeere ne kyategeera ku nkomerero y'ekitabo. Abaruumi kyakulabirako kirungi ku nsonga eno kubanga tulaba ekibalo ekirungi nga Pawulo agenda azimba ensonga ye, ng'omusomi amuggya ku kibi (1:18-3:20) n'amutwala ku bulokozi (3:21- 4:25), okutukuzibwa (5:1-8:27), obukuumi (8:28-39), n'obuyinza bwa Katonda (9:1-11:36), era n'obuweereza (12:1-15:13). Olugendo lutandikira ku Mazima A ne lugenda ku Mazima B. Mu Baruumi, okutegeera Katonda kusukkuluma ku kukubiriza abantu okukola ebisaanira kino kirabikira ddala bulungi ne mu Baggalatiya, Beefeeso, ne mu Bakolosaayi. Okuzzaamu abakkiriza amaanyi ku nkomerero y'ebitabo bino kwe kugamba nti obulokozi bw'abasomi b'ebbalauwa, kye kintu ekikulu ataputa ky'alina okwetegereza. Weetegereze nti omutendera omukulu mu bbaluwa za Pawulo zino gugenda bwe guti:

| Ebiyigirizibwa (siyologye) – Ekyo Katonda kyatukoledde | Ebikolebwa – Ekyo kye tusobola okumukolera |
|---|---|
| Abaruumi 1-11 | Abaruumi 12-16 |
| Abaggalatiya 1-4 | Abaggalatiya 5-6 |
| Abeefeeso 1-3 | Abeefeeso 4-6 |
| Abakolosaayi 1-2 | Abakolosaayi 3-4 |

Enjiri ennya zoogerako ku kigendererwa kyazo ne ku nsonga eyali mu ddiiro. Matayo okusingira ddala yawandiikibwa eri Abayudaaya okubakakasa nti Yesu ye yali Masiya waabwe. Lukka yawandiikibwa eri omufuzi Munnaggwanga olumbulula obulamu bwa Kristo. Abalondoozi b'ensonga bangi bakkiriza nti Makko ayogera mu bumpimpi ebyafaayo by'obulamu bwa Yesu ebyali bijjudde ebikolwa kubanga Makko yali atunuulidde Abaruumi abaali balaba ebigenda mu maaso abaali bamuwuliriza. Yokaana yawandiika enjiri ye mu geri yaakuyigiriza okulaga abantu nti Yesu ye Masiya agaba obulamu obutaggwaawo eri buli amukkiriza. Bwe tukimanya nti ekigendererwa kya Matayo kya njawulo ku kya Makko oba Yokaana kigenda kutuyamba okutegeera lwaki buli omu kw'abo yasalawo okuwandiika obubaka, emboozi, n'ebigambo eby'enjawulo.

## Ekyokusatu, twetegereza ekitundu.

Ku mutendera guno, twetaaga okwebuuza ebibuuzo bingi okutuyamba okwekkaanya, ekyo ne kituwa entaputa ennungi. Ebibuuzo nga bino bye twebuuza:

- Ekitundu kino kikwatagana kitya ne byogeddwa emabega? Waliwo ebigambo ebiyunga emboozi, okugeza "ne, naye, n'olwekyo"?
- Ensegeka y'ekigambo oba ebigambo erinawo okukkaatiriza kwonna kweraga?
- Waliwo ebimu ku bigambo bino ebikozeseddwa ku mulamwa ogwogerwako?

- Ddoboozi ki erikozeseddwa—ku kyogerwako, akakodyo, okubalaata, abantu beewulira batya, bya kubalaata, kulabula, oba kulumirirwa?
- Tutegeera ekyogerwako n'ebiseera by'emboozi era n'ensengeka y'ebigambo nga bwe kwatagana?
- Bigambo ki ebikozeseddwa okunnyikiza amakulu era lwaki?
- Bigambo ki ebyalondebwa era lwaki si birala?

Matayo 24:13 abantu bangi nnyo tebamutegeera bulungi okusinziira ku ndowooza yange. Singa twali twali baakukozesa ebimu ku bibuuzo ku kitundu kino, kyalibadde bwe kiti:

- Yesu ayogera eri ani era lwaki?
- Baani baayita "abo"?
- Ekigambo "okugumiikiriza" kitegeeza ki?
- Ekigambo "okulokolebwa" kikozesebwa kitya?
- Ekigambo "ku nkomerero" kisonga ku ki?
- Ekitundu ekyo akyogerera mu ddoboozi ki?

Ebibuuzo bino bwe tubyebuuza era ne byanukulwa, olwo okisanga nga kizibu okukkiriziganya n'abo abalowooza nti ekitundu kino kitegeeza Okutaasibwa kw'Abatukuzu obutazikirira, Amazima A (omuntu ateekwa okugumira mu kukkiriza era mu bwesigwa okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwe okusobola okulokolebwa). Tukiraba nga Yesu ayanukula ekibuuzo ky'abayigiriza kye baamubuuza ku kudda kwe ne ku nkomerero y'omulembe. Yesu ali mu kwogera ku Bayudaaya mu kiseera kyabwe eky'okubonaabona okw'ekitalo n'enkomerero yaabwe. Ekitundu kino nnayongera okukigaziya eyo mu maaso.

## Ekyokuna, twetegereza ebigambo n'enjogera .

Wali owulidde ku kino? Eddubu lyagenda mu kirabo e Luweero, ne lisaba ekyeggulo lisobole okuweera, ne lisikayo emmundu ne limamirira ekifo kyonna ebyasi we lyandifunidde obuweerero, awo ne ligenda nga teriwedde. Kino lyali likikola buli lunaku ekyaleetera kasitoma omu okubuuza akulira ekirabo ekyo ekigenda mu maaso. Akola mu kirabo kwe kumugamba nti, "Oh, eryo lye ddubu eryitibwa panda. Lirya obulimi n'ebikoola." Kirabikirawo mangu, akagero kano kalaga nti "obulimi n'amakoola" byali bigambo binnaakogeza bikolwa. Singa mwalimu

obuwummuzaamu--“lilya, obulimi, n’ebikoola”—twandikirabye nti byagendererwa kuba nnakogeza-kikolwa. Akagero kano kakulaga ekinyusi ky’ekitabo kino, nti ekigambo (n’obubonero—n’obutakozesebwa bwabwo) bisobola okukozesebwa mu ngeri ey’enjawulo, okusingira ddala mu lulimi Oluganda.

Ebigambo bisobola okubeera n’amakulu ag’enjawulo okusinziira ku miramwa egy’enjawulo. “Ttuula ku mmeeza kwe tuliira eky’eggulo.” Kaakati katukozese ekigambo emmeeza mu ngeri ey’enjawulo “weetegereze emmeeza eraga enfuna ya bannansi mu nsi ez’enjawulo.” Omuyizi wa Baibuli asisinkana obuzibu singa akozesa amakulu ga mulundi gumu ku kigambo ekirina amakulu ag’emirundi emingi oba ekirina ebigendererwa eby’enjawulo. Kankiddemu, omulamwa kye kisumuluzo ekisalawo butya ekigambo bwe kinaakozesebwa era n’okutegeera amakulu gaakyo.

Nnakozesezza dda ekigambo *okutukuzibwa*, era ne ἠἠamba nti kitegeeza okukula kw’Omukristaayo okweyongerayongera. Naye bwe twetegereza obulungi ebyawandiikibwa ebimu, tukiraba nti okutukuzibwa kikozesebwa ku kifo ky’Omukristaayo kye yafuna olw’obutuukirivu bwe (1 Kol. 6:11; Beb. 10:10). Eyo y’ensonga lwaki Abakristaayo bayitibwa “abatukuvu,” oba, “abaayawulibwa.” Naye okutukuzibwa era kikozesebwa mu ngeri y’Omukristaayo ey’enkomeredde ey’okweyawula ku kibi ne yeeyawulira Katonda. Kino kibaawo ng’atuukiriziddwa oba ng’agulumiziddwa bw’afa oba bw’azuukizibwa (1 Abasses. 5:23). Kale amakulu agasookerwako “kwe kwawulibwako.” Omulamwa gwe gusalawo oba ng’ekifo ekyo (kya biseera ebyayita), kyeyongerayongera (kya kaakati), oba kyatuukirizibwa (kya mu maaso).

Emirund egisinga, enjiri etabulwatabulwa kubanga ebigambo n’enjogera tebifiibwako kuweebwa makulu gaabyo amatuufu okusinziira ku mulamwa. Ebigambo oba enjogera okugeza *obulokozi, okwenenya, okukkiriza, omuyigirizwa, obulamu obutaggwaawo*, era *n’obulokozi bw’emmeeme* bikulu mu ntegeera entuufu ey’enjiri era n’obulamu obw’Ekikristaayo. Emirundi mingi birowoozebwa okuba nga bigwa mu Mazima A. Mu ssuuula eddirira, tugenda kulaba ebigambo bino ebirondobemu bwe bikozesebwa mu Baibuli.

Emu ku njogera ey’eky’okulabirako gye tuyinza okukozesa egamba nti “okuwaayo omuntu eri Setaani” (eyeyambisibwa ku Alegezanda mu 1 Tim. 1:20), oba “okuwaayo ali bw’atyo eri Setaani” (ng’ayogera ku mwenzi ali mu 1 Kol. 5:5). Singa tukitwala nti Pawulo yali asindika Abakristaayo mu ggeyeena, olwo tubeera tufunye ekizibu n’ebigambo bya Pawulo ebirala ebyogera ku Bulokozi Obutaggwaawo eri abasomi be

Abakristaayo. Omuntu ayinza okugamba nti Alegezanda n'omwenzi oli ayogerwako tebaali balokole mu kusooka kwa byonna, naye ekyo kibaamu obuzibu bw'ogoberera omulamwa oguli awo. Alegezanda yali munywanyi wa Pawulo. Kizibu nnyo okulowooza nti yali talokolebwanga. Era Pawulo yali ayinza atya okwagaliza omuntu atali mulokole okugenda mu ggeyeena ng'ate ali bw'atyo era abeera waakugenda eyo? Bwe kityo mu 1 Abakkolinso 5, omwenzi ayogerwako yali mmemba mu kkanisa y'ekkolinso. Ayitibwa "ow'oluganda" (1 Kol. 5:11). Era oluvannyuma tulaba ng'omusajja oyo yeenenya ekibi kye era n'akomezebwawo (2 Kol. 2:1-11). Pawulo bwe yali ayogera ku kwenenya kwe, akwogerako ng'okukomezebwawo, so si bulokozi.

Okusinziira ku mulamwa nga bwe gufaanana, okuwaayo omuntu eri Setaani kisinga kukwata ku Bakristaayo, nga ge Amazima B. Waliwo ebintu ebiwerako mu Mazima B ebisobola okubaawo, era ῄῄenda kubissa ku lukalala mu bufunze nga sinnyonnyodde nnyo:

1. Ekigambo ekyo kiyinza okutegeeza okugobebebwa mu kkanisa.
2. Kiyinza okutegeeza okuggyibwako obukuumi bw'ekkanisa eri oyo asobezza era n'ekkanisa okulekeraawo okumusabira, kale ne babeera nga bamuwaddeyo eri Setaani okumulumya (Setaani yayagala okuwewa Peetero ng'eῄῄaano, naye Yesu n'amusabira kale obulabe ne bubeera busaamusaamu; Luk 22:31-32).
3. Ekigambo "omubiri gwe okuzikirira" kiyinza okuba nga kitegeeza okuwaayo omwonoonyi eri Setaani okukangavvulwa (okulabika) okw'ekiseera ekigere.
4. Ekigambo "omubiri" kiyinza okutegeeza enneeyisa embi eyinza okumalibwawo olw'okukkiriza Setaani okubonereza omwenzi oyo mu ngeri emu oba endala.

Ntaputa ki ku bino byonna esingako obulungi? Nze ntwala eri eyokubiri, naye ekikulu kiri nti entaputa zonna ennya zeekuumira ku mulamwa, ekiragira ddala obulungi nti:

1. Pawulo awandiikira Abakristaayo ku muntu omu eyali mu kkanisa alabika mu ngeri yonna nga yali Mukristaayo.
2. Abakristaayo aboonoona kyetaagisa ekkanisa okubabonereza.
3. Waliwo ebizibu Abakristaayo aboonoona bye basisinkana mu bulamu buno. Mu njogera endala, tekikola makulu okumala galowooza nti Pawulo yali alina gwasindika mu ggeyeena. Tekikola makulu okulowooza nti ekigambo kino ge Mazima

A n'otafaayo ku ky'okuba nga gayinza okubeera Amazima B.

Amakulu g'ebigambo n'enjogera byetoloolera nnyo ku biyigirizibwa n'obuwangwa okusinga ne bwe tuyinza okukkiriza. Kale nno buvunaanyizibwa bwa muyizi ow'Ekigambo kya Katonda okuggyawo amakulu agasinga okubeera amalungi mu mulamwa ogwo ne mu nkozesa yaagwo.

## Ekyokutaano, twetegereza enjogera ey'ebisoko.

Nga bwe kiri ku bigambo, enjogera ey'ebisoko yeetaaga okwetegerezebwa n'okugitaputa n'obwegendereza. Ekisoko kye kigambo, enjogera, oba akawakatirwa akakozesebwa okuggyayo amakulu nga bayita mu kugeraageranya, okufaananya, oba okukwanaganya. Singa tugamba nti, "Ebigambo by'omukazi bisala ng'akambe," tubeera tusiiga ekifaananyi eky'omukazi omuzibu mu mbeera ye nga tugeraageranya ebigambo bye n'obulumi obuleetebwa akambe nga kakusaze. Ebisoko nga bino bimanyiddwa bulungi mu njogera yaffe eya bulijjo era bwe kityo ne mu kuyiga Baibuli. Mu ky'okulabirako kino, ffena tukimamnyi nti ebigambo ku bwabyo tebisala era tebisobola kuleeta musaayi. Ekinyusi ky'ensonga eno kiri wakati w'obulumi obw'omutima era n'obulumi obutuuka ku mubiri.

Ekimu ku by'okulabirako eby'enjogera abangi kye batategeera ky'ekigambo "kufa" oba "mufu" n'enkozesa yaakyo mu njogera nga "mwali mufiiridde mu byonoono n'ebibi." Abamu bwe bw'alaba ekigambo "kufa" oba "okufa" mu nnyiriri za Baibuli ezimu, babeera balowooza ku *kufa okw'olubeerera*, era okumanyiddwa nga "okufa okwokubiri" (Kub.. 20:14). Pawulo ayogera mu Baruumi 6:23 nti "empeera y'ekibi kwe kufa." Yali awandiikira Bakristaayo; kale ayinza okuba nga yali abalabula ku kufa okw'olubeerera? Ekyo kyalibadde tekikola makulu okuggyako ng'Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe ne bagenda mu ggeyeena.

Ensobi endala kwe kulowooza nti okufa kutegeeza ekintu ekitabangawo oba ekirina ebisaanyizo by'obutabeerawo. Yakobo 2:24 emirundi mingi ategeerwa bubi bw'ayogera nti, "Okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu." Bangi balowooza nti kino kitegeeza okukkiriza okutabeerangawo. Naye eyo ebeera ngeri etategeerekeka ey'okwogera ku kitabeerangawo. Wagamba nti waliwo okukkiriza, naye ne yeeyongera nti kubeera "kufu." Ekintu bwe kibeera ekifu, kitegeeza nti kyaliko ekiramu. Mu nkozesa ya Yakobo,kiri nti tekirina bulamu oba tekirina mugaso. Twogera nti "Bbaatule y'emmotoka efudde," nga tutegeeza nti bbaatule weeri, naye tekyaliko muliro era n'olwekyo tekyagasa. Okufa kisobola okubeera ekisoko okwogera ku kintu

ekitakyalina mugaso olw'obutabeera n'amakulu.

Engeri endala okufa gye kuyinza obutategeerekeka kwe kugaziya ekisoko ne tukisussa amakulu gaakyo agaagendererwa mu kusooka. Eky'okulabirako, mu Abeefeeso 2:2, Pawulo ayogera ku mbeera y'abatali balokole okubeera "nga baafiira mu byonoono n'ebibi." Yali ayogera ku kwawukana okw'omwoyo abantu okuva ku Katonda, nga mu kino abatali balokole baba tebalina ssuubi era nga tebasobola kwerokola. Naye abamu bakikakaatikako enjigiriza yaabwe nga bagamba nti kitegeeza obutasobolerako ddala kugondera mazima ag'engeri yonna ey'omwoyo. Kyokka wabula Adamu bwe yayonoona era *n'afa* (Olube. 2:17; 3:9-10), yayanukula eddoboozi lya Katonda mu Lusuku. Mu by'okulabirako bino, kivaayo bulungi okutegeera okufa ng'enjogera y'ekisoko eraga okwawukana kw'abantu ne Katonda okw'omwoyo ne ky'abantu obutasobola kwerokola. Kubeera kuyitiriza bwe tutaputa okufa ng'ekitegeeza obutabaawo bwa kintu oba obutasobolera ddala kutegeera amazima ag'eby'omwoyo.

Bwe tutandika okuteebereza nti kyaliba nga kigwa mu Mazima A oba mu Mazima B nga tetwetegerezza bulungi, ekyo kiyinza okukosa engeri gye tutaputamu enkozesa y'ekigambo *okufa* mu nnyiriri za Baibuli. Tewali kikyamu mu kugezesa entaputa yo nga Amazima A ng'okigeraageranya ku bulokozi. Wabula, tetulina kukkiriza bye twayigirizibwa okumala ebbanga eddene okutulemesa okukiraba nti kyalibeera nga kigwa mu ntaputa y'Amazima B. Ku nkomerero, ebyawandiikibwa nga birekeddwa mu mulamwa gwabyo bye birina okusalawo amakulu ag'ebyogerwako. Amakulu gano galina okubeera nga gakwataganane bitundu ebirala era ne gagezesebwa n'ebiyigirizibwa.

Nga bwe tugenda okulaba oluvannyuma mu mboozi yaffe eya Yokaana 15:6 (amatabi agatabala gakuŋŋaanyizibwa ne gookebwa) era ne mu Abebbulaniya 6:8 (ettaka ery'amaggwa lyokebwa), enkozesa y'okugeraageranya kuno okw'okwokebwa ereetedde bangi okutaputa ennyiriri zino nga balowooza nti ge Mazima A agakwata ku bulokozi, ne bawalirizibwa okufundikira nti be bawandiikira ebbaluwa baali baafiirwa obulokozi bwabwe oba baali tebalokokangako. Naye okwokebwa kisoko ekitegeeza omuliro gw'omuggeyeena, oba ebizibu ebirala ebituuka ku bakkiriza, oba kikozesebwa okutulaga obutagasa (ngokujuliza kwange)? Nate era, tugenda kukiraba nti okwekkenneenya omulamwa kye kisumuluzo ku nsonga eyo.

## Eky'omukaaga, tugeraageranya Ebyawandiikibwa ebirala.

Ennono y'okuyiga Baibuli esookerwako kwe kukakasa entaputa y'ekitundu ekyo ng'ekwatagana n'ebitundu ebirala mu Baibuli. Tusaanira okuleka Ebyawandiikibwa okutaputa Ebyawandiikibwa.

Nate era, tugenda kweyambisa ebigambo bya Yakobo ebigamba nti okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu, era nti omuntu taweebwa butuukirivu lwa kukkiriza kwokka (Yak. 2:17, 24). Mu byafaayo, abalondoozi b'ensonga baakiraba ng'ekyo bwe kirabika nga kikontana n'okuyigiriza kwa Pawulo ku butuukirivu bwe tufuna okuyita mu kukkiriza kwokka (Bar 3:28; 4:5; Bag. 2:16). Olwo Yakobo yali awakanya enjiri ey'ekisa ng'agitabula n'ebikolwa? Kitundu ki ekisinga okutegeerekeka obulungi kye tulina okukulembeza? Kimala okugamba nti baali bayigiriza amazima ag'enjawulo kubanga baali bawandiikira mu ndaba ey'enjawulo? Kyeraga lwatu nti, Baibuli tesobola kwewakanya. Amagezi aga bulijjo gatugamba nti ebigambo bya Yakobo byali biteekawo enjawulo ku kuyigiriza kwa Pawulo okutegeerekeka obulungi mu Abaruumi 3:21-4:25, Abaggalatiya essuula 2 ne 3, era n'ewalala. Oluvannyuma Tugenda kwogera ku bitundu bino ebiri mu Yakobo.

Entaputa y'ebitundu ebigumu ennyo bulijjo egonjoolebwa n'okuyigiriza okuli mu bitundu ebyangu okutegeera. Enjiri ya Yokaana ya mugaso bwe tuba tutaputa ebitundu ebirabika nga byogera ku kakwakkulizo k'obulokozi. Yokaana yalangirira nti ekigendererwa ky'Enjiri ye kwe kubuulira abantu butya bwe basobola okufuna obulamu obutaggwaawo,era nga kwe kukkiririza mu Yesu Kristo (Yok. 20:31). N'olwekyo tusobola okulowooza nti Yokaana ategeerekeka bulungi ku nsonga eno, era akozesa ekigambo *kkiriza* kyenkana emirundi kikumi, okusingira ddala nga ke kakwakkulizo k'obulokozi. Kale bwe tusoma ekitundu nga 1 Timoseewo 6:18-19 ekigamba nti ebikolwa ebirungi n'obugabi bireeta obulamu obutaggwaawo, tuyinza okutandika okutebeereza nti Pawulo y'aliba ng'awakanya Yokaana. Bwe tutunuulira okuyigiriza kwa Yokaana okwangu, okugamba nti okukkiriza ke kakwakkulizo kokka ak'obulamu obutaggwaawo, tutandika okwebuuza oba nga tutegedde bulungi Pawulo kyabaddeko mu bbaluwa ya Timoseewo. Pawulo yali ayogera eri baani, abakkiriza oba abatali bakkiriza? Kitegeeza ki "okweterekera obugagga obw'engeri eyo nga gwe musingi ogw'ebiseera ebigenda okujja" era kiki kyategeeza bw'agamba nti "balyoke banyweze obulamu obutaggwaawo"? Mu butuufu eno si y'enjogera ya Yokaana bw'abeera alaga engeri omuntu gy'afunamu obulokozi obutaggwaawo. Tugenda kwogera ku ntaputa ya 1 Timoseewo 6:18-19 oluvannyuma, naye ekikulu kiri nti, okuyigiriza kwa Yokaana okwangu kusobola okutuwummuza era ne kutuyamba okutaputa obulungi.

Ebigambo bye bimu okuva mu Yokaana bisobola okukozesebwa okutereeza ekitundu abantu kye bakozesa okugamba nti okubatizibwa kwetaagisa eri omuntu okusobola okuweebwa obulokozi. Ennyiriri enzibu nga Ebikolwa 2:38 ne 1 Peetero 3:21 zirabika ng'ezitugamba nti okubatizibwa kutulokola. Naye tekitugwanidde okugeraageranya entaputa yaffe n'ekigendererwa ekirabika obulungi, obubaka obutegeerekeka,

n’ebigambo ebyakozesebwa mu njiri ya Yokaana ne mu Byawandiikibwa ebirala? Tewali Yokaana wayogerera nti okubatizibwa kuleeta obulamu obutaggwaawo, kyokka yawandiika ekitabo kye ekibuulira abantu ngeri ki gya bafunamu obulamu obutaggwaawo (Yok. 20:31). Tulina ebbaluwa eri Abaruumi n’eri Abaggalatiya ezitugamba nti obutuukirivu bwa Katonda butuweebwa lwa kisa okuyita mu kukkiriza mu Yesu Kristo. Entegeera entuufu ku nnyiriri zino ne ku ndala ezoogera ku kubatizibwa eva mu kutaputa ennyiriri enzibu nga tukozesa ezo ennyangu, kale olwo Baibuli n’ebeera nga yetaputa yokka.

## Eky’omusanvu, tugezesa entaputa yaffe nga tukozesa ebiyigirizibwa ku Katonda (theology).

Ebiyigirizibwa ku Katonda bisunsula n’ebikuŋŋaanya okuyigiriza kwa Baibuli mu njigiriza ezikwatagana. Eky’okulabirako, okusinziira ku bujulizi bwa Baibuli tukiraba nti Katonda ali mu busatu obwa Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu newakubadde ng’ekigambo *Obusatu* tekiwandiikiddwa mu Baibuli. Enjigiriza ey’Obusatu etegeerekeka bulungi nnyo, era bwe tusisinkana ennyiriri ezigamba nti, “Mukama Katonda waffe ali omu” (Ma. 6:6) oba “Nze ne Kitange tuli omu” (Yokaana 10:30), tusobola okuzitegeera mu ngeri ekkiriziganya n’ekirowoozo ky’abasatu abakola obwakatonda omu, ng’abaawufu naye nga benkanankana.

Ebitundu bingi abantu bye balowooza nti bigamba nti obuwulize, ebikolwa, oba obunyiikivu bye byetaagisa okulokolebwa, era ennyiriri nnyingi bangi balowooza nti zigamba nti Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe. Naye okuyigiriza kwa Baibuli kukitangaaza bulungi nti ennyiriri zino tezisobola kukontana n’enjigiriza etegeerekeka obulungi nti obulokozi tubuweebwa lwa kisa okuyita mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo, ng’era n’obutebenkevu bw’omukkiriza obwolubeerera bufunibwa bwe butyo. Bwe tusisinkana ebitundu ebizibu ebirabika ng’ebigatta ebikolwa ku bu lokozibwe tufuna olw’ekisa okuyita mu kukkiriza, tulina okunoonya entaputa ekwatagana n’ejigiriza eyo. Era mu ngeri y’emu, singa ekitundu kirabika ng’ekiwakanya okuyigiriza okugamba nti obulokozi bwaffe tebuggwaawo, tulina okwetegereza entaputa eyogera obulungi ennyo ku njigiriza y’obulokozi obutaggwaawo. Nga twebuuza nti, “Ekitundu kye tuli mu kuyigako kiggyawo obukakafu obukwatagana n’okuyigiga kwaffe ku kisa ne ku bukuumi obw’olubeerera?” Olwo nno ekyo kirina okutaputibwa nga tulowooza bulungi ku njigiriza yaffe etegeerekeka obulungi.

Tulina okwegendereza obutakulembeza ebyo bye twayigirizibwa. Bye tukkiririzaamu birina kuva mu kuyiga kwaffe okwa Baibuli. Wadde guli bwe gutyo, kizibu okwewala bye twayigirizibwa obutayingirira ntegeera yaffe

ey'ebyawandiikibwa. Mu butuufu, tugenda tukula mu ntaputa yaffe nga tuyita mu nkola ey'omwetooloolo: Tuyiga Ebyawandiikibwa, ne tukuza bye tuyiga, olwo ne tugezesa bye tuyigirizibwa n'Ebyawandiikibwa, era n'ebirala.

## Eky'omunaana, tusalawo oba ng'entaputa yaffe ge Mazima A oba Amazima B.

Bwe tusisinkana ennyiriri ezirabika ng'ezigamba nti waliwo akakwakkulizo k'obulokozi akatakwatagana ne ky'okukkiriza kyokka, kyamugaso okugezesa ekitundu ekyo okulaba nga kisobola okutegeerwa mu ngeri y'Amazima B.  Bwe tumala okukola omulimu gwaffe ogw'okwetegereza, tuyinza okukuumira ebika bino eby'emirundi ebiri mu ndowooza yaffe, ng'eno y'engeri etuyambako okutaputa obulungi ensonga. Nkizudde nti ennyiriri nnyingi abantu ze bawabya nga balowooza nti ge Mazima A ate zitegeerekeka bulungi bw'ozitegeera okubeera Amazima B:

- Zoogera ku kwefunira empeera oba okuzifiirwa.
- Zoogera ku kunyumirwa oba obutatambulira mu bujjuvu bw'obwakaba.
- Zoogera ku kufuna oba ku kufiirwa emikisa gya Yesu Kristo gye yayogerako.
- Zoogera ku kwewala oba ku kusaanira okukangavvulwa kwa Katonda.
- Zoogera ku kunnyikiza oba ku kukosa okussa ekimu ne Katonda.
- Zoogera ku kubeera n'obuvumu oba okwevuma Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.
- Zoogera ku kutuukiriza ekisaanyizo eky'obuyigirizwa.

Nga bwe twogedde ku bitundu bingi ebizibu, ogenda kukiraba nga bino bye bika ebikulu ebitundu bino mwe bigwa. Nate era, weetegereze nti buli kimu kitulaga ekinyusi eky'obuziba bw'obuyigirizwa n'obulamu bw'Ekikristaayo omuntu bw'afiirwa singa entaputa y'Amazima A ebeera ekakatikiddwa ku kitundu ekyo ekyogerwako.

ESSUULA

# Amazima A Amazima B nga bwe Gakozesebwa ku Bigambo Ebikulu ne ku Njogera Enkulu

# 4

BULI KIGAMBO KIBA kikulu singa kiba Kigambo kya Katonda. Ebigambo ebitono bisobola okuzaala obuzibu obw'amaanyi. Ng'abedda bwe baalugera nti, "Olwokwagala omusumaali, yafiirwa engatto; olw'okwagala engatto, yafiirwa embalaasi; olw'okwagala embalaasi, yafiirwa omwebagazzi; olw'okwagala omwebagazzi yafiirwa obubaka; olwokwagala obubaka, olutabaalo lwamulemerera; olw'okwagala olutabaalo, yafiirwa obwakabaka; yafiirwa ebintu byonna olw'akasumaali akatono." Ebigambo bibeera n'amakulu, era ge matoffaali agazimba emboozi n'ebiteeso. Okufaanako olulimi olulala lwonna, ebigambo bya Baibuli bisobola okubeera n'amakulu agawerako. Bwe tuzuula amakulu g'ekigambo agasinga okuba amatuufu ekyo kye kisalawo omutindo gwe ntaputa yaffe ey'enkomeredde ejjudde. Waliwo ebigambo ebimu n'enjogera ezimu ezikozesebwa mu bitundu ebyogera ku bulokozi ne ku buyigirizwa eziyinza okukyusa amakulu g'ekitundu kya Baibuli kyonna okusinziira nga bwe zitegeerwa. Wammanga we ntadde ebimu ku bigambo ebisinga obukulu ebitera okukozesebwa obubi oba ebitera okutegeerwa obubi.

**Enjiri.** Ekigambo ky'Oluyonaani ekiri emabega w'ekigambo kyaffe eky'oluganda *Enjiri* kiri *euangelion*. Kino kiva mu bigambo bibiri, "ekirungi" ne "obubaka" oba "amawulire amalungi." Ebiseera ebisinga, tutera okulowooza nti amawulire amalungi bwe butya bwe tutoloka mu ggeyeena ne tugenda mu ggulu, ekiyinza okuba Amazima A. Wadde ng'okusinga kivvuunulwa ng'amawulire amalungi, *enjiri* kiyinza okutegeeza ebintu ebiwerako ebiri mu mawulire amalungi. Eky'okulabirako, mu Luk 1:29, amawulire amalungi kwe kulangirira okuzaalibwa kwa Yokaana omubatiza, eyali agenda okuteekateeka abantu okulindirira amajja ga Masiya. Ekigambo "enjiri ey'obwakabaka" (Mat. 4:23; 24:14; Mak. 1:14)

ge mawulire amalungi nti obwakabaka busembedde. Mu nnyiriri nga 1 Abakkolinso 15:1-2, Abaggalatiya 1:8-11, Abakkolosaayi 1:5-6, *enjiri* etegeeza amawulire amalungi agoogera kw'ekyo Yesu Kristo ky'ali, agoogera ku mulimu gwe, era ne ku kisuubizo ky'obulokozi obw'olubeerera (obutuukirivu bwaffe). Naye mu nnyiriri ezimu, amakulu gazingiramu amawulire amalungi okuva ku kuweebwa obutuukirivu okutuuka ku kutukuzibwa era n'okudda ku kugulumizibwa—nga bwe bununuzi bwa Katonda obujjuvu. Kirabika nga Baruumi 1:16 kye kigambo kyakozesa. Pawulo yalangirira omutwe gw'ekitabo kino nga y'enjiri, eyo nga "ge maanyi ga Katonda agaleeta obulokozi eri bonna abakkiriza." Naye amawulire amalungi mu Baruumi ge mawulire amalungi agasukka ku ky'okuweebwa obutuukirivu; ne gazingiramu okutukuzibwa era n'okugulumizibwa. Ekyo kirabika ng'ekitegeeza nti ekigambo "obulokozi" mu lunyiriri olwe 16 tekitegeeza butuukirivu bwokka naye era kirina n'ekinyusi eky'amakulu ag'Amazima B (soma okukubaganya ebirowoozo ku *bulokozi* wammanga).

Ekigambo *enjiri* bwe kikozesebwa, tusobola okutandika n'amakulu agawamu ag'amawulire amalungi, naye ate tulina okwebuuza era n'okwanukula nti "amawulire amalungi agoogera ku kiki?" Omulamwa gwe guddamu ekibuuzo ekyo era ne gutulaga ekigambo *enjiri* kye kitegeeza mu kitundu ekyo kye tubeera tusoma.

**Obulokozi**. Nga bwe twakamala okwogera, ekigambo *obulokozi* (ekiva mu linnya *sōteria*, ekikolwa *sōzō*) okutwalira awamu kisobola okutegeeza *obununuzi*, oba *okuffissibwawo*. Okufaananako n'ekigambo *enjiri*, tulina okwebuuza nti, okununulwa oba okuffisibwaawo okuva mu ki? Ng'olulimi Oluganda bwe lukozesa ekigambo *obulokozi* oba *okulokolebwa* mu ngeri ez'enjawulo kale bwe lutyo n'olulimi lwa Baibuli nalwo bwe lutambula. Kiyiza okutegeeza obulokozi okuva:

- mu kufa okw'omubiri (Mat. 8:25; 14:30)
- mitawaana oba mu mbeera enzibu ezoogerwako mu mulamwa (Baf. 1:19; 1 Tim. 4:16)
- mu bulwadde (Mat. 9:21)
- mu balabe b'omuntu (Zab. 7:1; 18:3)
- mu kufiirwa obulamu bwa Katonda obujjuvu ku nsi ne mu bulamu obuddirira (Mat. 16:25-27)
- mu musango ogw'olubeerera (Yok. 3:17; Bef. 2:5, 8)

Bwe twogera, ng'ebbaluwa y'Abeefeeso 2:8-9 bweyogera, nti ffe *tulokolebwa* lwa kisa okuyita mu kukkiriza kwokka nga tetulina kikolwa kyonna kye tukoze, tubeera twogera ku butuukirivu obutandikirwako (Amazima A). Wabula ate mu nnyiriri endala tuyinza okwesanga nga tuwakanya okuyigiriza kuno okutegeerekeka obulungi singa obulokozi tusigala tubunnyonnyola mu ngeri yeemu. Yakobo 2:14 kye kimu ku ky'okulabirako:

*Abooluganda, kibagasa ki okugamba nti mulina okukkiriza kyokka ng'okukkiriza kwammwe temukwoleka mu bikolwa? Mulowooza ng'okukkiriza ng'okwo kugenda kubalokola?*

Kiki Yakobo kyagamba kye tulokolebwamu? Abasinga balowooza ku ggeyeena. Naye wano tayogera ku ggeyeena, nga bwe tugenda okukiraba mu mulamwa oluvanyumako.

Twannyonnyodde ekigambo *enjiri* nga bwe kikozesebwa mu Baruumi ng'amawulire amalungi ag'obulokozi (Bar. 1:16). Naye obulokozi si kwe kuwona okusingizibwa omusango kyokka (obutuukirivu), wabula buzingiramu obulokozi eri omukkiriza okuva mu maanyi g'ekibi ne mu busungu bwa Katonda nga kye kizibu ekiva mu kibi (Bar. 1:18). Abaruumi 5:9-10 wagamba nti;

*Kale obanga twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, alitulokola okuva mu busungu bwa Katonda. Kale obanga bwe twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa naye mu kufa kw'Omwana we, bwe tutabagana naye tetulisingawo nnyo okulokolebwa olw'obulamu bwe?*

Mu mbeera eno yali ayogera ku bulokozi, mu ngeri y'Amazima B. Abakkiriza (baayogerako nga "ffe") tulokolebwa mu mitawaana gy'ekibi egyennaku zino (nga kye kiruyi kya Katonda) nga tuganya obulamu bwa Kristo okufugira mu ffe. Ekyo Baruumi essuula 6 okutuuka ku 8 kye zigenda mu maaso nga zinnyonnyola.

Waliwo enkozesa z'ekigambo *obulokozi* oba *okulokolebwa* nnyingi ezitali mu ttuluba ly'Amazima A, oba ezirabikira ddala okuba mu ttuluba ly'Amazima B. Tugenda kulaba eby'okulabirako ebiwerako oluvannyuma.

| A –Obulokozi obutaggwaawo | B –Obulokozi obw'Ekiseera |
|---|---|
| Bufunibwa omulundi gumu mu kuweebwa obutuukirivu | Bufunibwa emirundi mingi |
| Bukozesebwa eri abatali bakkiriza ne banunulibwa olubeerera | Bukozesebwa eri abakkiriza ne banunulibwa mu mitawaana egy'ennaku zino |
| Obununuzi okuva mu ggeyeena | Obununuzi okuva mu mbeera eteeyagaza |

**Obulamu obutaggwaawo**. Emirundi egisinga, kino tukyogerako okutegeeza Amazima A nga kye tutegeeza kwe kuba nti twalokolebwa mu kufa okw'olubeerera ne ggeyeena tusobole okubeera mu maaso ga Katonda olubeerera. Emirundi mingi, tukikozesa bwe tutyo (okgz., Yok. 5:24; Yok. 6:47). Wabula ate mu nnyiriri ezimu tekigya mu makulu g'okulokolebwa okuva mu ggeyeena. Mu 1 Timoseewo 6:12 ne 19, kikozesebwa nga kiriko obukwakkulizo bw'ebikolwa oba nga kisiddwaako ebirina okutuukirizibwa. Mu lunyiriri olwe 12, Timoseewo yagambibwa okulwana olulwana olulungi ng'akakwakkulizo eri ye okusobola "okunyweza obulamu obutaggwaawo," era mu lunyiriri olwe 19, abo abagagga basobola "okunyweza obulamu obutaggwaawo" (NKJV [13] ekozesa ekigambo "obutaggwaawo," naye si bwe kiri mu Luyonaani) olw'okukola ebikolwa ebirungi n'okubeera abagabi (oluny. 18). Kino kiba kiwakanya enjigiriza etegeerekeka obulungi ey'obulokozi bwa Katonda obutaggwaawo obutaliiko bukwakkulizo obufunibwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza kwokka.

[13] Enzivuunula za Baibuli zigenda kufunzibwa bwe ziti: NKJV, New King James Version; ESV, English Standard Version; HCSB, Holman Christian Standard Bible; NASB, New American Standard Bible; NET Bible (same); NIV, New International Version.

Ekizibu kigonjoolwa bwe tulekeraawo okulowooza nti obulamu obutaggwaawo kitegeeza kuwona ggeyeena kyokka. Baibuli ekozesa ekigambo ekyo okwogera ku bulamu bwa Katonda. N'olwekyo, tebutegeeza kubeerawo lubeerera kyokka, naye omutindo gw'obulamu obw'obwakatonda obukolera mu mukkiriza. Weetegereze Yokaana 17:3 kyayigiriza: Obulamu obutaggwaawo bwe buno, abantu bonna okukumanya ggwe Katonda omu wekka ow'amazima, n'okumanya Yesu Kristo, gwe watuma." Kitegeerekeka, obulamu obutaggwaawo obwogerwako wano bwe bulamu bwa Katonda, oba enkolagana gye tuba nayo ne Katonda. Kino kikwatagana n'okuyigiriza kwa Yesu mu Yokaana 3 ku kuzaalibwa okupya. Okuzaalibwa okupya kujja n'obulamu obupya. Mu ngeri ennyangu, enjogera "okuzaalibwa omulundi ogwokubiri" kitegeeza "okuzaalibwa okuva waggulu," ekiraga okufunibwa kw'obulamu bwa Katonda. Obulamu obutaggwaawo tebulina kulabibwa ng'obulamu obutakoma kyokka, naye era ng'obulamu obulina omutindo ogw'obwakatonda.

| A –Obulamu obutaggwaawo bwe Wafuna | B –Obulamu Obutaggwaawo Bw'Onyumirwa |
|---|---|
| Okuzaalibwa okupya | Okukula |
| Bufunibwa mbagirawo | Okubunyumirwa ekiseera ky'obulamu bwo era n'olubeerera |
| Essira liri ku bungi | Essira liri ku mutindo |
| Bufunibwa okuyita mu kukkiriza | Obunyumirwa okuyita mu bwesigwa bwo |

Olunyiriri olutuggyayo kino obulungi ye Yokaana 10:10a. Yesu yagamba,

*Omubbi ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu.*

Okufuna ekirabo kya Yesu eky'obulamu kwe kubeera mu ggulu olubeerera oba mu bwakabaka bwa Katonda (Amazima A), naye era waliwo n'okunyumirwa obulamu bwe obw'omuyiika nga tukyali ku nsi eno (Amazima B).

**Okufa**. Waliwo ebintu ebirina okutegeerwa ku nkozesa y'ekigambo *okufa* mu Baibuli. Ekisooka, si buli kiseera nti kitegeeza okulekeraawo okubaawo ku nsi, ng'abantu bwe batera okulowooza. Omuntu bw'afa, talekeraawo kubaawo, naye obulamu bubeera bumuggyiddwaako.

Ekisingako, ggwe kwe kutegeera okufa mu ngeri y'okwawukana. Okufa kikozesebwa mu ngeri ez'enjawulo mu Baibuli (tunuulira ekimeeza wansi). Eky'okulabirako, mu Lubereberye 2:17 watulaga okufa nga kwe kwawukana ku Katonda. Katonda bwe yalabula Adamu ne Eva obutalya ku muti ogwagaanibwa, yabagamba nti, "olunaku lwe muligulyako muteekwa okufa." Adamu ne Eva omuti baagulyako, naye tebaagwa wansi emibiri gyabwe ne gifa mu buliwo. Wabula, baafa mu mwoyo kubanga baali baawukanyiziddwa ku Katonda olw'ekibi kyabwe. Olunaku lumu baali bagenda kufa mu buliwo, era ng'ewatali bununuzi, baali baakwawukana ne Katonda olubeerera mu kufa okwokubiri.

Waliwo enkozesa y'ekigambo okufa etawaanya ennyo abantu okugitegeera. Eyogera ku bulamu bw'omukkiriza obwekutudde ku kussa ekimu ne Katonda. Mu mbeera eno, okufa kutegeeza *bufu* bwa kussa kimu ne Katonda. Okussa ekimu, ntegeeza omukwano omukkiriza gw'anyumirwa ne Katonda bw'abeera ng'atambulira mu mazima ne mu butuukirivu (enneeyisa esaanira). Omukkiriza bw'atambulira mu buwulize abeera awulira okwagalibwa, essanyu n'emirembe. Omukkiriza bw'atambulira mu bujeemu, obulamu buno bubeera bwa kufiirizibwa—atandika okuwulira ng'ayawukanye ne Katonda nga bwe yali nga tannalokoka. Kino kirabika nga ge makulu g'okufa mu Baruumi 6:16, okwali kwogerwa ku Bakristaayo mu mulamwa ogw'okutukuzibwa: "Temumanyi nga muba baddu b'oyo gwe muwulira? Muyinza okuba abaddu b'ekibi ne kibaleetera okufa, oba muyinza okuba abaddu abawulira Katonda n'abawa obutuukirivu." Ekitundu kino kyawandiikibwa eri Abakristaayo nga kibasikiriza okugondera Katonda. Ennono eno eragibwa bulungi mu Baruumi 6:23: "Empeera y'ekibi kwe kufa." Ekibi kireeta okufiirizibwa eri omukkiriza, bwe kiggyawo okussa ekimu ne Katonda olwomukkiriza obutatambulira mu bulamu bwe owa Katonda ekitiibwa, Katonda bwamuwa.

Okufa mu Baibuli kusinga kutegeerwa ng'engeri y'okwawukana. Ekipande kino kinnyonnyola okwawukana okuli mu bika eby'okufa ebyenjawulo.|

| **Ekika ky'Okufa** | **Okwawukana kwo** | **Eby'okulabirako** |
|---|---|---|
| Okw'omubiri | Omubiri okuva ku mwoyo | Yok. 19:33; Bik 12:23 |
| Okw'Omwoyo | Atali mukkiriza okuva ku Katonda mu mwoyo | Lub. 2:17; Bar. 5:12; Bef. 2:2 |
| Ekitambulirwa mu | Omukkiriza okuva kussa ekimu ne Katonda mu | Bar. 6:16, 21, 23 |
| Ekyokubiri | Atakkiriza okuva ku Katonda olubeerera | Kub. 20:14-15 |
| Obutagasa | Ekintu okuva ku mugaso gwakyo | Beb. 11:12; Yak. 2:20, 26 |
| Ekifo | Omuntu omupya ow'omukkiriza atafugibwa kibi na tteeka | Bar. 6:11 |
| Obutaba n'amaanyi | Omukkiriza avudde mu bulamu bwa Kristo obw'obuwanguzi n'Omwoyo | Bar. 7:9-11, 24; 8:2, 6, 13 |

Okulemererwa okutegeera amakulu n'enkozesa z'ekigambo okufa ez'enjawulo kireetedde abamu okukitaputa mu bitundu ebimu ng'Amazima A agoogera ku bulokozi, so nga kyanditaputiddwa ng'Amazima B agoogera ku Bakristaayo.

**Obulokozi bw'emmeeme**. Enkozesa y'ekigambo kino esangibwa mu bitundu ebiwerako, ebimu bye tujja okwogerwako mu bujjuvu oluvannyumako. Naye kaakano kikulu okutunuulira ekigambo ekyo, wadde nga kikozesebwa nnyo ng'ekiraga Amazima A, naye kirina amakulu mangi aga Amazima B era kyeraga bulungi nti kirina bubaka *bwokka* obwa Amazima B. Mu ngeri eya bulijjo, enjogera eno evvuunulwa nga "okukuumibwa kw'obulamu." Twalabye dda butya ekigambo *obulokozi* bwe kiyinza okukozesebwa okutegeeza *okusumululwa* oba *okukuumibwa*. Kaakati tulina okukitegeera nti *emmeeme* evvuunulwa okuva mu kigambo ky'Oluyonaani *psychē*, ekitegeeza obulamu bw'omuntu obwa bulijjo era olw'olumu, nga bwe bulamu obulabwako. Tukozesa ekigambo *obulamu* mu ngeri bw'etyo ennaku zino. Twogera ku muntu nga bw'alina obulamu obukola amakulu, oba obulamu obwayonooneka, oba eyafiirwa obulamu olw'okufa. Tulaba eminuuna-ntuuyo nga giwandiikiddwako ebigambo "Omupiira bulamu" oba "Tennisi bulamu" (bulijjo nga kigobererwa enjogera "ebirala byonna mbuuza nkubuulire").

Nnina omuntu gwe mmanyi eyayogera ku kwetta kwa muwala we omulokole ng'eky'okulabirako ky'emmeeme eyalokolebwa, naye obulamu obwasaanawo (ng'ategeeza *obwayonoonebwa*.). Mu bufunze, yali yeeyambisa enjogera ey'ettutumu okugamba nti yali Mukristaayo, naye nga teyatambulira mu kigendererwa kya Katonda eri obulamu bwe ekijjudde, oba nti teyatambulira mu bulamu bwa Katonda mu bujjuvu. Kino kirabika okuba nga ge makulu g'okufiirwa obulamu agakozesebwa mu Mat.10:39; 16:25-26; Mak. 8:35-37; ne Luk. 9:24-25.

Kiyinza okukwewuunyisa nti enjogera "lokola emmeeme" ob'olyawo terina makulu aga Amazima A. Tekoma kulabikira mu nnyiriri ezoogeddwaako waggulu zokka, naye era erabikira ne mu 1 Peetero 1:9, ne Yakobo 1:21; 5:20. Mu buli kitundu kw'ebyo, tusobola mangu okunyweza omulamwa gwa Amazima B, nga bwe mujja okulaba oluvannyumako mu kitabo.

**Okukkiriza**. Ekigambo *okukkiriza* kitegeeza okamatizibwa oba okusendebwasendebwa ku kintu nti ky'amazima. Okukkiriza ly'erinnya ly'ekigambo *okukkiririza mu* (byombi nga biva mu kigambo ky'Oluyonaani—erinnya pistos oba ekikolwa *pisteuō*). Omuntu bw'amatira enjiri, kino kimuleetera obulokozi obw'olubeerera (Amazima A; Bef. 2:8-9). Wabula, okukkiriza bulijjo kukozesebwa mu ndaba y'Amazima B. Oboolyawo enkozesa ya byombi, A ne B birabibwa mu bigambo bya Pawulo ku mutwe oguli mu Baruumi 1:17—"Kubanga

obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa, okuva mu kukkiriza okutuuka mu kukkiriza.” Kino kyeraga, nti yali ayogera ku bintu ebingi ebiva mu bulokozi, ebyo bye yayogerako mu Baruumi, okuva ku kukkiriza okutandikirwako okuweesa obutuukirivu okutuuka ku kukkiriza okuweesa omuntu obulamu obw’obuwanguzi. Pawulo tewali kye yali asobola kutangaaza kusinga kw’ekyo nti tuweebwa obutuukirivu okuyita mu kukkiriza. Emirundi esatu ng’ajuliza Endagaano Enkadde ku ky’okulabirako kya Ibulayimu oyo “eyakkiriza Katonda era ne kimubalirwa okuba obutuukirivu” (Bar. 4:4; Bag. 3:6; Yak. 2:23).

Eky’okuweebwa obutuukirivu olw’okukkiriza kitegeerekeka, naye nga bwe twaweebwa obutuukirivu, tuguliddwaawo eri ekisa kya Katonda ffe Abakristaayo nga tuyita mu kukkiriza (Bar. 5:2). Pawulo kino akikkaatiriza mu bigambo bye mu Baruumi 1:17 we yajuliza okuva mu Kaabakuuku 24 ewagamba nti, “omutuukirivu anaaba mulamu lwa kukkiriza.” Kaabakuuku yali ayogera eri abaafikkawo abeesigwa mu Isirayiri ng’ababuulira butya bwe banaἠἠanga okuzindibwa okwali kuboolekedde n’okukkiriza nti Katonda yali alina kyakolera mw’ebyo byonna ebyali bigenda okubaawo.

| A – Okukkiriza ku lw’Obulokozi obw’Olubeerera | B – Okukkiriza ku lw’Obulamu Obw’Ekikristaayo |
|---|---|
| Omulundi gumu | Kweyongerayongera |
| Mu Yesu Kristo ng’Omulokozi | Mu Yesu Kristo ng’amaanyi, ng’obugabirizi |
| Nsonga ya Butuukirivu | Nsonga ya Kutukuzibwa |
| Okusobola okulangirirwako obutuukirivu-ng’ekifo kyo | Okusobola okutambulira mu bulamu obw’obutuukirivu |

Pawulo akozesa ekigambo mu mbeera y’Amazima B bwe yagamba nti, “Nnakomererwa wamu ne Kristo, era si kyali mulamu nate, naye Kristo ye mulamu mu nze, era n’obulamu bwe nnina mu mubiri kaakano, mbulina lwa kukkiriza mu Mwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange” (Bag. 2:20). Pawulo yali agamba Abaggalatiya nti bateekwa okutambulira mu bulamu obw’okukkiriza baleme kuddayo mu mateeka. Kyokka bw’ayogera ku butya bwe baaweebwa obutuukirivu, akozesa ebigambo *okukkiriza/okukkiririza* mu mbeera yaabyo ey’Amazima A. Mu Baggalatiya 2:16 agamba, “Kubanga tukimanyi nga tewali asobola kuweebwa butuukirivu mu maaso ge olw’ebikolwa by’amateeka naye olw’okuyita mu kukkiriza okuli mu Yesu Kristo.”

Okukkiriza y'ennono etusobozesa okukolagana ne Katonda, kakibe mu kufuna ekisa kye olw'obulokozi oba mu kufuna ekisa kye olw'obulamu obw'Ekikristaayo. Kubanga "ewatali kukkiriza tekisoboka kusanyusa Katonda" (Beb. 11:6).

**Okwenenya**. Ekigambo kino kye kimu ku bitawaanya ennyo abataputa Baibuli abagezaako okusigala ku mulamwa ogubeera awo we kibeera kikozeseddwa. Waliwo ebisanyusa bye twetaaga okwetegereza. Ekisooka, kiggyibwa mu bigambo by'Oluyonaani bibiri, *meta* ekitegeeza oluvannyuma ne *noe*ō, ekitegeeza *okulowooza*. Kale ne tufuna amakulu agategeeza *okweddamu* oba *okukyusa endowooza*. Mu Ndagaano Empya, ekigambo *endowooza* kikozesebwa ku muntu ow'omunda, olw'olumu kikozesebwa nga kiwaaanyisibwa n'ekigambo *omutima* (laba. Bar. 1:28; 7:23, 25; Bef. 4:17, 23; Bak. 2:18). Kyogera ku kifo ekikola okusalawo, ekifo ekiri mu ffe ekitalabika ekitufuula ekyo kye tuli; n'olwekyo, kituufu ddala okukyusa ekigambo okwenenya ne kitegeeza *okukyuka kw'omutima*.

Ebyembi, tetulinaayo kigambo kirala ekikyusibwamu *metanoia* okuggyako *okwenenya*. Abamanyi b'ennimi abamu kino bakiyita ekizibu ekiri mu lulimi lwaffe. Emu ku nsonga eva ku ky'okuba nti ekigambo ky'Olungereza *repentance* kyaggyibwa mu Lulatini *poenatentia*, oba okukola ebikolwa eby'okwenenya. Endowooza eno kitundu ku Bukatoliki obw'e Rooma. Ne kyava mw'ekyo, abantu bangi balaba okwenenya ng'okunakuwalira ekibi n'okukireka, oba mu bigambo ebirala, ekikolwa ekirabika ku ngulu. Ebikolwa eby'oku ngulu biyinza (era nga bitera) okuva mu mutima ogukyuse munda, naye biyinza obutalabikirawo nga bibaddewo. Tulina okwawula ebikolwa by'okwenenya ku nneeyisa ey'oku ngulu. Okwenenya gwe mulandira, naye enneeyisa eyinza okubeera ekibala oba obutabeera. Kya lwatu, okukyuka okw'omunda—kwandibadde kwa butonde era nga kusuubirwa eri alokose, naye tekwekola kwokka. Singa si ekyo, Yokaana Omubatiza teyandikubirizza Bafalisaayo "okubala ebibala ebisaanira okwenenya" (Mat. 3:8/Luk.3:8). Mu bigambo ebirala, bwe beenenya, kibeera kikwatagana (naye tekyekola kyokka) okukiraga.

Ekigambo *weenenye* oba *okwenenya* kikyukakyuka nnyo. Kiyinza okukozesebwa ku batali bakkiriza oba ku bakkiriza. Tekiba kirungi okwogera ku kwenenya nga tosoose kutegeera omulamwa we kirabikidde. Ate era bwe tweyongerayo, waliwo ebinyusi eby'enjawulo eby'okwenenya — mu ngeri endala, ekyo kye weenenyeza. Baibuli eyogera ku kwenenya nga ye muntu okukyusa endowooza ku bibi (2

Kol.12:21), ku kiki Yesu Kristo ky'ali (Bik. 2:38), ku kwesiga ebifaananyi eby'ekikaafiiri (Bik.30), ku Katonda (Bik. 20:21), ku njigiriza ey'obulimba (2 Tim. 2:25), n'ebikolwa ebifu (Beb.6:1) ne ku birala ebisigaddeyo. Oluusi, okwenenya kuba kukyuka kwa mutima ekiviirako omuntu okufuna obulokozi (Amazima A; Mat. 9:13; Luk. 24:47; Bik. 11:18), era oluusi kubeera kukyuka kwa mutima okuleeta okutukuzibwa okw'ebuziba (Amazima B; 2 Kol. 12:21; 2 Tim. 2:25).

Ebyembi, okwenenya kutera okukozesebwa awatali kusosola nga A Amazima agakwata ku bulokozi. So nga nze nzikiriza nti mu ndagaano empya bwe kiri oluusi ekozesebwa okunnyonnyola enkyukakyuka y′omutima eragiddwa okukkiriza okulokola—kubanga buli muntu lw′akkiririza mu Yesu Kristo ng′Omulokozi, aba akyusizza endowooza ye oba omutima ku kintu — (okgz. Luk. 5:32; 24:47; Bik. 11:18; 17:30, 34; 2 Ekisolo. 3:9), emirundi mingi kikozesebwa nga B Amazima oba gakozesebwa ku Isirayiri ng′abo abajeemu wansi w′Endagaano ya Musa (Mat. 4:17; 11:20-21; 12:41; Luk. 10:13; 11:32; 13:3, 5; Makko. 1:15) oba eri abakkiriza olw′okutukuzibwa kwabwe (2 Kol. 12:21; 2 Tim. 2:25; Kub. 2:5, 16, 21, 22; 3:3, 19).

**Omuyigirizwa**. Kino kye kigambo ekirala ekisinga okutegeerwa mu mulamwa. Omuyigirizwa ye muyizi, omuntu ayiga asobole okufuuka ng′omusomesa we. Endagaano Empya erimu ebigambo ebikwata ku bayigirizwa ba Musa, abayigirizwa b′Abafalisaayo, n′okusinga ennyo, abayigirizwa ba Yesu Kristo. Kale ekigambo *omuyigirizwa* tekitegeeza nti ye muntu yenna eyalokoka. Mu Yokaana 6:66, abamu bayitibwa abayigirizwa abaali bagoberedde Yesu olw′okwagala okumanya, naye ne bateyongerayo ku mugoberera. Yesu yagamba nti abamu kw′abo tebakkiriza (Yok. 6:64).

Abamu balemeddwa okwawula abo abakkiririza mu Yesu Kristo (Amazima A n′abo abayigirizwa abeewaddeyo aba Yesu Kristo (Amazima B). Bagamba nti buli Mukristaayo muyigirizwa nti era n′obukwakkulizo bw′obuyigirizwa bwe bukwakkulizo obw′obulokozi obutaggwaawo. Naye kino tekiyinza kubeera kituufu bwe tutunuulira ekitundu nga Yokaana 8:30-31. Wano, Yesu yali ayogerako n'abo abaamukkiririzaamu olw′obulamu obutaggwaawo (oluny. 30) naye abawa akakwakkulizo k′okubeera omuyigirizwa eyeewaddeyo: "Awo Yesu n′agamba abo aba baamukkiriza nti, ′Bwe munywerera mu kigambo kyange, ddala muli bayigirizwa bange′" (oluny. 31). *Okunywerera* kitegeeza *okweyongera mu maaso* ng′okola ekintu, so si kukkiriza mu. Omukkiriza afuuka omuyigirizwa eyeewaddeyo singa agoberera era ne yeekuumira ku Kigambo kya Katonda. Si buli mukkiriza nti ekyo akikola.

Kituufu, nti mu Bikolwa by'Abatume, ekigambo abayigirizwa kirabika ng'ekitegeeza Abakristaayo okutwaliza awamu nga tewali kwawulamu (Bik.

6:1-2, 7; 14:20, 22, 28; 15:10; 19:10). Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga mu kkanisa eyasooka ey'Ebikolwa by'Abatume, Abakristaayo bonna okutwalira awamu baalabibwa nga bakula era nga bagoberera Ekigambo kya Katonda. Abo abaali tebajjumbira baali batono nnyo era boogerwako (nga Ananiya ne Safira mu ssuula 5 ne Simooni omulogo mu ssuula 8). Mu Bbaluwa, ekigambo omuyigirizwa tekisangibwamu. Wabula tusanga endowooza y'obuyigirizwa mu kubuulirira kw'omutume Pawulo 'okumulabirako' oba 'okumugoberera' nga naye bw'agoberera Yesu Kristo (1 Kol. 4:16; 11:1; Baf. 3:17; 1 Bas. 1:6; 2 Bas.3:7, 9).

Enjawulo eri wakati w'akakwakkulizo k'Amazima A okuweebwa obulokozi (kkiriza) n'obukwakkulizo bw'Amazima B obw'okufuuka omuyigirizwa nkulu nnyo. Singa tutaputa mu bukyamu obukwakkulizo bw'obuyigirizwa ng'obukwakkulizo bw'obulokozi, tubeera tulina bye tugatta ku kisa kya Katonda eky'obwereere era bwe kityo ne tukisiimuulawo. Lowooza ku bizibu eby'amaanyi ebiyinza okuva mu butategeera kisa ekitaliiko bukwakkulizo singa obukwakkulizo buno obw'obuyigirizwa bufuulibwa obukwakkulizo obw'obulokozi:

- Weefiirize (gaana okwegomba kwo okukufuga osobole okugondera Katonda by'ayagala). Luk. 9:23
- Weetikke omusaalaba gwo buli lunaku (beera mwetegefu okubonaabona ku lwa Kristo). Luk. 9:23
- Goberera Kristo (kulembeza ekigendererwa kye eri obulamu bwo). Luk. 9:23
- Kyawa kitaawo, nnyoko, mukyala wo, n'abaana bo (kitegeeza okwagala Katonda okusinga bo). Luk. 14:26
- Beera mu Kigambo kya Katonda (genda mu maaso n'okunywerera n'okugondera Ekigambo kya Katonda). Yok. 8:31
- Yagala abalala. Yok. 13:35
- Bala ebibala. Yok. 15:8

| A – Obulokozi | B – Obuyigirizwa |
|---|---|
| Akakwakkulizo kamu ak'okukkiriza Kristo okuba Omulokozi | Obukwakkulizo bungi obw'okwewaayo eri Kristo okuba Mukama |
| Yesu Kristo okuba Omulokozi | Yesu Kristo okuba Mukama |
| Nsonga ya kuweebwa butuukirivu | Nsonga ya kutukuzibwa |
| Bwa bwereere ddala | Butwala omuwendo mungi nnyo |
| Kibaawo omulundi gumu | Lugendo lwa bulamu bwonna |

Akabenje k'okutaputa Amazima B agakwata ku buyigirizwa ng'oli alawooza nti ge Mazima A agoogera ku bulokozi muvaamu enjiri ey'obulimba eyesigamiziddwa ku kufuba, oba mu ngeri endala, ku bikolwa by'omuntu. Ekyo kisazaamu ekisa kya Katonda. Bwe kityo era kisazaamu obukakafu bwonna obw'obulokozi, kavuna kiraga nti obulokozi bufunibwa okusinziira ku kwewaayo kw'omuntu ne ku bwesigwa bwe mu kifo ky'okuba nti buva mu kisuubizo kya Katonda. Okwewaayo kwaffe bulijjo kukyukakyuka; ekisuubizo kya Katonda tekikyuka.

**Okusala omusango**. Kya bulijjo okuwulira omusango gumu gwokka ku nkomerero y′obulamu oba ku nkomerero y′omulembe. Abantu bangi bakkiriza nti bajja kugumira omusango guno balyoke balabe oba ng′emirimu gyabwe gibafuula abasaanira eggulu oba ggeyeena. Kyokka, endowooza eno ebuusa amaaso enjigiriza enkulu ey′Ebyawandiikibwa na ddala Endagaano Empya. Abantu bonna bajja kwolekagana n′okusalirwa omusango, naye waliwo emisango egy′enjawulo —okulamulwa okumu nga kw′abatakkiriza ate okulalanga kw′abakkiriza. Singa tulemererwa okwawula ensala y′emisango gino ey′enjawulo, tujja kufuna obuzibu mu kukuuma enjiri ng′etegeerekeka bulungi. Waliwo ensala yomusango egw a mu Mazima A ate nendala egwa mu Mazima B.

Ebyembi, Abakristaayo bangi balowooza ku musango gumu gwokka, ogwo ogulibaawo ku nkomerero y'obwakabaka obw'emyaka lukumi oguyitibwa Omusango oguliba mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru (Kub. 20:11-15). Guno musango gwe musango gw'abo bonna abaagaana Yesu Kristo okuba Omulokozi waabwe. Ebikolwa by'abatali bakkiriza byekenneenyezebwa era n'ekitabo ky'obulamu kigenda kukeberwa okukakasa nti amannya gaabwe tegaliimu. Tewali mukkiriza yenna asalirwa musango mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru. Emirundi mingi nnyo, ebitundu ebingi ebyogera ku musango ogujja bivvuunulwa nga biraga nti omusango guno gwa'abo abatakkiriza, so ng'oluusi omusango ogwogerwako gubeera gukwata kw'abo abakkiriza edda.

Bangi kye basubwa okutegeera kwe kuba nti Endagaano Empya eyogera ku musango omulala ogumanyiddwa nga Entebe ya Kristo kw′Asalira Oomusango. Omusango guno gw′abakkiriza bokka. Ekigendererwa ky′okusala omusango kuno si kusalawo oba omuntu mulokole oba nedda, wabula okusalawo oba omuntu eyalokoka agwanidde empeera oba nedda. Kyeyoleka bulungi nti omusango guno gwa Bakristaayo bokka Omutume Pawulo bw′awandiika nti, ″Kubanga ffenna tujja kuyimirira mu maaso g′entebe ya Kristo ey′omusango″ ne ″Bwe kityo buli omu ku ffe aliwaayo embalirira eri Katonda″ (Bar. 14:10; 12). Okusooka, Pawulo awandiikira Abakristaayo era yeeteeka mw′abo abalindiridde okulamulwa kuno. Ekyokubiri, agamba nti ekigendererwa kwe kuwa embalirira y′obulamu bwaffe eri Katonda, so si kulaba oba nga twalokoka oba nedda. Oluvannyuma mu 1 Abakkolinso 3:11-15, y′annyonnyola engeri abamu gye banaasasulwamu ku musango ogwo ate

ng'abamu bajja kusasulwa ebikolwa byabwe ebitaliimu nsa nga byokeddwa, oba mu ngeri endala, tebalifuna mpeera yonna. Ekyo ayogera ku kya kufiirwa mpeera yokka (so si kufiirwa bulokozi) kyeyoleka bulungi okuva mu lunyiriri olwe 15 ng'agamba nti: "emirimu gy'omuntu yenna bwe giryokebwa, alifiirwa; naye ye kennyini ajja kulokolebwa, naye bwatyo ng'ayita mu muliro." Omuliro gutegeeza kukebera kwa Katonda, si muliro gwa geyeena. Omukristaayo asobola okulokolebwa mu ggeyeena, naye n'ayingira eggulu nga talina mpeera.

Abakkiriza omusango ogukwata ku bulokozi bwabwe gwasalibwawo dda. Mu Yokaana 5:24 Yesu agamba nti, "Mazima ddala mbagamba nti oyo awulira ekigambo kyange era n'akkiriza oyo eyantuma alina obulamu obutaggwaawo, era tajja kujja mu musango, naye abeera avudde mu kufa n'ayingira mu bulamu." Mu Baruumi 8:33-34, Omutume Pawulo agamba nti Abakristaayo tebagenda kusingisibwa musango olwa Kristo:

> *Ani aliroopa abalonde ba Katonda? Katonda y'awa obutuukirivu. Ani alibasalira omusango? Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'atwegayiririra.*

Kya lwatu nti Omukristaayo tayolekedde kusalirwa musango ku bulokozi, kubanga omusango ogwo gwagonjoolwa bwe yakkiririza mu Yesu Kristo eyasasula omuwendo gw'ekibi ku musaalaba n'azuukira mu bafu ekiraga nti Katonda yakkiriza ssaddaaka ye. Kaakati Yesu atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda okutuwolereza mu kulumirizibwa kwonna oba mu kusingisibwa omulabe gwagezaako okussaawo. Obulokozi bwaffe buladde era nga buli gguluggulu.

| **A – Okusala Omusango ku Ntebe Ennene Enjeru** | **B – Entebe ya Kristo ey'Omusango** |
|---|---|
| Gw'abo abatali bakkiriza | Gw'abo abakkiriza |
| Ku nkomerero y'omulembe gw'obwakabaka | Mu kiseera ky'omulembe gw'obwakabaka oba ku nkomerero yaagwo |
| Gusinziira ku butassa kukkiriza mu Kristo | Gusinziira ku bwesigwa eri Kristo |
| Muvaamu okubeera mu nnyanja ey'omuliro emirembe gyonna | Muvaamu okuweebwa oba empeera ez'olubeerera oba obutaweebwa |

Amazima B agatera okuyisibwako amaaso gali nti Abakristaayo bagenda kulamulwa mu maaso g'Entebe ya Kristo ey'Omusango olw'ebikolwa n'obwesigwa bwabwe. Singa okulamulwa kuno kutabulwa n'Amazima A

g'Okulamulwa mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru, ewali ebikolwa by'abatali bakkiriza nga biramulwa, olwo ebikolwa bibeera byekulubeeseza ku njiri ey'ekisa. Kikulu ennamula ez'emirundi ebiri okuba nga zitegeerekeka bulungi!

**Omuliro oba okwokebwa.** Waliwo endowooza y'obuntu mu bantu bangi abasoma Baibuli okukwataganya eky'okwogera ku muliro oba okwokebwa n'omuliro gwa ggeyeena ogw'olubeerera, ogwo ogwokya abatakkiriza mu nnyanja ey'omuliro. Ogwo *gwe* muliro ogw'olubeerera ogw'omusango gwa Katonda ogwogerwako mu mboozi ya Yesu ey'omugagga ne Laazaalo (Luk. 16:19-31) era ne mu kitundu ekikwata ku musango oguliba mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru (Kub. 20:11-15).

Kyokka waliwo enkozesa nnyingi ku kigambo omuliro n'ebifaananyi ebisiigibwa nga byogera ku kwokebwa abakkiriza bye balina mu ndowooza zaabwe. Kino tekitegeeza nti omukkiriza asobola okufiirwa obulokozi era n'abonerezebwa emirembe gyonna n'omuliro. Kitegeeza omuliro gwa Katonda ogw'okukangavvula. Eno y'ennono erina omusingi ogw'ebyawandiikibwa nti Katonda akangavvula abaana be bwe bawaba, kubanga abaagala.

> *"Mwana wange, tonyoomanga kukangavvulwa kwa Mukama, so toggwangamu maanyi ng'akunenyezza.6 Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, Era abonereza buli gw'ayita omwana we." 12:5-7*

Omuliro gukozesebwa okunnyonnyola okukangavvula kwa Katonda okw'okwokya ebikolwa by'omukkiriza ebitasaana (1 Kol. 3:14-15). Era kikozesebwa mu kugeraageranya okulaga abakkiriza abatalina bibala nti bafaana ng'obuti n'amaggwa ebyokebwa kubanga tebirina mugaso (Yok. 15:6). Ekitabo ky'Abebbulaniya kyogera ku muliro nga kwe kukangavvula kwa Katonda eri abasomi b'ebbaluwa eyo abaali abakkiriza ate ne baddayo mu ddiini y'Ekiyudaaya. Mu butuufu ebbaluwa tegamba nti bagenda kwokebwa, wabula omuliro gukozesebwa ng'okugeraageranya, ngera bwe kiri ne mu bitundu ebiwerako. Mu Bebbulaniya 6:7-8, gukozesebwa mu kugeraageranya okufaananako ennyo n'ekyo ekikozesebwa mu 1 Abakkolinso 3 ne Yokaana 15. Kirabika kitegeeza ekikolwa eky'okukangavvula ekikolebwa ku bakkiriza abatalina mugaso oba abatali beesigwa. Mu Bebbulaniya 10:27, kyogera ku "muliro ogw'amaanyi" nga kino kiringa okugamba nti "obusungu obubuubuuka." Naye mu mulamwa, obusungu obwo bwe buli obugenda eri abantu be (Beb. 10:30). Okujuliza okusembayo mu Bebbulaniya 12:29 mu ngeri ennyangu kugamba nti, "Kubanga Katonda waffe gwe muliro ogwokya." Naye omuwandiisi awandiika ng'omukkiriza, ng'ayogera ebikwata ku mbala ya Katonda. Katonda asobola okuba Omulamuzi omukambwe eri abakkiriza abajeemu. Engeri omuliro ogwo gye gulagibwamu tennyonnyoddwa, wabula tewali we kyogerera ku muliro ogw'olubeerera ogwa ggeyeena.

| A – Omuliro gwa Ggeyeena | B – Omuliro ogw’Okukangavvula |
|---|---|
| Kya Lubeerera | Kya Kiseera buseera |
| Ku batali bakkiriza bokka | Ku bakkiriza oba abatali bakkiriza |
| Gwokya atali mukkiriza | Gwokya emirimu gy’omukkirizaegitasaanira |

Singa tukitwala nti byonna ebijuliziddwa ku muliro n’okwokebwa ge Mazima A, ekitegeeza okuzikirira okw’olubeerera, olwo twandibadde tulina okumaliriza nga tugamba nti Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe okuva bwe kiri nti ebitundu ebimu eby’Endagaano Empya ebyogera ku muliro n’okwokebwa byogera eri Abakristaayo. Ate era, twandibadde tumaliriza nga tugamba nti emirimu gyaffe emirungi gwe musingi gw’okufuna obulokozi oba okubufiirwa, so ng’ekyo kikontana n’enjiri ey’ekisa. Eyo y’ensonga lwaki kikulu okutegeera waliwo ettuluba ery’Amazima ga baibuli B nga mwe muli Katonda ng’akangavvula abakkiriza. Abakkiriza tebookebwa, naye emirimu gyabwe gyokebwa, oba bayinza okubonerezebwa obusungu bwa Katonda obubuubuuka.

**Okukolimirwa oba obutasaanira.** Endowooza endala ekolebwa mu bwangu ennyo bangi ku basomi ba Baibuli, kwe kwogera ku kikolimo oba obutasaanira nga balowooza nti kitegeeza kugenda mu ggeyeena. Nate era, ekizibu ekyanjulwa endowooza eyo kiri nti okuva ebigambo bino oluusi lw’ebikozesebwa ku bakkiriza, twandibadde tulina okumaliriza nga tugamba nti omuntu asobola okufiirwa obulokozi bwe. Naye tujja kulaba nti ebigambo bino tebitegeeza Mazima A era tebyogera ku kuzikirira okw’emirembe gyonna.

Ekigambo *akolimiddwa* kitera okuvvuunulwa nga *anathema*, ekitegeeza “okuba wansi w’ekikolimo kya Katonda.” Omutume Pawulo akikozesa mu Baggalatiya 1:8-9 eri abo ababuulira enjiri ey’obulimba. Entaputa ya NIV ey’ekigambo kino ekiraga ng’okubalabula eri abantu obutagenda mu ggeyeena bwe wandiika nti: “asalirwe omusango emirembe gyonna.” Pawulo awandiikira Bakristaayo, naye ayinza okuba ng’ayogera eri abasomesa ab’obulimba abatakkiriza abali mu Ggalatiya, oba eri abakkiriza, abakkiriza ebyo abayigiriza ab’obulimba bye baali bayigiriza. Bwe kiba ng’eky’obukuumi obw’olubeerera kye kirowoozebwa okwogerwako, era nga kino kyogera ku bakkiriza, tekiyinza kutegeeza nti bafiirwa obulokozi bwabwe. Pawulo atuuka n’okwetekamu, ye ne bamalayika mu kuteebereza okw’eky’okulabirako eky’omuntu ayinza okuyigiriza enjiri ey’obulimba. Ekikolimo kino nakyo kirabika okukozesebwa ku Bakristaayo mu 1 Abakkolinso 16:22 abatayagala Mukama Yesu. Engeri ekikolimo kya

Katonda gye kikolamu terambikiddwa mu bitundu bino, naye ky'amazima ddala nti kireeta ebizibu ebitasanyusa.

Mu ngeri y'emu, ekigambo *obutasaanira (adokimos)* tekitegeeza nti omuntu asalirwa ekibonerezo kya ggeyeena. Ekigambo kwogera bwogezi ku ndowooza ya butasiimibwa, kwe kugamba, obutasiimibwa ku bikwata ku mpeera. Omutume Pawulo akikozesa mu 1 Abakkolinso 9:27 okutegeeza nga bwayinza okukomekkereza singa tafuga mubiri gwe. Tagamba nti ajja kufiirwa obulokozi, wabula okuggyibwako ebisaanyizo ebimuweesa empeera. Omulamwa gukozesa ekyokulabirako ky'omuddusi n'omulwanyi abateekwa okufuga emibiri gyabwe oba si ekyo bafiirwa empeera eweebwa abawanguzi.

Abakristaayo tebali mu kabi ak'ekikolimo eky'olubeerera, kubanga ekikolimo ekyo kyateekebwa ku Yesu Kristo bwe yali ku musaalaba (Bar. 8:34; Bag. 3:13; Bak. 2:14). Era tebayinza kugobebwa mu bulamu obutaggwaawo. Okutegeera kw'Amazima B okw'ebigambo *akolimiddwa n'obutasaanira* birimu amazima amakalaativu agoogera ku kufiirwa omukisa gwa Katonda oba okufiirwa empeera ze.

**Okumanya Katonda.** Ekigambo *okumanya* kiyinza okukozesebwa ng'Amazima A oba Amazima B. Kikozesebwa Yesu nga Amazima A mu ngeri nti amanyi abo ababe n'abatali babe (laba Mat. 7:23 ne Yok.10:27).

Kyokka kitera okukozesebwa ku muntu ayingira mu nkolagana ne Katonda era alina enkizo ey'okumanya Katonda obulungi. Yokaana 17:3 wannyonnyola okuba n'obulamu obutaggwaawo nga kwe kumanya Katonda ne Yesu Kristo. Obulokozi buteekawo enkolagana ne Katonda egaba omukwano ogw'oku lusegere. Okumanya Katonda okw'omunda tekifunibwa nsi etakkiriza; kino kye kika ky'omukwano Yesu gwe yeeyagaliramu ne Kitaawe (Yokaana 17:25). Omutume Pawulo yalokolebwa dda, naye yayagala nnyo okubeera n'omukwano ogw'oku lusegere ne Katonda, bwe kityo n'ayaayaanira "okumumanya" (Baf.3:10).

Enkozesa endala ey'Amazima B ag'okumanya Katonda eri mu bbaluwa ya Yokaana esooka. Ekigambo kino kikozesebwa eyo okunnyonnyola enkolagana ey'oku lusegere ey'okussa ekimu ne Katonda, nga guno gwe mulamwa gw'ebbaluwa eno (1 Yok. 1:3-4). Okumanya Katonda mu ngeri ey'ebuziba kwolesebwa abo abakwata ebiragiro bye (1 Yok. 2:3-5).

Bwe kiba nti okumanya Katonda kuteekebwa ku Mazima A gokka, olwo eby'okulabirako bino biyigiriza nti Pawulo yali anoonya kulokolebwa, n'abo abatakuuma biragiro bya Katonda tebayinza kuba Bakristaayo. Bwe tukimanya nti enkozesa ezimu ez'ekigambo *okumanya* zisobola okutaputibwa ng'Amazima B, ekyo kituyamba okwewala okugwa mu katego akawakanya Enjiri y'ekisa kya Katonda eky'obwereere.

EKITUNDU

# 2

# Amazima A Amazima B nga bwe Gassibwa mu Bitundu bya Baibuli

EKIGENDERERWA KYE kitundu kino kwe kulaga butya enkwata y'Amazima A n'Amazima B bw'etuyamba okutaputa ebitundu bya Baibuli ebitera okutaputibwa obubi n'okutegeerwa obubi. Awatali kubuusabuusa ogenda kukiraba nti ebitundu bingi ku bino naawe kennyini byakutawaanyanga okutegeera era nga tosobola na kuyamba balala kubitegeera. Mu butuufu, okumanya kwange okusinga ku bitundu bino kuva mu bumanyirivu bwange obw'ekiseera ekiwanvu mu kwanukula ebibuuzo bye nnalina ate ne by'abalala ebikwata ku bitundu ebyalabikanga "ng'ebitabikwatagana" n'okutegeera kwange oba okwabwe ku bulokozi oba ku bulamu obw'Ekikristaayo.

Olukalala lwabyo terusobola kuggwaayo. Bulijjo wajja kubangawo ebitundu ebirala ebireetawo ebibuuzo. Naye bino bye bitundu ebisinga obungi ebibuzaabuza abantu ku kikula ky'obulokozi ate ne njawulo yaabwo ku bulamu bw'Ekikristaayo. Nsuubira nti ebintu bibiri bituukirira wano. Mu kusooka, okiraba nti enkozesa y'Amazima A n'Amazima B entuufu evaamu okutaputa okulungi era okukwatagana ne Baibuli. Ekyokubiri, oyiga engeri y'okukozesaamu enkola y'Amazima A n'Amazima B ku bitundu ebirala"ebizibu" by'osanga ng'oyiga Baibuli oba ng'oyigiriza abalala.

Essira ndissa ku Ndagaano Empya kubanga awo we wava ebisinga okubuzaabuza era nga we tusanga mu ngeri etegeerekeka obulungi ennyo okukubaganya ebirowoozo ku bikwata ku bulokozi obutaggwaawo n'obulamu bw'Ekikristaayo. Ate era, Endagaano Enkadde teyawandiikibwa eri ekkanisa mu ngeri ey'enjawulo, naye eri eggwanga lya Isirayiri. Nze ndabawo enjawulo wakati wa Isirayiri n'ekkanisa. Nkitegeera nti ekkanisa yatandikira mu Bikolwa 2:1-4 (laba. Bik. 11:15 ne 1 Kol. 12:13).

Ebitundu bisengekeddwa okusinga nga basinziira ku bibinja by'ebitabo ebifaanagana mu Ndagaano Empya n'ensengeka yabyo eddiriŋŋana mu kitabo ekiba kyogerwako. Nnali nsobola okutegeka ebitundu nga nsinziira ku mulamwa (ebitundu ebirabika ng'ebituyigiriza nti tusobola okufiirwa obulokozi, ebitundu ebyogera ku mpeera, ebitundu ebyogera ku musango,

n'ebirala), era ekyo kirina ebirungi byakyo, naye nnakiraba nti singa nkola ekyo, nze nandibadde nnina buli kiseera okuddamu okuteekawo omulamwa gw'ekitundu oba okuddamu okunnyonnyola ebigobererwa. Ekyo kyandivuddemu okuddiŋŋana ebintu okuteetaagisa. Omugaso gumu oguli mu nsengeka eno kwe kuba nti wajja kubaawo okugenda mu maaso n'okusigala ku mulamwa. Omugaso omulala kwe kuba nti okukubaganya ebirowoozo ku kitundu ekimu kugenda kuba kwangu okuzuula, era bwe kityo ne kifuula ekitabo okweyongera okuba eky'omugaso nga kikozesebwa ng'ekijulizibwa.

ESSUULA

# 5

# Enjiri ya Matayo,Makko, Lukka

EBITABO EBISATU EBISOOKA mu Ndagaano Empya biyitibwa Enjiri ezifaanagana (*Synoptic gospels*). *Synoptic* kitegeeza *okulabira ebintu awamu*, era nga kye kikozesebwa ku Matayo, Makko ne Lukka kubanga baawandiika ebintu bingi ebikwata ku bulamu bwa Yesu Kristo nga bifaanagana. Okuva bwe kiri nti waliwo okukwatagana oba okuddiŋŋana kw'emboozi, enjogera, engero n'ebirala., Nze nja kwogera ku bitundu ebirabika emirundi egiwerako mu Njiri mu nga byogera ku nsonga y'emu, oluusi nga bitegekeddwa okusinziira ku mulamwa.

Kikulu nnyo okukijjukira nti Enjiri zitubuulira ebyaliwo n'obubaka okuva mu bulamu bwa Yesu Kristo, eyali atera okwogera eri abantu Abayudaaya oba ebibiina by'abantu ebikwata ku nsonga z'Abayudaaya wansi w'Endagaano ya Musa Enkadde. Okuyigiriza kwa Yesu era n'okwa Yokaana Omubatiza okumu kwali kusobola okussibwa mu nkola mu kiseera ekyo, naye si kaakano, kubanga tetukyali wansi wa Tteeka lya Musa. Bwe tumanya omulamwa gw'ebyafaayo, eby'obuwangwa, n'ebyali biyigirizibwa kijja kutuyamba okutaputa ebintu obulungi. Okugatta ku nkola y'ebintu eyasooka, abawandiisi b'Enjiri essatu nabo baali balowooza ku bantu ab'enjawulo bwe baali baawandiika, ng'eyo y'emu ku nsonga lwaki bye baawandiika biyinza okunnyonnyolwa oba okwatunjulirwa mu ngeri ey'enjawulo.

## Ebitundu ebyavu mu Bubaka obw'oku Lusozi

Ebitundu ebiwerako mu Bubaka obw'oku Lusozi bitegeerwa bubi olw'enkwata y'Amazima A n'Amazima B okubuusibwa amaaso. Bwe tutunuulira Obubaka, tukiraba nti bwajjira mu kiseera Yesu nga tannaba kweyanjula mu butongole Ye kennyini nga Kabaka wa Isirayiri, kale Isirayiri yali tennamuboola. Yajja okusomesa eggwanga ku kikula ky'obwakabaka bwa Katonda. Ekisumuluzo ekituyamba okutegeera okubuulira kwe, kwe kumanya enkaayana ezaali emabega we n'abawandiisi

wamu n'Abafalisaayo (abakulembeze ba Isirayiri), n'endowooza yaabwe enkyamu ku ngeri y'okukolagana obulungi ne Katonda. Mu buweereza bwe bwonna, Yesu yanenya abakulembeze bano ab'Abayudaaya olw'okubeera n'eddiini ey'obunnanfuusi. Ebikolwa byabwe byali bya bwegendereza, naye emitima gyabwe gyali mibi (Mat. 23:1-28; Mak. 7:1-9). Obubaka bwa Yesu eri Isirayiri bwali bugamba nti omutindo gw'obutuukirivu ogw'obwakabaka gwali gusinga ekyo Abawandiisi n'Abafalisaayo kye baali basobola okutuukiriza: "Kubanga mbagamba nti obutuukirivu bwammwe bwe butalisinga butuukirivu bw'abawandiisi n'Abafalisaayo, temujja kuyingira n'akatono obwakabaka obw'omu ggulu" (Mat. 5:20). Okubuulira okwali ku Lusozi kunnyonnyola obutuukirivu bw'obwakabaka eri Abayisirayiri ng'obubaka obwo ye mulu̓ŋ̓ŋamya w'enneeyisa ey'ekiseera ekyo, naye era nga kibateekateeka ku lw'Oyo yekka eyali ayinza okukuuma omutindo ng'ogwo, nga ye Yesu Kristo.

Waliwo ensonga ezeeyoleka amangu nti Okubuulira okwo si kwe kwali kwanjula enjiri erokola. Ekisooka, abaali bawuliriza abasookerwako boogerwako okuba nga baali bakkiriza. Baali "bayigganyizibwa olw'obutuukirivu," gwe "munnyo gw'ensi," ne "kitangaala eky'ensi" (Mat. 5:10-12; 13-14). Yesu abalagirira engeri y'okusaba, okugaba, n'okusiiba (Mat. 6:16-18). Balina Kitaabwe ali mu ggulu (Mat. 6:9; 7:11). Yali tabannyonnyola njiri. Ekyokubiri, singa buno bwali bubaka bwa njiri, eyo yandibadde njiri eyesigamye ku bikolwa, mu butuufu ddala enjiri y'ebikolwa eyeetaaga omuntu okukola okusukka ku butuukirivu obw'enneeyisa y'abakulembeze b'Abayudaaya (Mat. 5:20) n'ekwatagana n'okutuukirira kwa Katonda Kitaffe (Mat. 5:48). Ekyokusatu, tulaba enjawulo nnene okuva mu Njiri ya Yokaana, *ng'eno* yawandiikibwa n'ekigendererwa eky'okubuulira enjiri (Yok. 20:31).Yokaana alaga Yesu ng'ayanjula enjiri ng'ekirabo ky'obwereere nga yaakatandika obuweereza bwe (Yok. 3:1-21; 4:1-26) nga Yokaana Omubatiza tannasibibwa (Yok. 3:23-24; 4:1). Ekiseera Yesu we yaweerereza mu lujjudde, Yokaana yali mu kkomera (Mat. 4:12-17; Mak. 1:14- 15; Luk. 3:20), era abayigirizwa baali bawulidde Yesu ng'ayanjula enjiri ng'ekirabo eky'obwereere. Tekiyinza kulowoozebwa nti olwo banditegedde Okubuulira ku Olusozi ng'enkola ey'empisa ebafunisa obulokozi.

Ng'oggyeko ekyo, tweyongera okukiraba nti n'abayigirizwa baali ku mwanjo gw'abo abaali bawuliriza, naye era waaliwo n'ekibiina kinene (Mat. 5:1).Wadde nga tekwali kwanjula njiri eri abatannalokolebwa, Okubuulira kuno kwalimu ekitulengeza ku njiri nga bwe yali egenda okubuulirwa. Bwe yali annyonnyola enneeyisa entuufu esaanira abayigirizwa abo balindirira obwakabaka obwali bugenda okujja, abo abaali batannalokolebwa era abaali batanafuuka bayigirizwa baali

basobola okulaba omutindo ogwa waggulu ogulina okubaleetera okutunuulira ensobi zaabwe ne beegomba obutuukirivu bw'obwakabaka bwa Katonda. Bwe yali ng'anaatera okufundikira Okubuulira kwe, Yesu yayolekera abaali bamuwuliriza okulondawo wakati w'ekkubo effunda eryo erituusa mu bulamu oba ekkubo eggazi erituusa mu kuzikirizibwa (Mat. 7:13-14). Era yasoomooza abaali bamuwuliriza okuzimba obulamu bwabwe ku musingi omunywevu ogwesigamye ku kuyigiriza kwe mu kifo ky'okuzimba ku musenyu ogutali munywevu (Mat. 7:24-27). Omulanga bwe gutyo kwe kwali okusaba abayigirizwa okutambulira mu bulamu obw'obutuukirivu, awamu n'abatannalokolebwa okuzuula era n'okutambulira mu kkubo effunda eribatuusa mu bulamu obutebenkedde.

Bwe tubeera n'omulamwa guno mu ndowooza yaffe, tusobola okwekenneenya ebimu ku bitundu by'okubuulira kuno ne tulaba Amazima A n'Amazima B abantu we batera okugatabuliratabulira.

### Ebigambo by'Emikisa. Matayo 5:3-12 (laba. ne Makko 1:16-20)

3 *"Balina omukisa abaavu mu mwoyo,*
*kubanga abo Obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe.*
4 *Balina omukisa abali mu nnaku,*
*kubanga abo balisanyusibwa.*
5 *Balina omukisa abeetoowaze,*
*kubanga abo balisikira ensi.*
6 *Balina omukisa abalumwa enjala olw'obutuukirivu*
*kubanga abo balikkusibwa.*
7 *Balina omukisa ab'ekisa,*
*kubanga abo balikwatirwa ekisa.*
8 *Balina omukisa abalina omutima omulongoofu,*
*kubanga abo baliraba Katonda.*
9 *Balina omukisa abatabaganya,*
*kubanga abo baliyitibwa baana ba Katonda.*
10 *Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu,*
*kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe."*
11 *"Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze.*
12 *Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."*

Entaputa y'Amazima A: Empisa zino ennungi zinnyonnyola enneeyisa omuntu gy'ateekwa okuba nayo okufuuka Omukristaayo.

Entaputa y'Amazima B: Empisa zino ennungi zinnyonnyola engeri kwe tulabira obutuukirivu bw'obwakabaka.

Ekitundu ekisooka eky'Okubuulira ku Lusozi abantu bangi bakiyita Amatendo (okuva mu ndowooza y'essanyu, omukisa, n'okubeera nnamukisa), ogutuumiddwa erinnya okuva mu mikisa emisukkulumu egirangiriwa mu buli kigambo. Buli gumu ku mikisa gino omunaana gulina ebiguvaamu ebikwatagana. Abamu bakitwala nti amatendo lwe lukalala lw'empisa ennungi ezeetaagisa omuntu okufuna obulokozi nga buli kyayogerako kinnyonnyola ekitundu ekimu eky'obulokozi (Amazima A).

Okutegeera omulamwa kituyamba okutegeera oba nga gano ge Mazima A oba Amazima B. Yesu yasooka kwogera eri abayigirizwa be (n'abantu abaali babaliraanye "bo" mu lunyiriri 2 be "bayigirizwa be mu lunyiriri 1, okuggyako nga "bo" kitegeeza bombi, ebibiina by'abantu n'abayigirizwa be). Tuyinza okugamba nti Yesu yayogera n'abo bonna abajja okumuwuliriza, naye abayigirizwa be baali ku mwanjo (Mat. 4:25-5:2). Bwe tutegeera nti yali ageraageranya enjawulo z'empisa zino ez'obwakabaka n'ezo ez'okwefuula abatuukirivu okw'obunnanfuusi okw'abasomesa b'eddiini ba Isirayiri, tutegeera Amatendo nti gaali Mazima B kubanga gaayogera ku bulamu obukwatagana n'obwakabaka bwa Katonda. Tekwali kwanjula njiri. Mu butuufu, bwe twogera ku bwakabaka obwali bujja, baalowooza ku mbeera y'omuntu eyali yakolebwa emirembe gyonna, omuntu asuubira obwakabaka.

Ekigambo "wa mukisa" (ekiva mu *makarios*) tekitegeeza *kulokolebwa*. Kitegeeza embeera ey'okucacanca n'essanyu ery'abo abatambulira mu mpisa ennungi eziragiddwa. Abo baweereddwa omukisa kubanga obwakabaka obw'omu maaso bubategekedde emikisa egy'enjawulo. Weetegereze nti ebivaamu bya mu maaso eyo, okuggyako omukisa ogusooka n'ogusembayo (Mat. 5:3, 4). 10). Singa kuno kwali kubuulira njiri, emikisa *gyonna* gyandyogeddwa mu mboozi ey'ekiseera ekiriwo oba ekituukiridde (nga ky'ekikolwa eky'emabega ekirina ebivaamu ebyeyongera nga bigenda mu maaso). Ekiseera ekya kaakano kikozesebwa mu lunyiriri 3 ne 10 nga kikakasa "abaavu mu mwoyo" era "n'abo abayigganyizibwa olw'obutuukirivu" nti "obwakabaka obw'omu ggulu bwabwe." Enjogera eno, awamu n'ennyiriri 11-12, erabika ng'ekakasa nti okuyigganyizibwa tekuyinza kuleetera mukkiriza omwetoowaze era omugumiikiriza okufiirwa obukuumi bw'enkomerero y'obwakabaka bw'alina mu kiseera kino, era bwe bujja okuvaamu empeera mu biseera eby'omu maaso olw'okugumiikiriza okuyigganyizibwa.

Nga bwe tulindirira obwakabaka okujja, tusaanidde okutwala empisa ennungi ez'Emikisa ng'egyaffe kubanga mpisa za bwakabaka. Bwe tukola

bwe tutyo, ffe tusobola okunyumirwa omukisa ogw'obukakafu obuliwo kati okw'enkomerero y'obwakabaka bwaffe era n'ekisuubizo ky'empeera y'obwakabaka bwaffe obw'omu maaso.

## Ggyamu eriiso lyo. Matayo 5:29-30

> 29*Noolwekyo obanga eriiso Lyo erya ddyo likuleetera okwesittala, liggyeemu olisuule wala. Kubanga kirungi okugenda mu ggulu ng'ebitundu byo ebimu tobirina okusinga okugenda nabyo byonna mu gggeyeena.* 30*Era obanga omukono gwo ogwa ddyo gukukozesa ebibi, kirungi okugutemako ogusuule wala. Okugenda mu ggulu ng'ekitundu ky'omubiri gwo ekimu tokirina kisinga okugenda mu gggeyeena n'ebitundu by'omubiri gwo byonna.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omuntu atakola byetaagisa era n'atalekeraawo kwonoona agenda kusuulibwa mu ggeyeena.
>
> Entaputa y'Amazima B: Kisingako okubeera omukkiriza aliko by'afiirwa nga yeewala okwonoona okusinga okubeera atali mukkiriza ataliiko ky'afiirwa kyokka n'asuulibwa mu ggeyeena nga mulamba.

Tujjukira nti Yesu ayogera eri abayigirizwa be n'ekibiina ky'abantu abaali bamuwuliriza. Yali tagamba bayigirizwa be nti bwe banaasigala nga bakola ekibi bajja kufiirwa obulokozi bwabwe. Mazima ddala yali tategeeza nti abantu bwe banaaalekeraawo okwonoona bajja kwewala gggeyeena. Yali agamba abayigirizwa be nti enneeyisa y'obwakabaka yeetaaga kaweefube ow'amaanyi okwewala ekibi eky'amaanyi, gamba ng'ekibi eky'obwenzi ky'ayogerako (enny. 27-28). Kya lwatu nti okuggyamu eriiso n'okusalako omukono bisoko ebitegeeza okwewaayo okw'amaanyi obutakola kibi. Wadde ng'omuyigirizwa abonaabona nnyo okusobola okuziyiza okwegomba kwe okw'ekibi okufugira mu ye, asinga omuntu atalokolebwanga ayonoona nga tafaayo, atafuba kwewala kibi, era asigala nga mulamba yenna (n'ebitundu by'omubiri gwe byonna), naye n'asuulibwa mu ggeyeena. Wadde ng'okusalako ebitundu by'omubiri kabonero bubonero, ekituufu ekiri emabega w'olugero luno kiyinza okuzingiramu ebintu ng'okufiirwa ssente okwewala ekibi, okubonaabona okw'okufiiirwa omukwano, oba okubonaabona olw'okusenguka nga weewala okukemebwa. Okufiirwa okwogerwako kwa ddala era kuyinza okuleeta obulumi, naye tekuliimu kantu bw'okugeraageranya n'abo abagaana okukola ku kibi kyabwe ne bamaliriza nga bali mu ggeyeena.

Makko 9:43-48 ekozesa ebisoko bye bimu (naye nga mulimu n'okusalako ekigere) era ebivaamu bye bimu. Mu mulamwa guno, Yesu ali mu kuyigiriza abayigirizwa be essomo erikwata ku bukulu mu

bwakabaka obusuubirwa (Mak. 9:33-35). Obusukkulumu busangibwa mu bayigirizwa abo ababutwala ng'ekikulu, ababukkiriza, era abaweereza abo abakyali abato, abanafu, era abateewaddeyo nnyo eri Kristo (abaana Makko bayogerako mu 9:36-37 n'oyo atagoberera Kristo ng'omuyigirizwa eyeewaddeyo, enny. 38-41). Okutwalira awamu, bano be bakkiriza "abato" oba abakkiriza abatannakula aboogerwako mu lunyiriri 42. Guba musango gw'amaanyi eri Mukama okuleetera omu ku bano okukola ekibi, bw'otyo n'omenya okukkiriza kwabwe okukyali okunafu, nga bwe kiragibwa nga kijuliza akoze ekikolwa ekyo okumusiba ejjinja mu bulago n'asuulibwa mu nnyanja.

Mu lunyiriri olwa 43, waliwo enkyukakyuka ey'amaanyi okuva ku kwogera ku muntu aleetera omuto okukola ekibi n'adda ku kwogera obutereevu ku busobozi bw'abayigirizwa obw'okukola ekibi. Kino kirabika kiva ku kuba nti omuyigirizwa bw'ayonoona asobola okuleetera omukkiriza omuto naye okwonoona. Ng'abayigirizwa, okufiirwa okw'akaseera obuseera (singa tweyongerayo n'ekisoko, ebitundu by'omubiri byonna byandikomezeddwawo olubeerera mu ggulu) era okuyingira mu bulamu y'enkomerero ennungi okusinga atali mukkiriza alabika ng'atafiirwa nga yeenyigira mu kibi era n'agenda mu ggeyeena n'ebitundu by'omubiri gwe byonna, nga mulamba (enny. 43-48). Abayigirizwa tebalina kunakuwala olw'okufiirwa kwe basanga mu bulamu buno, bwe beefiiriza bye beegomba ku lw'abalala, kubanga okugumira okufiirwa okw'ekiseera ekitono bwe kityo si kintu bwe kigeraageranyizibwa ku nkomerero y'omuntu atali mukkiriza. Ekisinga obubi, ekibi ky'omuntu atakkiriza eyeewaayo eri ekibi, kiyinza okuleetera omukkiriza omuto okukola ekibi, ne kimuleetera ekibonerezo ekikakali ekikiikirirwa okusibwa ejjinja mu bulago n'abbira mu mazzi.

Ng'abagoberezi ba Kristo, tulina obuvunaanyizibwa obw'obwakabaka okukola ekisoboka okwewala ekibi. Ekibi kiswaza Mukama, kinyooma ekisa kye, era kiyinza okuleetera abakkiriza abato okukola ekibi, ne kikosa olugendo lwabwe ne Mukama. Mukama ekibi akitwala nga nsonga nkulu, era naffe bwe tutyo bwe tusaanidde okukitwala.

**Sonyiwa olyoke osonyiyibwe. Matayo 6:14-15 (laba. Makko 11:25-26)**

14 *"Kubanga bwe munaasonyiwanga ababasobezza, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga.* 15 *Naye bwe mutaasonyiwenga bannammwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu taabasonyiwenga."*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu bw'atasonyiwa balala abamusobya, tayinza kulokolebwa, oba agenda kufiirwa obulokozi bwe.

Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza bw'atasonyiwa balala abamusobya, okussa ekimu ne Katonda we tekugenda kubeera kwa muggundu.

Ekigambo ekiri mu Matayo kyeyoleka bulungi mu njigiriza yaakyo: Singa omuntu tasonyiwa balala, olwo naye Katonda tajja kumusonyiwa. Bwe kuba ng'okusonyiwa okuva eri Katonda kutegeeza okusonyiyibwa kwe tufuna mu kiseera ky'obulokozi (Bef. 1:7; Bak. 2:13-14), olwo kifuula obulokozi okubeerako akakwakkulizo akeesigamye ku kusalawo kwaffe okw'okusonyiwa abalala. Ng'ekigambo ky'Amazima A, kyandyogedde ku kifo kyafe eky'obulokozi: Mu maaso ga Katonda tusonyiyibwa omulundi gumu era emirembe gyonna nga tusinziira kw'ekyo Yesu kye yakola bwe yasasulira ebibi byaffe ng'afiira ku musaalaba.

Naye waliwo ekika ekirala eky'okusonyiyibwa. Mu butuufu, omulamwa gukyogerako wano, Yesu ayigiriza abagoberezi be okusaba (Mat. 6:5-13). Okusonyiyibwa kuno si kusonyiyibwa okuweesa omuntu ekifo mu bulokozi, wabula okusonyiyibwa okw'okussa ekimu kubanga kubuulira abo abaamanya edda Katonda engeri y'okukuumamu enkolgana yaabwe naye. Amazima gano Yesu yagayigiriza Peetero n'abayigirizwa mu Kisenge ekya Waggulu. Bwe yayagala okunaaza ebigere bya Peetero, Peetero n'amugaana. Awo Yesu n'annyonnyola nti, “Anaaba yeetaaga okunaaba ebigere byokka, naye nga mulongoofu ddala; era muli balongoofu, naye si mwenna.” Kale eri abo abaalokoka, kyetaagisa buli lunaku okwatula ebibi n'okuzza obuggya ekisonyiwo ky'okussa ekimu ne Katonda nga kyesigamiziddwa ku nteekateeka ya Kristo ey'emabega (okufa kwe ku musaalaba) n'ekifo kyaffe ekiriwo kaakati (omwana wa Katonda). Yokaana Esooka 1:9 eraga nti okwatula ekibi n'okufuna ekisonyiyibwa kya Katonda kwetaagisa olw'okutambulira mu musana era n'okusigala nga tussa kimu ne Katonda (1 Yok. 1:3-8).

Mu kika ky'Amazima B, okusonyiwa kikulu nnyo eri Abakristaayo si mu kukuuma enkolagana ennungi ne Katonda kyokka, naye n'okukwatagana n'abantu abalala. N'olwekyo, tukubirizibwa okusonyiwa abalala nga Yesu Kristo bwe yatusonyiwa (Bef. 4:32; Abak. 3:13). Singa tusibira abalala ekiruyi, tetujja kunyumirwa mukwano gwa Katonda ogw'ekkimmemmete gw'ayagala tutambuliremu naye. Singa tutereka ekiruyi eri abalala, tetukoma ku kujeemera kiragiro kya Katonda eky'okusonyiwa abalala, naye obukakanyavu bw'omutima gwaffe bufuuka omuziziko ogutulemesa okunyumirwa okussa ekimu ne Katonda mu bujjuvu.

Bwe tutegeera amazima gano agakwata ku kusonyiyibwa okw'okussa ekimu kituziyiza obutassa kakakwakkulizo konna ku njiri okuggyako okukkiriza kwokka. Omulanga gw'enjiri tegugamba nti, “Kkiriza era osonyiwe abalala,” wabula kugamba nti “Kkiriza bukkiriza.”

## Ebibala ne bannabbi ab'obulimba. Matayo 7:15-20

15 *“Mwekuume abayigiriza ab’obulimba, abajja nga bambadde amaliba*
*g’endiga, songa munda gy’emisege egigenda okubataagulataagula.* 16
*Mulibalabira ku bikolwa byabwe, ng’omuti bwe mugutegeerera ku bibala*
*byagwo. Omuntu tayinza kunoga mizabbibu ku busaana oba okunoga ettiini*
*ku mweramannyo.* 17 *Noolwekyo buli muti omulungi gubala ebibala*
*ebirungi, naye omuti omuvundu gubala ebibala ebibi.* 18 *Omuti omulungi*
*teguyinza kubala bibala bibi, n’omuti omuvundu teguyinza kubala bibala*
*birungi.* 19 *Omuti gwonna ogutabala bibala birungi gutemebwa ne*
*gusuulibwa mu muliro.* 20 *Noolwekyo mulibategeerera ku bibala byabwe.”*

Entaputa y’Amazima A: Omuntu akakasa nti si mulokole olw’okuba n’ebibala ebibi, ate nga talina bibala birungi, ekitegeeza enneeyisa ye etasaanira.

Entaputa y’Amazima B: Nabbi ow’obulimba kw’omulabira nti si w’amazima, bwe butabala bibala birungi, ekiyinza okutegeeza ebintu ebikyamu ebiri mw’ebyo by’ayigiriza.

Kya bulijjo okulaba ekitundu kino nga kivvuunulwa ng’Amazima A: Bangi bataputa nti singa omuntu tabala bibala birungi, olwo omuntu oyo tabeera mulokole. “Ebibala ebirabika byetaagisa olw’obulokozi bw’omuntu okukakasibwa nti bwa nnamaddala,” bwe batyo bwe bagamba.

Weewaawo waliwo obuzibu ku ndowooza eyo okuviira ddala ku ntandikwa yaayo: Ekibala ekirungi kye ki, kipimibwa kitya, ani akipima, n’ebibala bimeka ebyetaagisa okukakasa obulokozi bw’omuntu? Olaba nti ebibuuzo bino tebiyinza kuddibwamu mu ngeri ennyangu era mu ngeri etaliimu bukwakkulizo. Ekintu ekirabika ng’ekibala ekirungi kiyinza okuva mu kigendererwa eky’okwefaako wekka oba eky’obugwenyufu. Omuntu yenna asobola atya kino okukimanya? Abantu ababiri osanga tebajja kukkiriziganya ku nnyinyonnyola ya biki ebikola ebibala ebirungi n’obungi bwabyo obwetaagisa okukakasa obulokozi bw’omuntu.

Okwetegereza n’obwegendereza kituyamba okutegeera ekitundu kino. Kitunnyonnyola engeri y’okutegeeramu bannabbi ab’obulimba, so si abo abeeyita Abakristaayo okutwaliza awamu. Ekitunuulirwa si bulokozi bwabwe, wabula oba nga bakiikirira Katonda nga bannabbi abatuufu. Ekigezo si kwe kuba nga balinayo ebibala byonna, wabula oba balina ebibala ebibi (oluny. 17). Kimanyiddwa nti bannabbi ab’obulimba balina ebibala ebirabika okuba ebirungi kubanga basobola okweyanjula ku ngulu ng’endiga (oluny. 15), naye ekikula ky’obubi bw’ebibala byabwe oluvannyuma lwa byonna kibalyamu olukwe bwe kyeyoleka (oluny. 16). Okuva lwe kiri nti ebibala biyinza okutegeeza ebigambo (Mat. 12:33-37)

oba ebikolwa (Mat. 3:8; 13:23; Yok. 15:2-8), kirungi okuwuliriza ebigambo okusingira ddala mu nsonga zino. Ekigezo ekisembayo ekya nnabbi si ngeri gy'akolamu ebintu, wabula ebyo by'ayigiriza. Ekyo kye kyali ekigezo mu Ndagaano Enkadde Abayudaaya kye baakozesanga (Ma. 13:1-6; 18:20-22). Mu bitundu ebirala eby'Endagaano Empya, ebigambo n'ebikolwa byombi byegattira wamu okuzuula bannabbi ab'obulimba (2 Peet. 2:1-3, 10, 12-15; Yuda 4, 8-11, 16).

Okufuula ebikolwa ebirungi okubeera obukakafu bw'obulokozi kikontana n'enjiri y'ekisa. Wadde nga tukkiriza nti obulokozi bulina okuvaamu ebikolwa ebirungi era nga Katonda akyagala era ng'akitulagira, ebikolwa tebiyinza kubeera kigezo eky'enkomeredde eky'obulokozi kubanga tewali lupimo lwa kigendererwa olulimu ebikolwa ebirungi. Katwebuuze, kiki ekibireetera okubaawo, era bimeka ebyetaagisa ffe okusigaza bulokozi. Ebikolwa bisobola okulaga ekikula ky'omuntu eky'amazima, naye ku nkomerero tebisobola kusalawo oba ng'omuntu oyo yalokoka oba nedda. Mu kitundu kino, ebigambo n'ebikolwa by'ebisinga okutegeerwa mu kugezesa bannabbi ab'obulimba. Ebikolwa okutwaliza awamu bikwatagana n'ensi y'Amazima B, agakwata ku bakkiriza okuva ekigendererwa kya Katonda (si kikakafu) bwe kiri nti ayagala abakkiriza bonna okukola ebikolwa ebirungi (Bef. 2:10). Ffe ng'Abakristaayo, kitugwanira okukola ebikolwa ebirungi, naye nga tukakasa nti biva mu bigendererwa ebirungi n'okuyigirizibwa okutuufu.

## Aboogera eby'obulimba. Matayo 7:21-23

21 *"Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala.*
22 *Ku lunaku Iuli bangi baliŋŋamba nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linnya lyo.'*
23 *Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi!"*

Entaputa y'Amazima A: Bangi abeeyita Abakristaayo tebalokolebwanga kubanga bakyakola ekibi.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Bangi abeeyita Abakristaayo si balokole ebya ddala, kubanga tebasembezanga Yesu okubeera Omulokozi waabwe.

Ekitundu kino kitera okukozesebwa ng'abantu bakikaayaniramu nti si bonna abeeyogerako nti bamanyi Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe nti

baalokokera ddala, kubanga kubanga tebakola bikolwa ebirungi ebigoberera ekyo kye boogera. N'olwekyo, ebikolwa ebirungi bwe bujulizi obukakasa obulokozi bwabwe. Wadde nga ky'amazima ddala nti si bonna *abeeyogerako* ng'abalokole nti *baafuna* obulokozi, naye ekitundu kino tekitegeeza nti ebikolwa ky'ekigezo ekisalawo obulokozi bw'omuntu. Bwe kiba nga waliwo ekintu kyonna, ebikolwa mu kitundu kino mu butuufu biraga ekintu ekikontana n'ekyo —nti tebiyinza kubeera bujulizi obukakasa obulokozi bw'omuntu.

Singa tufaayo ku mulamwa, tukiraba nti ekitundu kino kikwatagana n'okukubaganya ebirowoozo ku bannabbi ab'obulimba mu 7:15-20 (laba oluny. 22 —"baalagulanga"). Wadde 7:21-23 mu mazima ddala nga yateekamu bannabbi ab'obulimba, Yesu alabika agaziya enkozesa ya kino ku "buli muntu" (oluny. 21) eyeyogerako nti byakola bya mwoyo. Essira asooka ku lissa ku abo abeeyita abakkiriza so nga *bannabbi* ab'obulimba, olwo ku batakkiriza abali *beeyita* kye batali. Bano okufaananako bannabbi ab'obulimba, nabo balina endabika ey'okungulu ey'endiga entuufu. Naye bano nabo bakola eby'amagero era bayigirizaayo n'ebimu nga bituufu, nga bakkiriza nti Yesu ye Mukama. Naye ku nkomerero ya byonna, Yesu Kristo abeegaana n'ensala ye egamba nti *tabamanyangako*. Eky'amazima kiri nti bano si bakkiriza aba nnamaddala.

Enkola ya Yesu kwasinziira okwegaana aboogera ku bulokozi, kwe kuba nti tebakola "kwagala kwa Kitaawe ali mu ggulu." Okwagala kwa Kitaffe tekusobola kubeera nga byali bikolwa bukolwa ebirungi, kubanga ebyo baali babirina. Singa ebikolwa ebirungi byali bibasobozesa okufuna obutuukirivu bwobwakabaka, olwo obulokozi bwandibadde tebutuweebwa lwa kisa. Singa ebikolwa gwe mutindo gw'okuyingira mu ggulu oba mu bwakabaka, olwo biteekwa okukolebwa okusinziira ku mutindo gwa Katonda, nga guno gwe gw'okutuukirira (Mat. 5:48). Naye omutindo ogwo tegusoboka era n'abawandiisi n'Abafalisaayo abanyiikivu tebaasobola kugutuukako (Mat. 5:20). Olwo kale okwagala kwa Kitaffe kye ki? Kwe kukkiririza mu Oyo yekka eyasobola okutuukiriza obulungi ebiragiro byonna mu kifo kyaffe, ng'Oyo ye Yesu Kristo (Yok. 6:28-29).

Omulamwa gututuusa ku kumaliriza nga tukkiriziganya nti okwesiga obutuukirivu bwa Yesu Kristo obutuukiridde ly'ekkubo lyokka erituusa abantu mu bulokozi. Mu Matayo 7:13-15, Yesu yayogera ku mulyango omufunda oguyingira mu bulamu (laba. Yok.10:9). Lukka 13:24-30 naye era ayogera ku mulyango omufunda ng'ekkubo erigenda mu bulokozi mu lugero olulinga olwogera mu ngeri efaanagana. Eyo, Yesu gy'addiramu ekibuuzo ekyabuuzibwa omuwuliriza atamanyiddwa mannya ge nti, "Mukama waffe,

waliwo batono abalokoleddwa?” Yesu ayogera ku kuyingira mu mulyango omufunda n’abo abaggaliddwa ebweru. Annyonnyola nti abeeyita kye batali baggyibwa mu kkubo ly’obulokozi, era bajja kunakuwala nnyo bwe balikitegeera nti baggyibwa mu bwakabaka bwa Katonda (Luk. 13:28).

Amazima A agali mu Matayo 7:21-23 gali nti okussa okukkiriza mu Yesu Kristo kwe kulina okubeera essuubi lyaffe lyokka ery’okuweebwa obulamu obutaggwaawo. Okukola ebikolwa ebirungi si kitundu ku bubaka obulokola. Enjigiriza ennungi, ebikolwa ebisanyusa, n’okugondera Kristo nga Mukama tebiyinza kutulokola. Ekibiina ky’abo abeeyita kye batali kyalina ebintu bino byonna, naye tebaalokolebwa. Kye baalina kyokka, kwe kwesiga obutuukirivu bw’ebikolwa byabwe mu kifo ky’okwesiga obutuukirivu bwa Kristo.

Eky’ennaku ekiva mu kwesiga enjigiriza, ebikolwa ebirungi, oba okugondera Obukama bwa Kristo nga tebeesiga Kristo olw’obutuukirivu bwe, kwe kuba nti bangi babeera balowooza nti baalokolebwa dda so nga tebalokokangako mu bya ddala. Kino kikyali kituufu mu nnaku zino nga bwe kyali mu kiseera ekyo.

## Ebitundu ebyogera ku Buyigirizwa

Abayigirizwa bazaalibwa buzaalibwa oba bakolebwa bukolebwa? Mu ngeri endala, buli Mukristaayo muyigirizwa oba abo bokka abatuukiriza obukwakkulizo obumu? Oba tulaba obukwakkulizo obw’okubeera omuyigirizwa ng’Amazima A oba ng’Amazima B y’emu ku njawulo enkulu gye tusobola okukola ku butya bwe tutegeeramu enjiri n’obulamu bw’Ekikristaayo.

### Okuvuba n’okugoberera. Matayo 4:18-22 (laba. Makko 1:16-20;Lukka 5:1-11)

> [18] *Yesu bwe yali ng’atambula ku lubalama lw’ennyanja y’e Ggaliraaya n’alaba abooluganda babiri: Simooni, gwe bayita Peetero, ne Andereya, nga basuula obutimba bwabwe mu nnyanja, kubanga baali bavubi.* [19] *Awo Yesu, n’abagamba nti, “Mujje mungoberere, nange ndibafuula abavubi b’abantu.”* [20]*Amangwago ne baleka awo obutimba bwabwe, ne bamugoberera.*
>
> [21] *Bwe yeeyongerayo katono, n’asanga abooluganda abalala babiri: Yakobo, ne Yokaana, nga batudde ne kitaabwe Zebbedaayo mu lyato nga baddaabiriza obutimba bwabwe, nabo n’abayita bamugoberere. Amangwago, ne baleka awo kitaabwe mu lyato ne bagenda naye.*

Entaputa y'Amazima A: Omulanga gwa Yesu okumugoberera gwe mulanga ogw'obulokozi.

Entaputa y'Amazima B: Omulanga gwa Yesu okumugoberera gwe mulanga gw'okufuuka omuyigirizwa.

Okuva lwe kiri nti ensisinkano n'abayigirizwa abaasooka ku Nnyanja y'e Ggaliraaya ye yasooka okuwandiikibwa, oluusi kiteeberezebwa nti Yesu yali ayita Andereya, Peetero, Yakobo, ne Yokaana okujja eri obulokozi. Mu ndowooza eyo, kirowoozebwa nti obulokozi bufunibwa nga tugoberera Yesu, okuva bwe kiri mu byafaayo nti okwo kwe kwali okuyitibwa kwa Matayo ne Makko okujja gy'ali. Omulanga gwa Yesu okubayita okumugoberera gaali Mazima A oba Mazima B?

Mu kulaba okwangu ffena tusobola okukiwakanya nti yali tabayitira bulokozi, kubanga Yesu yakitangaaza ng'agamba nti "Nja kubafuula abavubi b'abantu." Kino kya lwatu ayogera ku kubuulira enjiri ereeta abalala eri Yesu Kristo. Bwe kiba nti gano ge Mazima A, wano we wali akakodyo: Tulokoka nga tugoberera Kristo mu ngeri eyo y'emu nga bwe tukulembera abalala okubatwala eri Kristo. Kano ke kandibadde akakwakkulizo ak'enjawulo ak'obulokozi —abawanguzi b'emyoyo bokka be bandirokose! Era kyandireetedde Abakristaayo bangi abataleese muntu yenna eri Kristo okubuusabuusa obutuufu bw'obulokozi bwabwe.

Naye tewali nsonga lwaki tulowooza nti eno y'ensisinkano Yesu gye yasooka okuba nayo n'abayigirizwa. Mu butuufu, Yokaana 1:35-42 bujulizi bulungi obulaga nti Andereya ne Peetero, waakiri, bo baali basisinkanye Yesu emabegako okuva bwe kiri nti kwe kweyanjula kwa Peetero okwasooka eri Mukama. Mu Yokaana, baasisinkana Yesu "emitala wa Yoludaani" eyo Yokaana Omubatiza gye yali abatiriza, so si ku Nnyanja y'e Ggaliraaya (Yok. 1:28, 43). Bwe tugeraageranya embeera n'ensengeka y'ebintu, tulaba emboozi bbiri ez'enjawulo. Olw'ekipimo kye kimu, emboozi ya Lukka 5:1-11 ya njawulo ku ya Matayo ne Makko. Wadde ng'embeera y'oku lubalama lw'ennyanja efaanagana, tetulaba bantu bangi nga banyigiriza Yesu; Yali yekka. Era yali atambula, nga tayimiridde nga Matayo ne Makko bwe baawandiika, n'abavubi bali mu lyato, so si ku lubalama nga booza obutimba bwabwe; era Lukka yekka y'ayogera ku byennyanja ebyakwatibwa mu ngeri ey'ekyamagero. Okuva abasajja bano bonna bwe kiri nti baali bavubi mu Ggaliraaya, ky'amazima ddala nti baaliba nga baasisinkana Yesu era ne bawulira n'okuyigiriza kwe emirundi egisukka mu gumu.

Bwe twetegereza ensonga zino mu bujjuvu, tulaba nti omulanga guno ogw'okugoberera Yesu gugwa mu Mazima B. Yesu ayita abasajja bano, abaali bamaze okumusisinkana era nga kikakafu nti baali bamaze okumukkiriza (laba Yok. 2:11) okufuuka abayigirizwa be. Ekyo kitegeeza nti baalina okwewaayo okulekayo emirimu gyabwe, ensibuko y'ennyingiza yaabwe, era n'okulekawo amaka gaabwe, ekintu kye baakola. Obulokozi bwa bwereere, naye obuyigirizwa buba bwa muwendo mungi.

Okukkiriza okuyitibwa kuno okw'okufuuka abayigirizwa kiwa buli Mukristaayo ekigendererwa mu nsi eno. Tulina okuyamba abalala okujja eri Yesu Kristo ng'Omulokozi. Ku abo abatya okugabana okukkiriza kwabwe n'abalala, waliwo okugumya mu kisuubizo kya Yesu ekigamba nti *Ye* ajja kutufuula abavubi b'abantu. Kino kisuubizo kye; kye tulina okukola kyokka kwe kugoberera.

## Okukyawa ab'omu maka go. Matayo 10:37; Lukka 14:26

> *"Oyo ayagala kitaawe oba nnyina okusinga Nze tansaanira, n'oyo ayagala mutabani we oba muwala we okusinga Nze naye tansaanira." (Mat. 10:37)*
>
> *"Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe, oba nnyina, oba mukyala we n'abaana be, oba baganda be oba bannyina, newaakubadde obulamu bwe ye yennyini, tayinzenga kuba muyigirizwa wange." (Luk. 14:26)*

> Entaputa y'Amazima A: Omuntu bw'aba ayagala omuntu yenna, wadde ab'omu maka ge okusinga Yesu, omuntu oyo tasaanira bulokozi era n'olwekyo tasobola kulokolebwa.
>
> Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza bw'aba ayagala omuntu yenna, wadde ab'omu maka ge, okusinga Yesu, omuntu oyo tasaana kusiimibwa Yesu ng'omuyigirizwa we.

Yesu teyanditukubirizza kukyawa ab'omu maka gaffe, ng'empandiika ya Lukka bweyinza okulaga. Matayo mu ngeri etuyamba annyonnyola empandiika ya Lukka kyetegeeza. "Okukyawa" kikozesebwa ng'enjogera emanyiddwa ennyo mu kyasa ekyasooka nga kyategeezanga "obutayagala nnyo kusinga;" mu ngeri endala, Yesu ayogera nti okubeera omuyigirizwa we, omuntu alina okumwagala okusinga omuntu omulala yenna. Bwe tugeraageranya emboozi ebbiri, okusaanira Kristo mu Matayo kyenkana okubeera omuyigirizwa mu bigambo bya Lukka, oba okusaanira okuyitibwa omuyigirizwa wa Kristo. Okusaanira okwogerwako tekukwatagana na butuukirivu bwa Kristo bw'atuwa, wabula kitegeeza okusiima kwe ye okukuyita omuyigirizwa we. Embeera eno ey'okufuuka omuyigirizwa asaanira kwe kuba nti omuntu alina okwewaayo eri Yesu Kristo okusinga buli nkolagana endala ey'obuntu, omuli n'ab'omu maka ge.

Nate era, omulamwa gutuyamba mu mboozi ya Matayo kubanga Yesu ateekateeka abayigirizwa be okwetegekera endowooza ez'enjawulo ku

bubaka bwabwe ng'abasindika okubuulira enjiri (Mat. 10:5-7). Ng'abamu bwe bakkiriza enjiri ne balokoka, kino kijja kubateeka mu kukontana n'ab'omu maka gaabwe. Okusalawo okubeera ku ludda lwa Yesu kireeta obutakkaanya mu b'omu maka (Mat. 10:34-36).

Kino bwe tukitegeera okuba akakwakkulizo k'obuyigirizwa, olwo kibeera Amazima B. Kino okusobola okuba Amazima A, omuntu atakkiriza yandibadde alina okumanya ekimala ku Yesu Kristo okubeera omwetegefu okumwagala okusinga abalala bonna, olwo n'asobola okulokolebwa. Naye kino kikyusa ensengeka ya Baibuli: "Tumwagala kubanga Ye y'eyasooka okutwagala" (1 Yok. 4:19). Ffe abaalokolebwa nga tetunatambulira mu kwagala kwa Yesu Kristo mu lugendo lw'obulokozi, tuyinza tutya okusuubira omuntu atali mukkiriza okukkiriza enjiri amangwago n'atambulira mu bujjuvu bw'okwewaayo n'okwagala?

Tekiri nnyo mu Amerika, naye mu nsi endala, ndabye eby'okulabirako ebyewuunyisa eby'abo abassa ekimu ne Yesu Kristo, wadde nga baali bakimanyi nti ab'omu maka gaabwe bajja kubagoba oba okubeegaana. Nze lumu nnalina mmemba w'ekkanisa, mukwano gwange Omukristaayo, eyanneegaanira mu lujjudde kubanga yali ne nnyina eyali tayagala bya kulokoka. Teyasoosowaza nkolagana ye ne Kristo ku nkolagana ye ne nnyina. Kino kitegeeza nti teyali mulokole? Nedda —okusinziira nga bwe nnali mmanyi, ndowooza nti yali mukkiriza —naye teyali muyigirizwa ekiri awo!

Ffe abamanyi Yesu ng'Omulokozi waffe era Mukama waffe kitugwanira okwewaayo gy'ali okusinga eri omuntu omulala yenna mu nsi muno. Tuyinza tutya okukola ekitono nga yawaayo obulamu bwe gye tuli? Amazima ag'ekitalo gali nti gye tukoma okwagala Yesu Kristo, gye tukoma okwagala ab'omu maka gaffe n'abantu abalala bonna. Anti okusooka kwa byonna, nabo Yesu ya baaagala era n'abafiirira!

## Okwetikka ekikoligo kye n'okuyiga. Mat. 11:28-30.

> *"Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza. Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo. Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa."*

Entaputa y'Amazima A: Okuyitibwa okujja eri Yesu, okwetikka ekikoligo kye, era n'okumuyigirako, okwo kwonna kubeera kuyitibwa okufuuka Omukristaayo.

Entaputa y'Amazima B: Okuyitibwa okujja eri Yesu kwe kuyitibwa mu bulokozi, naye okuyitibwa okwetikka ekikoligo kye n'okumuyigirako kwe kuyitibwa okufuuka omuyigirizwa.

Ekitundu kino mu mazima ddala kiyigiriza amazima g'obuyigirizwa mu kukowoola kwago okusitula ekikoligo kya Kristo era nokumuyigirako. Anti *omuyigirizwa* okutwaliza awamu kitegeeza *omuyizi*. Naye twetegereza emitendera gy'okweyongerayongera mu kuyitibwa kuno: Mujje . . . Mwetikke . . .Muyige. Omuntu nga tannasobola "kwetikka" era "n'okuyiga," alina okusooka "okujja." Okuyitibwa "okw'okujja eri" Yesu kukozesebwa ewalala ng'okuyitibwa okujja gy'ali ng'Omulokozi, mu ngeri endala, kuba kuyitibwa okugwa mu Mazima A (Yok. 5:40; 6:35. 37, 44, 65; 7:37) era kwa njawulo ku "kugoberera," nga kuno kwe kuyitibwa okw'Amazima B (tujja kukubaganya ebirowoozo ku "mungoberere" mu kitundu ekiddako).

Yesu ayogera ebigambo bino oluvannyuma lw'okukiraba nti ebibuga bya Isirayiri byali bimubodde (Mat. 11:20-24). Okutwalira awamu, eggwanga lyali limaamiddwa enkola y'Abafalisaayo n'okutaputa kwabwe okukakali okw'Amateeka ga Musa. Kino kyafuula obulokozi ekintu ekitasoboka, nga babufudde ng'enkola ey'okukkirizibwa okusinziira ku bunyiikivu bw'omuntu. Omutume Peetero kino yakikakasa bwe yalwanirira obulokozi bwe tufuna olw'ekisa ng'awakanya abo abaali bagamba nti Amateeka galina okukuumibwa nga bwe tukiraba wammanga:

> *Kale kaakano, lwaki mwagala okukema Katonda nga mukakaatika ekikoligo mu bulago bw'abayigirizwa, kye mumanyi nga bajjajjaffe kyabakaluubirira era naffe kitukaluubirira okwetikka? Tukkiriza nti tulokolebwa lwa kisa kya Mukama waffe Yesu, era n'abamawanga bwe batyo bwe balokolebwa."(Bik. 15:10-11)*

Omulanga gwa Yesu gulaga okugaanibwa kwe eri eggwanga, naye guyita Abayudaaya kinnoomu munda mu ggwanga okujja gy'ali okufuna obulokozi. Mu bulokozi bwe bafuna olw'Ekisa kyokka mwe basobolera okufunira emyoyo gyabwe ekiwummulo kye bataasobola kufunira wansi w'enkola y'Amateeka g'Abafalisaayo.

Oluvannyuma lw'okujja eri Kristo olw'obulokozi, omuntu oyo ayitibwa okwetikka ekikoligo kya Yesu, nga kwe kusiigira omuntu ekifaananyi ky'ekikoligo ekisiba ente erima ku nkumbi. Kirabika kino kyawukana ku kikoligo ekitasoboka eky'Amateeka ga Musa n'amakulu gaakyo ag'abayigiriza b'amateeka, abawandiisi n'Abafalisaayo ge baakakanga abagoberezi baabwe. Omuntu bw'amala okujja eri Kristo n'afuna obulokozi, asobola okuyiga engeri y'okutambuliramu mu kwagala n'ekisa kya Yesu Kristo. Wadde ng'ebyetaago by'obuyigirizwa bikakali, naye mu kiseera kye kimu "byangu" era "biwewufu" kubanga obulamu mu Yesu Kristo bwangu okusinga obulamu bw'Amateeka wansi w'entaputa y'Abafalisaayo. Era ekisa kya Katonda, ekiwa obulokozi, nakyo kiwa omukkiriza amaanyi okutambulira mu butuukirivu okuyita mu Mwoyo Omutukuvu abeera munda muffe (laba. Bar. 8:3-4). Okusibibwa ku kikoligo kya Yesu, gwe mugugu ogulabika nga muwewufu.

Wadde nga twetaaga nnyo okwawula wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa ku lw'enjiri okutegeerekeka obulungi, era tusaanidde okukimanya nti Yesu ayagala byombi era oluusi ayita abantu okujja okuutwala ekitereke kyonna, naye mu mitendera emituufu nga bw'akiraga mu kitundu kino. Bwe tubuulira abantu enjiri, kiba kirungi okubategeeza nti Yesu tabawa kya kuzaalibwa buggya kyokka, naye n'obulamu obupya. Waliwo bingi eby'okumuyigirako nga tumaze okulokolebwa!

**Okugoberera Yesu. Matayo 10:38; 16:24 (laba. Makko 8:34; Lukka 9:23; 14:27)**

*"N'oyo ateetikkenga musaalaba gwe n'angoberera tansaanira. (Matayo 10:38)*

*Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera asaana yeefiirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe alyoke angoberere." (Matayo16:24)*

Entaputa y'Amazima A: Ensonga "y'okugoberera" oba "ey'okuba mu buufu" Yesu gy'ayogerako y'ey'okufuuka Omukristaayo.

Entaputa y'Amazima B: "Okugoberera" oba "okuba mu buufu" Yesu ayogera ku kya kufuuka muyigirizwa.

Okuva lwe kiri nti ebigambo bino okuva eri Yesu ebikwata ku kufuuka omuyigirizwa bifaanagana, tujja kubitunuulirira wamu. Tukiraba nti Yesu bwe yali ayogera eri ebibiina by'abantu,

abayigirizwa baabeerangawo bulijjo (okujjako abayigirizwa bokka abali mu Mat. 10:1-11:1). Okuva abayigirizwa bwe baali abakkiriza mu kiseera kino (Yok. 2:11), era mpozzi n'abalala bangi mu bantu nga bwe kiri, tusaanidde okuteebereza nti obukwakkulizo buno bwali bwogera ku kwewaayo kw'omuyigirizwa, so si kakwakkulizo ka bulokozi.

Okuyita kwa Yesu okugamba nti "mungoberere," so si "kujja gye ndi" nga bwe kiri mu Matayo 11:28 (laba okukubaganya ebirowoozo kwe twakamala). *Okumugoberera* oba *okutambulira mu buufu* bwa Yesu lwe lulimi lw'obuyigirizwa. Ekyawandiikibwa kyogera ku bulamu obw'okwewaayo gy'ali. Kya njawulo okuva mu kujja *gy'ali* olw'obulokozi. Kale obukwakkulizo buno obuli mu kiti ky'Amazima B geeyongera okweyoleka bwe tutegeera ebiva mu buli ttuluba eryogerwako.

Akakwakkulizo akoogerwako okusooka mu Matayo 16:24 (nga bwe kiri ne mu Mak. 8:34 ne Luk. 9:23) kwe kugamba nti omuntu alina "okwefiiriza." Nga bulijjo, omulamwa gutubikkulira kino kye kitegeeza. Mu Matayo ne Lukka, awo wombi Yesu yalagula nti agenda kubonaabona era n'okufa. Tewali muntu yenna ayagala kufa, ne bw'aba Yesu (Luk. 22:42), naye mu buwulize yeewaayo okufa kubanga Katonda kye yali amwagaliza. Okwefiiriza kwe kugamba nti "nedda" eri okwegomba kwaffe (okulungi n'okubi) okusobola okugamba nti "ye" eri okwagala kwa Katonda gye tuli. Kwe kusalawo kwe tukola bwe tutegeera okwagala kwa Katonda, ekintu omuntu atali mulokole kyatamanyi n'akamu. Kya lwatu nti Amazima B gakwatagana n' Obulamu bw'Ekikristaayo.

Akakwakkulizo ak'okubiri akoogerwako mu bitundu bino ebibiri, naye era ne mu Makko 10:38 ne mu Lukka 14:27, ke k'okuba nti omuntu alina "okwettika omusaalaba gwe." Nate era, omulamwa Yesu mw'aweera akakwakkulizo Kano, ng'ensibuko, kwe kubonaabona n'okufa kwe. Amakulu mu mazima ddala tegakoma ku bayigirizwa era n'ebibiina ebyali bimuwuliriza. Yesu ayogera ku kusalawo kwe okubonaabona n'okufa era ayita n'abalala okukola kye kimu basobole okubeera abayigirizwa be. Enneewulira ku kigambo kye yayogera kifuuse ekizibu mu mbeera z'omulembe guno omugunjufu mu magezi ag'obuntu. Enkuyanja y'abantu bwe baawulira ekigambo "omusaalaba" mazima ddala ne bakankana nga balowooza ku kya kukomererwa Abarooma abaali babafuga ku miti egy'embaawo egyateekebwanga mu lujjudde, oba okubateekanga mu nguudo n'abamenyi b'amateeka abalala ne bafa mpolampola mu buswavu. Mu kiseera ekyo, okukomererwa kye kyali ekika ky'okufa ekisinga obukambwe

era nga kirimu okuboolebwa mu bantu ne mu by'eddiini (nga ky'ekikolimo kya Katonda, Ma. 21:23).

Wadde ng'omuntu okwettika omusaalaba gwe kikaluba ddala ng'akakwakkulizo k'obuyigirizwa, Lukka 9:23 eyongerako nti kino kiteekwa okukolebwa "buli lunaku" nga kitegeeza nti Yesu tayogera ku kufa kw'omuntu mu mubiri kwokka, naye n'okusalawo okubonaabona okwa buli lunaku olw'okussa ekimu ne naye. Kaakati kyeraga lwatu nti kino tekiyinza kuba Mazima A. Omuntu asobola atya okulokolebwa singa kyetaagisa okwewaayo okufa n'okubonaabona olwa Yesu Kristo okwa buli lunaku? Era omuntu atalokose ategeera atya okubonaabona ku lwa Kristo kye kuzingiramu? N'ekirala, obulokozi busoboka kubanga Yesu yatufiirira, so si lwakuba nti tumufiirira.

Akakwakkulizo ak'okusatu mu bitundu bino kwe "kungoberera." Nate era, nga n'okukoowoola kwe eri Peetero, Andereya, Yakobo, ne Yokaana ku Nnyanja y'e Ggaliraaya nga bali mu kuvuba, Yesu ayita abantu okumugoberera ng'abayigirizwa oba abayizi. Mu mbeera ezabulijjo, omuyigirizwa Omuyudaaya ow'omu kyasa ekyasooka yandigoberedde ddala Mukama we, n'abeera naye, n'alya naye, okusoma naye. Kyategeezanga omuntu okuva ku nteekateeka n'ebiruubirirwa bye n'atambulira ku bya mukama we oba omusomesa we. Okuva bwe kiri nti luno luba lugendo, tekibaawo mulundi gumu, tekiyinza kubeera kitundu ky'Amazima A.

Oyinza okulaba engeri abantu gye bayinza okusoberwa singa tubagamba nti basobola okulokolebwa singa beefiiriza okwegomba kwabwe kwonna ne batwala okwagala kwa Katonda, era nga beetegefu okubonaabona oba okufa buli lunaku olw'okubeera Abakristaayo, n'okugoberera enteekateeka ya Katonda gy'alina ku bulamu bwabwe. Ku nsonga eyo, naffe Abakristaayo, tetutera kukuuma bweyaamo buno mu bujjuvu. Eri ffe, waliwo ebiruubirirwa ebiruŋŋamya emitima gyaffe nga tunoonya okubituukiriza mu ngeri etuukiridde. Naye okuddira enkola y'obukwakkulizo obwo, okububuulira abantu abatalokolebwa nti mw'ekyo mwe balina okuyitira okuweebwa obulokozi kijja kuvaamu okubuusabuusa n'obutali butebenkevu nga balowooza nti tebasaanidde, oba okuba n'amalala ludda olulala nga balowooza nti byonna babituukiriza ku lwabwe. Obulokozi tebukwata ku kwewaayo kwaffe n'okubonaabona kwaffe ku lwa Yesu Kristo;wabula bukwata ku kubonaabona kwe n'okwewaayo kwe gye tuli.

Oyinza okwebuuza lwaki abo abayitibwa abayigirizwa baweebwa obukwakkulizo bw'okufuuka abayigirizwa. Eky'okuddamu mu kino kiri nti obuyigirizwa mutendera, so si kutuukirizibwa; lugendo, so si kutuuka. Enkomerero y'ekiruubirirwa kino kwe kufaanana Kristo (Mat. 10:25), ekintu ekitasobola kutuukirizibwa mu bujjuvu mu bulamu buno. Waliwo

engeri buli muyigirizwa gy'asoomoozebwa okweyongera okubeera omuyigirizwa. Peetero yasoomoozebwa okugoberera Kristo emirundi egiwerako oluvannyuma lw'okusalawo okugoberera Kristo okwasooka ku Nnyanja y'e Ggaliraaya, nga buli kusoomoozebwa kwetaaga okweyongera okwewaayo. Eky'okulabirako, okumu ku kusoomozebwa okwasembayo Yesu kwe yawa oluvannyuma lw'okuzuukira kwe, kwe kwa Peetero okugoberera Kristo *oluvannyuma* lw'okutegeezebwa engeri gye yali agenda okufaamu (Yok. 21:19). Ku Peetero, ekyo mazima ddala kyalimu okwewaayo okw'enjawulo kwe yali tannasasisinkanangako. Buli omu ku ffe ng'Abakristaayo, Yesu Kristo atusomooza okugenda ku ddaala eddala ery'okwewaayo, ekintu ekikwatagana n'ekifo buli omu ku ffe gy'ali mu kiseera kino. Bulijjo tusobola okweyongera okufuuka abayigirizwa.

**Okuzuula obulamu bwo. Matayo 10:39; 16:25-26 (laba. Makko 8:35-38; Lukka 9:24-26; Yokaana 12:25)**

*"Omuntu ayagala ennyo obulamu bwe alibufiirwa, naye alifiirwa obulamu bwe ku lwange, alibulokola." (Mat. 10:39)*

*"Kubanga buli agezaako okuwonya obulamu bwe alibufiirwa, oyo alifiirwa obulamu bwe ku lwange alibuwonya. Kigasa ki omuntu okufuna ensi yonna naye n'afiirwa obulamu bwe?" (Mat.16:25-26)*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu bw'aba yerowoozaako yekka, tajja kufuna bulokozi oba ajja kufiirwa obulokozi bwe. Naye omuntu bwalekayo okwegomba kwe, ajja kufuna obulamu obutaggwaawo.

Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza bw'abeera nga y'eyefuga, ajja kusubwa obulamu obungi Katonda bw'agaba. Naye bw'aleka okwefaako yekka n'okwegomba, ajja kutambulira mu bulamu obw'omuyiika.

Ebigambo bino binnyonnyola lwaki okuyitibwa okufuuka abayigirizwa kwe twogeddeko waggulu kulina okukkirizibwa. Oyo yenna akola bw'atyo awonya *obulamu* bwe, oba *emmeeme* ye. Mbagirawo, abamu bwe bawulira olulimi olukwata ku *kulokoka* (oba *okufiirwa*) emmeeme y'omuntu omu balowooza nti entaputa y'Amazima A yeyogerwako ku kulokolebwa kw'Omwoyo gw'omuntu okuva mu ggeyeena. Kino kizibu ekyatondebwawo enzivuunula ya Baibuli

ey'Olungereza. Ekigambo *emmeeme (psychē)* kye kigambo kye kimu ekivvuunuddwa *obulamu* mu bitundu bino (eyo y'engeri enkyusa za Baibuli ezimu gye zikivvuunulamu). Kitegeeza obulamu mu bukulu bwabwo, ekitundu ekitali kya mubiri eky'omuntu ekikolebwa ebirowoozo, okusalawo, n'enneewulira ezikola ekyo omuntu kyali. Obulamu bwo ky'ekyo ky'oli ddala. Enkyusa ya Lukka ey'ekigambo kino eyamba nnyo kubanga ekozesa ekigambo "ye kennyini" ku lwa "obulamu:" "Kubanga kigasa ki eri omuntu okulya ensi yonna, naye ye kennyini n'azikirizibwa oba n'abula?" (Luk. 9:25).

Era kikulu okutegeera engeri ekigambo *okulokoka* (*sōzō*) gye kikozesebwamu. Nga bwe kyayogeddwako emabegako, bulijjo tekitegeeza bulokozi bwa lubeerera bwokka. Kitegeeza butegeeza *okusumululwa*, *okukuuma* ekintu eri akabi oba okutaasibwa okuva mu kufiirizibwa. Ebiseera ebisinga ffe tusalawo amakulu gaakyo okusinziira ku mulamwa. Wano, Yesu yali yakoogera ku *kufiirwa* kwaffe ebyo bye twegomba n'okubissa wansi w'okwegomba kwe gye tuli. Omuntu bw'aba ayagala okulemera ku kwegomba kwe n'enteekateeka ye mu nsi eno ("okuwonya obulamu bwe"), ali bw'atyo ajja kufiirwa ekyo obulamu kye butegeereza ddala —nga kwe kutambulira mu kwagala kwa Katonda ne mu bujjuvu bw'obulamu bwa Katonda. Ayinza okufuna buli kimu ensi eno ky'erina, naye n'asubwa obulamu obusingawo obw'obulamu bwa Katonda mu kiseera kino era n'empeera mu biseera eby'omu maaso (olunyi. 27).

Bwe kitwalibwa mu ngeri eno, tulaba nti ekigambo *okufiirwa (apollumi)* kye kikontana *n'okulokolebwa*. Tekitegeeza kubulira mu ggeyeena emirembe gyonna, wabula kirina ekirowoozo *ky'okwononeka* oba *okuggyibwako*. Okufiirwa obulamu bwo kwe ku bwonoona oba okuggyibwako Katonda kye yandibadde akwagaliza okubeera. Omuntu asobola okufuna obulamu obutaggwaawo kyokka n'ayonoona omukisa gw'okunyumirwa obulamu obwo mu bujjuvu olw'obutakulemberwa Katonda mu kiseera kino.

Singa tutaputa ekigambo kya Yesu kino ng'Amazima A, tusubwa ennono enkulu ennyo ey'obulamu bw'Ekikristaayo. Singa tunoonya ebintu by'ensi eno by'erina okutuwa ate nga twewala ebizibu ebiyinza okutubaako olw'okumanya Yesu Kristo, tufiirwa omutindo gwennyini ogw'obulamu gwe twetaagira ddala. Kiva mu kuwaayo obulamu bwaffe eri Katonda olwo ne tulyoka tubuddizibwa nga bujjude era nga bugagga okusinga bwe bwali. *Obulamu bwe bulekeraawo okubeera ensonga gy'okulembeza, obulamu bufuukira ddala ekituufu kye buli.*

Tuyinza okulowooza nti kiruma nnyo okuva ku muze gw'okulyaguzibwa, okulekayo omukwano ogutakugasa, oba ebigendererwa byaffe n'enteekateeka zaffe. Kye tugenda okuzuula kiri nti mu kufiirwa obulamu bwaffe, tufunamu obulamu obw'amazima —

obujjuvu bw'obulamu bwa Katonda obungi mu kiseera kya kaakano era n'emirembe gyonna.

**Akwatibwa ensonyi okwatula. Matayo 10:32-33; Makko 8:38 (laba. Lukka 9:26; 12:8-9)**

*"Buli muntu alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. 33 Na buli muntu alinneegaanira mu maaso g'abantu, nange ndimwegaanira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu." (Matayo 10:32-33)*

*"Era buli muntu yenna ankwatirwa ensonyi, n'ebigambo byange ne bimukwasa ensonyi mu mulembe guno ogutali mwesigwa era ogujjudde ebibi, Omwana w'Omuntu alimukwatirwa ensonyi bw'alijja mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika abatukuvu." (Makko 8:38)*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu bw'atayatula Yesu mu lujjudde, ajja kummibwa obulokozi, ajja kuba akakasa nti teyalokolebwa, oba nti yalokolebwa, naye n'afiirwa obulokozi obwo.

Entaputa y'Amazima B: Singa Omukristaayo tayatula Yesu mu lujjudde oba ng'amukwatirwa ensonyi, omuntu oyo ajja kugaanibwa empeera y'okusiimibwa kwa Yesu mu maaso ga Katonda Kitaffe.

Ebitundu bino birina omulamwa ogufaanagana: Singa omuntu yeegaana Mukama waffe Yesu oba n'amukwatira ensonyi, naye alimwegaanira mu maaso ga Katonda Kitaffe era Yesu alimukwatibwa ensonyi. Bino bigambo bikaluba, bikaluba nnyo ne kiba nti bangi babitaputa ng'Amazima A: Yesu ajja kumugaana okuyingira mu ggulu era amukwatirwe ensonyi mu ngeri eraga nti omuntu oyo tasaanira ggulu.

Nate era, omulamwa kye kisumuluzo. Mu Matayo 10, Yesu asindika abayigirizwa be nga balina ebiragiro n'okulabula ku ngeri gye banaasembezebwamu n'engeri gye batalina kutya kuwakanyizibwa. Okulabula kw'ennyiriri 32-33 ezoogera ku kwatula (okukkiriza) Yesu Kristo ziyinza okukwata ku abo abawulira obubaka bw'abayigirizwa, oba ziyinza okukwata ku bayigirizwa bennyini, oba ziyinza okubeera omusingi ogukwata ku byombi. Okugeraageranya ebigambo bya Yesu mu Matayo n'ekigambo kye ekifaanagana mu Lukka 12:8-9, tusanga mu byombi ekintu ekifaanaganya omulamwa ogukwata ku butatya kwogera na balala ku Kristo. Wadde nga kino kyali kisobola okubeera ennono ey'awamu, mazima ddala kyali kigambibwa eri abayigirizwa ng'okubalabula era n'okubazzaamu amaanyi.

Mu njiri zombi Makko 8:38 ne Lukka 9:26, ekigambo ekyo kyali kya

kulabula awatali okuzzibwamu amaanyi okukwatagana. Naye kino nakyo kyali kyolekezebwa abayigirizwa oluvannyuma lwa Yesu okubagamba okwefiiriza, okwetikka omusaalaba gwabwe, bagoberere Ye okusobola “okulokola” obulamu bwabwe. Nga bwe twalaba emabegako, gano ge Mazima B. Yesu annyonnyola nti abakkiriza balina eddembe ly’okwesalirawo era okulondawo okwo kulina ebikuvaamu. Omuntu asobola okussa ekimu n’ensi, n’afiirwa obulamu bwe, n’aswala eri Kristo, oba omuntu asobola okussa ekimu ne Kristo. Wadde enjiri ya Makko ne Lukka tezoogera ku mpeera ndala okuggyako nti obulamu bw’omuntu bujja kulokolebwa, enjiri ya Matayo egenda mu maaso n’okwogera ku mpeera mu 10:41-42. Ekintu ekifaanagana mu njiri ya Matayo 16:24-27 kikomekkereza n’ekisuubizo nti Yesu Kristo bwalikomawo, “Alisasula buli omu ng’ebikolwa bye bwe biri.” Okwatula Yesu oba okumwegaana n’okumukwatirwa ensonyi nsonga zoogera ku mpeera ezisaanidde okuweebwa abakkiriza.

“Empeera” embi (okuva mu *misthos*, era kiyinza okutegeeza *okuliyirira*, okusasula) eri abo abeegaana enkolagana yaabwe ne Kristo oba abamukwatirwa ensonyi kwe kuba nti Yesu tajja kubaatula (okuboogerako) mu maaso ga Kitaffe, oba mu ngeri y’emu, ajja kubakwatirwa ensonyi mu maaso ga Kitaffe. Okuva kino bwe kiri mu mulamwa ogw’Amazima B, olwo kino kitegeeza ki? Okuva bwe kiri nti Yesu Kristo bw’ayatula omuntu mu maaso ga Kitaffe kuba kusiima bwesigwa bwe mu kussa ekimu naye, ekibi ky’obutamwatula kwe kuba nti Yesu ajja kwesigaliza eby’okusiima omuntu oyo. Gwe batayatudde ajja kuswala mu ngeri y’okugaana okumusiimira mu maaso ga Kitaffe.

Kino kizibu ekisobola okutuuka ku Bakristaayo bokka. Kino si ky’ekisikiriza oyo eyaagaana Kristo asobole okwatulibwa mu maaso ga Kitaffe oba aleme okuswala mu maaso ga Kristo.Kubanga ali bw’atyo bw’aba nga yagaana dda okukolagana ne Yesu Kristo eby’okumwamwatula n’okumusiima bibeera bimukwatirako wa?

Naye abo abalina enkolagana ne Yesu Kristo, okufuna ekigambo eky’okusiimibwa oba obutasiimibwa, oba okukwasa Kristo ensonyi kibeera n’amakulu mangi nnyo gye bali. Omukkiriza amanyi okwagala kwa Katonda ne ssaddaaka Yesu gye yamuweerayo bwe yafiira ku musaalaba. Obutamusiima oba okumukwatirwa ensonyi kiraga ekigera kyenkolagana ye ne Kristo. Eky’okulabirako, teebereza omulenzi eyeeyisa obubi mu ssemadduuka. Wadde abaguzi abalala bonna bafuluma nga tebemotyamotya, waliwo afuluma ng’akotese omutwe mu buswavu era ng’asonyiwadde. Oyo ye taata womulenzi oli eyeeyisizza obubi. Omulenzi abeera aswazizza kitaawe.

## Omugagga omuto omufuzi. Matayo 19:16-22 (laba. Makko 10:17-27;Lukka 18:18-23)

*[16] Awo n'asitula abaana n'abassaako emikono gye, n'abawa omukisa. [17] Awo Yesu bwe yali ng'atambula, omusajja n'ajja gy'ali ng'adduka, n'amufukaamirira n'amubuuza nti, "Omuyigiriza omulungi, nsaanidde kukola ki okufuna obulamu obutaggwaawo?" [18]Yesu n'amuddamu nti, "Ompitira ki omulungi? Tewali mulungi n'omu wabula Katonda yekka. [19] Amateeka gano ogamanyi. 'Tottanga, toyendanga, tobbanga, towaayirizanga, kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa.' " [20]N'amuddamu nti, "Omuyigiriza, ebyo byonna simenyangako na kimu okuva mu buvubuka bwange."[21] Yesu n'amutunuulira enkaliriza, n'amwagala. N'amugamba nti, "Waliwo ekintu kimu kyokka ekikubulako, era kye kino: genda otunde ebintu byonna by'olina, ensimbi z'onoggyamu ozigabire abaavu, oliba n'obugagga mu ggulu, olyoke ojje ongoberere."[22]Bwe yawulira ebigambo ebyo n'anyiikaala, n'agenda ng'anakuwadde, kubanga yali mugagga nnyo.*

Entaputa y'Amazima A: Singa omuntu abeera tamaliridde kulekayo byonna n'agoberera Yesu, oyo tasobola kulokolebwa.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Singa omuntu abeera tamaliridde kulekayo byonna n'agoberera Yesu, akimanye nti tasobola kufuuka muyigirizwa era nti tasobola kuweebwa butuukirivu obumwetaagisa okuweebwa obulokozi, era nti n'olwekyo yeetaaga Omulokozi.

Emboozi eno etera okukozesebwa okuyigiriza nti obulokozi bujja eri abo bokka abeetegefu okuwaayo buli kimu eri Katonda. Ku ngulu kiyinza okulabika ng'ekituufu. Kyokka, bwe tukkiriza entaputa eyo, ebibuuzo ebimu ebikwatagana bijja mu ddiiro.

Ekisooka ekisingira ddala obukulu, Yesu bw'aba abuulira omugagga ono engeri y'okulokolebwamu, lwaki tewali kukubaganya birowoozo ku Yesu nga Masiya, omulimu gwe ogw'okulokola, oba okumukkiriza ng'Omulokozi? Ekyokubiri, singa Yesu aba awa omusajja ekkubo ery'obulokozi, kale takoma ku kya kukuuma mateeka mu ngeri etuukiridde kyokka, naye n'okutuukiriza obulombolombo bwago bwonna, gamba ng'okuwa abaavu byonna by'alina? Eky'okusatu, mu ntaputa eno, si Yesu kwogera ku bulokozi obutaggwaawo nga "eky'obugagga mu ggulu" ekitali kya bulijjo era n'eky'enjawulo ng'ategeeza bulokozi? Eky'okuna, singa Yesu ayigiriza nti obulokozi buzibu, tekikontana mangu n'ekyo ye kennyini kye yayogera mu kukubaganya ebirowoozo n'abayigirizwa be ng'abagamba nti obulokozi "tebusoboka"

okuggyako nga Katonda abulimu? Eky'okutaano, entaputa eno yandibadde tekontana butereevu n'enjigiriza ya Baibuli etegeerekeka obulungi nti obulokozi tebufunibwa lwa kukuuma Mateeka oba okukola ebikolwa ebirungi (Bar. 3:20-4:5; Bag. 2:16; Bef.2:8-9; Tito 3:5)?

Tewali nsisinkano ndala yonna ey'obuntu Yesu we yagambira omuntu yenna nti alina okutunda buli kimu n'okuwaayo byonna eri abaavu alyoke alokolebwe. Yayogera nti omuyigirizwa alina okuba omwetegefu okuleka buli kimu, wadde obulamu bwe (Lukka 14:26, 33), naye nga bwe twalaba edda, kano kakwakkulizo ok'okufuuka omuyigirizwa, so si ka bulokozi.

Omulamwa guyingirawo okutaasa embeera. Mu mboozi zonsatule ezifaanagana, emboozi eno ekulemberwa emboozi y'abaana abato abaaleetebwa eri Yesu, n'okuyigiriza kwe okugamba nti "obwakabaka obw'omu ggulu bulinga" (Mat. 19:14; geraageranya 18:1-5), oba mu ngeri esinga okuyamba mu nnyiriri za Makko ne Lukka, "buli atayaniriza bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto talibuyingiramu n'akatono" (Mak. 10:15; Luk. 18:17). Yesu ayigiriza nti omuntu asobola okufuna obwakabaka bwa Katonda nga bwa bwereere (si kubukolerera) ng'omwana—okuyita mu kukkiriza okwangu okuzaalibwa obwetoowaze.

Omufuzi omugagga omuto talabika ng'owamapaati, wabula omwesimbu—naye ng'obwesimbu bwe bwa bulimba. Mu ngeri ey'obusirusiru yalowooza nti yali atuukiriza Amateeka *gonna*. Yalina ebizibu bya mirundi ebiri, amalala n'okutaputa Amateeka mu bukyamu. Entaputa ya Yesu ku Mateeka teyeekenneenya nneeyisa ya muntu yokka, naye n'ebirowoozo bye eby'omunda n'ebigendererwa bye (laba Mat. 5:21-22; 27-28). Kaakati agezesa ebigendererwa by'omufuzi ng'akozesa ekiragiro ekitayogerwako, naye ob'olyawo nga kiri emabega w'ebiragiro ebirala bingi: "Temululunkana." Wadde omusajja alowooza nti atuukiriza ekiragiro kino, okugaana kwe okutunda byonna n'okubiwa abaavu biraga nti akyalulunkana, "kubanga yalina eby'obugagga bingi." Kiyinzika okuba nti omusajja ono yali yeettanira endowooza y'Abayudaaya ab'omu kiseera ekyo nti abagagga be baali baganja oba okuweebwa omukisa okuva eri Katonda.

Obulimba bwe bwa mirundi esatu: Ekisooka, obwesige bwe abuteeka mu butuukirivu bwe nga ye ("Bino byonna mbikuumye okuva mu buto bwange"); ekyokubiri, alabika nga yeesiga obugagga bwe ng'obukakafu obw'okukkirizibwa Katonda; n'ekyokusatu, alina endowooza enkyamu ennyo ku butuukirivu bwa Katonda. Bw'ayogera ku Yesu nga "Omuyigiriza Omulungi," Yesu addamu n'ekibuuzo okubikkula endowooza y'omusajja oyo ku bulungi bwa Katonda. Ng'amuddamu nti "Lwaki ompita omulungi? Tewali muntu mulungi n'omu, okuggyako Omu, nga ye Katonda," Yesu assaawo omutindo ogw'obwakatonda ogw'okukkirizibwa, nga gwe gw'obulungi obutuukiridde. Mu kusoomooza kuno, Yesu era ayinza okuba ng'agamba nti, "Nze bw'ompita omulungi, kale obeera ompita Katonda?"

Naye era aba ategeeza omufuzi nti *ye* si mulungi. Mu ngeri yonna, Yesu asoomooza omusajja oyo olw'obulungi bwe obwesigamye ku kukwata Amateeka, oluvannyuma n'amulaga nti era yali tatuukiridde.

Engeri Yesu gy'asembayo okuleetera omusajja okutegeera nti talina ky'alina eri mu kumusomooza n'akakwakkulizo k'obuyigirizwa n'empeera ey'ekyobugagga mu ggulu. Yesu tawakanya nti omusajja oyo takutte mateeka, wabula olw'ekyokulabirako kye, akitwala ng'alinga agamba nti, "Kale, bw'oba nga ggwe okuumye amateeka mu ngeri etuukiridde, olwo nno fuuka omuyigirizwa wange ng'owaayo buli kimu ky'olina eri abaavu" (Makko ayongerako olulimi olw'olwatu olw'obuyigirizwa nti, "era jangu weettikke omusaalaba, ongoberere," Mak. 10:21; laba ne Luk. 18:22). Kino omusajja kyamulema, ekiraga nti yali tatuukiridde. Singa yali tasobola kutuukiriza byonna ebikwata ku Mateeka agaaviirako okugoberera Yesu ng'omuyigirizwa, awo mpozzi yali si mulungi kimala okugenda mu ggulu oluvannyuma lwa byonna, era n'okufuna empeera z'eggulu (Mu nnyiriri za Makko ne Lukka, omusajja oyo yabuuza ku ngeri "y'okusikira obulamu obutaggwaawo" ng'alaga nti teyalina birowoozo bya kuyingira mu ggulu kwokka, naye okubeera n'empeera zaayo; Mak. 10:17; Luk. 18:18). Omusajja kino bwe yakitegeera, yagenda nga munakuwavu, si lwa kuba nti yalina eby'obugagga bingi kyokka (ekyo tekyandimunakuwazizza!), naye kubanga eky'okwefuula omutuukirivu kwe kyali kubikuddwa n'akiraba nga tekumumala kuyingira mu ggulu.

Yesu yawemuukiriza okwerimba kw'omusajja ono okw'emirundi esatu, era kwonna kwasangibwa nga kulimu ebituli.

Tuyinza okugamba nti emboozi ya Yesu n'omugagga oyo yaliwo ng'ebiseera by'enjiri okubuulirwa tabinnatuuka. Mu ngeri endala, okuva omusajja oyo bwe yalowooza nti yali mulungi ekimala okuyingira eggulu, yali talaba bwetaavu bwe eri obutuukirivu obusukka ku bubwe. Yali teyegguddeewo eri amazima g'enjiri ey'obutuukirivu bwa Yesu Kristo bwokka obuyingiza abantu mu ggulu okuyingira mu ggulu, era nga kino tekigwanira muntu yenna olw'enneeyisa ye, naye ng'omuntu akkirizibwa okuyita mu kukkiriza kwokka. Yesu yabuuka n'agenda mu kukubaganya ebirowoozo ku buyigirizwa (okutunda ebintu n'okugabira abaavu) ekyo kyandireetedde omusajja ono okuddamu okwetegereza obutuukirivu bwe obw'okufuba. Mu butuufu kyakola. Yesu ayigiriza Amazima A ng'asooka okujulira eri Amazima B, kubanga omufuzi omuto yabuuza ekibuuzo eky'Amazima B.

Emboozi eno, bwetegeerekeka obulungi, ekkaanya n'Amazima A nti *tewali* kye tusobola kukola ku lwaffe okufuna obulamu obutaggwaawo. Nate ra etulaga nti obutuukirivu bwaffe bwe twekolera butulimbalimba, na ddala bwe tubugeraageranya n'omutindo gw'obutuukirivu bwa Katonda obutuukiriddde. Baibuli egamba nti, "Tewali mulungi n'omu, tewali

n’omu” (Bar. 3:12). Yesu agamba, “Tewali mulungi n’omu, okuggyako Omu, oyo ye Katonda.” Okuyingira eggulu, tulina okubeera abalungi nga Katonda. Olw’okuba tetusobola kubeera balungi nga Katonda, Yesu ye yafuuka omulungi ku lwaffe—yatuukiriza ebisaanyizo by’obulungi bwa Katonda. Kaakano tusobola okuyingira eggulu ku lw’okusaanira kwe, so si lwa kusaanira kwaffe, singa tumukkiririzaamu ng’Omulokozi waffe.

Ekyo kye ky’okuddamu eri ekibuuzo kyabayigirizwa ekyava mu nsisinkano n’omufuzi, “Ani ayinza okulokolebwa?” Kino kye ky’okuddamu: *tewali n’omu*, okuggyako okuyita mu butuukirivu bwa Katonda obutuweebwa okuyita mu Yesu Kristo, oba mu bigambo bya Yesu, “Eri abantu tekisoboka, naye eri Katonda ebintu byonna bisoboka” (Mat. 19:26; ne Mak. 10:27; Luk. 18:27).

Ekibuuzo kya Peetero ekiddako kinoonyereza ku kusoomooza kwa Yesu okuleka byonna bamugoberere (Mat. 19:27; Mak. 10:28; Luk. 18:28). Okusinga kino kiri nti: “Okuyingira obwakabaka bwe kiba nga kisoboka okuyita mu mulimu gwa Katonda gwokka (nga kitegeeza olw’ekisa kya Katonda) so si lwa mulimu gwaffe ogw’okuleka byonna okugoberera Yesu, n’olwekyo ‘eky’obugagga kyaffe mu ggulu’ kye walaga omufuzi omuto y’empeera y’okukugoberera ng’omuyigirizwa?” (Mat. 19:21; Mak. 10:21; Luk. 18:22). Yesu ayanukula ekibuuzo kya Peetero eky’Amazima B n’Amazima B: Abo abaaleka ensi eno okumugoberera bajja kunyumirwa obulamu bwa Katonda obutaggwaawo kaakano ne mu biseera by'omu maaso. Bajja kuba n’obulamu obutaggwaawo” obulamu obw’omuyiika mu kiseera kino era ekintu eky’okunyumirwa eky’omu maaso (nga bwe kiri mu Mak. 10:30 ne Luk. 18:30). Ebigambo bya Matayo, “sikira obulamu obutaggwaawo,” biggumiza empeera z’abayigirizwa ze balifuna mu biseera eby’omu maaso mu bwakabaka omuli okubeera n’obulamu obutaggwaawo n’okufugira awamu ne Yesu (Mat. 19:28-30).

Emboozi y’omufuzi omuto omugagga etulaga nti tetusobola kuba bayigirizwa ba Yesu Kristo abatuufu okutuusa lwe tukkiriza nti tuli boonoonyi abaalemererwa ddala okutambulira mu bulungi bwa Katonda obutuukiridde era ne tujja eri Yesu okuweebwa obutuukirivu obwo.Tulina okutambulira  mu Mazima A nga tetunatambulira mu Mazima B. Olwo nno, era mu ngeri eyo yokka, lwe tusobola okuwaayo ssaddaaka z’obuyigirizwa ezitufunira empeera mu bulamu buno n’obuddako. Kituzzaamu nnyo amaanyi okumanya nti okwefiiriza kwaffe n’okuleka okwegomba kwaffe bijja kutuleetera empeera za Katonda ennyingi. Nga bwe kyali ku Peetero, bwe kityo bwe kiri ne ku ffe —mazima ddala, kijja kuba nga kisaaniddde!

## Ebitundu Ebirala n’Engero Ezoogera ku Bizibu Eby’amaanyi

Ng’oggyeeko obukwakkulizo bw’obuyigirizwa, waliwo ebitundu ebirala bingi, nga mw’otwalidde n’engero, oluusi ebizibu okutegeera kubanga bizingiramu ebizibu eby’amaanyi ebizivaamu. Omuvvuunuzi wa Baibuli alina okusalawo oba ng’ebivaamu bino biba kw’oyo atakkiriza oba eri omukkiriza —Amazima A oba Amazima B.

Abamu bavvuunudde engero zino nga bazikwataganya ku Isirayiri yokka olw’okuba ng’ekkanisa yali tennatandika. Kyokka, tukimanyi nti Yesu yali yalagula dda ku kkanisa (Mat. 16:18) era n’awa ekiragiro ku nsonga eyo (Mat.18:17). Engero zino za bunnabbi, n’olwekyo tetusaanidde kwewuunya nti zirimu amazima eri ekkanisa (eyali ey’omu maaso) awamu ne Isirayiri.

### Ekibi ekitasonyiyibwa. Matayo 12:31-32 (laba. Makko 3:28-30)

> [31] *“Noolwekyo mbategeereza ddala nti omuntu alisonyiyibwa buli kibi kyonna, na buli kuvvoola. Naye alivvoola Mwoyo Mutukuvu talisonyiyibwa.* [32] *Na buli muntu ayogera ekigambo ekibi ku Mwana w’Omuntu alisonyiyibwa, naye ayogera ekibi ku Mwoyo Omutukuvu talisonyiyibwa mu mulembe guno wadde ogugenda okujja.”*

> Entaputa y’Amazima A: Omuntu asobola okukola ekibi kino nga takyasobola kulokoka, oba bw’aba nga yalokolebwa, nga kigenda kumufiiriza obulokozi bwe.
> Entaputa y’Amazima A Eyokubiri: Omuntu asobola okukola ekibi kino ekiraga nti omutima gwe gukakanyadde eri omulimu gw’Omwoyo Omutukuvu ogw’okulumiriza omuntu okumuleeta mu bulokozi

Kya nnaku nti abatali bakkiriza n’abakkiriza bombi babadde babeera wansi w’okutya okukola ekibi kino n’okulowooza nti bamaze okuggyibwako ebisaanyizo okuva mu bulokozi. Eky’okuba nti gano ge Mazima A kyeyoleka bulungi okuva ku b’ani Yesu b’ayogereramu. Abawuliriza be Bafalisaayo n’abawandiisi abatakkiriza, abalumiriza Yesu okukolagana ne Setaani (Mat. 12:24-30; Mak. 3:22-27). Ebigambo byabwe ebirumiriza Yesu byamuleetera okwogera ku kibi ekitayinza kusonyiyibwa. Obulokozi obutaggwaawo bukulu nnyo kubanga ekibi kino tekiyinza kusonyiyibwa era kireeta okusalirwa omusango emirembe gyonna (Mat. 12:32; Mak. 3:29).

Yesu tayogera ku kugaanibwa kwe eggwanga lya Yisirayiri, kubanga Ye yagamba nti "omuntu yenna," ekitegeeza abantu ssekinnoomu. Ate era, okulabula kukwata ku kibi ekimu ekisinga ku ky'obutakkiririza mu Yesu ng'Omulokozi. Era kirabika nga si ky'ekibi eky'okulumiriza Kristo okukolagana ne Setaani, nga bwe kiri eky'entiisa. Yesu agamba nti okuvvoola kuyinza okusonyiyibwa (Mat. 12:31; Mak. 3:28). Waliwo okuvvoola kumu kwokka okutasonyiyibwa, era si kuvvoola mu ngeri ey'enjawulo ku Kristo, naye ku Mwoyo Mutukuvu. Abamu kino bakitaputa ng'ekibi ekisobola okukolebwa abatakkiriza nga Kristo aliko ebyamagero byakola mu we yabeerera ku nsi oba mu bwakabaka obw'omu maaso. Kyokka ensonga, kirabika ngeri ku ndowooza ya mutima okusinga ekiseera we kibeererawo.

Ekisinga okukola amakulu mu njogera eno enzibu kwe kuba nti Yesu ayogerako ku kusambajja mu bugenderevu n'okuvuma obujulizi bw'Omwoyo Omutukuvu bw'alina ku Kristo.Ekibi kino kyeyolekera mu kulumiriza okwekisirusiri nti Yesu Kristo y'ali akolagana ne Setaani. Kitaffe awa obujulirwa eri Omwana okuyita mu byombi, obunnabbi n'okusiimibwa kwe mu bigambo mu kiseera eky'okubatizibwa kwa Kristo. Omwana y'ajulira okuyita mu bigambo bye n'ebikolwa bye. Obajulizi buno bwalabikira ku ngulu. Naye Omwoyo Omutukuvu ajulira okuyita mu buweereza bwe obw'omunda obw'okulumiriza (Yok. 16:7-11). Omwoyo bw'amatiza omuntu atakkiriza ku kiki Yesu Kristo ky'ali, era omuntu oyo wadde kiri kityo ye n'amulumiriza (Omwoyo) nti wa Setaani, abeera avodde Omwoyo Omutukuvu. Okukubaganya ebirowoozo kwa Matayo okugoberera okulabula kuno kuggumiza engeri ebigambo by'omuntu gye biraga embeera y'omutima gwe olwo *"n'osalirirwa omusango olw'ebigambo byo"* (Mat. 12:33-37). Okulumiriza nti Yesu wa Setaani kiraga obuzibe bw'amaaso mu mpisa z'omuntu okubeera ng'ekitangaala akiyita ekizikiza. Kyoleka omutima ogukalubye okusukka essuubi ly'okusonyiyibwa, kubanga wabeera tewali kisigadde kusikiriza muntu wa munda Obujulizi bw'Omwoyo Omutukuvu bwe bugaanibwa era ne buvumibwa. Atakkiriza yenna avvoola Omwoyo Omutukuvu abeera ayolesa embeera ey'omwoyo omubi ogukutte endowoooza okumuziyiza okukkiriza enjiri.

Okusinziira ku ntaputa eno, omuntu amanyi kyakola era mu ngeri ey'obukambwe ng'agaana era n'avuma obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu obumusindiikiriza okujja ewa Kristo oyo y'akola ekibi kino leero. Kyandibadde kizibu okumanya omuntu agaana mu bugenderevu obujulirwa

bw'Omwoyo Omutukuvu era nga takikola mu butamanya, naye ekyo Katonda yekka y'akimanyi.

Bwe wabaawo Amazima B agaliwo mu kulabula kuno, kiba kiraga bivaamu. Bw'oba ng'oli mukkiriza, olwo oba oyanukulidde bulungi obujulirwa by'Omwoyo Omutukuvu obukwata ku Kristo. Kino kireeta obukakafu nti tosobola kukola kibi kino era n'obulokozi bwo tebuli mu lusuubo. Singa omukkiriza yeeraliikirira okukola ekibi kino, obwo buba bujulizi nti akyayanukulira bulungi eri obujulirwa bw'Omwoyo Omutukuvu. Ate era, ng'abakkiriza, tulina obukakafu nti ekisa kya Katonda kikola ku kibi kyonna (Bar. 5:20; Bak. 2:13). Eri atakkiriza, singa yeraliikirira okukola ekibi kino, obwo nabwo bubeera bujulizi nti ali mu lusuubo olw'okukkiriza obujulirwa bw'Omwoyo ku Kristo. Kino tuyinza okukyogera nga tukissaako essira nti: Abo abakkiririza mu Yesu Kristo ng'omulokozi balokolebwa era n'ebibi byabwe *byonna* ne bisonyiyibwa.

**Oyo agumiikiriza okutuusa ku nkomerero. Matayo 24:13 (laba. Mat. 10:22;Mak. 13:13; Luk. 21:19)**

> *"Naye abo abaligumiikiriza okutuuka ku nkomerero be balirokolebwa."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omuntu oyo yekka eyeeyongera okukola ebikolwa ebirungi era n'okukkiriza okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwe y'alifuna obulokozi oba y'alikakasa nti yalokolebwa.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abayisirayiri abo bokka abalibaawo mu kubonyaabonyezebwa ne bagumira okuyigganyizibwa okutuusa Kristo lw'alikomawo be balinunulwa mu mawanga agabakijjanya.

Enjogera eno eri mu Matayo ne mu M a k k o ekozesebwa abamu okuyigiriza nti abo abayitibwa Abakristaayo bateekwa okwefunyirira mu kukkiriza n'ebikolwa ebirungi okusobola okukakasa obulokozi bwabwe nti bwa ddala, ng'eyo y'entaputa y'Amazima A.

Wadde ng'abo abakkiriza nti Bakristaayo bateekwa okugumiikiriza okukakasa nti baklokole ba ddala, tebasobola kukkiriza nti okulafuubana kwe kubaweesa obulokozi. Tekiriiko kuwannaanya, nti endowooza eno nkyamu, kubanga bwe kiba ng'okugumiikiriza kwe kuweesa omuntu obulokozi, olwo kitegeeza nti okugumiikiriza kwetaagisa eri omuntu okufuna obulokozi. Kuno kubeera kugatta ekintu ekirala ku kukkiriza mu Yesu Kristo ng'Omulokozi omuntu kw'aba yakola. Obulokozi olwo bwandibadde buyita mu kukkiriza ng'ogasseeko n'ekikolwa, ekintu ekikontana n'ekikula

ky'ekisa kya Katonda eky'obwereeere. Abamu bayinza okugezaako okwewala endowooza eno nga balongoosa endaba yaabwe okugamba nti okukkiriza okw'amazima okulokola kwe kukkiriza *okuliko ebikolebwa*, naye kino tekiggyawo nsobi ey'okuddira ebikolwa okubifuula ebisaanyizo by'obulokozi.

Entaputa y'Amazima A ennyonnyola "enkomerero" okutegeeza enkomerero y'obulamu bw'omuntu. Naye eno tefa ku nsengeka ey'enjawulo n'ebiribaawo ku nkomerero ebyo Yesu byayogerako. Omulamwa gulaga "enkomerero" kyetegeeza. Kirabika bulungi nti Matayo (ne Makko) gwogera ku mbeera mu biseera by'okubonyaabonyezebwa kwa Isirayiri okw'ekitalo (ekirabika okuba nga gwe mulamwaogw'enjogera efaanagana mu Mat. 10:22). Mu kwanukula ekibuuzo ky'abayigirizwa ku madda ge (24:3) Yesu asooka kwanukula ekibuuzo ekisembayo ku nkomerero y'emirembe. Yesu bw'ayogera ku "nkomerero" mu nnyiriri 6, 13, ne 14, kirina amakulu ge gamu— enkomerero y'emirembe efundikira n'ekiseera ky'Okuyigganyizibwa. Mu kiseera ekyo eky'okunakuwala okw'ekitalo, Abayudaaya bagenda kukyayibwa era n'okuttibwa amawanga gonna (24:9), nga balibwaamu olukwe bannansi bannaabwe (24:10), nga balimbibwa bannabbi ab'obulimba (24:11), era n'okubeera mu kiseera ky'abantu abataliimu ka buntu era n'obutabaawo bw'okwagalana (24:12). Oluvannyuma lw'olunyiriri 13, obunnabbi bwa Yesu mu bujjuvu ebigenda okubaawo, mu butuufu nga boogera ku kujja kwe (24:14ff.). Wadde nga Abayisirayiri bajja kuttibwa, abo abaligumira obulumi *bw'okubonyaabonyezebwa okw'enkomerero* (si nkomerero ya bulamu bwabwe, eyo nga y'entaputa y'Amazima A) bajja kununulibwa ("kulokolebwa") mu balabe baabwe, mu mawanga agabakyawa. So "okununulibwa kuno okw'essaawa esembayo" okwa Isirayiri ngaYesu Kristo y'akikola, bwali bunnabi bwa Baibuli obutaliiko kabuuza (Zak. 12:2-9; Bar 11:26). Kino ky'ekyokulabirako eky'ekigambo *kulokolebwa* ng'ajuliza okununulibwa okuva mu kabi, so si kuwona ggeyeena. Kya ddala, ggeyeena teyogerwako mu kitundu kino. Kino kyali kyogera ku Mazima B kubanga okugumiikiriza okutuusa ku nkomerero tekikwatagana ku bulokozi obw'olubeerera naye n'okununulibwa kwa bantu ba Katonda okw'ekiseera obuseera. Mu lunyiriri olwa 22, Yesu agamba, "Era singa ennaku ezo tezaakendeezebwa, tewandibaddewo yandirokose…" Kirabika ng'ekigambo "tewali muntu" omuli ne Bannamawanga eyandinunuddwa. Olugero lw'endiga n'embuzi mu Matayo 25:31-46 lulaga nti Bannamawanga ("amawanga") bagenda kubaawo mu biseera by'okubonyabonyezebwa.

Ebyafaayo bya Isirayiri by'ebyafaayo by'ekisa kya Katonda. Baalondebwa Katonda okubeera abantu ab'enjawulo. Wadde nga baakolanga ekibi olutata, Katonda yabakuuma okuyita mu byafaayo

byonna. Era agenda kwongera okubakuuma ne mu biseera eby'omu maaso, si lwa kuba nti bakigwanira, naye lwa kuba ye mwesigwa eri ebisuubizo bye okubituukiriza. Ffe abaalokolebwa ekisa kya Katonda tusigala tuli balokole olw'ekisa kye, era ku nkomerero agenda kugulumizibwa era olw'ekisa kye, si lwa kuba nti tukigwanira, naye lwa kuba ekyo ky'ekisuubizo kya Katonda kye yasuubiza bonna abakkiriza (Yok 3:16; 5:24; Bar, 8:29).

**Olugero lw'ebika eby'ettaka. Luk. 8:4-8, 11-15 (laba. Mat. 13:1-9; Mak. 4:2-20)**

4 *Awo ekibiina kinene bwe kyali kikuŋŋaana, nga n'abantu abava mu buli kibuga bajja eri Yesu, Yesu n'abagerera olugero luno nti,*
5 *"Omulimi yagenda mu nnimiro ye okusiga ensigo. Bwe yatandika okusiga ensigo, ezimu ne zigwa ku mabbali g'ekkubo ne bazirinnyirira, n'ebinyonyi eby'omu bbanga ne bizirya.* 6 *Ensigo endala zaagwa ku lwazi, bwe zaamera ne zikala kubanga tezaalina mazzi.* 7 *Ensigo endala zaagwa mu maggwa, bwe zaamera n'amaggwa nago ne gakula ne gazizisa.* 8 *Naye ensigo endala n'azisiga mu ttaka eddungi, ne zikula ne zibala ebibala emirundi kikumi." N'amaliriza ng'agamba nti, "Alina amatu okuwulira awulire!"*

11 *"Kale, amakulu g'olugero olwo ge gano: Ensigo ky'ekigambo kya Katonda.* 12 *Ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo, be bawulira ekigambo, naye Setaani n'ajja n'akibaggyako mu mutima gwabwe, si kulwa nga bakkiriza ne balokolebwa.* 13 *Ezaagwa ku lwazi be bawulira ne basanyukira ekigambo, kyokka ne kitaba na mmizi. Be bakkiriza, naye okugezesebwa bwe kujja ne bagwa.* 14 *Ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo, naye okweraliikirira n'obugagga n'amasanyu g'omu bulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi.* 15 *Naye ezaagwa ku ttaka eddungi be bantu abalungi era abeesigwa, era bakuuma ekigambo ku mitima ne babala ebibala n'obugumiikiriza."*

Entaputa y'Amazima A: Olugero luno luyigiriza nti waliwo abamu aboogera ku Kristo naye nga si balokole aba namaddala, oba nga baalokolebwa naye ne bafiirwa obulokozi bwabwe kubanga tebaagenda mu maaso na kubala bibala.

> Entaputa y'Amazima A: Olugero luno luyigiriza nti waliwo abamu aboogera ku Kristo naye nga si balokole aba namaddala, oba nga baalokolebwa naye ne bafiirwa obulokozi bwabwe kubanga tebaagenda mu maaso na kubala bibala.
>
> Entaputa y'Amazima B: Olugero luyigiriza nti waliwo abantu abamu ng'abakkiriza naye nga tebagenda mu maaso n'okubala ebibala ng'abalala bwe babala.

Luno lwe lugero lwa Kristo olwasooka, era lugendereddwamu okunnyonnyola ekigendererwa ky'engero zonna era n'okulaga engeri abantu gye bakwatamu amazima ga Katonda. Yesu akozesa engero okutangaaza abo abakkiriza amazima n'okulemesa abo abatakikkiriza okutegeera kyategeeza. Kristo annyonnyola ekigendererwa kino emabegako nga tannalutaputira bayigirizwa be (Mat. 13:10-17; Mak. 4:10-12; Luk. 8:9-10). Mu mulamwa omunene ogw'essuula ezikulembera 11-12 ezisoose, abakulembeze ba Isirayiri tulaba nga bawakanya okuyigiriza kwa Kristo, era ng'abavumirira. Kaakati ayogera amazima ge batajja kutegeera, naye abagoberezi be bajja kugategeera. Bwe kiba nti Yesu ageraageranyizibwa ku musizi, ensigo esigibwa ge mazima g'ekyo kye yeeyita nti ye Masiya wa Isirayiri, nga guno gwe mulamwa omukulu mu kitundu kino.

Tewali butakkaanya nti ettaka erisooka, ensigo yaalyo yanyagibwa omubi ng'akiikirirwa ebinyonyi, akiikirira abo abatalokokangako. Lukka atuyamba mu kutaputa kuno kuno ng'agattako nti bano be bantu Setaani baziyiza okutegeera amazima "baleme okukkiriza n'okulokolebwa" (Luk. 8:12). Era tewali butakkaanya bungi ku ttaka ery'okuna nti likiikirira abo abakkiriza amazima ne beeyongera mu go okubala ebibala (wadde abamu bandyogedde nti tetusobola kumanya nti baalokolebwa okuggyako nga babala ebibala okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwabwe).

Ng'ayogera ku ttaka eryasooka, Yesu alaga nti obulokozi bwesigamiziddwa ku kukkiriza. Mu ttaka lino lyokka erisooka tewaali kumera kubanga awo tewaaliwo kukkiriza. Ettaka eryokubiri n'ery'okusatu entaputa we zaawukanira, kubanga ettaka lino ery'emirundi ebiri lizaala obulamu ekitegeeza nti waaliwo okukkiriza. Ettaka eryokubiri lizaala obulamu, naye ekimera kiwotoka mangu kubanga ettaka lisinga kuba lya njazi nga tewali mazzi. Ettaka ery'okusatu nalyo livaamu obulamu, naye amaggwa agakiikirira emitawaana n'amasanyu g'obulamu biziyiza ekimera okukula. "Teribala bibala" okusinziira ku Matayo ne Makko (Mat. 13:22; Mak. 4:19), naye Lukka abuzaabuzaamu bw'agamba nti ebyo bikiikirira "obutaleeta bibala bikuze bulungi" (Luk. 8:14). Kisoboka okuba nga balina ebibala, naye nga si bikulu. Ddala ettaka eryokubiri n'eryokusatu likiikirira abantu aboogera ku Kristo ng'Omulokozi waabwe, oba ky'amazima ddala nti baali baalokolebwa?

Twetegereza ebintu ebiwerako ebituyamba mu ntaputa yaffe. Ekisooka, ettaka lyombi liraga okubeerawo kw'obulamu, okwawukana ku ttaka

erisooka eritalagangako bulamu kubanga omulabe takkiriza mazima kutuuka ku mitima gyabwe. Kino kitulaga nti amazima gatuuka ku mitima gy'ekibinja ekyokubiri era n'eky'okusatu era obulamu obw'obwakatonda ne bulabisibwa. Lukka agamba bulungi nti ekibinja eky'okubiri "be bakkiriza ekigambo n'essanyu . . . bano be bakkiriza okumala akaseera" (Luk 4:13). Ekizibu tekiri ku butuufu bwa kukkiriza kwabwe, wabula ebbanga lye bamala nga bakyakkiriza. Ekibinja ekyokusatu nakyo kyolesa obulamu, naye nga kiziyizibwa —si mu butabeerawo bwa bulamu, wabula mu kubala ebibala.

Entaputa y'Amazima B ekola amakulu mangiko kubanga ensonga olugero gye lulaga si kugumiikiriza okutuuka ku bulokozi, wabula okugumiikiriza okutuuka ku bibala. Abantu abamu abakkiririza mu Kristo tebeyongerayongera nnyo kubala bibala. Ensonga eva ku kikula ky'emitima gyabwe. Abo abagenda mu maaso n'okubala ebibala emitima gyabwe gisigala gigondera amazima ga Katonda, kale nga migonvu nti okusoomoozebwa n'okuwugulaza ebirumba okukkiriza kwabwe tebiziyiza kulemesa kukula kwabwe okuvaamu ebibala.

Olugero luno lubikkula amazima amakulu eri abakkiriza: Buli muntu alina omukisa okugondera amazima ga Katonda, era Katonda ayagala buli muntu agondera amazima ge okugumiikiriza mu kukkiriza olw'obulamu obubala ebibala. Ekituufu kiri nti, bangi bawugulibwa ebigezo ebisomooza okukkiriza kwabwe, oba amasanyu g'ensi ebibaziyiza okukula okw'amaanyi. Lino ly'essomo eri ffe okusigala mu mazima g'Ekigambo kya Katonda n'okulondoola emitima gyaffe tusobole okubeera bulijjo nga tugondera ekyo Katonda ky'ayogera.

## Engero ez'eky'obugagga ekikusike ne luulu ey'omuwendo omungi ennyo. Matayo 13:44-46

> 44 *"Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'ekyobugagga ekyakwekebwa mu nnimiro omuntu omu bwe yakigwikiriza. Olw'essanyu lye yafuna n'agenda n'atunda bye yalina byonna, n'agula ennimiro eyo.* 45 *"Ate era obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana ng'omusuubuzi w'amayinja ag'omuwendo omungi eyali anoonya amayinja ag'omuwendo,* 46 *bwe yazuula ejjinja erimu ery'omuwendo n'agenda n'atunda bye yalina byonna n'aligula."*

Entaputa y'Amazima A: Engero zino ebbiri ziyigiriza nti okuyingira obwakabaka bwa Katonda omuntu alina okuwaayo buli kintu era n'asasula omuwendo omunene.

Entaputa y'Amazima B: Engero zino ebbiri ziyigiriza nti ekyama ky'obwakabaka kiri nti bujja kubaamu abantu ba

Katonda ab'omuwendo ab'emirundi ebiri, Yisirayiri ne Bannamawanga, be yagula n'omuwendo omunene ennyo.

Entaputa esooka etunuulira engero n'eziyigiriza ku muwendo omunene ogw'obwakabaka n'omuwendo omungi ogw'okubuyingiramu – nga ky'ekigendererwa eky'okubuulira enjiri. Wabula omulamwa teguwagira ndowooza eno. Ekigendererwa ky'engero zino kwe kukweka amazima eri abatakkiriza n'okubikkula amazima eri abakkiriza (Mat. 13:10-17; Mak. 4:10-12; Luk. 8:9-10). Kwe kuyigiriza "Ebyama by'Obwakabaka obw'omu ggulu," kwe kugamba, amazima amapya agakwata ku bwakabaka bwa Katonda. Yesu ayigiriza ku kikula ky'obwakabaka ekiraga ekintu ekipya ku bwo. Bw'aba nga nga kye yali ayigiriza kyokka y'engeri y'okuyingira mu bwakabaka ng'osasula omuwendo gw'obuyigirizwa, okuyigiriza kuno tekwandibadde kupya eri abayigirizwa kubanga Yesu emabegako yali yayogera ku bukwakkulizo bw'obuyigirizwa (Mat. 10:32-33; 37-39; 11:28-30). N'ekirala, Katonda takweka mazima ga njiri eri abatali bakkiriza.

Okuyigiriza okupya "okw'ekyama" kuli nti abo Abayudaaya n'abo Bannmawanga bajja kuba wamu mu bwakabaka. Mu lugero olusooka, eky'obugagga ekiri mu nnimiro kikiirira Isirayiri mu nsi. Bakwekebwa okumala ekiseera kubanga basaasaanidde mu mawanga, naye bajja kuddamu okukuŋŋaanyizibwa era bakomezebwewo ku lw'Oyo eyasasula omuwendo omunene ku lwabwe —Yesu Kristo. Mu lugero olwokubiri, luulu ey'omuwendo eyogera ku kkanisa etakwekebwangako, naye era nga nayo yagulibwa omuwendo omunene ennyo —okufa kwa Yesu Kristo.

Yesu yajja "okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula" (Luk. 19:10). Ye yagula Isirayiri n'ekkanisa ng'ayita mu kufa kwe ku musaalaba. Oyo atakkiriza talaba mugaso mu Katonda ogumuleetera okugula obwakabaka bwa Katonda. (Nate era tukimanye, mu lugero olusooka, si kya bugagga kyokka kye kigulibwa, naye era n ennimiro, ekyandibadde kinnyonnyolwa singa gano gabadde Mazima A).

Amazima B gayigiriza ekintu eky'omuwendo ekibadde tekinnabikkulwa. Naye abakkiriza kye beetaaga okumanya. Abantu ba Katonda, nga ye Isirayiri, n'abantu ba Katonda, nga y'ekkanisa, abagenda okuba awamu mu bwakabaka. Katonda bw'atyo ebibinja byombi abitwala nga bikulu eri ye, ky'ekyo lwaki yabisasulira omuwendo ogusinga obunene—Omwana we yennyini. Ng'Abakristaayo, tusobola okwewuunya ku bufuzi bwa Katonda, amagezi, n'ekisa ekinunula Isirayiri era n'okusitula ekkanisa okuva mu Bannamawanga okubeera awamu mu bwakabaka bumu.

**Olugero lw'omuddu atasonyiwa. Matayo 18:21-35**

[21]*Awo Peetero n'ajja n'abuuza Yesu nti, "Mukama wange, muganda*
*wange bw'ansobyanga musonyiwanga emirundi emeka? Emirundi*
*musanvu?"*[22] *Yesu n'amuddamu nti, "Sikugamba nti emirundi*
*musanvu naye emirundi nsanvu emirundi musanvu."*[23]*Awo Yesu*
*n'agamba nti,"Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa nga*
*kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby'ensimbi, n'abaddu be.*
[24]*Bwe yatandika okubikebera ne bamuleetera gw'abanja ettalanta*
*omutwalo gumu.* [25] *Naye olw'okuba ng'omusajja teyalina nsimbi za*
*kusasula bbanja eryo, Mukama we kyeyava alagira batunde omusajja*
*oyo ne mukazi we n'abaana be n'ebintu bye byonna ebbanja liggwe.*[26]
*"Naye omuddu oyo n'agwa wansi mu maaso ga Mukama we,*
*n'amwegayirira nti, 'Ngumiikiriza, nzija kukusasula ebbanja*
*lyonna.'*[27] *"Mukama we n'asaasira omuddu oyo n'amusonyiwa*
*ebbanja lyonna!*[28] *"Omuddu oyo bwe yafuluma n'asanga munne gwe*
*yali abanja eddinaali kikumi, n'amugwa mu bulago nga*
*bw'amugamba nti, 'Ssasula kye nkubanja.'"*[29] *"Naye munne n'agwa*
*wansi, n'amwegayirira ng'agamba nti, 'Ngumiikiriza,*
*nnaakusasula.'*[30] *"Naye amubanja n'agaana okumuwuliriza,*
*n'amuteeka mu kkomera akuumirwe omwo okutuusa lw'alisasula*
*ebbanja lyonna.* [31]*Awo baddu banne bwe baakiraba ne banakuwala*
*nnyo, ne bagenda bategeeza Mukama we ebigambo bye balabye.*[32]
*"Awo Mukama we n'atumya omuddu gwe yali asonyiye n'amugamba*
*nti, 'Oli muddu mubi nnyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna,*
*kubanga wanneegayiridde,* [33]*naye ggwe kyali tekikugwanira kusaasira*
*muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?'* [34]*Mukama we kyeyava*
*asunguwala nnyo, n'amukwasa abaserikale bamusse mu kkomera*
*okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna.*[35] *"Kale ne Kitange ali mu*
*ggulu bw'atyo bw'alibakola singa mmwe abooluganda temusonyiwa*
*okuva mu mitima gyammwe."*

Entaputa y'Amazima A: Omuddu eyasonyiyibwa ebbanja eddene naye n'agaana okusonyiwa b'abanja akiikirira omuntu atalokokangako, oba eyalokoka naye n'afiirwa obulokozi bwe, era ng'ajja kutulugunyizibwa mu ggeyeena.

Entaputa y'Amazima B: Omuddu eyasonyiyibwa ebbanja eddene naye n'agaana okusonyiwa b'abanja akiikirira omuntu eyalokoka naye ng'ajja kufuna okusaasirwa kutono okuva eri Kitaffe ow'omu Ggulu mu bwakabaka.

Oboolyawo ekireetera abantu okulaba ggeyeena mu kitundu kino lwe lunyiriri 34 olwogera ku muddu atasonyiwa eyaweebwayo eri “abambowa.” Ebyava mu kikolwa kye nga bwe byaddiriἠἠana tebyegaanika. Kyokka, bwe twetegereza n’obwegendereza tewagamba nti omuddu ataasonyiwa nti mu butuufu yatulugunyizibwa. Okutulugunya kuyinza okuba nga kwaliwo, naye wadde kyali bwe kityo, era twetegereza nti ekibonerezo kye kyali kya kusibibwa okutuusa ng’ebbanja lye lyonna lisasuddwa eri Mukama we yennyini, nga kino tekijuliza ku kugenda mu ggeyeena. Ennono eri wano efunzibwa mu lunyiriri 35 nga twetegereza nti abo abatasonyiwa balala Katonda tajja kubasonyiwa. Eno y’ennono y’emu gye twayogeddeko emabegako mu Matayo 6:14-15 (era ne Mak. 11:25-26), n’olwekyo tekyetaagisa kweyongera kukinnyonnyola mu bujjuvu, okuggyako okwejjukiza nti kino kyogera ku kisonyiwo eky’okussa ekimu wakati Katonda n’omukkiriza (Amazima B), so si kisonyiwa eky’ekifo ky’omukkiriza mu kuweebwa obutuukirivu (Amazima A). Anti ekyaleetesa Yesu olugero luno ky’ekibuuzo kya Peetero ku mirundi emeka gye tusaanidde okusonyiwa “ow’oluganda” (Mat. 18:21).

Nga bulijjo, bw’oba ovvuunula olugero, kikulu okutegeera ensonga enkulu era olowooze ku bisoko oba okugeraageranya okukozeseddwa. Tulina okwegendereza obutasima nsonga kugenda wala nga tugitegeerera ku ngulu. Mu lugero luno, mazima ddala abambowa bakiikirira ebizibu eby’amaanyi ebiva mu mbeera eyo, naye ensonga enkulu erabika nti omuddu atasonyiwa ajja kwolekagana n’ebizibu eby’amaanyi, wabula si nti ajja kutulugunyizibwa mu ngeri eya bulijjo gye tumanyi.

Si ntaputa y’Amazima B yokka ye yettanirwa wano, wabula okukwatagana kw’enfundikira eno kuva mu Yakobo 2:13 eyawandiikibwa eri “ab’oluganda” (Yak. 2:1). Ffe abakkiriza, abagenda okusalirwa omusango n’etteeka ery’eddembe, tujja kufuna okusalirwa omusango awatali kusaasira bwe tuba nga tetusaasira balala (Yak. 2:12-13). Omusango gwokka abakkiriza gwe balisisinkana gwe gwo ogulibeera ku Ntebe ya Kristo kw’asalira Omusango (laba Yak. 3:1 kikozesebwa abasomesa b’Ekigambo kya Katonda).

Nga Abakristaayo abasonyiyibwa ebibi byaffe byonna mu Kristo, tekikwatagana era kiraga obutasiima singa tetusonyiwa abo abatusobya. Kino Katonda ajja kukitunuulira mu bwakabaka era abonereze nnyo abo abaali batasonyiwa.

## Olugero lw’ekijjulo ky’embaga y’obugole. Matayo 22:1-14

1 *Yesu n’addamu n’ayogera nabo mu ngero ng’agamba nti,* 2
*“Obwakabaka obw’omu ggulu bufaanana nga, kabaka eyategekera*

*omwana we embaga ey'obugole.* [3] *N'atuma abaddu be okuyita abaayitibwa ku mbaga, ne batayagala kujja.4 "Kabaka n'abatumira abaddu abalala babategeeze nti, 'Mutegeeze abayite nti nteeseteese, ekijjulo, zisseddume zange n'ente ensavuwazze zittiddwa, era buli kimu kitegekeddwa. Mujje ku mbaga.'* [5] *"Naye ne batassaayo mwoyo, omu n'alaga mu nnimiro ye, omulala n'alaga mu bya busuubuzi bye.* [6]*Abalala ne babakwata ne bababonyaabonya ne babatta.* [7] *Awo Kabaka n'asunguwala, n'ayungula ekibinja ky'abaserikale n'azikiriza abatemu abo, n'ayokya ekibuga kyabwe.*[8] *"Awo kabaka n'agamba abaddu be nti, 'Ekijjulo ky'embaga kiteekeddwateekeddwa, naye abaayitibwa ne batasaanira.* [9] *Noolwekyo mugende mu nguudo z'omu kibuga muyite abantu bonna be munaasangayo bajje ku mbaga.'* [10] *Abaddu bwe baagenda mu nguudo, ne bakuŋŋaanya buli gwe baasanga, ababi n'abalungi, ekisenge ky'embaga ne kijjula abagenyi.*[11] *"Kabaka bwe yayingira okulaba abaali batudde ku mmeeza, n'alaba omusajja eyali tayambadde kyambalo kya mbaga.* [12] *Kabaka n'amubuuza nti, 'Munnange, oyingidde otya wano nga toyambadde kyambalo kya mbaga?' Omusajja nga talina ky'addamu.*[13] *"Awo kabaka n'alagira basajja be nti, 'Mumusibe emikono n'amagulu mumukasuke ebweru mu kizikiza ekikutte be zigizigi, eri okukaaba n'okuluma obujiji.'*[14] *"Abayitibwa bangi, naye abalondemu batono."*

Entaputa y'Amazima A: Omusajja eyali ku mbaga eyali talina kyambalo kituufu teyali mulokole, kale n'asuulibwa mu ggeyeena, ng'eyitibwa ekizikiza eky'ebweru.

Entaputa y'Amazima B: Omusajja ku kijjulo ky'embaga eyali talina kyambalo kituufu yali mulokole naye nga tasaanira miganyulo gya njawulo mu bwakabaka.

Olugero luno lusomooza amaanyi gaffe ag'okwetegereza n'agobulombolombo bw'ebyo ebituyigirizibwa. Era kino kitusoomooza okutaputa obulungi engero.

Bwe tubeera tuvvuunula olugero, tusaanidde okuziyiza ekikemo eky'okwogera ku buli kintu. Ebiseera ebisinga olugero lubeera n'ensonga emu oba bbiri enkulu ezibeera zoogerwako mu mboozi eyo. Mu nsonga y'olugero luno, bye tulina okumanya byangu era bitegeerekeka bulungi. Waliwo kabaka ayita abantu ku mbaga ya mutabani we, naye ne bagaana okujja. Olwo kabaka n'ayita abalala abataali mu nteekateeka eyasooka era ne bajja mu bungi. Bangi bajja ku mbaga, naye omusajja omu eyajja teyalina kyambalo kisaanira mukolo. Ono yagobebwa ku kijjulu ky'embaga.

Ku lw'obufunze n'okutuuka amangu ku nsonga eriko enkaayana ku nkomerero y'olugero, katwogere ekyeyoleka amangu. Olugero lulaga

eky'Abafalisaayo n'abakulembeze b'Abayudaaya abasooka okuyitibwa mu bwakabaka, naye ne bajeemera okuyitibwa okwo n'okutuuka okutta abaddu ba kabaka (22:1-6). Yesu yalina obwenkanya bwe yagamba nti obwakabaka bujja kuggyibwa ku bakulembeze b'Abayudaaya buweebe abalala (Mat. 21:43), kale ekirowoozo ekyo kye kivaamu olugero luno. Kabaka ayingira mu nsonga ng'atta abatemu n'okwokya ekibuga kyabwe (22:7), ekiyinza okuba nga kya bunnabbi okujuliza ku kuzikirizibwa kwa Yerusaalemi nga kikolebwa Abaruumi mu mwaka gwa A.D. 70 (laba. Mat.24:2). Olwo okuyitibwa kugenda eri abo abasukka obukulembeze bwa Isirayiri obwayonooneka ne kugenda eri omuntu yenna (bombi "ababi n'abalungi"), era okuyitibwa bakwanukula mu bungi; ekisenge ky'embaga kijjudde abagenyi bano (22:8-10). Kino kifaananyizibwa abo bonna abakkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi mu mulembe gw'ekkanisa, ekiseera ekyalagulwa Kristo mu Matayo 16:18. Bano be bayingira mu bwakabaka.

Kaakati essira lidda ku mugenyi omu mu bangi. Mazima ddala mu mboozi eno akiikirira ekika ky'omukkiriza mu bwakabaka. Kabaka yeetegereza omusajja ono era n'amubuuza olw'obutayambala bulungi ku mbaga. Kino kitujjukiza Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango, ebikolwa by'abakkiriza we biriteekebwa mu kakuŋŋunta era bye baakola ne bitunuulirwa. Oluvannyuma omusajja oyo asibibwa n'asuulibwa mu "kizikiza eky'ebweru."

Waliwo abamu abataputa ensonga enkulu ey'olugero luno nti eyogera ku ani agenda oba atagenda mu ggulu. Okusinziira ku ndowooza eno ey'Amazima A, bagamba nti omusajja eyali tayambadde mu ngeri esaanira, yali talina butuukirivu bwa Kristo obutubalirwako era n'olwekyo n'asuulibwa mu ggeyeena. Abamu boogera nti obulokozi si kwe kukkiriza obukkiriza enjiri kyokka; emirimu emirungi girina okuwerekerezebwa ku bulokozi obw'amazima. Naye kino kireeta ekizibu ekinene ennyo mu lugero —Ngeri ki omusajja ataali mulokole gye yasobola okuyingira mu mbaga, kwe kugamba, mu bwakabaka? Era bw'aba nga yali mulokole, okumugoba kitegeeza nti y'afiirwa obulokozi bwe?Endowooza zino zombi tezikkirizika.

Ebintu ebirala ebimu bifuula entaputa eyo okubeera nga tekkirizika. Ekisooka, omusajja *yakkiriza* okuyitibwa okwo, obutafaananako n'abalala abaagaana okujja. Ekyokubiri, era waali wagenda kubaawo ekijjulo ky'embaga (22:4) munda mu mbaga, naye yagobebwa kw'ekyo kyokka. Ekyokusatu, kabaka yamuyita "mukwano," ekigambo ekiyitibwa omuntu gw'oyagala. Okusinziira ku bintu bino tumaliriza nga tugamba nti omusajja ono akiikirira abakkiriza, nga newankubadde baalokolebwa era nga bali mu bwakabaka, tebeeetaba mu bujjuvu mu kijaguzo ne Kabaka n'Omwana we, Yesu Kristo. Okwawukanako n'okutaputa nti ekyambalo ky'embaga nti bwe butuukirivu bwa Kristo obutubalirwako, kirungi okukiraba ng'ekyambalo ekyogerwako mu Kubikkulirwa 19:7-8--ebikolwa eby'obutuukirivu eby'abatukuvu. Weetegereze nti kabakyaza yali tagaba byambalo bya mbaga. Bubeera buvunaanyizibwa bwa buli mugenyi. Kyokka, omusajja ono atafaayo yalagajjalira okwetegekera omukolo guno omukulu. Weetegereze era nti omusajja ono talina kya kwewozaako (22:12). Yali amanyi bulungi eky'okukola; teyeteekateeka;

omusango gwamusinga.

Kino kikwatagana bulungi n'ekisuubirwa ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango. Newankubadde ng'abakkiriza bonna bajja kuba mu bwakabaka, abamu bajja kuba beetegekedde n'obulamu obw'ebikolwa ebirungi ate ng'abalala bajja kusangibwa nga tebeetegese. Nga tukozesa ekifaananyi ky'Entebe ya Kristo ekiri mu 1 Abakkolinso 3:11-15, 16 abamu balirabika nga bambadde engoye eza zaabu, ne ffeeza, n'amayinja ag'omuwendo, ate abalala bajja kwambala ebigoyegoye ebikoleddwa mu mbaawo, omuddo n'ebisagazi. Abakkiriza baalabulwa (Bar. 14:10-12; 2 Kol. 5:10) era tebajja kuba na kyakwekwasa singa baliba tebeetegese.

Ekiwaliriza abangi okutaputa olugero luno ng'Amazima A ky'ekifaananyi ky'omugenyi eyali teyetegese okusibibwa era "n'okusuulibwa" mu "kizikiza eky'ebweru" awali "okukaaba n'okuluma obugigi." Kino kitera okutaputibwa ng'ekitegeeza okusuulibwa mu ggeyeena. Naye tulina okukkiriza nti emboozi eno ejjudde obubonero obukozesebwa ng'ekyokulabirako obutalina kutwalibwa butereevu nga bwe buli. Mazima ddala emmere, amagye ga kabaka, abaweereza, enguudo ennene, ekyambalo ky'embaga, n'ekifaananyi ky'embaga yennyini, awamu n'okusiba, byonna kwali kugeraageranyizibwa okw'amazima ag'Omwoyo, so si ag'omubiri.

Enfundikira y'Amazima A eva mw'ebyo omuntu bye yayigirizibwa ku Katonda ku mboozi eno n'okutuuka okusukka ekkomo ly'ebigambo byennyini. Okugeza nga, ekikolwa ekitegeeza "okusuula" (*ekballō*) mu 22:13 tekitegeeza nti kikiikirira muntu wa ffujjo okugaanibwa, naye kiyinza n'okutegeeza obutegeeza *okusindika oba okukulembera* (laba. Mak. 1:12, 43; 9:38). Nate era, singa enjigiriza y'omutaputa terina mutendera gwa kulamula bikolwa bya mukkiriza mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango, olwo ggeyeena kye kyokka ky'abeera alabawo. Olwo ekizikiza eky'ebweru kifuuka ggeyeena n'okukaaba n'okuluma obugigi obuva mu kubonyaabonyezebwa kw'abo abali mu ggeyeena. Naye okubonyaabonyezebwa, omuliro, n'envunyu ez'omu ggeyeena tebyogerwako mu nkomerero ya mukwano gwe ono, wadde nga yejjusa nnyo ku kyamubaako.

Bwe tukkiriza enjigiriza ya Baibuli ekwata ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango, olwo tukimanya nti abakkiriza bonna bajja kubeera mu bwakabaka, naye si bonna nti bajja kunyumirwa enkizo ze zimu. Era tukimanyi nti wajja kubaawo ebigenda okubaawo era n'ebikolwa eby'okwejjusa (1 Yok. 2:28), kubanga ebikolwa by'omukkiriza ebibi bijja kulamulwa awamu n'ebirungi (2 Kol. 5:10), era wajja kubaawo okufiirwa empeera (1Kol. 3:15). Tetutegeezebwa bbanga lya kwejjusa lye kunaamala, naye kirabika nga lijja kuba limpi ddala.

Ebifaananyi by'olugero luno olw'embaga bikwatagana n'Amazima B ag'obuvunaanyizibwa bw'omukkiriza ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango mu biseera eby'omu maaso. Okusibibwa osanga ayogera ku butasobola kwetaba mu mirimu gya Kabaka, Yesu Kristo. Ekizikiza eky'ebweru kyogera ku kukugobebwa ku kijjulo ky'embaga ku mbaga. Embaga z'Ekiyidaaya zitera okuwanvuwa ne zituukira ddala eyo mu kiro, kale ekiseera ky'ekijjulo kimulisibwa bulungi n'ettaala. Okubeera mu kizikiza ebweru w'ekitangaala ekyo tekiggya mukkiriza mu mbaga (obwakabaka), naye kimuggya mu kwetaba mu bikujjuko ebibeera wakati mu mukolo. Ekizikiza *eky'ebweru* tekitegeeza kizikiza ekikutte *zigizigi*. Ng'oggyeeko ekyo, kino kye yayitamu osanga kisinga kutegeerwa si mu ngeri ya kifo, wabula mu ngeri y'obulamu obw'Omwoyo, nga kwe kufiirwa okwetaba mu miganyulo egimu egy'obufuzi bwa Kristo. Matayo akozesa ekigambo "ekizikiza eky'ebweru" emirundi emirala ebiri. Kiyinza okukaayanirwa nti emirundi gyombi gikwata ku bakkiriza, oba waakiri abo abaali abasika b'obwakabaka mu mateeka (abayitibwa "abaana b'obwakabaka" mu Mat. 8:12; geraageranya 13:38; era "omuddu" wa Mukama we mu 25:30). Abakkiriza bonna bajja kubeera mu bwakabaka, naye abeesigwa be bajja okubeera n'obuvunaanyizibwa obwenkizo, gamba, ng'okufugira awamu ne Yesu Kristo.

Mu ngeri y'emu, okukaaba n'okuluma obugigi mu buwangwa kivvuunulwa ne kisukkirizibwa ng'okubonyaabonyezebwa kwa ggeyeena, so nga kisoko busokoo ekitegeeza okwejjusa ennyo. Obutafaananako nsi z'amawanga g'obugwanjuba, kya bulijjo eri abantu b'omu Buvanjuba obw'Amasekkati (mu kiseera ekyo ne kaakati) okulaga ennaku ennyingi n'okukaaba. Kino tukiraba okuyita mu kitabo kyonna eky'Okukungubaga kyonna. Kituufu nti abali mu ggeyeena babonaabona, naye ebiseera ebisinga okubonaabona okwo kukwatagana n'omuliro n'okuzikirizibwa (okgz., Luk. 16:22-24; 2 Bas. 1:9; Kub. 20:14). Eky'okwejjusa ennyo n'okuwulira obubi ennyo n'okukaaba n'okuluma obugigi ku bwakyo tekitegeeza kubonyaabonyezebwa okw'olubeerera. Okubonyabonyezebwa kuno kusalibwawo omulamwa awo we kubeera kulabikidde.

Eky'okuyiga ekikulu mu lugero olwo kyogerwako ku nkomerero: "Kubanga bangi abaayitibwa, naye abalondemu batono" (22:14). Ku bantu abangi "abaayitiddwa" okujja mu bwakabaka bwa Katonda, abamu bajja kukkiriza okuyitibwa era bakkiririze mu Kristo ng'Omulokozi, naye batono ku abo abajja okulaga nti beesigwa ekimala okuweebwa ekirabo eky'enkizo eky'okufuga ne Kristo mu bwakabaka bwe. Enjigiriza eno efaananako n'eya Yesu bwe yali ayigiriza ku mpeera mu Matayo 20:16 (okusinziira ku Kitundu Ekisinga ekya NKJV). Era kyeyolekera mu 2 Peetero 1:1-11 abasomi gye baali bagambibwa okwongera empisa ennungi ez'enjawulo

(1:5-10) mu kukkiriza kwabwe okwabalokola (1:1-4) bwe batyo ne batamala gayingira buyingizi mu bwakabaka, wabula nga bayingirira mu nnyingira *ey'omuyiika* (1:11). Peetero ayogera ku "kuyitibwa" nga "okulondebwa" tekunnabaawo nga Yesu bw'akola, ng'asiba ekirowoozo eky'okulondebwamu ("okulonda") okuba ku mpeera so si ku bulokozi (1:10-11). Tetusaanidde kwenkanyankanya kuyigiriza kwa Yesu ne Peetero ku bikwata ku mpeera n'okuyigiriza kwa Pawulo ku nsengeka y'abo be yamanya edda nga tebanayitibwa mu bulokozi (Bar. 8:30).

Wakkiririza mu Kristo — oyaniriziddwa ku mbaga mu bwakabaka obw'ebiseera eby'omu maaso! Naye oyambadde ebyambalo by'obulamu obutuukirivu olwo osobole okutuula ne Kristo mu kijjulo kye eky'obwakabaka? Okuyingira obwakabaka kirabo kya bwereere, naye okufuga ne Kristo mu bwakabaka bwe nga munne ow'oku lusegere ebeera nkizo efunibwa olw'obwesigwa n'ebikolwa ebituukirivu. Kikulu nnyo Amazima gano B okutegeerekeka eri abakkiriza.

**Olugero lw'omuddu omubi. Matayo 24:45-51 (laba. Lukka 12:42-48)**

> [45] *"Kale aliwa omuddu omugezi era omwesigwa Mukama we gwe yawa obuvunaanyizibwa okulabirira abaddu ab'omu maka ge, n'okubawa emmere mu kiseera ekituufu?* [46] *Alina omukisa omuddu oyo, Mukama we gw'alisanga ng'akola bw'atyo.* [47] *Ddala ddala mbagamba nti, alimukwasa ebintu bye byonna.* [48]*Naye obanga omuddu omubi bw'agamba mu mutima gwe nti, 'Mukama wange tajja kudda mangu,'* [49] *n'adda ku baddu banne, n'abakuba, n'alya, n'anywa n'abatamiivu, okutuusa lw'alidda. 50Mukama w'omuddu oyo n'akomawo ku lunaku lw'atamusuubidde ne mu kiseera ky'atamanyi,* [51] *alimubonereza, era omugabo gwe guliba okubeera awamu n'abannanfuusi, eriba okukaaba n'okuluma obujiji."*

> Entaputa y'Amazima A: Abantu abo abateetegekedde kudda kwa Yesu Kristo tebajja kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu.

> Entaputa y'Amazima B: Abo abakkiriza abateetegekedde kudda kwa Yesu Kristo bajja kusalirwa ekibonerezo eky'amaanyi mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango.

Ensibuko y'olugero luno kwe kujja kwa Mukama Yesu Kristo okusembedde. Yesu yali yaakagamba abayigirizwa be nti tewali amanyi

budde obw'okujja kwe, kale bulijjo balina okuba nga beetegefu era nga beetegese olw'olunaku olwo (Mat. 24:42-44). Ekiseera ekyo kiyinza kuba nga kyogera ku Kukwakkulibwa kw'ekkanisa kwokka amangu ddala ng'Okubonaabona okw'emyaka omusanvu tekunnabaawo, kubanga ekiseera ky'Okudda okw'Okubiri kiyinza okubalirirwa okuva ku ntandikwa y'Okubonaabona ne mu makkati g'okuzikirizibwa kw'eky'omuzizo, era n'olwekyo kimanyiddwa (Dan.9:27; Mat. 24:15; Kub. 12:4-6). Yesu yalagula ku mulembe ogujja eri ekkanisa ye, naye enkomerero y'omulembe n'ekiseera ky'Okukwakkulibwa kwayo tebimanyiddwa (Mat. 16:18; 1 Bas. 4:13-5:6).

Ensonga eri mu lugero ebuuza nti "Kale ani omwesigwa era ow'amagezi?" Bino byombi, omuli empisa ennungi awamu n'okuyitibwa "omuweereza," bisinga kukwata ku bakkiriza mu Kristo nga kino kifuula olugero luno okubeera Amazima B. Omuddu, oluvannyuma lw'ebyo byonna, akkiririza mu kudda kwa Mukama we, nga mu mboozi eno akiikirira Kristo. Era n'aweebwa obuvunaanyizibwa mu nnyumba ya Mukama we. Mu lugero luno mulimu omuddu omu yekka ng'alina eby'okusalawo bya mirundi ebiri ebiteeberezebwa ("omuddu oyo" mu nny. 46 ne 48 kiraga omuweereza y'omu nga oluny. 45). Singa omuddu akola ebirungi nga yeetegekera okudda kwa Mukama we, aweebwa omukisa era n'obuvunaanyizibwa obusingako, naye bw'akola ebibi kubanga alowooza nti Mukama we agenda kulwayo, abonerezebwa. Ng'annyonnyola ku muddu nga "omubi" kirabika ng'ennyinyonnyola etasaanira eri Omukristaayo, naye Baibuli n'obulamu bwe tutambuliramu bujjudde abakkiriza abasalawo okukola obubi.

Obuzibu obulala nga tutunuulira omuddu ono omubi ng'omukkiriza mu Kristo y'engeri gye yakomekkereza. Atemebwamu ebitundu bibiri n'aweebwa ekitundu ku mugabo gwa bannanfuusi ewali okukaaba n'okuluma obujiji (Mat. 24:51). Nate era, tusisinkana olulimi olw'akabonero, kubanga n'abatakkiriza tebasalibwamu bitundu bibiri. Ekisoko ekyo kyogera ku kibonerezo ekikambwe. Omusingi gw'obunnanfuusi bw'omuddu ono si kwe kweyita omukkiriza so nga si mukkiriza, wabula, yeeyita muweereza wa Mukama so nga mu butuufu si bwe kiri--yali aweereza olw'ebigendererwa bye era n'okwegomba kwe. Mu kifo ky'okugamba nti "bannanfuusi," empandiika ya Lukka ekozesa ekigambo "abatakkiriza" *(apistos)*, naye ekigambo ekyo era kiyinza okuvvuunulwa "atali mwesigwa," ekituukira ddala obulungi n'omulamwa oguva mu kibuuzo kya Mukama ekiggulawo (Mat. 24:45; Luk. 12:42).Twalaba dda mu kwogera kwaffe ku Matayo 22:1-14 nti "okukaaba n'okuluma obujiji" kigambo kya kisoko ekiraga okwejjusa ennyo, okuyinza okuba eky'ekiseera ekitono. Lukka ayongerako amawulire amanyuvu nti omuddu omubi "akubwa emiggo mingi" ate

omuddu atategeerera ddala kwagala kwa Mukama we "akubibwa kitono" (Luk. 12:47-48). Eno yandibadde ngeri ya njawulo ey'okunnyonnyola ekibonerezo ky'abatakkiriza mu ggeyeena, naye ekwatagana bulungi n'ebintu ebikwatagana n'ebyo ebiribaawo ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango.

Enkozesa enkulu okuva mu lugero luno olutambulira mu Mazima B, kwe kuba nti tetusobola kwewala kwogera ku bizibu ebirituuka ku bakkiriza abatali beesigwa era abataali beetegefu mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango. Eyo, Ekigambo kya Katonda kijja kuba ng'ekitala ekyo ekisala n'obulumi mu birowoozo byabwe ebisinga obuziba n'ebyo ebyabavugamga okukola ebintu (Beb. 4:12; 1 Kol. 4:5). Eyo era mu maaso g'entebe, bajja kukwatibwa ensonyi (1 Yok. 2:28) era bajja kuwulira bubi obw'omuliro ng'ebikolwa byabwe ebitasaana byokebwa (1 Kol. 3:11-15). Walibaawo okufiirwa okwa ddala eri eri omuweereza atali mwesigwa ku biseera eby'omu maaso mu bwakabaka anti ng'agabana empeera y'abannanfuusi abalala abaali tebeetegekedde madda ga Mukama.

Mukama ayinza okudda ekiseera kyonna. Tulina okuba abeetegefu, nga twetegekedde okujja kwe nga tunyiikira okukola ebikolwa ebirungi. Tetuteekwa kugayaala olw'okulwawo kwe okudda, si kulwa nga tusisinkana okubonerezebwa okwamaanyi ku Ntebe Kristo kw'Alisalira Omusango.

## Olugero lw'embeerera ekkumi. Matayo 25:1-13

1 *"Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa n'abawala*
*embeerera ekkumi, abaatwala ettaala zaabwe ne bagenda*
*okusisinkana anaawasa omugole.* 2 *Abataano tebaalina magezi,*
*abataano abalala ne baba b'amagezi.* 3 *Abataalina magezi, ne*
*batatwala mafuta gamala mu ttaala zaabwe.* 4 *Naye abagezi baatwala*
*amafuta mu macupa gaabwe ag'okweyambisa wamu n'ettaala*
*zaabwe.* 5 *Naye anaawasa omugole bwe yalwawo okutuuka otulo ne*
*tubakwata bonna, ne beebaka.* 6 *"Obudde bwe bwatuuka mu ttumbi*
*oluyoogaano ne lubazuukusa, abantu nga baleekaana nti, 'Awasa*
*omugole atuuse! Mujje mumwanirize!'* 7 *"Abawala embeerera bonna*
*ne bazuukuka ne baseesa ettaala zaabwe.* 8 *Awo abawala abataano*
*abataalina magezi ne bagamba nti, 'Mutuwe ku mafuta gammwe,*
*kubanga ettaala zaffe zaagala kuzikira ziggweerera.'* 9 *"Naye*
*bannaabwe ne babaddamu nti, 'Amafuta ge tulinawo gatumala*
*bumazi. Mugende mu maduuka mwegulireyo.'* 10 *"Naye baali*
*baakagenda anaawasa omugole n'atuuka, abo abaali beeteeseteese ne*
*bayingira ku mbaga, oluggi ne luggalwawo.* 11 *Oluvannyuma abawala*
*bali abataano ne bakomawo ne bayita nti, 'Ssebo, tuggulirewo!'*

[12]*Naye n'abaddamu nti, 'Ddala ddala mbagamba nti, sibamanyi!'* [13]*"Kale mutunule mweteeketeeke, kubanga temumanyi kiseera wadde olunaku Omwana w'Omuntu lw'alidda."*

Entaputa y'Amazima A: Abo abateetegekedde (okuyita mu kukkiriza mu Kristo) kudda kwa Mukama waffe bajja kuggalirwa ebweru w'obulamu obutaggwaawo.

Entaputa y'Amazima B: Abo abakkiriza abateetegekedde (okuyita mu bwesigwa bwabwe eri Kristo) kudda kwa Mukama bajja kuggalirwa ebweru w'ekitiibwa kye ng'akomyewo.

Olugero luno luleeta okusoomoozebwa eri abataputa. Wano we twejjukanyiza nti okutaputa engero kulina okunoonya ekinyusi ekikulu ekirimu n'oluvannyuma n'otaputa ebikwata ku nsonga eno ng'osinziira ku nsonga eyo. Amakulu g'ebintu bingi ebikwata ku lugero luno tegategeerekeka bulungi, naye tusobola okugategeera obulungi ekimala bwe twesigama ku nsonga enkulu, nga mu bukulu kye kimu n'olugero lwe twalaba ku muddu omubi — okwetegekera Okudda kwa Mukama (okulagibwa obulungi mu Mat. 25:13).

Wabula kyokka, enjawulo ennene mu kutaputa eri nti oba kino kiraga Amazima A oba Amazima B ku bawala ekkumi, be bataano abateetegeka ne batalokolebwa oba abaalokolebwa? Kuno kwali kulabula eri abatakkiriza oba eri abayigirizwa?

Tujjukira nti Yesu ayogera wano mu kyama eri abayigirizwa be (Mat. 24:3) abaalokolebwa, okuggyako Yuda. Naye ddala, Yesu yali taleeta ssomo lino ku Yuda yekka ng'okulabula eri abatannalokolebwa. Endaba eyo yandibadde ekwata ku njigiriza ya Kristo yonna (okuggyako ekitundu eky'omu Kisenge ekya Waggulu oluvannyuma lwa Yokaana 13:30 nga Yuda amaze okufuluma). Kino kitutuusa ku kutegeera olugero luno okubeera Amazima B eri abayigirizwa.

Esikatologye, oba entegeera y'omuntu ku biseera by'enkomerero, nayo eyingira mu ntaputa. Abamu bataputa embeera eno nti eyogera ku Bayudaaya abakkiriza mu biseera by'Okubonaabona abalisisinkana Mukama mu kudda kwe okw'okubiri. Abawala embeerera abasirusiru baagobebwa mu by'okufugira awamu ne Kristo mu Bwakabaka. Kyokka, ekiseera ky'okudda kwe obutamanyibwa ly'essomo erikwata ku kwetegeka erirabika nga liraga ekintu kye kimu n'olugero olw'emabega olw'omuddu omubi—nga ky'ekiseera eky'Okukwakkulibwa ekirikulemberamu eky'Okubonyaabonyezebwa. Abamu abakkiriza nti kuno kwe Kukwakkulibwa bavvuunula nti abasirusiru embeerera beebo abeeyita Abakristaayo abatamanyi ddala Kristo ng'Omulokozi waabwe. Ku Kukwakkulibwa, baggalirwa ebweru w'eggulu n'obwakabaka bwonna

okutwaliza awamu. Ekigambo ekisooka mu lugero, “Awo” *(tote)*, kiyinza okuba eky’amakulu olw’okuba nti kisangibwa wano mu nsengeka y’engero nnya era kiyinza okulaga ebiddirira oluvannyuma lw’Okukwakkulibwa, nga lino ly’essira ly’olugero lwe twakamala okulaba.

Abawala embeerera be baani? Mu mbaga z’ebiseera ebyo, omugole yabeeranga n’akabaga akaliko abawala abavubuka. Ye n’abawala abo babeeranga awo, awo omugole omusajja we yamujjanga okumutwala ewuwe. Kino okusinga kyabangawo kiro, bwe kityo nga kyetaagisa ttaala okubaawo. Okutuuka kw’omugole omusajja kwalangirirwanga n’okuleekaana, era oluvannyuma lw’okwanirizibwa okw’omuggundu okwo, emikolo gy’embaga emitongole gyatandikanga. Ekkanisa egeraageranyizibwa ku mugole wa Kristo mu Ndagaano Empya (2 Kol. 11:2; Bef. 5:25-27). Kyewunyisa nti omugole yennyini tayogerwako, naye kikola amakulu nti ng’ekkanisa, omugole ali mu kifaananyi ky’embeerera ekkumi olwo enjawulo esobole okulabibwa mu abo abali mu kkanisa. Kale kikola bulungi nnyo okuba ng’abawala embeerera be bakola ekifaananyi ky’ekkanisa. Eky’okuba nti bano bakkiriza ba nnamaddala kiwagirwa ebintu ebiwerako bye twetegereza. Okusooka, bali kitundu ku kawasa n’embaga (laba 1 Kol. 11:2). Ekyokubiri, bayitibwa “embeerera” ekiraga waakiri nti balongoofu mu ngeri eyo olw’okuba nga balongooseddwa era ne baawulibwa eri Kristo. Ekyokusatu, baali basuubira okujja kw’omugole omusajja. Eky’okuna, bagambibwa “okugula” amafuta, ekitegeeza balina okusasula omuwendo, ekintu eky’engeri y’obuyigirizwa, naye tebasasulira kirabo kya bulokozi eky’obwereere.

Ekyawula abawala abataano abalina amafuta ate n’abataano abataalina, y’ensonga enkulu ey’olugero--okwetegeka. Wadde nga kitegeerwa nnyo nti abawala abataano abaali tebeetegese baggwebwako amafuta, mu butuufu Yesu yagamba nti baatwala ettaala naye “tebeetwalirayo mafuta ga kwekuumisa” (Mat. 25:3). Bwe kiba bwe kityo, ettaala tezaakozesebwanga mu lugendo lwa misana, naye ekiro bwe kyatuukanga omugole omusajja n’atuuka, olwo ne bakoleeza ettaala zaabwe, wabula kyokka ne bakitegeera nti tebaalina mafuta gasobola kuzisigaza nga zaaka. Kisoboka okuba nga baalina amafuta mu ttaala zaabwe, bwe kiba ng’olugendo lwabwe lwali lwa kiro, naye nga tegamala era tebaatwalayo ga nnyongereza. Wadde kiri bwe kityo, ensonga enkulu eri nti baali tebeetegese kimala. Abawala embeerera abalala abataano, bo wabula baali beetegese bulungi (laba Kub. 19:7-8, okwetegekera Omugole kikwataganyizibwa ku bikolwa eby’obutuukirivu eby’abatukuvu). Nga bwe tukyateebereza akabonero n’amakulu g’amafuta, kye tusobola okwogera nga twekakasa ebyo kye bitegeeza, kwe kweteekateeka. Okweteekateeka mu lugero olwakaggwa n’oluluddirira, byenkanankana obwesigwa n’okubeera omuwanika omulungi.

Okutuuka kw’omugole omusajja kulina ebintu ebiwerako ebisonga ku Kukwakkulibwa kw’ekkanisa. Ekisooka, tekumanyiddwa we kunaabeererawo

(obutafaananako okudda kwa Kristo, okuyinza okumanyibwa okusinziira ku bunnabbi ng'ebiseera by'Okubonaabona bitandise). Ekyokubiri, kulangirirwa n'okuleekaana, era nga kuno kuwerekerwa Okukwakkulibwa (1 Bas. 4:17). Ekyokusatu, okukwakkulibwa kugatta wamu omugole omusajja n'omugole omukazi ku nkomerero y'omulembe gw'ekkanisa. Eky'okuna, ku Kukwakkulibwa kijja kuba tekikyasoboka okulaga obwesigwa (okugula amafuta). Ekisanyusa ekirala kiri nti Okukwakkuulibwa kujja kugwa mbagirawo nga tewali muntu yenna aweereddwa budde okukkiriza n'okulokolebwa (1 Kol.15:52), so nga mu kudda kwa Kristo walibaawo Abayudaaya abalimulaba ne bakkiriza (Zak.12:10).

Ekibuuzo eky'entaputa kikwata ku makulu g'oluggi oluggalwa mu lunyiriri 10 n'ekirangiriro ky'omugole omusajja ekyagamba nti "Sibamanyi" mu lunyiriri olwe 12. Ebikolwa bino byombi byaliwo oluvannyuma lw'omugole omusajja okulabikako, kale tebirabika ng'okugobebwa kw'abawala abataano abateetegeka okuva mu Kukwakkulibwa. Ekisinga okukaluba ge makulu ga "Sibamanyi," kituyamba nnyo okusooka okutegeera ensonga eyo. Kino kitujjukiza ebigambo bya Mukama eri abaali beeyita abakkiriza mu Matayo 7:23, naye waliwo enjawulo nnene. Eyo, Yesu yabagamba nti, "Muve wendi, sibamanyangako." Wano, tagoba bawala embeerera, ng'akozesa ekigambo "sibamanyangako." Ate era, mu Matayo7:23, Yesu akozesa ekigambo *ginōskō* ku *kumanya*, naye wano akozesa *oida*. Ekisooka kitegeeza okumanya omuntu mu ngeri ey'ebuziba, wabula ekisembayo kitegeeza okumanya omuntu mu ngeri eya bulijjo. Mu butuufu, *oida* kisobola okutegeeza, *okusiima, okussaamu ekitiibwa*, oba *okuwa ekitiibwa* (laba. 1 Bas. 5:12-13). Amakulu gano gakwatagana bulungi okuva bwe kiri nti Yesu yakyogeranga lunye nti abo abaamuwa ekitiibwa naye ajja kubassaamu ekitiibwa ku Mu maaso ga Kitaffe (Mat. 10:32-33).

Bw'ossa awamu ebyo be tuzze twetegereza, kirabika nga Yesu agobera abawala abaali bateetegese ebweru w'ebijaguzo by'embaga. "Oluvannyuma" (oluny. 11) luyinza okutegeeza oluvannyuma lw'embaga oba oluvannyuma lw'oluggi okuggalwa. Yali nkola ya Bayudaaya ku mbaga zaabwe mu kiseera ekyo okujaguza oluvannyuma lw'embaga entongole nga balya ekijjulo n'ebikujjuko. Enkizo zino ez'enjawulo tezaaweebwa bawala abaali bateetegese (ng'okuziyizibwa bwe kwali mugenyi eyali teyeetegekedde mbaga mu Mat. 22:11-13).

Mu bufunze, olugero luno lwogera ku Mazima B agakwata ku bwesigwa bw'abakkiriza b'omulembe gw'ekkanisa. Bonna bajja kubeerawo ku Kukwakkulibwa era bayingire obwakabaka, naye si bonna nti bajja kuweebwa emiganyulo egy'enkizo egiribeera mu bwakabaka. Tebaali beesigwa mu kwetegekera okudda kwa Mukama. Okukkaatiriza kuno kukwatagana n'engero ebbiri ezoogera ku nsonga eyo.

Ng'abakkiriza, tubuulirirwa okubeera obulindaala olw'okudda kwa Mukama era okubeera abeetegefu bulijjo (1 Bas. 5:1-11). Ennyinnyonnyola eno etuyamba okuba abeesigwa, abanyiikivu mu bikolwa ebirungi, era n'okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa(1 Yok. 3:3). Mukama alina enkizo ez'enjawulo ezirindiridde okuweebwa eri abagoberezi abeesigwa, enkizo zino, abo abakwatibwa nga tebeetegese ze batagenda kweyagaliramu.

## Olugero lwa ttalanta. Matayo 25:14-30 (laba. Lukka 19:11-27)

14 *"Obwakabaka bwa Katonda ate bufaananyizibwa n'olugero*
*lw'omusajja eyali agenda olugendo, n'ayita abaddu be n'abalekera*
*ebintu bye.* 15 *Eyasooka yamuwa ttalanta ttaano, owookubiri bbiri*
*n'owookusatu emu, ng'ageraageranya ng'okusobola kwa buli omu*
*bwe kwali. Bw'atyo ne yeetambulira.* 16*Omusajja eyafuna ttalanta*
*ettaano n'azisuubuzisa n'afunamu ttalanta ttaano endala.* 17*N'oyo*
*eyalekerwa ttalanta ebiri naye n'aviisaamu endala biri.* 18*Naye*
*eyaweebwa ttalanta emu, bwe yagifuna n'agenda n'aziika ttalanta ya*
*Mukama we mu ttaka.*19 *"Awo nga wayiseewo ekiseera kiwanvu,*
*Mukama w'abaddu abo n'akomawo. N'ayita abaddu be bamutegeeze*
*ebyafa ku ttalanta ze yabalekera.* 20*Omusajja gwe yalekera ttalanta*
*ettaano n'ajja n'amuleetera ttalanta endala ttaano ng'agamba nti,*
*'Mukama wange wampa ttalanta ttaano, nviisizaamu ttalanta endala*
*ttaano.'*21 *"Mukama we n'amugamba nti, 'Weebale, oli muddu*
*mulungi era mwesigwa, obadde mwesigwa mu bintu ebitono,*
*ndikusigira ebintu ebingi. Yingira sanyukira wamu ne Mukama wo.'*22
*"Eyalekerwa ttalanta ebiri naye n'ajja, n'ategeeza Mukama we nti,*
*'Ssebo, wandekera ttalanta bbiri, era ne nziviisaamu ttalanta endala*
*bbiri.'*23 *"Mukama we n'amugamba nti, 'Weebale, oli muddu mulungi*
*era mwesigwa, obadde mwesigwa mu bintu ebitono, ndikusigira ebintu*
*ebingi. Yingira osanyukire wamu ne Mukama wo.'*24 *"Omusajja*
*eyalekerwa ttalanta emu n'ajja, n'agamba nti, 'Ssebo, nakumanya nga*
*bw'oli omuntu omuzibu, okungulira gy'otaasigira era okuŋŋaanyiza*
*gy'otaasaasaanyiza.* 25*Olw'okutya bwe wagenda ne nkweka ttalanta*
*yo mu ttaka era yiino ttalanta yo.'*26 *"Naye Mukama we n'amugamba*
*nti, 'Ggwe omuddu omubi era omugayaavu! Obanga wamanya nti ndi*
*muntu akungulira gye ssaasigira,* 27*wanditadde ensimbi zange mu*
*bbanka gye bandimpaddemu amagoba nga nkomyewo.'*28 *"N'alagira*
*nti, 'Mumuggyeeko ettalanta eyo mugiwe oli alina ttalanta ekkumi.* 29
*Kubanga alina aliweebwa abe na bingi naye atalina, n'ebyo by'alina*
*ebitono birimuggyibwako.* 30 *N'omuddu oyo ataliiko ky'agasa*
*mumusuule ebweru mu kizikiza eri okukaaba n'okuluma obujiji.'*

> Entaputa y'Amazima A: Kristo bw'alikomawo, abantu abo abatali bawanika beesigwa balikakasa nti si balokole era tebaliyingira mu bwakaba, so ng'abawanika abeesigwa balikakasa nti baalokoka era baliweebwa empeera mu bwakabaka.
>
> Entaputa y'Amazima B: Kristo bw'alikomawo, abakkiriza abo abatali bawanika beesigwa baligobebwa mu kufuna empeera z'obwakabaka, so ng'abawanika abeesigwa baliweebwa empeera mu bwakabaka.

Olugero luno lugenda mu maaso n'omulamwa gw'okulindirira okudda kwa Mukama ng'okuddibwamu kw'ekibuuzo ky'abayigirizwa mu Matayo 24:3. Kiggumiza empisa ennungi ey'okubeera omuwanika omwesigwa nga tulindirira okudda kwa Kristo.

Mukama waabwe eyagenda ate n'akomawo atusiigira ekifaananyi kya Yesu Kristo. Nga bwe kiri mu ngero ze twalabye ezikwata ku baddu, waliwo ensonga ennungi lwaki tutunuulira abaddu bano ng'abakkiriza. Baali bantu ba Mukama waabwe, beesigisibwa ne ssente, "buli omu okusinziira ku busobozi bwe," era bavunaanyizibwa okubeera abeesigwa. Ensonga *si* kukkiriza kwabwe ku ani mukama waabwe. Yesu ayogera ku Mazima B mu kyama eri abayigirizwa be ku nsonga y'okutambulira mu bulamu Obw'Ekristaayo —nga bwe bwesigwa n'obuwanika.

Abaddu abaafuna ttalanta ttaano ne ttalanta bbiri bazisuubuza mu ngeri ey'amagezi era tebaakoma ku kusiimibwa ng'abaddu abalungi era abeesigwa kyokka," naye baaasuubizibwa omugabo mu kufuga obwakabaka (enny. 21, 23). Empeera si kuyingira mu bwakabaka. Ekyo kyanditaddewo obukwakkulizo bw'okuyingira obwesigamye ku bikolwa, nga kikontana n'obulokozi bwe tufuna olw'ekisa ekitaliiko bukwakkulizo. Empeera eri mu kufugira awamu ne Kristo n'essanyu erikigenderako. Empeera eno eri abakkiriza abeesigwa si kintu kipya eri abayizi ba Baibuli (laba. Bar. 8:17; 2 Tim. 2:12; Kub. 2:26-27). Kyeyoleka lwatu nti empeera y'emu eri abaddu bombi abeesigwa wadde nga buli omu yalina ssente ez'enjawulo ze yalina okusuubuza. Buli omu yavunaanyizibwa olw'ebyo bye yali aweereddwa.

Ekitawaanya entaputa y'abangi by'ebigambo bya Mukama waabwe eri omuddu ataali mwesigwa, ng'amuyita "omubi era omugayaavu" (oluny. 26) era n'amusuula mu "kizikiza eky'ebweru" awali "okukaaba n'okuluma obujiji" (oluny. 30). Kituufu nti olulimi luno lwa bukambwe okwogerwa eri Omukristaayo, naye wabaawo ensonga. Kino twakiraba nga twogera ku muddu ataasonyiwa munne (Mat.18:21-35), omugenyi eyali ayambadde mu ngeri etasaanira ku mbaga (Mat. 22:1-14), omuddu

omubi (Mat. 24:45-51), n'abawala abataano abaali bateetegese (Mat. 25:1-13). Mu kukubaganya ebirowoozo okwo, twagamba nti Abakristaayo basobola obutasonyiwa balala, obutaba beesigwa, okukola ebibi, n'obuteetegekera kudda kwa Mukama. Kale bwe kityo, twalabye nti "ekizikiza eky'ebweru" kyogera ku kuggyibwako emikisa gy'obwakabaka, era nti "okukaaba n'okuluma obujiji" kisoko ekiraga okwejjusa ennyo okulibaawo ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango.

Ebigambo ebirala ebyongerwako ebiyinza okutuleetera okuyimiramu biri mu nnyiriri 28-29. Kiki ekiggyibwa ku muddu atali mwesigwa? Obulokozi tebukwatagana na mulamwa guno mu ngeri yonna —Yesu yandiggye obulokozi ku mukkiriza oba okwesigisa ekintu kyonna eri atali mukkiriza? Ekyogerwako ye ttalanta eyali ekwasiddwa omuddu omugayaavu ataagikolamu magoba ga Mukama we. Mukama agitwala n'agiwa omuweereza eyakola amagoba mu ttalanta ze ekkumi. Eky'okusooka kwa byonna Mukama oyo yennyini muwanika mulungi! Ng'ekifaananyi eky'enkolagana y'omukkiriza ne Yesu Kristo, Mukama mu kuvaawo kwe, alina ebintu bingi bye yeesigisa buli mukkiriza: obulamu obupya, ebirabo eby'Omwoyo, obusobozi, obuweereza, emikisa, ebikozesebwa, n'ebirala. Yesu bw'alikomawo, buli mukkiriza ajja kuvunaanibwa olw'engeri gye yakozesaamu ebintu bino "buli omu okusinziira ku busobozi bwe" (oluny. 15) nga bw'alindirira Mukama. Wajja kubaawo empeera mu bwakabaka eri abo ababikozesa n'obwesigwa ate n'obutaweebwa mpeera eri abo abatalibikozesa bulungi.

Tusaanidde okwetegereza ebifaanagana ate n'ebyawukana mu lugero luno olwa ttalanta lwe birina n'olugero lwa ssente mu Lukka 19:11-27. Engero zombi zoogera ku kibuuzo oba ekirowoozo ku kiseera ky'obwakabaka obujja. Ebirala ebifaanagana mulimu Mukama waabwe eyagenda, ne yeesigisa obugagga bwe abaddu be basatu, n'oluvannyuma n'akomawo okulaba engeri gye baakozesaamu bye yabalekera. Ate era, engero zombi ziraga empeera mu bwakabaka eri abaddu ababiri abeesigwa n'okufiirwa omuddu owokusatu ataali mwesigwa kwe yasisinkana mu bwakabaka. Abaddu bombi abatali beesigwa beewolereza mu ngeri y'emu eri Mukama waabwe, era bombi bayitibwa"ababi," era bombi baggyibwako ssente ezaali zibaweereddwa ne ziweebwa omuddu omwesigwa. Tusobola okukola okugeraageranya mu ngeri y'emu, nti Mukama waabwe akiikirira Mukama waffe Yesu Kristo, n'abaddu bakiikirira abakkiriza.

Enjawulo eziri wakati w'engero zino mulimu omuwendo mukama waabwe gw'awa eri buli muddu —mina zaali ssente nnyingi okusinga

ttalanta. Naye mu lugero lwa ttalanta, abaddu baweebwa emiwendo egy'enjawulo, mu olugero lwa mina, abaddu baweebwa omuwendo gwe gumu. Naye ababiri, abaali abeesigwa n'ebitone eby'enjawulo bafuna empeera y'emu so ng'ababiri abaali abeesigwa n'omuwendo gwe gumu (ogwa mina) baafuna empeera ez'enjawulo ezigeraageranyizibwa n'amagoba gaabwe (ebibuga kkumi n'ebibuga bitaano; Luk. 19:16-19). Waliwo enjawulo ntono mu baddu abataali beesigwa eyogerwako, kubanga omuddu mu lugero lwa Lukka olwa minazi teyasuubizibwa kusindikibwa mu "kizikiza eky'ebweru." Ekintu kimu eky'amakulu eky'ongerwako mu lugero lwa mina mulimu enjawulo wakati w'abaddu abasatu n'abo abaayitibwa "abalabe" ba mukama waabwe abaatayagala kufugibwa ye. Mukama waabwe yalagira battibwe (Lukka 19:27). Okugeraageranya kuno kulaga enjawulo eriwo wakati w'abakkiriza (abaddu abasatu) n'abatali bakkiriza.

Obubaka bw'Amazima B mu ngero zino ebbiri bufaanagana: Abakkiriza kibagwanira okuba abeesigwa mu ngeri gye bakozesaamu obulamu bwabwe nga Mukama taliiwo, kubanga bw'alikomawo, wajja kubaawo ebirikivaamu, ebirungi oba ebibi, mu bwakabaka. Kyokka, kirabika waliwo okussa essira mu ngeri ey'enjawulo ku buli nneeyisa erisangibwawo. Olugero lwa ttalanta lutuyigiriza nti abakkiriza balina okuba abeesigwa okukozesa ebintu eby'enjawulo ebiweereddwa buli kinnoomu, ate olugero lwa mina lutuyigiriza nti abakkiriza balina okuba abeesigwa okukozesa omwagaanya gwe gumu ogwaweebwa buli omu.

Omutume Pawulo yawandiika kino ekikwatagana n'Amazima B eri ekkanisa y'e Kkolinso:

> *Omuntu asaanidde atulabe ng'abaweereza ba Kristo era abawanika b'ebyama bya Katonda. Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa. (1 Kol. 4:1-2).*

Ng'abakkiriza abalindiridde okudda kwa Kristo, tulina okuba abeesigwa ng'abaweereza n'abawanika okuwaayo obulamu bwaffe nga buganyula Kristo. Kino kifuula buli Mukristaayo okubeera n'ekigendererwa mu bulamu. Mukama tajja kukkiriza kwekwasa kwonna olw'obutakozesa bulamu bwaffe ku lw'ekitiibwa kye. Buli Mukristaayo ajja kuvunaanibwa olw'ebyo Katonda bye yamwesigisa.

## Okulamula embuzi n'endiga. Matayo 25:31-46

> 31 *"Omwana w'Omuntu bw'alijja mu kitiibwa kye ne bamalayika bonna nga bali naye, alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye.* 32 *Awo amawanga gonna galikuŋŋaanyizibwa mu maaso ge era*

*aligaawulamu ng'omusumba bw'ayawulamu endiga n'embuzi.* [33]*Endiga aliziteeka ku mukono gwe ogwa ddyo n'embuzi ku gwa kkono.*[34] *"Awo Kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, 'Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.* [35] *Kubanga nnali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa ekyokunywa, nnali mugenyi ne munnyaniriza,* [36] *nnali bwereere ne munnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula, nnali mu kkomera ne mujja okundaba."*

Entaputa y'Amazima A: Abantu abo abayamba abali mu bwetaavu bajja kuyingira obwakabaka, naye abo abatayamba bali mu bwetaavu baligenda mu ggeyeena.

Entaputa ey'okubiri ey'Amazima A: Abo Bannamawanga abayamba Abayudaaya mu Kubonyaabonyezebwa be bakkiriza abeesigwa abaliyingira mu bwakabaka, so ng'abo Bannamawanga abataliyamba Bayudaaya mu Kubonyabonyezebwa tebaliba bakkiriza era baakugenda mu ggeyeena.

Entaputa ey'Amazima B: Abamawanga basalirwa omusango okuba abalokole oba obutaba, olwo buli kibinja ne kisasulwa oba ne kibonerezebwa okusinziira ku nneeyisa yaabwe eri Abayudaaya mu kiseera ky'Okubonyabonyezebwa kwabwe.

Kya bulijjo nnyo okuwulira olugero luno nga lujulizibwa ng'obujulizi obulaga nti ebikolwa byetaagisa okusalawo ku bulokozi bw'omuntu obutaggwaawo oba okusingisibwa omusango. Okusingira ddala, bangi ku balwanirira abaavu era nga balina ebigendererwa ebirungi abakozesa ebigambo bya Yesu ebikwata ku kuyamba abataliiko mwasirizi ng'akabonero akalaga Abakristaayo aba nnamaddala n'Obukristaayo obw'amazima.

Kikulu nnyo okwetegereza omulamwa n'ekiseera bino we byabeererawo. Okuva bwe kiri nti Yesu yasinga kuyigiriza engero ennya eziri mu Matayo 24-25 nga yeesigama ku nsengeka y'ebiseera byaazo, ensala eno egoberera obulamuzi mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango n'okugaba empeera z'obwakabaka ku ntandikwa oba mu kiseera eky'Okunyabonyezebwa, nga bwe kirabibwa mu ngero eziyise. Omusango oguli mu Matayo 25:31-46 kirabika nga guli ku nkomerero y'Okunyabonyezebwa kubanga gwoleka ebyali biddiriŋŋana n'ensengeka y'okuyigiriza kwa Yesu mu Matayo 24:5-31. Eyo tuyigirayo kimu, nti

wajja kubaawo okuyigganyizibwa okw'amaanyi okw'Abayudaaya nga kuva eri abalabe ba Kristo. Okubikkulirwa 12-13 kwongerako ebisingawo ku mbeera ey'entiisa ey'Abayudaaya n'abakkiriza. Mu kiseera kino, ensolo ejja kugaana abo abatagigoberera okugula oba okutunda ekintu kyonna (Kub. 13:16-17). Yesu agamba nti Abayudaaya abaligumiikiriza okuyigganyizibwa okutuuka ku nkomerero y'Okubonaabona be bajja okununulibwa okuva mu balabe baabwe (wadde nga tukkiriza nti Abayudaaya n'ab'amawanga abamu balifa olw'okuyigganyizibwa okwo; laba Kub. 20:4-5 n'okukubaganya ebirowoozo okwakaggwa mu Mat. 24:13). Ekiseera kiriba kizibu nnyo, era singa tekyakendezebwako, "tewali muntu" yandiwonye (kino kizingiramu ne Bannamawanga okusimattuka; Mat. 24:22). Kirabika omusango guno si gwe gumu n'ogwo ogulisalirwa ku Ntebe Ennene Enjeru mu Kubikkulirwa 20:11-15 kubanga ekyo ky'abatali bakkiriza ab'emirembe egyayita n'emyaka olukumi. Eno nsala ya njawulo naddala eri Bannamawanga ku nkomerero y'Ekibonyoobonyo Yesu ng'akomyewo ku nsi mu kujja kwe okw'omulundi ogwokubiri.

Mu lugero luno, twetegereza ebibinja bisatu. Okuva bwe kiri nti ekigambo "amawanga" *(ethnē)* kitegeeza Bannamawanga bonna, bano be baliyawulwamu endiga n'embuzi. Yesu yatuuma ekibinja eky'okusatu erinnya erya "Baganda bange," era nga kyeyoleka bulungi nti ayogera ku bantu Abayudaaya, oboolyawo Abayudaaya 144,000 abakola ennyo okubunyisa enjiri (Mat. 24:14; Kub. 7:3-8; 12:17; 14:1-7). Omusango gwa Bannamawanga gusalibwawo okusinziira ku ngeri gye bayisaamu Abayudaaya mu kiseera ky'Ekibonyoobonyo. Olwo ekyo kitegeeza nti ebikolwa byabwe bye bisalawo obulokozi bwabwe?

Ekisumuluzo ekikulu eky'okutaputa ensala eno kisangibwa mu kubikkulirwa Yesu kwe yawa ebbanga ttono eryali liyise: Abayudaaya abamu ne Bannamawanga abamu bajja kubeerawo okutuusa enkomerero y'Ekibonyoobonyo olwo banunulibwe okuva mu balabe baabwe (Mat. 24:13, 22). Okwogera ku bikolwa ebirungi ebya Bannamawanga abalokole (endiga) kitegeeza okuyamba Abayudaaya okugumira okuyigganyizibwa okw'Ekibonyoobonyo. Okukkiriza kwa Bannamawanga kweyolekera mu buyambi bwabwe obwaweebwa Abayudaaya ababundabunda abaali basenguddwa era nga beetaaga nnyo emmere, engoye, obujjanjabi, n'okukyalirwa mu kkomera (enny. 35-36). Oboolyawo Yesu akkaatiriza ku bikolwa by'abakkiriza Bannamawanga kubanga ayogera ku biseera byabwe eby'omu maaso nga kwe kuyingira "mu bulamu obutaggwaawo" (oluny. 46) nga kw'otadde n'okusikira obwakabaka obwabategekebwa mu ngeri ey'enjawulo (oluny. 46) (oluny.34). Ekirowoozo ky'okuyingira n'okusikira kiyinza okuggumiza enkyukakyuka yaabwe okuva mu mubiri ogufa okudda mu gutafa, basobole okuyingira n'okubeera n'essanyu lyabwe mu bwakabaka bwa Katonda (Mat. 24:21, 23; 1 Kol. 15:50).

Bwe twetegereza omulamwa, tusaanidde okukiraba nti ekitundu kino tekinnyonnyola ku musango gwa bulokozi bw'abantu okusalibwawo ku ngeri abantu gye bayisaamu abali mu bwetaavu ng'Entaputa y'Amazima A esooka bw'ekiraga. Obulokozi tebufunibwa lwa bikolwa birungi, era ebikolwa tebisobola kukakasa bulokozi bwa muntu (laba okukubaganya ebirowoozo ku Mat. 7:15-23). Entaputa eyokubiri ey'Amazima A yandibadde egamba nti ebikolwa tebisalawo oba tebikakasa nti Bannamawanga baalokolebwa oba tebaalokolebwa, naye ebikolwa byabwe ebirungi bwe bukakafu ku mbeera yaabwe. Wadde ng'endowooza eno yeewozaako nti eggyawo eky'ebikolwa mu kuweebwa obulokozi, kyeyogera kiyinza obutamatiza. Bwe wabaawo emisango ebiri gyokka egitunuulirwa, ogumu gwa ndiga ate omulala gwa mbuzi, era ng'enkola yokka erabika okuleetawo enjawulo nga y'engeri buli kibinja gye kyakwatamu Abayudaaya, olwo kiba kirabika ng'ebikolwa bye bisalawo obulokozi.

Entaputa y'Amazima B yandinnyonnyodde ensala eno mu ngeri ey'enjawulo. Endaba eno yanditeesezza nti waliwo ensala ssatu eziri mu ddiiro. Omusango ogusooka gwe gw'okwawula Bannamawanga bonna mu ndiga (abakkiriza) n'embuzi (abatali bakkiriza) ng'ebikolwa byonna tebinnaba kwogerwako. Twayogedde emabegako nti omusingi gwokka ogwawula abakkiriza ku batakkiriza kwe kussa okukkiriza mu Yesu Kristo ng'Omulokozi. Okwawulibwamu kuno kwe kusalawo buli kibinja gye kinaamala obulamu bwakyo emirembe gyonna. Kyokka ebikolwa bwe byogerwako essira liteekebwa ku biyinza okuddirira ku nneeyisa ya buli kibinja eri Abayudaaya. Omusango ogwokubiri gwa ndiga (abakkiriza), abo Yesu b'ayita "abaweereddwa omukisa Kitange." Bayitibwa "okusikira obwakabaka" (oluny. 34). Ekigambo "obwakabaka" tekirina bikyongerwako gamba nga "obwa Katonda" oba "obw'eggulu" kale kiyinza okutegeeza ekitundu ekisingawo eky'awamu ekya Kristo okufuga oba obufuzi bwa kabaka. Olwo okuyitibwa kwe kunyumirwa empeera y'okwetaba mu bufuzi bw'obwakabaka bwa Kristo, nga gwe mulamwa gw'olugero lwe twalaba (laba. Mat. 24:21, 23) n'okuyigiriza okusangibwa mu bitundu ebirala (okgz. Luk. 22:27-30; Bar.8:17; ne 2Tim. 2:10-13 ekigenda okuteesebwako oluvannyuma). Nga bwe tulabye era, ekigambo "obulamu obutaggwaawo" (ekikozesebwa mu lunyiriri 46 ku nkomerero "y'abatuukirivu") kisaana okulowoozebwako mu ngeri ya mutindo gwa bulamu, so si bungi bwa budde bwokka (laba okukubaganya ebirowoozo kwa Bag.6:7-8 ne 1 Tim. 6:17-19). Ensala eyokusatu ekwata ku biyinza okutuuka ku Bannamawanga abatakkiriza (embuzi) abaalagajjalira Abayudaaya. Bajja kwokebwa "omuliro ogutaggwaawo" (oluny. 41) "n'ekibonerezo ekitaggwaawo" (oluny. 46). Newankubadde ennyanja ey'omuliro ky'ekifo ekisembayo eky'abatakkiriza bonna,

eky'okwongerako okwogera ku "kibonerezo" kitegeeza ekisingawo ku kifo ekisembayo. Kitegeeza okwesasuza okw'obwakatonda oba ekigera ky'ekibonerezo ekisalibwawo olw'enneeyisa ey'emabega, nga bwe kiri ku kulamulwa okulibeera mu maaso g'Entebe Enjeru Ennene ogulijja oluvannyuma (Kub. 20:12-13; laba ne Mat. 23:14/Mak. 12:38-40/Luk. 20:46-47).

Entaputa eno ey'Amazima B erina bingi eby'okugisiimako era ekuumira wala eky'ebikolwa okuba nga bye bisalawo ani alokoka (endiga) n'ani atalokolebwa (embuzi). Ekimu ku biwakanya endowooza eno kyandibadde nti ekitundu ekyo tekyogera mu bulambulukufu ekigera ky'obwesigwa mu ndiga oba ekigera ky'obubi mu mbuzi--kino kyali kisobola kulowoozebwa bulowoozebwa. Mu kuddamu, kiyinza okuwakanirwa nti Yesu yali ayogera mu ngeri ey'awamu ku kiki ekyali kiraga buli kibinja okutwaliza awamu. Tukimanyi nti wajja kubaawo amadaala ag'enjawulo ag'obwesigwa ng'abakkiriza balamulwa ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango mu (Mat. 25:20-23), naddala eri abo abagumira okuyigganyizibwa (Mat. 5:19). Ensala eno yandibadde efaananako bw'etyo. Nga bwe kyanokoddwaayo mu bitundu ebiyise, waliwo ebibonerezo ebitenkanankana eri abo abatali bakkiriza.

Entaputa y'Amazima B ekitundu ekyokubiri eraba ebikolwa ebyogeddwako si ng'akakkwakulizo k'obulokozi bwa Bannamawanga, naye okwolesa okukkiriza kwabwe okulaga obulokozi bwabwe. Entaputa y'Amazima B eggyawo eky'omulimu gwonna okubeera nga gwe gusalawo ku bulokozi, naye eraga nti waliwo ebigera by'empeera eri abakkiriza oba ekibonerezo eri abatakkiriza. Mu ndaba y'amazima ey'emirundi ebiri, waliwo eky'okukola gye tuli ffe abakkiriza b'olwaleero: Katonda afaayo engeri gye tuyisaamu abantu be, Abayudaaya. Bakulu nnyo mu nteekateeka ye eri ensi, n'olwekyo ekisuubizo kye eri Ibulayimu n'abazzukulu be kisigalawo nga kigamba nti: "Nja kuwa omukisa abo abakuwa omukisa, nange ndikolimira oyo akukolimira" (Lub. 12:3).

**Olugero lw'omwana eyazaawa. Lukka 15:11-32.**

> 11*Awo Yesu n'abagamba nti, "Waaliwo omusajja eyalina batabani be babiri.* 12 *Omuto n'agamba kitaawe nti, 'Kitange, nkusaba ompe omugabo gwange ku bintu byo ogunsaanidde.' Kitaawe n'abagabanyiza ebintu byabwe.*13 *"Waayitawo ennaku ntono, omwana omuto n'asibako ebintu bye byonna ne yeetambulira, n'agenda mu nsi ey'ewala. Bwe yatuuka eyo n'asaasaanya ebintu bye ne yeemalira mu binyumu.* 14*Mu kiseera ekyo we yamalirawo*

*ebintu bye byonna, n'enjala nnyingi we yagwira mu nsi omwo mwe*
*yali, n'asiibanga era n'asulanga enjala.* 15 *N'agenda abeere*
*ew'omwami omu ow'omu nsi omwo n'amusaba amuwe omulimu,*
*n'amusindika gye yalundiranga embizzi azirabirirenga.* 16*Omulenzi*
*ne yeegombanga okulyanga ebikuta by'embizzi, naye ne watabaawo*
*amuwa kantu konna.* 17 *"Naye bwe yeddamu n'agamba nti, 'Eka*
*ewaffe, abasajja abapakasi aba kitange bafuna emmere nnyingi ne*
*balya ne balemwa, naye nze ndi wano nfiira wano enjala!* 18
*Nnaagenda eri kitange, mugambe nti, Kitange, nnyonoonye eri*
*eggulu ne mu maaso go,* 19*era sikyasaanira na kuyitibwa mwana wo.*
*Nfunira omulimu mbeere ng'abapakasi bo.'* 20 *Bw'atyo n'asitula*
*n'addayo ewa kitaawe."Naye bwe yali ng'akyaliko wala n'awaka,*
*kitaawe n'amulengera ng'ajja, n'amusaasira nnyo. Kitaawe*
*ng'ajjudde amaziga n'amusisinkana, n'amugwa mu kifuba*
*n'amunywegera.* 21 *Omwana n'agamba kitaawe nti, 'Kitange,*
*nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go. Sikyasaanira kuyitibwa*
*mwana wo.'* 22 *"Naye kitaawe n'alagira abaddu be nti, 'Mwanguwe*
*mangu! Muleete ekkanzu esinga obulungi mugimwambaze.*
*Mumunaanike empeta ku ngalo ye, mumwambaze n'engatto!* 23*Era*
*mugende mutte ennyana eya ssava. Tufumbe embaga nnene tujaguze.*
24 *Kubanga mutabani wange ono yali afudde kaakano mulamu, yali*
*azaaye laba wuuno azaawuse.' Embaga n'etandika.*25 *"Mu kiseera*
*ekyo omwana omukulu yali ali mu nnimiro. Awo bwe yali akomawo*
*eka ng'asemberedde ennyumba, n'awulira ennyimba ez'amazina.*
26*N'ayita omu ku baweereza n'amubuuza bwe bibadde.*
27*Omuweereza n'amutegeeza nti, 'Muganda wo akomyewo, era*
*kitammwe amuttidde ennyana eya ssava olwokubanga muganda wo*
*akomyewo nga mulamu bulungi.'*28 *"Muganda we omukulu*
*n'anyiiga, n'okuyingira n'atayingira mu nnyumba. Naye kitaawe*
*n'ajja n'amwegayirira ayingire,* 29*naye omwana n'amuddamu nti,*
*'Emyaka gino gyonna nkukoledde, era tewali mulundi na gumu Lwe*
*wali ondagidde ne nkujeemera. Naye tompangayo wadde akabuzi*
*akato neesanyuseeko ne mikwano gyange.* 30 *Naye kale mutabani wo*
*olukomyewo ng'ebintu byo bye wamuwa amaze okubimalira mu*
*bamalaaya, n'omuttira ennyana ensava.'*31 *"Kitaawe n'amuddamu*
*nti, 'Laba mwana wange, tuli ffenna bulijjo, era byonna bye nnina*
*bibyo.* 32 *Kaakano kituufu okusanyuka n'okujaguza. Kubanga*
*muganda wo, yali afudde, kaakano mulamu! Yali azaaye, wuuno*
*azaawuse!' "*

Entaputa y'Amazima A: Omwana alokoka bwe yeenenya ekibi kye ng'adda eka ewa kitaawe.

> Entaputa y'Amazima B: Omwana ayinza okukiikirira omuntu eyalokoka oba atali mulokole, naye essira liri nti ekisa kya kitaawe kisonyiwa era ne kisembeza aboonoonyi abeenenya.

Emu ku nsonga eri mu mboozi eno eyinza okukubaganyizibwako ebirowoozo —omwana eyazaawa akiikirira mukkiriza oba atali mukkiriza? Omuntu ayinza okukaayana nti akiikirira omukkiriza kubanga, oluvannyuma lw'ebyo byonna, yali mwana. Omulala ayinza okugamba nti mu kusooka tasobola kuba nga yali muntu mulokole okuva lwe yali atambulira mu kibi era ng'alina okwenenya ebibi bye okusobola okulokolebwa.

Entaputa y'Amazima A yandigambye nti omwana teyali mulokole naye n'alokolebwa. Yeenenya ekibi kye n'adda eri kitaawe. Kino kiyigiriza nti omuntu yenna omwonoonyi alina okwenenya ekibi kye bw'ajja eri Katonda okufuna obulokozi. Ebiseera ebisinga essira kwe kuba nti omuntu asobola okulokolebwa ng'akyuse okuva mu kibi kye, kubanga mu ndowooza eyo, okwenenya si kwe kukyusa endowooza yokka, naye era y'enkyukakyuka mu nneeyisa y'omuntu.

Entaputa y'Amazima B yandiwakanyizza nti omwana yali yafuuka dda wa mu maka ago, naye n'ayonoona era n'amenyawo okussa ekimu ne kitaawe. Okwenenya kwe kwaliwo bwe "yeddamu" (Luk. 15:17) n'akyusa endowooza ye ku ky'okusaanira kwe okuyitibwa omwana. Okudda kwe eri kitaawe kye kyava mu kwenenya kwe. Nga bwe kyayogeddwako emabegako, kino kyawula okwenenya okw'omunda ku nneeyisa ey'ebweru, ne kifuula ebikolwa okubeera ebibala so si akakwakkulizo k'enjiri. Wadde ng'okusinga kirabika okubeera Amazima B, kirinamu n'engeri gye kikolamu eri abatakkiriza.

Kirabika ng'essira erisinga mu mboozi eno kwe kuba nti taata ono, akiikirira Katonda, ayaniriza n'essanyu omwana we ajja gy'ali. Oba omwana mulokole oba si mulokole si ky'ekikulu mu kiseera kino. Yali yazaawa, naye kaakati azaawuse —ng'endiga eyabula n'effeeza eyabula bwe byazuulibwa mu mboozi ezisoose (Luk.15:4-10). Olugero luno lwogerwa eri Abafalisaayo n'abawandiisi mu nsonga za Yisirayiri okugaana Masiya. Eri bo obubaka bwandibadde nti Katonda ayaniriza eggwanga erijeemu nga kw'otadde n'abantu ssekinnoomu abajeemu. Era tukiraba nti emboozi yawandiikibwa Lukka alowoozebwa okuba ng'okusinga yawandiikiranga Bannamawanga. Munnagwanga yenna yali asobola okulaba omutima gwa Katonda nga bwe guli gy'ali. Buli muntu yenna ayonoona, oba nga muntu wa Katonda oba nedda yeetaaga okukimanya nti Katonda amwagala era amwaniriza.

Eky'okuyiga ekikulu kigamba nti Katonda Kitaffe ayagala aboonoonyi, abasonyiwa, abasanyukira nnyo bwe beenenya ne badda gy'ali, era abazza mu kifo kyabwe. Mu Lukka 5:32, Yesu agamba nti, "Ssajjirira batuukirivu, wabula aboonoonyi basobole okwenenya." Olugero luno kitundu ku kwanukula kwa Yesu eri Abafalisaayo n'abawandiisi abamunenyanga okulya n'aboonoonyi (Luk. 15:1-3). Engero essatu Yesu ze yagera mu Lukka 15 ziraga omuwendo omwonoonyi gw'alina eri Katonda. Tetulina kwerabira obuvunaanyizibwa obw'amaanyi omwana omukulu bw'alina mu lugero luno. Yagugumbula kitaawe olw'ekisa kye yalaga omwana eyazaawa, ng'era abawandiisi n'Abafalisaayo bwe banenyanga enkola ya Yesu eri aboonoonyi.

Kizibu okukola entaputa ku lugero luno ng'ogyesigamya ku muntu atali mulokole oba omulokole yekka. Olugero lulabika nga lulimu Amazima A n'Amazima B. Ekinyusi kiri nti, Katonda asanyuka ng'omwonoonyi alokoleddwa oba ng'omwana we addiziddwa mu kifo kye.

Wadde tuyinza obutategeera ssanyu lya Katonda lye yafuna nga tulokose, kaakano tusobola okutegeera butya bwasanyuka bwe tudda gyali ng'abaana okuva mu nsobi zaffe.

## Ebitundu ebyogera ku Kubatizibwa

Ebitundu ebyogera ku kubatizibwa mu Baibuli biriko kalumannyweera, okusingira ddala mu ntaputa y'ebitundu ebimu mu Njiri Ezifaanagana. Waliwo bangi ababityebeka nti okubatizibwa ke kakwakkulizo akeetaagisa okufuna obulokozi, oba nti ky'ekibala ekyetaagisa eky'obulokozi. Mu mbeera ezo zombi, bakkiriza nti okubatizibwa kulimu amakulu ag'Amazima A. Wano, twetegereza ennyiriri eziwerako ku kubatizibwa mu Njiri essatu ezisooka.

### Okubatiza kwa Yokaana okw'okwenyenya. Mat. 3:1-12 (laba. Luk. 3:3-17)

*1 Mu nnaku ezo Yokaana Omubatiza n'ajja ng'abuulira mu ddungu*
*ly'e Buyudaaya ng'agamba nti,* *2 "Mwenenye, kubanga obwakabaka*
*obw'omu ggulu bunaatera okutuuka."* *3 Oyo nnabbi Isaaya gwe*
*yayogerako ng'agamba nti,"Mpulira eddoboozi ly'oyo ayogerera*
*waggulu mu ddungu ng'agamba nti,'Mulongoose oluguudo lwa*

*Mukama,muluŋŋamye amakubo ge!' "*4 *Ebyambalo bya Yokaana*
*byakolebwa mu bwoya bwa ŋŋamira, era nga yeesibya lukoba lwa*
*ddiba. N'emmere ye yali nzige na mubisi gwa njuki.* 5*Abantu bangi*
*ne bava mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna ne mu bifo*
*ebiriraanye Yoludaani ne bajja mu ddungu okuwulira by'abuulira.*
6*N'ababatiza mu mugga Yoludaani, nga baatula ebibi byabwe.*7 *Naye*
*bwe yalaba Abafalisaayo bangi n'Abasaddukaayo nga bajja*
*okubatizibwa n'abagamba nti, "Mmwe, abaana b'essalambwa, ani*
*yabalabula okudduka obusungu bwa Katonda obugenda okujja?*
8 *Kale mubale ebibala ebiraga nti Mwenenyeza.* 9*Temulowooza mu*
*mitima gyammwe nti, 'Tuli bulungi kubanga tuli Bayudaaya, abaana*
*ba Ibulayimu, tetufaayo, tetulina kye twetaaga.' Ekyo tekibasigula.*
*Mbategeeza nti, Katonda ayinza okufuula amayinja gano abaana ba*
*Ibulayimu!* 10 *Kaakano embazzi ya Katonda eteekeddwa ku buli*
*kikolo kya muti, omuti ogutabala bibala birungi, gutemebwa*
*gusuulibwe mu muliro.*11 *"Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku*
*kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era*
*sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu*
*n'omuliro.* 12 *Ekikuŋŋunta kiri mu mukono gwe, alirongoosa*
*egguuliro lye. Eŋŋaano aligitereka mu tterekero lye, naye ebisusunku*
*alibyokya mu muliro ogutazikira."*

Entaputa y'Amazima A: Yokaana Omubatiza yabatiza abaali batakkiriza abeenenya ebibi ne bakyusa enneeyisa yaabwe basobole okulokolebwa.

Entaputa y'Amazima B: Yokaana omubatiza yabatiza Abayudaaya abayolesa okwenenya kwabwe wansi w'Endagaano ya Musa, okwawukana ku bwonoonyi bwa Yisirayiri, era ne beetegekera Masiya eyali ajja.

Kino kye kitundu we kibeerera ekikulu okutegeera ensengeka n'omulamwa. Yokaana Omubatiza alina obubaka eri eggwanga lya Yisirayiri ku kwenenya n'okubatizibwa. Naye ali mu ku babuulira butya bwe balina era nga naffe bwe tulina okukikola?

Mu kiseera ekyo Yokaana we yabuulirira, eggwanga lya Yisirayiri lyali likyali wansi w'Endagaano ya Musa. Abantu ba Katonda ab'endagaano, ekkubo ery'okuzzibwawo olw'okuva ku Katonda kwali kwenenya —okukyusa endowooza zaabwe oba endowooza zaabwe ku kibi kyabwe (Ma. 30:2, 10; 2 Byom. 7:14). Mu kiseera ekyo, baali beetegese okwaniriza Masiya oyo Yokaana gwe yali agenda okwanjula. Okubatizibwa kwe bwali bujulizi ku

kwenenya kwabwe ne Masiya gwe baali balindirira. Emirimu gy'agamba Abafalisaayo, Abasaddukaayo, n'abalala okukola (Mat. 3:7-9; Luk. 3:7-14) by'ebikolwa ebikwatagana n'okwenenya okwa nnamaddala, so si bikolwa ebijja okubalokola. Ekitundu kino kyawula bulungi wakati w'okwenenya ng'endowooza ey'omunda era"n'ebibala ebizaalibwa okwenenya" ng'eno y'enneeyisa ey'ebweru (oluny. 8).

Kiyamba okulaba omutume Pawulo ky'ayogera ku kubatizibwa kwa Yokaana mu Bikolwa 19:4. Ng'ayogera n'Abefeeso abaali bafunye okubatizibwa kwa Yokaana naye nga tebannakkiririza mu Yesu Kristo, yagamba nti, "Mazima Yokaana yabatiza n'okubatiza okw'okwenenya, ng'agamba abantu nti bakkirize oyo agenda okumuddirira, kwe kugamba, bakkirize Yesu Kristo." Abo abaali bafunye okubatizibwa kwa Yokaana baali Bayudaaya abakkiriza abaali beetaaga okufuuka Abakristaayo nga bassa okukkiriza kwabwe mu Yesu Kristo. Baali mu kiseera eky'enkyukakyuka wakati w'omulembe gw'Amateeka n'omulembe gw'ekisa.

Nga bwe kyawandiikibwa mu Bikolwa 13:24, Pawulo yagamba mu Psidian Antiyokiya nga Kristo tanneyanjula mu butongole eri Yisirayiri nga Masiya, nti Yokaana yabuulira "okubatizibwa okw'okwenenya eri abantu bonna aba Yisirayiri." Bwe tuba nga tutegeera Abayudaaya abaali bamuwuliriza n'ensibuko y'endagaano y'okubuulira kwa Yokaana ku kubatizibwa n'okwenenya, kino tetusaanidde kukifuula nkola ya kubuulira njiri mu mulembe gw'ekkanisa. Ekisooka, kino tekyogera n'akatono ku kubatizibwa kw'Ekikristaayo. Ekyokubiri, okwenenya tekulokola muntu yenna ku bwako, wabula okukyusa omutima kwe kiraga nti omuntu yeetegese bulungi okukkiririza mu Mulokozi. Wadde nga kyogera ku bantu ba Katonda wansi w'endagaano ye, tusobola okuyigira ku kino ng'Amazima B ag'awamu agayigiriza ekkubo eridda eri Katonda eritandika n'okukyusa endowooza n'omutima.

**Oyo abatizibwa ajja kulokolebwa. Makko 16:16**

> "*Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."*

> Entaputa y'Amazima A: Obulokozi bwetaagisa okukkiririza mu Yesu Kristo nga kugatiddwako okubatizibwa mu mazzi.

> Entaputa y'Amazima B: Obulokozi bwetaagisa okukkiriza mu Yesu Kristo n'okubatizibwa mu mazzi nga kukola ng'obujulizi ku kukkiriza okwo.

(Wadde nga Makko 16:9-20 teyali mu biwandiiko ebiwerako ebyasooka eby'Endagaano Empya, kyenkana kiri kumpi mu biwandiiko byonna ebya Makko, n'olwekyo tujja kukiraba wano.)

Ekigambo kirabika nga kyogera butereevu mu kwogera kwakyo nti, "Akkiriza era n'abatizibwa ajja kulokolebwa." Kyokka era, kyogera butereevu mu kigambo ekiddako: "naye atakkiriza omusango gulimusinga." Omuntu yandibadde asuubira nti okubatizibwa bwe kiba nga ke kakwakkulizo k'obulokozi mu kigambo ekisooka, obutabatizibwa ye yandibadde ensonga lwaki omuntu asingisibwa omusango. Kyokka tewali kubatizibwa we kwogerwako nga kukwatagana n'okusingisibwa omusango.

Ekyo kiraga bulungi nti okubatizibwa si kakwakkulizo ka bulokozi. Enkolagana ey'oku lusegere ey'okukkiriza n'okubatiza yali evudde ku kukwatagana okw'oku lusegere ebintu bino kwe byalina mu bantu abaasooka okukyuka. Omuntu bwe yakkirizanga, yabatizibwanga. Ekyo kye kifaananyi ekirabibwa obulungi ennyo mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume (Bik. 2:41; 8:35-37; 10:44-48, era nga bwe kiri; 16:14-15).

Naye eno era y'embeera mwe tulina okugeraageranyiza Ebyawandiikibwa ebitegeerekeka obulungi n'ebyo ebitategeerekeka bulungi. Ekigambo kino ekirabika ng'ekifuula okubatizibwa ekikolwa eky'okulokola kikontana n'okuyigiriza kw'Endagaano Empya okumanyiddwa ennyo obulungi nti obulokozi bufunibwa kuyita mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo. Enjiri ya Yokaana, ye yawandiikibwa okubuulira abatakkiriza engeri y'okulokolebwamu (Yok. 20:31), enjiri eno efuula okukkiriza okuba akakwakkulizo k'obulokozi kokka era tagattako kubatizibwa. Ate era, Omutume Pawulo yategeerekeka bulungi nnyo mu Baruumi 3:24-4:5 bwe yagamba nti, tuweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, so si lwa bikolwa. Ekirala, yagamba nti okubatiza si kitundu ku kubuulira kwe okw'enjiri (1 Kol. 1:14-17).

Ekituufu ku Mazima A mu Makko 16:16 kiri nti abo abakkiriza bajja kulokolebwa era n'abatakkiriza bajja kusingisibwa omusango. Amazima B gali nti abo abakkiriza era ne balokoka kibagwanira okujulira eri okukkiriza okwo okuyita mu kubatizibwa mu mazzi. Wadde nga tetukkiriza nti okubatizibwa kulokola, tetunafuya bukulu bwa kubatiza obujulira obulokozi bwaffe.

ESSUULA

# Enjiri ya Yokaana

6

ENJIRI YA YOKAANA EYAWUKANA ku Njiri Ezifaanagana (*Sinoputiki*) mu ngeri ey'enjawulo ku bigirimu n'ekigendererwa kyayo. Ebigirimu tebitera kusangibwa mu Njiri ziri endala essatu — ebitundu kkumi ku buli kikumi byokka bye bisangibwa mu njiri ziri endala. Ate era, ekigendererwa kyayo kirambikiddwa bulungi gye tuli mu Yokaana 20:30-31:

> 30 *Yesu yakola ebyamagero ebirala bingi ng'abayigirizwa be balaba, ebitaawandiikibwa mu kitabo kino.* 31 *Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu mu linnya lye.*

Yokaana yawandiika okuleeta abantu eri okukkiriza mu Yesu Kristo. Ekyo osanga nakyo kye kyali ekigendererwa ekitegeerekeka eky'ekitundu eky'Enjiri essatu Ezifaanagana (*Sinoputiki*), naye Yokaana yakyogera mu ngeri ey'enjawulo era n'akiggumiza. Okulondawo emboozi, n'ebyokulabirako ku Yesu Kristo, okussa essira ku bwakatonda bwe, eky'okuba nti Yokaana akozesa ekigambo "kkiriza" kumpi emirundi kikumi (bulijjo mu ngeri y'ekigambo, so si ng'erinnya) ebiseera ebisinga ng'akakwakkulizo k'okufuna obulamu obutaggwaawo, ekintu ekiraga ekigendererwa kino. Yokaana era akozesa okugeraageranya ku kukkiririza okuggumiza engeri ekirabo eky'obwereere eky'obulamu obutaggwaawo gye kiweebwamu abantu. Ageraageranya okukkiriza ku kutunula (Yok. 3:15), okusaba (Yok. 4:10), okulya n'okunywa (Yok. 6:47-58), n'okuyingira (Yok. 10:9), ebyo byonna gy'emirimu emyangu egitaliimu kusaanira oba ebikolwa.

Olw'okussa essira ku bulamu obutaggwaawo, tuyinza okukemebwa okugamba nti Enjiri ya Yokaana ky'ekitabo ekiraga Amazima A, naye era kirimu n'Amazima B agalabika amangu, amazima agoogera ku ngeri gye tutambulira mu bulamu obw'Ekikristaayo n'obw'obuyigirizwa. Essuula 13-17, emanyiddwa nga Emboozi mu Kisenge ekya Waggulu, zino mboozi

ez'omukwano wakati wa Yesu n'abayigirizwa be okusinga nga zikwata ku bulamu bw'Ekikristaayo. Kino nakyo kikwatagana n'ekigambo ky'ekigendererwa ekiri mu Yokaana 20:31, ekifundikira nga kigamba nti "bwe mukkiriza mulyoke mubeere n'obulamu mu linnya lye." Emboozi ey'ekiseera ekya kaakano eyogera nti "okukkiriza" eraga nti okukkiriza okututukuza kuteekwa okweyongerayongera mu maaso oluvannyuma lw'okukkiriza okw'obutuukirivu kwe tufuna mu kusooka ffe okusobola *okutambulira* mu bulamu obupya bwe twafuna. Ekigendererwa kino ekikwatagana era kirabibwa ku ntandikwa y'ekitabo kya Yokaana 1:4: "Mu ye mwalimu obulamu, n'obulamu bwe bwali ekitangaala ky'abantu." Obulamu obufunibwa bufuuka obulamu obuwa omukkiriza ekitangaala okubeerawo. Obulamu obutaggwaawo si kintu kya kubeera bubeezi nakyo, kye kintu ky'otambuliramu, kubanga bwe bulamu bwa Katonda.

**Yesu abantu abamu tabeesiga. Yokaana 2:23-25**

> 23 *Awo Yesu bwe yali mu Yerusaalemi mu kiseera eky'Embaga ey'Okuyitako, bangi baalaba obubonero bwe yali akola ne bakkiriza erinnya lye.* 24*Kyokka Yesu teyabeesiga, kubanga amanyi abantu bonna,* 25 *kubanga yamanya bw'afaanana, nga teyeetaaga kubuulirwa muntu kyali.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abayudaaya abamu Yesu teyabeewa era teyabawa bulamu butaggwaawo kubanga yali amanyi abo abatamukkiririzaamu.
>
> Entaputa y'Amazima B: Yesu teyeewa Abayudaaya abamu abaali bafunye obulamu obutaggwaawo era teyabawa kussa kimu okw'ebuziba kubanga yali akimanyi nti emitima gyabwe tegyali myetegefu.

Kumpi bonna abannyonnyozi b'ensonga bawagira entaputa y'Amazima A. Tebakkiriza nti Abayudaaya bano baali baalokoka, newankubadde nga wagamba nti baali bakkirizza Kristo. Bagamba nti okukkiriza kwabwe kwali kwa bulimba kubanga 1) Baali bakkiririza mu linnya lya Yesu lyokka so si mu bwakatonda bwe, 2) Bakkiriza olw'obubonero Yesu bwe yakola bwokka, ne nsonga eyo 3) Yesu agaana okubeeyabiza n'okubeesiga.

Ensonga yaabwe ewulikika ng'ematiza —okutuusa lwe tutandika okugeraageranya Ebyawandiikibwa ebirala. Ng'ekyokulabirako, ku bikwatagana n'ensonga eyasooka Abayudaaya gye baalina ey'okukkiririza mu linnya lya Yesu lyokka, olulimi olwo lwennyini lwe lukozesebwa mu

nnyanjula olw'obulokozi ng'akakwakkulizo k'okufuuka omwana wa Katonda (Yok. 1:12). Bwe kityo, ekigambo ky'ekigendererwa kigamba nti tulina "obulamu okuyita mu linnya lye" (Yok. 20:31). Obutakkiririza mu linnya lye y'ensonga lwaki omuntu asingisibwa omusango (Yok. 3:18). Ekyewuunyisa, abannyonnyozi be bamu abagamba nti okukkiriza mu linnya lya Yesu tekimala kulokolebwa, ebiseera ebisinga bakakasa nti omuntu alina "okumukkiririzaamu" okusobola okulokolebwa, and naye ate ne bawakanya amakulu agali mu Yok. 2:23. Kye balemererwa okutegeera kiri nti okukkiriza mu *linnya* lya Yesu kitegeeza okukkiriza mu byonna Yesu by'ali era ne by'akiikirira—amakulu emirundi mingi gakwatagana *n'erinnya* mu Baibuli.

Ensonga eyokubiri —nti okukkiriza okuleetebwa obubonero tekumala olw'obulokozi —kikwatagana n'obujulizi era. Obubonero si kye kinyusi mu ngeri yonna —Yesu Kristo kye kinyusi. Obubonero busongera bantu bokka ku Yesu. N'ekirala, okukkiriza okugobererwa obubonero kulabibwa ewalala mu Yokaana (Yok. 1:47-49; 2:11; 4:52-53;10:41-42, 11:42, 45; 20:26-29) era Yesu yennyini akubiriza okukkiriza okwesigamiziddwa ku bubonero (Yok. 1:50-51; 10:37-38; 14:11). Omutume Yokaana asuubira obubonero okukulembera okukkiriza (12:37), era n'atuuka n'okugamba bw'atyo mu kigendererwa kye eri Enjiri (20:30-31).

Kirabika ensonga yokka lwaki abantu bataputa okukkiriza kw'Abayudaaya ng'okw'obulimba kiva ku kuba nti Yesu teyabeewa. Kale lwaki Yesu teyeesiga bakkiriza bano abapya?

Ekisooka, tusaanidde okukimanya nti wano waliwo okuzannyisa ebigambo, kubanga ekigambo ekivvuunuddwa *okweyama* kye kigambo kye kimu ekivvuunuddwa *kkiriza (pisteuō)* ekikozesebwa Abayudaaya, naye mu kwogera kuno ku Yesu tekikozesebwa mu ngeri ya biyigirizibwa ku bulokozi (soteriological).Tuyinza okugamba nti newankubadde Abayudaaya baali bamukkiririzaamu, Yesu yali tannaba kubakkiririzaamu kubanga yali amanyi ekibalimu. Baali bakkiriza abapya abaali tebakakasiddwa era olw'ensonga ezimu nga bamanyiddwa Yesu yekka, nga si mwetegefu okubeemalirayo. Eno y'ennono gye tulaba ng'eyigirizibwa oluvannyuma mu Yokaana nti abo abaanukulira obulungi amazima boongera okuweebwa amazima amalala (Yok. 14:21; 15:14-15). Okugaana kwa Yesu okubeemalirayo tekirina kakwate konna ku butuufu bw'okukkiriza kw'Abayudaaya bano n'obulokozi bwabwe. Ekigambo ekitegeerekeka obulungi kiri nti baali bakkiriza, ekiyinza okulagibwa mu Yokaana nti kivaamu bulijjo obulamu obutaggwaawo.

Mu kutaputa ekitundu kino ng'Amazima A, bangi basubiddwa okulaba ebyewuunyisa eby'Amazima B agakwatagana n'obulamu bw'Ekikristaayo n'obuyigirizwa, nti obuwulize butuleeta mu nkolagana ey'oku lusegere ennyo ne Yesu Kristo mwe yeeyongerera okutwemanyisa. Naye Kristo ajja kutuwa okumanya kuno bwe tukakasa nti tukwetegekedde.

**Okuzaalibwa amazzi n'Omwoyo. Yokaana 3:5**

> *Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, okuggyako ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omuntu alina okubatizibwa naasobola okufuna Omwoyo Omutukuvu n'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.
>
> Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Omuntu afuna ekisuubizo kya Mwoyo Mutukuvu aba azaalibwa omulundi ogw'okubiri.

Bwe kiba nti omulamwa gulina kye gutegeeza (era ddala, nga gutegeeza buli kimu!), olwo okuzaalibwa obuggya okulabibwa mu Yok. 3:1-16 kujja okuyita mu kussa okukkiriza mu Yesu Kristo okubeera Omulokozi, si lwa kubatizibwa. Abasinga bamanyi nnyo eky'okukkiriza ng'akakwakkulizo akaweesa omuntu obulokozi mu Yok. 3:16. Naye obwetaavu bw'okukkiriza bwogerwako nga bukyali mu Yok. 1:12. Era buzimbulukusibwa mu 3:15 nga kijuliza ekyaliwo mu Kubala 21 wamu n'eky'emisota mu ddungu mu biseera bya Musa. Eyo y'endabika ennyangu ku nteekateeka ya Katonda eyawonya Abayisirayiri okuva mu kufa, nga bwe kuli okukkiriza okwangu okutunuulira Yesu Kristo nga bwe bugabirizi bwa Katonda obutuweesa obulokozi obutaggwaawo olwaleero.Tewali kirala kizingirwamu era mazima ddala tewali kyogerwako ku kubatizibwa.

Kale ekijulizibwa nga "okuzaalibwa mu mazzi ne mu Mwoyo" kitegeeza ki mu lunyiriri 5? Waliwo entaputa eziwerako eziweebwa abannyonnyozi b'ensonga. Abamu bagamba nti amazzi gategeeza okubatiza kwa Yokaana Omubatiza okuteekateeka abantu okukkiriza Kristo, ng'omwo mwe bafunira Omwoyo Omutukuvu, naye tewali we boogerera ku Yokaana oba okubatizibwa. Abalala balowooza nti kino kyogera ku kubatizibwa kw'Ekikristaayo, naye ekyo mu mazima ddala kyali tekinnatuuka okuva lwe tutalaba kubatizibwa mu linnya lya Yesu nga kubaawo okutuusa mu kitabo ky'Ebikolwa. Abamu bakkiriza nti amazzi gategeeza Kigambo kya Katonda "olw'okunaazibwa n'amazzi olw'ekigambo" ekyogerwako mu Beefeso 5:26, naye kino nakyo kiviira ddala ku mulamwa. Entaputa ku mulamwa esingawo eri nti amazzi ge gategeeza okuzaalibwa okw'omubiri, kubanga Yesu ayogera ku "ekyo

ekizaalibwa omubiri" era Nikodemo naye abuuza ekibuuzo ekikyamu ku butuufu bw'omuntu ng'adda mu lubuto lwa nnyina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Kale waakiri okutaputa kuno kwo kusinziira ku mulamwa.

Wabula, enzivuunula endala ewagirwa omulamwa eri nti amazzi kwe kujuliza okw'Omwoyo Omutukuvu. Anti essira, okusoaka kwa byonna liteekebwa ku kuzaalibwa mu by'Omwoyo. Yesu mu kusooka kwa byonna yanenya Nikodemo nti *ye* ng'omusomesa wa Yisirayiri, yandibadde amanyi amazima gano agakwata ku kuzaalibwa obupya. Nikodemo yanditegedde atya ebikwata ku kuzaalibwa obupya? Kyandibadde kiva mu Ndagaano Enkadde, era ekitundu ekisinga okukiraga kyandibadde ebisuubizo by'Endagaano Empya ebimanyiddwa ennyo mu Ezeekyeri 36:25-27:

> 25 *Ndibamaansirako amazzi amayonjo, era ndibaggyako obutali bulongoofu bwammwe bwonna n'okuva ku baKatonda abalala bonna, ne mbafuula abalongoofu.* 26 *Ndibawa omutima omuggya era ne nteeka n'Omwoyo omuggya mu mmwe. Ndibaggyamu omutima ogw'ejjinja ne mbawa omutima ogw'ennyama.* 27 *Era nditeeka Omwoyo wange alibakubiriza okutambulira mu biragiro byange,era mulikwata ebiragiro byange n'okubigondera.*

N'olwekyo Nikodemo yandibadde akimanyi nti obwakabaka bwetaagisa okusonyiyibwa ebibi n'obuweereza obupya obw'Omwoyo Omutukuvu mu buli muntu akkiririza mu Masiya. Yokaana 3:5 asobola okuvvuunulwa "amazzi, n'Omwoyo" oba "amazzi, kwe kugamba, Omwoyo," oluusi nga kayungirizi "ne" *(kai)* bwe kivvuunuddwa mu Lungereza. Ebintu eby'Omwoyo ebiri mu bisuubizo by'Endagaano Empya eri Yisirayiri, okufaananako n'obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu, byagabanibwa ne Bannamawanga abakkiririza mu Yesu Kristo.

Bingi ku bisinga kw'ebyo ebiyinza okwogerwa, naye tukinnyonnyose nti okubatizibwa okw'amazzi tekugya mu mulamwa guno. Emboozi n'okunnyonnyola ebigigoberera (Yok. 3:1-18) biraga bulungi nnyo nti okuzaalibwa obuggya, okuyingira mu bwakabaka, n'obulamu obutaggwaawo byonna biri ku musingi ogw'okukkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi era tewali kirala kyonna kirina kugattibwaako.

**Kkiriza era ogonde. Yokaana 3:36**

> *"Oyo akkiriza Omwana alina obulamu obutaggwaawo, naye oyo atakkiriza Mwana, taliraba bulamu era Katonda amusunguwalira."*

> Entaputa y'Amazima A: Omuntu alokolebwa singa aba akkiririza mu Kristo era ng'amugondera.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Omuntu alokolebwa singa agondera ekiragiro eky'okukkiririza mu Kristo.

Enkyusa ya baibuli eya NKJV eyogeddwako waggulu erabika terina buzibu, kubanga abavvuunuzi baayo bategeera ekigambo ky'Oluyonaani *peithō* ekitegeeza "atakkiriza Mwana" okuba n'amakulu ag'enkanankana *n'okukkiririza mu kintu*. Wabula enzivuunula ya NASB ne ESV evvuunula *peithō* nga *okugonda* ("buli atagondera Mwana taliraba bulamu" ESV), ekituleeta ku ntaputa esooka ey'Amazima A. Olw'olulimi lw'olunyiriri olwa 36 olukwatagana *n'okukkiriza* era *n'okugonda*, abamu bakkaatiriza nti okukkiriza kwokka okulokola kwe kukkiriza okugondera Katonda, kwe kugamba nti, kwe kukkiriza okukakasa obuwulize eri Katonda.

Kiyamba okutunuulira ekitundu ekifaananako bwe kityo ng'okirabira mu mulamwa, olunyiriri 18, obutakkiriza we bubeerera ensonga ey'okusingisibwa omusango mu kiseera kino: "buli atakkiriza gumaze okumusinga." Kino kigeraageranyizibwa ku bigambo ebiri mu lunyiriri olwa 36: "obusungu bwa Katonda bumubeerako." Bwe tulowooza ku kino n'ensonga nti Enjiri ya Yokaana eyanjuddwa nnyo mu ngeri y'okukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo n'obutakkiriza olw'okusingisibwa omusango, enzivuunula ya NKJV ekola emboozi etuukiridde. Yokaana ky'akola kyokka mu nsonga eno kwe kwanjula Yesu Kristo ng'oyo eyaweebwa obuyinza bwa Katonda Kitaffe era n'olwekyo ng'asaanira okugonderwa olw'ensonga eyo. Obuwulize obusookerwako era obusinga obukulu Katonda bw'atusaba kwe kukkiririza mu Yesu Kristo gwe yatuma.

Abo abenkanyankanya okukkiriza n'obuwulize oba abagamba nti okukkiriza kwe kukakasa obuwulize bafuula ebikolwa by'obuwulize okubeera akakwakkulizo akakulu ak'obulokozi nga bafuula ebikolwa okuba nga bye bikulu mu kukkiriza. Kino kikontana n'enjigiriza yonna ey'Endagaano Empya egamba nti obulokozi buva mu kisa okuyita mu kukkiriza so si mu bikolwa, nga beerabidde essira eritegeerekeka mu Njiri ya Yokaana ku kw'okukkiriza kwokka okuba nga ke kakwakkulizo kokka akatuweeesa obulamu obutaggwaawo.

## Okuzuukira okw'emirundi ebiri. Yokaana 5:28-29

28 *"Ekyo tekibeewuunyisa, kubanga ekiseera kijja abafu abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye* 29 *ne bavaamu kubanga be baakola ebintu ebirungi, era balifuna obulamu obutaggwaawo, naye abo abaakolanga ebibi balizuukira ne babonerezebwa."*

Entaputa Esooka ey'Amazima A: Abo abakoze ebikolwa ebirungi bajja kutambulira mu kuzuukira kw'obulamu ate abo abakoze ebikolwa ebibi bajja kusingisibwa omusango.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Abo abakoze emirimu emirungi ng'obujulizi obw'okukkiriza kwabwe bajja kulaba okuzuukira kw'obulamu, so ng'abo abakoze ebikolwa ebibi ng'obujulizi obw'obutakkiriza bwabwe bajja kusingisibwa omusango.

Entaputa Eyokusatu ey'Amazima A: Mu kuzuukira kwabwe, abo abakoze ebirungi — nga bakkiririza mu Yesu Kristo —bajja kutambulira mu bulamu obutaggwaawo ate abo abakoze ebibi — abaajeemera Yesu Kristo —bajja kusingisibwa omusango.

Bw'oba wakakitunuulira kirabika ng'ekitundu ekiraga nti omusango gujja kubaawo ku kuzuukira kw'abantu bonna emirimu gya buli muntu giryoke gyekebejjebwa okuzuula abo abalizuukirira obulamu oba abalizuukirira okusingisibwa omusango. Entaputa esooka ey'Amazima A ekitwala nti obulokozi bw'omuntu bwesigamiziddwa ku nneeyisa y'omuntu mu bulamu buno. Kyokka, tukitegeera mangu nga kino bwe kyawukana ku ssira eriri mu Njiri ya Yokaana ku bulokozi obufunibwa okuyita mu kukkiriza kwokka. Mu Yokaana, okukkiriza kuvaamu obulamu obutaggwaawo, so *obutakkiriza* buvaamu okusingibwa omusango (Yok. 3:18, 36). Eno y'embeera ewali ekitundu ekitategeerekeka bulungi lwe kiteekwa okutaputibwa nga tusinziira ku bitundu ebitegeerekeka obulungi.

Abo abakkiririza mu ntaputa ey'okubiri ey'Amazima A bandyogedde nti ebikolwa si gwe musingi gw'obulokozi, naye gwe musingi gw'okusalirwa omusango. Okwekenneenya emirimu gy'omuntu kijja kukakasa oba okuwakanya nti omuntu oyo mu mazima yakkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi. Nga bwe kiri mu kkooti y'amateeka, obujulizi bwejjeereza omuntu oba okumusingisa omusango. Twayogedde emabegako nti kino tekimala okwawula ebikolwa ku bulokozi. Ku nkomerero, n'entaputa eno, biba bikolwa bye bisalawo enkomerero y'omuntu. Naye ekyo gwe mulamwa oguyigirizibwa mu kitundu kino?

Mu mulamwa ogukulembera olunyiriri 28-29, Yesu annyonnyola Abayudaaya abaali baagala okumutta (5:16-18) nti alina obuyinza bwa Kitaffe okusala omusango era n'okuwa obulamu (5:19-22). Alaga enjawulo mu bibinja by'abantu bibiri eby'enjawulo —abo abawa Omwana ne Kitaffe ekitiibwa, n'abo abatamuwa kitiibwa (5:23). Awo Yesu annyonnyola mu ngeri eggumiza ("mazima ddala" ekiva mu *amiina amiina*) ekibiina ekimuwa ekitiibwa ne Kitaffe: beebo "abawulira ekigambo kyange era ne bakkiririza mu oyo eyantuma." Ekibinja kino "kirina obulamu obutaggwaawo, era tekijja kujja mu musango, wabula kibeera kivudde mu kufa ne kigenda mu bulamu" (5:24). Ekigambo kitegeerekeka bulungi nti abo abakkiririza mu Yesu Kristo balina obulamu obutaggwaawo mu biseera bya kaakano era tebajja kujja mu musango mu biseera eby'omu maaso.

Oluvannyuma Yesu ayogera ku kuzuukira kwa mirundi ebiri mu biseera eby'omu maaso. Wadde nga Yesu tabyawulamu mu biseera ebyo, tulaba mu Kubikkulirwa 20:4-15 nti okuzuukira kuno kwawulwamu emyaka lukumi. Kino kyokka kye kitubagulizaako nti okuzuukira okw'emirundi ebiri si kye kiseera ekisalawo obulokozi bw'omuntu, naye kye kiseera ekiraga buli omu nga bwe yakola. Ennyanjula ya Yesu ey'okwogera ku kuzuukira, kwe kuba nti alina "obulamu mu Ye kennyini " ekitegeeza nti abo abalina obulamu obutaggwaawo balina obukuumi mu Ye ng'Obulamu bwennyini (5:25-26). Okuzuukira okw'emirundi ebiri kugeraageranyizibwa n'ebiva mu kukkiriza n'obutakkiriza mu 5:24. Obulamu obwazuukizibwa bufaanana n'obulamu obutaggwaawo obuweebwa buli muntu yenna akkiriza. Okuzuukira kw'okusalirwa omusango kukwatagana n'omusango ogwogerwako mu 5:24, ekyo omukkiriza ky'awona ("talijja mu musango").

Yesu bw'ayogera ku "abo abakoze obulungi" (mu bufunze, "ebintu ebirungi;" *ta agatha*), omulamwa gutuleetera okutegeera kino mu buufu bw'ennyiriri 23-34. Ekibinja kino kiwa Omwana ekitiibwa, kiwulira (kiwuliriza) ekigambo kye, era kimukkiririzaamu. Okwawukana ku ekyo, "abo abakoze ebibi (mu bufunze, "ebintu ebibi;" *ta phaula*) kye kibiina ekitawa Mwana kitiibwa, tekissa kitiibwa, tekiwulira (tekiwuliriza) kigambo kye, era tekimukkiririzaamu. Enkomerero ya buli kibinja esalibwawo ennyanukula yaabwe ey'emabega. Enkomerero yaabwe

*tesalibwawo* ku kuzuukira kwabwe; enkomerero yaabwe *eyanjulwa* ku kuzuukira kwabwe. Mu kwawukana kw'ebibinja bino ebibiri, tulaba okwagala kwa Yokaana okwogera ebintu ebyawukanira ddala ku binnaabyo. Tulaba enjawulo y'emu n'ebigambo ebifaanagana mu Yok 3:18-21. Eyo, tulabirayo enkomerero y'omuntu nga nayo eteekebwako envumbo okusinziira ku kwanukula kwe: "Oyo amukkiriza tegumusinga; naye oyo atamukkiriza, gumaze okumusinga" (oluny. 18a).

Mu mbeera y'omulamwa, entaputa eyokusatu ey'Amazima A erina obuwagizi bungi okusinga entaputa eyokubiri etwala okukola ekirungi oba obubi ng'obujulizi bw'okukkiriza oba bw'obutakkiriza. Mu Yok 3:21, oyo awona okusalirwa omusango aba ayogerwako nga "oyo akola amazima" era mu 6:29 okukkiririza mu Yesu Kristo kyogerwako ng'okukola ebirungi oba okukola "omulimu gwa Katonda" (laba okukubaganya ebirowoozo kwa Mat. 7:21-23 n'okukubaganya ebirowoozo okuddirira). Mu ngeri endala, okukkiriza mu Yesu Kristo kye kintu ekituufu okukola, era ekivaamu okufuna obulamu obutaggwaawo mu biseera ebya kaakano awamu n'okuzuukira kw'obulamu mu biseera eby'omu maaso. Ku luuyi olulala, okukola ekibi kyandibadde kuwakanya Yesu Kristo obutaba Mulokozi (laba. Yok. 3:20). Tewali asobola *kukola* kirungi ekisinga eky'okukkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi we!

## Omulimu gwa Katonda. Yokaana 6:28-29

> [28] *Awo ne bamubuuza nti, "Tukole ki okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala?"*[29] *Yesu n'abaddamu nti, "Katonda ky'ayagala mukole kwe kukkiriza oyo gwe yatuma."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Okukkiririza mu Yesu Kristo olw'obulokozi kyetaagisa okukkiriza okuliko ebikolwa.
>
> Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Okukkiririza mu Yesu Kristo okufuna obulokozi kikolebwa okuyita mu kukkiriza okwangu.

Ekitundu kino kibadde kikozesebwa okukaayana nti okukkiriza bwe buwulize oba okukola, kubanga Abayudaaya bwe babuuza Yesu kye balina "okukola basobole okukola emirimu gya Katonda?" Yesu y'addamu nti, "Guno gwe mulimu gwa Katonda, kwe kukkiririza mu Oyo gwe yatuma."

Ekibuuzo kiraga endowooza y'Abayudaaya eya bulijjo ey'omu kiseera

ekyo, nga balowooza nti waliwo ekintu ekirina okukolebwa okusobola okufuna obulokozi. Baali balina Amateeka ga Musa ng'ekijulizibwa, naye olw'okuba ebiragiro byali bingi (613) okukubaganya ebirowoozo kwatera okwesigamanga ku mateeka ago agaali gasinga obukulu, okugakuuma okusobola okuba abatuukirivu mu maaso ga Katonda (laba. Mat. 22:34-36). Balabbi ab'enjawulo baalina eby'okuddamu eby'enjawulo ku ebyo Katonda bye yali yeetaaga. Yesu, yalabibwa nga Rabbi omulala, era bw'atyo n'agezesebwa: "Kale, Omuyigiriza Yesu, ffe tumanyi enkalala za Balabbi abalala, kale olukalala lwo olw'ebintu ebirina okukolebwa okusobola okuba abatuukirivu mu maaso ga Katonda lugamba lutya?"

Yesu addamu mu ngeri ennyangu nti, "Guno gwe mulimu gwa Katonda..." Yesu takkaanya na kusaba kwabwe okw'olukalala lw'ebyokukola, naye mu kwebalama okusaba kwabwe ku "bikolebwa" akozesa ekigambo kimu kyokka "ekikolebwa" ng'ekintu ekiteekwa okukolebwa. Mu ngeri endala, addamu nti, "Bw'oba oyagala okumanya ky'olina *okukola* okusiimibwa Katonda, kkiriza bukkiriza Nze gwe yatuma." Yesu talina kirala kyonna ky'alagira "kukolebwa" okuggyako okukkiriza; ekyo kyokka Katonda ky'alagira era ekyo kyokka ky'ayagala (laba. 1 Yok. 3:23).

Mu nsi ejjudde eddiini nga zonna zirina olukalala lw'ebintu eby'enjawulo bye balina okukola okusobola okumanya Katonda, okutuuka mu ggulu, oba okufuna obulokozi, bannange ekyo Yesu ky'ayigiriza nga kiwummuza, nti tulina kukkiriza kwokka era mu ngeri ennyangu nti Katonda yamutuma okubeera Omulokozi waffe atuggya mu kibi. Singa Obukristaayo bwa Baibuli bufiirwa enjigiriza eno etegeerekeka obulungi, olwo naffe tufuuka ng'eddiini z'ensi endala zonna eziyigiriza nti tuteekwa okubaako bye tukola, ffe okusobola okufuna obulokozi obutaggwaawo.

## Mulye omubiri gwa Yesu, munywe omusaayi gwe. Yokaana 6:48-58

[48] *Nze mmere ey'obulamu.* [49] *Bajjajjammwe baalya emaanu mu ddungu*
*ne bafa.* [50] *Eno y'emmere eyava mu ggulu, buli agiryako aleme okufa.*
[51] *Nze mmere ennamu eyava mu ggulu omuntu bw'alya ku mmere eno*
*aliba mulamu emirembe n'emirembe. Emmere gye ndigaba okuleetera*
*ensi obulamu, gwe mubiri gwange."*[52] *Awo Abayudaaya ne batandika*
*okuwakana bokka na bokka nga bagamba nti, "Ono ayinza atya*
*okutuwa omubiri gwe okugulya?"*[53] *Yesu n'abagamba nti, "Ddala*
*ddala mbagamba nti bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa Muntu, ne*
*munywa n'omusaayi gwe, temuyinza kuba na bulamu mu mmwe.* [54] *Buli*
*alya omubiri gwange n'anywa n'omusaayi gwange, ng'afunye obulamu*
*obutaggwaawo era ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.*
*55Kubanga omubiri gwange kye kyokulya ddala n'omusaayi gwange*

*kye kyokunywa ddala.* [56] *Oyo alya ku mubiri gwange era n'anywa omusaayi gwange abeera mu nze, era nange mbeera mu ye.* [57] *Nga Kitange eyantuma bw'ali omulamu, nange bwe ndi omulamu ku bwa Kitange, noolwekyo oyo alya ku nze naye aliba mulamu ku bwange.* [58] *Eno ye mmere eva mu ggulu – teri ng'eyo bajjajjammwe gye baalya ne bafa. Alya emmere eno anaabanga mulamu emirembe n'emirembe."*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu alokolebwa bw'alya omubiri gwa Kristo era n'anywa n'omusaayi gwe, mu kusembera.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Omuntu alokolebwa bw'akkiririza mu Kristo, ekifaananyirizibwa n'okulya omubiri gwe n'okunywa omusaayi gwe.

Ekitundu kino okuva mu mboozi ya Yesu ey'Omugaati gw'Obulamu gwe musingi gw'enjigiriza y'Abakatoliki Ab'Erooma nti Ukaristia entukuvu, omukolo gw'okumira omugaati ne wayini oguwereddwa omukisa kabona, nti mu butuufu ddala bifuuka omubiri n'omusaayi gwa Yesu Kristo. Abo abalya ebitukuziddwa, oba ne bafuna Kristo, bafuna obulamu obutaggwaawo.Waliwo ebizibu ebirala ebiwerako ebiri mu ndowooza eno ebitayogerwako mu kitundu ekyo kyennyini. Ekizibu ekimu kiri nti lino liri limu lyokka ku masakramentu omusanvu ag'Abakatoliki Ab'Erooma agagambibwa nti ge gatuusa ekisa kya Katonda ekirokola ku muntu, era mu nkola yaabwe, obulokozi tebwesigama ku kukuuma ssakalamentu lino lyokka, wabula n'amalala. Abakatoliki boolekedde ekizibu ekitundu kino kye kiyigirizaako (mu ndaba yaabwe) nti omuntu afuna obulamu obutaggwaawo okuyita mu Ukaristia, naye waliwo amasakramentu amalala nago ageetaagisa. Ensonga eyokubiri etawaanya endowooza eno eri nti omugaati ne wayini ddala bifuukira ddala omubiri n'omusaayi gwa Yesu Kristo kabona bw'abiwa omukisa (ekiyitibwa *transubstantiation - okutukuzibwa kw'omugaati n'omusaayi*). Kya lwatu nti tewali Baibuli w'ekiwagirira mu ngeri yonna.

Mu mulamwa ogwasoose ekitundu kino, Yesu akiraga bulungi nnyo nti emirembe gyonna obulamu buyita mu kumukkiriza (Yok. 6:29, 35, 40, 47). Ebigambo bino bikolebwa mu nkozesa ye ku mboozi y'Endagaano Enkadde ey'emmaanu mu ddungu n'okwegeraageranya Ye kennyini ng'omugaati gw'obulamu. Okugeraageranya ku mugaati kusiiga ekifaananyi wakati w'okulya n'okukkiriza, nga bwe yasooka okukozesa emboozi y'emisota mu Kubala 21 ng'ageraageranya wakati w'okutunula n'okukkiriza (Yok. 3:15). Okugeraageranya okulya n'okunywa kuggumiza eky'okusembezebwa oba okuyingiza munda amazima Kristo ge yeyigirizaako. Ekiva mu butalumwa njala na nnyonta kiggumiza obulamu obutaggwaawo omuntu bw'anyumirwa.

Nga bulijjo Yokaana bw'akola, okugeraageranya kwe okw'okukkiriza biba bikolwa byangu ebitakoona ku bikolwa byonna oba okusaanira mu maaso ga Katonda. Kikaluubiriza okugeraageranya ng'ogamba nti okulya n'okunywa (oba awalala mu Yokaana ng'afuna, ng'atunuulira, ng'awulira, okuyingira) nti birina kye bitegeeza ekisingako ku by'okulabirako ebyangu eby'ekyo kye kitegeeza okukkiriza Amazima. Tewali alowooza ku kulya na kunywa ng'omulimu; ekyo kyangu kubanga y'engeri omuntu gy'asigala nga mulamu. Lumu nnali nyinnyonnyola nga mpita mu muvvuunuzi mu Ghana, mu Afirika, nti *okukkiriza* kitegeeza okumatizibwa oba okusikirizibwa amazima omuntu n'agaaniriza oba n'ageesigamako. Eyali anzivuunula yansalako ng'agamba nti, "Oo, tulina ekigambo ekirungi eky'okukkiriza mu lulimi lwaffe —tugamba nti kitegeeza kutwala Ebigambo bya Katonda n'obirya." Omuntu bw'akkiririza mu Yesu Kristo ng'Omulokozi, abeera akwatagana oba nga yeesigama ku kisuubizo kya Yesu eky'okuwa obulamu obutaggwaawo.

## Abayigirizwa banywerera mu kigambo kya Kristo. Yokaana 8:30-32

> 30 *Yesu bwe yayogera ebigambo ebyo bangi ne bamukkiriza.* 31 *Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abaamukkiriza nti, "Bwe munywerera ku kigambo kyange muba bayigirizwa bange ddala.* 32 *Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe."*

> Entaputa y'Amazima A: Abo bokka abeeyongera okugondera ekigambo kya Kristo be baalokolebwa ebya ddala.

> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza bokka abeeyongera okugondera ekigambo kya Kristo be bayigirizwa be abannamaddala.

Entaputa y'Amazima A teraba kintu kyonna kisukka ku bulokozi mu kitundu kino. Abo abeeyita abakkiriza mu butuufu balina okugondera Ekigambo kya Katonda okusobola okukakasa nti mu butuufu balokolebwa. Mu ngeri endala, Abayudaaya bangi abaali bakkirizza baalina okukkiriza okw'okungulu kwokka okwalina okukakasibwa okugondera Ekigambo kya Katonda. Abakkiriza abatuufu bokka be bayigirizwa era abakkiriza abatuufu bokka be "b'eddembe" okuva mu kusalirwa omusango ogw'olubeerera olw'ebibi byabwe.

Waliwo ensonga eziwerako lwaki abannyonnyozi bangi batwala entaputa y'Amazima A okuba entuufu. Ensonga yaabwe egamba bw'eti: Oluvannyuma Yesu agamba Abayudaaya bano nti "Mmwe muli ba kitammwe Setaani" (oluny. 44), kale tebaasobola kubeera nga baali balokole. Nate, olunyiriri 31 lugamba bugambi nti "baamukkiriza," so si nti "bakkiririza *mu* ye." N'ekirala, abannyonyozi bagamba nti, okufuuka omukkiriza omutuufu era n'omuyigirizwa omutuufu z'engeri ebbiri zokka ez'okwogera ekintu kye kimu.

Bwe tutunuulira omulamwa egwetoololera ku kitundu kino, twesanga mu buzibu n'entaputa eno. Yee, emboozi ekyuka mangu n'efuuka ya mbiranye nate mu lunyiriri 33 era n'egenda mu maaso okubeera ey'embiranye okutuusa ku nkomerero y'essuula Abayudaaya bwe baagezaako okutta Yesu. Kya lwatu nti abasinga obungi abaali bawuliriza Yesu baali ba bulabe wadde ng'abamu ku Bayudaaya baali bamukkiririzaamu. Ennyiriri 31-32 kwe kwogera kwa Yesu mu bufunze eri ekibinja ky'abantu abaali bakkirizza, okusiima okukulu okwongerayo okuteesa n'abalabe be, kubanga Yesu ayanjula engeri omuntu gy'asobola okubaamu ow'eddembe.

Tusaanidde okutwala olunyiriri olwa 30 nga kwe kuyingirira mu bigambo Yokaana bye yayogera ng'omuwandiisi w'ebitabo mu ngeri etegekeddwa okuyamba omusomi okutegeera omulamwa gw'ebigambo bya Yesu oguddirira mu nnyiriri 31-32 (Tulaba enkola y'emu Yokaana gye yakozesa mu nnyiriri 27-29). Enteeseganya ziddamu n'Abayudaaya abaali abakambwe nga teyaddamu kubanjula nate, kubanga okuwakanya kwabwe kutambuzza emboozi okuva mu lunyiriri 13 ne yeeyongerayo okutuuka ku nkomerero y'essuula.

Ensonga eyokubiri egambisa abangi nti ekitundu kino kyogera ku Mazima A eva ku kuba nti kigambibwa nti Abayudaaya bano "baamukkiriza" ekiraga okukkiriza okutamala kubanga baali "tebakkiririza *mu* Ye." Naye emabegako, Yesu teyakozesa kawakatirwa "mu" bwe yagamba nti abo "abatakkiriza nti nze Ye" bajja kufiira mu bibi byabwe, ekitegeeza nti balizikirizibwa. Era akawakatirwa ako tekakozesebwa lunyiriri olw'obulokozi olutegeerekeka obulungi, olwa Yokaana 5:24: "Mazima ddala mbagamba nti awulira Ekigambo kyange n'okukkiririza [mu] Oyo eyantuma alina obulamu obutaggwaawo, era talijja mu musango, wabula ng'avudde mu kufa n'agenda mu bulamu" (mu NKJV, akagambo "mu" mu Luyonaani tekaliimu). Akawakatirwa tekakozesebwa muYokaana 8:24: ". . . bwe mutakkiriza nti nze Ye, mujja kufiira mu bibi byammwe."Ekisinga obukulu, tewali kawakatirwa akozesebwa mu kwogera ku bulokozi mu ngeri etegeerekeka mu kigambo ky'ekigendererwa ekya Yokaana mu 20:31. Tulina okumaliriza nga tugamba nti tewali njawulo wakati *w'okukkiririza mu* ate *n'okukkiriza nti* mu Yokaana, ekikwatagana n'olulimi olufaanagana olukozesebwa ku bulokozi mu bitundu ebirala eby'Endagaano Empya (Mu lulimi olusooka mu Bik. 16:34; 18:8; Bar. 4:3; Bag. 3:6; 2 Tim. 1:12; Tito 3:8; ne Yak. 2:23, era "kkiriza nti" kikozesebwa mu Mat. 9:28; Bar. 10:9; ne 1 Bas. 4:14).

Mu kwanukula ku nsonga eyokusatu era esembayo, we tutuukidde kati kisaana okweyoleka nti waliwo enjawulo etegeerekeka obulungi mu Baibuli wakati *w'akakwakkulizo* k'obulokozi *n'obukwakkulizo* bw'okufuuka omuyigirizwa. Kya lwatu nti ennyiriri 31-32 zoogera eri abakkiriza (oluny. 30), era nti kiriko obukwakkulizo gye bali ("Bwe muba"). Era kyeyoleka bulungi nti kino si kuyitibwa kuyingira mu Kigambo kye, wabula *okunywerera* mu kyo. Abakkiriza bano baayingira mu mazima g'Ekigambo bwe bakkiririza mu Yesu. Naye baalina okukinywereramu okufuuka abayigirizwa ab'amazima. Singa ekigambo kya Yesu wano ke kakwakkulizo ku bulokozi, lowooza ku bivaamu: Obulokozi bubeera olwo buva mu bikolwa kubanga ekigambo "okunywerera" *(menō)* kitegeeza *okwenywereza*, *okweyongerayo mu maaso mu*, *okusigala mu*, ekitegeeza obuwulize. Ate era, tewali muntu yenna yandibadde mukakafu nti alokose okutuusa ng'afudde, kubanga yenditegedde atya oba nga ddala yagondera Ekigambo kya Katonda n'obwesigwa okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwe.

Ensonga y'Amazima B mu kitundu kino ezimbulukusibwa olw'ekiva mu kunywerera n'okufuuka abayigirizwa ab'amazima: ekitegeeza okumanya amazima ne gakusumulula. Abayigirizwa ab'amazima babeera mu mbeera ey'okwongera okumanya amazima n'okugafunamu eddembe. Okumanya ennyo Yesu Kristo ne Katonda Kitaffe y'enkizo eri abo abagondera amazima (Yok. 14:15, 21, 23; 15:4, 7, 10, 14). Okunywerera mu mazima tekikoma bukomi ku kusumulula muyigirizwa *okuva* mu buswavu n'omusango gw'ekibi, obuddu bw'okugoberera amateeka n'enjigiriza ey'obulimba, naye era kimusumulula *n'asobola* okutambulira mu kwagala, essanyu, emirembe n'emikisa emirala egy'obulamu obw'omwoyo.

Ffe abakkirizza Yesu Kristo olw'obulokozi tulina obulamu obujjuvu era obugagga obutulindiridde bwe tunywerera mu (ne tubeera mu buwulize) Kigambo kya Katonda. Tujja kuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda nga mw'eyo mw'asinziira okweyoleka ennyo gye tuli. Era tubeera tugenda kunyumirwa eddembe ly'okubeera wansi w'ekisa ne mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu. Okwekuumira mu Kigambo kya Katonda mu butuufu kitegeeza nti tukiwulira, tukisoma, tukiyiga, n'okukikwata mu mutwe, naye ekisinga obukulu, *okukigondera*.

## Endiga za Yesu zimugoberera. Yokaana 10:27-28

> 27 *Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era*
> *zingoberera.* 28 *Nziwa obulamu obutaggwaawo, era tezigenda kuzikirira.*

*Tewali n'omu ayinza kuzisikula mu mikono gyange."*

Entaputa y'Amazima A: Abo abagoberera Yesu Kristo bajja kuweebwa obulamu obutaggwaawo.
Entaputa y'Amazima B: Abo abawulira Yesu Kristo beebo abamukkiririzaamu ne bamugoberera ne baweebwa obulamu obutaggwaawo.

Abamu abalaba obuwulize ng'akakwakkulizo k'obulokozi bakozesa ekitundu kino ng'ekibawagira. Endiga bwe ziba zikiikirira abakkiriza, olwo kitegeeza nti abo bokka abagoberera Kristo mu buwulize be balina obulamu obutaggwaawo.

Okwetegereza okuwerako kwetaagisa. Ekisooka, ekitundu kino kiri munda mu mulamwa omugaziko nga kikozesa eky'okulabirako ky'endiga n'omusumba. Ekyokubiri, emirimu ebiri eginnyonnyolwa —okuwulira n'okugoberera. Ekyokusatu, emirimu gino ebiri gy'eginnyonnyola endiga nga bwe zifaanana, so si biragiro oba obukwakkulizo obuteekebwa ku ndiga ezo.

Eky'okugeraageranya ky'endiga n'Omusumba, nga ye Yesu Kristo, kiraga obwesige mu ddoboozi ettuufu, ensonga eteekebwa mu ddiiro nga bukyali mu ky'okulabirako (10:3-5). Endiga bwe zimanya eddoboozi ettuufu, zigoberera. Emirimu ebiri eginnyonnyolwa, okuwulira n'okugoberera, kyeyoleka bulungi nti okuwulira ky'ekifaananyi ky'okukkiriza (10:3, 5) era nti okugoberera kwe kugondera okukkiriza: "endiga zimugoberera, kubanga zimanyi eddoboozi lye" (10:4). Endiga zandiraze zitya obwesige bwazo mu musumba omutuufu? Okuwulira okwo kutusiigaira ekifaananyi ky'okukkiriza ekyeyoleka obulungi bwe tugeraageranya olunyiriri olwo 16 n'olunyiriri olwa 26:

16 *Nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino, nazo kiŋŋwanidde okuzireeta, era nazo ziriwulira eddoboozi lyange, endiga zonna ne ziba ekisibo kimu era ne ziba n'omusumba omu.*

26 *Naye mmwe temunzikiriza kubanga temuli ba mu ndiga zange.* 27 *Endiga zange zitegeera eddoboozi lyange, era nzimanyi era zingoberera.*

Akakwakkulizo k'okubeera mu kisibo ky'Omusumba ekituufu kwe kuwulira eddoboozi lye, nga gano ge Mazima A. Ekiva mu kuwulira, kwe kugoberera, nga ge Mazima B. Kikulu okukola enjawulo eno mu kitundu ekyo, n'okuggya enneeyisa y'omuntu mu njiri y'obulokozi ejja ng'eyita mu kukkiriza kwokka. Okugoberera, oba obuwulize, kye kintu ekijja olw'okwesiga omulala, naye si kye kisalawo enkolagana mu kusooka. Okuwulira (oba okukkiriza) enjiri kuteeka omuntu mu kisibo, ate ng'okugoberera(obuwulize) kye kisuubirwa okuvaamu (laba Luk 6:47; 8:21). Okuwulira kukozesebwa awalala mu Baibuli okusiiga ekifaananyi ky'okukkiririza mu Yesu Kristo okufuna obulamu obutaggwaawo, kubanga okuwulira kutera okukozesebwa mu ngeri y'okutegeera n'okukkiriziganya, ekintu ekyetaagisa ennyo okusobola okukkiriza (Mat. 10:14; 11:15; 13:23; Luk. 10:16; Yok. 5:24; Bik. 28:27-28; Bar. 10:14-17; Bag. 3:2, 5; 1 Yok. 4:6). Mu lunyiriri 26, ekiva mu kuwulira Kristo (okumukkiririzaamu) kwe kuba nti amanya abantu bano. Kino kitegeeza obulokozi bwabwe era ne kinnyonnyola okusalawo kwabwe okuddirira, nga kwe kumugoberera. Nate era, kikulu okukimanya nti okuwulira n'okugoberera binnyonnyola bunnyonnyozi ekyo endiga kye zikola; ebyo bye zikola tebyogerwako ng'obukwakkulizo bw'okufuna obulamu obutaggwaawo.

Tumanyi Omusumba waffe Omulungi, Yesu Kristo, era atumanyi bwe tuwulira eddoboozi lye, oba bwe tumukkiriza. Lwaki tetwandigoberedde Oyo gwe twesigisa n'enkomerero yaffe ey'olubeerera, nga ddala ye Musumba Omulungi afaayo gye tuli? Ebyembi, ffe ffenna buli kiseera tetubeera *ndiga nnungi*. Katonda yeebazibwe nti enkomerero yaffe ey'olubeerera tesinziira ku ku kumugoberera kwaffe mu buwulize!

## Abamu bakkiriza naye ne batayatula. Yokaana 12:42

> *Era waaliwo bangi ne mu bakulembeze b'Abayudaaya abaamukkiriza. Naye olw'okutya Abafalisaayo, tebaamwatula, baleme kugobebwa mu kkuŋŋaaniro.*

> Entaputa y'Amazima A: Abo abatayatula Yesu Kristo baali si bakkiriza b'amazima.

> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abatuufu bayinza obutayatula Yesu olw'okutya.

Abantu basobola obutayatula Yesu Kristo mu lujjudde, olw'okutya ebiyinza okubatuukako era n'ebiseera byabwe eby'omu maaso, era n'olwokwagala okutenderezebwa abantu okusinga okutenderezebwa Katonda, naye ate mu mbeera eyo ne basigala nga balokole? Eno ye yali enneeyisa y'abafuzi b'Abayudaaya mu kitundu kino, naye kyokka tutegeezebwa nti baali bakkiririza muYesu Kristo.

Tulina okwawula Amazima A okuva mu nsonga z’Amazima B.

Amazima A gakwatagana n’obulokozi obw’olubereberye obujja okuyita mu kukkiriza kwokka okuyita mu Yesu Kristo ng’Omulokozi waffe. Yokaana atugamba nti abafuzi bano baali bakkiririza mu Kristo. N’okutuusa kati tulabye mu Yokaana nti kitumala okutegeera nti okujuliza okwogera ku kukkiririza mu Kristo kutegeeza kuweebwa obulokozi obwa nnamaddala. Ekitundu kino si kya njawulo ku bitundu ebirala.

Amazima B gakwatagana n’obukwakkulizo bw’okubeera omuuyigirizwa ekijja okuyita mu kugoberera Kristo. Enneeyisa y’abafuzi bano tetuukiriza bukwakkulizo bwa buyigirizwa obwogeddwako awalala mu Njiri. Tebaatula Kristo mu lujjudde (Mat. 10:32-33), si beetegefu kwetikka musaalaba gwabwe oba okubonaabona olw’okwegatta kwabwe ne Kristo (Luk. 9:23b), era tebaagala kwefiiriza okutenderezebwa kw’abantu (Luk. 9:23a).

Tumaliriza nga tugamba nti abafuzi bano baalokoka, naye mu mbeera yaabwe empya ey’obuto tebaali beetegefu kugenda mu maaso mu kwewaayo okwetaagisa okufuuka abayigirizwa ba Yesu Kristo. Okukkiriza okuto okw’abakkiriza abateesigika kifaananyi ekitegeerekeka ekyalabibwa edda mu Yok. 2:23-25. Emboozi ya Nikodemo kye ky’okulabirako ekirala. Yava mu ky’okubeera abuuza ebibuuzo mu kyama (Yok 3:1-4), n’afuuka omunafu awolereza Kristo (Yok. 7:47-52), okutuuka lwe yeeraga mu lujjudde ng’omugoberezi wa Kristo (Yok. 19:39-42). Bazadde b’omuzibe w’amaaso ne Yusufu ow’e Alimateya nabo beeyisanga mu ngeri ya kyama ku nsonga z’okukkiriza kwabwe (Yok. 9:22; 19:38).

Amazima gano B galina okutegeerwa Abakristaayo bangi okwetoloola ensi abatya okwatula Kristo eri abantu b’omu maka gaabwe ne mu bitundu byabwe gye babeera. Mu mbeera nnyingi, obulamu bwabwe buba mu kabi. Tulina okwegendereza obutassaawo ntaputa y’Abalokole-abalina enkola y’Ekiyudaaya ku kitundu kino oba ku bikolwa by’abakkiriza abalala ababeera mu bifo ebirimu obulabe eri Abakristaayo. Katonda alokola Abakristaayo abanafu era abatiitiizi. Obuvumu si ke kakwakkulizo k’obulokozi, wabula kakwakkulizo ka kufuuka muyigirizwa. Abaagala okubeera abayigirizwa ab’amazima bajja kugoberera Yesu wadde nga bayigganyizibwa era n’okutuuka okugumira okufa.

## Amatabi agatabala bibala. Yokaana 15:1-8

1 *“Nze muzabbibu ogw’amazima, ate Kitange ye mulimi.* 2*Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala*

*ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala.* [3] *Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye;* [4] *mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze.*[5] *"Nze muzabbibu, mmwe matabi. Buli abeera mu Nze nange ne mbeera mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali Nze temuliiko kye muyinza kukola.* [6] *Omuntu bw'atabeera mu nze asuulibwa ebweru ng'ettabi erikaze. Amatabi ng'ago bagakuŋŋaanya ne bagasuula ku muliro ne gaggya.* [7] *Naye bwe munywerera mu Nze ne munyweza ebigambo byange, buli kye munaasabanga kinaabakolerwanga.* [8] *Bwe mubala ebibala ebingi, muba bayigirizwa bange, ne Kitange, agulumizibwa.*

Entaputa y'Amazima A: Abo aboogerwako ng'amatabi agataliiko bibala si bakkiriza era basuulibwa mu ggeyeena.

Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abatabala bibala si ba mugaso eri Omulokozi.

Ekibuuzo ekisalawo ku ntaputa wano kiri nti oba Yokaana by'ayogera ku matabi agataliiko bibala agasuuliddwa mu muliro gakwatagana n'abakkiriza oba abatali bakkiriza. Singa amatabi agataliiko bibala gategeeza abo abatali bakkiriza, olwo basuulibwa mu ggeyeena kubanga okukkiriza kwabwe kwali kwa bulimba, era tebaabala bibala, wadde okuba n'ebikolwa ebirungi ebireetebwa okukkiriza okwa nnamaddala.

Ensonga y'Amazima A yeesigamiziddwa ku biteberezebwa ebiwerako. Ekisooka, "okunywerera" kitegeeza *kukkiriza*. Ekyokubiri, *okuggyibwako ku* muti mu lunyiriri olwo 2 kitegeeza abatakkiriza abatwaliddwa mu musango gw'omuliro gwa ggeyeena, ogugambibwa nti gwogerwako mu lunyiriri 6. Ekyokusatu, "ebibala" kitegeeza ebikolwa ebirungi ebirabika era ebipimibwa. Tekyewalika, mu ndaba eno, nti ebikolwa bye bisalawo oba omuntu alokolebwa oba nedda.

Nga bwe twandisuubidde, okumanya oba Yesu ayogera eri abakkiriza oba abatakkiriza kikulu nnyo mu kufuna entaputa entuufu. Abamu bayinza okukaayana nti Yesu ayogera ku byombi mu ngeri egamba nti "Engatto bw'eba ekutuuka, gyambale." Kimanyiddwa mu nsi yonna nti essuula 13-17 eza Yokaana zikola ekitundu eky'enjawulo ebiseera ebisinga ekiyitibwa Emboozi y'Omukisenge ekya Waggulu kubanga Yesu yali yeyawuddeko n'abayigirizwa be mu kisenge ekya waggulu okujjukira eky'eggulo ky'Okuyitako. Naye eyali takkiriza yekka, Yuda Isukalyoti, y'agenda amangu ddala ng'ekyeggulo kyakaggwa (Yok. 13:30), n'alekawo abayigirizwa abakkiriza bokka. Ng'amaze okuvaawo, Yesu akubiriza abayigirizwa be okukuuma ekiragiro kye okwagala n'okubala ebibala by'okwagala.

Yesu ayogera nabo ng'abalokole — Abayita amatabi agali ku muzabbibu ogw'amazima (oluny. 2), era n'abalangirira nti "balongoofu" (oluny. 3). Ebigambo bino byogera ku kwegatta kwabwe ne Kristo n'obutuukirivu oba okusonyiyibwa n'okutukuzibwa kwabwe okuva mu kibi. Obukakafu buno obw'amaanyi bujjawo endowooza egamba nti tebaali bakkiriza batuufu.

Nga bwe twalaba mu Yok. 8:31, *okunywerera* si kye kigambo kye kimu ku *kukkiriza*. Yesu akiraga nti akozesa ekigambo *kukkiriza* nga kikwatagana n'okugaba kwe obulamu obutaggwaawo, kale lwaki takikozesa wano bw'aba ayogera ku bulokozi? Era ng'oggyeeko ekyo, lwaki yandigambye abayigirizwa be abalokole nti beetaaga okumukkiriza bwe kiba ng'ekyo *okunywerera* kye kitegeeza? Tulina okwetegereza nti Yesu n'ekigambo kye nabyo bibeera mu bo (enny. 4, 5, 7), era Yesu abeera mu kwagala kwa Kitaawe (oluny. 10). Kyeyoleka bulungi nti *okunywerera* tekiyinza kutegeeza *kukkiriza*, wabula kitegeeza *okunywereza ku*, *okubeera ne*, *okweyongera mu maaso n'enkolagana ey'oku lusegere n'omulala*. Ke kakwakkulizo k'essaala okusobola okuddibwamu (oluny. 7), era ng'akakwakkulizo ("singa " enny. 6, 7) ziraga nti omukkiriza ayinza ekyo obutakigondera.

Kati olwo, tutegeera tutya enkomerero y'amatabi agatabala bibala agalabika ng'omulimi w'Emizabbibu Omutukuvu "ag'aggyawo" mu lunyiriri olwo 2? Kino tekiyinza kutegeeza kufiirwa obulokozi n'okusuulibwa mu muliro gwa ggeyeena kubanga Yesu agamba amatabi gano gali "mu Nze." Ekitundu ekisembayo eky'olunyiriri luno kiraga amakulu ag'enjawulo agategeeza "okugaggyako." Kiraga okulabirira okulungi okw'omulimi w'Emizabbibu awaawagulira amatabi agabala okusobola okweyongera okubala. Akikola atya ku matabi agatalina bibala okusobola okubala ebibala? Omulimi w'emizabbibu tagaggyawo, wabula amatabi gano "agayimusa." Eno y'enkyusa esingako obulungi ey'ekigambo ky'Oluyonaani (*airō*) era ng'ekozesebwa mu ngeri eyo mu bifo ebirala mu Yokaana (5:8-12; 8:59; 10:18; 11:41). Enkyusa esiiga ekifaananyi ky'enkola emanyiddwa mu kulima emizabbibu ey'okugisitula okuva ku ttaka okugitangira okwonooneka n'okugiteeka mu kitangaala ekisingako. Ng'olunyiriri 2 bwe lugamba, ebibala bwe bimala okulabibwa ku ttabi, olwo ettabi basobola okulisalira lisobole okweyongera okubala. Kino kitusiigira ekifaananyi ekitaliimu buzibu ekya Katonda ng'akubiriza eky'okubala ebibala mu bantu be (enny. 1-3) singa bakolagana naye nga banyweredde mu Kigambo kye (enny. 4-8).

Naye ate omuliro oguli mu lunyiriri 6? Tekyetaagisa kulowooza nti guno muliro gwa ggeyeena, nga bangi bwe baakyogera. Yesu tatiisatiisa bayigirizwa be na ggeyeena. Omuliro gukozesebwa nnyo mu Baibuli okukiikirira okukangavvula kwa Katonda, obusungu, oba obuggya eri

abantu be bennyini. Era gukozesebwa mu kwogera ku nsala eyolekedde Abakristaayo bonna ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango, ewaliba okwokebwa kw'emirimu egitasaanira (1 Kol. 3:12-15; 2 Kol. 5:10). Mu kitundu kino, omuliro kyali kyakulabirako nga bwe kiri ku muzabbibu n'amatabi. Okwokya amatabi agatalina mugaso yali nkola ya bulijjo ey'ebyobulimi. Amatabi agataliiko bibala agatabala ebibala ne bwe bagasitula okuva ku ttaka gabeera tegalina mugaso, n'olwekyo gookebwa oba gasuulibwa. Kino kigeraageranyizibwa ku kwokya emirimu egitalina mugaso mu maaso g' Entebe y'Omulamuzi ya Kristo mu 1 Abakkolinso 3:15.

Kya lwatu nti singa okubala ebibala ky'ekipimo ky'obulokozi bwaffe, olwo tuba tulina ebizibu, gamba ebibala ebituukira ddala n'enyinnyonyola y'ebibala entuufu, ebibala ebirabika oba ebipimibwa, era na bungi ki obwetaagisa? Ekizibu ekisinga obunene kwe kuyingizibwa kw'ebikolwa by'omuntu ebirungi mu njiri y'ekisa, naddala mu Yokaana, ng'ekigendererwa kyayo kwe kutulaga nti okukkiriza ke kakwakkulizo kokka akaweesa omuntu obulokozi. Entaputa yokka ekwatagana n'ekitundu kino n'enjigiriza etegeerekeka amangu ey'Ebyawandiikibwa y'Entaputa ey'Amazima B. Mu Ntaputa y'Amazima B, okubala ebibala ngeri nkulu ey'okubeera ow'omugaso era n'okugulumiza Katonda.

Abakkiriza abanafu mu kutambula kwabwe ne Katonda era nga tebabala bibala tebeetaaga kutya ggeyeena, naye balina okutya obutaba na mugaso mu buweereza bwa Katonda era balina okutya okugasimbagana ne Yesu Kristo ku Lunaku olw'Omusango bwe banasabibwa okuwa embalirira ku butya bwe batambuzanga obulamu bwabwe. Ate ku ludda olulala, abakkiriza ababeera ne Kristo mu nkolagana ey'oku lusegere bajja kubala ebibala, nga n'essaala zaabwe zaanukulwa, beeyoleka okuba abayigirizwa, era bagulumiza Katonda (enny. 7-10).

**Weeyongere okukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo. Yokaana 20:30-31**

> [30] *Yesu yakola ebyamagero ebirala bingi ng'abayigirizwa be balaba, ebitaawandiikibwa mu kitabo kino.* [31] *Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu mu linnya lye.*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu alina okweyongera okukkiririza mu Yesu Kristo okubeera n'obulamu obutaggwaawo oba si ekyo ng'omuntu oyo teyalokokera ddala, oba nga yafiirwa obulokozi bwe.

Entaputa y'Amazima B: Omuntu alina okusigala ng'akkiriza okusobola okutambulira mu bulamu obutaggwaawo bwe yafuna ng'akkiririza mu Yesu ng'Omulokozi.

Nga bwe kyayogeddwako edda, kitera okumanyibwa nti essuula ya Yokaana 20:30-31 y'ekola omusingi gw'Enjiri. Abamu bayinza okwagala okulaba ekigendererwa kya Yokaana mu nnyanjula eri mu 1:4: "Mu ye mwalimu obulamu, n'obulamu bwe bwali ekitangaala ky'abantu." Bwe tuzitwalira wamu, tubeera tuteeseteese bulungi ebintu (gwe mugattiko) gw'ebikozesebwa bya Yokaana. Byombi ebyo bitusobozesa okulaba nti ebisinga obungi by'ebintu Yokaana bye yayogera bwe biba bitegekeddwa okuleeta abantu okukkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi (ekivaamu "obulamu"), era nti ekitundu eky'enjawulo eky'essuula 13-17 kwe kukubaganya ebirowoozo okw'omukwano n'abayigirizwa ku nsonga z'Amazima B (ekivaamu "ekitangaala" olw'obulamu). Kikola amakulu nti ekigambo kyonna eky'ekigendererwa eri Yokaana kisaana okulangirira ekigendererwa ky'Amazima A agasookerwako, naye era kikkiriza ekigendererwa eky'okubiri eky'Amazima B.

Ekigendererwa ky'Amazima A kyeyoleka bulungi mu 20:31, nti omuntu bw'akkiririza mu Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, afuna obulamu obutaggwaawo. Naye Amazima B ne gajja mu kigambo ekiddako, "bwe mukukkiriza mubeere n'obulamu mu linnya lye." Abamu bagamba nti emboozi ey'ekiseera ekyo "bwe mukkiriza" eraga okukkiriza okweyongera mu maaso. Mu ngeri endala, omuntu alina *okusigala mu kukkiriza* asobole okufuna obulamu obutaggwaawo, era bw'atakikola olwo omuntu oyo afiirwa obulokozi oba akakasa nti teyalokokera ddala. Naye emboozi y'ekiseera ekiriwo ekyo ky'eraga? Nedda, si bwe kiri singa tutegeera ekikula ky'obulamu obutaggwaawo n'ekigendererwa ky'Amazima B mu Njiri ya Yokaana.

Obulamu obutaggwaawo bwe bulamu bwa Katonda obutuweebwa ng'ekintu eky'olubeerera, naye era bwe bulamu bwa Katonda obutuweebwa okubunyumirwa. Buba bungi bwa bulamu naye era nga mutindo gwa bulamu. Yesu agamba nti, "Nze nzize bafune obulamu, era babe nabwo mu bungi" (Yok. 10:10b). Era asabira n'abo abamukkiririzaamu nti: "Era buno bwe bulamu obutaggwaawo, bakumanye, ggwe Katonda omu yekka ow'amazima, ne Yesu Kristo gwe watuma" (Yok. 17:3). Ng'oggyeko eky'okuba ekintu ekisookerwako ekireeta enkolagana ne Katonda, obulamu obutaggwaawo era buba bulamu obungi era obulamu obw'okumanya Katonda, ekiraga okussa ekimu oba okunyumirwa obulamu obwo. Embeera y'okunyumirwa obulamu bwa Katonda obutaggwaawo olubeerera era kwe kukkiriza.

Okussa okukkiriza mu nkola y'ennono enkulu si mu ntandikwa ya bulokozi yokka, naye ne mu bulamu bw'Ekikristaayo bwonna (Bar. 1:17; 5:2; Bag. 2:20).Yokaana 20:31 n'olwekyo ekiikirira byombi Amazima A n'Amazima B.

Ekigambo kya Yokaana mu 20:31 kirangirira nti okukkiriza y'engeri omuntu gy'afunamu obulamu bwa Katonda obutaggwaawo, naye era n'engeri omuntu gy'atambulira mu bulamu bwa Katonda mu kiseera kino. Abakkiririza mu Yesu Kristo tebalina kutwala bulamu butaggwaawo nga tikiti yokka ey'okugenda mu ggulu mu kiseera ekijja, naye balina okukimanya nti bali mu nkolagana empya ne Katonda nga Kitaabwe, enkolagana eyeyongerayongera era gye banyumirwa nga bwe batambulira mu kukkiriza.

ESSUULA

# Ebikolwa

7

EKIKULU kye tulina okujjukira ku kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume y'emboozi enyumizibwa ey'ekiseera eky'enkyukakyuka mu byafaayo nga Katonda atongoza ekkanisa. N'olwekyo tuteekwa okwegendereza ebyaliwo mu kiseera ekyo obutabifuula nneeyisa yaffe ey'olwaleero. Nate era tulina okwegendereza okumanya b'ani abaweebwanga obubaka mu bitundu eby'enjawulo, kubanga tusisinkana ebibinja eby'enjawulo: Abayudaaya abatali balokole, Bannmawanga abatali balokole, Abayigirizwa ba Yokaana Omubatiza, ate n'Abakristaayo. Ate era, bwe tuggya eby'eddiini okuva mu biwandiiko ebikwata ku nnyiriri, ffe tulina okukijjukira nti si buli kintu ekyaliwo oba ekyayogerwa nti tekitegeeza nti kyatutegeezebwa. Ebiyigirizibwa ku Katonda okuva mu Bikolwa by'Abatume birina okwekenneenyezebwa nga tutunuulira ebbaluwa eziyigiriza ez'Endagaano Empya.

**Weenenye era obatizibwe. Ebikolwa 2:37-39**

> 37 *Awo bwe baawuulira ebigambo ebyo, emitima ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala, nti, "Abooluganda, kiki kye tusaanidde okukola?"* 38 *Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.* 39 *Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe."*

> Entaputa y'Amazima A: Abantu balina okuva mu bibi ne babatizibwa okusobola okulokolebwa.

Entaputa Esooka ey'Amazima B: Abantu balina okukyusa endowooza zaabwe ku (kukkiririza mu) Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe olwo ne babatizibwa ekiraga nti basonyiyiddwa ebibi byabwe.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima B: Abayudaaya abaakitegeera nti baakomerera Masiya waabwe bamukkiririzzaamu era kaakati balina okwenenya okusonyiyibwa olw'ekigendererwa eky'okussa ekimu ne Katonda, n'okubatizibwa n'okussa ekimu n'abo abasonyiyibwa era abaalokolebwa.

Entaputa eyokusatu ey'Amazima B: Abayudaaya abaakitegeera nti baakomererwa Masiya waabwe kaakati balina okumukkiririzaamu ng'Omulokozi waabwe n'okulangirira okukkiriza kwabwe nga bayita mu kubatizibwa okuwona omusango ogw'obwoonoonyi bw'omulembe gwabwe n'okussa ekimu n'ekibiina ky'Abakristaayo ekipya.

Kino kibadde kitundu kya "genda osome" eri abo abagamba nti okubatizibwa kwetaagisa eri omuntu okusobola okufuna obulokozi. Naye okutaputa okwo kusisinkana okuziyizibwa okw'amangu okuva mu abo abagamba nti okubatiza mulimu ogukontana n'obulokozi olw'ekisa okuyita mu kukkiriza kwokka. Endowooza eyo esembayo ewagirwa Bik 10:43-44 ne 15:7-9 abantu gye bakkiriza ne bafuna Omwoyo Omutukuvu nga tebanabatizibwa, era emirundi mingi abantu gye baalokolebwanga ng'ekyokubatizibwa tekyogerwako ng'akakwakkulizo mu nnyiriri oba mu kubuulira enjiri (Bik. 4:4; 13:38-49; 15:1-11; 17:2-4, 10-12; 18:27-28; 20:18-21).

Okutwaliza awamu, kikulu okutwala ekitabo ky'Ebikolwa ng'ekitabo eky'enkyukakyuka. Obubaka bw'enjiri mu kiseera ekyo bwalimu omusaalaba n'okuzuukira awamu n'ekisuubizo ky'Omwoyo Omutukuvu. Abayudaaya abakkiriza Yesu Kristo mu Njiri tebaamanya ku mulimu gwe ku musaalaba n'okuzuukira kwe okuva bwe kiri nti ebintu ebyo byali tebinnabaawo. Mu Njiri, Yesu era yasuubiza okugaba Omwoyo Omutukuvu ng'ekintu ekyali kikyali mu maaso. Mu Bikolwa by'Abatume, Abasamaliya (abaliimu Oluyudaaya) n'Abayudaaya abakkiriza baafuna Omwoyo mu kiseera ekyaddirira (Bik. 8:14-18; 9:17; 19:5) ate nga Bannamawanga baafuna Omwoyo mbagirawo (Bik. 10:44-48).

Wadde ng'ekitundu kimanyiddwa nnyo ng'ekizibu, waliwo entaputa eziwerako ezikuuma enjiri y'obulokozi olw'ekisa obufunibwa olw'okukkiriza kwokka. Mu Ntaputa esooka ey'Amazima B, okubatizibwa "olw'okusonyiyibwa ebibi" tekulabibwa ng'akakwakkulizo k'obulokozi, kubanga "olwo" (*eis*) eweebwa amakulu "ku musingi gwa " oba *olw'okuba* omuntu abeera asonyiyiddwa. Naye, enkozesa y'ensonga *eis* mu Ndagaano Empya ekubaganyizibwako ebirowoozo.

Entaputa ey'okubiri ey'Amazima B etunuulira ebyafaayo n'eby'enkyukakyuka n'ekikula ky'emboozi. Peetero ayogera eri eggwanga

ly’Abayudaaya eryalina lyakakomerera Masiya. Bwe baakakasa ebyo bye baali bakoze, bakkiririza mu Yesu Kristo, ekyalagibwa amazima agagamba nti “emitima ne gibaluma,” ne babuuza kye balina okuzzaako okukola. Ekiragiro kya Peetero eky’okwenenya n’okubatizibwa kye baalina okukola okusobola okukwatagana n’ekibiina ky’Abakristaayo ekipya okusobola okuwona omusango olw’ekibi kyabwe eky’entiisa eky’okukomerera Kristo. Olwo bandifunye okusonyiyibwa olw’ekibi ekyo era ne bafuna Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa. Abamu bayinza okulowooza nti kiwanvuye nnyo okulowooza nti “emitima okubaluma” .kye kimu n’okukkiriza Yesu Kristo olw’obulamu obutaggwaawo kubanga okumanya nti okoze ekibi si kye kimu n’okukkiriza Kristo olw’okusonyiyibwa n’okuweebwa obulamu obutaggwaawo.

Entaputa eyokusatu ekuumira obulokozi nga buyita mu kukkiriza kwokka era erowooza ku nsonga y’enkyukakyuka eya Peetero ng’ayogera eri eggwanga ly’Abayudaaya “emitima bwe gya baluma,” Abayudaaya baalaba ekibi kyabwe eky’okutta Masiya, naye baali tebanatwalira ddala kisuubizo kye eky’obulamu obutaggwaawo. Peetero bw’agamba nti baali bakyalina okwenenya oba okukyusa endowooza zaabwe ku Yesu Kristo ng’Omulokozi waabwe (nga kwe kugamba nti “bakkiririze mu”) ajja okubasonyiwa ebibi byabwe byonna era abawe n’Omwoyo Omutukuvu. Okubatizibwa y’engeri ey’emirundi ebiri eraga okwenenya kwabwe n’okwawulibwa kwabwe ku ggwanga eryonoonyi n’okukkiriza kwabwe okubaleetera okussa ekimu n’ekibiina ekipya eky’abakkiriza. Okubatizibwa y’engeri y’okwolesa okukkiriza kwabwe, so si kakwakkulizo ka bulokozi. Mu kuwagira ensonga eyo, kyeyoleka nti ekiragiro “mwenenye” kiri mu bungi, ekikwatagana n’obungi obugamba nti “mulifuna ekirabo ky’Omwoyo Omutukuvu,” naye ekiragiro oky’okubatizibwa kibeera kya kinnoomu era bwe kityo kinnyonnyolwa bulungi.

Buli emu ku ntaputa zino ez’Amazima B erina amaanyi gaayo n’obunafu bwayo. Kyokka, okusinziira ku njigiriza ya Baibuli etegeerekeka obulungi, buli emu ku ntaputa ezo y’amaanyi okusinga entaputa efuula okubatizibwa akakwakkulizo ak’okuweebwa obulamu obutaggwaawo.

Ng’ekitabo ky’Ebikolwa by’Abatume bwe kiraga oluvannyuma, Bannamawanga abakkiriza baafuna Omwoyo Omutukuvu amangu ddala nga tebannaba na kubatizibwa mu mazzi (Bik. 10:40-44). Eyo y’engeri Katonda gy’akolamu ne leero. Omuntu yenna akkiririza mu Yesu Kristo alokolebwa amangu ddala (Amazima A), naye kimugwanira okubatizibwa amangu ddala nga bwe kisoboka okulangirira okukkiriza okwo n’okwebonnanya mu lujjudde n’ekibiina ky’Abakristaayo (Amazima B). Wadde okubatizibwa si kakwakkulizo ka bulokozi, tetulina kukendeeza ku bukulu bwakwo; gwe mutendera ogusooka ogw’obuwulize mu kugoberera Yesu Kristo.

**Simoni omulogo. Ebikolwa 8:17-24**

> [17] *Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo, ne bafuna Mwoyo Mutukuvu.*[18]*Simooni, Omufumu, bwe yalaba ng'abantu bafunye Mwoyo Mutukuvu olw'abatume okubassaako emikono kyokka, kyeyava atoola ensimbi aziwe abatume bamuguze obuyinza obwo.* [19]*N'abagamba nti, "Mumpe obuyinza obwo, buli gwe nnassangako emikono gyange afune Mwoyo Mutukuvu!"*[20] *Naye Peetero n'amugamba nti, "Ensimbi zo zizikirire naawe olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi.* [21] *Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda.* [22]*Noolwekyo weenenye ekikolwa ekyo ekibi weegayirire Mukama, oboolyawo Katonda ayinza okukusonyiwa ebirowoozo byo ebyo ebibi.* [23]*Kubanga ndaba nga mu mutima gwo mujjudde obuggya, era oli muddu wa kibi."*[24] *Simooni n'abeegayirira nti, "Munsabire eri Mukama ebintu ebyo bye mwogedde bireme okuntuukako."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Okukkiriza kwa Simooni kwali kwa bulimba kubanga yayonoona nnyo era Peetero n'amukolimira emirembe gyonna; n'olwekyo, yali yeetaaga okulokolebwa.
>
> Entaputa y'Amazima B: Okukkiriza kwa Simooni kwamulokola, naye ekibi kye ekinene kumpi kyamuleetera ekikolimo eky'akaseera obuseera; n'olwekyo, yali yeetaaga okwenenya.

Nate era, entaputa y'Amazima A etusaba okuwakanya ebyogerwa obulungi Ekyawandiikibwa ebigamba nti, "Awo Simooni yennyini naye n'akkiriza" era n'abatizibwa (Bik. 8:13). Kyokka, abo abawakanya obulokozi bwa Simooni mpozzi babuusabuusa ekigambo ekyasooka ekigamba nti Abasamaliya "bakkiriza Firipo bwe yababuulira ebintu ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda n'eby'erinnya lya Yesu Kristo, abasajja n'abakazi ne babatizibwa" (Bik. 8:12). Ekigambo ekyo kitwalibwa nga kituufu kyokka ekyogera ku Simon ne kiwakanyizibwa. Mu mboozi eddako, Firipo y'omu abuulira enjiri eri omulaawe Omuwesiyopiya (8:26-36) era naye n'akkiriza (8:37-39). Tewali abuusabuusa kukyuka okwo. Kale tulina ekizibu: lwaki tulowooza nti obulokozi bwali bwa nnamaddala eri ekibinja ky'Abasamaliya n'omulaawe Omuwesiyopiya, naye nga bwa bulimba eri Simooni? Obulokozi bwa Simooni bwogerwako mu ngeri y'emu nga n'Obwabasamaliya mu lunyiriri oluddirira. Mu butuufu, ebyaddirira by'aggumiza obulokozi bwa

Simooni okusinga okubuwakanya.Waliwo enjawulo mu kitundu kino eky'Ebikolwa by'Abatume ekyategekebwa okutulaga nti enjiri elokola abantu ab'ebika byombi, ab'emitima emibi (Simooni eyali anyweredde mu bulogo), era n'erokola n'abemitima emirungi (Omuwesiyopiya eyali anyweredde mu Byawandiikibwa).

Singa si bigambo bya Peetero bye yayogera nti, "Ssente zo zizikirire wamu naawe," oboolyawo tewalibaddewo kubuusabuusa ku butuufu bw'obulokozi bwa Simooni. Ekyavaako ekigambo kya Peetero si kyali kya Simooni kugaana kukkiriza Yesu Kristo, ekintu ekitalagibwako, wabula ekibi kya Simooni eky'omululu ekyazaalibwa obuggya olw'amaanyi ge yalaba ag'enjawulo ag'obutume ag'okusabira Omwoyo Omutukuvu eri abakkiriza abapya. Simooni mazima ddala yali afunye okusembeza kwe okw'Omwoyo Omutukuvu wamu n'Abasamaliya abalala (8:14-17), oboolyawo y'ensonga lwaki yanoonya obusobozi okugabira abalala ekirabo kino eky'ekitalo eky'Omwoyo. Kyokka wabula, yayagala okugula amaanyi gano ag'enjawulo ag'obutume n'essente (oluny. 20). Bw'atyo Peetero kwe kumugamba nti, "Mu nsonga eno tolinaamu wadde omugabo" (oluny. 21), Peetero yali ayogera ku nkizo y'obutume ey'okusabira abalala Omwoyo Omutukuvu, so si bulokozi. Peetero era agamba nti omutima gwe tegwali mulongoofu eri Katonda (Bik. 8:21), eyandibadde engeri ey'enjawulo ey'okunnyonnyola omuntu atali mukkiriza. Yagambibwa okwenenya ekibi ekinokoddwayo, "eky'obubi bwo buno," era ofune okusonyiyibwa kwa Katonda (Bik. 8:22) —nate, engeri ey'enjawulo eyogera ku muntu atali mukkiriza asingisiddwa omusango gw'ekibi byonna, so si kibi kimu. Ekizibu kya Simon tekwali kumwogerako ng'eyali afiiridde mu kibi oba okwawukana ne Katonda, naye "yali ajjudde obukaawu era ng'asibiddwa obutali butuukirivu," byombi byoleka bulungi obuggya n'omululu gwe (Bik. 8:23). Abakkiriza basobola okugwa mu bukaawu ne boonoona (Bef. 4:32; Beb.12:15).

Kale tutegeera tutya okutiisatiisa kwa Peetero nti, "Ssente zo zizikirire naawe" mu lunyiriri 20? Wadde ng'ekigambo "okuzikirizibwa" (okuva mu *apoleia*) oluusi kitegeeza naddala eri okuzikirizibwa okw'olubeerera mu ggeyeena, kirina amakulu aga bulijjo *ag'okwonooneka* oba *okufaafaagana* (laba. Mak. 14:4/Mat. 26:8; Bik. 25:16; 2 Peet. 3:16) era kikozesebwa nga kyogera ku muntu eyalokolebwa mu 1 Abakkolinso 8:11. Mazima ddala, okusaba kwa Simooni okukyamu kulaga endowooza enkyamu mu nkola y'ekitume n'ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu ekyandimuviiriddeko okwonooneka oba okufaafaagana mu bulamu buno. Ebintu bibiri bye twetegereza ebiwagira entaputa y'ekikolimo eky'ekiseera. Ekisooka, kyandibadde kyewewuunyisa okusindika Simooni n'essente mu kukolimirwa okw'olubeerera mu ggeyeena.

Ekyokubiri, okusaba kwa Simooni eri abatume okumusabira kulaga engeri y'okwenenya, endowooza ekwatagana n'okuzaalibwa obuggya. Entaputa y'Amazima B y'esinga okukwatagana n'emboozi eno.

Obutategeera bwa Simooni ku njawulo y'ekirabo ky'obutume n'enkizo ya Katonda mu ngeri ne ddi lw'awa Omwoyo Omutukuvu kulina okubeera okulabula leero eri abo abagamba nti balina ebirabo by'obutume n'amaanyi ag'okusabira abalala Omwoyo Omutukuvu. Ebikolwa by'Abatume kitabo ekinnyonnyola ebintu eby'enjawulo ebyaliwo mu kiseera eky'enkyukakyuka wakati w'okuva mu Mateeka n'omulembe gw'Ekkanisa. Tetusobola kutaputa ebyaliwo ng'enkola ey'ebiseera byaffe. Nga bwe kyeyoleka obulungi mu bbaluwa za Pawulo, buli mukkiriza mu Yesu Kristo afuna Omwoyo Omutukuvu amangu ago ewatali kuyambibwako butume (Bar. 8:9; 1 Kol. 12:13; Bag. 3:2; Bef. 1:13).

**Kkiririza mu Mukama waffe Yesu Kristo. Ebikolwa 16:30-31**

> 30 *Awo n'abafulumya, n'ababuuza nti, "Bassebo, nkole ki okulokolebwa?"*
> 31 *Ne bamugamba nti, "Kkiriza Mukama waffe Yesu onoolokolebwa, ggwe n'ennyumba yo yonna."*

> Entaputa y'Amazima A: Omukuumi w'ekkomera yategeezebwa nti okugondera Yesu Kristo nga Mukama w'obulamu bwe kye kijja okumulokola.

> Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Omukuumi w'ekkomera yategeezebwa nti okukkiririza mu Yesu Kristo oyo nga ye Mukama kye kijja okumulokola.

Essira ly'entaputa esooka liri ku kikolwa: okukkiririza mu *Mukama* Yesu Kristo olw'obulokozi kitegeeza kumugondera nga Mukama w'obulamu bwo bwonna. Endowooza eno eyitibwa Obulokozi ob'Obwobukama kubanga abo abagikkiririzaamu bannyonnyola *okukkiriza* mu ngeri y'okugondera, okunyiikirira, n'okwewaayo (eri Yesu nga Mukama). Essira ly'entaputa eyokubiri liri ku muntu: okukkiririza mu oyo asobola okukulokola *kubanga* ye, Ye Mukama Yesu Kristo.

Entaputa esooka essa essira ku nsonga emu ey'ekigambo "Mukama." Kitaputibwa mu ngeri ya Kristo okufuga obulamu bw'omuntu. Kyokka, amakulu g'ekigambo *Mukama* agasooka ye (*kyrios*) bwe bwakatonda (laba oluny 34). Kya lwatu nti obwakatonda buzingiramu ebintu ebirala bingi eby'obwakatonda nga Kabaka, Kabona Asinga Obukulu, Masiya, n'ebirala., bwe kityo ekigambo ekyo kisinziira we kibeera kikozesebwa —oba nga kyawukana okusinziira ku biyigirizibwa — okulowooza nti *Mukama* kirina amakulu ag'okufuga obulamu

bw’omuntu mu kitundu kino. Kirungi okukiraba ng’okujuliza okutaliimu bukwakkulizo ku Yesu Kristo, ekitiibwa kye. Tulaba ekigambo kye kimu nga kikozesebwa ng’erinnya ery’okussaamu Pawulo ne Siira ekitiibwa mu mu lunyiriri olwa 30 ng’omukuumi w’ekkomera agamba nti, “Bassebo (*bakama bange*, okuva mu *kyrios*), kiki kye nnina okukola okusobola okulokolebwa?”

Tulina okwebuuza, kiki omukuumi w’ekkomera Omuruumi omukaafiiri kye yali ategeera mu kuwaayo obulamu bwe eri Yesu nga Mukama? Abatakkiriza kye beetaaga kyokka kwe kutegeera nti Omwana wa Katonda yafiirira ebibi byabwe, yazuukira mu bafu, era agaba obulamu obutaggwaawo. Tebeetaaga kumanyirawo biragiro n’obukwakkulizo obungi obw’okugoberera Yesu nga Mukama. Ezo nsonga za buyigirizwa.

Abo abeesiba ku ntaputa eyookubiri oluusi bavunaanibwa olw’okuyigiriza nti omuntu asobola okusambajja Obukama bwa Yesu Kristo wabula n’amukkiririzaamu olw’obulokozi bwokka. Ensonga eno ebeera ya kutujja ku mulamwa. Ekifo kya Yesu Kristo okubeera Mukama waffe kyetaagisa nnyo mu bulokozi bwaffe mu buli ngeri. Nga Mukama ow’obwakatonda, Yesu yekka ye yali asobola okubeera n’obulamu obutuukiridde, okufiirira abantu bonna, n’okutuwa obulokozi obutaggwaawo. Naye, ensonga y’okugondera obukama bwe mu ngeri ey’ekikolwa teyogerwako ng’akakwakkulizo mu kwanukula kwa Pawulo eri omukuumi, amugamba bugambi "Kukkiriza" kyokka. Buli mukkiriza kimugwanira okugondera Yesu Kristo nga Mukama, naye mu kusooka alina kujja eri ye ng’Omulokozi.

Ensonga endala etaputibwa obubi mu lunyiriri olwa 31 y’abo abalutwala ng’ekisuubizo nti omuntu bw’akkiririza mu Yesu Kristo olw’obulokozi, olwo amaka ge gonna gajja kulokolebwa, kubanga Pawulo yagamba nti, “gwe n’ab’omu nnyumba yo." Kale okuva bwe kiri nti tewali kintu kiyitibwa bulokozi bw’ofuna ku lw’omulala (olw’okukkiriza kw’omulala) obuyigirizibwa oba obulabibwa mu Baibuli, endowooza eno esobola okuwakanyizibwa. Ng’ovudde ne kw’ekyo, ekirowoozo ky’ab’omu nnyumba mu biseera ebyo kyalimu abaddu, nga kifuula endowooza eyo okubeera n’obuzibu obusingawo (mpulira waliwo asaaga ng’abuuza oba n’abako nabo mwe bali!). Buli muntu mu maka alina okukkiriza nga kinnoomu muYesu Kristo okubeera Omulokozi we. Obulokozi te bw’ereeta bwokka okuyita mu mirembe gyonna. Tulina obuvunaanyizibwa okugabana obubaka bw’enjiri n’abantu bonna, naddala ab’eŋŋanda zaffe.

**Batizibwa onaazibweko ebibi. Ebikolwa 22:16**

> *Kaakano olinda ki? Situka obatizibwe onaazibweko ebibi byo nga bw'okowoola erinnya lya Mukama.'*

> Entaputa y'Amazima A: Pawulo yategeezebwa nti alina okubatizibwa okusobola okunaazibwako ebibi bye asobole okulokolebwa.

> Entaputa y'Amazima B: Pawulo yategeezebwa nti alina okubatizibwa okulaga ekyo kye yali afuuse ekiggya mu Kristo era asonyiyibwe n'ebibi bye eby'edda.

Mu kitundu kino, omutume Pawulo ayogera ku kukyuka kwe kwe yafunira ku Luguudo lw'e Damasiko eri ekibiina ky'abantu mu Yerusaalemi. Ekyava mu mboozi ye kifaanagana n'emboozi eyasooka mu ssuula 9 etulaga nti: Pawulo yalokolebwa. Enjawulo eriwo kwe kuba nti ekitundu kino kyogera ku kubatizibwa n'okukoowoola erinnya lya Mukama olw'okunaazibwako ebibi.

Kyeyoleka bulungi okuva mu nnyiriri za Lukka mu Bikolwa 9 ne mu nnyiriri za Pawulo mu Bikolwa 22 ne 26 nti Pawulo yalokolebwa mu kiseera we yali agendera e Ddamasiko, so si luvannyuma. Obujulizi bwe kennyini mu **B**aggalatiya 1:11-12 kwe kuba nti ye yafuna enjiri butereevu okuva eri Yesu Kristo, so si kuva wa Ananiya. Era kikulu nnyo okutunuulira ekiseera mu byaliwo ne mu kuddamu okubinyumyako. Pawulo yayita Yesu "Mukama." *oluvannyuma* lw'okubikkulirwa kwe yafunira ku luguudo. Agamba nti, "Nkole ki Mukama wange?" nga ky'ekiraga okugondera Kristo by'ayagala. Oluvannyuma lw'ebyaliwo, kino kye kiragiro kyokka Mukama kye yagamba Pawulo "okukola" mu kiseera ekyo (Bik. 22:10). Mu kuddamu okunyumya ebyaliwo mu ssuula 22, Pawulo ayogera ku bintu ebiwerako Ananiya bye yakola ebyalaga nti Pawulo yalokolebwa nga tannabatizibwa: ayita Pawulo "ow'oluganda," amuddiza okulaba, era n'amusindika okukola omulimu Katonda gwe yamutuma ogw'okugenda eri Bannamawanga (Bik. 22:13-15). Kale ekiragiro kya Ananiya ekigamba nti "Golokoka obatizibwe" kyali kigambibwa Pawulo eyalokoka nga Yesu bwe yamulagula nti alitegeezebwa eky'okukola (Bik. 9:6).

Ekiragiro eky'okubatizibwa wano si ke kaali akakwakkulizo ak'obulokozi, naye ng'ekiwandiiko bwe kiraga, ke kakwakkulizo k'okubeera ng'ebibi binaazibwa. Okunnyonnyola okusinga obulungi ku kino kwe kujjukira okukubaganya ebirowoozo kwaffe ku Bikolwa 2:38,

awali okubatizibwa ng'engeri Abayudaaya gye bayinza okulagamu nti bassa kimu n'ekibiina ky'Abakristaayo n'okwekutula ku mulembe gw'Abayudaaya abaakomerera Masiya. Pawulo yeetaaga okubatizibwa okulaga okwenenya kwe olw'okuwagira okukomererwa kwa Masiya n'okusonyiyibwa ekibi ekyo (era mpozzi n'ebibi bye eby'okuyigganya Abakristaayo ne Kristo, Bik. 9:1, 5). "Okukowoola erinnya ly'Mukama" si lwa kufuna bulokozi, wabula kiraga okusaba Katonda obuyambi, Pawulo bwe yali yeetaaga okutuukiriza obuweereza bwe obupya.

Nate era, tusanga embeera mu Bikolwa by'Abatume nga ya nkyukakyuka mu kikula. Abayudaaya ab'omulembe gwa Yesu beetaba mu kibi ky'okukomererwa kwe ne bafuna okusonyiyibwa ekibi ekyo bwe kyayatulwanga era ne kiviibwako mu kubatizibwa. Ku Muyudaaya, Omwoyo Omutukuvu yaweebwa oluvannyuma lw'obulokozi, nga bwe kyali mu nsonga ya Pawulo, wabula Bannamawanga baafuna Omwoyo Omutukuvu amangu ddala nga baakakkiririza mu Kristo era nga tebannabatizibwa (Bik. 10:43-44; 15:7-9).

Kikulu okulaba ekikula ky'enkyukakyuka ez'ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume n'obutatunuulira byaliwo ng'ebirina okukolebwa mu kkanisa ey'olwaleero. Singa tutwala ebyaliwo mu Bikolwa by'Abatume ng'ebintu bye tulina okukola leero, ffenna twandyogedde mu nnimi (Bik. 2:1-4; 19:1-6), ne tutunda ebyaffe byonna era ssente ne tuzigabira abaavu (Bik 2:45), ne tusisinkana mu yeekaalu ne mu maka (buli lunaku! Bik 2:46), ne tuba n'eggwanika mu kisenge ekya wansi mu kkanisa eri abo abagwa ne bafiira mu kkanisa olw'okulimba (Bik. 5:1-10), era ne tufuna Omwoyo Omutukuvu oluvannyuma lw'obulokozi. Okumanya kwaffe okugoberera omulamwa ogwo kutuyamba obutamaliriza ng'ebintu tubitegeera bwe tutyo.

ESSUULA

# Ebbaluwa za Pawulo

# 8

OMUTUME PAWULO y'eyali omunnyonnyozi omukulu ow'enjiri n'ebiva mu bulokozi bw'ereeta era n'obulamu bw'Ekikristaayo. Entegeera ye era n'enkwata ye ey'ebiyigirizibwa ku Katonda etuyamba nnyo nnyini ddala mu kutaputa ebitundu eby'enjawulo ebiriko okusika omuguwa wansi ng'abinnyonnyolwa ng'Amazima A oba ng'Amazima B.

**Obuwulize obw'okukkiriza. Abaruumi 1:5; 16:26**

*Mu Yesu Kristo Mukama waffe, mwe twaweerwa ekisa, ne mpitibwa okuba omutume, amawanga gonna galyoke gamugondere mu kukkiriza ku lw'erinnya lye. (Abaruumi 1:5)*

*Naye kaakati kirabise ne kitegeezebwa amawanga gonna mu byawandiikibwa bya bannabbi, ng'ekiragiro kya Katonda ataggwaawo bwe kiri, olw'okugonda mu kukkiriza eri Abaamawanga bonna abaamanyibwa, (Abaruumi 16:26)*

Entaputa y'Amazima A: Okussa okukkiririza kwaffe mu Kristo kwe kugondera Kristo.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Okussa okukkiririza kwaffe mu Kristo kwe kugondera ekiragiro eky'okukkiririza mu ye.

Enjogera "obuwulize obw'okukkiriza" ya bulijjo mu bitundu bino byombi. Ekirala ekya bulijjo mu bitundu byombi kwe kufaayo kwa Pawulo eri amawanga gonna agatalina Kristo.

Pawulo bw'aba ng'agamba nti abatakkiriza abasaasaanidde amawanga balina okulokolebwa okukkiriza okw'obuwulize, lowooza ku kizibu ekitwolekedde. Ekisooka, endowooza eno mu bukyamu etabula amakulu g'okukkiriza n'obuwulize. Ebigambo bino bya njawulo ddala,

newankubadde nga bikwatagana ku bulamu bw'okukkiriza okwo okuleetera omuntu okugondera ebiragiro bya Katonda. Ekyokubiri, Pawulo yandibadde ategeeza Bannamawanga abatali balokole (amakulu aga bulijjo aga "amawanga") nti balina okugondera ebiragiro bya Katonda so nga tebasuubirwa kumanyako n'ekimu ku byo okuggyako ekiragiro ky'okukkiriza. Ekyokusatu, mu kitundu kye ekikwata ku butuukirivu (Bar. 3:21-4:25) Pawulo takozesa bigambo obuwulize oba okugonda mu geri yonna, ng'akakwakkulizo k'obulokozi (obutuukirivu) oba okutuukiriza ebisaanyizo by'amakulu g'okukkiriza. Essira yalissa ku kya njiri okuba nga ya bwereere (Bar. 3:24). Mazima, annyonnyola ng'anywerera ku njawulo eriwo wakati w'okukkiriza n'ebikolwa (Bar. 4:4-5). Nga bwe tulabye, obulokozi obufunibwa olw'obuwulize n'ebikolwa ebirungi tebukwatagana na bulokozi obutuweebwa olw'ekisa n'olw'okukkiriza. Pawulo akiraga bulungi nti tetulokolebwa lwa buwulize bwaffe, naye olw'obuwulize bwa Yesu Kristo obutuweesa obutuukirivu bwa Katonda (Bar. 5:19).

Enjogera "okugondera okukkiriza" (oluusi ekiyitibwa "okugonda okw'okukkiriza" mu nkyusa endala) essa ebigambo ebibiri "obuwulize" era "n'okukkiriza" mu nkolagana ey'oku lusegere (mu nkyusa y'Olungereza tewaliiwo kiyingira mu kinnaakyo). Naye tekitegeeza kugondera kukkiriza mu ngeri y'okugondera amazima g'Ekikristaayo oba enjigiriza, kubanga mu lulimi olwasooka, twandisuubidde okulaba akagambo *tē,* ekyavvuunulwa "o," ng'ekigambo "kukkiriza" tekinnayogerwako mu Bikolwa 6:7, ekyogera ku bakabona abaali bafuuse abayigirizwa era nga beeyongera okugondera enjigiriza z'Ekikristaayo empya. Kisoboka okuba nti ekigambo ekyo kyandibadde kitegeeza obuwulize obuva mu kukkiriza ng'eby'okuddamu bibiri eby'enjawulo amawanga bye gaasobola okufuna. (Eby'okuddamu ebibiri tubiraba mu Baruumi 6:17, naye olunyiriri olwo terukozesa kigambo kino era mu nsonga yaakyo kitegeeza okutukuzibwa kw'abasomi b'ebbaluwa abaali bakkirizza. Laba okukubaganya ebirowoozo oluvannyuma.) Oboolyawo enzivuunula esinga obulungi ey'ekigambo kino bwe "buwulize, nga kwe kukkiriza (kwe kugamba, *okukkiririza*)," nga kuno kwe kuddamu okw'omulundi gumu so si ebiri. Kino kiyitibwa omukwano ogwa kyeyagalire, gamba nga "ekikolwa eky'ekisa" okutegeeza ekikolwa ekimu.

Okuddamu kumu kwokka eri enjiri kwe kwetaagibwa okusobola okulokolebwa era kwe kugikkiriza. Okukkiriza enjiri kwe kugondera ekiragiro kya Katonda ekitegeerekeka amangu eri n'ekikula ky'embeera y'omuntu enzibu n'okumuweesa obulokozi, era ng'ewatali kuwannaanya kyogerwako ng'okwagala kwa Katonda (Mak.1:15; Bik. 16:31; 1 Yok. 3:23). Ku lw'abantu abali mu mawanga, okulokolebwa, balina okugondera

Katonda ng'abakkiriza enjiri. Okubuulira enjiri si kwe kulangirira amawulire amalungi gokka; wabula era kwe kukowoola abatakkiriza okugondera Katonda nga bakkiririza mu Mwana we.

**Okukola ebirungi olw'obulamu obutaggwaawo. Abaruumi 2:6-7, 10, 13**

6 *Katonda aliwa buli omu empeera esaanira ebikolwa bye.* 7 *Aliwa obulamu obutaggwaawo abo abaakola obulungi, nga balina essuubi ery'okuweebwa ekitiibwa, ettendo n'obulamu obw'emirembe n'emirembe*

10 *Naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe biriba ku buli akola ebituufu, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga.*

13 *(Kuba abawulira obuwulizi amateeka, si be bejjeerera eri Katonda, wabula abo abakola bye galagira, be baliweebwa obutuukirivu).*

Entapuya y'Amazima A: Abo abeeyongera okugondera amateeka bajja kulokolebwa oba bajja kukakasa nti baalokolebwa.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Omutindo gwa Katonda ogusinga obulungi ogw'obulokozi gwe gw'obuwulize obutuukiridde.

Ennyiriri zino zirabika nga zigamba nti obulamu obutaggwaawo busobola okufunibwa oba okukakasibwa olw'ebikolwa ebirungi oba olw'okukuuma Amateeka. Naye endowooza eyo ekontana nnyo n'eya Pawulo gy'akakasa mu Bar. 3:12 egamba nti "Tewali akola birungi" era n'ensonga eyaddirira ng'agamba nti okuweebwa obutuukirivu kuyita mu kukkiriza kwokka, so si mu kukwata amateeka kubanga tewali asobola kukwata mateeka (Bar. 3:20-4:25). Mazima ddala Pawulo tasobola kuba nti yali tafaayo.

Ennyiriri zino zirabikira mu kukubaganya ebirowoozo ku nnono za Katonda ez'obwenkanya n'omusango (Bar. 2:2-3, 5). Pawulo agamba abeefuula abatuukirivu nti ennamula yaabwe ku balala ne ku bo bennyini tetuukiridde, naye ennamula ya Katonda etuukiridde, okusinziira ku "mazima" (Bar. 2:2). Okusinziira ku nnono ye ey'obwenkanya obutuukiridde, Katonda yandiwadde obulamu obutaggwaawo eri omuntu yenna abukolerera ng'akola ebikolwa ebirungi n'okukuuma amateeka mu ngeri etuukiridde. Obuzibu buli nti, nga Pawulo bw'agenda mu maaso

n’okukiraga, *ekyo tewali akisobola*. (Ensonga agizimba okuva mu Bar. 2:17 ng’akozesa ekigamba nti, “bonna baayonoona” mu Bar. 3:23).

Ennyiriri zino teziyigiriza nti obulokozi bufunibwa okuva mu bikolwa ebirungi, wabula kitundu ku nsonga ya Pawulo gy’alaga ng’agamba nti okuva bwe kiri nti “Tewali mutuukirivu, nedda, tewali n’omu” ne “Tewali akola bulungi, tewali n’omu” (Bar. 3:10, 12), okuweebwa obutuukirivu kisoboka lwa kukkiriza kwokka okuyita mu Yesu Kristo (Bar. 3:22-24).

Nga kiba kya butaliimu abantu okugezaako okufuna obulamu obutaggwaawo nga bayita mu kaweefube waabwe. Tebategeera nti omutindo gwa Katonda si buwulize bwa bitundu 51% oba 99%, naye guli 100% ku 100%. Singa omuntu abeera tayonoonangako era nga bulijjo akola bulungi, olwo Katonda yandibadde alina okuba omwenkanya n’amuwa obulamu obutaggwaawo. Naye ffenna tukimanyi nti tewali muntu yenna ku nsi atuukana na kigera ekyo. Bwe kityo, tulina ekizibu nga Katonda y’asobola okukigonjoola n’ekirabo kye eky’obwereere kyokka, nga y’ensonga lwaki “tuweebwa obutuukirivu obw’obwereere olw’ekisa kye olw’okununulibwa okuli mu Kristo Yesu” (Bar. 3:24). Bwe twalemererwa okutuukirira, Yesu Kristo yatuukirira era n’atuukiriza amateeka gonna nga bw’asasula ebibi byaffe okuyita mu kufa kwe ku musaalaba. Ekintu kyokka kye tusobola okukola kwe kukkiririza mu bwakatonda bwe, obugabirizi bwe, n’ekisuubiza kye eky’obulamu obutaggwaawo.

## Twalokolebwa obulamu bwe. Abaruumi 5:9-10

> 9*Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, okusinga ennyo alitulokola okutuggya mu busungu bwa Katonda.* 10*Kuba oba nga bwe twali tukyali balabe, twatabaganyizibwa ne Katonda olw'okufa kw'Omwana we, kaakano nga bwe tutabaganyiziddwa tulirokoka olw'obulamu bwe.*

> Entaputa y’Amazima A: Omuntu alokolebwa emirembe gyonna olw’okufa era n’olw’obulamu bwa Kristo.

> Entaputa y’Amazima B: Omuntu aweebwa obutuukirivu emirembe gyonna olw’okufa kwa Kristo era n’alokolebwa okuva mu maanyi n’ebiva mu kibi mu bulamu buno, ng’atambulira mu maanyi g’obulamu bw’okuzuukira kwe.

Ekitundu kino kyakulabirako kirungi ku butya ekigambo

"okulokolebwa" gye kirina okutaputibwa mu mulamwa gyakyo. Bangi kino bandikitapuse ng'obulokozi okuwona mu ggeyeena mu makulu g'obulokozi obw'obutuukirivu. Singa Pawulo yagamba nti "*twalokolebwa*," olwo kyandibadde kyakulabirako ekitegeerekeka obulungi eky'Amazima A ekikwata ku bulokozi obw'obutuukirivu. Kyokka, agamba nti, "tujja kulokolebwa," ekiggumiza ensonga ey'olugendo lw'obulokozi bwaffe. Naye, Pawulo ayogera ku biseera eby'omu maaso ebitaggwaawo oluvannyuma lw'okufa kw'Omukristaayo, oba ebiseera eby'omu maaso eby'ebyo Omukristaayo by'ayitamu oluvannyuma lw'okuweebwa obutuukirivu?

Waliwo ensonga ezimala obutataputa kino ng'obulokozi obw'omu maaso obw'okuwona ggeyeena oba Amazima A. Mu mulamwa omwangu, Pawulo alaga enkomerero y'obulokozi bwaffe obutaggwaawo mu kiseera eky'emabega ng'ekintu ekyamalirizibwa edda: abakkiriza baaweebwa obutuukirivu (Bar. 5:1) era batabagana ne Katonda (Bar. 5:10). Tusaanidde era okwetegereza omulamwa omunene. Enkozesa y'ekigambo "obusungu" eyasooka mu Baruumi yaliwo oluvannyuma lw'ennyanjula mu ntandikwa y'enzimba y'ekitabo we kyogerera ku mbeera eriwo mu kiseera kino: "Kubanga ekiruyi kya Katonda kibikkulwa okuva mu ggulu ku butali butuukirivu bwonna n'obutali butuukirivu obw'abantu, abaziyiza amazima mu butali butuukirivu" (Bar. 1:18). Ekigambo "ekiruyi" kitegeeza busungu era tekitegeeza busungu bwa Katonda obutaggwaawo bwokka bw'abonererezaamu abatakkiriza (laba enkozesa yakyo mu Bar. 9:22; 12:19; 13:4, 5). Wadde ng'obusungu buyinza okwogerwako ng'ekiribaawo ky'olubeerera mu biseera eby'omu maaso eri abo abateenenya ( Bar. 2:5, 8 ), ekiribaawo ekya 1:18 kiri nti abo bonna abatatya Katonda basobola okuloza ku busungu bwa Katonda mu bulamu buno. Mu kwogera kwe ku kutukuzibwa kw'omukkiriza (Abaruumi essuula 6-8), Pawulo takozesa kigambo "kiruyi," naye annyonnyola nti waliwo ebizibu ebirituuka eri abakkiriza aboonoona, nga bino bye biraga obusungu bwa Katonda eri ekibi (Bar. 6:21, 23; 7:13; 8:6).

Kale bwe kiba ng'obusungu bwa Katonda buyinza okubaawo mu biseera eby'omu maaso eby'obulamu bw'Ekikristaayo oluvannyuma lw'okuweebwa obutuukirivu, tuyinza tutya okulokolebwa okuva mu busungu bwa Katonda, era kitegeeza ki "okulokolebwa olw'obulamu bwe (Yesu Kristo)"? Okusooka, tujjukira nti ekigambo *okulokolebwa* kitegeeza *kusumululwa*, era omulamwa gulina okusalawo kiki

ky’osumululwamu. Ekyokubiri, bwe twekenneenya omulamwa n’ensengeka y’ebigambo bya Pawulo, tukiraba ng’ayogera eri abo abaweebwa obutuukirivu ( Bar. 5:1, 9), naye agenda mu maaso n’okukubaganya ebirowoozo ku kutukuzibwa. Abaruumi 5:9-10 ye “nnyingo” oba okukyuka okuva mu kukubaganya ebirowoozo ku butuukirivu okudda ku by’omukkiriza okutukuzibwa okwa buli kiseera, nga kino kisinziira ku bulamu bwa Yesu Kristo nga bwe bukolera mu ffe okuyita Mwoyo Omutukuvu abeera mu ffe (Bar. 5:18-21; 6:5-11; 7:4, 6, 24-25; 8:1-11). Bwe tugenda tukkiriza obulamu bwa Kristo okufuga obwaffe, ‘tulokolebwa’ mu busungu bwa Katonda n’ebibi bye buleeta mu bulamu buno.

Amazima B gano makulu eri Abakristaayo okugamanya n’okugassa mu nkola. Tulina okwewala ekibi n’okukyatula, era ne tutambulira mu butuukirivu olw’okusobozesebwa Omwoyo wa Katonda ayoleka obulamu bwa Kristo mu ffe. Ng’Abakristaayo, tumanyidde okugamba nti “Nze nnalokolebwa,” naye era tusobola okugamba nti “Ndi mu kulokolebwa” oba “Nja kulokolebwa” nga bwe tukkiriza Kristo okufugira mu ffe era n’okutuwonya mu bikolwa by’obusungu bwa Katonda bw’alina eri ekibi.

**Abaddu b’ekibi oba ab’obutuukirivu. Abaruumi 6:17**

> *Naye Katonda yeebazibwe, kubanga mmwe abali abaddu b'ekibi, mwawulira n'omutima gwammwe gwonna, ebyo ebiri mu njigiriza gye mwaweebwa.*
>
> Entaputa y’Amazima A: Abantu balina okuwulira era n’okugondera Katonda ng’abaddu okusobola okulokolebwa.
>
> Entaputa y’Amazima B: Abakkiriza balina okugondera Katonda ng’abaddu okusobola okutambulira mu butukuvu bwe n’obulamu bwe.

Bwe kiba nti olunyiriri luno nga ge Mazima A agoogera ku bulokozi, olwo Pawulo abeera ajjukiza abasomi b’ebbaluwa nti baalokoka olw’okugondera amazima g’Ekikristaayo n’okugondera Katonda ng’abaddu. Kyokka, mu mulamwa gwe tunywezezza mu kitundu kino, Pawulo ayogera eri abakkiriza abasomi b’ebbaluwa ye ku nsonga z’okutukuzibwa kwabwe. Bali “wansi w’ekisa” (Bar. 6:15) ekibawa

engeri za mirundi ebiri: basobola okugondera obuwulize oba okugondera ekibi (Bar. 6:16). Pawulo olwo n'afumiitiriza kw'ebyo abasomi be bye baayitamu mu biseera eby'emabega era ekyo abeebaza nti baali basazeewo okugondera enjigiriza empya ey'Ekikristaayo (oluny. 17). Naye ekyo ke kaali akakwakkulizo k'obulokozi bwabwe oba ekiva mu bulokozi bwabwe?

Ekiwandiiko kiraga nti obuwulize bw'abasomi bw'addirira okununulibwa kwabwe eri amazima g'Ekikristaayo; n'olwekyo, kino kiteekwa okuba nga ge Mazima B. Eddoboozi ery'eddembe erigamba nti "mwanunulibwa" lisonga ku Katonda eyabalokola era n'abaleeta mu kuyigiriza kw'Ekikristaayo. Mu kiseera ekyo nabo mwe batolekera okuva mu buddu bw'ekibi. Olw'embeera yaabwe empya mwe baali batambulira, abasomi baasalawo okugondera amazima ge baali baweereddwa. Olunyiriri olwe 18 lukakasa eky'okusalawo okufuuka "abaddu b'obutuukirivu" nti kyava lwa kuba nti baali "basumuluddwa okuva mu kibi." Olwo olunyiriri olwe 19 lukubiriza abasomi b'e okweyongera okwewaayo bo bennyini ng'abaddu b'obutuukirivu. Eky'amazima kino tekibakubiriza kubeera balokole. Pawulo ky'ayagala kwe kweyongera okugondera Katonda basobole okufunamu obutukuvu n'okweyongera okutambulira mu bulamu bwa Katonda obusingawo kw'obwo bwe balimu (Bar. 6:22).

Ekisa kisumulula abakkiriza, era n'olwekyo bulijjo kiba kya bulabe. Buli mukkiriza kimugwanira okugondera Katonda ng'atambulira mu butukuvu n'obulamu bwa Katonda obw'omuyiika, naye si bonna nti bakikola. Okugondera Katonda si kakwakkulizo ka bulokozi. Naye era okugondera Katonda tekuba kwewaayo kwa mulundi gumu. Kino kye kintu ekiteekwa okukolebwa buli kiseera.

## Empeera y'ekibi kwe kufa. Abaruumi 6:23

*Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo eky'obuwa ekya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe.*

Entaputa y'Amazima A: Ekibi kireeta okufa okw'olubeerera eri abatakkiriza era kireetera abakkiriza okufiirwa obulokozi bwabwe, naye obulamu obutaggwaawo bujja okuyita mu bulokozi obuli mu Mukama waffe Yesu Kristo.

Entaputa y'Amazima B: Ekibi kireeta okufa okw'omwoyo eri abakkiriza, naye basobola okutambulira mu bujjuvu bw'obulamu bwa Katonda okuyita mu Mukama Yesu Kristo.

Olunyiriri luno mu nnazzikuno lutaputibwa ng'Amazima A, era bwe lutyo ne lwesanga nga lukozesebwa nnyo ababuulizi b'enjiri abasinga obungi. Wadde nga luyinza okukozesebwa ng'Amazima A, kiyinza okwewuunyisa bangi nti waliwo ensonga ennungi eziruviirako okutaputibwa mu kusookera ddala ng'Amazima B.

Twakkaanyizza dda nti ensonga y'Abaruumi egenda mu maaso okuva ku bulokozi obw'obutuukirivu mu ssuula 3-4 okutuuka ku bulokozi obw'okutukuzibwa mu ssuula 5-8. Essuula eyo 6 ewandiikiddwa bulungi eri abakkiriza abaabatizibwa mu Kristo oba abaagatibwa ne Kristo (6:3-5), era abaafa ne Kristo era nga kaakati babeera naye (6:6-11). Okubuulirira abakkiriza bano kuli ku butaweereza kibi wabula okuweereza Katonda, kubanga tebakyali wansi wa buyinza bwa kibi, wabula wansi w'ekisa (6:12-14). Mu lunyiriri olwe 15, waliwo okuwakanya ebiteeberezebwa oba ddala ng'okuba wansi w'ekisa kiyinza okukubiriza abakkiriza okukola ekibi. So nga 6:16-23 ekkiriza nti kisoboka abakkiriza okusalawo okukola ekibi, era awa ensonga lwaki abakkiriza tebalina kuweereza kibi. Mu ngeri ennyangu, ekibi kireeta okufa (6:16, 21) so ng'okuweereza Katonda kireeta "obutuukirivu" (6:16), ekivaamu "obutukuvu" (6:19), ekitutuusa ku "bulamu obutaggwaawo" (6:22). Kino ekisembayo kwe kulondawo kw'abakkiriza Abaruumi kwe bali bakoze, nga bwe twalaba mu kukubaganya kwaffe ebirowoozo ku lunyiriri 17. Abakkiriza abawulize bayawulibwa ne basemberera Kristo n'okutambulira mu bujjuvu bw'obulamu bwe, bwe baali baafuna edda ng'ekirabo. Kizibu okubuuka olunyiriri 23 ng'ekigambo ekiwuumbawuumba ensonga eri abakkiriza.

Bwe kiba nga kino kyawandiikibwa kugenda eri abakkiriza, lwaki bategeezebwa nti ekibi kireeta okufa, oba ekisinga obulungi, ekibi ekyo kisasulira ("empeera") mu kufa. Mu kitangaala ky'ebintu ebirala ebikakasa ku bukuumi bwabwe obutaggwaawo mu Baruumi, kino tekiyinza kutegeeza nti abakkiriza abakola ekibi bajja kufiirwa obulokozi bwabwe era baawulibwe ku Katonda nga bagenda mu ggeyeena (laba Bar. 4:16;8:18-39). Nga bwe twayogeddeko emabegako, kya bwakatonda era kikulu nnyo okukitegeera nti okufa okwogerwako wano, kuli ku makulu ga kwawukana okusinga okulekera awo okuba omulamu. Ku ddaala ery'eby'omwoyo, okufa eri abatali bakkiriza kitegeeza nti baawukanye ku bulamu bwa Katonda kaakano era nga kiyinzika n'okuba eky'emirembe gyonna. Okufa eri abakkiriza kitegeeza nti baawukanye ku miganyulo gy'obulamu bwa Katonda mu bulamu bwe batambuliramu. Abakkiriza balina obulamu obutaggwaawo ng'omugabo ogwa kaakano era ng'ekisuubizo eky'ebiseera eby'omu maaso. Wadde nga tebasobola kwawukanyizibwa ku *mugabo* ogw'obulamu obutaggwaawo mu kiseera kino oba mu biseera eby'omu maaso, abakkiriza basobola okwawulibwa

ku *miganyulo gy'okutambulira* mu bulamu obwo (okgz. emirembe, essanyu, amaanyi okuwangula ekibi, n'ebirala). Abakkiriza bwe boonoona, bafuna ebizibu bye bimu ebireetebwa ekibi ng'ebyo abatannalokolebwa bye bafuna (6:19-21), gamba ng'okuswala n'obufu bw'eby'omwoyo.

Wadde ng'omugabo gw'okubeera n'obulamu obutaggwaawo guweebwa omuntu mu kiseera ekyo waafunira obutuukirivu okuyita mu kukkiriza mu Kristo (Bar. 3:24; 5:18), naye okunyumirwa oba okuyita mu bulamu obwo obutasalako y'empeera y'obulamu obw'okutya Katonda. Nga bwe kyayogeddwako emabegako, obulamu obutaggwaawo oluusi bwogerwako ng'okuba n'enkolagana ne Katonda (Yok. 17:3) eyo gy'otambuliramu nga ya muggundu (Yok. 10:10a). Yesu Kristo, oyo gwe twazuukira naye, atuwadde ekirabo eky'obwereere eky'obulamu bwe eri ffe abakkiriza era ayolesa obulamu obwo mu ffe bwe tubeerawo ku lulwe.

Bwe kiba nga kyawandiikibwa eri abakkiriza ng'Amazima B, olunyiriri luno luyinza okukozesebwa ku batali bakkiriza ng'Amazima A mu kubuulira enjiri? Kirabika kisoboka, kubanga lwogerwa ng'ennono ey'awamu ekola ku bantu bonna abaalokoka oba abatali balokole. Olunyiriri luno lukwata ku batakkiriza mu ngeri nti bo, mu kibi kyabwe, baafa eri Katonda. Ekigonjoola eky'okwawukana kwabwe ne Katonda ky'ekirabo eky'obwereere eky'obulamu obutaggwaawo obujja okuyita mu kukkiririza mu Yesu Kristo (laba Bar. 3:22-26). Abakkiriza n'abatakkiriza basobola okutambulira mu kufa, wadde nga kiri mu ngeri ez'enjawulo, era eddagala lyabwe bombi ky'ekirabo eky'obwereere eky'obulamu bwa Katonda okuyita mu Yesu Kristo.

Wadde nga tumanyi okukikozesa eri abatali bakkiriza, abakkiriza tebalina kubuusa maaso ekigendererwa ekikulu eky'olunyiriri 23, nga kwe kubakubirizibwa okuweereza Katonda so si kibi. Abakkiriza baweereddwa ekirabo eky'ekitalo eky'obulamu bwa Katonda kye basobola okunyumirwa kavuna babeera nga batambulira mu bulamu obumuweesa ekitiibwa.

## Okufa eri omubiri oba okuba omulamu olw'Omwoyo. Abaruumi 8:13

> *Kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa; naye bwe munaafiisanga ebikolwa by'omubiri olw'Omwoyo, muliba balamu.*

> Entaputa y'Amazima A: Abo ababeera mu mubiri bajja kugenda mu ggeyeena kubanga bafiirwa obulokozi bwabwe oba nga tebaalokolebwa, naye singa Omwoyo abeera mu bo, bajja kulokolebwa.

> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abatambulira mu mubiri batta okussa ekimu kwabwe ne Katonda, naye bwe baba abalamu

olw'amaanyi ag'Owoyo, bajja kutambulira mu bujjuvu obw'obulamu bwa Katonda.

Abaruumi 8 egenda mu maaso n'okukubaganya ebirowoozo kwa Pawulo ku kutukuzibwa n'engeri omukkiriza gy'asobola okuba n'obuwanguzi ku kibi. Olunyiriri 1 lugamba nti, "N'olwekyo kaakano tewali kusalirwa omusango eri abo abali mu Kristo Yesu, abatatambulira mu mubiri, naye abatambulira mu Mwoyo." Wadde nga kitegeerwa nnyo ng'ekijuliza ku ggeyeena ey'olubeerera, "okusalirwa omusango" mu mbeera eno ey'okutukuzibwa (era nga kikozesebwa mu Bar. 5:16 ne 18) ayogera ku ngeri ekibi gye kikwata ku bulamu bw'omukkiriza mu Kristo. Akawaayiro ak'okubiri ak'olunyiriri 1 tekali nnyo mu nkyusa z'omulembe guno, naye kalina obujulizi obw'amaanyi obw'ebiwandiiko era koogera ekintu kye kimu n'olunyiriri 4. Essira ly'ekitundu kino kwe kubeera mu bulamu okusinziira ku Mwoyo nga kikontana n'okubeera mu mubiri n'ebiva mu buli kimu kw'ebyo.

Mu Baruumi 8 Pawulo ayogera eri Abakristaayo (abayita "ab'oluganda" mu lunyiriri olwe 12 era n'agamba nti baali baafuna Omwoyo Omutukuvu mu lunyiriri olwe 15) ku bulamu bw'okutukuzibwa kwabwe obubanunula okuva mu kibi n'ebikivaamu, kale tusobola bulungi okulaba enzivuunula esinga okukwatagana wano. Okubeera mu mubiri kwe kusalawo (okwogerwako nti "singa ") Omukristaayo kw'akola bw'adda ku ludda olw'omubiri omukadde ogw'ekibi. "Ojja kufa" kiraga ekiva mu busungu bwa Katonda ku kibi. Amakulu g'okufa wano ge gamu n'ago agali mu Baruumi 6:23 (laba okukubaganya ebirowoozo okwasooka). Wajja kubaawo obufu mu bulamu bw'Omukristaayo oyo n'okwawukana ku maanyi g'obulamu obw'obwakatonda. Ate singa omukkiriza agondera Omwoyo Omutukuvu abeera ajja "kubeera mulamu" oba ajja kutambulira mu bulamu bwa Katonda obuzzaamu amaanyi era obugaggawaza.

Okusinziira ku Abaruumi 8:9, ekigezo ky'obulokozi si kwe kuba ng'omuntu ali mu Mwoyo naye kwe kuba ng'Omwoyo abeera mu ye: "Omuntu yenna atalina Mwoyo wa Kristo oyo si wuwe." Ennyiriri 9-11 zawandiikibwa ng'obukakafu nti ddala abasomi b'ebbaluwa balina Omwoyo Omutukuvu, n'olwekyo balina amaanyi okuba n'obuwanguzi ku kibi. Ennyiriri 12-13 ziwa abasomi ebintu bibiri ebisoboka. Okubeera mu mubiri kwe kuba n'endowooza ey'omubiri ate n'okubeera mu Mwoyo kwe kuba n'endowooza ey'Omwoyo. Endowooza ey'omubiri eviirako okufa mu by'Omwoyo, naye endowooza ey'Omwoyo ereeta obulamu obw'obuwanguzi obw'obutuukirivu.

Endowooza ey'amaanyi n'okulondebwa kw'abasomi bano ng'abakkiriza kikontana n'okutaputa nti bayinza okufiirwa obulokozi

bwabwe oba okukakasa nti tebalokokangako. Twalaze emabegako nti okufa si buli kiseera nti kitegeeza okufa okw'olubeerera, naye mu bukulu bwakwo kyogera ku kwawukana.Mu mbeera eno, omulamwa gulaga nti okufa kitegeeza okwekutula kw'omukkiriza ku mu maanyi ga Katonda agagaba obulamu, n'olwekyo ge Mazima B, so si Mazima A.

Ng'abakkiriza, tusobola okusalawo okubeera mu bulamu obw'omubiri oba obw'okwonoona, naye ekyo kyokka kireeta obufu mu bulamu Katonda bw'atwagaliza. Kirungi nnyo okulondawo Yesu Kristo ne tumuganya okubeera mu ffe bwe okuyita mu ffe olwo ne tutambulira mu maanyi g'obulamu bwe obwazuukizibwa.

## Abakulemberwa Omwoyo. Abaruumi 8:14

*Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda.*

Entaputa y'Amazima A: Abo bokka abakulemberwa Omwoyo be baalokolebwa.

Entaputa y'Amazima B: Abo abakulemberwa Omwoyo mu bulamu obw'obutuukirivu balaga eky'okulabirako ky'ekifo kyabwe kye balina ng'abaana ba Katonda.

Abo abatwala entaputa y'amazima A ku lunyiriri luno bagamba nti ekimu ku bukakafu bw'obulokozi kwe kuba nti omuntu akulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Mu ndowooza eno, okubeera omwana wa Katonda kwe kubeera omulokole, era ng'okulemberwa Omwoyo ekiyinza okutaputibwa ng'okukulemberwa okuva mu bibi n'okuyingira mu bikolwa eby'okutya Katonda, oba n'okukulemberwa mu kusalawo ku nsonga ezitakwagana n'enneeyisa esaanidde mu bulamu.

Waliwo ensonga ezimu ezeeyolese eziwakanya entaputa y'amazima A. Endowooza eyo ey'olunyiriri olwe 14 yandifudde obulokozi n'okubukakasa nga kwesigama ku kintu ekirala ekitali kukkiriza mu Yesu Kristo. Naye okukkiriza kumala ensonga z'obulokozi n'okubukakasa (okgz., Yok. 5:24; Bef. 2:8; 1 Yok. 5:11-13). Ate era, okutaputa okwo kufuula obulokozi okubeera ensonga ey'okugezesebwa. Omuntu yenna yanditegedde atya nti ddala akulemberwa Omwoyo mu kusalawo kwe kwonna okw'obulamu? Omwoyo asigala akulembera nga waliwo okulemererwa n'ebibi?

Ekisinga okweyoleka y'ensonga okuva mu mulamwa. Abo abatwala entaputa y'amazima B bakiraba nti Abaruumi 6-8 eyogera eri Abakristaayo ku kutukuzibwa kwabwe. Abaruumi 8 eyanukula okwetamwa okwolesebwa mu Baruumi 7 ku butasobola bw'okutambulira mu bulamu bwa Katonda mu mubiri, oba mu maanyi ag'obuntu. Abo abalina obuwanguzi ku mubiri n'amateeka beebo abalina endowooza era n'obulamu obufugibwa Omwoyo wa Katonda (8:1-6), era balina Omwoyo kubanga bakkiriza (8:9-11). Mu lunyiriri 12, Pawulo ayogera eri abasomi b'ebbaluwa nti "ab'oluganda" tebalina kutambulira mu bulamu nga bagoberera omubiri. Wabula, bo balina Omwoyo asobola okubawa obuwanguzi ku mubiri n'abawa obulamu obujjuvu (oluny.13). N'olwekyo, Pawulo bw'ayogera ku "bonna abakulemberwa Omwoyo wa Katonda," yali ategeeza abakkiriza abaluŋŋamizibwa Omwoyo, ng'oyo y'abakulembera okubatuusa mu buwanguzi, mu butukuvu era ne mu bulamu.

Naye ate ekitundu ekisembayo mu lunyiriri olwe 14 ekigamba nti abo "abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda?" Ekigambo *omwana wa Katonda* tekitegeeza butegeeza muntu mulokole kyokka. Mu lunyiriri 16, tulaba abo abalokole nga bajulizibwa ku ky'okubeera "abaana ba Katonda," ekigambo eky'enjawulo ekirabika nga kikozesebwa ku Bakristaayo bonna. Okubeera *omwana* w'ekintu kwe kwolesa engeri ze zimu oba okubeera ng'oli akuzaala. Pawulo yali ayogera bwogezi ekyo mu ngeri eyo abalina Omwoyo gye basobola okumukkiriza okubatuusa mu bulamu obw'obutukuvu, nga bano basobola okwolesa embala ya Kitaabwe ow'omu Ggulu. Mu butuufu, olunyiriri olwe 15 lukakasa abasomi nti baali baana ba Kitaffe abazaalibwa obukulu ekitegeeza nti balina okubeera bwe batyo, kwe kugamba, ng'abaana be abakulu. Okwetegereza okulala okukulu kwe kuba nti okuyitibwa "abaana" kulina ebigendererwa by'abo abalina eddembe erijjuvu ery'okuzaalibwa, omuli n'okubeera omusika wa Katonda (si mwana wa Katonda yekka) era omusika wa Yesu Kristo bwe tubonaabona naye (oluny. 17).

Abaruumi 8:17 wasaana okwetegereza mu ngeri ey'enjawulo okuva bwe kiri nti watera okutegeerwa obubi. Watandika n'ekitundutundu eky'enjawulo (*ei*) ekitegeeza obukwakkulizo obusinziira ku nsonga: *bwe tuba* nga tuli baana, olwo tuli basika ba Katonda. Buli mwana wa Katonda yenyumiriza mu nkizo eziri mu maka ga Katonda. Ekigambo ekyokubiri kikozesa akatundu akalaga enjawulo (*men...de*) okuggumiza embeera ey'enjawulo ey'okufuuka abasika awamu ne Kristo (ekiragibwa n'akatundu ak'amaanyi *eiper*, "bwe kiba nga ddala"). Akakwakkulizo kwe kubonaabonera awamu naye: tuli basika wamu ne Kristo *bwe tuba nga* ddala tubonaabona naye. Okutegeera okusinga kujja akabonero akawummuza bwe kateekebwa oluvannyuma ku kigambo "Katonda" so si oluvannyuma lwa "Kristo" —"abasika ba Katonda, n'abasika awamu ne Kristo singa mazima tubonaabona naye." Okubeera omusika awamu

ne Kristo kwe kufugira wamu naye mu bwakabaka bwe. Olunyiriri luno luyigiriza nti abaana ba Katonda bonna basika ba Katonda, naye abo bokka abagumiikiriza okubonaabona ku lwa Kristo be bajja okufugira awamu naye mu bwakabaka bwe (laba okukubaganya ebirowoozo mu 2 Tim. 2:10-13).

Endowooza y'obutabani mu nkolagana ne Katonda etegeeza embeera y'omuntu omukulu ateetaaga amuyigiriza (oba amateeka — laba Bag. 3:22-4:1-7 ekiraga enjawulo wakati w'abaana ba Katonda n'abaana ba Katonda abakulu- abatabani). N'olwekyo "abatabani ba Katonda" kitegeeza okukula n'okussaamu Katonda ekitiibwa, so si kulokolebwa kwokka. Abakkiriza ekibasobozesa kyokka okukula singa baganya Omwoyo okubakulembera. Abaruumi 8:14 si lwe lunyiriri olusalawo obulokozi bw'omuntu.

Okuvvuunula ebitundu ebizibu mu Abaruumi 6-8, tetusaanidde kwerabira mulamwa. Pawulo yayogera ku butuukirivu mu Baruumi 3-4. Essuula 5 y'enkyukakyuaka y'okudda mu kitundu ekipya ekikwata ku kutukuzibwa (laba okukubaganya ebirowoozo ku Bar.5:9-10). N'olwekyo, tusuubira Baruumi 6-8 okussa essira ku Mazima B eri abakkiriza.

Okufaanana Katonda Kitaffe, tulina okukkiriza Omwoyo we okutuluŋŋamya mu butuukirivu n'okutambulira mu bulamu bwa Kristo ali mu ffe obusingawo. Ng'abakkiriza, tuli baana ba Katonda; tusaanidde okweyisa ng'abaana ba Kitaffe ab'obulenzi (n'abawala) abakuze.

## Yatula n'akamwa ko. Abaruumi 10:9-10

> 9*kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu*
> *mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka.* 10*Kubanga*
> *omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na*
> *kamwa ke okulokoka.*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu okusobola okulokolebwa emirembe gyonna, alina okwewaayo eri obukama bwa Yesu Kristo n'okumwatula mu bigambo / oba n'ebikolwa.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Omuntu okusobola okulokolebwa emirembe gyonna, alina okukkiririza mu Yesu Kristo, ng'akkiriziganya nti ye Mulokozi ow'obwakatonda.

Entaputa y'Amazima B: Okulokolebwa okuva mu busungu bwa Katonda obw'akaseera obuseera, abo abakkiririza mu Yesu Kristo nabo balina okumukoowoola okubayamba.

Ekitundu kino ekimanyiddwa ennyo nakyo bangi tebakitegeera. Obutategeera bwesigamye ku bigambo bibiri ebikulu mu kitundu, “yatula” ne “Mukama.” Okugeza, nga basinziira ku ndowooza enkyamu ku kye kitegeeza okwatula, ababuulizi bangi bayita abantu okulokolebwa nga bajja mu maaso g’ekkanisa okwatula nga balangirira okukkiriza kwabwe mu Kristo mu lujjudde. Abalala bagamba nti kino kiyigiriza nti omuntu talokoka okutuusa ng’ayatudde okukkiriza kwe mu lujjudde ng’ayita mu kubatizibwa.Ate abalala bagamba nti okwatula tekulina nnyo kye kutegeeza olw’ebigambo by’omuntu wabula enneeyisa y’omuntu. Omuntu talokoka okuggyako nga yeeyisa okusinziira ku kuyigiriza kw’Ekikristaayo.

Endowooza eyitibwa Obulokozi obw’Obukama [kkiriza Yesu okuba Mukama wo] etera okutegeera *okwatula* mu emu ku ngeri zino, naye era etwala eky’okwatula “Mukama Yesu” ng’okugondera Yesu nga Mukama w’obulamu bw’omuntu. Mu ngeri endala, si kwatula bwatuzi kyokka nti Yesu *ye* Mukama, wabula nti Yesu ye Mukama *wange*.

Obuzibu obuli mu ntaputa zino *ez’okwatula* kwe kuba nti ziteekawo ekintu ekirala ng’oggyeeko okukkiriza okubeera akakwakkulizo akeetaagisa okuweebwa obulokozi. Okwatula mu lujjudde okw’engeri yonna n’okwewaayo eri obuyinza bwa Yesu Kristo byonna bituukira mu kika ky’ebikolwa oba ekintu ekikolebwa okusobola okusaanira obulokozi. Kino mu butuufu kiteeka omutume Pawulo mu kattu ok’okukontana n’ensonga ye mu ssuula 3-4 egamba nti omuntu aweebwa obutuukirivu olw’okukkiriza kwokka, so si lwa bikolwa.

Entaputa esingako obulungi, ekwatagana n’obulokozi olw’ekisa okuyita mu kukkiriza (entaputa ey’okubiri ey’Amazima A), eva mu kutegeera okutuufu okw’ekyo kye kitegeeza okwatula Mukama waffe Yesu. Kino kitegeeza butegeeza nti omuntu ategeera (akkiriza) nga Yesu ye Mukama Katonda. Ku lw’Omuyudaaya ku mulamwa gwa Pawulo gw’ayogerako mu ssuula 10, kino kyali kitegeeza okukkiriza kwe nti ddala Yesu ye Masiya ow’obwakatonda.

Ekigambo “okwatula” (*homologeō*) kitegeeza “okukkiriziganya, okukkiriza.” Ekigambo kyennyini ku bwakyo tekikubanja kwatula mu lujjudde oba okwatula n’akamwa ko. Okwongerako mu ngeri entuufu, kwe kwatula eri Katonda, so si eri omuntu (laba. Bar. 14:11 ne 15:9, era geraageranya enkozesa yaakyo mu 1 Yok. 1:9). Nga bwe kiri, kyoleka okukkiriza, okulabikira ennyo mu mulamwa (laba Bar. 10:4, 6, 11, 14, 17). Eky’okuba nti Pawulo akozesa *okwatula era n’okukkiriza* mu

lunyiriri 9, olwo n'akyusa ensengeka okudda ku *kukkiriza n'okwatula* mu lunyiriri olwe 10 ekiraga nti byogera ku kintu kye kimu. Nga bwe tweyongera okusoma, ennyiriri 11, 12, ne13 era bigatta wamu endowooza y'okukkiriza n'okwatula.

Kaakati olwo lwaki Pawulo asalawo okukwataganya okukkiriza n'okwatula? Okusooka, tulina okukkiriza nti okumatizibwa nti ekintu kituufu (okukkiriza) kye kimu n'okukkiriza nti ekintu kituufu (okukkiriziganya). Naye okwatula era kukwatagana n'ensonga ya Pawulo n'enkozesa ye ey'Ekyamateeka 30:12-14 mu nnyiriri 6-8 ezigatta akamwa n'omutima ku kukkiriza:

6Naye obutuukirivu obuva mu **kukkiriza bwogera** bwe buti nti, *"Toyogeranga mu mutima gwo nti, "Ani alirinnya mu ggulu?"* (Okwo kwe kuleeta Kristo wansi *okuva waggulu*)7 oba nti, "Ani alikka emagombe?" (Okwo kwe kulinnyisa Kristo okuva mu bafu). 8Naye bwogera butya? "*Nti, Ekigambo kiri kumpi naawe, **mu kamwa ko, ne mu mutima gwo***" (kye **kigambo eky'okukkiriza kye tubuulira** ;)… (okuggumiza nze nkukoze)

Ekitundu ekiri mu kitabo Kyamateeka Olwokubiri bubaka eri Isirayiri obugamba nti obutuukirivu bwa Katonda bwangu bwakufuna era buli kumpi, bubaliraanye ng'emimwa gyabwe n'emitima gyabwe bwe biriraanaganye. Mu ngeri endala, ekitundu mu kitabo Kyamateeka olwokubiri kifaananako n'okwogera eri Abayudaaya nti tekibeetaagisa 'kunoonya mu ggulu na mu ggeyeena okusobola okufuna obulokozi, naye bo okukkiriziganya n'ebyo ebyabasomesebwa edda era bye basobola n'okutontoma. Olunyiriri 9 lunnyonnyola ekigendererwa ekiri mu Kyamateeka olwokubiri 30:12-14—nti obulokozi bwangu era weebuli. Omuntu ky'alina okukola kyokka kwe kukkiriziganya ne Katonda kw'ekyo kye yababuulira ku Masiya eyali ajja. Tuyinza okukozesa enjogera "Kiri kumpi awo ku lulimi lwo."

Okwatula "Yesu nga Mukama" kwe kukkiriza nti Yesu ali ekyo Katonda ky'agamba nti ky'ali — ye Masiya era Omulokozi. Amakulu ag'ekigambo "Mukama"agasinga bwe bwakatonda bwe. Kyogera ku kifo kya Yesu nga Katonda afuga byonna. "Yesu ye Mukama" yali nzikiriziganya y'okwatula kw'ekkanisa eyasooka (Bik. 2:36; 1 Kol. 12:3) eyategeera Yesu ng'Omulokozi Masiya ow'obwakatonda. Mu lunyiriri olwe 13, ekijuliziddwa okuva mu Yoweri 2:32 kivvuunula erinnya ly'obwakatonda YAKUWA nga "Mukama" ekiraga nti obwakatonda bwe, bwe bukulu bw'erinnya obusookerwako. Enkozesa ya Pawulo ku Yesu nga Mukama (oba Katonda) okusinga kwali kugendereddwamu abasomi b'ebbaluwa ze Abayudaaya (Bar. 10:1-3), naye kikola eri abantu bonna (Bar. 10:4, 11-13). Eri Abayudaaya, ekiziyiza ekikulu ekibaziyiza okufuna obutuukirivu bwa Katonda bwe butayagala kukkiriza Yesu nga Masiya (eyali agenda okubeera Kabaka waabwe ow'obwakatonda).

“Mukama” okusinga kitegeeza obwakatonda bwa Yesu, so si bukama bwe. Okufuga mu butuufu gwe gumu ku mirimu egy’obwakatonda, naye waliwo n’emirimu emirala egy’olubeerera bwe gityo, gamba; ng’obwakabona, omwegayirizi, era omuwolereza. Kiba ku kusalawo kw’omuntu okugondera obufuzi bwa Kristo. Okwawukanako n’Obulokozi obw’Obukama, okwewaayo eri Yesu nga Mukama si kwe kulokola, wabula okukkaanya nti ye Mulokozi ow’obwakatonda.

Lowooza ku kizibu ekiri mu ntaputa y’Obulokozi bw’Obukama [Yesu okuba Mukama wo embagirawo]. Bwe kiba *ng’okwatula* kitegeeza okutambulira mu kukkiriza kwaffe mu Yesu nga ye Mukama, olwo tubeera tusigadde n’eky’okukubaganyaako ebirowoozo era n’akakwakkulizo ak’obulokozi. Omuntu amanya atya nti agondedde Katonda ekimala okusobola okulokolebwa? Tubeera tusigadde n’okubuusabuusa n’okukebera obujjumbize bwaffe. Naye buli lwe tuggya amaaso gaffe ku Mulokozi ne tugateeka ku kukkiriza kwaffe oba okufuba kwaffe, tutubira mu lutobazzi lw’okukubaganya ebirowoozo. Tusobola okumanya ddi lwe twakkiriza Kristo ng’Omulokozi, naye tetusobola kumanya ddi lwe tukoze ekimala okufuna obulokozi bwaffe.

Eky’ennaku, ababuulira abantu okukkiriza Yesu okuba Mukama ensonga yaabwe ekontanira ddala n’ekigendererwa ky’omuwandiisi ekyasooka. Endowooza y’Obukama nti obulokozi bufunibwa nga twatula obukama bwa Kristo n’okugondera obuyinza bwe ku bulamu bw’omuntu bwonna kifuula obulokozi okubeera obuzibu (oba obutasoboka!) okufunibwa. Naye ekigendererwa kya Pawulo kyali kya kulaga nti obulokozi eri Abayudaaya bwali bwangu nga kwe kukkaanya ne Katonda ku ebyo bye baayigirizibwa edda.

Wadde nga nsinga kwagala ntaputa eyookubiri ey’Amazima A, waliwo endaba endala ey’ekitundu kino ekwatagana n’ekisa ekitaliiko bukwakkulizo eky’enjiri. Entaputa eno ey’Amazima B egamba nti ebigambo *yatula* ne *koowoola erinnya lya Mukama* tebikwatagana na kukkiriza, wabula bijuliza engeri Abayudaaya (ne Bannamawanga) gye basobola okwegayiriramu Katonda asobole okubanunula mu kibi. Abalina endowooza eno bandiwakanyizza nti okukoowoola erinnya lya Mukama mu lunyiriri 13, olujuliza Yoweri 2:32 mu kitundu ekikwata ku kununula kwa Katonda eri aba Isirayiri abaafikkawo okuva ku balabe baabwe mu Kibonyoobonyo, nti entaputa erina okununulibwa okw’ekiseera ekigere, so si bulokozi obw’olubeerera. Kyokka, kirabika nti Yoweri 2:32 ajulizibwa ng’ennono ey’awamu nti Katonda ajja kununula (okulokola) abo abamukowoola nga bamusaba obuyambi, ekintu Pawulo kye yali asobola okukozeseza ddala ng’okumukoowoola olw’okuweebwa obulokozi obw’olubeerera.

Okwongera okuwagira endowooza yaabwe, abo abaagala entaputa y'Amazima B bannyonnyola okuva mu nsengeka eri mu lunyiriri olwe 14 nti okukkiriza n'okukoowoola erinnya lya Mukama bintu bya njawulo. Ensengeka ey'okudda emabega ekozesebwa mu lunyiriri olwe 14 olwogera *okukowoola*, *okukkiriza*, *okuwulira*, era *n'okubuulira* nga gy'obeera ekintu kimu kibaawo nga kyesigamye mu mitendera egiddiriŋŋana mu nsengeka ey'ebiseera. Mazima ddala waliwo ensonga ezitegeerekeka era ezigoberera ebiseera mu nsengeka y'olukalala luno, naye kiyinza okuba nga kitikka ekitundu amakulu agayitiridde obungi mu nsengeka y'ebiseera singa tulaba ebintu bino ng'ebyawuddwamu mu kiseera we bibeererawo. Anti era omuntu bw'aba abuulira, omuntu omulala abeera mu kiseera kye kimu ng'amuwuliriza, era bw'amuwuliriza, asobola okukkiriza mu kiseera kye kimu, era bw'akkiriza, mu kiseera kye kimu asobola okwegayirira Katonda amuwe obulokozi obutaggwaawo. Wabaawo okukwatagana kw'ebikolebwa. Okugeza, mu Yokaana 4:10 Yesu agamba Omusamaliya omukazi nti, "Singa wali omanyi ekirabo kya Katonda, era n'oyo akugamba nti, 'Mpa ku mazzi nnywe,' ggwe wandimusabye, era yandikuwadde amazzi amalamu." Okusaba mu butuufu ddala kabeera kabonero akalaga okukkiriza, ekintu ekiyinza okubaawo ng'omukazi ategedde ekirabo kya Katonda n'ekyo Kristo ky'ali. Okusinga kirimu mu ngeri ya kakodyo okusinga ensengeka y'ebiseera enkakali (ku by'okulabirako ebimu ku bikolebwa ebikwatagana, laba. Bik. 20:21; 26:18; Bar. 1:24-25; 4:5; 5:1-2).

Era kigambibwa nti mu Baruumi essuula 5, Pawulo yeeyongerayo okuva ku kukubaganya ebirowoozo ku butuukirivu okutuuka ku kutukuzibwa, n'olwekyo ekigambo *okulokolebwa* tekisobola kukozesebwa mu ngeri y'emu ku ky'okuweebwa *obutuukirivu*. Wadde nga kituufu nti okukubaganya ebirowoozo kwa Pawulo kweyongerayo mu maaso okuva ku butuukirivu okutuuka mu kutukuzibwa, kino tekimulemesa kuddamu okwogera ku ky'obutuukirivu bw'abeera yeetaaga okuggusa ensonga (laba 8:30, 33). Ensonga enkulu okuva 9:30 okutuuka ku ssuula 11 y'engeri ya butya Bannamawanga n'Abayudaaya gye bayinza okutuuka ku butuukirivu bwa Katonda. Ekikolwa *ky'okutuukirizibwa* (okuva mu *dikaioō*) kitegeeza *okulangiriwako obutuukirivu*, (okuva mu *dikaiosunē*), kale newankubadde *okutuukirizibwa* oba *okuweebwa obutuukirivu* teyogerwako mu bulambulukufu, endowooza y'okutuuka ku butuukirivu bwa Katonda etegeerekeka. Kya lwatu nti ekigambo "obulokozi" mu 1:16 eky'ennyanjula y'Abaruumi kizingiramu okuweebwa obutuukirivu nga kw'otadde n'okutukuzibwa okusinziira nga bwe kiraga omulamwa gw'ebbaluwa.

Ensonga esinga okutegeerekeka amangu efugibwa bulungi okukubaganya ebirowoozo ku ky’okugezaako kw’Abayudaaya okuteekawo obutuukirivu bwabwe mu maaso ga Katonda (Bar.10:1-3), era okweraliikirira kuno kwe kufuga ennyiriri 9-13 eziddiria. Okukkiririza mu njiri era y’ensonga eri mu nnyiriri 14-17. Olw’emiramwa egy’amangu era eminene egyetoloolera mu 10:9-10, nsinga kwagala ntaputa eyookubiri ey’Amazima A ng’ate bwe nsiima ensonga n’ekigendererwa ky’entaputa y’Amazima B.

Katonda tayagala kukalubya nsonga za bulamu obutaggwaawo, oba okuba nga tetegeerekeka bulungi, oba okutondawo emiziziko okubufuna. Ayagala obulokozi okubufuula nga bwangu era nga bufunibwa mu ngeri ennyangu nga bwe kisoboka. Ekyo ky’ekiraga obukulu bw’okwagala kwe n’ekyewuunyo ky’ekisa kye. Abantu bangi bamanyi ensonga za Baibuli ezikwata ku Yesu Kristo, era n’ebikwata ku enjiri, naye tebakkiririzangako mu Yesu Kristo ng’Omulokozi *waabwe yennyini*. Enjiri eri “kumpi ku lulimi lwabwe.” Tebalina kufuba mu ngeri yonna okugizuula —bagimanyi ebbanga lyonna; kye beetaaga kyokka kwe kutwala ekisuubizo kyayo nga bo kinnoomu. Ekitundu kino kiyinza okuba nga kyogera *naawe*?

## Emirimu egyokebwa. 1 Abakkolinso 3:11-15

> 11*Kubanga tewali muntu ayinza kuteekawo musingi mulala wabula ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo.* 12*Naye omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwo zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi, ebisasiro;* 13*omulimu ogwa buli muntu gulirabibwa, kubanga ku lunaku luli omuliro guligwolesa, n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwe gufaanana.*
> 14*Omulimu ogwa buli muntu gwe yazimbako bwe gulisigalawo, aliweebwa empeera.* 15*Omulimu ogwa buli muntu bwe gulyokebwa, alifiirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro.*

> Entaputa y’Amazima A: Abeeyita Abakristaayo emirimu gyabwe gijja kugezesebwa obulamuzi bwa Katonda mu biseera eby’omu maaso era abamu bajja kukakasa nti tebaali balokole, oba bajja kuba balina okubonaabona n’okulongoosebwa n’omuliro okusobola okulokolebwa.

> Entaputa y’Amazima B: Emirimu gy’abakkiriza gijja kugezesebwa obulamuzi bwa Katonda mu biseera eby’omu maaso, olwo emirimu egitasaanira giryoke gyokebwe naye emirimu emirungi girisasulirwako empeera.

Ebigambo “omuliro,” “okwokya,” era“n’okufiirwa” bisika ekitundu kino okubeera mu mutendera ogw’Amazima A eri bangi. Bakiraba ng’okunnyonnyola kw’ensala y’omusango esindika abantu mu ggeyeena kubanga emirimu gyabwe egitasaana gikakasa nti tebaali balokole. Enzikiriza y’Abakatoliki ab’Erooma erina engeri ey’enjawulo gy’ekirabamu; bbo bakitegeere ng’omuliro, ng’ekibonerezo ekirongoosa, kye bayita Puligaatooli. Oluvannyuma lw’ekiseera ekimala mu Puligaatooli, nga basasulira ebimu ku bibi byabwe, oluvannyuma abakkiriza abo bajja kugenda mu ggulu.

Obuzibu obuli mu ndowooza zino zombi kwe kuba nti zifuula ssaddaaka ya Yesu Kristo n’okusasulira kwe ebibi byaffe okubeera ebitamala. Singa abantu bano emirimu gyabwe egyayokebwa batwalibwa ng’abatali balokole olw’obutasaanira bw’emirimu gyabwe, olwo emirimu gibeera gifuuse ekyetaagisa eri bo okuweebwa obulokozi bwabwe. Emirimu gino si gye gikulembezebwa mu kusooka kw’okwaniriza enjiri, naye gibinikibwa ku nkomerero y’obulamu bw’omuntu. Omuliro gw’ensala ya Katonda bwe gugigezesa, gisangibwa nga tegimatiza era ne gyokebwa.

Ebizibu ebiri mu kutaputa kuno okw’Amazima A tebiri ku biyigirizibwa ku Katonda byokka naye kw’ebyo Baibuli by’eyigiriza. Nga bwe kyayogeddwako, endowooza eno ekontana n’enjigiriza ya Baibuli nti tulokoka olw’ekisa okuyita mu kukkiriza nga si lwa bikolwa. Obwetaavu bw’ebikolwa ebirungi ku nkomerero y’obulamu bw’omuntu tebulina njawulo na bwetaavu bwabyo ku ntandikwa y’okwaniriza enjiri. Mu ngeri yonna, okwemalirira kwa Kristo ng’adda mu kifo kyaffe n’okutangirira kwe ku lw’ebibi byaffe kubeera kuwakanyizibwa.

Okusinziira ku ndowooza ya Baibuli, bwe tutunuulira ebikwata ku kiwandiiko, tulaba ebizibu ebirala. Ekisooka, Pawulo ayogera n’abakkiriza era ng’obulokozi bwabwe tabuusabuusa wabula abukakasa (1 Kol. 1:2, 4, 9; 3:16; 4:14; 6:11, 15, 19-20; 11:1; 12:13; 15:1-2). Mu butuufu, akkirizza nti omusingi gwabwe ye Yesu Kristo. Ekyokubiri, emirimu egitasaanira gye giyokebwa, so si muntu. Ekyokusatu, wadde ng’omuntu emirimu gye gyokeddwa, ku nkomerero ya byonna ye alokolebwa (oluny. 15).

Waakiri ofundako n’endowooza y’Abakatoliki ab’e Rooma eraba omuntu oyo ng’alina emirimu egitasaana, naye nga ku nkomerero alokolebwa. Naye ekkubo lye bayitamu okutuuka mu ggulu kye kizibu. Singa omuntu alina okubonaabona olw’ebibi bye mu Puligaatori, olwo ekyo kiba kiwakanya ssaddaaka ya Kristo okubeera ng’emala okubikka ku bibi byaffe byonna. Okufaananako n’endowooza eyasooka, kifuula emirimu okuba ekitundu ekikulu ekiteebeereka eky’obulokozi. Era kibuusa amaaso mazima agagamba

nti emirimu gye gyokebwa so si muntu oyo. Tewali kintu kyonna mu kiwandiiko ekigamba nti omuntu oyo aweebwa ekibonerezo ekimulongoosa oba atuusibwako obulumi obw'engeri yonna.

Kino tekiwakanya bibi ebiyinza okuva mu bulamu obw'okweyisa obubi. Omusango ogutunuuliddwa wano si musango oguliba mu maaso g'Entebe Enjeru Ennene oluvannyuma lwa Kristo okudda — omusango ogwo gw'abatakkiriza bokka (Kub. 20:11-15). Ensala eno ye y'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango eri Abakristaayo bonna era ng'Abakristaayo bokka be bagenda okusalirwa omusango okusinziira ku ku bikolwa byabwe. Abamu bakikkiriza nti kino kibaawo mu kufa kw'omukkiriza, abalala nti mu kudda kwa Kristo okunona ekkanisa, abamu nti mu kiseera ky'Ekibonyoobonyo, oba ku ntandikwa y'obwakabaka obw'emyaka olukumi. Mu mbeera yonna, omuliro gukwatagana n'ensala eno kubanga oluusi gukozesebwa ng'akabonero k'okugezesa kwa Katonda n'okugezesa okw'okwekkenneenya (laba Is. 66:16; Zek. 13:9; Mal. 3:2; 1 Peet. 1:7; Kub 3:18). Waliwo ebizibu ebirituuka ku Bakristaayo abo abatambulira mu bulamu obutali bwa buvunaanyizibwa. Mu kitundu kino, emirimu gye baliba bakoze, oboolyawo olw'ebigendererwa ebikyamu, giriyokebwa. Tewali mpeera yonna eribaweebwa mu ggulu, empeera eriweebwa abo bokka abalina emirimu egisaanira era egyagezesebwa ne gigumira omuliro okugeza, zaabu, ffeeza, n'amayinja ag'omuwendo. Kino mazima ddala kiba kitegeeza okwejjusa eri abo ng'emirimu gyabwe gyasuulibwa. Naye kisukka okubikkulirwa kwa Baibuli ffe okugamba nti bo bennyini bajja kwokebwa mu ngeri ey'obulumi.

Entaputa y'Amazima B ey'ekitundu kino eyigiriza ennono enkulu eri Abakristaayo bonna. Katonda atuvunaana olw'ebyo bye tukola, engeri gye tubikolamu, era na lwaki. Ebikolwa byaffe bwe biba bisaanidde, tujja kutereka eby'obugagga mu ggulu (Mat. 6:19-21). Bwe kitaba bwe kityo, tujja kufiirwa empeera yaffe. Bino byonna bijja kusalibwawo okwekenneenya okukulu ddala okuyitibwa Entebe ya Kristo kw'alisalira Omusango, eyo ffenna gye tulirabikira nga tuwa embalirira ku bulamu bwaffe. Oli mwetegefu okuwa embalirira ku bulamu bwo?

## Mumuweeyo eri Setaani. 1 Abakkolinso 5:1-5

3*Nze newaakubadde nga siri eyo nammwe mu mubiri, naye nga bwe ndi
nammwe mu mwoyo, omuntu eyakola ekyo mmaze okumusalira omusango
okumusinga.* 4*Mu linnya lya Mukama waffe Yesu, mukuŋŋaane nga nange ndi
nammwe mu mwoyo n'amaanyi ga Mukama waffe Yesu nga gali nammwe.*
5*Omuntu ng'oyo mumuweeyo eri Setaani omubiri gwe guzikirizibwe, Omwoyo
gwe gulyoke gulokolebwe ku lunaku lwa Mukama waffe.*

> Entaputa y'Amazima A: Omwonoonyi mu kkanisa alina okwanikibwa ng'omuntu atakkiriza asobole okwenenya era n'okulokolebwa.
>
> Entaputa y'Amazima B: Omwonoonyi eyalokoka ng'ali mu kkanisa yandibadde ateekebwa wansi w'okukangavvulwa kwa Katonda asobole okwenenya n'okununulibwa awone okusingisibwa omusango ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Kizibu okulowooza nti omukkiriza yandikoze ng'omusajja ono bwe yakola—okwegatta ne nnyina omuto (1 Kol. 5:1). Eyo y'emu ku nsonga erowoozesa abangi nti omusajja ono teyali mulokole. Ensonga endala eva ku kya Pawulo okugamba ab'ekkanisa y'e Kkolinso okuwaayo omusajja ono eri Setaani azikirize omubiri gwe, bangi kye batwala ng'ekyogera ku kusindikibwa mu ggeyeena.

Wadde nga kizibu okulowooza ku kibi ng'ekyo, amazima n'ebyafaayo bya Baibuli bitugamba nti Abakristaayo kino basobola okukikola era n'okukola ekisingawo obubi. Entaputa y'Amazima B omusajja ono emubala okuba nga mulokole, era eno y'ensonga lwaki. Ekisooka, Pawulo awandiikira ab'ekkanisa mu Kkolinso ng'ayogera ku omu ku bo, kale waliwo ekiraga nti o musajja ono yali Mukristaayo. Wabula ekyo kyokka tekitegeeza nti yali yalokolebwa. Naye kyeyoleka bulungi okuva mu kitundu kino nti ab'omu kkanisa nabo baali boonoonyi mu ngeri gye bakwatamu ensonga z'omusajja ono, wadde yalina omusango mu ngeri etegeerekeka naye bamuwagiranga (oluny. 2). Obujulizi obulala obulaga nti Pawulo amutwala nga yali mulokole buli mu lunyiriri 5: ekigendererwa ky'ebiragiro bya Pawulo ebikwata ku ngeri y'okukwatamu ensonga z'omusajja oyo, "Omwoyo gwe gulokolebwa ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu." Kino tekitegeeza nti ekibonerezo kye kye kijja okumulokola, naye nti okwekenneenyezebwa kwe ku Ntebe ya Kristo kw'alisalira Omusango ("olunaku lwa Mukama waffe Yesu") kuleme kubeera kw'akatyabaga kereere. Omwoyo gw'omusajja oyo gujja kununulibwa okuva mu kufiirwa empeera yonna. Ekirala ekiraga nti omusajja ono yalokoka kiva mu lunyiriri olwe 11 awali okujuliza okwekulungirivu okugamba nti "omuntu yenna ayitibwa ow'oluganda" (NASB ekozesa ekigambo "eyeeyita ow'oluganda" nga kitegeeza nti yeeyita ky'atali, naye enzivvuunula eyo yataputibwamu era tebavvuunula bulungi olulimi olwasooka). Nti Pawulo yandikozesezza ekigambo ng'ekyo ku Mukristaayo kirabika bulungi mu lunyiriri olwe 12 bw'amussa mu ttuluba

ng'omu ku bali "munda" mu kkanisa, okwawukana ku abo abalabika obulungi nti si balokole nga bali "bweru" w'ekkanisa.

Okugonjoola ekizibu kino mu kkanisa y'e Kkolinso kusangibwa mu 2 Abakkolinso 2:1-11. Eyo, tulaba ng'okukangavvula kw'ekkanisa kwakola; omusajja yeenenya era n'atuuka n'okunakuwala ekisusse. Pawulo n'akubiriza ekkanisa okumusonyiwa Setaani aleme kumuzitoowereza musango. Tewali kiraga wano nti omusajja oyo yalokoka okuyita mu kibonerezo kino; wabula yazzibwawo mu nneeyisa esaanira, nga bulijjo ekyo ky'ekigendererwa ky'ekkanisa okukwasisa empisa.

Nga twetegereza ebintu bino, ekiteeso ky'okuwaayo omwonoonyi eri Setaani olw'okuzikirizibwa kw'omubiri tukikola tutya? Kino kyogera ku kkanisa okugoba omuntu mu bukuumi bw'okussa ekimu n'abe'ekkanisa (era ob'olyawo ne mu ssaala zaabwe). Mu mwoyo gwa Mat. 18:17-20, omuntu ono ekkanisa ebeera emuyisa ng'atali mukkiriza. Ekyo tekitegeeza nti bo balowooza nti si mukkiriza, naye kitegeeza nti takyasobola kukolagana na kkanisa ng'Omukristaayo ali mu mbeera ennungi. Okuzikirizibwa kw'omubiri oboolyawo kitegeeza ebizibu ebirabika ebiva mu nneeyisa embi, bye tumanyi Setaani by'asobola okuleeta (laba Yobu essuula 1-2), wadde ng'abamu balowooza nti kiyinza okutegeeza okuzikirizibwa kw'empisa z'omubiri ez'ekibi ez'omusajja. Ekintu kimu kikakafu, tewali muntu oba kkanisa erina buyinza kusindika muntu atakkiriza mu ggeyeena; ekyo kiri mu buyinza bwa Katonda yekka.

Okukangavvula kw'ekkanisa okusobola okukola amakulu ku musajja ono, alina okubalibwa ng'Omukristaayo. Bwe kitaba ekyo, ebiragiro bya Pawulo tebyandikomye ku kya kumugoba mu kukuŋŋaana kwokka, naye era n'okumubuulira enjiri asobole alokolebwa. Ekigendererwa ky'okukangavvula kw'ekkanisa si kufuna boonoonyi abatalokolebwanga okulokolebwa, naye okufuna aboonoonyi abalokole okuzzibwawo mu nneeyisa egwanira.

Oboolyawo amaanyi n'emiganyulo gy'okukolagana kwaffe n'aboluganda ebiba mu kkanisa yaffe ey'omu kitundu tubitwala ng'ekintu ekitali kikulu. Mu bifo ddala nga tewali makanisa malala (nga mu Kkolinso), okugobebwa mu mu kkanisa kyalinga kibonerezo ky'amaanyi. Ng'omukristaayo ayonoonye talina w'agenda kuyambibwa, kusabirwa, n'okubudaabudibwa obuweereza bw'Ekigambo. Wadde ng'amakanisa matono agakola okukangavvula leero, nze ndowooza nti mangi gandikikoze. Mazima ddala, omwonoonyi ayinza okumala gagenda mu kkanisa endala (ekintu ekyangu okukola mu buwangwa bwaffe obw'Abamerika), naye ekyo tekisaanye kuggyawo obuvunaanyizibwa bwa Baibuli obw'ekkanisa okuvumirira ekibi n'okutumbula obutukuvu nga tukangavvula mu ngeri ey'okwagala, ey'obukkakkamu, ey'okuzzaawo enneeyisa esaanira era ey'omwoyo.

**Tajja kusikira bwakabaka obw'omu ggulu. 1 Abakkolinso 6:9-11 (laba. Abaggalatiya 5:19-21; Abeefeso 5:3-5)**

> 9 *Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza baKatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde abalya ebisiyaga,* 10*newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda.* 11 *Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abo abamanyiddwa mu kukola ekibi tebajja kuyingira mu ggulu.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza aboonoona tebajja kunyumirwa mpeera eziri mu bwakabaka.
>
> Entaputa Eyokubiri ey'Amazima B: Abakkiriza tebalina kwonoonona ng'abantu abo abatali balokole.

Ebitundu bino ebisatu bikwatibwa wamu kubanga obubaka bulabika nga bwe bumu. Abo abakola ebibi bino tebajja "kusikira bwakabaka bwa Katonda." Enkalala z'ebibi za njawulo mu buli kitundu, n'obuzibu bw'ebibi bwawukana okuva ku butemu okutuuka ku buggya. Abo abakkiririza mu ntaputa y'Amazima A batwala ebitundu bino okuba nga bitegeeza nti Abakristaayo abakola ebintu bino bajja kufiirwa obulokozi bwabwe oba nti abantu abakola ebintu bino bakakasa nti tebalokolebwangako mu kusookera ddala. Mu ngeri ezo zombi, baggyibwa mu ggulu oba mu bwakabaka bwa Katonda nga basinziira ku nneeyisa yaabwe ey'ekibi. Entaputa eno ekontana n'obulokozi bwe tufuna olw'ekisa, ekitegeeza nti, tebufunibwa lwa kufuba kwa muntu.

Ebibuuzo ebisinga obukulu eby'okutaputa bye bino: kitegeeza ki "okusikira obwakabaka bwa Katonda," era Pawulo ayogera n'ani? Mu ntaputa y'Amazima B esooka, abamu bagamba nti endowooza y'okusikira obwakabaka bwa Katonda kisukkako ku ky'okuyingira

obuyingiza ku bwakabaka kyokka; anti omuwandiisi tagamba nti, "*tebaliyingira* mu bwakabaka bwa Katonda." Bandyogedde nti okusikira kwogera ku kunyumirwa empeera mu bwakabaka, gamba ng'okufugira awamu ne Yesu Kristo. Mu ntegeera eno, abakkiriza aboonoona ng'abatali bakkiriza bajja kufiirwa empeera yaabwe mu bwakabaka bwa Katonda. Waakiri endowooza eyo ekiraba nti Pawulo yali awandiikira abakkiriza. Kyokka, ekirowoozo ky'okusikira obwakabaka bwa Katonda kitegeerekeka bulungi wano ng'okuyingira mu bwakabaka. Tusobola okulaba engeri ekirowoozo ekyo eky'okufuna obulamu obutaggwaawo gye kikozesebwa mu ngeri y'emu n'okusikira obwakabaka bwe tugeraageranya Matayo 19:16 n'ebiwandiiko ebifaanagana mu Makko 10:17 ne Lukka 18:18. Endowooza y'okusikira obwakabaka teyaliimu kya kuyingira mu bwakabaka kyokka, naye era n'okunyumirwa empeera yabwo, kubanga tewali alowooza ku kya kuyingira bwakabaka nga tagenda kunyumirwa miganyulo gyabwo mu kigera ekimu.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima B nayo etwala ebitundu bino ng'amazima agakwatagana n'abakkiriza. Mu kitundu kya 1 Abakkolinso 6, kyangu okulaba embeera y'Omwoyo ey'abasomi b'ebbaluwa. Kya lwatu nti bano baali bakkiriza kubanga Pawulo abagamba nti balina okulamulira ensonga mu kkanisa n'abanenya olw'okutwala "ow'oluganda" mu maaso ga "abatakkiriza" mu nkola y'embuga (1 Kol. 6:1-8). "Abatali batuukirivu" mu lunyiriri olwo 9 bandibadde "abatali batuukirivu" be bamu abatakkiriza aboogerwako mu lunyiriri 1 ne 6, kale enjawulo eri wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza. Oluvannyuma lw'okuwandiika ebibi by'abatakkiriza bano abatagenda kusikira bwakabaka bwa Katonda, agamba nti "N'abamu ku mmwe mwali bwe mutyo. Naye kaakano mwanaazibwa . . . mwatukuzibwa . . . mwaweebwa obutuukirivu" (1 Kol. 6:11). Enjawulo eno eriko ebigambo eby'amaanyi ekola nnyo amakulu bw'aba ng'alaga enjawulo ey'ekifo ky'Abakkolinso abaalokolebwa (ebikolwa ebisatu biri mu kiseera ekitaliiko kye bikola nga biggumiza ekifo kyabwe) n'ekifo kyabo abatali balokole.

Ekitundu ky'Abaggalatiya 5 nakyo kyawandiikibwa mu ngeri etegeerekeka eri Abakristaayo abasomi b'ebbaluwa. Pawulo abakubiriza 'okutambulira mu Mwoyo' baleme okutuukiriza okwegomba kw'omubiri. Buli kimu kw'ebyo byombi kisoboka eri Abakristaayo (Bag. 5:16). Olwo n'awandiika olukalala lw'ebibi eby'omubiri n'amaliriza ng'agamba nti abo abakola ebintu ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda. Tusaanidde okutegeera enjogera "okusikira obwakabaka bwa Katonda" mu ngeri y'emu nga bwe tugitegeera mu 1 Abakkolinso 6:9.

Ensonga efugira mu Beefeso 5 y'enneeyisa "esaanira ku lw'abatukuvu" (Bef. 5:3). Enjawulo eriwo wakati w'abakkiriza

n'abatakkiriza emanyiddwa nnyo mu 5:1-18. Abasomi b'ebbaluwa balina okweyisa ng'abantu abapya abali mu Kristo, ne bateeyisa ng'abo abatalina Kristo. Kubanga kaakati baava mu kizikiza ekyo, "Batambula ng'abaana ab'ekitangaala" (Bef. 5:10). Kale tulina enjawulo y'emu ku nneeyisa y'omukkiriza n'enneeyisa y'oyo atali mukkiriza.

Mu bitundu byonna ebisatu, obubaka bwa Pawulo eri Abakristaayo abasomi b'ebbaluwa ze mu bufunze bwe buno: Temweyisa ng'abo abatagenda kuyingira mu ggulu, abatali Abakristaayo. Enneeyisa ey'ekibi ng'eyo tekwatagana n'ekifo ekipya eky'omukkiriza era n'ekyo ekipya ky'ali. Entaputa zombi ez'Amazima B zikola amakulu mangi okusinga entaputa y'Amazima A egamba nti Abakristaayo abeeyisa obubi bajja kufiirwa obulokozi bwabwe, oba nti enneeyisa embi ekakasa nti abantu bano tebaali balokole. Obulokozi bw'abasomi tebubuusibwabuusibwa mu bitundu bino byonna, kale n'olwekyo kikwatagana bulungi nnyo n'Amazima B. Nze nsinga kwagala ntaputa eyookubiri ey'Amazima B.

Kiyinza okuba ekizibu okukikkiriza nti Abakristaayo bayinza okweyisa ng'abatemu, abenzi, n'ebirala ng'ebyo, naye bye tulabyeko mu bulamu ne mu Baibuli byombi bijulira nti bino bibaawo. Kabaka Dawudi yatta n'ayenda, era n'omusajja ali mu 1 Abakkolinso 5 yeegatta ne nnyina omuto. Nze ng'omusumba era Omukristaayo mbaddeko n'abakkiriza abaali bakozeeko ebibi eby'entiisa. Abakristaayo abeeyisa bwe batyo tebalina njawulo n'abatakkiriza abasibiddwa- nga beetooloddwa ggeyeena. Kigwanira okubaawo enjawulo ennene wakati w'enneeyisa y'abakkiriza n'abo abatali bakkiriza.

**Si kulwa nga nfuuka atasiimibwa. I Abakkolinso 9:27**

> *Naye mbonereza omubiri gwange ne ngufuula omuddu wange, si kulwa nga mbuulira abalala Enjiri, ate nze nzennyini ne sisiimibwa.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omuntu bw'aba teyeefuga, aba tajja kugenda mu ggulu oba ajja kufiirwa obulokozi bwe.
>
> Entaputa y'Amazima B: Omuntu bw'aba tamanyi kwefuga, aba tajja kuweebwa mpeera.

Emu ku ngeri ey'amangu ey'okuzuulamu oba nga gano Mazima A oba Mazima B kwe kutegeera kye kitegeeza "obutasiimibwa" (*adokimos*). Ekigambo kitegeeza *obutakakasibwa*, era tekitegeeza kuggyibwako bisaanyizo bikuyingiza mu ggulu, obutalokolebwa, oba okusindikibwa mu ggeyeena. Pawulo atuuka n'okulaga nti ayinza obutasiimibwa. Pawulo yali abuusabuusa eky'okugenda kwe mu ggulu?

Kino bwe kiba nga kyogera ku nkomerero y'omuntu ey'olubeerera, olwo kifuula enneefuga-y'omuntu okubeera akakwakkulizo akamuweesa obulokozi. Obulokozi olw'ekisa tebukkiriza muntu kubukolerera oba okukuuma obulokozi nga tuyita mu kwefuga okw'amaanyi. Ekisa ekitulokola kituggyako okwefubako, kale kino tekiyinza kubeera ky'Amazima A.

Omulamwa gulaga lwaki gano ge Mazima B. Pawulo awandiikira abakkiriza mu kkanisa y'e Kkolinso era kino akikozesa ne ku ye kennyini ng'Omukristaayo. Tewali mu Ndagaano Mpya gye tusanga Pawulo ng'alaga okubuusabuusa ku ky'okumanya oba nga yalokoka oba ng'ajja kusigala nga mulokole, era naffe tetulina we tukirabira. Akozesa eky'okulabirako ky'abaddusi mu mpaka abavuganya ku "kirabo" (oluny. 24) ku "ffe" abavuganya ku "ngule etavunda" (oluny. 25). Ono yeegatta n'Abakristaayo abasomi b'ebbaluwa nga beebo abalina okwekwasisa empisa okusobola okufuna empeera yaabwe.

Kyandibadde kyewuunyisa era nga si kyabulijjo okujuliza obulokozi oba eggulu nga "ekirabo eky'omuwanguzi" oba "engule etavunda." Kino kya butonde okukitwala ng'ekirabo ekyo ekiteekwa okuwangulwa, oba empeera efunibwa. Ebirabo eby'okukolerera n'empeera biweebwa abo ababikolerera, kale kino tekiyinza kuba nga kyogera ku bulokozi, obutuweebwa ng'ekirabo eky'obwereere. Pawulo talaga mpeera ki kubanga eyo si y'ensonga ye. Ali mu kubuulirira n'okukubiriza abasomi b'ebbaluwa ye okwefuga.

Okuva bwe kiri nti empeera etunuuliddwa tugitegedde, kati tusobola okutegeera kye kitegeeza okubeera "atasaanira." Kitegeeza okulemererwa okuwangula ekirabo, obutakakasibwa kutwala kirabo. Mu mpaka, ekirabo kitera kugenda eri abo abasinga okukola ennyo era ne abeefuga mu ngeri enkakali nga beewaayo mu kutendekebwa n'okugondera amateeka g'empaka. Eyo y'ensonga ya Pawulo. Okunyweza ensonga ye, agenda mu maaso mu ssuula 10 okulaga engeri Abayisirayiri gye bateefugamu, Katonda kye yava abakangavvula mu ddungu; Katonda yabaggyako emikisa gye.

Ng'Abakristaayo, ffenna tufunye ekirabo ky'obulokozi olw'ekisa, naye ffe tukyasobola okukolera ekirabo eky'abawanguzi. Okwefuga kijja kutukuuma nga tetwenyigira mu nneeyisa ey'ekibi etuleetera obutasiimibwa, nga kye kintu ekitummisa ekirabo ky'abawanguzi. Wadde ng'ekitundu kino tekitunnyonnyola nkula ya kirabo yennyini, kitumala okumanya nti Katonda ajja kutuwa empeera olw'okufuba kwaffe.

**Singa muginywererako. 1 Abakkolinso 15:1-2**

1*Abooluganda, mbajjukiza Enjiri gye nababuulira era gye*

*mwakkiriza era gye munywereddemu.* [2] *Mulokolebwa lwa Njiri eyo gye nababuulira, bwe muginywererako, naye bwe kitaba bwe kityo – muba mwakkiririza bwereere.*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu alina okugumiikiriza mu kukkiriza okusobola okulokolebwa.

Entaputa y'Amazima B: Omuntu alina okugumiikiriza mu kukkiriza okusobola okutambulira mu miganyulo gy'obulamu obupya egijjudde egiweebwa mu njiri.

Okusobola okutaputa obulungi ekitundu kino, twetaaga okujjukira nti ekigambo *obulokozi* oba *okulokolebwa* buli kiseera tekitegeeza bulokozi obutaggwaawo obw'okuwona ggeyeena. Abakkolinso baalokoka okuva mu ggeyeena bwe baawulira enjiri ya Pawulo ne bagyaniriza, ne bafuna obutuukirivu bwa katonda. Kaakati Pawulo asobola okugamba nti bayimiridde mu bulokozi bwabwe, mu kwekakasa, n'essuubi. *Ekifo* kyabwe kiri gguluggulu. Kyokka, *obulamu* obw'okusumululwa mu bintu eby'enjawulo (okulokolebwa) olw'okuweebwa enjiri y'emu kwesigamye ku kunywerera kwabwe mu mazima.

Ekigambo *okulokolebwa* olwo kiba kikozesebwa okunnyonnyola obulamu obw'okutambulira mu mazima g'enjiri nga geesigamiziddwa ku kufa n'okuzuukira kwa Kristo (1 Kol. 15:3-4), okwo kwe kutukuzibwa kwabwe. Okufa n'okuzuukira kwa Kristo tekikoma kubeera musingi gwokka ogw'obulokozi bwaffe okuwona ggeyeena, wabula gwe musingi gw'ekifo kyaffe n'olugendo lw'obulamu bwaffe ng'Abakristaayo. Mu Abaruumi 6:3-8, Pawulo annyonnyola okwegatta kw'omukkiriza ne Kristo ng'omusingi gw'obulamu obw'obuwanguzi eri ekibi. Nga Kristo bwe yafa n'azuukira, bwe tutyo naffe abali mu ye twafa eri ekibi ne tuzuukizibwa wamu naye okutambulira mu bulamu obuggya (Bar. 8:11-13).

Tewali muntu yenna ayinza kununulibwa mu kibi n'atagenda mu maaso na kutambulira mu kufa n'okuzuukira kwa Kristo ebiyigirizibwa mu njiri. Kino Pawulo kyayogerako kitegeeza nti "bwe munywerera mu kigambo ekyo kye nnababuulira." Kino si kye kintu ekirowoozebwa okumalirizibwa oba embeera eteeberezebwa okubaawo, naye ekintu ekya ddala ekyabaawo (Embeera y'Oluyonaani ey'eddaala erisooka tewagira nzivvuunula ya"singa" okuba nga "okuva bwe kiri"). Ekikolwa ekitegeeza "okunywerera" (*katechō*) kikozesebwa mu Ndagaano Empya nga kikwatagana n'Obulamu bw'Omukristaayo bw'atambuliramu mu kutukuzibwa (laba. Luk. 8:15; 1 Bas. 5:21; Beb. 10:23).

Ekikyamu kyonna ekibuulirwa mu njiri oba enkwatagana yaffe n'okufa n'okuzuukira kwa Kristo kivaamu obulamu bw'Ekikristaayo obuliko obulema. Mu bigambo ebirala, singa Abakkolinso tebagenda mu maaso na kunywerera ku njiri Pawulo gye ya babuulira, bandibadde 'bakkiririza bwereere' kubanga okukkiriza kwabwe okwasooka mu njiri tekwandivuddemu kutambulira mu bulamu obw'okutukuzibwa. Ekigambo "kwa bwereere" (*eikē*) kitegeeza *obutaliimu* era kitegeeza nti enjiri gye bakkiriza olw'obulokozi teyandivuddemu kigendererwa kyayo mu bo—nga kwe kutukuzibwa. Abamu balowooza nti ebigambo "okuggyako nga mwakkiririza bwereere" bitegeeza nti Abakkolinso baali basobola okukkiriza enjiri eyali eriko obulemu, eyali ewakanya okuzuukira. Naye Pawulo yali yaakamala okugamba nti bano baali bakkiriza enjiri ye gye yaweebwa, nga muno mwe mwali okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo.

Entaputa y'Amazima A nnafu mu bintu ebiwerako. Ekisooka, mu ngeri enkakali ennnyonyola "okulokolebwa" ng'okulokolebwa okuva mu ggeyeena. Ekyokubiri, ebuusa amaaso ensengeka y'ekirowoozo ekigamba nti: Pawulo yabuulira enjiri, Abakkolinso ne bagifuna, era nabo kati gye bayimiriramu. Ekisigadde kwe kulaba obulokozi obwo mu ngeri gye bugenda mu maaso, bwe kityo Pawulo akozesa ekiseera ky'emboozi ekiriwo kati "mulokolebwa." Singa Pawulo yali ategeeza kulokolebwa okuva mu ggeyeena, yandibadde ayogedde nnyo ku butuukirivu bwabwe obw'emabega ng'agamba nti "mulokolebwa," era singa yali ayogera ku bulokozi ng'ekintu eky'ebiseera eby'omu maaso ekinaava mu butuukirivu bwabwe n'okugumiikiriza mu kukkiriza, yandibagambye nti "mujja kulokolebwa."

Entaputa y'Amazima A nayo enywerera ku mazima oba okugumiikiriza ng'akakwakkulizo k'obulokozi obutaggwaawo kubanga tewalina kubaawo kikyamu oba okuseeseetuka okuva ku mazima ago. Bwe tutambulira ku ntaputa eyo, essuubi lyonna ery'obukakafu libeera ligenze kubanga tewali amanyi oba ng'anaanywerera mu mazima g'Ekigambo kya Katonda olubeerera. Endagaano Empya erina eby'okulabirako bitono nnyo eby'abakkiriza ababivaamu oba abalibivaamu (1 Tim. 4:1-3; 5:14-15; 6:20-21; 2 Tim. 1:15; 2:17-18; 24-26; 4:10, 14-16).

Tekyewuunyisa nti Pawulo enjiri agikulembeza bw'agamba nti: "Nze nasooka bonna okubatuusaako enjiri" (1 Kol. 15:3; Baibuli ezimu kino zikivvuunula ng'ekyo "ekisinga omugaso"). Tulina okutegeera enjiri mu butuufu bwayo okusobola okulokolebwa (okuva mu kibonerezo ky'ekibi — okulokolebwa okuva mu ggeyeena), naye era tulina okufuna enjiri entuufu okusobola okweyongera okulokolebwa (okuva mu bizibu ebiva

mu kibi). Okununulibwa Katonda kw'ayagala gye tuli si kuva buvi mu kibonerezo ky'ekibi kwokka (okuweebwa kwaffe obutuukirivu), naye era n'okuva mu maanyi g'ekibi (okutukuzibwa kwaffe). Ng'Abakristaayo, kikulu nnyo okutegeera kye kitegeeza okwegatta ne Yesu Kristo mu kufa kwe n'okuzuukira kwe. Singa tetutabulatabula njiri, n'okutambula kwaffe tekujja kubaamu kavuyo.

## Yagala Yesu oba si ekyo okolimirwe. 1 Abakkolinso 16:22

*Obanga waliwo atayagala Mukama, akolimirwe. Ayi Mukama waffe Yesu, jjangu!*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu atayagala Katonda akolimiddwa n'okuzikirira okw'olubeerera.

Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza atayagala Katonda abeera wansi w'ekikolimo kya Katonda mu bulamu buno.

Singa kitwalibwa ng'Amazima A, omuntu atayagala Katonda tayinza kulokolebwa, afiirwa obulokozi bwe, oba akakasa nti talokolebwangako. Mu ndowooza eno, ekikolimo (*anathema*) kitegeeza ekikolimo oba ggeyeena ey'olubeerera.

Ekigambo *anathema* kitegeeza *okubeera wansi w'ekikolimo* kya Katonda. Nga bwe kiri ne ku bigambo bingi mu Baibuli, obutonde bw'ekikolimo ekyo bulina okusalibwawo omulamwa ogwogerwako. Erinnya *anathema* likozesebwa emirundi mukaaga mu Ndagaano Empya. Liyinza okutegeeza ekikolimo eky'olubeerera mu Baruumi 9:3, naye kyeyoleka bulungi nti Pawulo alaga okwagala kwe okungi eri Bayudaaya banne okulokolebwa, ne kiba nti ye yandibadde mwetegefu 'okukolimirwa okuva eri Kristo,' ekyeyoleka obulungi ng'okufiirwa enkolagana ye ne Kristo (bwe kiba nga kisoboka). Mu 1 Abakkolinso 12:3, omuntu asobola okuyita Yesu "omukolimire," naye kizibu okumanyira ddala ekyo kye kitegeeza. Ekirala ekisangibwa mu Bikolwa 23:14 kikozesa enkola y'ekikolwa n'erinnya ery'ekigambo okutegeeza *okusiba n'ekirayiro*, nga kyeyoleka bulungi nti si kwe kuzikirira okw'olubeerera. Kikozesebwa emirundi ebiri mu Baggalatiya 1:8-9 ng'akabi akayinza okubaawo eri omuntu yenna abuulira enjiri ey'obulimba. Okuva Pawulo bw'azingiramu ye kennyini ne bamalayika abayinza okukibaamu, kino tekirabika kutegeeza kuzikirira okw'emirembe gyonna (wadde nga NIV ekivvuunula mu ngeri eyo). Kisoboka Abakristaayo okunywerera ku njiri ey'obulimba—Abaggalatiya baali mu nteekateeka y'okukyukira enjiri ey'enjawulo (Bag.

1:6), ne Pawulo ayogera ku ngeri Peetero gye yali akontanamu n'enjiri entuufu (Bag. 2:11-14). Enkyusa y'Oluyonaani ey'Endagaano Enkadde ekozesa ekigambo *anathema* ng'ekikolimo kya Katonda eky'akaseera obuseera (Kubal. 21:3; Yos. 6:17; 7:12; Abal. 1:17; Zek. 14:11).

Okusinziira ku makulu gano ag'enjawulo n'omulamwa, ekigambo ekikozesebwa mu 1 Abakkolinso 16:22 kisaana okutwalibwa ng'okutiisatiisa okukolimirwa okw'akaseera obuseera okw'ekikula ekitannyonnyoddwa. Pawulo, oluvannyuma lw'ebyo byonna, awandiikira abakkiriza era tewali bukakafu mu bbaluwa yonna obulaga nti be yali awandiikira tebaali bakkiriza. Mu mbeera ey'amangu, Pawulo abaagaliza ekisa kya Mukama Yesu Kristo kyonna n'abagamba nti, "Okwagala kwange kubeere nammwe mwenna mu Kristo Yesu" (enny. 23-24). Tewaaliwo ngeri gy'ayinza kuzingiziramu abo abatali bakkiriza mu mikisa gino. Pawulo atadde essira ku kwagala okuyita mu bbaluwa yonna. Alangirira empisa ennungi ez'okwagala abalala mu ssuula 13 era agamba mu 16:14 nti, "Byonna bye mukola bikolebwe n'okwagala." Naye alaga nti okwagala kusibuka mu Katonda era kye kintu abasomi b'ebbaluwa, ng'abakkiriza, kye bayinza okulagajjalira (laba "singa " mu 8:3). Naye era yali alangiridde nti abo abaagala Katonda balina omukisa ogutayinza kuttottolwa ogubalindiridde (2:9), ekiyinza okunnyonnyola okwagala kwa Pawulo okungi ennyo okulaba ku madda ga Mukama (“Ai Mukama, jangu!" 16:22) era nga kitegeeza nti waliwo obutaweebwa mpeera oba omukisa eri abo abatayagala Katonda.

Entaputa y'Amazima B ekitwala nti okwagala Katonda si kye kimu ng'okukkiriza Katonda okufuna obulokozi. Era n'okwagala Katonda tekiriiko bukakafu eri abakkiriza bonna nti bakikola. Bwe kitaba ekyo, tekyandiragiddwa oba okubuuzibwa (laba. Yok. 14:21; 21:15-17).

Ng'Abakristaayo, tusobola okwagala Katonda kubanga tulabye ekisa kye: "Tumwagala kubanga ye yasooka okutwagala" (1 Yok. 4:19). Ebyembi, tusobola okulagajjalira eky'okwagala Katonda nga naffe bwe tuyinza okulagajjalira eky'okwagala abalala. Mu mbeera eyo, tusobola okuba wansi w'ekikolimo kya Katonda mu kifo ky'omukisa gwe mu bulamu buno.

## Mwekebere mwekka. 2 Abakkolinso 13:5

> *Mwekebere mulabe obanga muli mu kukkiriza; oba temumanyi nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozi nga temukakasibbwa.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abeeyita Abakristaayo bakubirizibwa okwekebera balabe oba nga ddala Bakristaayo bennyini.

Entaputa y'Amazima B: Abakristaayo b'e Kkolinso bagambibwa okutunuulira obulokozi bwabwe bwennyini ng'obujulizi ku butuufu bwa Pawulo ng'omutume kubanga ye yababuulira obubaka obwabalokola.

Ekimu ku bizibu ebiva mu kuba n'obulokozi obusinziira ku bunyiikivu bwo kwe kuba nti obukakafu bw'obulokozi bubeera tebwesigama ku kukkiririza mu Yesu Kristo kyokka wabula ku kwewaayo kw'omuntu, emirimu gye, oba obwesigwa bwe. Kino kyokka kireeta okwekebera buli kiseera. Obuzibu buli nti tewali Baibuli weetukubiririza kukebera bulokozi bwaffe — okuggyako nga tukozesezza ekitundu kino, nga bangi bwe bakola. Okwawukana ku ekyo, Endagaano Empya ejjudde enjogera, ebigambo, n'okuteebereza nti abawandiisi n'abasomi b'ebyo bye baawandiika ewatali kubuusabuusa baali baalokolebwa.

Kigambibwa nti, "Naye okubuusabuusa kirungi." "Ffenna tusaanidde okwetegereza enneeyisa yaffe okulaba oba ddala twalokoka." Naye enkola eyo ddala ntuufu ku bulamu bw'Ekikristaayo? Nze ndowooza ffenna tusaanidde okwetegereza bye tukkiriza ku Yesu Kristo, Obwakatonda bwe, Omulimu gwe, n'Ekisuubizo kye, okukakasa nti ekinyusi ky'okukkiriza kwaffe kituufu. Naye abalala bagamba nti mu kifo ky'ekyo tusaanidde okussa essira ku buntu bwaffe nga ffe. Nga twebuuza nti naye ddala ddala twakkiriza? Tweyisa ng'Omukristaayo bw'alina okweyisa oba bwe yandikoze?

Amakulu g'Amazima A ag'ekitundu kino kwe kuba nti kiwa mu bulambulukufu olukusa, n'ekiragiro, okwetegereza obutuufu bw'obulokozi bwaffe. Bwe kiggyibwa mu mulamwa, olunyiriri luno ekyo kye lulabika ng'olugamba. *Naye omulamwa bwe gugobererwa gukyusa buli kimu.*

Tulina okutandika n'ekigendererwa ky'ebbaluwa. Pawulo awandiikira ab'Ekkanisa y'e Kkolinso eyalina ebizibu byayo eby'empisa, naye nga nayo ebuusabuusa obutuufu bw'obutume bwa Pawulo. Tekiri nti bulijjo baali bamubuusabuusa, naye abatume ab'obulimba baali baababuzaabuza bawakanye obutuufu bwe (10:2). Kale wakati mu kutereeza ensonga zaabwe ez'enneeyisa, era alwanirira n'obutume bwe (5:12-13;10:1-11:33; 12:11-33).

Wadde nga baali ba mpisa mbi era ng'Abakkolinso baali bamubuusabuusa, Pawulo yali akakasa obulokozi bwabwe. Mu butuufu, okujulira kwe gye bali kwesigamiziddwa ku nsonga eyo nti bano baali bakkiriza (1:21-22; 3:2-3; 6:14; 8:9; 13:11-14). Pawulo teyalina kubuusabuusa kwonna nti baali baalokolebwa — ye yabareeta eri Kristo (1 Kol. 15:1-2; 2 Kol. 1:19). Era ekyo y'ensonga ekola entikko ey'obutuufu bwe. Akitwala nti Abakkolinso abalokole by'ebiwandiiko by'obukakafu bw'obutuufu bwe (2 Kol. 3:1-3). Agamba nti mu 10:7, "Bwe muba ba Kristo, naffe tuli ba Kristo." Mu ngeri endala, Kristo bw'aba mu bo, kale

naye abeera wa Kristo, kubanga ye yabaleeta eri enjiri eyabalokola.

Kale mu ssuula eye 13, tulaba Abakkolinso nga baagala obukakafu obulaga nti Pawulo mwogezi wa Yesu Kristo omutuufu (oluny. 3). Pawulo addamu okuttunka nabo ng'abagamba nti bo bennyini bye biwandiiko bye ebikakasa obutuufu bwe. Oluvannyuma lw'okubagamba okwekebera, ababuuza nti, "Temwemanyi, nti Yesu Kristo ali mu mmwe? —okuggyako nga ddala temusiimibwa." Kino kibuuzo kirimu okubalaata n'okugezesa entegeera yaabwe. Kya kubalaata kubanga bamanyi eky'okuddamu — Yee, bali mu kukkiriza (amazima ga Kristo, so si kukkiriza kwa muntu ku bubwe) era Kristo ali mu bo. Kigezesa entegeera yaabwe kubanga baagala kukebera Pawulo naye n'akikyusa ng'akizza gye bali ng'abagamba nti eky'okuddamu kiri mu bo, so si ye. Okuva lwe kiri nti baalokoka, kitegeeza nti naye mutume omutuufu wa Yesu Kristo, kubanga ye yababuulira Kristo! Singa bagwa ekigezo (okuva mu *adokimos*, "ne batasiimibwa"), olwo naye yandibadde tasiimibwa. Kiki kye batasiimibwamu oba kigezo ki kye bayinza okulemererwa? Kiyinza okuba nti Pawulo tayogera ku bulokozi bwabwe (oba obubwe) obw'olubeerera ng'abangi bwe balowooza, wabula okulemererwa okutambulira mu mazima g'okukkiriza okuli mu Kristo gwe bagamba nti gwe bagoberera. Mu mu ngeri endala, baali baremereddwa okubeera n'obwesigwa ng'enjiri bw'ebasaba. Okufaayo kw'ensonga y'enneeyisa mazima ddala y'ebuutikidde omulamwa (enny. 4, 7, 8). Nga Pawulo bwe yali addiŋŋana n'okwewozaako nti mutume (enny. 7-8), nabo balina okuyita ekigezo kye kimu eky'okubeera nga batuukana n'ekyo kye bagamba nti kye bali.

Mu ndowooza yange, tewali kitundu kyonna kyali kiggyiddwa mu mulamwa gyako era ne kikozesebwa okukola obulabe obutapimika ku bantu ba Katonda nga kino. Okubuusabuusa tekukuza bayigirizwa ba Yesu Kristo. Tosobola kugenda mu maaso singa oba nga bulijjo otunula emabega. Nnakkiriza ekimala? Nze nneeyisa bulungi ekimala? Ebibuuzo bino biba bya mutima era bireeta okubuusabuusa. Ekibuuzo kyokka ekituufu kirina kuba ku kigendererwa kimu: Nzikiriza Yesu Kristo ng'Omwana wa Katonda eyafa era n'azuukira ku lwange era yateeka obukakafu ku bulokozi obutaggwaawo? Ekitundu kino tekitusaba kwekebera mu nneeyisa mu ngeri yonna —kibasaba okutunuulira bye bakkiriza; "oba nga bali mu kukkiriza" kitegeeza okutambulira mu mazima g'Ekikristaayo.

Okwekebera kyandireese okubuusabuusa mu muntu yenna omwesimbu atatuukiridde. Naye Katonda tayagala ffe kubuusabuusa kukkirizibwa kwaffe mu nnyumba ye. Okwawukana ku ekyo, obukakafu bw'okwagala kwe n'okukkirizibwa kwaffe eri ye ky'ekikulu ekitusikiriza okumwagala n'okumuweereza nga tusiima ekyo kye yatukolera.

Okukimanya nti oba ddala oli mulokole, amaaso go gaggye ku ggwe

kennyini era ogakuumire ku Kristo!

## Oyo akolimirwenga. Abaggalatiya 1:8-9

> [8]*Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga Enjiri eyawukana n'eyo gye twababuulira, akolimirwenga.* [9] *Nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo nziramu okukyogera nti, omuntu yenna bw'ababuulira Enjiri eteri eyo ggye mwakkiriza akolimirwenga.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omuntu yenna abuulira enjiri ey'obulimba akolimiddwa n'okusalirwa omusango ogw'emirembe gyonna.
>
> Entaputa y'Amazima B: Omuntu yenna abuulira enjiri ey'obulimba aba wansi w'ekikolimo kya Katonda.

Ekigambo ekikozesebwa okutegeeza "akolimirwe" ky'ekigambo ky'Oluyonaani *anathema*, kye twalabye edda (laba okukubaganya ebirowoozo mu 1 Kol. 16:22) nti si buli kiseera nti kitegeeza okusalirwa *omusango emirembe gyonna.* Naye eyo ye ntaputa y'Amazima A ekozesebwa mu nzivuunula ya NIV ku nnyiriri 8 ne 9.

Twalaga emabegako nti ekika ky'ekikolimo eky'ekiseera obuseera oboolyawo kye kyogerwako wano. Nga bwe twakkaanyizza, Pawulo awandiikira Abakristaayo mu kkanisa y'e Ggalatiya abaali bafunye enjiri ey'amazima okuva gy'ali naye ate ne bagivaako okugoberera ey'obulimba (1:6-9). Ekikolimo kya Katonda kyandibadde ku muntu yenna ayayigiriza enjiri ey'obulimba. Kino kyandibaddemu n'abakkiriza Abaggalatiya, bamalayika, ne Pawulo kennyini, awamu n'abasomesa ab'obulimba abaali babakyamya (ffe tetumanyi oba ng'abasomesa abo baalokoka). Mu 2:11-14, tulaba nti Peetero ne Balunabba nabo baali basobola okukyusakyusa enjiri entuufu.

Entaputa y'Amazima A ebeera esingisa omusango ogw'olubeerera abo abaayigiriza enjiri ey'obulimba mpozzi n'abo abaava ku njiri entuufu. Abamu bayinza n'okugamba nti Abaggalatiya baafiirwa obulokozi bwabwe bwe bakyuka okugoberera enjiri ey'enjawulo. Entaputa y'Amazima B ekola amakulu agasingawo kubanga okulabula kw'ekikolimo kukozesebwa ku Baggalatiya ng'abakkiriza era nga mw'otwalidde ne Pawulo, nga bonna kyeyoleka bulungi nti baalokolebwa era nga tebasobola kufiirwa obulokozi bwabwe. Ekikula kyennyini eky'ekikolimo tekinnyonnyolwa, naye ekifaananyi kyakyo kiraga nti kikalaativu nnyo.

Buli Mukristaayo alina okufaayo ennyo okutegeera enjiri era n'okugibuulira mu ngeri etegeerekeka obulungi sikulwa ng'enjiri ey'obulimba y'ebuulirwa.

Katonda tajja kuwa mukisa, oboolyawo n'okukolimira, kaweefube yenna oba amawulire agatali matuufu agakwata ku njiri. Kino kitegeerekeka — enkomerero z'abantu ez'olubeerera zibeera ziteereddwa mu lusuubo.

## Okugwa okuva mu kisa. Abaggalatiya 5:4

*Mwekutudde ku Kristo, mmwe bagezaako okuweebwa obutuukirivu okuyita mu mateeka; mugudde okuva mu kisa.*

Entaputa y'Amazima A: Omuntu agezaako okulokolebwa amateeka tajja kulokolebwa.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Omukkiriza asobola okufiirwa obulokole bwe.

Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza asobola okusalawo okubuusa amaaso emiganyulo egiri mu kisa.

Entaputa esooka ey'Amazima A ekitwala nti omutume Pawulo ayogera eri ekibinja ky'abantu abatali balokole munda mu kkanisa y'e Ggalatiya. Kyokka, tetulaba kintu kyonna kiraga nti Pawulo akyusa obubaka bwe nga bwe buva ku bakkiriza ne budda ku batakkiriza. Kya lwatu nti atwala Abaggalatiya nga bonna balokole. Ajjukiza abo abaali bafunye Omwoyo Omutukuvu (3:1-5), nti batabani ba Ibulayimu (3:26; 4:6-7), bamanyi Katonda (4:9), era mu mulamwa ogw'amngu, bayimiridde mu ddembe lya Kristo eyabafuula ab'eddembe (5:1). Kaakati "Okwekutula ku Kristo" kitegeeza nti tebaamwekutulako n'omulundi *n'ogumu*, ekitannyonnyola batali balokole. Ebigambo "okugwa okuva mu kisa" byandibadde bya njawulo okulaga obutali bakkiriza. Wabula, kitegeeza nti baali mu mbeera ey'ekisa, naye ne bakivaako. Omulamwa oguli mu kukubaganya ebirowoozo kwa Pawulo mu bbaluwa eno ky'ekizibu ky'abakkiriza abadda mu mateeka gamba olw'okulokolebwa oba olw'okutukuzibwa.

Waakiri enzivuunula ey'okubiri eya Amazima A etwala nti abasomi be'ebbaluwa baalu baalokolebwa. Naye endowooza egamba nti baali bafiiriddwa obulokozi bwabwe tesaana kukkirizibwa. Nga bwe kirabibwa, Pawulo abeegayirira ng'Abakristaayo. Kyokka kyagala Abaggalatiya bakole kwe kutambulira mu miganyulo gy'ekisa, ekyandibadde tekisoboka singa baddayo mu mateeka.

Enjigiriza ya Pawulo ku kisa ky'ekisumuluzo ky'ekitundu kino era ddala, eky'ekitabo kyonna ky'Abaggalatiya. Abaggalatiya baayitibwa "mu kisa kya Yesu Kristo" (1:6). Naye abasomesa ab'obulimba baali bagezaako okusaanyawo enjigiriza ya Pawulo n'okusendasenda Abaggalatiya okuddayo wansi w'Amateeka ga Musa (1:6-9; 3:1; 4:7; 5:7, 12). Pawulo awandiika

okubalaga obusirusiru obw'okwesiga Amateeka okubalokola oba okubatukuza. Emu ku ngeri ku gye yabalagamu oluwenda kwe kubalaga Peetero engeri gye yali takwatagana na kisa (2:11-14). Mu kwanukula, Pawulo akakasa nti, "Sidibya kisa kya Katonda" (2:21). Nga Abaggalatiya bwe baatandikira mu Mwoyo, naye ayagala beeyongere mu Mwoyo okusinga okudda mu kaweefube waabwe ow'okukuuma Amateeka (3:2-3). Abakubiriza "okuyimirira" mu ddembe lyabwe wansi w'ekisa n'obutadda mu buddu bw'Amateeka (5:1). Tebasobola kusanyusa Katonda oba okukula wansi w'Amateeka kubanga okufuba kw'omubiri tekuleetera muntu yenna kusemberera Katonda, era tebaasobola kukuuma mateeka mu ngeri etuukiridde.

Mu lunyiriri olwo 4, Pawulo annyonnyola nti singa Abakristaayo b'e Ggalatiya baddayo mu mateeka ng'engeri y'okutukuzibwa, bajja kubeera nga "baawukanye" (okuva mu kigambo *katargeō*) ku Kristo. Ekigambo kitegeeza *okwawulibwa* oba *okukiremesa okukola*. Singa Abaggalatiya beesiga kaweefube waabwe ow'okukuuma amateeka, tebajja kwesiga maanyi ga kisa kya Katonda okuyita mu kukkiriza. Ekigambo "okugwa" (okuva mu *ekpiptō*) kirina endowooza *y'okuta ekyo omuntu kyabadde akutte* oba *okuwuguka okuva* ku ky'obaddeko. Bajja kufiirwa enkwatagana yaabwe ku kisa, so si bulokozi bwabwe, obwakakasibwa edda era obutasobola kukyusibwa. Pawulo ayogera ku nkola yaabwe, so si kifo kyabwe. Bajja kuba bakolera mu ngeri eyawukana ku kisa kya Katonda so nga ky'ekirabo ekibayamba okukula. Bajja kusalibwako okuva ku migaso gy'amaanyi ge n'obugabirizi bwe. Omukristaayo yenna asobola okubeera ng'akontana n'ekyo ky'ali ddala. Oluyombo lwa Pawulo eri Abaggalatiya y'ensonga ewagira entaputa y'Amazima B.

Okulokolebwa olw'ekisa ng'ekirabo naye ate oluvannyuma ne twagala okusanyusa Katonda nga tuyita mu kufuba kwaffe kwe kugwa okuva mu kisa. Ekisa ekitulokola kye kisa kye kimu ekitukuumira mu bulokozi era ekituyamba okukula. Ekisa kya Katonda kye kintu ekitatugwanira mu ngeri yonna kyokka ate nga kye kituweesa buli kintu kyonna kye twetaaga, okuva ku bulokozi okutuuka ku kitiibwa ekituukiridde. Ffe tusobola okufuna ekisa kye okuyita mu kukkiriza (Bar. 5:2) ku bwetaavu bwonna.

## Okukkiriza okukolera mu kwagala. Abaggalatiya 5:6

> *Kubanga mu Kristo Yesu, okukomolebwa oba obutakomolebwa, tekulina maanyi, wabula okukkiriza okukolera olw'okwagala.*

Entaputa y'Amazima A: Okukkiriza okwa nnamaddala okulokola kulina okulaga okwagala.

Entaputa y'Amazima B: Abakristaayo tebatukuzibwa lwa kukuuma mateeka, naye olw'okuganya okukkiriza kwabwe okwolesa okwagala.

Ekibuuzo ekikulu eky'okuddamu wano ge makulu "kikola buli kimu" kye kitegeeza. Ekigambo "kikola" (*ischuō*) kitegeeza nti *asobola okukola* oba *okutuukiriza* ekintu. Pawulo akakasa nti okukkiriza n'okwagala birina kye bituukiriza. Naye "okukkiriza okukolera mu kwagala" kusobola okutuukiriza oba okukakasa obulokozi eri omuntu? Bwe kiba bwe kityo, obulokozi bwandibadde ku musingi gw'okufuba kw'omuntu.

Obulokozi oba okukakasa obulokozi tekiyinza kuba kyangu, kubanga mu kitundu kino, Pawulo ayogera ku bulamu bw'Abaggalatiya obw'okutukuzibwa, so si ku butuukirivu bwabwe (okukubaganya ebirowoozo okwo kwali mu 3:1-9). N'ekirala, ebigambo bye byali kw'abo "abali mu Kristo," ekitegeeza obulungi abakkiriza. Ensonga eyeebuuzibwa egamba nti ddala Abakristaayo basobola okutukuzibwa nga bayita mu mateeka (agakiikirirwa okukomolebwa) oba olw'ekisa. Naye si oba Omukristaayo akomolebwa oba obutakomolebwa ekyo kituukiriza okutukuzibwa, oba ng'akozesa okukkiriza kwe olw'okwagala abalala. Abo abalowooza nti okukuuma amateeka (okukomolebwa) kujja kuleeta obutuukirivu mu bulamu bwabwe tebeesiga Kristo; babeera balekulidde ekisa n'emiganyulo gyakyo egy'amaanyi (Bag. 5:2-4; laba waggulu).Obutuukirivu mu bulamu bw'Ekikristaayo buva mu kukkiriza kwokka (5:5), era engeri enkulu okukkiriza gye kuyinza okukozesebwamu kwe kwagala abalala (5:6; geraageranya 5:13-14).

Endowooza y'Amazima A ku kitundu kino etabula era nkyamu ku engeri ki omuntu gy'alokolebwamu. Endowooza y'Amazima B nnono y'amaanyi eri abakkiriza: Okukkiriza kwaffe bwe kweyoleka mu kwagala, tukula mu butuukirivu okwongera okufaanana Yesu Kristo, Omutuukirivu.

## Ky'osiga ky'okungula. Abaggalatiya 6:7-8

> [7] *Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu ky'asiga era ky'alikungula.* [8] *Kubanga oyo asiga eri omubiri gwe, alikungula ebiggwaawo. Naye oyo asiga eri Omwoyo, alikungula obulamu obutaggwaawo.*

Entaputa y'Amazima A: Ebikolwa ebibi bireeta omusango ogw'olubeerera oba okukakasa nti omuntu agenda mu ggeyeena, naye ebikolwa ebirungi bireeta oba bikakasa obulokozi obutaggwaawo.

Entaputa y'Amazima B: Abakristaayo abatambulira mu mubiri bajja kwonoona obulamu bwabwe, naye abo abakola ebirungi bajja kuatambulira mu bujjuvu bw'Obulamu bwa Katonda.

Omulamwa ogulabika amangu gumala okukuwa entaputa ennungi ku kitundu kino. Ekintu kye tusooka okwetegereza kiri nti Pawulo ayogera eri abakkiriza abasomi b'ebbaluwa ze (laba ensonga eziyise ku mbeera yaabwe ey'okulokoka) ng'abo abaali "bayigiriziddwa ekigambo" (oluny. 6). Bagambibwa nti "bagabana mu bintu byonna ebirungi" n'abo abaabasomesa, okujuliza okweyoleka waakiri okuyamba kwabwe abasomesa (oboolyawo nga baali baminsani abatambula nga Pawulo) mu by'ensimbi ne mu ngeri endala mu buweereza bwabwe. Pawulo addiŋŋana ekirowoozo ky'okugabana "ku nkomerero" y'olunyiriri olwe 10 naye n'agaziya okubuulirira kwe ku kukola ebirungi so si kubikolera basomesa baabwe bokka, naye eri abantu bonna, okusingira ddala eri abo abali mu kkanisa.

Ku nkomerero z'ennyiriri 6 ne 10 nga zoogera ku Bakristaayo abagabira Abakristaayo, be tusuubira nti be basinga okutunuulirwa ebigambo bya Pawulo mu nnyiriri 7-9? Kiyinzika okuba nga baali bakkiriza bokka, era bwe kiri! Endowooza enkulu eri nti: Singa abakkiriza balowooza nti bajja kufuna ebisingawo nga bagaana okugabana ku by'obugagga byabwe, olwo baba bali mu kwelimbalimba bokka. Ennono eri nti omuntu afuna mw'ebyo byagaba, ng'omulimi bw'asobola okukungula okusinziira ku bungi n'ekika kya ensigo z'asiga. Abakkiriza bwe basiga nga beefaako bokka (nga kitegeeza obutaagala kugabana n'abalala), bakungula "ebiggwaawo," naye bwe basiga mu ngeri ekulemberwa Omwoyo Omutukuvu, bakungula "obulamu obutaggwaawo."

Tubadde tukaayana wano ku ntaputa y'Amazima B. Okusinga bwe kiri olw'ebigambo "ebiggwaawo" ne "obulamu obutaggwaawo" abamu nga kino bakitaputa ng'Amazima A. Naye ebigambo bino tebyogera ku kuzikirira okw'olubeerera n'obulokozi obutaggwaawo. Entaputa eyo tekoma ku kubuusa maaso mulamwa, naye eteebereza amakulu agatasobola kuwagirwa byawandiikibwa. Mu Ndagaano Empya, ekigambo *ekiggwaawo* (*phthora*) tekikozesebwangako ku kibonerezo kya lubeerera, wabula kirina amakulu *g'okwonooneka, okuvunda* oba *okusaanawo*. Twalaba dda nti ekigambo "obulamu obutaggwaawo" tekikozesebwa ku kununulibwa kwokka emirembe gyonna okuva mu ggeyeena, naye era ng'omutindo gw'obulamu ogw'akaseera kano, obulamu obw'omuyiika obweyongerayo emirembe n'emirembe (Yok. 4:14; 10:10; 17:3).

Okusinziira ku nyinnyonnyola ezo, ebigambo bya Pawulo bikubiriza bulungi Abakristaayo. Singa tugaana eby'obugagga byaffe okuyamba abalala oba ne tukubikozesa kwegomba kwaffe okw'ekibi, tujja kutambulira obw'okwonoonekerwa n'okufiirizibwa obulamu byennyini bwe tugezaako okutumbula (laba okukubaganya ebirowoozo okwasooka mu Mat. 10:39; 16:25-26). Naye singa tukozesa eby'obugagga byaffe awatali kwefaako nga bwe tukulemberwa Omutukuvu Omwoyo olw'ebigendererwa bye, tujja kulaba ebisingawo ku Katonda n'obulamu bwe nga bukulukutira mu ffe mu kiseera kino ne mu mirembe n'emirembe. Eno y'ensonga lwaki Pawulo agamba mu lunyiriri 9 nti tetusaanidde kuggwaamu maanyi kukola bulungi eri abalala oba okuwaayo eri abalala. Tujja kusasulwa. Empeera eyo ejja kuba ng'etugwanira!

**Okukkiriza n'ekirabo kya Katonda. Abeefeeso 2:8-10**

> [8] *Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula ky'ekirabo kya Katonda.* [9] *Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; noolwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.* [10] *Tuli mulimu gwa Katonda, abaatondebwa mu Kristo Yesu, okukolanga ebikolwa ebirungi, nga Katonda bwe yatuteekerateekera.*

> Entaputa y'Amazima A: Abantu tebalokolebwa bikolwa, wabula okukkiriza okubaweebwa Katonda, ekikakasa ebikolwa ebirungi.

> Entaputa y'Amazima B: Abantu tebalokolebwa bikolwa, wabula okuyita mu kukkiriza, basobole okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda eky'okukola ebikolwa ebirungi.

Waliwo ensonga bbiri ezeetaaga okutunulwamu wano. Esooka ekwata ku kikula ky'okukkiriza kwe tuyitamu okulokolebwa. Katonda y'agaba okukkiriza kwe twetaaga okulokolebwa? Ensonga eyookubiri ekwata ku mulimu gw'ebikolwa mu kukwatagana n'obulokozi bwaffe.

Waliwo bangi abalowooza olunyiriri 8 nti lutegeeza mu bulokozi, ekisa kya Katonda kisobola okufunibwa olw'okukkiriza Katonda kw'awa omuntu atakkiriza. Bbo balaba okukkiriza ng'ekirabo kya Katonda. Abamu batuuka n'okukiyita amaanyi ogw'obwaKatonda. Kino kikwataganira ddala n'enjigiriza eyigigiriza nti abantu baayonoonebwa nnyo ekibi nga tebalina busobozi kwanukula Katonda, wadde okumukkiriza. Mu ndaba yaabwe, tekikoma ku muntu atakkiriza kuddamu kuzaalibwa kwokka okukkiriza, naye oluvannyuma okuzaalibwa obuggya okwo kulina okuweebwa okukkiriza okuteekebwa mu Mukama waffe Yesu Kristo olw'obulokozi.

Ka tuteeke ku bbali ebizibu by'enjigiriza n'endowooza ng'eyo era tusigale mu byawandiikibwa. Entaputa eyo etwala nti ekigambo "ekyo" (touto) mu olunyiriri 8 kyogera ku "kukkiriza" ng'ekirabo kya Katonda (ebigambo "kye" mu lunyiriri 8 tekiri mu biwandiiko by'Oluyonaani naye kyateekebwamu abavvuunuzi). Kyokka, singa "ekyo" kitegeeza "okukkiriza," kyandibadde mu kikula ky'ekikazi, nga bwe kiri ku mannya agawamu nga *okukkiriza*. Naye kiri mu kikula kya nnampawengwa. Kale "ekyo" kisonga ku ki? Kya lwatu, nti kitegeeza *obulokozi olw'ekisa*. Okunoonyereza ku bannyonnyozi okubaddewo ebbanga eddene ku lunyiriri luno kujja kukizuula nti bangi, oba abasinga obungi, bakkiriziganya n'endowooza egamba nti "ekyo" tekitegeeza "kukkiriza." Kino kikwatagana bulungi n'omulamwa okuva mu ssuula 1 okutuuka mu 2:1-10, ogukwata ku ngeri Katonda

gy'atulokoddemu olwekisa kye. Erinnya nnampawengwa erivvuunulwa "ekyo" likozesebwa awalala mu Abeefeso okutegeeza enjogera oba ekisoko ekikikulembera amangu ddala (laba. 1:15; 3:1). Okufaanagana kwa "si kwa mmwe" mu lunyiriri 8 ne "si lwa bikolwa" mu lunyiriri olwo 9 lusiba envumbo ku nsonga nti obulokozi olw'ekisa butunuulirwa ng'ekirabo kya Katonda.

Okukkiriza si kirabo kya Katonda, kubanga kubeera kwanukula kwa muntu. Era si maanyi ag'obwaKatonda oba obusobozi bwe. Ekyo kitabula omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu n'obuvunaanyizibwa bw'omuntu. Omwoyo Omutukuvu ayinza okutandikiriza okukkiriza mu muntu atakkiriza ng'amusikiriza (Yok 6:44), ng'amulumiriza ku mazima g'enjiri (Yok. 6:44 ).16:8-11), n'okuzibula amaaso ge eri enjiri (2 Kol. 4:6). Naye amaanyi ga Katonda n'okukkiriza kw'omuntu bintu bibiri eby'enjawulo. Omwoyo Omutukuvu ye mukozi oba ge maanyi agakola ag'obulokozi bwaffe, era okukkiriza kye kikozesebwa ekitusobozesa okutuuka ku Mwoyo wa Katonda n'amaanyi agalokola. Eno y'ensonga lwaki kituufu ddala okugamba nti tulokoka *lwa* kisa, naye *okuyita* mu kukkiriza.

Tujja kwogera ku nsonga eyookubiri kubanga olunyiriri 10 lukulu nnyo mu nnyiriri 8-9. Ensonga y'omulimu gw'ebikolwa okubeera obukakafu bw'obulokozi bwaffe. Olunyiriri 10 lugamba nti ffe abalokole tufuulibwa ebitonde ebipya mu Kristo "olw'ebikolwa ebirungi" n'ekigendererwa "nti tubitambuliremu." Entaputa y'Amazima A ekkiriza nti olunyiriri 10 lukakasa nti buli mukkiriza ajja kuba n'ebikolwa ebirungi, era nti bwe batakikola, mu butuufu babeera tebaalokoka. Endowooza yaabwe ekwatagana n'endowooza nti okukkiriza kirabo kya Katonda oba amaanyi g'atuwa. Kale nga bwe kiba bwe kityo, tekusobola kulemererwa kufulumya bulamu obw'okutya Katonda n'ebikolwa ebirungi. Naye endowooza eyo eteeka bingi ebitali mu lunyiriri 10 lwe byogera. Akawaayiro "olw'ebikolwa ebirungi" kalaga ekigendererwa, so si kisuubizo. Naye kiyinza okutegeeza oba okuteebereza nti omukkiriza ajja kuba n'ebikolwa ebirungi, olunyiriri luno telulina kye lwogera ku kutuukirizibwa kw'ekigendererwa ekyo. Katonda yatonda ebikolwa ebirungi nga tetunnafuna bulokozi bwaffe n'ekigendererwa "nti" tutambulire mu byo. Ekigambo "ekyo" mu Luyonaani olwasooka (*hina*) awamu n'engeri y'ekikolwa ekikozesebwa mu "tulyoke tutambulire" (embeera eraga ekikolwa) erina amaanyi g'obusobozi n'okubeerawo, naye nga tekikasiddwa. Ebikolwa ebirungi Katonda aby'ayagala buli mukkiriza, naye tebikakibwa ku mukkiriza. Singa omukkiriza aba talina buvunaanyizibwa oba okusalawo mu nneeyisa ye, ebikolwa bye biyinza bitya okubalibwa *ng'ebirungi*, era abeera agwanira atya empeera mu biseera eby'omu maaso?

Omuntu teyeetaaga kulowooza nnyo okukiraba nti singa emirimu emirungi kikasibwa nti gibeera mu buli mukkiriza, olwo okubuulirira kw'Endagaano Empya tekwetaagisa oba tekusaanira. Mu mbeera eyo,

okutaputa kuno okw'Amazima A kwandibadde "antinomian" (ekitegeeza *okuwakanya okukuuma amateeka oba ebiragiro*) kubanga ebiragiro ebiri mu ssuula 4-6 byandibadde tebyetaagisa. Naye endowooza ng'eyo ku ky'ebikolwa ebirungi okubeera etteeka eri buli mukkiriza ya busirusiru, naddala olw'Endagaano Empya okubeera n'okubuulirira okungi eri abakkiriza okukola emirimu emirungi egy'enjawulo.

Buli mukkiriza alina okukola emirimu emirungi. Kye kigendererwa kya Katonda eri buli Mukristaayo, ky'ekisuubirwa eri buli Mukristaayo, era ky'ekiragiro kya Katonda ku buli Mukristaayo. Okuweebwa obutuukirivu kusuubirwamu okutukuzibwa okugenda nga kweyongerayongera, naye okuweebwa okutuukirizibwa tekussaawo kakalu ku kutukuzibwa. Okukkiriza ke kakwakkulizo, ebikolwa ky'ekivaamu. Obulokozi olw'ekisa okuyita mu kukkiriza ge Mazima A; ebikolwa ebirungi ebikivaamu ge Mazima B.

## Katonda ajja kumaliriza omulimu gwe. Abafiripi 1:6

> *Nkakasiza ddala nti oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe, aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Kristo Yesu.*

> Entaputa y'Amazima A: Katonda ajja kumaliriza omulimu gwe mu Bakristaayo ogw'okubakuumira mu kukkiriza ne mu bikolwa ebirungi okutuuka ku nkomerero yaabwe.
> Entaputa y'Amazima B: Katonda agenda kukakasa ng'omulimu gw'Abafiripi omulungi ogw'okugaba gutuukirizibwa.

Entaputa y'Amazima A ey'ekitundu kino ekitwala ng'ekisuubizo nti abakkiriza bonna abatuufu bajja kugumira mu kukkiriza era nga bakola n'emirimu emirungi okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwabwe. Kino oluusi kisibuka mu njigiriza eyitibwa Okuguma kw'Abatukuvu. Ensonga ekwatagana n'okukkiriza kwabwe nti omuntu afuuka Omukristaayo olw'okulondebwa Katonda, n'amuzza buggya, olwo n'amuwa okukkiriza okusobola okukkiririza mu Katonda. Okukkiriza ng'okwo, bamaliriza nga bagamba nti, tekuyinza kulemererwa kubanga kwa Katonda "omulimu omulungi" mu Mukristaayo.

Naye Pawulo ategeeza ki bw'ayogera "omulimu omulungi?" Tagamba nti "mirimu mirungi," naye kirabika ayogera ku nsonga emu. Amakulu g'omulimu gwabwe omulungi gasngibwa mu mulamwa. Mu lunyiriri lwe twavuddeko, Pawulo yali assaamu ekitiibwa "okussa ekimu kwabwe mu Njiri" (oluny. 5). Ekigambo *okussa ekimu* (*koinania*) kirina amakulu agasookerwako *ag'okukwatagana* oba *ekintu ekigabanyizibwamu*. Kiki abakkiriza Abafiripi kye baali bagabana ne Pawulo? Wadde ng'okutwaliza awamu kiyinza okujuliza enkolagana yaabwe mu njiri, naye okusinga mu birowoozo bya Pawulo, era n'embeera eyamuleetera okuwandiika, kwe kugabana kwabwe eby'ensimbi, okwogerwako wano mu bigambo eby'ennyanjula nga bwe kiri ne mu bigambo ebiggalawo (1:5-6; 4:15-18). Epafulodito yali atuusizza ekirabo ky'Abafiripi eri Pawulo era nga kati amusindika okuddayo ng'atwala"Obubaka Obw'Okwebaza" n'ebimu ku bimukwatako mu mbeera ye. Mu butuufu, mu 4:15, Pawulo akozesa engeri y'ebigambo eya *koinonia* bw'agamba nti, "tewali kkanisa *yagabana* nange ku bikwata ku kuwaayo n'okuweebwa okuggyako mwe mwekka." Erinnya *koinonia* mu butuufu kivvuunulwa "okuwaayo" mu bitundu ebirala eby'Endagaano Empya (Bar. 15:26; 2 Kol. 8:4; 9:13; Beb. 13:6).

Obuyambi bw'Abafiripi mu by'ensimbi bwogerwako mu lunyiriri 5 nga "okuva ku lunaku olwasooka okutuusa kati." Kino tekiyinza kuba nga kyogera ku lunaku olwasooka olw'obulokozi bwabwe kubanga tayogera na muntu omu wabula bangi abaalokolebwa mu biseera eby'enjawulo. Kisinga kweyoleka nti kitegeeza ddi lwe baatandika okugabana mu by'ensimbi ng'ekkanisa nga bwe kirambikiddwa mu 4:15. Okwogera ku "n'okutuusa kati" kyandibadde kyogera buyambi bwabwe Pawulo bwe yafunira mu kkomera (4:10, 14, 18).Omuntu addamu okuwulira eddoboozi ly'Abafiripi 1:3-7 ne 4:10-20 mu ngeri Pawulo gy'annyonnyolamu obugabi bw'abo abaali mu Makedoni (ekkanisa y'e Firipi gye yali) mu 2 Abakkolinso essuula 8-9.

Gano ge Mazima B. "Omulimu omulungi" Pawulo gw'ayogerako si bikolwa birungi oba okutukuzibwa okutwaliza awamu okukakasa nti omuntu alokose. Kye ky'Abafiripi okussa ekimu mu Njiri nga bayita mu kuwaayo. Okutwala olunyiriri luno ng'ekisuubizo nti Abakristaayo bonna bajja kunywerera mu bulamu obw'okutya Katonda kibuusa amaaso ebyaliwo, omulamwa, n'ensonga ya Pawulo gye yali ayogerako. Ekisooka, yali tayogera eri Bakristaayo bonna, wabula abakkiriza b'e Firipi mu ngeri ey'enjawulo. Ekyokubiri, Pawulo tayogera ku nneeyisa, naye ku buwagizi bw'Abafiripi eri obuweereza bwe. Ekyokusatu, yali tabasuubiza, wabula ayolesa obwesige bw'awulirira ddala nga ye. Pawulo alina obwesige nti Katonda ajja "kumaliriza" oba okutwala mu maaso omugaso gw'obuwagizi bwabwe ng'ebivaamu bwe byeyongerayongera mu buweereza eri abalala okutuusa nga Kristo akomyewo. Mazima ddala, Abafiripi tebandibadde balamu okutuusa nga Kristo akomawo, naye okuyita mu buweereza bwa Pawulo, baali bawaddeyo ekirabo ekyali kigenda okwongera okutumbula enjiri eri abalala nabo abaali bagenda okukola kye kimu. Okwogera ku lunaku lwa Yesu Kristo era kiyinza okutegeeza nti obugabi bwabwe bujja kusasulwa mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Okwawukana ku ntaputa y'Amazima A, Pawulo yali akimanyi nti Abakristaayo bonna tebagumira mu kutya Katonda n'empisa entuufu okutuusa ku nkomerero. Ajjukiza Abakkolinso nti mu kkanisa yaabwe mwalimu abamu abaali bafudde olw'okukozesa obubi Eky'eggulo kya Mukama waffe (1 Kol. 11:30). Ewalala mu Baibuli tukiraba nti omukkiriza asobola okulemera mu kibi ne kimuviirako okufa (Yak.5:20; 1 Yok 5:16). Katonda akolera mu bakkiriza okuvaamu ebikolwa ebirungi era mpolampola nga bw'abatukuza, naye ebivaamu si bulijjo tebipimika era tebitunuulirwa. Ekirala, omulimu gwe gukolebwa mu kukwatagana n'okukolagana kwokka nga kisinziira ku kusalawo kw'omuntu ssekinnoomu (laba. 1 Kol. 15:10; Bag. 2:20; Baf. 2:11-12), nga kye kifuula obujeemu okuba nti busoboka okubaawo.

Mpozzi tuyinza okubaako bye tuyiga okuva mu kitundu kino nti Katonda ajja kukozesa obugabi bwaffe okuyamba abalala n'okutuukiriza by'ayagala. Nga tukimanyi nti obugabi bwaffe bujja kugasa abalala olubeerera ku era oboolyawo n'okusasulwa nga Kristo akomyewo ekintu ekitusikiriza okuwaayo mu kubunyisa enjiri. Naye okuva ekitundu kino lwe kitawa kakalu ku kugumira mu kukkiriza n'ebikolwa ebirungi, tubeere beegendereza obutakikozesa kuvumirira abo abayinza okuba abaana ba Katonda ebyaddala, naye nga balwanagana n'emize emibi okumala ekiseera ekiwanvu n'obunafu bw'okusalawo obubi n'okweyisa obubi.

## Mujje eri okununulibwa. Abafiripi 1:27-28

> 27 *Naye kirungi obulamu bwammwe bubeerenga nga bwe kisaanira Enjiri ya Kristo; ne bwe ndijja oba ne bwe sirijja kubalaba, mpulire nti muli banywevu era mwegasse mu mwoyo gumu, nga mulwanirira okukkiriza okw'enjiri n'emmeeme emu.* 28 *Temutyanga abo ababawakanya kubanga ke kabonero akakakasa nti balizikirizibwa, naye mmwe mulirokolebwa, era ekyo kiva eri Katonda.*

Entaputa y'Amazima A: Obumu obw'obuvumu obw'Abafiripi mu njiri bukakasa obulokozi bwabwe obw'olubeerera.

Entaputa y'Amazima B: Obumu obw'obuvumu obw'Abafiripi mu njiri kiraga okusuubira kwabwe nti Katonda ajja kubanunula mu kubonabona kwabwe.

Ensonga enkulu eyawula ekitundu kino ng'Amazima A Truth oba Amazima B bwe butya "obulokozi" gye bunnyonnyolwamu. Bwe kiba nti Pawulo ayogera ku bulokozi obutaggwaawo obubawonya ggeyeena, awo ekitundu kino kiba kigamba nti enneeyisa y'Abafiripi bwe bukakafu nti babulina. Tuzze tukiwakanya ewalala wonna nti okukozesa enneeyisa y'omuntu okukakasa obulokozi bwe tekisoboka era si kya Baibuli. Naye era tuzze tukyogerako ewalala mu byawandiikibwa nti kikulu okutegeera nti ekigambo *obulokozi* bulijjo tekitegeeza bulokozi obutaggwaawo okuwona ggeyeena bwokka, naye era kiyinza n'okutegeeza okununulibwa okuva mu bizibu oba mu mitawaana.

Ekigambo *obulokozi* (*sotēria*) kikozesebwa emirundi esatu mu kuggulawo essuula z'Abafiripi: 1:19, 28, ne 2:12. Okukubaganya ebirowoozo mu kitundu kino kifugibwa embeera y'okusibibwa kwa Pawulo mu kkomera, omulimu gw'abalabe be n'ab'Abafiripi, n'okwanukula kw'Abafiripi ku kubonaabona okuyita mu kizibu kino. Mu 1:19, alaga obwesige nti ajja kulokoka (okununulibwa) okuva mu buzibu abalabe be bwe baleeta kubanga aba Firipi bamusabira era Omwoyo Omutukuvu aweereza gyali. Mazima ddala, Pawulo tayogera ku bulokozi bwe obw'olubeerera. Abamu balowooza nti kiyinzika okuba nga kitegeeza okununulibwa okuva mu kkomera oba mu kuvunaanibwa kkooti y'Abaruumi, naye ennyiriri 20-26 eziddako ziraga nti alowooza nti kisoboka eri ye n'okufiira mu kkomera. Kiyinzika nnyo nti ayogera ku kununulibwa ng'endowooza y'obuwanguzi egulumiza Kristo mu kubonaabona kwe (1:20).

Enkozesa eyokubiri *ey'obulokozi* mu 1:28 esaana okutaputibwa mu ngeri y'emu nga 1:19, naye nga kikwata ku Bafiripi. Olw'obumu bwabwe obw'obuvumu mu njiri, bajja kulaga abalabe baabwe nti basuubira okununulibwa Katonda okuyita mu kubonaabona kwabwe, nga Pawulo. (Ekigambo "obukakafu " kiyinza okuba eky'amaanyi ennyo mu maanyi okuva *endeiksis* lwe kisobola okuba n'amakulu g'ekintu *ekiba kiraga* oba *akabonero* k'ekintu ekirala). Mu nnyiriri eziddako, 29-30, Pawulo asibira wamu okubonaabona kwabwe, ekiraga nti okununulibwa kwabwe bonna kwe bayitamu kwali kwa kikula kimu —endowooza y'obuwanguzi egulumiza Kristo mu kubonaabona. Endowooza ng'eyo ejja kulaga abalabe baabwe nti bajja kuwangulwa era bazikirizibwe (si kituufu nti emirembe gyonna, naye ekyo kiyinza okutegeezebwa).

Tujja kukizuula nti enkozesa ey'okusatu *ey'obulokozi* mu 2:12 egenda mu maaso n'emiramwa ekoleddwa mu ssuula 1, naye ekyo kyogerwako mu ngeri ey'enjawulo wansi.

Ekitegeerekeka obulungi okusinziira ku mulamwa n'enkozesa y'ekigambo *sotēria* mu byombi 1:19 ne 1:28 kwe kuba nti obulokozi

obutaggwaawo si bwe bwogerwako ng'entaputa y'Amazima A bw'erumiriza. Pawulo tayogera ku kya kukakasa bulokozi obutaggwaawo, naye ku kununulibwa okuyita mu kubonaabona olw'obwesige mu buwanguzi Katonda aleeta Kristo n'agulumizibwa.

Entaputa y'Amazima B etuzzaamu amaanyi ffe ng'abakkiriza okugumira okubonaabona n'ebizibu nga tulina obwesige nti Katonda ajja kutununula abituyiseemu, mu ngeri eyo Yesu Kristo agulumizibwe mu ffe. Katonda ayinza obutatununula *mu* kubonaabona kwaffe, wabula *okuyita* mu kubonaabona kwaffe (laba. 1 Peet.5:10). Kiyinza okuba ekizibu okwekkaanya n'okubonaabona kwa Pawulo—okusibwa era okwolekagana n'okufa okuyinza okubaawo —naye eky'okulabirako kye eky'okwesiga Katonda kiraga nti ffe, okufaananako ye, kusobola okuba okw'obuwanguzi ne tweyongera okugulumiza Katonda mu mbeera eza buli kika ze tuyitamu.

## Kolerera obulokozi bwo. Abafiripi 2:12-13

[12] *Noolwekyo abaagalwa, nga bwe muli abawulize bulijjo nga ndi nammwe, kaakano nga bwe siri nammwe mube bawulize nnyo n'okusinga bwe mwali. Munyiikirenga okukola ebiraga nti mwalokolebwa, nga mutya era nga mukankana.* [13] *Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu balina okukolerera obulokozi, oba Abakristaayo balina okukola okukakasa obulokozi bwabwe.

Entaputa y'Amazima B: Bwe bamala okulokolebwa, Abakristaayo balina okukolagana ne Katonda okusobola okutambulira mu bulamu bwabwe obupya.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima B: Abakristaayo balina okugumira okubonaabona mu mu ngeri eyo balyoke bafune okununulibwa Katonda.

Nga bw'olaba, entaputa y'Amazima A epakira emirimu mu maaso g'obulokozi oba emabega waabwo. Si kya bulijjo nnyo okuwulira Abakristaayo nga balemera ku ky'ebikolwa ng'akakwakkulizo ku ntandikwa y'obulokozi. Kyokka, kya bulijjo nnyo okuwulira Abakristaayo nga balemera ku ky'ebikolwa nti bye bikakasa nti omuntu yalokokera ddala. Bino byonna biva mu kulowooza nti obulokozi obwogerwako bwe buli obw'okuva mu kibi, oba okununulibwa emirembe gyonna okuwona ggeyeena.

Entaputa y'Amazima B emu nayo ekitwala nti ekitundu kino kyogera kubulokozi obw'olubeerera, naye tenywerera ku bikolwa ng'akakwakkulizo oba obukakafu obw'obulokozi. Endowooza eno yanditegedde nti ekiwandiiko kigamba nti "teekerateekera" so si "kolerera" obulokozi buno. Mu ngeri endala, abo abalokoka balina okukkiriza obulokozi bwabwe okubeera n'ekigendererwa kyabwo mu kutukuzibwa. Kino kibaawo, endowooza eno yandibadde egamba nti, ng'abakkiriza tukolagane ne Katonda oyo akolera mu ffe (oluny. 13). Nze nzikiriziganya n'endowooza eno kubanga waakiri ekwatagana n'enjiri ey'ekisa ng'eggyawo ebikolwa ng'akakwakkulizo k'obulamu obutaggwaawo.

Bwe tutunuulira engeri ekigambo "obulokozi" gye kikozesebwa mu 1:19 ne 28, entaputa y'amazima B eyokubiri erabika ng'ekwatagana nnyo n'omulamwa guno. Mu 2:12, Pawulo atuuka ku nkomerero ("N'olwekyo") okuva mu ebyo ebyogeddwa emabegako. Nga tudda ku 1:12, entambula y'endowooza ya Pawulo egenda bw'eti:

• Wadde nga mbonaabonera mu kkomera, nnina obwesige nti nja kufuna okununulibwa okuva mu bantu abatatya Katonda okutuuka ku buwanguzi era okuyita mu mbeera zino Kristo asobole okugulumizibwa. (1:12-20)

• Okununulibwa kuno kumpa obuwanguzi oba nga nfudde oba ndi mulamu, wabula nsuubira okubeera omulamu. (1:21-26)

• Ggwe naawe abonaabona osobola okufuna obuwanguzi bwe bumu obw'okununulibwa bwe weesiga Katonda, era n'osigala nga totya ng'oli bumu mu njiri. (1:27-30)

• Kubanga ojja kununulibwa ng'oyita mu mbeera zino, kale ggwe n'olwekyo asobola okweyongera okuba obumu era ng'otwala eky'okulabirako ky'okwefiiriza kwa Kristo n'okugulumizibwa kwe okw'obuwanguzi. (2:1-11)

• N'olwekyo olina okweyongera okukolagana ne Katonda nga bw'otambulira mu miganyulo gy'okununulibwa kwo okuva mu bizibu byo. (2:12-13) .

• Okugumiikiriza kwammwe mu bumu kujja kuwangula ensi embi era kundeetera essanyu kaakano ne mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. (2:14-18)

Kino kiraga amakulu agakwatagana *ag'obulokozi* ng'okununulibwa okuva mu butawa Katonda kitiibwa wakati mu balabe n'okubonaabona kwe baleeta. Si kununulibwa kwokka *okuva* mu kino, era kwe kununulibwa *okudda* eri

endowooza ey'obuwanguzi egumira mu kukkiriza Katonda n'enneeyisa ey'okwefiiriza eri abalala. Kwe kununulibwa okw'okutukuzibwa, so si kwa kulokolebwa. Abamu batutte okununulibwa (era mu 1:19 ne 28) okutegeeza okwejjerezebwa okuliba ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, okununulibwa okuva mu nsonyi ezireetebwa endowooza n'enneeyisa embi. Kino kyandibadde kitegeeza n'empeera ez'omu maaso. Wadde ng'okwekenneenya okulungi ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango mazima ddala kwandivudde mu ndowooza ennungi n'empisa mu kubonaabona kwabwe, ekitundu kirabika kissa essira ku bulamu bw'Abafiripi mu kiseera kino.

Obulamu obw'obuwanguzi obw'okutukuzibwa si bwa kkatala eri Abakristaayo. Kiyinza okuba ekizibu okukuuma obulamu obuweesa Katonda ekitiibwa ng'oyigganyizibwa abalabe oba ng'obonaabonera mu mbeera enzibu. Nga twesiga Katonda ne Mwoyo we gwe yatuwa okuweereza abalala mu kwefiiriza, tusobola okununulibwa okuva mu kuwangulwa abalabe baffe n'embeera zaffe ne tutuusibwa ku ndowooza ey'obuwanguzi ejulira eri ensi amazima ge tulangirira.

## Luubirira okufuna empeera. Abafiripi 3:12-14

> *12 Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze okutuukirira, wabula nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfune. 13 Abooluganda, mmanyi nti sinnakifuna, naye kye nkola kwe kwerabira ebyo ebiri emabega ne nduubirira ebyo ebiri mu maaso. 14 Nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Obulokozi y'empeera eri abo abagumiikiriza.
>
> Entaputa y'Amazima B: Okutambulira mu bulamu bw'okubonaabona kwa Kristo n'amaanyi ge y'empeera y'abo abagumiikiriza.

Kirungi okwejjukiza ekintu kye twayogeddeko edda: waliwo ekirabo era waliwo n'ekirabo eky'obwereere era n'empeera. Obulokozi obutaggwaawo kirabo kya bwereere eri atakkiriza, naye empeera olw'obwesigwa kirabo ekifunibwa omukkiriza. Kiki omutume Pawulo ky'ayogerako wano?

Tekirabika nti ayogera ku bulokozi obw'olubeerera, kubanga kyeyoleka bulungi nti Pawulo yali tabuusabuusa bulokozi bwe mu bbaluwa eno oba ewalala wonna. Singa ekyo yakikola, yandikontanye n'okubuulirira kwe okw'obuvumu eri abasomi b'ebbaluwa ze, n'atyoboola obuyinza bwe ng'omutume, era n'okumalamu enjiri ye ekinogezi ekigikakasa okubeera ekisuubizo ky'obulokozi. Ekitundu kino kiraga nti Pawulo yaliko ekintu ekirala ky'agoberera —ekirabo. Obujulizi bwe buli nti "Kristo Yesu gye

yantekera" (3:12) era ku musingi ogwo, kati anoonya obugagga mu bujjuvu obw'ekyo Kristo ky'amwagaliza. Ekigendererwa ekyo kinnyonnyolwa mu lunyiriri olwe 14 nga "empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu" ekisinga okulabika nga kijuliza ekyo kye yayogerako emabegako ng'okwagala kwe mu nnyiriri 10-11: nga kwe kumanya Kristo (mu makulu g'okumanya okuzitowa okuva mu bumanyirivu), okulaba amaanyi ge gamu agazuukiza Kristo mu bafu, era olabe okussa ekimu ku kubonaabona kwa Kristo (si lwa kibi, wabula olw'okukola ekituufu). Pawulo yafuba okuyingira mu kwebonnanya okujjuvu ne Yesu Kristo mu bulamu bw'okubonaabona kwe n'amaanyi g'okuzuukira kwe (laba. Bar. 6:4-5). Bye tulabye mu bulamu bitulaga nti abantu ababonaabonera awamu babeera nenkolagana enjawulo abalala gye batasobola kubeera nayo. Ng'ekyokulabirako, lowooza ku nkolagana ey'awamu wakati w'abakazi ababonaabona okuyita mu kubeera n'embuto, oba wakati w'abo ababonaabona nga balina kookolo.

Pawulo era alangirira okwagala kwe "okutuuka mu kuzuukira okuva mu abafu" (3:11). Pawulo ayogera ku ki? Waliwo enzivuunula nnyingi, naye ekisumuluzo kirabika kiri mu kigambo eky'enjawulo ekikozesebwa ku kuzuukira, ekyandivvuunuddwa mu bufunze nga "okuzuukira okw'ebweru" (*exanastasin*). Kirabika Pawulo ayogera ku lunaku lw'Okukwakkulibwa kw'olwo ng'abakkiriza abafu mwe bagenda okuzuukizibwa okuva mu ntaana (kwe kugamba, okuva mu bafu) n'abakkiriza abalamu nga bafuusibwa ng'ebibinja byombi bisisinkana Mukama waffe Yesu mu bbanga. Pawulo bw'agamba nti asuubira okubeerawo okutuusa ku lunaku olwo. Yali tabuusabuusa kukwakkulibwa kwe oba okuzuukira kwe —"singa, mu ngeri yonna" (*ei pōs* n'eddoboozi ery'omutwe mu kikolwa) kivvuunuddwa bulungi NIV "era bwe kityo, mu ngeri emu oba endala" kiraga ebisingawo ku kigenda okuvaamu ekyetaagisa, era "okutuuka" (ekiva mu *katantaō*) kiyinza okuba n'amakulu agategeeza"okutuuka ku."

Kale entaputa y'Amazima B ey'ekitundu kino tefuula Pawulo kubeera nti abuusabuusa obulokozi bwe oba okuzuukira kwe, naye alaga okwagala kwe mu bujjuvu okumwagazisa okubonaabona n'amaanyi ga Yesu Kristo okutuusa bw'anaabeera ng'abeera bw'atyo ebbanga eddene, oluvannyuma akwakkulibwe okuva mu bulamu obw'engeri eno.

Ng'oggyeeko ebizibu by'okunnyonnyola n'ebyengeri abantu gye bateegeramu Katonda eby'entaputa y'Amazima A eraga nti Pawulo yali abuusabuusa obulokozi era ng'afuba okubufuna, waliwo ebinakuwaza bingi eri endowooza ng'eyo kubanga eremererwa okutegeera ekyandibadde ekiruubirirwa kya buli Mukristaayo. Okufaananako Pawulo, naffe tusaanidde okufuba okulaba nga

tutambulira mu nkolagana ey'amaanyi ne Kristo okuyita mu kubonaabona olw'obutuukirivu nga Ye bwe yakola, era tusaanidde okwagala okutambulira mu bukulu bw'amaanyi ga Katonda og'okuzuukira nga Kristo bwe yagatambuliramu. Naye okutambulira mu bulamu buno obw'ebuziba tekikuweebwa nga kirabo; abakkiriza balina "okufuba" oba okugumiikiriza mu bwesigwa okutuuka ku kiruubirirwa ekyo era eyo y'empeera evaamu Katonda gy'ayagaliza eri buli mukkiriza. Ebyembi, entaputa y'Amazima A tekuwa ssuubi lino ery'omukisa.

## Bwe munyiikirira. Abakolosaayi 1:21-23

21 *Edda temwali kumpi ne Katonda, era ebirowoozo byammwe n'ebikolwa byammwe ebibi bye byabalabisa ng'abakyawa Katonda.*
22*Naye kaakano mutabaganye ne Kristo olw'okufa kwe, abanjuleyo mu maaso ga Katonda nga muli batukuvu era abataliiko bbala wadde ekyokunenyezebwa.* 23*Muteekwa okubeerera ddala mu kukkiriza nga munywedde era nga temusagaasagana okuva mu ssuubi ery'Enjiri gye mwawulira, eyabuulirwa abantu bonna abali ku nsi, nze Pawulo gye nafuukira omuweereza waayo.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu batabagana ne Katonda mu bulokozi singa beeyongera okukkiriza oba okunywerera ku nzikiriza y'Ekikristaayo.

Entaputa y'Amazima B: Abakristaayo bajja kuba n'ennyanjula ennungi eri Mukama ali ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango singa beeyongera mu kukkiriza.

Ekitundu kino kitera nnyo okutegeerwa ng'Amazima A, naye mu ngeri ez'enjawulo eziwerako. Abamu balowooza nti kiyigiriza nti abantu bajja kulokolebwa singa beeyongerayo okutuuka ku mazima g'Ekikristaayo. Abalala balowooza nti kiyigiriza nti abo bokka abagumiikiriza mu kukkiriza kwabwe okutuuka ku nkomerero y'obulamu bwabwe balokoka mu mazima. Ate abalala kino bakitaputa ng'okulabula nti Abakristaayo bwe batasigala nga banywevu mu kukkiriza kwabwe, bo bajja kufiirwa obulokozi bwabwe, ekifo kye tugobye ng'ekikontana n'okutegeera enjigiriza ya Baibuli.

Ekisooka, tusaanidde okukinyweza oba ng'okulabula kuwandiikiddwa okuva mu ndowooza egamba nti obulokozi kye kintu ekisoboka mu biseera eby'omu maaso oba ekintu ekyali kibaddewo eri abasomi bano. Obujulizi bulaga nti abasomi baali batambulira mu bulokozi ewatali kubuusabuusa. Pawulo abayita "abatukuvu era ab'oluganda abeesigwa mu

Kristo” (1:2) abalina erinnya ery’okukkiriza n’okwagala (oluny. 3). Mu kifo, balina.bakyusiddwa ne batwalibwa mu bwakabaka bwa Kristo (oluny. 13), banunuliddwa (oluny. 14), era nga batabagana ne Katonda (oluny. 21). Ekifo kyabwe eky’okutabagana mu kiseera kino kyawukana ku kifo kye baalina edda ekyabo abaawukanye ku Katonda n’abalabe be (oluny. 21).

Kale mu ntandikwa, kikontana n’ebigambo bya Pawulo ebikwata ku kifo kyobulokole bw’abasomi singa okutabagana kwabwe kufuulibwa okw’obukwakkulizo olw’ebyo by’ayogera mu lunyiriri 23: “bwe munaasigala mu kukkiriza.” Abasomi bano baali *tebagenda bugenzi mu kukkiriza*, naye baali “mu” kukkiriza. Bwe baba nga baali tebannalokolebwa, olwo “mu kukkiriza” tekiyinza kwogera ku kukkiriza kwabwe okw’obuntu, era tekiyinza kwogera ku mazima ga Kikristaayo agataliimu kigendererwa kubanga entandikwa y’ekyo kwe kumanya okulokola okwa Yesu Kristo.

Abamu abatwala okulabula kuno ng’Amazima B balowooza nti okutabagana ne Katonda kikwatagana n’okulabula okw’obukwakkulizo, naye bawakanya nti okuzimbibwa kw’akakwakkulizo kulina amakulu “okuva” nga bwe kiri “Bwe mweyongera, era ddala mujja kukikola.” Naye okuzimba kuno (embeera esooka ekakasa obutuufu bw’ensonga mu Luyonaani) tekitegeeza nti kiraga bukakafu bw’amazima, okukakasa kwokka olw’obulungi bw’enkaayana. Ebigambo by’embeera esooka esobola okuba ey’okuteebereza mu kifo ky’ebituufu era wadde nga kikontana n’amazima (laba Bag. 3:4).

Waliwo enzivuunula y’Amazima B esingako obulungi. Okweyongerayo mu “kukkiriza” (wetegereze nti Pawulo tagamba nti “kukkiriza kwo”) kiteekwa okutegeeza okweyongera mu kkubo ly’amazima g’Ekikristaayo ge baasooka okusisinkana nga kye bajje bamanye Yesu Kristo ng’Omulokozi waabwe. Gano ge mazima agakola omusingi eri obulamu bw’Ekikristaayo n’okutukuzibwa. Okuva okutabagana bwe kiri ekintu ekituufu eri abasomi, obukwakkulizo “singa mweyongera mu kukkiriza” buteekwa okubaako ekintu kye butunuulira mu biseera eby’omu maaso. Mu nnyiriri, ekyo lyandibadde ssuubi eriraga abasomi mu butukuvu n’obutabaako musango mu maaso ga Katonda (1:22). Ennyanjula eno eri Katonda esangibwa awalala mu Ndagaano Empya (2 Kol. 4:14; 11:2; Bef. 5:27; 1 Bas.5:23; Yuda 24) era nga bwe kikozesebwa mu Abaruumi 14:10, kitegeeza bulungi eky’omukkiriza okulabikira mu maaso ga Mukama ku Ntebe ya Kristo kw’Alisalira Omusango, awo obulamu bw’omuntu, si bulokozi bwa muntu we buliramulirwa (laba 1 Kol. 3:13; 2 Kol. 5:10). Ebigambo “mutukuvu, taliiko musango, era atavumibwa” tebikozesebwa kulaga kifo wabula omutindo ogulaga eddaala ly’okutukuzibwa omukkiriza ly’atuukako (laba

Bef. 5:27; 1 Tim 3:2; Tit. 1:6-7). Kyali kigendererwa kya Pawulo 'kwe kwanjulayo buli muntu ng'atuukiridde mu Kristo Yesu' (1:28). Buli mukkiriza ajja kwanjulwa eri Mukama ku lunaku olwo, naye si bonna nti bajja kuweebwa ekitiibwa ekyenkanankana.

Okutuuka ku ngeri zino n'ennyanjula ennungi bisinziira ku kusigala nga banywevu mu kukkiriza kwe baali bayize era kwe baali batambuliddemu mu njiri, naye era nga kiteekeddwa ku bo obutasenguka "okuva ku ssuubi ly'enjiri" lye baali bawulidde. *Essuubi* nalyo lifaananako bwe lityo okutuuka ku kukkiriza kubanga kwe kusuubira ekintu ekibaawo mu biseera eby'omu maaso. Pawulo ajjukiza abasomi bano "essuubi eribaterekeddwa mu ggulu" lye baawulira okuyita mu njiri ey'ekisa eyababuulirwa (1:5-6). Ekisumuluzo ky'okutaputa 1:21-23 y'enkolagana eriwo wakati w'essuubi n'ebibala byalyo nga Pawulo bwe yalinnyonnyolako mu 1:4-6. Essuubi lyabwe lyavaamu okukkiriza okugenda mu maaso mu Yesu Kristo n'okwagala eri abakkiriza abalala (1:4). Mu ngeri endala, obwesige bwe baalina mu biseera eby'omu maaso olw'enjiri (essuubi lyabwe), lyalina akakwate akatukuza obulamu bwabwe (ekikolwa ekitukuza eky'essuubi kirabibwa mu bitundu ebirala eby'Endagaano Empya nga bwe kiri: Bar. 5:2; 12:12; 2 Kol. 3:12; Beb. 7:19; 1 Yok. 3:3). Singa abasomi bava mu ssuubi lino ery'obwesige, ebibala by'essuubi bijja kukosebwa era n'ekivaamu kwe kwanjulwa kwabwe okulungi eri Mukama okubeera mu lusuubo.

Enjawulo eri wakati w'Entaputa y'Amazima A n'Entaputa y'Amazima B nnene nnyo. Bwe kiba nti obulokozi bwesigamye ku kugumira mu kukkiriza oba obwesigwa, olwo obukakafu bw'obulokozi bubeera tebuliiwo. Ewatali ssuubi kkakafu ely'obulamu obutaggwaawo, ebigendererwa eby'okwesiga Katonda n'okwagala abalala libeera ligyiddwaawo. Obutabeerawo na ngeri zino ezitukuza, okwekenneenya okulungi ku Ntebe y'Omusango eya Kristo kubeera kuli mu lusuubo oba nga kusuuliddwa. Mu bufunze, abakkiriza tebasobola kukulira ddala nga bali mu mbeera ey'okubuusabuusa n'obutekakasa. Essuubi gguluggulu n'obukakafu bw'obulokozi omukkiriza bumuwa ebintu byombi, ekigendererwa n'eddembe okwesiga Katonda n'okwagala abalala. Essuubi n'obukakafu ng'ebyo birina okwesigamizibwa ku njiri ey'ekisa kya Katonda, so si ku kufuba kw'abantu.

## Omulimu ogw'okukkiriza. 1 Abassesolonika 1:3

> *Nga tujjukira omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala n'okugumiikiriza okw'essuubi mu Mukama waffe Yesu Kristo mu maaso ga Katonda era Kitaffe.*

Entaputa y’Amazima A: Okukkiriza okuweesa obutuukirivu kulina okuzingiramu ebikolwa.

Entaputa y’Amazima B: Okukkiriza okutukuza kuvaamu ebikolwa.

Okwebaza okw’ennyanjula okuwandiikiddwa mu bbaluwa kuva mu Pawulo olw’okujjukira ebintu bisatu by’ayogera mu ngeri ekwatagana. Bwe bitwalibwa ng’engeri efaanagana, bitegeeza Abasessaloniika abaakola ebikolwa ebirungi oluvannyuma lw’okulokoka, ebyaleetebwa okukkiriza, okukola okwaleetebwa olw’okwagala, n’obugumiikiriza obwaleetebwa essuubi. Ebintu bino biva mu kulondebwa kwabwe Katonda, okwaniriza kwabwe enjiri, n’okugoberera kwabwe abatume (1:4-6). Pawulo tategeeza nti empisa zino ennungi zikakasa okukkiriza kwabwe (agandibadde Amazima A), naye kyokka yeetegereza ebintu bino oluvannyuma lwabwe okusembeza enjiri. Okukkiriza kw’ayogerako mu lunyiriri 3 kwe kusinga okutwalibwa ng’okukkiriza okutukuza (Amazima B), ng’okwagala n’essuubi bwe bitukuza empisa ennungi. Tayogera ku kukkiriza kwabwe okuweesa obutuukirivu okutuusa ku nnyiriri 4-11. Mu nnyanjula efaananako bw’etyo mu 2 Abasessaloniika, Pawulo ayogera ku kukkiriza okutukuza ng’okukkiriza okukula n’okubayamba okugumira okuyigganyizibwa n’ebibonyoobonyo (2 Abas. 1:3-4). Ate era, tulaba ekigambo kye kimu, “omulimu ogw’okukkiriza,” nga kikozesebwa bulungi ku bulamu bw’okutukuzibwa mu 2 Abasessaloniika 1:11.

Tekibeera kituufu n’akamu okukozesa olunyiriri luno okugamba nti okukkiriza okulokola kulina okuzingiramu ebikolwa. Entaputa ng’eyo tesibuka mu byawandiikibwa, n’olwekyo eva mu kumatira kw’omuntu kw’alina ku bikwata ku Katonda. Tulokoka okusookera ddala nga tuyita mu kukkiriza mu Kristo olw’ebikolwa ebirungi ebiva mu lugendo lwaffe olw’okukkiriza lwe tutambulira mu Mukama.

## Abo abagaana okukkiriza. 1 Timoseewo 1:19-20

19 *ng'onyweza okukkiriza n'Omwoyo omulungi, abalala gwe basindika eri ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe.* 20 *Mu abo mwe muli Kumenayo ne Alegezanda, be nnawaayo eri Setaani, balyoke bayigirizibwe obutavumanga.*

Entaputa y’Amazima A: Kumenayo ne Alekizanda baagaana okukkiriza kw’Ekikristaayo ne bafiirwa obulokozi bwabwe, oba ne bakakasa nti baali tebaalokolebwanga.

Entaputa y’Amazima B: Kumenayo ne Alekizanda baagaana okutambulira mu kukkiriza kw’Ekikristaayo era ne bafuna ebizibu eby’amaanyi ebyali eby’ekiseera obuseera.

Obujulizi obuli mu kiwandiiko buzitowa nnyo nga butunuulira entaputa y'Amazima B. Kumenayo ne Alekizanda boogerwako ng'abantu abakontana n'obwesigwa bwa Timoseewo. Kitegeezebwa mu lunyiriri 5 nti Timoseewo alina okukkiriza n'endowooza ennungi era asiimibwa mu lunyiriri 18 olw'okulwana olutalo olulungi. Zino zonna nsonga za bulamu bwa Kikristaayo, so si nsonga za bulokozi. Mu kifo ky'okulwana olutalo olulungi olw'okukkiriza n'endowooza ennungi, Kumenayo ne Alekizanda baamenya obulamu bwabwe obw'Ekikristaayo.

Ekigambo "okumenyeka" (kiva mu *nauageō*) mu butuufu, kisobola okutegeeza okumenyeka kw'eryato (2 Kol. 11:25), oba mu ngeri ey'akabonero kitegeeza okubonaabona okw'okufiirizibwa, okufiirwa, oba akatyabaga nga bwe kirabika wano. Tewali kintu kyonna ku kigambo ekyo nti ekitegeeza okufiirwa obulokozi oba embeera y'obutalokolebwa. Abakristaayo basobola okusisinkana akatyabaga. Akatyabaga Kumenayo ne Alekizanda ke baayolekera nako kaali kakwata " ku kukkiriza," okusingira ddala nga koogera ku kukkiriza kwabwe okw'Ekikristaayo so si kukkiriza kwabwe ng'abantu okuva akoogeza "o" lwe kakozesebwa, wadde nga mu mazima ddala nakyo kitegeeza ekizibu ky'okukkiriza okw'obuntu.

Abo abandyesigamye ku ntaputa y'Amazima A bayinza okukaayana nti abasajja bano tebaasobola kubeera nga baali balokole kubanga baagaana enzikiriza y'Ekikristaayo. Kyokka, ekyawandiikibwa kiraga nti kye baali bagaanye kwe kukkiriza era nokuba n'endowooza ennungi, empisa ennungi ez'Ekikristaayo Pawulo ze yasiima ku Timoseewo. Wadde kiri kityo, bwe baba nga bagaana enzikiriza y'Ekikristaayo yennyini, kino tekitegeeza kufiirwa bulokozi oba okukakasa nti tebaalokolebwa. Abakristaayo basobola okukuba amazima omugongo (ekigambo "okugaana" [kiva mu *apotheō*] kiyinza okutegeeza *okusindika ebbali* oba *okuwakanya*) mu kigera eky'enjawulo. Omuntu yeetaaga okulowooza ku kinyusi ekiri mu bbaluwa eri Abebbulaniya, awamu n'obujulizi obulala mu Ndagaano Empya:

- Peetero yeegaana Mukama (Luk. 22:34, 54-62).
- Omutume Pawulo alagula okwewaggula mu biseera eby'oluvannyuma (1 Tim. 4:1-3).
- Okulabula okuli mu 1 Timoseewo 4:16 kulaga nti Omukristaayo asobola okuva mu kukkiriza.
- Waliwo bannamwandu mu kkanisa "abaakyuka okugoberera Setaani" (1 Tim. 5:14-15).

- Omutume Pawulo ayogera nti walibaawo abaliva mu kukkiriza (1 Tim. 6:20-21).
- Abo abaalekulira omutume Pawulo ne bamuwakanya (2 Tim.1:15; 4:9-10, 14-16) balina okulagirwa mpolampola basobole okuwona emitego gya Setaani (2 Tim. 2:24-26).
- Abo abakyama ne bava ku mazima basobola okukyamya okukkiriza kw'abalala (2 Tim. 2:18).

Ate era, ekigambo ekitegeerekeka obulungi ekiri mu 2 Timoseewo 2:13 kiri nti "Bwe tutaba beesigwa, [mu bufunze, *obutakkiriza,* ekiva mu *apisteuō*], Ye [Katonda] asigala nga mwesigwa; Tasobola kwewakanya." Obulokozi bwaffe businziira ku kukkiriza kwaffe okwasooka okusobola okuweebwa obutuukirivu, so si kukkiriza kwaffe okugenda kweyongerayongera, okuyinza okutuyiwa mu lugendo lwaffe olw'Ekikristaayo.

Ekiyinza okusindika abamu okutuuka ku ntaputa y'Amazima A ky'ekigambo ku Pawulo ekigamba nti yawaayo Kumenayo ne Alekizanda eri Setaani. Naye ne wano, ekyawandiikibwa tekigamba nti baaweebwayo eri Setaani okubatwala mu ggeyeena oba mu bwakabaka bw'ekizikiza. Ekigendererwa kya Pawulo mu kikolwa kino kyali nti abasajja bano 'bayige obutavvoola." Tekyandibadde kya makulu Pawulo okuyigiriza abantu abatali bakkiriza obutavvoola. Ekikolwa kye ku nkomerero kwali kubakangavvula okwali kugenderera okukomyawo abakkiriza bano abaali baasobezza ennyo. Amazima gano gatujjukiza eddagala lya Pawulo eri ow'oluganda eyayonoona mu kkanisa y'Abakkolinso (1 Kol. 5:3-5; 2 Kol. 2:1-11), ekiyinza okuba nga kyali kisinga kwogera ku kugobebwa mu kkanisa, ekyali kimuteeka mu kabi ak'enkwe za Setaani mu nsi muno.

Abakristaayo basobola okukola ebibi ebisinga okuba eby'amaanyi, omuli n'okugaana enzikiriza ezabalokola. Naye tulaba nti ebivaamu nabyo biba bibi nnyo.Wadde nga kiyinza obutaba mu bikolwa by'abatume, Abakristaayo baakyewaggula mu nnaku zino abo abaleka obukuumi bw'amazima ga Katonda n'ekkanisa ye ne beeteeka mu kifo eky'akabi Omubi gy'afugira.

## Nywezanga obulamu obutaggwaawo. 1 Timoseewo 6:17-19

[17] *Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano, obuteekuluntaza, wadde okwesiga obugagga kubanga si bwa lubeerera, wabula beesige Katonda atuwa byonna olw'okwesanyusanga,* [18] *bakole ebirungi, babe bagagga mu bikolwa ebirungi, nga bagabi, era abaagala okugabana n'abalala.* [19] *Bwe batyo beeterekere obugagga obw'engeri eyo nga gwe*

*musingi omulungi ogw'ebiseera ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu obutaggwaawo.*

> Entaputa y'Amazima A: Abo abagagga mu bikolwa ebirungi bajja kufuna empeera y'obulamu obutaggwaawo.
>
> Entaputa y'amazima B: Abo abagagga mu bikolwa ebirungi bajja kunyumirwa omutindo gw'obulamu obw'obwakatonda.

Kino kigambo eri abagagga abo abali wansi w'obulabirizi bwa Timoseewo. Si kigambo ku ngeri ki Timoseewo gy'alina okuyisaamu abatakkiriza bonna oba abakkiriza bonna. Kirabika bulungi nti abagagga bano baali bakkiriza kubanga 1) Bakwatagananga ne Timoseewo, 2) Okukola ebikolwa ebirungi, okugaba, n'okugabana mpisa nnungi ez'Ekikristaayo, 3) "Ekiseera ekijja" kyogerwako mu ngeri ennungi n'obukakafu.

Abamu kino bayinza okukitwala ng'Amazima A olw'ekigambo ekisembayo "basobole okunyweza obulamu obutaggwaawo," nga bwe kivvuunulwa mu NKJV. Kyokka, ekigambo "obutaggwaawo" tekiri mu byawandiikibwa by'Oluyonaani. Enzivuunula ezisinga obungi enkulu zikkiriziganya mu makulu ne ESV eyogera nti, "obulamu obw'amazima bwennyini" (laba. Baibuli ya NET, NASB, NIV). Mu 6:12, ekigambo "obutaggwaawo" kikozesebwa Pawulo bw'agamba nti, "Lwana okulwana okulungi okw'okukkiriza, nyweza obulamu obutaggwaawo." Naye ensonga y'ebitundu byombi efaanagana. Okubuulirira kwa Pawulo eri Timoseewo mu 6:19 kwe kuba nti abakkiriza abagagga tebalina kussa bwesige bwabwe mu bugagga obuggwaawo, naye okubussa mu Katonda ne mu kumuweereza. Okufuula Katonda ensonga esinga obukulu mu bulamu bw'omuntu, bwe bulamu obwa nnamaddala. Ye muntu okunyumirwa omukwano ne Katonda ogufunibwa mu bulokozi, nga bwe bulamu obujjuvu obwogerwako (Yok. 10:10; 17:3).

Okwekolera omusingi omulungi kyogera ku mpeera ezirigabibwa mu biseera eby'omu maaso, oba nga Yesu bwe yakyogera, ng'akiyita okweterekera eby'obugagga mu ggulu (Mat. 6:20). Kyandibadde kyewuunyisa okujuliza eky'okufuna obulamu obutaggwaawo ng'akozesa olulimi luno. "Omusingi" (*themelios*) gulina ekirowoozo ky'ekintu ekiwa obutebenkevu gamba ng'etterekero oba eky'obugagga. Kati "ekiseera ekijja" tekyogerwako mu lunyiriri olwe 19 ng'ekintu ekiyinza okubaawo, wabula ng'ekikakafu ekiribaawo. Ekiriko akakwakkulizo (ekyolesebwa n'embeera eyinza okubawo oba obutabaawo) kwe kunyweza "obulamu bwennyini."

Amazima gano B amakulu gatuyigiriza nti abakkiriza bonna boolekedde ebiseera eby'omu maaso mu ggulu n'obwakabaka bwa Katonda, naye abakkiriza abamu bajja kufuna ekisingako eky'obugagga ekibalindiridde. Tuyinza okugamba nti abakkiriza abo "baaweereza dda eby'obugagga ne bibasookayo." Bano beebo abayize okussa essira ku Katonda mu kiseera kyabwe kaakano, so si ku bugagga bwabwe, era banyumirwa obulamu ne Katonda obusingako ku bw'alala okuba obulungi.

## Singa tumwegaana. 2 Timoseewo 2:10-13

10 *Kyenva ŋumira ebintu byonna olw'abalonde nabo balyoke balokolebwe era bafune, n'ekitiibwa ekitaggwaawo ekiri mu Kristo Yesu.* 11 *Ekigambo kino kyesigwa ekigamba nti: "Obanga twafiira wamu naye, era tulibeera balamu wamu naye.* 12 *Obanga tugumiikiriza awamu naye, era tulifugira wamu naye. Obanga tumwegaana era naye alitwegaana.* 13 *Ffe bwe tutaba beesigwa, ye aba mwesigwa, kubanga teyeewakanya.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abalonde bajja kugumiikiriza mu bwesigwa okufuna obulokozi, naye abo abeegaana Kristo baliba yeegaana obulokozi.

Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza bakakasiddwa obulokozi era abakkiriza abeesigwa nabo bajja kufuga ne Kristo ate abakkiriza aba okwegaana Kristo ajja kugaanibwa empeera y'okufuga naye.

Ekitundu kitandika n'ekigambo okuva eri omutume Pawulo nti yali agumiikiriza (oluny. 10), nga kyeyoleka bulungi nti kitegeeza okubonaabona kwe (oluny. 9). Naye tagumiikiriza ku lulwe, wabula ku lw'abalala. Kale ekigambo "okugumira" si kakwakkulizo ka bulokozi bwe obw'olubeerera, wabula okusobozesa abalala "basobole okufuna obulokozi obuli mu Kristo Yesu" (oluny. 10). Okugumiikiriza kwa Pawulo ky'amazima nti tekusobola kulokola balala emirembe gyonna, kale kino tukitaputa tutya? Abamu basobola okugamba nti Pawulo yabonaabona okutuusa enjiri eri abalonde basobole okulokoka. Kyokka, enkozesa eddirira ey'ekigambo "okugumira" mu lunyiriri 12 ayogera ku bakkiriza okuguma olw'empeera ey'omu maaso ey'okufugira awamu ne Kristo. Kino bwe tukissa mu birowoozo, obulokozi bw'olunyiriri olwe 10 kwe kwandibadde okutuukirizibwa okusembayo okw'obulokozi ng'abakkiriza bali ne Kristo era mu kitiibwa kye. Mu ngeri endala, Pawulo assaawo eky'okulabirako eky'okugumiikiriza mu bizibu olwo abakkiriza balyoke bamugoberera nga bagumira ebizibu, era bwe batyo balyoke batereke empeera yaabwe ey'omu maaso, nga kino ky'ekigendererwa ekyenkomeredde eky'obulokozi bwabwe.

Olwo Pawulo n'asoma ekyo bangi kye balowooza nti luyimba olw'ensengeka yaakyo olw'ebigambo ebikwatagana era ebifaanagana. Olunyiriri olwe 11 ky'ekirangiriro ekikakasa obulokozi bwaffe kubanga tuli bumu ne Kristo era tujja kubeera naye emirembe gyonna (Bar. 6:3-5; Bag. 2:20). Tulina okwetegereza nga bukyali nti kino kiwakanya ekyokuba ng'omuntu ayinza okufiirwa obulokozi, ekirina bye kireeta mu lunyiriri 12.

Mu lunyiriri olwe 12, waliwo akakwakkulizo ak'enjawulo n'embeera ekavaamu ey'enjawulo. Akakwakkulizo kwe kugumiikiriza; Pawulo kye yayogera edda ng'ayogera ku kubonaabona okuyita mu bizibu. Okugumiikiriza mpisa nkulu nnyo mu bulamu bw'Ekristaayo (okgz., 2 Tim. 2:3; Beb. 10:23, 36; 12:1; Yak. 1:2-4, 12). Nga bwe tulabye waggulu, ebiva mu kufuga tebitegeeza bulokozi, wabula empeera olw'obwesigwa — okufuga ne Kristo mu bwakabaka bwe, nga bwe kiyigirizibwa mu bitundu ebirala bingi (Luk 19:11-19; Kub. 2:26-27; 3:21; Kub. 22:3-5). Bwe twegaana Kristo, naye agaana okutusiima n'okutuwa empeera ye (laba okukubaganya ebirowoozo ku Mat.10:32-33). Okwegaana Kristo kiyinza okuba n'ekirowoozo ky'okuwakanya obusobozi bwa Kristo okuyamba okugumira okugezesebwa, naye era kiyinza n'okuzingiramu okwegaana enkolagana ye naffe mu bigambo (nga Peeterobwe yakikola emirundi esatu), oba okumwegaana mu bikolwa byaffe (laba. 1 Tim. 5:8).

Olwo olunyiriri olwe 13 lwogera ku mbeera endala yonna. Bwe tuba nga "tetukkiriza" (ekiva mu *apisteuō*, *ewatali kukkiriza*, *atakkiriza*; laba Bar. 3:3), Katonda asigala nga "mwesigwa" (*pistos*). Katonda mwesigwa eri ki? Abamu bakkiriza nti kino kitegeeza nti Katonda mwesigwa gy'ali mu ngeri nti ajja kusalira omusango abatali beesigwa gy'ali oba abamwegaana, nga bwe kyogerwako mu lunyiriri olwe 12. Kyokka, tekiyinza kulowoozebwako nti okutiisatiisa okusalirwa omusango kwandibadde kwesigamiziddwa ku mpisa ya Katonda ennungi ey'obwesigwa. Kino kiyinza okuba ekisuubizo ekizzaamu amaanyi ekigoberera okutiisatiisa okubi okwogerwako mu lunyiriri olwe 12. Amakulu gali nti newankubadde ffe tuyinza okumwegaana era ayinza okuttumma empeera, Katonda mwesigwa eri ekisuubizo kye nti tujja kubeera naye emirembe gyonna, nga bwe kirambikiddwa mu lunyiriri olwe 11. Kino kigenderera okuzzaamu abakkiriza amaanyi.

Bwe kiba nti ddala luno luyimba oba kutontoma, olwo ensengeka ekulukuta mu ngeri ey'ekitontome ekirippaganye —enkolagana ekyusiddwa mu bigambo ebikwatagana. Singa tukozesa ebika by'Amazima A n'Amazima B, tufuna kino:

| **Olunyiriri** | **Nabansasaana** | **Enzimba y'Ekiyungiro** | **Ekika A/B** |
|---|---|---|---|

| | | | |
|---|---|---|---|
| 2:11 | Bwe tuba nga twafa naye, Naffe tujja kubeera naye. | X-1 | **Amazima A** Obulokozi bukakasibwa Okusinziira ku kwegatta kwaffe ne Kristo. |
| 2:12a | Bwe tugumiikiriza, Naffe tujja kufugira wamu naye. | Y-1 | **Amazima B** Empeera esuubizibwa abo abagumira obuzibu. |
| 2:12b | Bwe tumwegaana, Era naye ajja kutwegaana. | Y-2 | **Amazima B** Obutaweebwa mpeera busuubizibwa abo abeegaana Kristo. |
| 2:13 | Bwe tutabeera beesigwa, Ye asigala mwesigwa; kubanga Ye tasobola kwewakanya. | X-2 | **Amazima A** Obulokozi bukakasibwa okusinziira ku bwesigwa bwa Katonda bw'alina eri ekisuubizo kye nti tujja kubeera mu ye. |

Ekitundu kino bwe bukakafu bw'okuzzibwamu amaanyi ku bulokozi bwaffe obutaggwaawo nti tetusobola kubufiirwa era kwe kulabulwa nti empeera zisobola okutusuba. Engeri Katonda gye yakolaganamamu ne Isirayiri eraga amazima gano. Wadde nga Isirayiri kaakati yeegaana Kristo era eri wansi w'okukangavvulwa kwa Katonda, lumu bajja kuzzibwawo kubanga Katonda mwesigwa eri ebisuubizo bye yakola eri bajjajjaabwe (Bar. 3:3-4; 11:25-32). Ebirabo bye tebikyuka (Bar. 11:29). Bwe kityo bwe kiri ne ku ffe Abakristaayo leero. Ne bwe tunaalekera awo okukkiriza oba ne tufuuka abatali beesigwa, Katonda ajja kusigala nga mwesigwa eri ekisuubizo kye eky'okutulokola emirembe gyonna, newankubadde nga ayinza okutumma empeera y'okufugira awamu naye.

## Okukuuma okukkiriza. 2 Timoseewo 4:7-8

7 *Nnwanye okulwana okulungi, mmalirizza olugendo lwange, nkuumye*

*okukkiriza kwange.* [8] *Kye nsigazza kwe kufuna engule ey'obutuukirivu enterekeddwa, Mukama omulamuzi omutuukirivu gy'alimpeera ku lunaku luli. Taligiwa nze nzekka, naye aligiwa n'abo bonna abeegomba okujja kwe.*

Entaputa y'Amazima A: Nga tugumiikiriza mu kukkiriza n'okwesunga okulabisibwa kwa Mukama, Pawulo asuubira obutuukirivu bwa Katonda olw'obulokozi ku nnamula erisembayo.

Entaputa y'Amazima B: Nga tugumiikiriza mu kukkiriza n'okwesunga okulabisibwa kwa Mukama, Pawulo asuubira empeera mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Abo abayigiriza nti omuntu alina okugumiikiriza mu kukkiriza ne mu bikolwa ebirungi okutuusa ku nkomerero y'obulamu bakozesa ekitundu kino okugamba nti Pawulo yasigala nga mwesigwa era bw'atyo asuubira Mukama okumubala ng'omutuukirivu bw'aliyingira mu bulamu obw'emirembe n'emirembe (Amazima A). Ekya Pawulo okugumiikiriza mu kukkiriza ne mu bikolwa ebirungi tekibuusibuusibwa. Naye ekyo kyamufunira obulokozi? Okutegeera okwo kuteebereza "engule ey'obutuukirivu" bwe butuukirivu obw'ekilamuzi obuweebwa omuntu olunaku lw'alokoka (Bar. 3:21-24; 2 Kol. 5:21). Okutwalira awamu, ekitundu kino olwo kyandiyigirizza nti obulokozi obutaggwaawo bujja lwa kulwanirira okukkiriza, omuntu okumaliriza obuweereza bwe mu bwesigwa, okusigala nga tuli beesigwa eri enjigiriza z'Ekikristaayo, n'okutunuulira eby'omu maaso mu kwagala eri Kristo okulabika. Kino kikontanira ddala n'enjigiriza ya Pawulo nti obutuukirivu buva mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo yekka (Bar 3:21-24; Bag. 2:16). Tulina okutaputa ekitundu ekitategeerekeka bulungi ekya 2 Timoseewo 4 nga tutunuulira okuyigiriza okutegeerekeka obulungi ennyo mu Baruumi n'Abaggalatiya.

Omulamwa guno tewali we gulagira nti Pawulo ayogera ku kufuna obulokozi ng'empeera. Ewalala wonna, yagaana ebikolwa ebirungi, wadde ebibye, okubeera omusingi gw'okufuna obulokozi obutaggwaawo (Bef. 2:8-9; Baf. 3:3-9). Wano, yali awuumbawuumba obuweereza ng'amanyi nti obulamu bwe bunaatera okuggwaako (oluny. 6). Engule y'obutuukirivu si butuukirivu bwa mulamuzi. Emabegako yali ayogedde ku ngule eyafunibwa munnabyamizannyo avuganya okusinziira ku mateeka (2:5). Kino kyayogerwa ng'okubuulirira Timoseewo okubeera ow'amaanyi mu Kristo (2:1-3). Engule kye kintu ekifunibwa ng'empeera, empeera Pawulo gye yali asuubira singa akangavvula omubiri gwe era n'atagobebwa (1 Kol. 9:25-27). Yakobo 1:12

eyogera ku “ngule ey’obulamu” eweereddwa eri Abakristaayo abo abagumira okubonaabona ne basigala nga beesigwa. Abakadde b’ekkanisa abafuga n’obwesigwa bajja kufuna “engule ey’ekitiibwa” (1 Peet. 5:4). Engule z’empeera eziri mu Mazima B eziweebwa abakkiriza. Bulijjo tekitegeerekeka bulungi engule zino kye zikiikirira, naye kyeyoleka bulungi nti z’empeera eri abakkiriza abeesigwa.

Eky’okulabirako kya Pawulo eky’okugumiikiriza okuweereza n’obwesigwa kisaanidde okutukubiriza okukola kye kimu era n’okusuubira empeera ze zimu. Obuweereza si bwa kavuyo naye olulwana olwa lawundi kkumi na ttaano, si lwa misinde gya kafubutuko wabula emisinde egy’omwetoloolo. Oweereza Katonda ng’osuubira ebirungi mu maaso? Tuyinza obutamanya byonna ebikwata ku mpeera zaffe, naye buli alizifuna, aligamba nti wamma yalyoka n’akola ebisaanira.

ESSUULA

# Ebbaluwa eri Abebbulaniya

9

EKITABO KY'Abebbulaniya kisaana okwogerwako mu nnyanjula ku ntaputa yaakyo ejja okukwata ku bitundu ebiteeseddwako wansi. Ebitundu bino, bangi bye basanga nga bizibu okutaputa bitegeerekeka mangu singa tusooka okutegeera omuwandiisi be yali awandiikira, na lwaki yabawandiikira, n'ekikula ky'emisango egyalimu okulabula mu bitundu ebitaano (2:1-4; 3:7-4:13; 6:1-8; 10:26-39; 12:25-29). Ekikulu ennyo, kye tulina okusalawo mu kutaputa ebbaluwa y'Abebbulaniya kwe kuba nti yawandiikibwa okugenda eri abatali bakkiriza ng'Amazima A, oba eri abakkiriza ng'Amazima B, oba eri ebibinja byombi.

Singa si lulimi olukambwe n'okutiisatiisa kw'ebitundu eby'okulabula, kyandibadde kyeyoleka mangu nti ebbaluwa y'Abebbulaniya yawandiikibwa okugenda eri abakkiririza mu Kristo. Ebweru w'okulabula, abasomi bayitibwa "ab'oluganda" (3:1; 10:19; 13:22). Ebintu eby'enjawulo ebyogeddwa gye bali bisobola kukozesebwa ku Bakristaayo bokka (3:1; 6:9; 5:12; 10:24-25), naddala ebibabuulirira ebiri mu ssuula eye 13. Singa tutunuulira ebbaluwa yonna nga bwe kisaanidde, omuwandiisi annyonnyola nti ekigendererwa ky'okuwandiika kwe eri "ab'oluganda" lwe, kwe kubabuulirira (13:22).

## Embeera y'Omwoyo ey'Abasomi b'Ebbaluwa

Bwe twetegereza ani ayogerwako mu bitundu eby'okulabula, ekyo tukiraba tewaliiwo nkyukakyuka yonna eraga nti omuwandiisi ayogera ku kibinja eky'enjawulo (ektgz., abatali bakkiriza) abaali mu kibinja ky'abasomi b'ebbaluwa abasing obungi. Bwe kiba nga waliwo ekintu kyonna, okwekenneenya obulungi ku lulimi lw'omuwandiisi *mu kulabula* kukakasa nti abo aboogerwako be Bakristaayo.

- Aboogerako ng'abakkiriza banne ng'akozesa enjogera eyogera ku bangi nga naye emuzingiramu. (2:13; 3:14; 4:1-3, 11; 6:1, 3; 10:26,

30, 39; 12:28)

- Era bayitibwa “ab’oluganda.” (3:12)
- Omuwandiisi agamba nti baali bakkirizza dda (4:3) oba baali bakkiriza. (10:39)
- Balina obwesige bw’Ekikristaayo oba obukakafu obw’emigaso gy’obugabirizi bwa Kristo era bagambibwa okunywerera n’okugumira mu bwesige obwo. (3:14; 4:14; 10:23, 35).
- Wadde ng’ekyo tebannaba kukikola, bali mu kabi ak’okugwa okuva ku kukkiriza kwabwe, ekiraga ensonga y’okwabulira obulamu bw’obulokozi mu Kristo. ( 2:1; 3:12; 6:6; 10:39; 12:25)
- Bakubirizibwa okuyingira mu kiwummulo kya Katonda (4:11) n’okweyongera okukula (6:1), gyombi miganyulo gy’abakkiriza bokka.
- Baabonaabona olw’okukkiriza kwabwe nga bamaze “okumulisibwa.”(10:32-34)
- Tewali muntu yenna yagambibwa kukkiririza mu Kristo ng’Omulokozi, ensobi ey’amaanyi bwe kiba ng’ebbaluwa eno yandiikibwa eri abatakkiriza.
- Obulamu bwabwe obwokutambulira mu mikisa egitambulira mu bulokozi ginnyonnyolwa mu bulambulukufu mu bigambo eby’Ekikristaayo. (6:4-5; 10:26, 29-30, 32, 30)38).
- Eby’okulabirako by’Endagaano Enkadde ebya Katonda okukangavvula abantu byogera ku basomi b’ebbaluwa ng’abantu ba Katonda. (3:16; 10:30)
- Bakubirizibwa okuweereza Katonda n’ekitiibwa (12:28), ekintu ekyandibadde kikwata ku bakkiriza bokka.
- Ebisuubizo by’empeera ez’enjawulo eri abasomi olwobwesigwa mu kugumiikiriza n’obuwulize bikwata ku bakkiriza bokka. (3:14; 4:9, 10).11; 10:34-35; 12:28)

Ekyenkomerero ekiteewalika era ekirabika amangu ku basomi b’ebbaluwa mu Bebbulaniya kiraga nti baali bakkiriza.

## Ekigendererwa ky'Omuwandiisi

Ekisumuluzo eky'okubiri eky'okutaputa Abebbulaniya kwe kutegeera ekigendererwa ky'omuwandiisi ekyamuwandiisa. Mu ngeri endala, kiki ky'agezaako okutuukiriza n'abasomi be? Ng'oggyeeko okulabula, twetegereza okunnyonnyolwa kw'obusukkulumu bwa Yesu Kristo n'Endagaano Empya ku Musa, obwakabona, ne Endagaano Enkadde ey'Amateeka ga Musa. Nga bitwaliddwa wamu n'okulabula, ffe tubamaliriza nga tukiraba nti abasomi baali balekedde awo okukulaakulana mu nzikiriza yaabwe ey'Ekikristaayo era nga balowooza ku ky'okuddayo mu ddiini y'Ekiyudaaya (2:1; 3:12; 6:6; 10:39; 12:25), ob'olyawo okuwona okuyigganyizibwa (10:32-34; 12:4). Omuwandiisi abalaga obusukkulumu bwa Kristo, obunafu bw'enkola ya Musa, era n'ebivaamu ebibalindiridde singa balekulira okukkiriza kwabwe okw'Ekikristaayo ate ne baddayo wansi w'Amateeka. Waliwo n'ekigendererwa ekirungi; omuwandiisi abakubiriza okunywerera ddala n'okusigala nga beeyongerayongera mu nzikiriza yaabwe ey'Ekikristaayo n'okukula (3:6; 4:14; 5:11-6:1, 11-12; 10:23; 12:1-3) basobole okunyumirwa obujjuvu bw'enkomerero yaabwe mu bulamu buno ne mu bwakabaka (laba okukubaganya ebirowoozo ku Abebbulaniya 3:18-19).

## Ekikula ky'Okulabulwa

Ekisumuluzo eky'okusatu eky'entaputa ky'ekikula ky'okutiisatiisa okuli mu kulabula. Balabulwa ku mitawaana egiyinza okuva mu mbeera eyo, naye ekyo kitegeeza balabulwa ku ggeyeena? Ekyokwogera ku muliro kyokka kimala bangi okusalawo nti ggeyeena ye yali eyogerwako. Bwe tukikuumira mu birowoozo nti ebbaluwa yali esomebwa Abakristaayo, tukola okwekkenneenya ku ngeri Baibuli gy'ekozesaamu omuliro:

- Omuliro kabonero akoleka obusungu bwa Katonda obukangavvula abantu be mu Ndagaano Enkadde. ( Kubal. 11:1-3; Is. 9:19; Yer. 11:16; Kuk. 2:3-4; Kuv. 22:20-22; Amo. 2:5; Zab. 78:21)
- Omuliro kitundu ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango eri abakkiriza mu Ndagaano Empya. (1 Kol. 3:13-15)
- Omuliro era guyinza okutegeeza okutukuza kwa Katonda (Zab. 66:12; Mal. 3:2; 1 Peet.1:7) oba obuggya. ( Ma. 4:24; Zab. 79:5; Zef. 1:18 )
- Geyeena, omuliro ogw'olubeerera, okubonyaabonyezebwa okw'olubeerera, tebyogerwako mu kulabula kw'Abaebbulaniya.

Obutabeerawo kutiisibwatiisibwa kwonna okw'olwatu okw'omuliro ogwa ggeyeena mu Bebbulaniya tekikendeeza ku buzibu bw'omusango ogulaarikibwa eri abakkiriza mu bitndu ebirabula. Okulabula "kusigala nga kwa ntiisa" era kwoleka "obusungu obw'omuliro" obwa Katonda.

Embeera y'obulokole bw'abasomi, ekigendererwa ky'omuwandiisi eky'okusikiriza abasomi b'ebbaluwa okweyongerayo mu kukkiriza kwabwe, n'okusobola okusalirwa omusango ogw'amaanyi ogw'abantu ba Katonda abajeemu kituleetera okutaputa ekitabo ky'Abaebbulaniya ng'Amazima B agakwata ku Bakristaayo. Wadde ng'Amazima A gasigalawo mu bijjukizo ku bulokozi bwabwe obw'olubereberye, okubuulirira, okulabula, n'okuteeka ebintu mu nkola ekigwa mu Mazima B. Nga tulina endowooza eno, twogera ku bitundu ebimu ebitongole ebitera obutategeerwa.

## Tuliwona tutya? Abebbulaniya 2:1-4

> 1*Kyekivudde kitusaanira okussaayo ennyo Omwoyo ku bintu bye twawulira, si kulwa nga tuwaba ne tubivaako.* 2 *Obanga ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyakola, na buli eyayonoona era n'ajeemera ekigambo ekyo, yaweebwa ekibonerezo ekimusaanira,* 3 *ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira.* 4 *Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero ebitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abo abava mu kukkiriza oba abava mu kwatula okukkiriza tebajja kusimattuka musango gwa ggeyeena.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abo abava mu kukkiriza tebajja kusimattuka omusango gwa Katonda ogw'okubakangavvula.

Okuwona ki? Ekyo kye kibuuzo ekikulu. Ggeyeena teyogerwako. Mu butuufu, tewali nsala ntongole eyogerwako, ekireeta okulabulwa kuno okubeera ng'ekibonerezo kyakwo tekimanyiddwa, ng'omuzadde bw'agamba omwana nti, "Tomanyi kye ŋŋenda kukukola singa onjeemera!

Omuwandiisi yeeyingizaamu n'enkozesa ye eya "ffe" ng'alaga nti gano ge Mazima B. Okulabula kuli ku kuwuguka okuva ku kintu. Omuntu tasobola kuwuguka kuva ku kintu kye yali takwataganangako nakyo, kale kino kiteekwa okuba nga kyogera ku nzikiriza y'Ekikristaayo gye baali baawulira (oluny. 1) era nga kijulirwa bulungi nnyo Mukama, ne kikakasibwa abatume (oluny. 3), era ne kikakasibwa eby'amagero (oluny. 4). Ekikula ky'ekibi kino

kigaziyizibwa mu bitundu ebirala eby'okulabula.

Abakristaayo abalagajjalira okukkiriza kwabwe oba abakusuula ettayo tebajja kusimattuka Omusango gwa Katonda ogw'okukangavvulibwa. Tusaanidde okunyiikira okukulaakulana n'okukula mu kukkiriza kwaffe okw'Ekikristaayo.

## Okuyingira mu kiwummulo kye. Abebbulaniya 3:18-19

> 18 *Era baani abo Katonda be yalayirira obutayingira mu kiwummulo kye? Si abo abataagonda?* 19 *Era tulaba nga baalemwa okuyingira olw'obutakkiriza bwabwe.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abo abajeema tebakkiriza era tebanywerera ku kwatula kwabwe okw'okukkiriza mu Kristo, bwe batyo tebajja kugenda mu ggulu.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abo abajeema tebakkiriza era tebanywerera ku kwatula kwabwe okw'okukkiriza mu Kristo, bwe batyo tebajja kutambulira mu mpeera ya Katonda ey'ekiwummulo.

Mu kunnyonnyola kw'Abaisirayiri okujeemera Katonda mu ddungu n'okulemererwa kwabwe okuyingira mu Nsi Ensuubize mu Abebbulaniya 3, obujeemu mu 3:18 kirabika bwogerwako mu ngeri y'emu n'obutakkiriza mu 3:19. Obutakkiriza buno bwenkanankana ne ky'abasomi obutanywerera ku bwesige bwabwe mu Kristo (3:12, 13).14) n'okuva ku Katonda omulamu (3:12), era kye kyalemesa Abayisirayiri obutayingira mu "kiwummulo" kyabwe kye basuubiza (4:6). Byonna bwe bigattibwa wamu, abamu bamaliriza nga bagamba nti okukkiriza bwe buwulize, era ky'ekiwummulo (kye bataputa wano ng'Ensi Ensuubize) nga ly'eggulu oba obwakabaka bwa Katonda. Bwe kityo, abo abatagondera Kristo tebajja kulokolebwa —Amazima A.

Kya lwatu nti waliwo enkolagana ey'oku lusegere wakati w'obutakkiriza n'obujeemu, n'okukkiriza n'obuwulize. Enkolagana yevaako ekimu okubaawo, naye ekyo tekifuula butakkiriza na bujeemu oba okukkiriza n'obuwulize okubeera nga bye bimu. Obujeemu bujulizi bwa butakkiriza ate obuwulize bukakafu bwa kukkiriza. Mu mboozi eno, obutakkiriza bwogerwako ng'obujeemu kubanga Abaisirayiri bwe batakkiriza kisuubizo kya Katonda ekikwata ku Nsi Ensuubize, bwe batyo baali bagaanye okugondera ekiragiro kye eky'okulya ensi eyo.

Naye okuva abasomi bwe baali abakkiriza (3:1, 12, n'enkozesa y'ekigambo "ffe" mu 3:6, 14, 15.19), kino kiraga nti ekiwummulo ekyali kyogerwako eky'omu maaso si bulokozi okusimattuka ggeyeena. Ekiwummulo kiyinza okutegeeza okutambulira mu mikisa eri abakkiriza abeesigwa ab'ennaku zino (4:1, 6, 9, 11), naye era n'okutambulira mu kiwummulo kw'obwakabaka mu eky'emyaka olukumi. Eri Abaisirayiri, okuwummula tekwali kuyingira buyingizi mu Nsi yokka, wabula n'okunyumirwa emiganyuloku gyayo, gamba ng'okuwummula okuva mu ntalo n'abalabe baabwe (Yos. 11:23; Abalamuzi 3:11, 12 .30; 5:31). Kale abakkiriza abawangaalira mu kukkiriza era abagumiikiriza mu kukkiriza kwabwe okw'Ekikristaayo banyumirwa emirembe nga bawummulira mu bisuubizo, enteekateeka, n'amaanyi ga Katonda. Guno gwe mukisa omuntu gw'ayinza okufiirwa mu bulamu buno ate ne mu bwakabaka olw'obujeemu obuzaalibwa obutakkiriza, obutakkiriza busukkulumu bwa Kristo ku ddiini y'Ekiyudaaya, n'ekisuubizo ky'emikisa egy'omu maaso mu bwakabaka.

Ensonga ey'ekiwummula ky'abakkiriza eky'omu maaso gwe mulamwa omukulu ogw'Abaebbulaniya. Omuwandiisi afaayo ku ngeri gye batambulira mu bwakabaka, so si kukubuyingira kwabwe. Awandiikira abantu abalokole b'ayita "abalina omugabo" (*metachoi,* 3:1). Tusooka okulaba ekigambo ekikozesebwa mu 1:9 nga kijulizibwa mu kigambo ekijuliziddwa mu Zabbuli 45:7, naye ekyavvuunulwa nga "bannaffe" (NKJV). Ensonga enkulu okuva mu Zabbuli eri nti Omwana wa Katonda ajja kufuga mu bwakabaka bwe ne "banne." Bamalayika tebajja kubeera na nkizo eno, naye bajja kuweereza bannaabwe bano "abagenda okusikira obulokozi" (1:13-14; 2:5). Ekiseera eky'omu maaso "bajja kusikira" tekitegeeza butuukirivu bwabwe obw'emabega, naye empeera yaabwe ey'omu maaso mu bwakabaka. Oluvannyuma lw'essuula eyo 2 ayanjula obwakabona bwa Kristo obukulu, essuula 3 ennyonnyola nti ye kabona afuga "ennyumba" ye nga Musa bwe yali kabona ku weema (3:2-5; laba. Kubal.12:7). Ennyumba ya Kristo oluusi etegeerekeka bubi ng'abantu bagiyita ekkanisa oba omubiri gwa Kristo, naye akakwakkulizo k'okubeera mu nnyumba ya Kristo si kwe kumukkiriza ng'Omulokozi; wabula kwe kunywerera ku kukkiriza kwabwe (3:6; 14). Ekigambo "bannaffe" ekikozesebwa eri abo abeesigwa okutuuka ku nkomerero y'obulamu bwabwe (3:14) era abaagala okusikira empeera ey'okugabana mu bufuzi bwa Kristo ku nsi (6:12, 17; laba. 2 Tim. 2:12). Kino kikulu kubanga okukubaganya ebirowoozo ku kifo kino kwe kukulembera okutuuka ku kukubaganya ebirowoozo ku

kiwummulo. Okuyingira mu kiwummulo ky'omuntu eky'omu maaso kisinziira nkola y'omukkiriza, kwe kugamba, okunywerera ku kwatula kwabwe okw'okukkiriza (so si kudda mu ddiini y'Ekiyudaaya). Gano ge Mazima B.

Entaputa y'Amazima B etulekera okukozesa okulowooza kwaffe. Ffe tulina okunywerera ku ssuubi lyaffe mu Kristo tuleme okufiirwa emikisa egy'ekiwummulo kya Katonda mu bulamu buno n'empeera y'ekiwummulo kye mu bwakabaka. Kino ky'ekika ky'obutakkiriza n'obujeemu ekisinga obubi omuntu okuva ku Kristo okudda mu kugoberera ekintu ekirala, kubanga tewali ddiini ndala, muntu mulala, oba nkola ndala eyinza kutuwa mikisa gino.

## Obulokozi eri abo bonna abawulize. Abebbulaniya 5:9

*Era bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abagondera Katonda.*

Entaputa y'Amazima A: Obuwulize buleetera omuntu atakkiriza obulokozi bwa Kristo obutaggwaawo.

Entaputa y'Amazima B: Okubeera n'obuwulize kireetera omukkiriza emiganyulo gyonna egy'obulokozi bwa Kristo mu bulamu buno ne mu biseera eby'omu maaso.

Mu mulamwa ogukulembera ekitundu kino, abasomi bategeezebwa nti Yesu Kristo yafuna ekifo kye ekya Kabona asinga Omukulu olw'obuwulize bwe (4:15; 5:7-8), era ekyamuweesa ebisaanyizo okuba "omutandisi" (*aitios*, oba *omuleesi*, *ensibuko*) y'obulokozi eri abalala abawulize. Bwe kityo mu ngeri y'emu, Abakristaayo bafuna emikisa gyabwe nga bayita mu buwulize. Obulokozi obwogerwako wano si bwe bw'okuweebwa obutuukirivu (era tekikozesebwa mu makulu g'okulaga obutuufu n'enkozesa yakyo endala mu Abebbulaniya: 1:14; 2:3, 10; 6:9; 9:28; 11:7), naye yeesunga bye bayitamu mu biseera eby'omu maaso eby'okubeera mu mikisa gy'obwakabaka. Ekikolwa ky'obuwulize eky'asookerwako okukkiriza Kristo ky'ekikolwa ky'obuwulize ekisooka okuteeka aboonoonyi wansi w'emigaso gya ssaddaaka ya Kristo ey'obwakabona n'obuweereza bwe. Naye obuwulize obusigala nga bukolebwa abakkiriza okusigala nga bafuna emiganyulo gy'obuweereza bw'Obwakabona Obusinga Obukulu, enkizo omuntu gy'ayinza okufiirwa (obutafaananako n'obulokozi

obutusimattula ggeyeena).

Okuba nti kino tekitegeeza bulokozi obutowonya ggeyeena nakyo kyeyoleka okuva munkozesa y'ekiseera ekiriwo ekya "mugondera," so si ekiseera ekiyise ekya "mwagondera." Obuwulize obutasalako si bwe buwonya omuntu ggeyeena; naye obuwulize obusookerwako obw'okukkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi. Nate era, endowooza y'obulokozi mu Abebbulaniya erina okutegeeza okw'enjawulo, nga si kununulibwa okw'enkomerero kwokka okuva mu ggeyeena, naye okubeerawo ensonga ya kaakano era ne mu biseera eby'omu maaso (1:14; 9:28). Obuwulize obutasalako busobozesa Omukristaayo okunyumirwa ensonga z'obulokozi mu kiseera kino ezikwata ku kiwummulo ky'omukkiriza (4:1, 3, 6, 7).9-11) n'emigaso gy'obuweereza bwa Kristo obw'obwakabona (4:14-16; essuula 7-10), nga kw'otadde n'ekitundu eky'omu maaso ng'ekintu eky'okusikira mu bwakabaka (1:14; 6:12, 13).17; 7:25; 9:15, 28; 12:28). Okuva ensonga y'ekitabo bwekwata ku kuziyiza Abakristaayo obutagwa n'okubakuumira mu miganyulo gyonna egy'obuweereza bwa Kristo, obuwulize olw'obulokozi bukozesebwa mu makulu g'Amazima B eri abakkiriza.

Ffe Abakristaayos kitugwanira okuwummulira mu mazima nga tukimanyi nti obuweereza obw'obwakabona bwa Kristo obwa kaakano butuwa emiganyulo gyonna egy'okusumululwa okuva mu kibi, obuvumu okusemberera Katonda, era n'obusika mu bwakaba bwa Katonda singa tutambulira mu buwulize.

**Singa bagwa okubivaamu. Abebbulaniya 6:1-10**

> [1] *Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako,*
> *tukule mu by'Omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako*
> *byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa*
> *eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu*
> *Katonda.* [2] *Tulekeraawo okuyigiriza obulombolombo*
> *obw'okubatizibwa, n'obw'okussibwako emikono, n'enjigiriza*
> *ey'okuzuukira kw'abafu, n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.* [3]
> *Katonda nga bw'asiima, tukule mu mwoyo.*[4] *Kizibu okuzza mu*
> *kwenenya abo abaamala okufuna ekitangaala ne balega ku birungi*
> *eby'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,* [5]*ne*
> *bamanya obulungi bw'ekigambo kya Katonda, ne balega ku maanyi*
> *ag'emirembe egigenda okujja,* [6] *naye ne bava ku Katonda. Baba*
> *bakomerera Omwana wa Katonda omulundi ogwokubiri, ne*
> *bamuswaza mu lwatu.*[7]*Ettaka ligasa omulimi, bwe lifuna obulungi*
> *enkuba, ne lisigibwamu ensigo era ne muvaamu ebibala ebirungi. Ne*
> *Katonda aliwa omukisa.* [8] *Naye bwe libaza amatovu, n'amaggwa,*
> *ettaka eryo teriba lya mugaso liba kumpi n'okukolimirwa. Ku*

*nkomerero, ebimezeeko byokebwa.*[9] *Naye abaagalwa, newaakubadde twogera bwe tutyo mmwe tetubabuusabuusa. Tumanyi nga mulina ebintu ebirungi era mukola ebintu ebiraga nti muli mu kkubo ery'obulokozi.* [10] *Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe omunene bwe gutyo, n'okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abava mu nzikiriza y'Ekikristaayo oba okufiirwa obulokozi bwabwe oba okukakasa nti tebalokolebwangako ddala era genda mu geyena.

Entaputa y'Amazima B: Abo abava mu nzikiriza y'Ekikristaayo tebalina kwegayirira kulala mu maaso ga Katonda era bajja kukangavvulwa nnyo.

Twakakasa dda nti abo abaayogerwako mu bitundu eby'okulabula be bakkiriza. Ennyonyola n'obwegendereza ey'abasomi bano mu mangu embeera yeetaaga okufundikira kuno (enny. 4-5). Abamu bandyogedde ku Mazima A okutaputa ekitundu kino, naye ensonga zaabwe zaawukana. Abamu bagamba nti okugwa kiraga nti bakyewaggula tebaalokolebwangako mu kusooka kwa byonna, wabula ekyo tekiyinza kunywerera okusinziira ku nyinnyonyola eziri mu 6:4-5. Abalala bwe batyo bagamba ekitundu kino kyogera ku bakkiriza abafiirwa obulokozi bwabwe. Abakkiriza tebasobola bafiirwa bulokozi bwabwe, naye bwe kiba ng'ekyo kye kiyigirizibwa wano, olwo ennyiriri 4 ne 6 nazo ziyigiriza nti tebasobola kuddamu kulokolebwa. Era n'omuwandiisi tayogera ku busobozi obuyinza okubaawo obw'abakkiriza okugwa okuva mu kukkiriza, ng'abamu bwe bagamba. Mu lunyiriri olwo 6, ekigambo eky'obukwakkulizo tekikwatibwa nga ekyali kiyinza okubaawo mu lulimi olwasooka. Ekigambo ekifaananako bwe kityo ekitegeeza okugwa kirabibwa mu 4:11, ekitegeeza eky'okulabirako ky'ekibi eky'okujeemera Mukama, ekyo kyaliwo e Kadesu-Barnea (laba. 3:12; Kubal. 14). Mazima ddala okugeraageranya kwe kwali kugendereddwa.

Ekikwata ku muwandiisi w'okulabula kuno kwe kukulaakulana okw'Omwoyo okwa abasomi, ky'ayogerako mu bitundu ebiteekebwa mu bbulakisi okulabula(5:12-14; 6:11-12). Bwe banaagwa okuva mu kukkiriza kwabwe mu Kristo, bajja obutagenda mu maaso mu kukula oba okusikira ebisuubizo by'okuwummula n'omukisa mu ebiriwo n'eby'omu maaso. Ekirala, bwe bagwa okuva ku Kristo nga badda emabega eri Amateeka ga Musa, tebalina kujulira kulala mu maaso ga Mukama. Bano dda yeenenya "ebikolwa

ebifu" eby'enkola ya Musa (6:1; geraageranya 9:14) era tebasobola mukole nate, kubanga kati be basinga okumanya. Edda, baali bagaanyi ssaddaaka z'Abayudaaya ne bakkiriza ssaddaaka ya Yesu Kristo ey'olubeerera. Okugenda okudda emabega n'okwekkaanya n'eddiini y'Ekiyudaaya kwe kwegaana mu lujjudde emigaso gya Kristossaddaaka era n'okulaga nti bakkiriziganya mu ngeri etegeerekeka nti Kristo yali agwanidde okufa, bwe kityo, ekigambo ekiri mu 6:6: "okuva bwe beekomerera nate Omwana wa Katonda, . n'omuswaza mu lwatu." Ng'olina endowooza ng'eyo, tekisoboka bakomyewo mu kwenenya. Abasomi bano abakkiriza bayinza okukola ekintu ekikulu okusalawo obutagenda mu maaso wabula okwegaana enteekateeka ya ssaddaaka ya Kristoera bwe batyo ne bafiirwa emigaso gy'okwewaana n'okukula mu Kristo. Bwe bakola bwe batyo, .tebasobola kwewozaako nti tebamanyi ne batandika buto. Nate, kino kyogera ku kikuluekyaliwo e Kadesu-Barnea eyogerwako mu 3:7-19 nga mu kino AbaIsirayiri abo abaasalawo okudda emabega tebakkirizibwa kuyingira mu Nsi Ensuubize, .newankubadde nga baagezaako (laba Kubal 14). Oluvannyuma omuwandiisi akozesa Esawu ng'ekyokulabirako kyaomu eyali tasobola kufuna mukisa mulala wadde nga "yagunoonya n'obunyiikivu amaziga" (12:15-17).

Ekibi ekiva mu kugwa kwe kusalawo okubi okunnyonnyoddwa mu 6:7-8. Katonda bw'asalako omukisa gw'okunyigiriza (6:3), omukkiriza ajja kubonaabona ebivaamu eby'amaanyi. Omukkiriza akyuka emabega yandibadde ng'oyo ayokeddwaensi. Ebifaananyi by'omuliro mu ngeri eteetaagisa bireetera abamu okutaputa kino nga ggeyeena, .naye twakiraga dda nti omuliro gutera okukozesebwa okukuba ekifaananyi ky'omusango gwa Katondaku bantu be. Omukkiriza ageraageranyizibwa ku nsi, esobola okugumira byombiebibala eby'omugaso oba amaggwa agatalina mugaso; bwe kiba nti amaggwa agatalina mugaso, ensi "egaanibwa" kubanga wa butabeera na mugaso gwayo (bwe kityo NKJV; naye adokimos kisinga kuvvuunulwa *ng'obutagumira kugezesebwa* era bwe kityo nga tebalina *bisaanyizo, abatalina mugaso*). Era "kiriraanye okukolimirwa," naye mu butuufu si kikolimiddwa. Okusinziira ku nkola y'ebyobulimi eya bulijjo, ettaka ekibala amaggwa agatalina mugaso kikuumibwa omuliro okwokya amaggwa olwo ensi ayinza okufuuka ow'ebibala mu biseera eby'omu maaso. Kikulu okumanya nti mu lulimi olusookerwako waliwo ensi emu yokka, so si bbiri, era mu eyo (omukkiriza) si y'ayokebwa, naye amaggwa (omukkiriza gaayolesa).

Entaputa eno eya B Amazima evaamu okubuulirira n'okulabula okulungi eri Abakristaayo leero. Katonda ayagala tugende mu maaso n'obwesigwa mu Mukristaayo waffe okukkiriza. Wadde ng'obulokozi bwaffe obutaggwaawo bukuumi, waliwo ebivaamu eby'amaanyi singa tumuvaako mu bugenderevu ne tutagenda mu maaso n'okukula. Ffe tetujja kukoma ku kufiirwa nkulaakulana gye twandisobodde okukola, naye okwolekera omuliro gwa Katonda okubonerezebwa okwali kugendereddwamu okutufuula ab'omugaso ennyo mu biseera eby'omu maaso.

**Ekibi ekigenderere. Abebbulaniya 10:26-31**

> 26 *Singa tukola ebibi mu bugenderevu, nga tumaze okumanya amazima, waba tewakyaliwo ssaddaaka eweebwayo olw'ekibi.* 27 *Wabula ekiba kisigadde kwe kulindirira okusalirwa omusango ogw'ekibonerezo eky'omuliro ogw'amaanyi ogugenda okumalawo abalabe ba Katonda.* 28 *Omuntu yenna eyajeemeranga amateeka ga Musa yattibwanga awatali kusaasirwa, bwe waabangawo abajulirwa babiri oba basatu abamulumiriza.* 29 *Noolwekyo omuntu alinnyirira Omwana wa Katonda, era n'omusaayi gw'endagaano ogunaazaako ebibi n'aguyisa ng'ogwa bulijjo, era n'anyoomoola Omwoyo ow'ekisa, talibonerezebwa n'obukambwe obusingawo?* 30 *Kubanga tumumanyi oyo eyagamba nti, "Okuwoolera eggwanga kwange. Nze ndisasula." Era nti, "Mukama y'aliramula abantu be."* 31 *Kintu kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu!*

Entaputa y'Amazima A: Abo abakola ekibi mu bugenderevu tebasobola kusonyiyibwa era bafiirwa obulokozi bwabwe era baba bakakasa nti tebalokolebwanga era bajja kubonaabonera mu ggeyeena.
Entaputa y'Amazima B: Abo aboonoona mu bugenderevu nga balekulira enzikiriza ey'Ekikristaayo, Katonda ajja kubakangavvulwa nnyo.

Omulamwa gwe tulabirawo amangu ddala guddamu okutujjukiza nti okulabula kuno kuwandiikiddwa eri Abakristaayo, nga n'omuwandiisi yeetaddemu mu lunyiriri olwa 26. Okuvvuunula ekitundu kino ng'Amazima B tekwewalika. Abasomi bano "balina baafuna okumanya amazima" (oluny. 26), batukuzibwa (oluny. 29), bamanyi Katonda era be "bantu be" (oluny. 30), "baamulisizibwa" era ne babonaabona olw'okukkiriza kwabwe(oluny. 32), era balina "eby'obugagga ebitaggwaawo" mu ggulu (oluny. 34).

Ekibi ekikolebwa mu bugenderevu n'ebikivaamu kye ki? Okuva Baibuli mu ngeri y'emu bweyigiriza nti omuntu bw'amala okulokolebwa tayinza kufiirwa bulokozi bwe, okufiirwa obulokozi tekiyinza kuba nga kye kyogerwako wano. N'ekirala, ebibi ebisinga biba bigenderere oba bikolebwa mu bugenderevu bw'okitunuulira obulungi. Kyokka, Baibuli etegeera ebibi ebimu ebibaawo mu butali bugenderevu (Kubal. 15:22-29). Mpozzi n'okulagajjalira okusabira omuntu, nga bwe wasuubiza, kyandibadde kyakulabirako kya kibi ekitali kigenderere. Naye emirundi egisinga obungi, oyo akikoze abeera akimanyi nti akola ekibi.

Abamu bataputa ekibi ekikoleddwa mu bugenderevu ng'ekibi eky'olutetezi (ekykrbk., NIV egamba nti: "Singa tweyogera mu bugenderevu okwonoona"), naye kuno kubeera kuyitiriza nnyo mu kiseera ky'emboozi ey'ekiseera ekiriwo

ekozesebwa ku “kukola ekibi.” Kirabika omuwandiisi w’Abebbulaniya alina ekibi kimu mu birowoozo, ekirabika okweyoleka nga twebuuza ku nsonga ezikwata ku nsonga eyo era jjukira ebitundu eby’emabega. Yali akubirizza abasomi be emabegako okunywerera ku kwatula kwabwe (3:6; 4:14) era ng’abalabudde ku bulabe bw’obutanywerera mu kukkiriza kwabwe (6:1-8). Anyweza okufaayo kwe kuno mu nnyiriri ezaakulembera okulabula kuno ku kibi ekikoleddwa mu bugenderevu (10:23-25). Abasomi baali ku kalebwelebwe ak’okulekayo okwatula kwabwe okw’okukkiriza mu Kristo n’okudda ku Mateeka ga Musa ne ssaddaaka zaago.

Okufaananako ne 6:1-8, ekibi ekikoleddwa mu bugenderevu kwandibadde kusuulawo mu bugenderevuku okwatula kwabwe okwa ssaddaaka ya Kristo emala okudda ku ssaddaaka z’Abayudaaya ezitamala. Omuwandiisi yali awakanyizza nti “Kristo yaweebwayo omulundi gumu okwetikka ebibi by’abangi” (9:28), nti era “olw’ekiweebwayo kimu, atuukiriza emirembe gyonna abo abatukuzibwa” (10:14), era nti bwe bamala okusonyiyibwa, “tekikyaliwo kiweebwayo lwa kibi” (10:18). Amateeka tegaabawa kintu kyonna okuva lwe gaali galindirira ssaddaaka ya Yesu Kristo ey’enkomerero (10:1-10). Basaanidde baddeyo mu Mateeka, oba beesige ssaddaaka ya Kristo etuukiridde era ey’olubeerera eyandibadde emala okubikka n’ekibi ekyo ekinene era ekigenderere mu ngeri y’abantu abaalokoka, naye bandibadde boolekedde omusango omukambwe ogutabaggyisaako bulokozi. Omuwandiisi yali yaakamala okwogera ku “Olunaku” olusembedde (oluny. 25) nga kitegeeza nti wajja kubaawo okuwa embalirira mu maaso g’Entebe ya Kristo kw’Alisalira Omusango gye tumanyi eyogerwako mu bifo ebirala bingi nnyo mu Ndagaano Empya (okgz. Bar. 14:10-12; 1 Kol. 3:11-15; 2 Kol. 5:10).

Ensibuko y’okutegeera ekitundu kino eyinza nnyo okuba mu kitabo ky’Okubala 15:30-31. Eyo gye tulabira nti ku bibi ebimu eby’amaanyi (ebikolebwa mu bugenderevu), tewali ssaddaaka zaali ziteekeddwateekeddwa olw’ekyo. N’olwekyo, abo abaakolanga ebibi ebyo “baggyibwangawo” okuva mu bantu baabwe (battibwanga). Omuwandiisi agamba nti singa abasomi b’ebbaluwa y’Abebbulaniya balekawo ssaddaaka yokka emala olw’ebibi byabwe, nabo bajja kusalirwa omusango ogw’amaanyi. Okuddayo mu ddiini y’Ekiyudaaya n’enkola ya ssaddaaka zaayo kyandibadde kyenkanankana n’okuwa omuntu olukusa okukomerera kwaYesu Kristo, oba okulinnyirira Omwana wa Katonda, okutwala omusaayi gw’Endagaano ye ng’ekintu ekya bulijjo, n’okuvuma Omwoyo w’ekisa (oluny. 29).

Nate, ekyo tukiraba kubanga omuwandiisi akozesa olulimi olukambwe (“okutya okusuubira omusango n’obusungu obw’omuliro”) era ayogera ku kibonerezo ekisinga okufa obubi (oluny. 30), bangi bamaliriza nga bagamba nti abatiisatiisa okubookya n’omuliro emirembe gyonna mu ggeyeena. Naye olw’okuba nga bano bakkiriza abatasobola kufiirwa bulokozi bwabwe era ng’omuwandiisi alina mu ndowooza ye Entebe ya Kristo kw’Alisalira Omusango, nga n’olwekyo kino tekiyinza kubaawo. Ekibonerezo kyennyini tekirambikiddwa, wabula kye tumanyi kyokka nti ky’amaanyi.

Okusingisibwa omusango mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango kintu kya ntiisa eri abo abatakoze birungi (laba. 2 Kol. 5:9-11). "omuliro ogulisenkenya abalabe" (mu bufunze "ekiruyi ekyokya") ekitegeeza ekiruyi kya Katonda ng'asala omusango eri ekibi. Abakkiriza basobola okuloza ku *kiruyi* kye kimu eky'omusango gwa Katonda eri ekibi kyabwe ng'abalabe ba Katonda nabo bwe bagenda okukiwulira, wadde ng'ebivaamu bya njawulo. Ng'Abakristaayo Abebbulaniya, abasomi b'ebbaluwa nabo kino bayinza okukitegeera ng'okulabula ku bigenda okubaawo ku kulamula eggwanga okw'obukambwe okw'okuzikirizibwa okwa Yerusaalemi okw'omuliro okwaliwo oluvannyuma lw'ekiseera ekitono (A.D. 70), ekintu kye banditegedde okuva ku kulabula kwa Yesu (Mat. 23:27-24:2; Mak. 13:1-2; Luk. 21:5-6; geraageranya Bik. 2:40). Kisoboka okuba ng'abasomi b'ebbaluwa baali bayinza okubonaabona n'ensala zombi.

Omuwandiisi ayogera ku "kibonerezo ekisingako obubi" okusinga ekyo ekyaweebwanga mu Mateeka ga Musa (oluny. 29). Kizibu okulowooza ku musango ogusinga okufa, naye obumanyirivu bw'omuntu buwa obujulizi nti waliwo emirundi okufa lwe kusingako okwegombebwa okusinga okubonaabona okw'amaanyi (Yona kyakulabirako; Yona 4:3). Omuwandiisi kwe kugeraageranya omusango guno ku kibonerezo ky'okufa olw'ekibi eky'okwegulumiza ekiri mu Kubala 15:30-31, nga kino kye kyali ekibonerezo ekisinga obunene ekyalagirwa mu kiseera ekyo. Naye mu ndaba y'okubikkulirwa kw'Endagaano Empya ebikwata ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, tukimanyi nti ensala eyandisinze okuba enkambwe ye muntu okusangibwa nga tasiimibwa kale n'afuna ebizibu eby'olubeerera.

Ku nkomerero, abasomi bano abaali bagenda okusalirwa omusango baali bakyayitibwa "bantu be" (oluny. 30; ekijulizibwa okuva mu Ma. 32:35-36). Tebaali baakusuulibwa mu ggeyeena, wabula "mu mikono gya Katonda omulamu" (oluny. 31). Okulabula kuno kwa baana ba Katonda era n'olwekyo ge Mazima B.

Abakristaayo abamu balowooza nti bakola ekibi ekitasonyiyibwa era ne bafiiriwa obulokozi bwabwe, oba waakiri kale nga beeraliikirivu nti bayinza okukikola. Naye Yesu Kristo yafiirira ebibi byonna, omuli n'ebibi ebikolebwa mu bugenderevu. Tewali buddukiro bulala okuva mu kibonerezo ky'ekibi okusinga omusaayi gwa ssaddaaka ogwa Yesu Kristo ogwayiibwa ku lw'aboonoonyi abatasaanidde. Kino kisaana okuba okulabula gye tuli naffe okutunuulira Yesu Kristo yekka okusonyiyibwa olw'okufa kwe n'okuzuukira kwe ebikola mu bujjuvu. Tetulina kye tugattako kyonna, era tetusobola kulongoosa ekyo kye yamaliriza. Singa twegaana oba ne tunyooma ekisa kino, tujja kusalirwa omusango ogw'amaanyi ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Wadde kiri bwe kityo, waliwo okubudaabudibwa mu mazima agagamba nti ekibi bwe kiyitirira, ekisa kiyitirira ne kisukkirira (Bar. 5:20).

**Obutukuvu okulaba Mukama.. Abebbulaniya 12:14**

*Mufubenga okuba n'emirembe n'abantu bonna, era mufubenga okuba abatukuvu, kubanga atali mutukuvu taliraba Mukama.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abatabeera mu bulamu obutukuvu tebajja kulokolebwa.

Entaputa y'Amazima A: Abakristaayo abatatambulira mu bulamu obw'obutukuvu tebajja kunyumirwa kubeerawo kwa Katonda okw'oku lusegere.

Ekigambo "obutukuvu" kye kigambo kye kimu oluusi ekivvuunulwa okutukuzibwa (*hagiomos*), okulina amakulu "ag'okwawulwa" okuva ku kintu ekimu okudda eri ekintu ekirala. Mu mbeera eno, obutukuvu butegeeza okwawulibwa ku kibi okudda eri Katonda. Kino tekyogera ku butukuvu obujjuvu, nga kiri ekisoose ekibuulirira bwe kitatusuubira kubeera na mirembe gituukiridde n'abantu bonna, naye ebyo byombi kitugwanira okubigoberera.

Bwe kiba nti kino ge Mazima A, olwo obutukuvu obwetaagisa bulina okuba obw'enkomeredde, kubanga tewali kirala kyonna kyandituuse ku butuukirivu bwa Katonda. Naye ate okubuulirira okubugoberera n'okuba n'emirembe eri abantu bonna kibufuula okuba olugendo, so si kintu omuntu ky'afuna omulundi gumu. Endowooza y'Amazima A era erowooza nti "okulaba Mukama" kitegeeza okuyingira mu ggulu oba mu kubeerawo kwa Katonda. Ebizibu bibiri eby'amangu ebiva mu ntaputa eno bye bino; ensonga nti omuwandiisi akyayogera eri abasomi be ng'abakkiriza, era n'omulamwa ogwekuusa ku ekyo gualaga nti okubuulirira kuno kwali kugenda eri abakkiriza.

Essuula eye 12 etuteeka ku luguudo olw'entaputa y'Amazima B nga luzimba endowooza y'omuwandiisi ng'akubiriza abasomi b'ebbaluwa abaali Abakristaayo olw'ensonga zino wammanga:

- Balina okudduka emisinde gyabwe nga bagumira okuziyizibwa okuva mu boonoonyi. (12:1-4)

- Tebalina kuggwaamu maanyi olw'okukangavvula kwa Katonda mu lugendo lwabwe kubanga kiraga nti abaagala. (12:5-9)

- Ekigendererwa ky'okukangavvula kwa Katonda kwe kuba nti

basobole okugabana mu butukuvu bwe. (12:10-11)

- Balina okukubirizibwa okweyongera mu kkubo lya Katonda ery'obutukuvu kubanga bubasobozesa "okulaba Katonda." (12:12-14)

- Ku luuyi olulala, tebalina kulagajjalira kutukuzibwa kwabwe ne bafuuka abatali balongoofu. (12:15-17)

- Bajjukizibwa nti batuuse mu butukuvu bwa Katonda obubikkulibwa mu Ndagaano Empya, obusinga obutukuvu obubikkulirwa mu Ndagaano Enkadde. (12:18-29)

Ku buli mulundi, okubuulirira kw'omuwandiisi kukola amakulu eri abakkiriza bokka abalina okukulaakulana mu kukkiriza kwabwe.

N'olwekyo ekigambo "okulaba Mukama" kyali tekyogera ku kuyingira mu ggulu oba omu kubeerawo kwa Katonda. Ng'oggyeeko okutegeera okw'omubiri okw'okulaba, ekirowoozo eky'okulaba ekintu nakyo kiyinza okutegeeza okukimanya obulungi. Enkuluze ezisinga obungi ziwandiika nti "okulaba" (*horaō*) kiyinza okutegeeza endowooza y'omuntu gy'alina ku kintu n'obumanyirivu bwe mu kintu ekyo (laba. Luk. 3:6; Yok. 6:36; 12:45; 14:9; 15:24; 3 Yok. 11). Enjawulo mu Ndagaano Enkadde mu 12:18-29 kitujjukiza nti ku mulembe gwa Musa, tewali yali asobola kulaba Mukama (Kuv.33:20), naye mu Yesu Kristo, tulaba Kitaffe (Yok. 1:18; 12:45;14:9). Kitulaga nti gye tukoma okukula mu kumanya n'okutambulira mu Kristo, gye tukoma okulaba Katonda okutuusa lwe tumulaba maaso ku maaso mu kugulumizibwa kwaffe (1 Kol. 13:12; 1 Yok. 3:2; Kub.22:4). Essuubi ly'okulaba Katonda mu ngeri ey'omukwano ennyo ffenna lirina okutusikiriza okugoberera obutukuvu.

## Omuliro ogwokya. Abebbulaniya 12:25-29

> 25 *Kale mugonderenga oyo ayogera nammwe. Obanga Abayisirayiri tebaayinza kulokoka, bwe baagaana okuwulira oyo eyabalabula ng'ali ku nsi, tetuliyisibwa bubi nnyo n'okusingawo, bwe tulijeemera ekigambo ky'oyo ow'omu ggulu atulabula?* 26 *Yakankanya ensi n'eddoboozi lye kyokka n'asuubiza nti, "Omulundi omulala sirinyeenya nsi yokka, naye era n'eggulu."* 27 *Kino kitegeeza nti agenda kumalawo nate ebyo ebinyenyezebwa, kyokka ebitanyenyezebwa bisigalewo.* 28 *Kale, nga bwe twaweebwa obwakabaka obutanyeenyezebwa, tusinze Katonda nga bw'asiima nga tumussaamu ekitiibwa era nga tumutya.* 29 *Kubanga ddala, "Katonda waffe, gwe muliro ogwokya."*

Entaputa y'Amazima A: Abo abajeemera Katonda tebajja kusimattuka kibonerezo kye ekya ggeyeena.

Entaputa y'Amazima B: Abo abajeemera Katonda tebajja kusimattuka kukangavvula kwe okw'amaanyi.

Enkozesa y'omuwandiisi ey'ekigambo "ffe," okukakasa nti "tufuna obwakabaka," n'okubuulirira kwe okw'okuweereza Katonda kulaga nti gano ge Mazima B agagenda eri abakkiriza mu Kristo. Tewali kusimattuka musango gwa Katonda eri abakkiriza abajeemera (okuva mu *paraiteomai*, *okugaana* oba *okusambajja*) Katonda by'ayogedde ng'okulabula eri abo abagwa, oba ng'ebisuubizo eri abo abagumiikiriza mu kukkiriza.

Nti "Katonda waffe gwe muliro ogwokya" (oluny. 29) kino kitukubiriza obutajeemera bigambo bya Katonda, naye okussa ekitiibwa mu buweereza bwa Katonda, ekyali ekyogerwako mu lunyiriri lwe tuvuddeko (oluny. 28). Terwogera ku bulabe bwa ggeyeena, kubanga olunyiriri olwa 28 lwogera n'obuvumu ku basomi ku "ky'okufuna obwakabaka" mu biseera eby'omu maaso. Eky'okulabirako kya Katonda ng'omuliro ogwokya kiva mu Kyamateeka 4:24 we kyogerera ku buggya bwa Katonda.

Abakristaayo balina okutwala ebigambo bya Katonda nga bikulu. Ng'Amazima B, Abebbulaniya etuwa amazima amakulu ennyo agakwata ku busukkulumu bwa Yesu Kristo era n'Omulimu gwe, etubuulirira okukula n'okugumiikiriza mu kukkiriza, era n'okutulabula ku ky'okulagajjalira oba okwegaana okukkiriza kwaffe. Ennyanukula yaffe y'esalawo empeera yaffe oba ekibonerezo kyaffe.

ESSUULA

# 10

## Ebbaluwa ya Yakobo, Peetero, Yokaana ne Yuda

OKUTAPUTA EBITUNDU EBY'ENJAWULO okuva eri abawandiisi bano abana kwetaagisa obwegendereza bungi eri abantu be baawandiikira n'okutegeera ekigendererwa kya buli bbaluwa. Buli muwandiisi alina engeri ye gy'akozesa okutuusa obubaka bwe mu nkola ey'enjawulo. Okutwaliza awamu, bwe twetegereza tukiraba nti ebbaluwa zino zonna zawaandiikibwa mu ngeri efaanagana eri Abakkiriza.

**Ekibi kireeta okufa. Yakobo 1:15**

*Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa.*

Entaputa y'Amazima A : Ekibi kiviiramu omuntu okugenda mu ggeyeena.

Entaputa y'Amazima B: Ekibi kivaamu okwawukana ne Katonda oba okufa kw'omubiri.

Mu kitundu kino, Yakobo annyonnyola olugendo lw'okukemebwa oluvaamu mu kibi era okukkakkana ng'afa. Okufa kwogera ku ggeyeena, oba ekizibu ekituuka ku mukkiriza?

Kya lwatu nti ebbaluwa eyo ekiseera kyonna eyogera eri abakkiriza. Bazaalibwa okuva waggulu (1:18), balina okukkiriza mu Kristo (2:1), era bayitibwa ab'oluganda (1:2, 19;2:1, 14; 3:1; 4:11; 5:7,10, 12, 19). Mazima ddala, olunyiriri olwe 16 lugenda mu maaso okuva ku lunyiriri olwe 15 n'okubuulirira "ab'oluganda abaagalwa" obutalimbibwalimbibwa ebikemo eby'okwonoona. Ekyo bwe tukissa mu ndowooza, kyangu okukitegeera nti mu mulamwa, waliwo enjawulo egendereddwamu ku muntu ow'omukisa ali mu lunyiriri olwe 12 awangula okukemebwa era n'afuna "engule ey'obulamu."

Singa engule eno etegeeza obulamu obutaggwaawo obufunibwa mu bulokozi, olwo buba buweebwa abo abagumira okukemebwa era abaagala Mukama, era buba bulokozi obukolererwa. Naye tewali kyogerwa ku kukkiririza mu Yesu Kristo ng'Omulokozi, ng'akakwakkulizo k'obulamu obutaggwaawo. Engule, ziba mpeera; ate obulokozi kiba kirabo. N'olwekyo, "engule y'obulamu" esinga kutwalibwa ng'empeera y'abo abagikolerera. Wadde ng'ekikula ky'engule kyennyini tekirambikiddwa, kiyinza okutegeeza omuntu okweyagalira mu bulamu bwa Katonda mu ngeri esingako mu biseera eby'omu maaso.

Okwawukana ku muntu ow'omukisa ali mu lunyiriri olwe 12, ono omulala akkiriza okwegomba kwe okumusuula mu kukemebwa, bwe kityo ekibi ne kizaalibwa, ne kikula, era ne "kizaala okufa" (1:13-15). Kuno kuteekwa okuba nga kufa kwa ngeri ndala, kubanga okufa okw'omwoyo oba okw'olubeerera kujjirawo mu kaseera ako, nga bwe kyali olw'ekibi kya Adamu ekyasooka, so tekuyita mu mitendera. Abakkiriza baanunulwa emirembe gyonna okuva mu kufa okw'olubeerera (Yok. 5:24). Okufa okw'olunyiriri olwe 15 kuyinza okwogera ku bikolwa eby'okufa ebiva mu kibi (nga mu Bar. 6:16, 23) oba okufa mu mubiri (nga mu 1 Kol. 11:30 oba Yak. 5:20). Ebibiri bino bikwatagana mu ngeri nti ekibi ekireeta obufu mu lugendo lw'Omukristaayo ne kimulesa okweyagala era kitera okuzingiramu okusalawo okubi kw'akola n'ekiviirako obulamu bwe okukosebwa era okukkakkana ng'omuntu oyo afudde ng'ekiseera kye tekinnatuuka. Engero ezimu ziraga ebizibu ebiva mu kufa mu mubiri olw'ekibi oba obusirusiru (okgz., Nge. 10:27; 11:29). Omuntu ayinza okugamba nti alabye Abakristaayo bangi abasirusiru era aboonoonyi nga basigala balamu, naye embeera yaabwe eteekebwa mu "bafu abalamu;" abatalina bujjuvu obw'obulamu bwa Katonda era nga batambulira mu kizikiza n'obufu ekibateeka mu kabi ak'okufa mu mubiri.

Nga tetufuddeeyo ku ngeri yennyini ey'okufa okuva mu kwonoona kw'Abakristaayo, ffenna twandikkiriziganya nti ekyo kye kintu ekisaana okwewalibwa. Era Amazima B, Yakobo 1:21 wagamba Abakristaayo nti basobola okulokola obulamu bwabwe (ebiseera ebisinga kivvuunulwa "emmeeme," naye ekigambo *psychē* kitegeeza *obulamu*, nga bwe kiri mu 5:20) nga tuleka enneeyisa embi, ne twaniriza Ekigambo kya Katonda n'obwetoowaze.

**Omusango ewatali kusaasira. Yakobo 2:12-13**

> 12 *Noolwekyo mwogere era mukole ng'amateeka ag'eddembe bwe gali naye nga mumanyi nti tunaatera okulamulwa.* 13 *Kubanga abo abatalina kisa, nabo tebalikwatirwa kisa. Ekisa kiwangula omusango.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abatalina kisa bajja kusalirwa omusango era tebajja kulagibwa kusaasira kwonna mu ggeyeena.
Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abatalina kisa tebajja kufuna okusaasirwa mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Yakobo agenda mu maaso n'okubuulirira kwe eri "baganda be" (2:1) era "'n'abaagalwa ab'oluganda" (oluny. 5) ng'abakubiriza okuyisa abaavu mu ngeri etabasosola (enny. 3-4, 9). Abasomi balina okulaga okwagala (oluny. 8), nga muno mulimu okusaasira abo abaavu (oluny. 13). Singa abasomi tebalaga okusaasira, bajja kwolekagana n'omusango gwa Katonda awatali kusaasira. Obukambwe bw'omusango bwe gutyo buleetera abamu okusalawo nti Yakobo atiisatiisa abatalina kisa n'omusango gwa ggeyeena, nga y'entaputa y'Amazima A.

Ekizibu ekiri mu kufuula obulokozi obutaggwaawo ensonga eyogerwako wano tekikoma ku kya kwerabira mulamwa nti ebbaluwa yali ewandiikiddwa okugenda eri abakkiriza, naye ekitegeeza nti obulokozi bufunibwa oba bukolererwa nga tulaga abalala ekisa. Eky'abakkiriza bano abatalina kisa aboolekedde omusango tekibuusibwabuusibwa, naye musango ki Yakobo gw'ayogerako? Twakitegedde mu kukubaganya ebirowoozo emabega nti waliwo ennamula ya mirundi ebiri, emu y'abatali bakkiriza eyitibwa Omusango ku Ntebe Ennene Enjeru, endala y'abo abakkiriza eyitibwa ennamula ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Ennamula y'oluvannyuma yeeteekwa okuba nga y'etunuuliddwa, nga bwe kiri nti Yakobo yakirambikira ddala mu mulamwa ogw'Ekikristaayo nti yali awandiikira "ab'oluganda" era "n'abasomesa" mu 3:1.

Okuva bwe kiri nti Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango egenda kwekenneenya emirimu gy'abakkiriza, so si bulokozi bwabwe, kino kikwatagana bulungi. Ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, okugumiikiriza kujja kulagibwa eri abo ababadde abagumiikiriza (oba abasaasira) eri abalala, era obukambwe bujja kulagibwa eri abo ababadde batasaasira balala.

Abakristaayo bonna balina okussa obukulu bw'Amazima gano B ku mutima. Ffe kitugwanira okuyisa abantu ba Katonda bonna kyenkanyi awatali kufaayo ku kikula, langi, ggwanga, eby'enfuna byabwe, oba ekiwayi ky'ekkanisa mwe bagwa. Ate era, tusaanidde okuba abeetegefu okulaga okusaasira eri abo abeetaaga obuyambi oba okusaasira kwaffe. Mukama atutunuulidde era ajja kutuvunaana ku ngeri gye tuyisaamu abalala.

**Okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu. Yakobo 2:14-26**

14 *Abooluganda, kibagasa ki okugamba nti mulina okukkiriza kyokka*
*ng'okukkiriza kwammwe temukwoleka mu bikolwa? Mulowooza*
*ng'okukkiriza ng'okwo kugenda kubalokola?* 15 *Singa muganda wo oba*
*mwannyoko takyalina kyakwambala wadde ekyokulya,* 16 *naye omu ku*
*mmwe n'amugamba nti, "Genda mirembe, obugume, era olye bulungi",*
*naye nga tamuwaddeeyo byetaago bya mubiri, olwo kimugasa ki?*
17*Noolwekyo n'okukkiriza bwe kutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba*
*kufu.*18 *Naye omuntu ayinza okugamba nti, "Ggwe olina okukkiriza nange*
*nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa, nange nkulage*
*ebikolwa byange nga bwe bikakasa okukkiriza kwange."* 19 *Okukkiriza*
*obukkiriza nti waliwo Katonda omu yekka, kirungi. Naye ne*
*baddayimooni nabo bakkiriza n'okukankana ne bakankana!*20 *Musirusiru*
*ggwe! Oliyiga ddi ng'okukkiriza okutaliiko bikolwa tekuliiko kye kugasa?*
21 *Jjajjaffe Ibulayimu teyaweebwa obutuukirivu olw'ekikolwa kye yakola,*
*bwe yawaayo omwana we lsaaka, afiire ku kyoto?* 22 *Mulaba nga*
*Ibulayimu bwe yalina okukkiriza, era okukkiriza kwe ne kutuukirizibwa*
*olw'ebikolwa bye,* 23 *n'ekyawandiikibwa ne kituukirizibwa ekigamba nti,*
*"Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, era*
*n'ayitibwa mukwano gwa Katonda."* 24*Kaakano mutegedde ng'omuntu*
*asiimibwa Katonda olw'ebyo by'akola, so si lwa kukkiriza kyokka.*25
*Ekyokulabirako ekirala kye kya Lakabu, eyali malaaya. Teyaweebwa*
*butuukirivu lwa kikolwa eky'okusembeza ababaka, n'oluvannyuma*
*n'abasiibulira mu kkubo eddala nga baddayo, okubawonya?* 26
*Ng'omubiri bwe guba omufu Omwoyo bwe gutagubeeramu, n'okukkiriza*
*bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyolekera mu bikolwa.*

Entaput y'Amazima A: Singa omuntu agamba nti Mukristaayo naye nga talina bikolwa, abeera teyalokoka.

Entaputa y'Amazima B: Singa omuntu agamba nti alina okukkiriza, naye nga talina bikolwa, tajja kulokolebwa mu kusingisibwa omusango ogulibeera ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Ekitundu kino osanga kye kimu ku bitundu ebisinga okukozesebwa obubi mu Ndagaano Empya. Kirina ebyafaayo ebiwanvu eby'okutaputa ebigezaako okugonjoola okusika omuguwa oguabika okureetebwa n'okuyigiriza kw'omutume Pawulo ku butuukirivu okuyita mu kukkiriza kwokka. Obutakkaanya buno wano wokka we buva: Pawulo yagamba mu bifo bingi nti, naddala mu Baruumi n'Abaggalatiya nti, obutuukirivu obwo buva mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo. Pawulo talina kubuusabuusa mu kuyigiriza kwe nti obulokozi buva mu kisa, "si lwa bikolwa" (Bef. 2:8-9). Era alaga enjawulo y'okukkiriza n'ebikolwa, era ekisa n'ebikolwa (Bar. 4:4-5; 11:6).

Naye Yakobo agamba nti “okukkiriza kwokka, bwe kuba nga tekuliiko bikolwa, kubeera kufu” (2:17) era “omuntu aweebwa obutuukirivu olw’ebikolwa, era si lwa kukkiriza kwokka” (oluny. 24). Mu bufunze, bo bagamba nti, omukkiriza bw’atayolesa bikolwa, omuntu bw’atyo agwanira kusalirwa musango ogw’oyo ataalokolebwa. Entaputa eno ebaddewo emyaka n’ebisiibo egwa mu kiti ky’Amazima A.

Kya lwatu nti ekimu ku bizibu ebiri mu ndowooza eno kiri nti tekitera kubaawo, bwe kiba nga kyaliwo “ebikolwa” ebirungi okunnyonnyolwanga batulaga nti bye bino. Kale waliwo okuteebereza okunene okusobola okumanya ekikolwa ekirungi, okukitegeera, era n’okukipima okutuuka ku mutindo gw’okukkirizibwa. Nga ffenna bwe tukimanyi nti, n’abo abatali Bakristaayo era n’abo abawakanya Obukristaayo basobola okukola ebikolwa ebirabika nga birungi. Emirimu era giyinza okuba egy’enjawulo okusinziira ku muntu by’azze ayitamu oba n’embeera ze. Ffenna tweyongerayo mu maaso mu kukula kwaffe era n’okutya Katonda ku bigera eby’enjawulo. Ekizibu ekirala ekitera okubuusibwa amaaso kiri nti tewali muntu alabika ng’alangirira ebikolwa ebirungi bimeka ebyetaagisa okukakasa obulokozi bw’omuntu. Ebikolwa Yakobo by’ayogerako mu ngeri ey’enjawulo mu 2:14-26 bizingiramu okusaasira abo abaavu oba abataliiko mwasirizi, nga kino kye kintu kye yali yaakamala okukubaganyaako ebirowoozo emabegako (enny. 1-13).

Olw’obuzibu obungi ekitundu kino bwe kireetedde abannyonnyozi era n’abataputa okuyita mu byasa, nsobola okuba omuvumu ennyo ne nteesa ku kizibu era ne kigonjoolwa okusinga nga twetegereza ekigendererwa ky’omuwandiisi n’omulamwa gw’ebigambo bye ebikwata ku kukkiriza n’ebikolwa? Okulondako wakati w’Entaputa y’Amazima A n’Entaputa y’Amazima B kyeyoleka mangu.

Nga bwe tusaanidde okukikola bulijjo, tutandika nga twetegereza ku baani be yali awandiikira ebbaluwa. Mu kukubaganya ebirowoozo okwakaggwa okwa 1:15 ne 2:12-13 waggulu, twakinywezezza nti abasomi b’ebbaluwa ddala baali Bakristaayo. Kino kitutwala mu kitundu kyaffe nga Yakobo addamu okwogera eri abasomi be ng’abayita “baganda bange” mu 2:1 ne 2:14. Mu 2:1, Yakobo ajjukiza abasomi nti “banywerere ku kukkiriza kwa Mukama waffe Yesu Kristo, Mukama ow’Ekitiibwa.”

Ekisumuluzo ekirala kiva mu mulamwa omunene. Nga Yakobo bw’ayogera eri “abaagalwa ab’oluganda” mu 1:19-20, agenderera okuyamba abasomi be okwolesa obutuukirivu bwa Katonda mu bulamu bwabwe ng’ayogera ku kuwulira kwabwe (obuwulize), okwogera kwabwe, n’okufuga obusungu kwabwe. Abasinga bakirabye nti ennyiriri zino ez’enkizo z’ezituwa ensengeka y’ekitabo. Yakobo awandiikira abasomi b’ebbaluwa ye Abakristaayo okutambulira mu bulamu obw’obutuukirivu, era ekyo nga kizingiramu obuwulize eri ekigambo kya Katonda.

Tuyinza okussa ku mabbali enkwata ez’enjawulo ezikoleddwa omutume

Pawulo ne Yakobo. Pawulo era naye awandiikira abasomi be okubayamba okutambulira mu bulamu obw'obutuukirivu, naye abakubiriza mu ngeri ya njawulo ku ya Yakobo. Pawulo abakubiriza ng'asinziira mu njiri ey'ekisa n'ebikivaamu. Eri ye, obutuukirivu buva mu kukkiriza awatali bikolwa, naye kireetera Omukristaayo okuba mu kifo ekipya n'amaanyi ga Katonda ebimusobozesa okuwangula ekibi. Ebikolwa ebirungi n'obulamu obw'obutuukirivu eri Pawulo y'engeri gye tusobola okulagamu okusiima kwaffe olw'ekisa kya Katonda (Bar. 12:1-2). Kyokka Yakobo abakubiriza ng'asinziira ku kussa ebintu mu nkola n'okubalengeza ebiseera eby'enkomerero —ani ayambibwa, era kiki ekiriva mu kusalawo kw'abasomi b'ebbaluwa mu biseera eby'omu maaso?

Okusala omusango mu biseera eby'omu maaso kutera okubuusibwa amaaso mu kitundu kino, naye 2:14-26 kizingibwa mu nfundikira z'ekitabo bbiri ezoogera ku nsala eno. Twalabye dda emu mu 2:13 era ne tumaliriza nti eyo eyogera ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Ewalala, mu 3:1, ewalabula ku "musango omukakali" eri abo abayigiriza Ekigambo kya Katonda. Kino kiyinza okuba ekintu ekirala kyonna okuggyako okusala omusango eri Abakristaayo abayigiriza Ekigambo kya Katonda okukiyigiriza nagalaale? Pawulo atuuka n'okwegatta mu bano abamala gayigiriza ng'akozesa ekigambo "ffe." Musango ki Pawulo gw'ayogerako oguyinza okuzingiramu ye n'abalala okwawukana ku basomi b'ebbaluwa abayigiriza Ekigambo kya Katonda? Gusobola okuba nga gwegwo gwokka oguliba ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Ebintu bino bwe tubyetegereza bitwalira ddala ekitundu kino ku ntaputa y'Amazima B ne kiggya ku ntaputa ey'ennono ey'Amazima A. Mu kifo ky'okuwa ennyinyonnyola empanvu ku kitundu kyonna, kijja kutuyamba nnyo bwe twogera ku nsonga ezikwatagana n'omulamwa nga zinyweza endowooza y'Amazima B.

Ekisooka, Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango eyogerwako mu mu kitundu kino etuyamba okutegeera ekikula ky'obulokozi Yakobo bw'ayogerako mu lunyiriri olwe 14, "Okukkiriza kuyinza okumulokola?" Okumulokola mu ki? Okuyingiza ggeyeena mu byogerwako wano si kituufu era tewali we kikwataganira ku nsonga ezoogerwako. Abamu bayinza okukiteeka ku mbeera ya badayimooni abatakkiriza (oluny. 19) n'oky'okuweebwa kwa Ibulayimu ne Lakabu obutuukirivu 21, 24-25) nga bwe kiri. Bino bijja kwogerwako oluvannyuma. Tukimanyi nti ekigambo *okulokola* kitegeeza okununulibwa okuva mu mbeera eziteeyagaza era nga kitera okukozesebwa ku ngeri endala ng'oggyeeko endowooza y'obulokozi obutaggwaawo obutuwonya mu ggeyeena. Yakobo akozesa ekigambo ekyo mu 1:21, 5:15, 16 ne 5:20 olw'okununulibwa okuva mu nkomerero eteeyagaza eri Abakristaayo (ey'obufu bw'omwoyo oba okufa mu mubiri; laba okukubaganya ebirowoozo kwa Yak. 1:15). Okusinziira ku mulamwa

oguli mu 2:14-26, obulokozi bwayogerako wano bulina okuba nga kwe kununulibwa okuva mu nkomerero eteeyagaza obulifunibwa ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Singa abasomi tebalaga kisa eri abo abali mu bwetaavu, nabo tebalifuna "mpeera" (oluny. 16) —abali mu bwetaavu bwe batayambibwa olwo n'abasomi babeera bagenda kusalirwa omusango awatali kusaasira ku *bema* (2:13).

Ensonga endala gye tulina okugonjoolwa ge makulu g'ekigambo "okufa" mu lunyiriri olwe 17 ne 26. Entaputa emanyiddwa ennyo abangi ey'Amazima A eremera ku makulu g'ekintu okuba nga *tekikyaliwo*. Mu ngeri endala oba ogamba nti, abo abatalaga kisa babeera si balokole era tebalokokangako. Mu ndowooza yaabwe, okukkiriza okufu si kukkiriza n'akatono. Kyokka, omulamwa omukulu gututuusa ku kutegeera okulala *okw'okufa* ku bikwatagana n'okukkiriza. Yakobo yali tayogera ku butuufu bw'okukkiriza kw'abasomi be, naye omutindo (1:3, 6; 2:1; 5:15) n'omugaso (1:12, 26; 2:14, 16, 20) ogw'okukkiriza kwabwe. Yakobo tagamba nti okukkiriza kujja kweyolekera mu bikolwa, naye nti awatali bikolwa, okukkiriza tekulina mugaso oba empeera mu bulamu buno n'obuddako. Yakobo ky'asinga okufaako kwe kuba nti abasomi be bafuuka "bakozi ba kigambo" (1:22) nga kye kimu n'okuba "omukozi w'ebikolwa" ow'engeri ng'eyo nga yajja "okuweebwa omukisa mu by'akola" (1:25). Ng'ekyokulabirako, okukkiriza okugumiikiriza mu kugezesebwa kufuna empeera okuva eri Katonda (1:3-12), era okukkiriza okusaasira abalala kufuna okusaasira kwa Katonda ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango (2:8-13). Naye okukkiriza okuteyolekera mu bikolwa tekuba kwa *mugaso* eri emikisa gino era tekulina mugaso mu kuyamba abalala (1:26; 2:20 enkozesa "tekugasa" mu NASB n'enkyusa endala ezimu). N'olwekyo ekigambo "kufu" kisaana okutegeerwa *ng'ekitaliimu mugaso* oba *ekitaliimu mpeera* okusinga *obutabaawo*. Kikozesebwa bwe kiti mu kwogera okwa bulijjo: bbaatule nfu teriiko muliro; omuntu afudde; pulojekiti eno efudde. Kye tutegeeza si kwe kuba nti bino tebiriiwo, wabula nti tebirina busobozi kubeera bya mugaso olw'embeera gye birimu.

Mu 2:19, okukkiriza kwa badayimooni nakwo kulaga obutagasa bw'okukkiriza ewatali bikolwa. Olunyiriri luno terukwata ku bulokozi obutaggwaawo, kubanga emisambwa tegiyinza kulokolebwa. Enkomerero yaabwe n'okusalirwa omusango byassibwako envumbo (Mat. 8:29; 25:41; Yuda 6), y'ensonga lwaki bakankana bwe balowooza ku Katonda. N'ekirala, okukkiriza kwabwe kuli mu kukkiririza mu Katonda omu, so si mu kukkiririza mu Yesu Kristo. Ensonga y'okwogera kwabwe eri nti okuva lwe bakankana obukankanyi kyokka, nga tebakola bikolwa birungi byonna okukendeeza omusango ogw'entiisa.Okukkiriza kwabwe tekulina mugaso gye bali, naye nga weekuli; era nga kukkiriza okwa nnamaddala. Ekitundu kino kitera nnyo okukozesebwa obubi era kisaana okukubaganyako

ebirowoozo ku bwayo, naye ekyo tekiyinza kuggyawo

kituufu nga kiteekeddwa mu mulamwa. Entaputa y'Amazima A ey'olunyiriri luno ekozesebwa okugamba nti abantu tebasobola kulokolebwa olw'okukkiriza kwokka; era nti ebikolwa birina okwolesebwa. Ebizibu ebiri mu ndowooza eyo kati bitegeerekeka bulungi: Olunyiriri olwe 19 lwogera ku badayimooni so si bantu, n'okukkiriza Katonda omu so si kukkiriza Yesu Kristo.

Abo abalina endowooza y'Amazima A eya 2:14-26 bataputa enkozesa ya Yakobo ku butuukirivu mu ngeri y'emu ey'obulokozi (*soteriological sense*) ng'omutume Pawulo bwe yakola. Naye okwekenneenya ennyo kulaga nti Yakobo bw'ayogera ku "kuweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa" (enny. 21, 24, 25), aba tayogera ku butuukirivu obutulokola emirembe gyonna nga Pawulo bw'akozesa ekigambo ekyo (Bar. 3:24; 4:5). Kino ddala kyandibadde kikontana mu Baibuli. Yakobo ayogera ku *kuwolerezebwa* abalala. Pawulo atuuka n'okutegeera enkozesa ng'eyo ey'ekigambo *okuweesa obutuukirivu* mu Baruumi 4:2, 3 gy'alagira nti Ibulayimu yali asobola okuweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa mu maaso g'abantu naye si mu maaso ga Katonda. Waliwo ebika bibiri eby'okulaga obutuukirivu mu Baibuli. Ekimu kikwata ku butuukirivu obw'omugaso obutusiimisa mu maaso g'abantu; ekika ekirala kikwata ku butuukirivu obw'ekiramuzi obutukkirizisa mu maaso ga Katonda. Yakobo kyeraga bulungi nti akozesa amakulu ageeyoleka amangu kubanga Ibulayimu yali yabalirwa obutuukirivu mu Lubereberye 15:6 (2:23) nga tannawaayo Isaaka nga ssaddaaka mu Lubereberye 22 (2:21).

Okuwolerezebwa kwe abalala kulabibwa bwe baamuyita "mukwano gwa Katonda" (oluny.23). Bwe kityo okukkiriza kwa Ibulayimu 'kwatuukirizibwa' oba kwakula olw'okwolesa okukkiriza kwe (oluny. 22), nga bwe kyali ne ku Lakabu (oluny. 25).

Mu 2:26, Yakobo tagamba nti okukkiriza kwe kunyweza ebikolwa, wabula nti naye ebikolwa bye binyweza okukkiriza. Ebikolwa by'ebifuula okukkiriza okuba okw'omugaso, ng'omwoyo bwe gufuula omubiri okuba ogw'omugaso. Ensonga teri ku kubeera ng'okukkiriza tekuli mu muntu, wabula ku butya okukkiriza we kubeerera nga kuyamba oba okw'omugaso eri Omukristaayo.

Ekitundu kino mu Yakobo kyawandiikibwa okugenda eri Abakristaayo okubakubiriza okukola ebikolwa ebirungi, ebijja okuleetera okukkiriza kwabwe okukula n'okubagasa era era n'okugasa abalala. Tewali kukontana wakati wa Yakobo ne Pawulo. Mu Baruumi 3-5, Pawulo ayogera ku ngeri y'okufunamu obulamu obuggya mu Kristo. Mu bbaluwa ya Yakobo, Yakobo ali mu kuteesa ku ngeri y'okufuula obulamu obwo obupya okuba obw'amagoba. Singa ekitundu kino kitwalibwa okutegeeza nti omuntu alina okulaga obulokozi "obwa nnamaddala"

okuyita mu bikolwa bye, olwo ebikolwa awatali kwewalika bifuuka ebyetaago ebiweesa omuntu obulokozi —ekintu ekikontana n'Abeefeso 2:8-9. Ate era, tewali nkola eyogerwako ku kika ki oba ku bungi ki obw'ebikolwa obukakasa obulokozi. Kino kiggulawo oluggi lw'okulowooza kw'ekyo omuntu ky'akola ne kinafuya ekyo Kristo kye yakola ekituwa obukakafu—ekisuubizo ky'Ekigambo kya Katonda ekigamba nti abo bonna abakkiririza muYesu Kristo *n'omulimu* gwe balirokolebwa.

Kyewuunyisa Abakristaayo ababuulizi b'enjiri abangi bwe babuukira ekitundu kino ne bakuba ebituli mu bulokozi bw'abalala n'okubapikiriza okweyisa obulungi ng'era n'ebidiiniddiini ng'ekya'Abajulirwa ba Yakuwa n'Abamomoni nabo bwe bakola ekintu kye kimu. Sikusalira musango olw'eyo gy'okuŋŋaanira, naye nkulaga bulazi nti ebikolwa bwe bifuuka akakwakkulizo k'obulokozi, ekyo kiba kiwakanya ekisa kya Baibuli ekyawula Abakristaayo abannamaddala ku ddiini, ebidiinidiini, ne ku "nzikiriza ezigunjiddwawo."

Tetusobola kwolesa kika kya bikolwa ebirungi ebiweesa Katonda ekitiibwa olw'okuwaliriza abantu nga tubatiisatiisa oba okubawuliza omusango ku butuufu bw'obulokozi bwabwe. Ebikolwa ebirungi birina kuva mu kusikirizibwa okwa waggulu nga tusiima ekisa kya Katonda ekyewuunyisa era ekitatugwanira ekyatulokola. Bwe tukola ebikolwa ng'ebyo, tufuula okukkiriza kwaffe okubeera okw'omugaso eri abalala era ne bituyamba ne mu ngeri gye tuliramulwa ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Yakobo yagenderera Amazima B okuzaala obutuukirivu obutuufu obw'ebikolwa mu bakkiriza, so si kukakasa bulokozi bwabwe.

## Si kulwa nga musingisibwa omusango. Yakobo 5:9

> *Temwemulugunyizagananga mwekka na mwekka, muleme okusalirwa omusango, kubanga Omulamuzi ayimiridde ku luggi.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abo abemulugunyiza abalala bajja kusalirwa omusango ogw'okugenda mu ggeyeena.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abo abemulugunyiza abalala bajja kusingisibwa omusango ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango.

Amakulu g'ekitundu kino gafaanagana n'agali mu 2:12-13 mu ngeri nti abasomi b'ebbaluwa ya Yakobo batiisiibwatiisiibwa n'omusango. Abayita "ab'oluganda" mu 5:7 ne 10, ekiraga endaba y'Amazima B. wano waliwo okukkaatiriza ku mbeera y'okulamulwa kuno kubanga "Omulamuzi ayimiridde

ku mulyango.”

Ekitundu kino kyawukana okuva ku 2:12-13 kubanga omusango gukwata abo abemulugunyiza abalala, so si abatalina kisa eri abalala. Ekiyinza okuleetera abamu okukulembeza entaputa y’Amazima A kwe kulabula kwa Yakobo nti bayinza “okusalirwa omusango.” Ekigambo ekikozesebwa mu biwandiiko by’Oluyonaani ekiri mu NKJV (*katakrinō*) kitegeeza *okusingisibwa omusango* oba *okusalirwa omusango*, naye kino tekitegeeza nti kyogera ku musango gwa ggeyeena. Enzivuunula endala egamba nti, “mulisalirwa omusango,” ekisangibwa mu ESV, NASB, NET Bayibuli, ne NIV ng’abasinziira ku nzivuunula yaabwe ey’ekigambo *krino* ekikozesebwa mu biwandiiko by’Oluyonaani eby’enjawulo. Mu kusoma okw’engeri yonna kyeyoleka bulungi nti ekigambo kino kikozesebwa mu mulamwa gw’Omusango oguliba ku Ntebe ya Kristo, kw’Alisalira omusango, ogwo nga gwe musango gwokka Abakristaayo gwe boolekedde (laba. Bar. 14:10-13; 1 Kol. 4:5; Yak. 2:12).

Bwe kiba nti okwemulugunyiza abalala kusindisa abantu mu ggeyeena, olwo ffe ffenna tuli mu buzibu. Okwemulugunya kibi ky’amaanyi era Abakristaayo abakikola boolekedde okusalirwa ekibonero eky’amaanyi.

## Baako gw’owonya okufa. Yakobo 5:19-20

> 19 *Abooluganda, singa omu ku mmwe akyama n’ava ku mazima, ne wabaawo amukomyawo,* 20 *omuntu oyo akomyawo munne eri Katonda, aba awonyezza Omwoyo gwa munne okufa era ng’amuleetedde n’okusonyiyibwa ebibi byonna.*
>
> Entaputa y’Amazima A: Aboonoonyi abakomawo eri amazima bajja kuwonyezebwa mu kuzikirira okw’olubeerera.
>
> Entaputa y’Amazima B: Abakristaayo abakuba amazima omugongo bajja kulokolebwa okuva mu kufa okw’omubiri oba okukolokolwa mu nkolgana yaabwe ne Katonda eyayonooneka.

Ekimu ku bireetebwa entaputa y’Amazima A kwe kuba nti omuntu atali mulokole awulira amazima g’enjiri asobola okugavaako nga tannaakkiriza era n’asalirwa omusango emirembe gyonna. Entaputa endala ey’Amazima A kwe kuba nti omukkiriza asobola “okutaayaaya n’ava mu mazima” (okubeera mu kibi), kyokka n’atuuka ekibi ekyo we kimusalira omusango gw’okugenda mu ggeyeena. Kya lwatu nti kino kireeta ekibuuzo: Ekibi kirina kubeera ku ddaala ki omuntu okufiirwa obulokozi olwo n’asalirwa omusango ogw’olubeerera? Kino kizibu ku bwakyo, ekiwerekera bulijjo endowooza egamba nti obulokozi busobola okuggyibwa ku muntu.

Ekitundu kyogera ku “Ab’oluganda” ku kizibu ekiyinza okubaawo munda mu bo — “omuntu yenna mu mmwe.” Eky’okuba nti omuntu ono “ataayaaya okuva ku mazima” kiraga nti yasibuka mu mazima. Bwe kityo,

"omwonoonyi" kirabika kitegeeza omu ku bo atambulira mu bujeemu mu kitundu ekimu eky'obulamu bwe era ng'ali mu kabi ak'okugenda mu buziba bw'obujeemu obwo. Omulimu gw'ow'oluganda afaayo mu kukkiriza kwe kumukyusa, olwo "emmeeme" ye n'esobole okulokolebwa okuva mu "kufa." Wadde *okufa* oluusi kuyinza okutegeeza okufa okw'omwoyo okuva mu kumenyawo okussa ekimu ne Katonda, okwogera ku "bulamu" (enkyusa esingako obulungi eri *psychē* okusinga "emmeeme" ekozesebwa wano; laba HCSB; NIV ekozesa "ye.") ekkiriza ebiva mu kufa mu mubiri. Kiyinzika okuba nga Yakobo akozesa okufa mu ngeri yeemu nga ne mu 1:15: "n'ekibi bwe kikula, kizaala okufa" (bwe kityo ne kifundikira, nga bigattiddwa wamu). Mu kukubaganya ebirowoozo kwaffe ku 1:15, twawa amagezi nti Yakobo ayinza okuba nga tayogera ku kibi ekireeta kufa mu by'obulamu bw'Ekikristaayo byokka, naye era nga kirimu n'enneeyisa etali ya buvunaanyizibwa esobola okwonoona obulamu bwe oba okumuleetera okufa mu mubiri, bw'atyo n'afa ng'ekiseera kye tekinatuuka.

Abo abalabira obulokozi obutaggwaawo mu kigambo "kulokola" mu lunyiriri olwa 20 batondawo ekizibu—ekiraga nti obulokozi bufunibwa kusinziira ku kufuba kwa muntu, lwa butava ku mazima oba lwa kulekeraawo okukola ekibi ne badda mu mazima. Ekyo Baibuli si ky'eyigiriza ku bulokozi bwe tuweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza.

Wadde ng'okutaputa kw'Amazima B kwandigambye nti omukkiriza ayonoona tali mu kabi ak'okugenda mu ggeyeena, ekyo tekiggyawo bulabe obuva mu kibi kye. Ekibi kiggyawo okussa ekimu ne Katonda era kiyinza okuviirako omuntu okufa ng'ekiseera kye tekinnatuuka. Oyo akyusiddwa okuva mu kkubo eryo ery'obujeemu ajja kubeerawo era ajja kwewala "ebibi bingi" ebyandyongedde okumwonoona nga ye era n'abalala.

Obuvunaanyizibwa "obw'okulokola" Omukristaayo ayonoona buba bwaffe abalaba omuntu ono ng'ayolekera mu kkubo erimutwala mu buzibu. Mazima ddala, embeera eyaliwo emabega mu 5:3-18 kitegeeza nti okusaba kitundu kikulu nnyo mu buvunaanyizibwa bwaffe (laba.1 Yok. 5:16). N'ekisembayo, tusaanidde okwetegereza nti Yakobo ayogera ku "muntu yenna mu mmwe" ekitegeeza nti tewali n'omu ku ffe atasobola kwesanga ng'akoze ensobi ey'amaanyi. Nga bwe tukuuma abo abali mu mubiri gwa Kristo, naffe tukuume obulamu bwaffe.

## Obulokozi bw'emmeeme zammwe. 1 Peetero 1:9

*Nga muweebwa eky'abakkirizisa – bwe bulokozi bw'emmeeme zammwe.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu abo bokka abanywerera mu kukkiriza okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwabwe be balikakasa nti baalokolebwa emirembe gyonna.

Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abagumiikiriza mu kukkiriza

kwabwe be bajja okulaba obugagga bw'emikisa gyabwe mu Kristo.

Kyangu okuteekawo embeera y'eby'omwoyo ey'abasomi b'ebbaluwa ya Peetero. Bbo bali "balamazi" (1:1), "abalonde" (1:2), "abaazaalibwa . . . eri essuubi eddamu" (1:3), era nga balina obusika "obuterekeddwa mu ggulu" (1:4). "Bakuumibwa amaanyi ga Katonda" (1:5), era mu kino "basanyuka nnyo" (1:6). Ng'abakkiriza, bayita mu kugezesebwa okw'emirundi emingi (1:6), nga kino kwe kugezesa okukkiriza kwabwe okufuna empeera mu biseera eby'omu maaso "ku kubikkulirwa kwa Yesu Kristo," nga kyogera ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, ng'eyo obwesigwa bwabwe gye bujja okwekenneenyezebwa (1:7). Baagala nnyo Mukama waffe Yesu Kristo era nga bamusanyukira (1:8). Kino kiyinza okutaputibwa mu ngeri endala yonna etali yakuzzaamu Bakristaayo maanyi—etali y'Amazima B?

Olwo olunyiriri olwo 9 lulaga ekituufu eky'ebyo bye bayitamu mu kiseera kino olw'obwesigwa—"obulokozi bw'emmeeme zammwe." Okusinziira ku mbeera y'abasomi, tekisoboka kulaba njogera eno ng'okuweebwa obutuukirivu obw'obulokozi nga basasulwa olw'obwesigwa bwabwe. Nga bwe kiragiddwa mu Ssuula eyo 4, ekigambo *obulokozi* kisobola okukozesebwa mu ngeri ez'enjawulo era ekigambo "emmeeme" (okuva mu *psychē*) kisinga kuvvuunulwa nga "obulamu." Ekigambo "obulokozi bw'emmeeme" tebutegeeza bulokozi okuwona ggeyeena mu nkozesa yaakyo endala mu Ndagaano Empya (laba okukubaganya ebirowoozo ku Mat. 10:39; 16:25-26 ne Yak. 1:21 ne 5:20). Peetero asinga kujjukira ngeri Yesu gye yakozesaamu ekigambo (mu Mat 16:25-26; laba. 10:34) bwe yalaga obujjuvu bw'obulamu bwa Katonda mu kiseera kino ng'empeera gye yafuna olw'okwefiiriza okubeera mu buyigirizwa.

Obulokozi Peetero bw'ayogerako bwe buliwo kati era bwe bwetekegekerwa mu biseera eby'omu maaso. Obulokozi obw'omu maaso bwe businga okutunuulirwa mu nnyiriri 3-5 nga bukwatagana "n'obusika obutavunda era obutayonooneka" (oluny. 4). Kino kitegeeza empeera za Katonda z'agaba olw'obwesigwa mu kugezesebwa eziweebwa ku "kulabisibwa kwa Yesu Kristo" (oluny. 7, ekijuliza Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango) era nga bwakusanyukiramu mu bwakabaka. Wadde ng'abasomi basanyuka olw'essuubi eryo, era basobola okunyumirwa mu bulamu bwabwe obw'ekiseera kino obugagga bw'emikisa gya Katonda ("kaakano" mu luny. 8). Ekigambo "okufuna enkomerero y'okukkiriza kwammwe" kikozesa ekikolwa (*komizō, okufuna*) ekyo kitera okukozesebwa ku bakkiriza abafuna empeera oba okuliyirirwa (laba. Beb. 10:36; 2 Kol. 5:10; Bak 3:25; 1 Peet. 5:4). Olw'okuba ng'obwesigwa obutasalako mu kugezesebwa bwe bwogerwako, "okukkiriza" si kwe kukkiriza okuweesa obutuukirivu eri abo abatali bakkiriza, wabula obutukuvu obutukuza okukkiriza kw'abakkiriza. Peetero tayogera ku kukkiriza kw'abasomi okubawonya ggeeyena, naye okukkiriza kwabwe okubawonya okulemererwa mu kugezesebwa (oluny. 6), okubawonya okulabika obubi mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango (oluny. 7, 17), n'okubawonya obulamu obw'obutatya Katonda (enny. 14-16). Amakulu

gano *ag'obulokozi* bwabwe obw'akaseera kano ganywezebwa mu lunyiriri olwa 22 Peetero mw'akozeseza ekigambo "emmeeme" (nate, okuva mu *psychē*, oba obulamu) ng'ayogera ku bulongoofu bwabwe obuleetebwa Omwoyo okuyita mu buwulize bwabwe n'okwagala abalala. Kino bwe tukiteeka mu ngeri yaakyo ennungi, twandigambye nti abasomi baalokolebwa okutambulira mu bulamu obutukuvu.

Ensonga y'obulokozi buno mu biseera eby'omu maaso etunuuliddwa mu lunyiriri olwe 10 Peetero bwe yayogera nti bannabbi baabuuza ku nsonga eyo. Baakiraba nga "ekisa ekyo ekyali kijja gye muli." Kino tusaanidde okukigeraageranya ku lunyiriri olwe 13 olwogera ku kisa ekigenda okubaleeterwa ku "kulabisibwa kwa Yesu Kristo," okujuliza okujja kwa Kristo mu Kukwakkulibwa kw'ekkanisa n'Okusalibwa kw'Omusango ku Ntebe ya Kristo gwe guligoberera. Nga batambulira mu buwulize, abasomi bajja kunyumirwa emikisa gy'olugendo lwabwe olw'obulokozi; era nga bwe beekuumira mu ssuubi, bajja kunyumirwa emikisa egy'obugagga mu lugendo lwabwe olw'olubeerera (oluny. 13). Emikisa gy'ebiseera eby'omu maaso gyogerwako nga "ekisa ekijja" kubanga okugaba emikisa gy'obwakabaka ku nkomerero gisinziira ku nkizo ya Katonda n'ekisuubizo kye. Okwogera ku "kubonaabona kwa Kristo n'ebitiibwa ebyandiddirira" mu lunyiriri 11 kiraga ebigenda mu maaso mu kiseera kino n'eby'omu maaso abasomi bye bayitamu era kyandibadde kizzaamu amaanyi abo abagumira okubonaabona n'obwesigwa mu kiseera kino.

Entaputa y'Amazima B etulaga nti ffe abalokolebwa (abaweebwa obutuukirivu) twetaaga okulokolebwa okuva mu bubi bw'ensi eno (okutukuzibwa) era okukkakkana nga tuweereddwa empeera yaffe ey'olubeerera mu biseera eby'omu maaso mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango (ewaliba okugulumizibwa era n'empeera). Naye bye tufuna mu bulamu buno n'obuddirira bisinziira ku bwesigwa bwaffe mu nsi ejjudde okubonaabona n'ekibi. Nga tussa essuubi lyaffe mu mpeera yaffe ey'omu maaso, tujja kusikirizibwa okutambulira mu buwulize n'obwesigwa.

## Okubatizibwa kutulokola. 1 Peetero 3:21

*Era kaakano ge gaabalokola mmwe mu kifaananyi eky'amazima, kwe kubatizibwa, si kuggyawo mpitambi za mubiri, wabula okuddamu okw'Omwoyo omulungi eri Katonda, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo.*

Entaputa y'Amazima A: Okubatizibwa mu mazzi kubawonya ggeyeena abatali bakkiriza.

Entaputa y'Amazima B: Okubatizibwa okw'omwoyo kuwonya abakkiriza okuva mu mbeera y'okwesalira omusango oba mu Kubonyabonyezebwa okulibaawo.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima B: Okubatizibwa mu mazzi kuwonya abakkiriza Abayudaaya okuva mu musango ogw'ekiseera.

Ekitundu kino kimanyiddwa nnyo okubeera nga kizibu okutegeera. Kibadde kikozesebwa ng'Amazima A eri abo abakkiririza mu kuzaalibwa obuggya olw'okubatizibwa. Endowooza eyo eyinza okuwakanyizibwa nga tusinziira ku biyigirizibwa ku Katonda n'ennono y'okutaputa ekozesebwa okutaputa ebitundu ebitategeerekeka bulungi (nga kino mu mazima ddala kye kimu ku byo) nga bitaputibwa nga tukozesa ebitundu ebyo ebitegeerekeka obulungi. Tewali kiyinza kutegeerekeka bulungi kussuka kuyigiriza okw'Endagaano Empya okugamba nti obulokozi buva mu kisa olw'okukkiriza kwokka, so si ku kintu kyonna kye tukola. Ng'oggyeko enjogera egamba nti "kaakati kutulokodde" kiggumiza ebyo abasomi b'ebbaluwa eyo bye bayitamu mu kiseera kino.

Engeri emu ey'okutaputa ekitundu kino ng'Amazima B kwe kulaba okubatizibwa kw'Omwoyo kwokka, wabula nga si kubatizibwa mu mazzi. Kimanyiddwa nti ebigambo "si kuggyawo mpitambi za mubiri" n'okwogera nti okubatizibwa "kuyita mu kuzuukira kwa Yesu Kristo" byombi tebyogera ku mazzi. Omulamwa tegwogera ku mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu mu kuzuukiza Yesu Kristo (3:18). Abaruumi 6:3-5 eyigiriza okubatiza okwo okw'Omwoyo okutugatta ne Kristo mu kuzuukira kwe. Kino kijjukiza era ne mu 1 Abakkolinso 12:13 ewagamba nti: "Kubanga ffe ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, mu mubiri gumu —oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe —era bonna baanywa ku Mwoyo omu." Nga tugattiddwa ne Kristo mu mubiri gwe, abakkiriza baawona obulabe, nga Nuuwa n'ab'omu maka ge bwe baali batalina bulabe mu lyato (3:20). Eyo y'engeri okubatizibwa gye kubeera "ekifaananyi" (eky'okutuukirizibwa okw'ekifaananyi ekikwatagana kye tulabye emabegako) eky'eryato.

Naye kabi ki abasomi ke balokolwamu? Eky'okuddamu ekimu kiri nti bo balokolebwa okuva mu kwesalira omusango mu kiseera kino. Abakkiriza baweebwa obutuukirivu era ne babatizibwa Omwoyo mu mubiri gwa Kristo, nabo babeera basonyiyiddwa ebibi byabwe byonna olw'ekifo kye batuddemu (Bak. 2:13). Ekifo ekipya mu Kristo era kibateeka mu mbeera ey'okuba n'okusonyiyibwa okw'okussa ekimu bwe bakola ebibi ng'Abakristaayo. Nga batambulira mu kisonyiwo, abakkiriza basigaza embeera ey'endowooza ennongoofu. Entaputa endala ey'obulokozi buno eri nti Peetero akakasa abasomi nti bajja kulokolebwa okuva mu buzibu obw'omu maaso obw'Ekibonyoobonyo. Eryato lyawonya amaka ga Nuuwa mu busungu bwa Katonda obw'amazzi, kale okubatiza kw'Omwoyo okuteeka abakkiriza mu Kristo ne batebenkera kujja kubalokola mu Kibonyoobonyo ekijja eri ensi. Kino kitunuulira Okukwakkulibwa okulokola abakkiriza okuva mu busungu bw'Ekibonyoobonyo (1 Bas. 1:10; 5:1-11). Kino nga kiwakanya endowooza eno ey'oluvannyuma egamba nti "kaakati kutulokola" eraga omuganyulo gwa kaakano, so si ogw'omu maaso.

Entaputa eyokubiri ey'Amazima B etwala okubatiza ng'okubatizibwa mu mazzi era n'ekuwa amakulu ge gamu n'engeri okubatizibwa gye kutunuulirwamu mu Bikolwa 2:38. Okubatizibwa kwe kwawula abasomi b'ebbaluwa ya Peetero Abayudaaya ab'omu kyasa ekyasooka ku mulembe gwabwe omubi ne kubakwataganya n'ekibiina ky'Abakristaayo ekipya basobole olwo ne baba nga balokoleddwa mu kibonerezo ekinene eky'ekiseera ekigenda okujja ku Isirayiri olw'ekibi kyabwe eky'entiisa eky'okukomerera Kristo. Okuzikirizibwa okwatuuka ku Yerusaalemi okuyita mu Baruumi kwaliwo mu A.D. 70. Bandifunye okusonyiyibwa olw'ekibi ekyo ne babeera n'endowooza ennongoofu.Okuzuukira kwa Kristo kwogerwako ng'okuzzaamu amaanyi eri abakkiriza ssekinnoomu abayinza okufiira mu kuzikirizibwa okujja nti nabo balizuukizibwa.

Tetusobola kugonjoola kutaputa kitundu kino mu ngeri ennyangu. Ensonga erabika nga y'amaanyi nnyo egamba nti okubatiza kuno kwa Mwoyo nga kwe kulina omugaso ogwa kaakano okutuwonya mu ndowooza y'okwesalira omusango. Ekintu kimu ekitegeerekeka obulungi kiri nti ekitundu kino tekifuula kubatizibwa kubeera kakwakkulizo ka bulokozi obutaggwaawo. Obulokozi obwogerwako bweyoleka bulungi nga bw'abakkiriza, era bwe kityo kyeyoleka bulungi nga kino kyogera ku Mazima B.

**Munyweze okuyitibwa n'okulondebwa kwammwe. 2 Peetero 1:10-11**

> [10]*Kale, ab'oluganda, kyemunaavanga mweyongera obweyongezi okufubanga okunyweza okuyitibwa kwammwe n'okulondebwa kubanga ebyo bwe munaabikolanga, temulyesittala n'akatono,*
> [11]*kubanga bwe kityo tewalibulawo bugagga mu kuyingira kwammwe mu bwakabaka obutaggwaawo obwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo.*

> Entaputa y'Amazima A: Obwesigwa obutasalako bujja kukakasa obulokozi obw'omukkiriza obumukkirizisa okuyingira mu ggulu.

> Entaputa y'Amazima B: Obwesigwa obutasalako bujja kukakasa ebiseera by'omukkiriza eby'omu maaso n'empeera mu bwakabaka bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Ekitundu kino gwe musingi omukulu ogw'abo abagamba nti obulokozi bwaffe obw'olubeerera buteekwa okukakasibwa emirimu gyaffe. Entegeera y'Amazima A eri nti engeri yokka gye tusobola okumanya oba okwekakasa okulondebwa kwaffe olw'ebibala ebituvaamu n'obunyiikivu mu kwolesa empisa ennungi ez'Ekikristaayo. Kya lwatu nti kino kiba kitegeeza nti obutabaawo bwa bibala kiraga nti omuntu oyo si mulokole, oba nti tayinza kukimanya nti mulokole. Ebigambo "okuyitibwa n'okulondebwa"' bitaputibwa ng'okuyitibwa eri obulokozi n'okusalawo kwa Katonda kwe yasalawo edda okutulokola.

Entaputa y'Amazima A erina ekizibu ku ntandikwa yaayo. Singa, ng'abamu bwe bakitegeera, okuyitibwa n'okulondebwa bisalibwawo Katonda mu buyinza bwe, kaakati olwo ekintu kyonna kye tukola kiyinza kitya okulemesa obumalirivu bwe obwo mu ngeri y'okweyongera okubukakasa? Tuyinza okukkiriza nti enkola yaffe esobola okuwa obujulizi ku bulokozi, naye tuyinza okugamba nti ekakasa obulokozi bwaffe? Kuno kw'ogatta ensonga y'okuba nti ekipimo ky'ebibala mu bulamu bw'omuntu yenna kifugibwa entaputa ez'enjawulo.

Tutandika okutegeera ekitundu kino bwe twetegereza nti Peetero yali awandiikira Abakristaayo awatali kubuusabuusa kwonna ku ludda lwe oba ku lwabwe nti baali baalokolebwa. Baalina "okukkiriza okw'omuwendo" kwe kumu "n'obutuukirivu bwa Katonda waffe n'Omulokozi Yesu Kristo" (1:1). Katonda awadde abasomi byonna bye beetaaga okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda (1:3), era "bagabana ku

bwakatonda bwe" (Peetero ayinza okuba ng'ayogera ku kifo kyabwe kye balimu kati oba oboolyawo enkizo gye balina mu biseera eby'omu maaso erifunibwa olw'enneeyisa yaabwe entuufu — mu ngeri kiraga obulokozi bwabwe;1:4). Era "basimattuse obwonoonefu obuli mu nsi" (1:4). Oluvannyuma lw'ennyanjula eyo ekakasa, Peetero akubiriza abasomi b'ebbaluwa okwongera ku kukkiriza kwabwe okwasooka empisa ennungi ez'obwakatonda (enny. 5-7) baleme kuba bagumba (abatalina mugaso, ekiva mu *argos*), abatabala bibala, abatalaba bulungi, oba bazibe ba maaso, baleme kwerabira (oba ne balagajjalira okusiima) nti baanaazibwa okuva mu bibi byabwe (enny. 8-9).

Kinajjukirwa nti abakkiriza basobola okuba nga tebabala bibala era nga bazibe b'amaaso ag'omwoyo. Ebibala n'ebikolwa ebirungi si bye bikakasa obulokozi. Okuyigiriza okugamba nti abantu tebavunaanyizibwa ku nneeyisa yaabwe mu ndaba ya Katonda, okwo nakwo si kutuufu. Buvunaanyizibwa bwa buli mukkiriza okubala ebibala n'okutya Katonda, bw'atyo Peetero bw'akubiriza. Katonda awadde buli mukkiriza amaanyi ag'okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda (oluny. 3-4), naye buvunaanyizibwa bwa buli mukkiriza okukolagana ne Katonda era n'okwambala empisa ennungi ez'okutya Katonda (enny. 5-7).

Peetero olwo n'agenda mu maaso n'okukubiriza abasomi okwongera okunyiikirira n'okukakasa "okuyitibwa n'okulondebwa kwabwe" (oluny. 10). Ekigambo ekivvuunulwa "obukakafu" (*bebaios*) kitegeeza *okukakasibwa*, *okukyusibwa*, *okukakasibwa olw'obujulizi*. Naye birina kukakasibwa eri ani? Ky'amazima nti si eri abasomi, kubanga ekyo Peetero yakikasizza enfunda n'enfunda mu nnyiriri ezisoose. Tewali bujulizi bwonna bulaga nti abasomi baali balwanagana n'okubuusabuusa kwonna ku bulokozi bwabwe. Peetero ateekwa okuba nga yali alowooza ku bujulizi bwabwe obulabika eri abalala nga bye bikolwa byabwe ebikakasa okukkiriza kwabwe mu Kristo, abasomi kwe baali bagamba nti balina (laba. Bar.4:2, Yok. 13:35; Yak. 2:21-25).

"Okuyitibwa n'okulondebwa" bitegeeza ki? Kiteeberezebwa bangi nti kitegeeza okuyita okw'obwakatonda okw'abantu eri obulokozi n'obumalirivu bwa Katonda okubalondera obulokozi kwe yateesa okuva ku lubereberye. Ekizibu ekiri mu ndowooza eyo kiri nti ensengeka y'ebigambo si ntuufu, kubanga kyandibadde nti "okulondebwa" nga tekunnabaawo "okuyitibwa" kwe kwalisoose (Bar. 8:30).Tusanga ensengeka Peetero gy'awa mu bigambo bya Yesu Kristo mu Mat 20:16 (mu Biwandiiko Ebisinga) ne 22:14 Yesu gy'agambira nti, "Kubanga bangi abayitibwa, naye batono abaalondebwa." Ebigambo ebyo bifundikira engero bbiri ezikwata ku bwakabaka (Mat. 20:1; 22:2). Mu ngero ezo, okusalawo okusasula empeera ezimu n'okusalawo okukkiriza abagenyi abamu okuyingira ku mbaga ey'ekijjulo ky'okujaguza kugoberera okuyitibwa okukola oba

okwetaba mu mbaga (okuyitibwa). Kirabika nga Peetero ali mu kujuliza okuyigiriza kwa Yesu okukwata ku abo abayingira mu bwakabaka n'abo abalondeddwa olw'empeera ez'enjawulo mu bwakabaka (laba okukubaganya ebirowoozo okwawedde okwa Mat. 22:1-14).

Katonda ayise abakkiriza bonna okujja mu bwakabaka bwe (1 Bas. 2:12), naye abo bokka abeesigwa be balondeddwa okuweebwa empeera ez'enjawulo (Bar. 8:17b; 2 Tim. 2:12). Okwo bwe kuba nga kwe kulowooza kwa Peetero, olwo ebigambo bye ebiri mu 1:1-11, kiba kikafu nti ebbaluwa yonna (laba. 3:14), yawandiikibwa okuteekerateekera abasomi b'ebbaluwa engeri y'okuyingiramu obwakabaka mu buwanguzi. Kino kiva mu bigambo ebiri mu lunyiriri 11—Peetero yali tayogera ku kya kukkirizibwa kuyingira bwakabaka, naye okuyingira mu ngeri ey'obuwanguzi "ekikuweebwa nga kyamuyiika." Amakulu g'enkozesa y'ekigambo *epichorokgzeō* ("kinaakuweebwa") kiraga nti Katonda y'agaba empeera zino. Peetero agamba nti abakkiriza bonna bajja kuyingira obwakabaka (nga mwe muli n'abatali beesigwa), naye ayagala okubasikiriza okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda ng'abasuubiza okwanirizibwa mu kitiibwa. Ayinza okuba nga yalina mu ndowooza ye enkola ey'okwaniriza mu kitiibwa omulwanyi oba omuddusi asinze ng'akomyewo mu kibuga. Tukimanyi okuva mu kukubaganya kwaffe ebirowoozo okuva mu 1 Abakkolinso 3:11-15 nti Abakristaayo bonna tebajja kuyingira nga balina empeera ezenkanakana. Era ekyo kye kikolebwa ne mu bwakabaka.

Entaputa y'Amazima A eyogera ku nsonga eri mu 1:10-11 *amazima* g'okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda (ekiyinza okutaputibwa ng'eggulu). Entaputa y'Amazima B eyogera ku nsonga *ey'omutindo* ogw'okuyingiramu kw'omuntu mu bwkakaba bwa Katonda. Endowooza esooka ereeta okubuusabuusa okutakoma n'omuntu obuteekakasa bulokozi bwe. Endowooza eyokubiri esikiriza Abakkiriza okweyongera okukula mu kukkiriza kwabwene mu kweyongera okukula mu bulokozi bwabwe.

Tetulina kutwala bulokozi bwaffe ng'ekintu ekibeera mu kifo ekimu. Katonda yatuwa buli kye tulina okukozesa okusobola okukula, naye buvunaanyizibwa bwaffe okwewaayo eri ebintu ebituyamba okukula. Okusikirizibwa kuno si kwa kukakasa bulokozi bwaffe, naye okussaamu Katonda ekitiibwa nga twesunga olw'okwanirizibwa okw'omuggundu mu bwakabaka bwe obw'olubeerera.

## Embwa eddidde ebisesemye byayo. 2 Peetero 2:1-22

[1]*Naye waaliwo ne bannabbi ab'obulimba mu bantu, era nga bwe*

walibaawo abayigiriza ab'obulimba mu mmwe. Baliyingiza mu nkiso
enjigiriza enkyamu etwala abantu mu kuzikirira. Balyegaana ne
Mukama waffe, ne beereetako okuzikirira okw'amangu. 2 Abantu bangi
baligoberera empisa zaabwe ez'obukaba ne bavumaganyisa ekkubo
ery'amazima; 3 balibafunamu amagoba mangi nga bakozesa ebigambo
eby'obulimba olw'omululu gwabwe. Abo Katonda yabasalira dda
omusango era n'okuzikirizibwa kwabwe tekubuusibwabuusibwa. 4
Katonda teyasaasira bamalayika abaayonoona, wabula yabasuula mu
lukonko oluwanvu olujjudde ekizikiza, gye bali, nga basibiddwa mu
njegere nga balindirira olunaku olw'okusalirwako omusango. 5 N'ensi
ey'edda teyagisaasira, n'aleeta amataba ku nsi okuzikiriza abo
abataamutya, n'alokolako Nuuwa eyabuulira obutuukirivu wamu
n'abalala musanvu. 6 Era yasalira omusango abaali mu bibuga by'e
Sodomu n'e Ggomola bwe yabazikiriza, ne bisirikka mu muliro,
bw'atyo n'alaga ebyo ebigenda okutuuka ku buli atatya Katonda. 7
Kyokka n'awonya Lutti, omutuukirivu, eyalumwanga ennyo
olw'obulamu obw'abantu abo abajeemu. 8 Olw'okubanga
yababeerangamu, buli lunaku, yalabanga era n'awuliranga ebikolwa
eby'obujeemu bye baakolanga, ekyo ne kimuleetera okunyolwa mu
mwoyo gwe omutuukirivu. 9 Mukama amanyi okuwonya n'okuggya mu
kugezesebwa abamutya, n'abonereza abatali bakkiriza okutuusa ku
lunaku olw'okusalirako omusango, 10 n'okusingira ddala abo
abagoberera okwegomba kwabwe okw'omubiri ne banyooma
abakulembeze baabwe. Tebaliiko kye batya, beerowoozaako bokka, era
tebakwatibwa na nsonyi kuvuma baakitiibwa. 11 Kyokka bo bamalayika
newaakubadde be basinga abayigiriza abo amaanyi n'obuyinza, bwe
batwala ensonga ezo eri Mukama waffe tebakozesa lulimi luvuma. 12
Abantu bali bavuma ne bye batategeera, bali ng'ensolo obusolo
ezitaliimu magezi ezikwatibwa okuttibwa ne zizikirizibwa; era nabo
okufaanana ng'ensolo ezo, bagenda kuzikirizibwa. 13 Abantu abo
bagenda kubonerezebwa olw'ebibi bye bakola. Kubanga buli lunaku
bagoberera okwegomba kwabwe olw'okwesanyusa, era abantu abo
bakwasa mmwe ensonyi era babaswaza bwe beegatta nammwe mu
mbaga zammwe, nga bakola effujjo mu masanyu gaabwe. 14 Balina
amaaso agajjude obukaba, tebalekaayo kukola kibi buli kiseera
boonoona era basendasenda abatali banywevu, bajjudde omululu.
Baana abaakolimirwa, 15 abaakyama ne bava mu kkubo okufaanana
nga Balamu mutabani wa Beyoli, eyayagala empeera ey'obutali
butuukirivu. 16 Kyokka endogoyi etayogera, Katonda bwe yagyogeza
n'emumanya olw'obujeemu bwe n'eziyiza eddalu lya nnabbi oyo. 17
Abantu abo nzizi ezitaliimu mazzi. Bali ng'ebire ebitwalibwa
embuyaga, era baterekeddwa ekifo eky'ekizikiza ekikutte be zigizigi. 18
Boogera ebigambo eby'okwekuluntaza era ebitaliimu nsa. Mu
kwegomba kw'omubiri ne mu bukaba bwabwe basendasenda abo abali
okumpi n'okubadduka abakyatambulira mu kibi. 19 Babasuubiza

*eddembe, so nga bo bennyini baddu ba bikolwa ebibi eby'okuzikirira. Kubanga omuntu afuuka muddu w'ekyo ekimufuga.* [20] *Era abantu bwe bategeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo, ne badduka okuva mu bintu ebyo eby'ensi ebyonoona era ebitwala abantu mu kuzikirira, ate ne bava awo ne babiddamu, bibasibira ddala era obulamu bwabwe bufuuka bubi nnyo okusinga bwe bwali okusooka.* [21] *Ekyandisinze be bantu abo obutategeerera ddala kkubo lya Mukama waffe ery'obutuukirivu, eriggya abantu mu kuzikirira, okusinga lwe bamala okulitegeera, ate ne bava ku biragiro ebitukuvu bye baaweebwa.* [22] *Olugero olwagerebwa kyeluva lutuukirira ku bo olugamba nti, "Embwa eridde ebisesemye byayo," na luno nti: "Embizzi eva okunaazibwa ezzeeyo okwekulukuunya mu bitosi."*

Entaputa y'Amazima A: Abasomesa ab'obulimba bagenda mu ggeyeena wamu n'abo be baabuzaabuza.

Entaputa y'Amazima B: Abasomesa ab'obulimba bagenda mu ggeyeena, n'abo be baabuzaabuza bafugenda kufuna enkomerero ey'entiisa.

Kya lwatu nti bannabbi n'abasomesa ab'obulimba aboogeddwako ku ntandikwa mu kitundu kino tebaali balokole era nga bagenda kuzikirizibwa emirembe gyonna. Ekitundu kitandika n'enjawulo eriwo wakati waabwe "n'abantu ba Katonda abatukuvu" aboogerwako mu kitundu ekyasooka (1:21). Olulimi olunnyonnyola enkomerero yaabwe ey'olubeerera lutegeerekeka bulungi era teluliimu kubuusabuusa (2:3-17; laba. ekitundu ekifaanagana mu Yuda 4-6).

Kirabika nga waliwo ekibinja eky'okubiri eky'abantu mu kitundu kino; beebo abatwalirizibwa abasomesa bano ab'obulimba okutuuka ku ssa nti "baagoberera amakubo gaabwe agazikiriza" (2:2). Bano nabo balabika nga tebaali balokole. Okuva bwe bali nti baawukana n'abasomi b'ebbaluwa abalokole, ekibinja eky'okusatu ekyayogerwako butereevu ("mmwe") mu olunyiriri olwo 3, kirabika nga beebo abeeyita Abakristaayo ekivaako enkola y'Abakristaayo okuvvoolebwa olwa bano okusendebwasendebwa.

Ekibinja kino eky'okusatu be basomi Peetero b'alabula. Booogerwako mu ngeri ey'awamu mu lunyiriri olwo 3 Peetero bw'agamba nti bannabbi ab'obulimba "bajja kubakyamya n'ebigambo eby'obulimba." Singa Peetero yali awandiikira abakkiriza, nga bwe tunaalaba nti bwe kityo bwe kyali, olwo aba abalabula ku bizibu bya bannabbi ab'obulimba bye batuusa ku abo abatali balokole (oluny. 2) n'abo b'awandiikira abalokole (oluny. 3). Oluvannyuma ng'annyonnyola okuzikirizibwa kw'abasomesa

ab'obulimba n'abagoberezi baabwe abatali balokole, Peetero aluŋŋamya ebirowoozo bye ku kibinja kino eky'okusatu mu lunyiriri olwe 18. Abakkiriza bano bali mu kabi ak'okufugibwa amaanyi ga bannabbi ab'obulimba.

Tumanya tutya nti ekibinja eky'okusatu kirimu abantu abalokole? Bayitibwa "abo abaasumattuka (oba enkyusa ezimu: "abaasumattukira ewatono" ekitegeeza era obulokozi) okutoloka okuva mu abo abatambulira mu nsobi" (oluny.18). "Basimattuse obwonoonefu bw'ensi nga bayita mu kumanya Mukama era Omulokozi Yesu Kristo" (oluny. 20). Eky'okuba nti bo basobola "okuddamu okuzingizibwa" mu bwonoonefu bw'ensi kitegeeza nti baali babaddeko eyo, naye kaakati ne basimattuka (oluny. 20). Ebigambo bya Peetero mu 2:21 bikiraga bulungi nti baali "bamanyi ekkubo ery'obutuukirivu." Enkomerero yaabwe, eyogerwako engero z'omulembe guno ezijuliziddwa mu lunyiriri olwa 22, eziraga nti embwa yali yava ku ky'okuddira ebisesemye byayo, era nga n'embizzi lumu bwe yali yanaazibwa.

Kale, tulaba enkyukakyuka mu kwogera kwa Peetero. Awandiikira ekibinja kino eky'abakkiriza okubalabula ku basomesa ab'obulimba abatalokolebwanga abaali abagenda okuzikirizibwa era abaleetera n'abalala okufundikira nga bo (enny. 1-17). Enkyukakyuka mu ndagiriro yeeyoleka bulungi. Oluvannyuma lw'okulumiriza abasomesa ab'obulimba mu buli lunyiriri okuva ku lunyiriri olwe 10 okutuuka ku lunyiriri olwe 17, ebivunaanibwa bikoma mu bwangu. Oluvannyuma mu lunyiriri olwe 18 ne 19, ayogera ku kabi k'abakkiriza abayinza okusendebwasendebwa abasomesa ab'obulimba.

Peetero bw'ayogera ku nkomerero y'abasomi b'ebbaluwa abakkiriza abayinza okuba nga basendebwasendebwa abasomesa ab'obulimba, ayogera mu ngeri y'okuba nga kino kisoboka, so si bukakafu. Abakkiriza bano bandyolekedde enkomerero ey'entiisa, naye tekirambikiddwa nga kulibeera kuzikirizibwa oba ggeyeena, kyokka nti "enkomerero yaabwe ey'oluvannyuma eribeera mbi okusinga entandikwa" (oluny. 20). Entalo oba ebigezo byonna bye baagumira ng'Abakristaayo abapya bijja kuggwaawo bw'ogeraageranya n'obuzibu obubalindiridde (oboolyawo mu kiseera ekigere, oba ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, oba byombi). Peetero yali agamba nti kyandibadde kirungi singa baali tebamanyi "kkubo lya butuukirivu" okusinga okuva ku "kiragiro ekitukuvu ekyabaweebwa" (oluny. 21). Peetero tagamba nti kyandibadde kirungi singa tebaalokolebwa. Agamba nti kyandibadde kirungi singa tebaamanya njigiriza ekwata ku bulamu obw'obutuukirivu, nga kyategeeza nti olw'okuba baamanya, balina obuvunaanyizibwa obusingako okugigoberera. Ekiwandiiko kiraga nti obulamu buno obw'obutuukirivu bulabikira mu kugondera "ekiragiro ekitukuvu

ekyabaweebwa.” Ekiragiro kino ekitukuvu kye ki? Kirabika, tekikwatagana na kiragiro kyonna eky’okukkiriza oba okulokolebwa, ng’eyo yandibadde ngeri etali ya bulijjo era etabangawo ey’okujuliza ku bulokozi. Waliwo enkola eziwerako eziyinza okwogera ku kino, okugeza, ekiragiro eky’okwagala (Yok. 13:34) oba ekiragiro eky’okubeera abatukuvu (1 Peet. 1:15). Naye ebiragiro bino byombi eri Abakristaayo, by’ebiragiro ebiva mu Mazima B.

Kiba kya butamanya okugamba nti Abakristaayo ab’amazima tebasobola kugoberera njigiriza ya bulimba. Omutume Pawulo yali tasobola kumatizibwa na ndowooza ng’eyo—laba Abaggalatiya n’okulabula kwe okungi eri Abakristaayo ku kusigala mu mazima. Oba, buuza omusumba yenna abaddeewo ekiseera ekimala alabye Abakristaayo nga bajja ate ne bagenda n’enjigiriza ezisinga okwewuunyisa era ezitategeerekeka. Kiba kya nnaku okukimanya nti okuggyako nga beenenyezza okuwaba kwabwe, waliwo enkomerero embi ey’amaanyi ebalindiridde. Kirungi okwewala abasomesa ab’obulimba mu ngeri yonna esoboka era n’okulabula Abakristaayo okubeewala.

## Mufube okusangibwa nga temuliiko musango. 2 Peetero 3:14-18

> 14 *Kale, abaagalwa, nga bwe mulindirira ebintu ebyo okubaawo mufubenga nnyo okuba abalongoofu abataliiko kya kunenyezebwa nga mulina emirembe.* 15 *Kyokka mulowoozenga ku kubonyaabonyezebwa okw’obulokozi bwa Mukama waffe, nga ne muganda waffe omwagalwa Pawulo kye yabategeeza mu bbaluwa ze yabawandiikira mu magezi Katonda ge yamuwa.* 16 *Weewaawo ebbaluwa ze zirimu bingi ebizibu okutegeera, kyokka buli lw’awandiika aba ayogera ku nsonga ezo; wabula bo abatamanyi era abatali banywevu babinnyonnyola nga bwe bannyonnyola ebyawandiikibwa ebirala ne beereetako okuzikirira.* 17 *Kale, mmwe abaagalwa, ebyo nga bwe mubitegedde, mwekuume muleme kukyamizibwa abantu abo abajeemu, si kulwa nga babaleetera okugwa ne muva we munyweredde.* 18 *Mweyongere okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano n’emirembe gyonna. Amiina.*
>
> Entaputa y’Amazima A: Okunyiikira mu butukuvu kireeta obulokozi obw’olubeerera.
>
> Entaputa y’Amazima B: Obunyiikivu mu butukuvu buteekateeka Abakristaayo okusisinkana Mukama.

Ekitundu kino kwe kuwuumbawuumba kw'ebbaluwa okulungi mu bufunze n'emiramwa gye twateesezzaako edda, n'olwekyo tekyetaagisa nnyo kuddamu kuwakanya nsonga za Peetero. Olunyiriri olwe 14 lwesunga Olunaku lwa Mukama olujja ng'ekitusikiriza okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda mu kiseera kino. Okubuulirira kwalwo kutujjukiza 1:5-11, ewoogera ku bunyiikivu mu kwongera empisa ennungi kuu kukkiriza kwaffe tusobole okuba n'okusembezebwa okw'omutindo ogwa waggulu mu bwakabaka bwa Kristo. Ekigambo "ataliiko kamogo n'olufunyiro" tekyogera ku butuukirivu obutuweebwa obuweebwa, wabula obulamu obutaliimu kyakunyezebwa nga kye kirina okuba ekigendererwa ky'abasomi b'ebbaluwa bwe banaayanjulwa eri Yesu Kristo mu maaso g'Entebe ye kw'Alisalira Omusango (laba. Bef. 5:27).

Okusinziira ku ndaba y'Amazima B, era twakirabye nti kisoboka abakkiriza ("abaagalwa") okulemererwa mu kuyimirira kwabwe okunywevu mu Kristo ne balimbibwa olw'ensobi y'okuyigiriza okw'obulimba (oluny. 17). Kino tekiggyawo bulokozi bwabwe oba obukakafu nti tebaalokolebwa. Kikakasa bukakasa nti Abakristaayo basobola okulekera awo okukula era ne bakontana n'amazima ge bamanyi. Mu ngeri eno, ekitundu kino kinyweza entaputa ya 2 Peetero 2, gye twaakakubaganyaako ebirowoozo. Peetero akubiriza abasomi be okweyongera okunywerera mu mazima baleme kutwalibwa mu nsobi.

Ekisinga okuziyiza ensobi kwe kunyiikira okukula "mu kisa ne mukumanya kwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo" (oluny. 18). Bino si bigambo eby'akaseera obuseera, kubanga ensobi etera kusooka kulumba mazima agagamba nti obulokozi tubufuna olw'ekisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka, era n'okulumba obwakatonda bwa Kristo n'omulimu gwe. Gye tukoma okumanya ekisa kya Katonda n'Omwana wa Katonda, gye tukoma okwewala okuyingira mu nsobi y'okuyigiriza okw'obulimba.

## Ekigendererwa kya 1 Yokaana


Nga tetunnatandika kukubaganya birowoozo ku kitundu kyonna mu 1 Yokaana, tulina okumanya ekigendererwa ky'ebbaluwa. Ekikulu mu byonna, tulina okuddamu ekibuuzo kino: 1 Yokaana alina ekigendererwa ky'Amazima A oba ky'Amazima B? Ababuulizi, abasomesa abannyonnyozi n'Abakristaayo abasinga obungi okutwaliza awamu bavvuunula 1 Yokaana ng'Amazima A. Kannyinyonnyole.

Omuntu bw'asoma 1 Yokaana, kyeyoleka mangu nti Yokaana awa "ebigezo" bingi eri abasomi be Abakristaayo. Mu bigezo bino mulimu ebintu ng'okukutambulira mu kizikiza oba mu kitangaala, okuzaalibwa Katonda oba Setaani, okwagala oba obutayagala balala, okugondera oba obutagondera biragiro bya Katonda. Entaputa eya bulijjo, ey'Entaputa y'Amazima A egamba nti, abo abayita ebigezo bino be Bakristaayo ab'amazima, so ng'abo abatakola bwe batyo tebabeera

balokole batuufu. Okuwagira entaputa y'Amazima A, okujulira kukolebwa mu 5:11-13 okuba nga ky'ekigendererwa ky'ebbaluwa. Kigambibwa nti Yokaana yawandiika okuyamba abantu okumanya oba nga nga ddala bo n'abalala balokolebwa. Anti agamba mu lwatu nti, "Ebintu bino byawandiikibwa mulyoke mutegeere nti mulina obulamu obutaggwaawo" (5:13).

Mazima ddala, kikulu nnyo okumanya ekigendererwa ky'ekitabo ekyo. Naye 5:13 si we wokka Yokaana w'agambira nti "Nze mpandiika ebintu bino" oba "Ebintu bino byawandiikibwa." Kino akyogera emirundi ena mu kitabo kyonna (1:4; 2:1, 26; 5:13 nga n'emirundi esatu egisembayo ng'ajuliza Yokaana by'ayogera amangu ddala nga tanayogera kigambo kino). Kikulu nnyo nti Yokaana agamba nti, "Ebintu bino byawandiikibwa" ku ntandikwa y'ekitabo mu 1:4 kubanga kyandibadde kya bulijjo gy'ali okwogera ekigendererwa kye ku ntandikwa y'ebbaluwa ye. Abamu bayinza okukiwakanya, nga bagamba nti Yokaana ayogera ekigendererwa ky'Enjiri ye ku nkomerero mu Yokaana 20:30-31. Kyokka, ekyo okuteekebwa awo kikola amakulu kubanga ogwo gwe mulundi gwokka gw'agambiramu nti, "ebintu bino biwandiikiddwa musobole . . ." Akozesa enkola ey'akakodyo ewuumbawuumba oluvannyuma lw'okuleeta ensonga ze. Ate era, olunyiriri olwa 31 kwe kuunnyonnyola kwokka okw'olunyiriri olwa 30 olunnyonnyola ensonga lwaki Yokaana yali yeroboza mu kuwandiika kwe.

Okusobola okutegeera obulungi 1 Yokaana, tulina okutegeera Yokaana bye yali awandiise emabegako mu Njiri ye mu Yokaana 13-17. Yayigiriza amazima ago mu kubeerawo kw'abayigirizwa be okutumbula enkolagana yaabwe ne Mukama. Engeri ennungi ey'okufunza ebigendererwa bya Yokaana eri Enjiri ye n'Ebbaluwa ye eri nti: Enjiri ya Yokaana ge Mazima A agalimu Amazima B; Ebbaluwa ya 1 Yokaana ge Mazima B agalimu Amazima A.




Nga kino tukitaddee mu birowoozo, twetegereza ebitundu ebimu

ebitongole ebitawaanya ennyo abantu okutegeera.

## Singa tutambulira mu kizikiza. 1 Yokaana1:6, 8, 10

*[6] Noolwekyo bwe twogera nti tussakimu naye, ate ne tutambulira mu kizikiza, tuba balimba era tetuba ba mazima.*

*[8] Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe.*

*[10] Bwe tugamba nti tetulina kibi, tumufuula mulimba era nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe.*

Entaputa y'Amazima A: Abo abagamba nti baalokolebwa naye nga batambulira mu kibi oba mu kwegaana nti balina ekibi babeera tebalokolebwa.

Entaputa y'Amazima B: Abo abalokoka naye nga batambulira mu kibi oba nga beegaana nti balina ekibi tebali mu kussa ekimu ne Katonda.

Okutambulira mu kizikiza n'okwewakana ekibi kigezo kya bulokozi oba eky'okussa ekimu? Yokaana atandika bulungi ebigambo bino ebisatu n'omulamwa gw'okugatta mu lunyiriri olwo 6. Mu butuufu, yeeyingiza mu bungi bw'omuntu asooka "ffe." Bino bubonero obw'enkukunala obulaga Amazima B ge yali ayogerako, na ddala ng'ebbaluwa bw'eri nti yandiikikibwa okugenda eri abakkiriza.

Ekisika  abantu okutuuka ku ntaputa y'Amazima A kye kigambo ekikwata ku busobozi bw'okutambulira mu kizikiza n'okwewakana ekibi. Omukkiriza asobola okutambulira mu kizikiza oba okwewakana ekibi? Oluvannyuma, Yokaana agamba nti omukkiriza "akyawa ow'oluganda lwe, ali mu kizikiza okutuusa kaakano" (2:9; era 2:11). Kyokka, ebiva mu kizikiza kwe kuziba amaaso n'okuziyiza omukkiriza okulaba gy'alaga, so si kumusindika mu ggeyeena (2:11). Yokaana ayogera ku "kutambula" kw'omukkiriza oba obulamu bwabwe mu maaso ga Katonda, so si njigiriza yaabwe oba okukkiriza kwabwe. Okwawukanako n'ekyo, abakkiriza abo abatambulira mu bwerufu n'obwesimbu mu maaso ga Katonda batambulira mu musana era balongoosebwa n'ekikolwa ekitukuza eky'omusaayi gwa Kristo (ssaddaaka ye olw'ekibi). Abo abatatambulira mu bwesimbu mu maaso ga Katonda n'agabalala bajja kwewakana ekibi kyabwe. Kabaka Dawudi kino yakikola okumala

omwaka nga gumu nga tannayatula kibi kye eri nnabbi Nasani ne Katonda (1 Sam. 12:1-14; laba ne Zab. 51). Naye nga tannayatula bibi bye, obulamu bwe bwali mu kizikiza mu by'omwoyo (Zab. 32:1-5).

Abakkiriza abatambulira mu kizikiza bajja kwesittala nga tebalina kuluṅṅamizibwa kutuufu ng'abo abali mu kussa ekimu ne Katonda kwe banyumirwa. Abakristaayo bwe bakuba Katonda omugongo, ng'ate ye kyekitangaala, bajja kwesittala n'ebisiikirize byabwe. Eyo ye nsonga lwaki okwatula okuli mu 1:9 kukulu nnyo.

## Naye bwe twatula ebibi byaffe. 1 Yokaana1:9

*Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu balina okwatula ebibi byabwe okusobola okulokolebwa era n'okusonyiyibwa.

Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza balina okwatula ebibi byabwe okusobola okuzzibwaawo mu kussa ekimu ne Katonda.

Bwe tumala okutegeera nti ekigendererwa kya 1 Yokaana nti yawandiikibwa okugenda eri Abakristaayo ku bikwata ku kussa ekimu so si kugezesebwa kwa bulokozi bwabwe, tusobola okutegeera amakulu g'olunyiriri luno. Mu buufu bw'Amazima B Yokaana ge yalangirira mu 1:3 n'entegeera y'Amazima B mu 1:6, 8, ne 10, okwatula ekibi nakyo kiteekwa okuba nga ge Mazima B. Mu mulamwa ogw'amangu ogw'okutambulira mu kitangaala n'ekizikiza, okwatula y'engeri omukkiriza gy'ayinza okweyongera okutambulira mu kitangaala. Kiraga obwesimbu obw'omukkiriza bw'alina mu maaso ga Katonda ekimusobozesa okunyumirwa okussa ekimu naye. Ekigambo "okwatula" (ekiva mu *homologeō*), kitegeeza *okukkiriziganya*. Omukkiriza akola ebibi ate n'abyatula eri Katonda aba akkiriziganya ne Katonda nti ddala ayonoonye.

Kyandibadde kyewuunyisa okupimira obulokozi bw'omuntu mu ngeri y'okwatula ekibi. Olulimi luno terulina ngeri gye lukwataganamu na njigiriza ya bulokozi mu Endagaano Empya. Nga bwe kyayogeddwako emabegako, *okwatula* kwogerwako mu Baruumi 10:9-10 ng'okwolesa okukkiriza, naye okwo kwe kwatula ekyo Yesu ky'ali, so si kwatula kibi.

Okusobola okunyumirwa enkolagana yonna kyetaagisa ng'enjuyi zombi nneerufu era nga zombi nneesimbu buli omu eri munne. Ku mutendera gw'abantu, abazadde bayinza okuba nga beetegefu bulijjo okwagala

n'okusonyiwa abaana baabwe, naye omwana bw'abajeemera, abeera takyeyagalira mu nkoalagana eyo okutuusa "lw'alongoosa ebyasoba" ng'akkiriza nti yasobya. Mu ngeri y'emu, ekifo kyaffe mu maka ga Katonda tekiggyibwawo kibi, wabula okunyumirwa kwaffe okwenkolagana (okw'okussa ekimu) kujjamu evvuunya bwe tutayatula ebibi byaffe gy'ali.

## Amazima nga tegali mu ye. 1 Yokaana 2:3-4, 9, 11

> 3 *Bwe tugondera ebiragiro bye, kye kikakasa nti tumutegeera.*
>
> 4 *Kyokka oyo agamba nti amutegeera n'atakuuma biragiro bye, aba mulimba, era si wa mazima.*
>
> 9 *Omuntu agamba nti atambulira mu musana, kyokka ate n'akyawa owooluganda, aba akyali mu kizikiza.*
>
> 11 *Kyokka oyo akyawa owooluganda, aba akyali mu kizikiza, era mu kizikiza ekyo mw'atambulira, nga tategeera gy'alaga, kubanga ekizikiza kimuzibye amaaso.*

> Entaputa y'Amazima A: Abo abagamba nti baalokolebwa naye ne batagondera biragiro bya Katonda oba nga bakyawa abalala tebabeera balokole.

> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abagamba nti bassa kimu ne Yesu Kristo naye nga tebagondera biragiro bya Katonda oba nga bakyawa baganda baabwe babeera tebassa kimu naye.

Ensonga gye tulina okusooka okugonjoola ge makulu g'ekigambo "okumanya" Katonda, kubanga ekyo kye kivaako kalumannyweera mu mbeera eyogerwako. Entaputa y'Amazima A kino ekitwala ng'okwewozaako nti omuntu ono yalokolebwa, so ng'entaputa y'Amazima B kino ekitwala ng'okwewozaako nti alina enkolagana ey'okussa ekimu ne Yesu Kristo.

Nti "Ye" ayogera ku Yesu Kristo kyeyolekera mu mulamwa oguyita Yesu Kristo ng'Omuwolereza waffe n'okutangirira kwaffe mu lunyiriri 1 ne 2. Era, olunyiriri olwo 6 lugamba nti omukkiriza alina "okutambula nga Yesu bwe yatambulanga." Yesu yawangaalira mu bulamu obw'obutuukirivu mu kiseera ky'obuweereza bwe obw'oku nsi.

Ekimu ku biraga amakulu "g'okumanya" kwe kukozesa ekigambo ekifaanagana "okunywerera" mu lunyiriri olwo 6. Enjawulo wakati w'okukkiriza n'okunywerera yateeseddwako dda (laba Yok. 8:31-32). *Okunywerera* (okuva mu *menō*) ekitegeeza *okugondera*, *okugenda mu maaso*

*mu*, *okusigala mu*; tekitegeeza *kukkiriza*. Abasomi bano baali baafuuka dda abakkiriza nga bwe kiragiddwa. *Okunywerera* kigambo kya bakkiriza ekitegeeza okussa ekimu ne Katonda. Mu ngeri y'emu, ekigambo "okumanya" kirina amakulu ag'enjawulo okuva ku kumanya ekintu mu kukitegeera, okutuuka ku kumanya ekintu mu bumanyirivu oba mu ngeri ey'okulusegere. Mu Yok. 14:7-9, tulaba nti newankubadde Firipo yali amanyi Yesu Kristo okutuuka ku ddaala erimu, mu butuufu yali *tamumanyidde* ddala. Oluvannyuma, Yesu yasabira abayigirizwa abaali balokose basobole okumanya obulungi Katonda ne Yesu Kristo (Yok. 17:3).

Yokaana ayigiriza nti okugondera ebiragiro bya Kristo ly'ekkubo erituttuusa mu nkolagana ey'oku lusegere ey'omuggundu ne Kristo, ekiraga amazima Yesu ge yayigiriza mu Kwogera kwe okwali mu Kisenge ekya waggulu (Yok. 14:21). Okugondera Kristo kwe kulaga omukwano ogw'oku lusegere omuntu kw'alina gy'ali (Yok.14:15). Omukkiriza tayinza kugamba nti amanyi Kristo mu ngeri ey'ebuziba singa aba ajeemera ebiragiro bye. Bw'ayogera ekigambo bwe kityo, aba alimba. Ekiragiro ekikulu Yesu kye yalekera abayigirizwa be kwe kwagalana (Yok. 13:34). Buno bwandibadde bujulizi obw'enjawulo eri abalala nti bo be bayigirizwa be (Yok. 13:35). Okwagala baganda baabwe y'engeri abakkiriza gye balagamu nti bamanyi bulungi Katonda (1 Yok. 4:7-8), kubanga Katonda kwagala (1 Yok. 4:16). Mu ssuula 1, Yokaana yabuulira abasomi be abakkiriza ku kusalawo okutambulira mu kitangaala oba mu kizikiza. Kati alaga amazima ago ng'ayita mu ngeri abakkiriza gye basobola okwagala oba okukyawamu baganda baabwe.

Obulamu bwaffe obw'omwoyo tebukakasibwa lwa kwewaana, wabula lwa kugondera biragiro. Ffe okugondera ebiragiro bya Kristo, naddala ekiragiro eky'okwagala abalala, bwe bukakafu obulaga nti tumumanyi bulungi mu mukwano ogutaggwaawo. Kikulu nnyo okutegeera enjigiriza eno bwe tuba ab'okunyweza entambula yaffe ne Mukama.

**Oyo ayonoona aba tamanyi Katonda. 1 Yokaana 3:6, 9-10**

> 6 *Era tewali n'omu abeera mu ye akola ekibi. Buli akola ekibi aba tamulabanga era nga tamumanyi.*
>
> 9 *Noolwekyo tewali azaalibwa Katonda ate ne yeeyongera okukola ekibi, kubanga ensigo ya Katonda ebeera mu ye, so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda.* 10 *Ku kino abaana ba Katonda n'aba Setaani kwe bategeererwa. Buli akola ebitali bya butuukirivu si wa Katonda, era na buli atayagala muganda we si wa Katonda.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu abagenda mu maaso n'okukola

> ekibi oba abatayagala balala tebabeera balokole.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abagenda mu maaso n'okwonoona oba abatayagala baganda baabwe tebalina nkolagana ya ku lusegere ne Katonda.

Wadde ng'Abakristaayo abasinga obungi bakkiriza nti Abakristaayo bonna boonoona oluusi n'oluusi, waliwo abamu abakozesa ekitundu kino okukkaatiriza nti Abakristaayo tebasobola kusigala nga boonoona era ne basigala nga bakyali Bakristaayo. Okusingira ddala, obutayagala balala kujulizibwa ng'obukakafu nti abantu bano aboogerwako babeera baafiirwa obulokozi bwabwe oba nga tebalokokangako n'akatono.

Singa entaputa y'Amazima A ebeera ntuufu, olwo ennyiriri zino zandibadde zikontana n'ebyo Yokaana by'ayogera mu 1:8 ne 9: "Bwe tugamba nti tetulina kibi, ffe tubeera twerimba ffekka, era n'amazima tegabeera mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe . . ."Abakkiriza boonoona era boonoona buli kiseera, era eyo y'ensonga lwaki Katonda atuwa engeri y'okukwatamu ebibi okuyita mu kwatula.

Nate era, tulina okwetegereza nti ensonga eyogerwako si ya *kukkiririza* mu Kristo, wabula *okunywerera* mu Ye. Okuva okunywerera bwe kwogera ku kumanya okw'oku lusegere n'enkolagana ey'oku lusegere, kyangu okulaba engeri Yokaana gy'ayinza okugamba nti abo ababeera mu Kristo (kwe kugamba, abasigala mu kussa ekimu naye) teboonoona. Yokaana agamba nti abo aboonoona (kwe kugamba, abo abatanywerera mu Kristo) "tebamulabangako wadde okumumanya Ye." So ng'ebigambo bino bisobola okukozesebwa ku bumanyirivu bw'obulokozi (ng'Amazima A), Yokaana atera okubikozesa ng'ayogera ku lugendo lw'omukkiriza. *Okulaba* (ekiva mu *horaō*) kiyinza okutegeeza engeri omuntu gy'alabamu ebintu n'engeri gy'ayita mu mbeera emu (Yok. 6:36;12:45; 14:9; 15:24; 3 Yok. 11), era twalaga dda engeri gye *tumanyiramu* (okuva mu *epiginōskō*) ekiyinza okutegeeza omuntu gw'omanyi oba omuntu gwe twamanyiira okukolagana naye, ekyo kye tuyita okussa ekimu.

Abamu bawagira enzivuunula y'Amazima A nga bawakanya eky'okuba nti emboozi yayogerwa mu biseera eby'obuliwo mu bitundu bino. Abo abeesiba ku kino baagala nnyo okuvvuunula ebikolwa nga "agenda mu maaso n'okukola ekibi" oba "eyeeyongera mu maaso n'okukola ekibi." Enkyusa eno era erabikira mu nzivuunula za Baibuli nnyingi omuli (NIV, NET Bible, ESV, NASB). Ekiva mu ntaputa eno kwe kunnyonnyola ayonoona olutata oba eyeeyongera okukola ekibi. Kyokka, waliwo ebizibu ebimu ebiri mu ndowooza eyo. Okusooka, singa ago ge makulu g'ekiseera ekiriwo, kyandibadde kyetaagisa okwongerako

ebigambo okunnyonnyola amakulu g’ekikolwa eky’omuze (nga bwe tusobola okutangaaza n’ekigambo “Amokkola” n’ebigambo nga “Amokkola buli kiseera”). Okuggyako nga waliwo ebigambo ebitangaaza, abasomi ba Yokaana tebandirowozezza muze kubeera n’amakulu ag’ekiseera eky’emboozi eyakaakano. Kirabika nti okutaputa kw’ekibi okuba omuze kiva mu kyekubiira ali mu biyigirizibwa ku Katonda ebirowoozesa abantu nti Abakristaayo tebajja kwonoona oba tebayinza kugumira mu kibi. Ekizibu ekirala ekiva mu ntaputa y’Amazima A y’engeri y’okuzuulamu ddi ekibi lwe kifuuka omuze. Ennyinnyonnyola eyo yandibaddemu obusungu, okwegomba, amalala, n’obutasaba? Era emirundi emeka gye kyandibadde kikolebwa okutuuka okutwalibwa ng’omuze —omulundi gumu olunaku, omulundi gumu mu wiiki, omulundi gumu omwezi, oba gumu buli mwaka?

Ekisumuluzo ekituyamba okutegeera ebigambo bino ebikwata ku kibi ky’ekyo Yokaana kye yayogera mu 3:5 ku bikwata ku Yesu: “mu ye temuli kibi.” Olunyiriri olwo 6 lugamba bugambi nti abakkiriza bwe babeera mu Yesu Kristo, tekisoboka kukola kibi kubanga tewali kibi mu Ye. Olunyiriri olwo 9 lugamba nti tebasobola kwonoona; mu ngeri endala, *okusaa ekimu ne Kristo tekulina bwe kuzaala kibi*. Omukristaayo alina ekikula ekipya okuva eri Katonda, oba nga olunyiriri olwo 9 bwe lugamba nti, tuli “zzadde” lye. Omuzadde atalina kibi azaala abaana abatalina kibi. N’obulamu obw’obwakatonda mu ffe tebusobola kweyoleka nga twonoona. N’olwekyo, abo abakola ebibi babeera tebanyweredde mu Kristo, wabula nga baweereza okwegomba kwabwe okw’ekibi okw’edda okwayonooneka. Olutalo luno wakati w’obulamu bwaffe obw’obwakatonda n’okwegomba kwaffe okw’ekibi kwogerwako mu Baruumi 7:14-25 n’Abaggalatiya 5:16-25. Mu 1:8, Yokaana ayogera ku Bakristaayo bye bayitamu okutwalira awamu, so nga mu 3:9, ayogera ku Bakristaayo abatunuulirwa mu ndaba empya ey’obulamu bwabwe obutaliiko kamogo.

Abakristaayo abatuufu boonoona, oluusi mu ngeri ey’amaanyi era enfunda n’enfunda. Kino tukimanyi okuva mu bumanyirivu n’okuva mu bujulizi bw’Ebyawandiikibwa. Naye Katonda atuwa engeri y’okwewala ekibi —nga kwe kunywerera mu Kristo. Bwe twonoona, tusobola okwatula ekibi ekyo era ne tuzzaawo okussa ekimu ne Katonda. Yesu yajja okuggyawo ekibi ky’ensi. Ekyo yakikola okumala akaseera bwe yafiira ku musaalaba ku lw’abantu bonna, tussaamu ekitiibwa omugaso gw’okufa kwe bwe tumukkiririzaamu ng’Omulokozi. Naye tulaba emigaso gy’okusaddaaka kwe n’okwewala ekibi nga tuyita mu kussa ekimu bwe tubeera mu Ye.

**Buli akola ebibi aba wa Setaani. 1 Yokaana 3:8, 10**

*[8] Naye buli akola ekibi wa Setaani, kubanga okuva olubereberye Setaani akola bibi. Omwana wa Katonda kyeyava ajja mu nsi azikirize ebikolwa bya Setaani.*

*[10]Ku kino abaana ba Katonda n'aba Setaani kwe bategeererwa. Buli akola ebitali bya butuukirivu si wa Katonda, era na buli atayagala muganda we si wa Katonda.*

Entaputa y'Amazima A: Abantu aboonoona ba Setaani era si balokole.

Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abakola ekibi balaga nti ensibuko y'okuluŋŋamizibwa kwabwe ya Setaani so si ya Katonda.

Bw'okirabira ku ngulu, olulimi olw'amaanyi olw'ekitundu kino lulabika ng'olwogera nti omuntu yenna ayonoona tabeera mulokole. Abaana ba Katonda bayinza batya okuyitibwa abaana ba Setaani? Kyokka, bwe tugeraageranya Ebyawandiikibwa ebirala, tukiraba nti olulimi olwo ddala lusobola okutuukana n'Abakristaayo.

- Yesu agamba Peetero nti, "Dda emabega wange, Setaani!" (Mat. 16:23)
- Ananiya alimba Omwoyo Omutukuvu kubanga Setaani yajjula omutima gwe.(Bik. 5:3)
- Pawulo awandiika nti Abakristaayo basobola okutwalibwa mu buwambe bwa Setaani ne bakola okwagala kwe. (2 Tim. 2:26)
- Yakobo agamba nti abakkiriza basobola okulondawo "amagezi" ag'emizimu ne balekawo aga Katonda. (Yak. 3:15-17)

Kale Yokaana akozesa olulimi olugumu olw'ekyokulabirako. Bwe kiba ng'ekyawandiikibwa kigamba nti buli ayonoona tabeera mulokole, olwo abo bonna abeeyita abalokole si balokole, kubanaga abalokole bonna boonoona (kyantangaazibwa mu 1:7-10). Nga bwe twakirabye emabegako ne 3:6 ne 9, okutaputa emboozi ey'obuliwo mu lunyiriri olwo 8 nga "akola ebibi" oba "eyeeyongera okukola ebibi" tekubeera kuteesa okutuufu kubanga kwesigama ku ntegeera ey'obukujjukujju obutali bwa bulijjo oba obutalabikirawo mu byawandiikibwa. Abakristaayos boonoona, era absobola okwonoona emirundi egiwera. Okusalawo kiki kye tuyita okwonoona okufuuse omuze ogusazisaamu obulokozi bw'omuntu kisigala nga kyakukubaganyako ebirowoozo era nga tekirina bukakafu bwa

byawandiikibwa.

Okutegeera enjawulo Yokaana gy'akola wakati w'abaana ba Katonda n'abaana ba Setaani, kiyamba okwetegereza engeri Yokaana gy'ayagala ennyo okulaga enjawulo mu bbaluwa eno: Ayogera ku kutambulira mu kizikiza oba mu musana, ku kwagala oba okukyawa muganda wo, ku bulamu n'okufa, ne Kristo n'omulabe wa Kristo. Yokaana alaba ensibuko bbiri ezikontana ezituluŋŋamya mu by'omwoyo.

Mu 3:8 ne 10, Yokaana ayawula ensonda bbiri ezikontana eri enneeyisa y'Omukristaayo. Mu 3:9, bw'agamba nti omukkiriza mu muntu we eyazzibwa obuggya tayinza kwonoona kubanga Yesu Kristo tasobola kwonoona, ategeeza nti ekibi kiteekwa mu kujja kiva mu nsonda ndala. Mu 3:8, ensibuko eyo agituuma Setaani "oyo eyayonoona okuva ku lubereberye." Setaani yalimbalimba omuntu n'akola ekibi, olwo n'amuleetera okufugibwa ekibi. Setaani ne Yesu Kristo balina obutakkaanya mu bigendererwa byabwe era n'embala, bwe kityo Yesu yajja okusaanyaawo emirimu gya Setaani (oluny. 8).

Abakkiriza bwe boonoona, olunyiriri olwo 8 ne 10 zitujjukiza nti booleka okwegomba kwabwe okw'ekibi okuluŋŋamizibwa Setaani, ng'era n'abakkiriza bwe bakola ekituufu bwe babeera booleka obulamu bwabwe obw'obwakatonda Katonda bwe yabawa (oluny. 9). Ekigambo "abaana" (*tekna*) tekitegeeza nkolagana ya ndaga luse oba ey'obuzaale, wabula kitera okukozesebwa okunnyonnyola abo abalina engeri ezisibuka mu muntu omulala mu makulu ag'ekika oba ekibiina ky'abantu (laba Mat. 11:19/Luk. 7:35; Bag. 4:31; Bef. 2:3; 5:8; 1 Peet. 3:6). Yokaana aba ayogera bwogezi nti abakkiriza abo abakola ebibi balaga nti ensibuko y'ebikolwa byabwe ye Setaani, so si ya Kristo.

Yokaana agenda mu maaso ng'akozesa ekya Kayini okutta Abbeeri ng'ekyokulabirako eky'omubiri ku amazima gano ag'eby'omwoyo (3:12). Eky'okulabirako kino si kigambo ekikwata ku ky'okuba nti oba Kayini yali alokoleddwa oba nedda, kyokka naye alaga nti endowooza ye ey'obuggya n'obukambwe by'ebikolwa ebyaluŋŋamizibwa Setaani. Mu Njiri ye, Yokaana yawandiika okulangirira kwa Yesu okugamba nti Setaani "yali mutemu okuva ku lubereberye" (Yok. 8:44).

Kya kusaalirwa nti Amazima B ga ddala era ng'Ebyawandiikibwa ne bye tulabyeko mu mulembe gwaffe byombi biyigiriza nti Abakristaayo basobola okukola omulimu gwa Setaani. Omuntu yenna alabyeko Abakristaayo nga beenyigira mu bikolwa eby'obugwenyufu, okumenya mu kkanisa, okutulugunya abaana, oba okubulankanya ssente z'obuweereza alina okutegeera amaanyi ga Setaani agabeera emabega w'omwonoonyi. Tekikola makulu okulowooza nti bano tebabeera balokole. Lwaki Katonda yanditulambise okukwasisa empisa mu kkanisa n'ekikolwa eky'okubudaabuda mu Ndagaano Empya? Ekibi si

ky'ekikakasa nti omuntu akikoze tabeera Mukristaayo. Kiraga nti waliwo ebintu bibiri ebikontana ebivuganya nga biwakanya obuwulize bw'omukkiriza. Ng'Abakristaayo tusobola okusalawo okwolesa obulamu obw'obwakatonda Katonda bwe yatuwa, oba ne twolesa obwonoonefu bwaffe obuluŋŋamizibwa Setaani.

## Ekibi ekireeta okufa. 1 Yokaana 5:16

*Omuntu yenna bw'alabanga muganda we ng'akola ekibi ekitali kya kufa, anaasabanga, ne Katonda anaamuweeranga obulamu abo abakola ekibi ekitali kya kufa. Waliwo ekibi eky'okufa; ekyo si kye njogerako okukisabiranga.*

Entaputa y'Amazima A: Ebibi ebimu bijja kuleetera abakkiriza okufiirwa obulokozi era bagende mu ggeyeena oba okukakasa nti tebaali balokole ba ddala.

Entaputa y'Amazima B: Ebibi ebimu bijja kukuleetera obufu mu bulamu bw'omukkiriza obw'okussa ekimu ne Katonda era n'okufa ng'ekiseera kye tekinnatuuka.

Ekitundu kino kiraga obuzibu obw'amaanyi obw'ebibi ebimu. Yokaana awandiika ku kibi ekireeta okufa n'ekitaleeta kufa. Entegeera y'omuntu ku kufa okwogerwako, kwe kutuusa omuntu ku ndaba y'Amazima A oba ku ndaba y'Amazima B ku kitundu kino ekizibu.

Okwetegereza kwaffe okusoose kwe kuba "ng'omuntu yenna" ayogerwako alina okuba nga Mukristaayo okuva lwe kiri nti Yokaana be yali awandiikira ebyali ebikwata ku "w'oluganda" lw'abasomi b'ebbaluwa. Era tulina okujjukira nti ekigambo okufa kirina amakulu agawerako ag'enjawulo gamba nga okufa okw'omwoyo, okufa okw'olubeerera, obufu mu by'omwoyo, era n'okufa okw'omubiri. Naye kufa ki okwogerwako wano?

Tuyinza okutandika nga tugaana eky'okufa okw'olubeerera kubanga Yokaana awandiikira Bakristaayo n'ow'oluganda owa nnamaddala gw'atwala nti yalokolebwa era bwe batyo, tebasobola kufiirwa bulokozi bwabwe. Olw'ensonga y'emu, tugaana okufa okw'okwawukana mu by'omwoyo ne Katonda. Ekyo kirekawo okuba ng'okufa mu by'omwoyo n'okufa mu mubiri byandiba nga bye byogerwako wano, oboolyawo mpozzi byombi, okuva bwe kiri nti ekimu kiyinza okuleeta ekirala.

Yokaana yayogera emabegako ku ky'okuva mu kufa okudda mu bulamu n'okubeera mu kufa mu 3:14. Bino birabika nga bitegeeza obutaba na maanyi ga mwoyo oba okufa mu by'omwoyo eri abo abatayagala baganda baabwe. Naye era waliwo obukakafu obuva mu Baibuli ku bakkiriza abaayonoona ne bafa mu mubiri (Bik. 5:1-11; 1 Kol. 11:27-32) olw'okukola ebibi eby'amaanyi

eri ekkanisa. Mu 5:16, kiyinzika okuba nga Yokaana oyo yali alowooza ku bibi eby'amaanyi abajeemu bye baali bakola mu kkanisa y'Abeefeeso gye yawandiikira (laba. 1:8, 10; 2:18-19, 22-23; 3:7; 4:1-3). Singa abakkiriza mu Efeeso bagoberera enjigiriza zino oba bagaana okulaga ab'oluganda okwagala kwabwe, kyali kijja kubaleetera okufa mu by'omwoyo *era* oboolyawo n'okufa mu mubiri. Ekibi kyonna kireeta okufa, kutambulirira mu mitendera okuva mu kufa okw'omwoyo okutuuka ku kufa kw'omubiri. Ekibi ng'ekyo ky'amaanyi nnyo ne kiba nga n'omukkiriza talagirwa kusabira mwonoonyi wa ngeri ng'eyo, wadde ng'ayinza okusalawo okukikola.

Okubuulirira kuno kugenda mu maaso n'okukubaganya ebirowoozo kw'ebyo Yokaana bye yali ayogeddeko emabegako ku bukulu bwa b'oluganda okwagalana mu ssuula 3-5 n'okubuulirira kwe okw'amangu okw'okusaba Katonda nga tusuubira (5:14-15). Ebibi eby'ennaku bireeta okunakuwala. Bireeta okwawukana wakati w'omukkiriza ne Katonda ekivaamu okufa okw'omwoyo, era Katonda asobola okuleeta okukangavvula kwe okusembayo okw'okufa mu mubiri. Tusobola okusabira n'obwesige eri abo abakola ebibi ebimu, naye ku balala aboonoona ennyo, tetulina bukakafu bwonna ku ky'okwanukulwa kw'essaala ze tubasabira. Endowooza eno ey'Amazima B kwe kulabula gye tuli ku kukola ekibi eky'amaanyi ate era n'okukubirizibwa okusabira abo aboonoona.

## Buli akola ekibi aba talabanga ku Katonda. 3 Yokaana 11

> *Omwagalwa, togobereranga kibi, wabula ekirungi, akola obulungi ye wa Katonda, akola obubi nga talabanga Katonda.*
>
> Entaputa y'Amazima A: Abo abakola ebibi tebabeera balokole.
>
> Entaputa y'Amazima B: Abakkiriza abakola ebibi boolesa obutaba na kumanya Katonda mu ngeri ey'omuggundu.

Ekisumuluzo ky'okutaputa ekitundu kino ge makulu g'ekigambo "nga talabanaga Katonda." Olwo kino kitegeeza nti omuntu oyo teyalokolebwa mirembe gyonna, oba omuntu eyalokoka naye nga muzibe w'amaaso eri embala ya Katonda entuufu? Kyandituyambye singa Yokaana yali yakozesa ekigambo ky'omuntu asooka ekimanyiddwa mu bungi "ffe" kye yatera okukozesanga mu bbaluwa ze —twandimaliriza nga tulowooza nti ayogera ku bulamu bw'Abakristaayo "abatalaba" kikula kya Katonda ekituufu. Naye Yokaana akozesa omuntu owookubiri "ye." Kino kikola amakulu mu nsonga kubanga Yokaana yali yaakamala okwogera ku Diyotuleefe eyali yeeyisa obubi (enny. 9-10), era y'addako okwogera ku Demeteriyo, eyali akola ebirungi (oluny. 12).

Yokaana akubiriza "omwagalwa" Omukristaayo Gayo, oboolyawo

omukulembeze w'ekkanisa mu Efeeso, okukoppa abafaanana nga Demeteriyo, so si ng'abo abalinga Diyotuleefe. Mazima ddala, ng'Omukristaayo, kisoboka Gayo okusalawo ku byombi. Okubuulirira kwa Yokaana kwesigamiziddwa ku kuba nti oyo akola ebirungi wa Katonda era oyo akola ebibi nga talabanga ku Katonda. Nga bwe tulabye mu 1 Yokaana, okubeera "owa Katonda" kwe kulaga nti Katonda y'ensibuko y'ekikolwa by'omuntu by'akola (1Yok. 3:10). Ku luuyi olulala, omuntu 'atalaba Katonda' y'oyo abeera atambulira mu kizikiza (1 Yok. 1:6) era ng'akolera mu buzibe bw'amaaso obw'omwoyo. Ekibi kyonna kisibuka ku kujja maaso ku Katonda (1 Yok. 3:9). Enjogera y'okulaba Katonda etegeeza entegeera y'omuntu n'engeri gy'atambulira mu kintu ekyo (laba. Luk. 3:6; Yok. 6:36; 12:45; 14:9; 15:24; era laba okukubaganya ebirowoozo mu Beb. 12:14), n'olwekyo obutalaba Katonda bwe butabeera na kutegeera kutuufu, obutaba na kumanya kw'amaanyi ku Katonda.

Abamu bayinza okugamba nti emboozi eraga ekikolebwa buli lunaku ("Akola ebirungi/oyo akola ebibi") kiraga ekikolwa eky'olutetenzi oba eky'omuze. Naye nga bwe tulabye mu 1 Yok. 3:6 ne 9, kino kinaanula enkozesa y'ekiseera ekiriwo okusukka ku kigendererwa kyakyo, okwali kwogera obwogezi ku kikolwa (laba. Yok. 6:33).

Obukulu bw'Amazima B bwe tuggya mu kitundu kino gali nti bwe tuggya amaaso gaffe ku Katonda, naffe tusobola okukola ebibi ne twolesa obutamanya mbala ya Katonda n'ekikula kye. Kyokka bwe tukola ebirungi, tuba twolesa nti Katonda y'ensibuko y'ebikolwa byaffe. Okufaananako Gayo, naffe tusaanidde okwewala okweyisa ng'abo abazibe b'amaaso mu by'omwoyo, olwo ffe ne tukoppa abo aboolesa okumanya kwa Katonda okw'omuggundu.

## Katonda asobola okubakuuma obutagwa. Yuda 24

*Naye oyo ayinza okubakuuma obuteesittala, n'okubayimiriza mu maaso g'ekitiibwa kye nga temuliiko bulema mu kujaguza,*

Entaputa y'Amazima A: Katonda tajja kukkiriza Bakristaayo abatuufu okwesittala ku nkomerero basobole okubeera n'obukakafu obw'okuyingira mu ggulu.

Entaputa y'Amazima B: Katonda asobola okukuuma Abakristaayo ne bateesittala ne basobola okwogerwako obulungi mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Aliramulira.

Abo abataputa ekitundu kino okubeera Amazima A bafuna obuwagizi okuva mu njigiriza y'Okugumiikiriza kw'Abatukuvu (egamba nti, abakkiriza bonna abatuufu bajja kweyongerayo mu kukkiriza n'ebikolwa ebirungi okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwabwe). Bano bakkiriza nti Katonda akuuma buli Mukristaayo ow'amazima obutagwa mu kibi okutuuka ku nkomerero ye. Kino kikakasa obulokozi bwabwe era n'ekibawa n'obukakafu bw'okuyingira kwabwe mu ggulu.

Kyokka, singa twetegereza n'obwegendereza olulimi olukozesebwa, ekitundu ekyo tekigamba nti Katonda "ajja kubakuuma obuteesittala," naye nti Katonda "asobola okubakuuma obuteesittala." Okugamba nti Katonda *asobola* kyawukana ku kusuubiza nti ajja kubaako ky'akola. Abasomi ba Yuda balabuddwa nnyo ku basomesa ab'obulimba abali mu bo (enny. 4-16), olwo ne bakubirizibwa okukola ebikolwa ebibatangira obuzibu obwo (enny. 17-23). Ebiva mu lunyiriri olwa 24 bigamba nti *singa* bakola ebikolwa bino, Katonda asobola okubakuuma obutagwa mu nsobi n'ekibi.

Ebiseera ebisinga, endowooza ekolebwa nti ennyanjula etaliimu nsobi era ey'essanyu eyogerwako kwe kuyingira mu ggulu. Tukimanyi nti obutuukirivu obwaweebwa omukkiriza bwe bumukkirizisa okuyingira mu ggulu nga takyalina musango era ng'alina obutuukirivu bwa Kristo. Naye amazima ago agawandiikiddwako wano gasuulirira ekigambo ekikwata ku Katonda okukuuma omukkiriza obuteesittala. Embeera "y'obutaba na nsobi" ebeera etegeeza nti omukkiriza ajja kukuumibwa obutagwa mu nsobi n'amakubo g'abasomesa ab'obulimba. Kano si kakwakkulizo ka bulokozi obutaggwaawo, wabula kakwakkulizo ka nnyanjula ennungi era ey'essanyu mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango eri oyo aliba akuumiddwa. Amazima gano B amakulu kaakati tulina okuba nga tugategeera bulungi: Abakristaayo bonna balina okwewaako embalirira mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango (Bar. 14:10; 2 Kol.5:10). Ate era tulabye nti ekiruubirirwa, ng'omutume Pawulo bw'akyogerwako, kwe kwanjula buli mukkiriza nga "mutukuvu, atalina musango, era ataliiko kya kunenyezebwa" (Bak.1:22) era "ng'atuukiridde" (oba nga mujjuvu) ku lunaku lw'omusango ogwo. Nga bwe kiragiddwa mu Yuda, Pawulo yeesigamya ennyanjula ng'eyo ku kunyiikirira mu kukkiriza n'obunywevu eri amazima (Bak. 1:23). Peetero atuyamba nate ne wano. Mu 2 Peetero 1:10-11, agamba nti okukula kwaffe mu mwoyo (2 Peet. 1:5-9) kujja kutukuuma obuteesittala (2 Peet. 1:10) era kutuggulirewo oluggi olugazi mu bwakabaka bwa Mukama waffe (2 Peet.1:11). Abakristaayo abeesigwa tebakoma ku kya kuyingira mu ggulu kyokka; baggulirwawo "oluggi olugazi," ekitegeeza omutindo gwe bayingirirako.

Eky'okuyiga eri Abakristaayo kwe kwesigama ku Katonda n'amaanyi

ge n'amazima ge okutukuuma obutagwa mu nsobi n'enneeyisa y'abalabe be. Bwe tukola bwe tutyo, tujja kunyumirwa okwanjulibwa okw'omutindo ogwa waggulu eri Mukama waffe Yesu mu maaso g'Entebe ye ey'Ekiramuzi.

ESSUULA

# Okubikkulirwa

11

OKWAWULA AMAZIMA A okuva ku Mazima B agali mu Kubikkulirwa kubeera kusoomoozebwa kwa njawulo kubanga ekitabo ekyo kya njawulo nnyo. Ekisinga okulowoozebwako ky'ekifo kyako eky'enjawulo mu Ndagaano Empya ng'ebiwandiiko eby'obunnabbi obw'enkomerero y'ensi, nga kijjudde obubonero, okwolesebwa, ebibambulira, n'enjogera ey'ebisoko. Si kino kyokka, naye tulina okutaputa ebimu ku bitundu nga tulina endowooza y'ebintu ebigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso.

## Abawanguzi. Okubikkulirwa essuula 2-3

*"Eri oyo awangula. . ."* oba *"Oyo awangula . . ." (Kub. 2:7, 11, 17, 26; 3:5, 12, 21)*

Entaputa y'Amazima A: Abawanguzi be bakkiriza bonna abaasuubizibwa ekitundu ky'obulamu obutaggwaawo ekitegeeza okuyingira mu ggulu.

Entaputa Eyokubiri ey'Amazima A: Abawanguzi be bakkiriza abawangula ekibi era ne bagumira mu kukkiriza okukakasa nti baalokolebwa era ne basuubizibwa ekitundu ky'obulamu obutaggwaawo ekitegeeza okuyingira mu ggulu.

Entaputa y'Amazima B: Abawanguzi be bakkiriza abasigala nga beesigwa wakati mu kukemebwa era abasuubizibwa empeera mu bwakabaka ne mu bulamu obw'olubeerera.

Ebbaluwa eri Amakanisa Omusanvu mu ssuula zino ebbiri zitegekeddwa mu ngeri y'emu. Buli emu etandika n'okwogera eri

“malayika” w’ekkanisa, ejjukira engeri ya Mukama okuva mu ssuula 1, olwo oluvannyuma n’eyogera ku kukusiimibwa okuliwo, okulabula, ate n’okubuulirira, waliwo ekisuubizo eri “omuwanguzi.” Ekyo kye kikula ky’ekyo era ebisuubizo ebisomooza okutegeera kwaffe ku bisuubizo bino ng’Amazima A oba Amazima B. Tujja kulowooza ku kkanisa omusanvu zonna okulabibwa ng’emu okusinga okulaba emu ku emu. Ebitundu ebimu, naddala ebitundu ebizibu bigenda kutunuulirwa kinnakimu.

Ensonga entonotono ezisookerwako zisaana okuteesebwako. Kibadde kikubaganyizibwako ebirowoozo oba ng’ebbaluwa omusanvu eri amakanisa zikiikirira amakanisa ag’ebyafaayo mu kiseera Yokaana kye yawandiikiramu, oba nga zikwata ku kkanisa zonna mu kiseera kyonna, oba ekkanisa ezaalina ebyafaayo eby’enjawulo mu biseera eby’enjawulo. Tuyinza okugaana ekyo ekisembyeyo okwogerwako olw’okuba ng’ekiyitiridde okubeera ekizibu okunnyonnyola. Yokaana alabika okuwandiikira amakanisa ag’omulembe gw’amanyi ku nsonga ezaali zikwatagana n’amakanisa mu kiseera ekyo ne mu kiseera ekirala kyonna. Ekirala eky’okukubaganya ebirowoozo y’enneyanjula ya “malayika” ayogerwako ku ntandikwa ya buli bbaluwa. Abamu balowooza nti ono ye malayika omukuumi w’ekkanisa, naye abalala balowooza nti kitegeeza omusumba w’ekkanisa. Ekigambo *angelos* kiyinza okutegeeza *omubaka* okutwaliza awamu oba *malayika* mu ngeri ey’enjawulo. Ku mutendera ogw’obwoleke, kirabika ng’okuwandiikira omusumba ebbaluwa, ye n’abeera ng’omubaka eri ekkanisa kye kyandibadde ekya bulijjo. Kyokka, enneeyanjula y’omubaka terina kakwate ku ntaputa esembayo ey’Amazima A oba ku Mazima B.

Erinnya “ekkanisa” eryakozesebwa ku bibiina bino eby’omu kitundu kiteeberezwa nti bino byali bibinja eby’abakkiriza eby’omu kitundu ebyali bikkiririza mu Yesu Kristo. Era kirabika nga tekirina buzibu bino okutunuulirwa ng’amakanisa, waaliwo waakiri abantu abamu abaali baalokolebwa mu buli kibiina. Ekyo Mukama kyatulaga mu ku banenya, okulabula, okubasaba okwenenya, n’okubuulirira okulaga okwagala kwe okukomyawo abakkiriza bassemugayaavu okusinga okuyita abatali bakkiriza okujja eri obulokozi.

Bangi bakkiriza nti omuwanguzi ayogerwako (okuva mu kigambo *nikaō, okuwangula, okubeera omuwanguzi,* ekitegeeza omuwanguzi) mu Kubikkulirwa 2-3 ly’erinnya eddala eriyitibwa oyo eyakkiririza mu Yesu Kristo ng’Omulokozi (entaputa esooka ey’Amazima A). Batera okujuliza ku 1 Yok. 5:4-5:

> *Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi – okukkiriza kwaffe. Era awangula ensi ye ani, wabula akkiriza nga Yesu ye Mwana wa Katonda?*

Kyokka, ebbaluwa ya Yokaana eri ku mulamwa ogw'enjawulo ennyo ogwawukuna ku Kubikkulirwa. Mu bbaluwa ye, Yokaana ayogera ku buwanguzi obw'olubeerera bwe tufuna omulundi gumu obw'okukkiriza Kristo, obuwanguza omukkiriza nga takyasingisibwa musango gwa nsi eno n'obuwanguzi bw'asobola okweyongera okuba nabwo nga yeeyongera okutambulira mu kukkiriza (weetegereze emboozi ey'ekiseera ekiriwo). Mu ndaba eyawukanako akatono, entaputa ey'okubiri ey'Amazima A etunuulira abawanguzi okuba nga be bakkiriza abakakasizza obulokozi bwabwe nga banyweredde mu buwulize okutuuka ku nkomerero y'obulamu bwabwe. Naye mu Kubikkulirwa, Yokaana ayogera ku bibinja bibiri eby'abakkiriza — abo abafunye ekirabo ky'obulokozi ku bwereere (Kub. 21:6) n'abo abafuna enkizo enzijuvu ez'obusika n'obutabani nga bawangula (21:7). Mu Kubikkulirwa 2-3, abawanguzi basigala beesigwa mu kugezesebwa okw'enjawulo okwetongodde ku buli kkanisa kinneemu ey'omu kitundu ekyo. Omuwanguzi ye mukkiriza ayita mu kugezesebwa okw'enjawulo mu buwanguzi. Mu 2:26, Yesu annyonnyola omuwanguzi nga ye muntu "asigala ng'akola emirimu gyange okutuusa ku nkomerero."

Obuzibu bw'okutwala ebitundu ebyogera ku muwanguzi okubeera Amazima A bulabikirawo. Bwe kiba nti *omuwanguzi* ly'erinnya eddala eriyitibwa omukkiriza, olwo obulokozi bwandibadde butuweebwa lwa bikolwa, kubanga mu buli mulamwa, ebikolwa byogerwako oba birabikira mu kuwangula. Ekirala, singa abakkiriza bonna bawanguzi, olwo tewali kifo ky'abakkiriza abalemererwa ne batuuka n'okufiira mu kibi (1 Kol. 11:30; 1 Yok. 5:16). Kino nakyo tekikwatagana na lugendo lwa Bukristaayo bwaffe n'okwetegereza kwaffe kwe tuzze tukola ku bakkiriza abalala n'ebyo bye bayitamu (okuggyako nga naffe tuli beetegefu okukkiriza nti ffe awamu nabo tetulokokangako). Ebiragiro n'okulabula mu bbaluwa eri amakanisa kuba kwa bwereere era kiba tekyetaagisa singa abo abazisoma baba bakakasiddwa okuba abawanguzi olw'okuweebwa obutuukirivu oba bwe baba nga bakakasiddwa okugumiikiriza mu bwesigwa, kubanga be balonde ba Katonda abatuufu. Kale Yesu Kristo bw'agamba nti "Nange nawangula era ne ntuula ne Kitange ku ntebe ye ey'obwakabaka" (3:21) kikakasa nti okujuliza okw'okuwangula kukwata ku mbeera enzibu omukkiriza z'awangula, so si ku bulokozi.

Newankubadde abakkiriza bonna baawangula obutasingisibwa musango gwa nsi nga bayita mu kukkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe, abakkiriza abamu — nga bano mu Kubikkulirwa 2-3 — basoomoozebwa okuvvuunuka embeera enzibu mu bulamu bwabwe era ne mu kkanisa. Oyo awangula, empeera zino wammanga zisuubizibwa eri ye:

- Ajja kukkirizibwa okulya ku muti gw'obulamu mu lusuku lwa Katonda (2:7). Ensonga y'omuwanguzi okubeera mu lusuku kiteeberezebwa nti gwe musingi okutuula enkizo ey'okulya ku muti gw'obulamu.
- Tagenda kulumizibwa kufa okw'okubiri (2:11). Balina obukakafu obw'amaanyi obw'obukuumi bw'obulamu bwabwe obw'olubeerera.
- Ajja kuweebwa maanu enkweke okulya, n'ejjinja eryeru eriwandiikiddwaako erinnya eppya (2:17). Zino nkizo mpya ezisukka ku ky'okuyingira mu ggulu kyokka.
- Ajja kuweebwa obuyinza ku mawanga era aweebwe emmunyeenye ey'oku makya (2:26-28). Abakkiriza bonna bajja kufugira wamu ne Kristo, naye abamu bajja kuba n'amaanyi agasingako ku ga bannaabwe era n'enkolagana ey'oku lusegere ne Kristo esingako ku ya bannaabwe. (Mat. 25:21, 23 )
- Ajja kwambala engoye enjeru era erinnya lye terijja kusangulwa mu Kitabo ky'Obulamu naye ligenda kwatulibwa mu maaso ga Katonda era ne bamalayika (3:5). Engoye ezo ziyinza okulaga nti bano balongooseddwa oba ne baweebwa ekitiibwa okwawukana ku abo abaali mu kkanisa nga baddugaza engoye zaabwe (3:4). Ekisuubizo ky'obutasangula linnya lye mu kitabo eky'obulamu, kwe kuddamu okukakasa obulokozi bwabwe obutaggwaawo (laba okukubaganya ebirowoozo wansi), era okwatula erinnya lyo mu maaso ga Katonda ne bamalayika y'engeri y'okussa ekitiibwa mu muwanguzi omwesigwa.
- Alifuulibwa empagi mu yeekaalu ya Katonda n'erinnya lya Katonda, Yerusaalemi Ekiggya, n'erinnya lya Kristo eppya liriwandiikibwa ku ye (3:12). Ekisuubizo kino era kiraga nti omuwanguzi ali mu maaso ga Katonda asobola okunyumirwa enkizo zino ez'enjawulo n'okubeera n'enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda.
- Ajja kukkirizibwa okutuula ne Kristo ku ntebe ye ey'obwakabaka (3:21). Kino kyogera ku kwetaba mu bufuzi obw'obwakabaka bwa Kristo, so si kubeerawo bubeezi ne Kristo.

Okutwalira awamu, ebisuubizo bino bwe biba nga byogera ku kya kuyingira mu ggulu kyokka, olwo olulimi olukozesebwa lubuzaabuliza ddala. Kyokka, singa boogera ku mpeera ez'enjawulo mu bwakabaka ne mu butaggwaawo, olwo enjawulo n'ebifaananyi bibeera bikola amakulu mangi, wadde ng'ebifaananyi ebimu bizibu okutegeera.

Ekirabibwa era bwe bwenkanya bwa Katonda, kubanga singa abakkiriza bonna babeera bawanguzi era ne bafuna emiganyulo gino gyonna, ekyo kiba kya bwenkanya eri abo abeesigwa mu kugezesebwa, so ng'abalala si beesigwa? Ng'Abakristaayo, Yesu Kristo atukakasa nti kigasa okubeera abeesigwa mu mbeera enzibu.

## Sirisiimuula linnya lye. Okubikkulirwa 3:5

> *"Bw'atyo awangula alyambazibwa engoye enjeru, era sirisangula n'akatono linnya lye mu kitabo ky'obulamu, era ndyatula erinnya lye mu maaso ga Kitange, ne mu maaso ga bamalayika be."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Omukkiriza omutuufu tajja kufiirwa bulokozi bwe, oba omukkiriza atasigala nga mwesigwa asobola okufiirwa obulokozi bwe.
>
> Entaputa y'Amazima B: Omukkiriza awangudde akakasibwa ebiseera eby'omu maaso ebitebenkedde.

Mulimu ebisuubizo bisatu mu lunyiriri luno, naye ekisinga okujulizibwa bwe bukakafu obw'Ekitabo ky'Obulamu, ekitwalibwa okuba ng'olukalala lw'abo bonna abaalokolebwa. Abo abalowooza nti abakkiriza bonna bawanguzi bagamba nti kino kisuubizo kya Mukama nti abakkiriza tebajja kufiirwa bulokozi bwabwe. Entaputa endala esangibwa mu abo abalowooza nti Abakristaayo basobola okufiirwa obulokozi bwabwe kwe kugamba nti abakkiriza tebajja kufiirwa bulokozi bwabwe kasita babeera abeesigwa. Kino, nakyo ddala, era kyanditegeeza nti basobola okufiirwa obulokozi bwabwe singa balekera awo okubeera abawanguzi. Entaputa zino zombi ez'Amazima A zenkanankana okufaanagana ebisuubizo ebikwata ku kwambala engoye enjeru n'okwatulira erinnya ly'omuntu mu maaso ga Kitaffe ne bamalayika be ng'ebisuubizo obusuubizo eby'obulokozi obutaggwaawo oba ebibaawo ebikwatagana n'obulokozi obutaggwaawo.

Ebizibu ebiri mu kutwala ebisuubizo bino ng'ebikwata ku bulokozi bwokka byayogeddwaako dda, ekikulu ku byo kwe kuba nti obulokozi olwo bwandibadde bwesigama ku bikolwa byaffe mu kifo ky'ekisa kya Katonda. Okwambala engoye enjeru oluusi kutaputibwa ng'abakkiriza abambadde obutuukirivu bwa Yesu Kristo, ekiraga obutuukirivu bwabwe bwe baaweebwa. Naye omulamwa ogw'amangu (oluny. 4) gwogera ku abo abatayonoona byambalo byabwe era abo abasaanidde okutambula ne Mukama mu ngoye enjeru. Kino kyogera bulungi ku mirimu gyabwe n'obwesigwa obubafuula abasaanira empeera — okutambula ne Kristo mu langi enjeru kirabika kitegeeza omukwano oba enkizo ey'enjawulo. Oluvannyuma mu Kubikkulirwa, engoye enjeru zitegeeza ebikolwa ebituukirivu, so si kuweebwa butuukirivu (19:8, 9). 14). Tukiraze nti okwatula erinnya ly'omuntu mu maaso ga Kitaffe (ne bamalayika be) woogera ku mpeera y'okusiimibwa, so si kuweebwa butuukirivu (laba okukubaganya ebirowoozo ku Mat. 10:32-33). Bamalayika bandibadde na kakwate ki n'eky'omuntu okuweebwa obutuukirivu?

Kale Mukama ategeeza ki bw'agamba nti tajja kusangula erinnya ly'omuwanguzi okuva mu Kitabo ky'Obulamu? *Kitegeeza ekyo kyennyini.* Kiba kikakasa nti kino tekiyinza kubaawo. Ekitabo ky'Obulamu kisaana okutegeerekeka nga tusinziira ku Danyeri 12:1 ng'ebiwandiiko ebikwata ku balonde ba Katonda. Yesu ali mu kukozesa enjogera emanyiddwa nga litotes, enjogera enafuya ng'ekozesa ekibi okuggumiza ekirungi. Kiba ng'omuntu akwata omugeto gw'ebyennyanja era bw'abuuzibwa engeri gye yakikozeemu. Ayinza okugamba nti "Si wabi," nga ky'ategeeza nti "Kiyitirivu!" Oba singa omuntu ayita mukwano gwe ku Mukolo gwe ogw'okwebaza n'amugamba nti "Jjangu togenda kufa njala!" Ensonga nsuubira nti ogifuna. (Ebimu ku by'okulabirako by'enjogera ya *litotes* mu Byawandiikibwa mulimu Yok. 6:37, Bik. 20:12, 1 Kol. 10:5; Beb. 6:10; Kub. 2:11). Ekisuubizo kino bwe bukakafu obw'amaanyi obusukkiridde abo abavvuunuka embeera enzibu bwe banyumirwa, nga mwe muli ebizibu byonna ku nsi (omuli n'okufa, 2:10), tebaliggyibwa mu kibiina ky'abo abaalokolebwa emirembe gyonna. Tetusaanidde kukifuula nti kitegeeza ekintu ekikontana n'ekyo — nti Kristo yandibadde aggyawo erinnya ly'omukkiriza mu Kitabo. Ekigendererwa ky'ekisuubizo kiri nti kyogera ku kusiima n'okubudaabudibwa, so si kutiisatiisa. Waliwo n'akabonero akalaga nti waliwo ekitiibwa eky'enjawulo kubanga "erinnya" ly'omuntu liyimiridde ku linnya lye, n'okufaanagana kw'ekisuubizo mu kitundu kino kwe kwatula kwa Yesu erinnya eryo mu maaso ga Kitaffe ne bamalayika. Mpozzi tuyinza okugamba nti ng'oggyeeko eky'okuwandiikibwa mu kitabo emirembe gyonna, omuwanguzi omwesigwa afuna okwogerwako okw'ekitiibwa mu

biwandiiko ne mu ngeri y’okwogerwako.

## Sirikusesema mu kamwa kange. Okubikkulirwa 3:15-16

> [15]*“Mmanyi ebikolwa byo, nga tonnyogoga so tobuguma, waakiri obe ng'onnyogoga oba obuguma.* [16]*Naye kubanga oli wa kibuguumirize, nga tonnyogoga so tobuguma, ndikuwandula okuva mu kamwa kange.”*

> Entaputa y’Amazima A: Abeeyita Abakristaayo nga bagayaavu mu by’Omwoyo Kristo ajja kubagoba mu bulamu obutaggwaawo kubanga tebaalokolebwa.

> Entaputa y’Amazima B: Abakristaayo abagayaavu mu by’Omwoyo si ba mugaso eri Kristo era tebamusanyusa.

Ffenna twali tubaddeko mu mbeera ey’okwesunga ekikopo kya kaawa ekyokya (caayi oba cokoleeti ayokya eri abamu), kyokka n’okisanga nti yatabuddwa dda nnyo era ng’asigaddemu kibuguumirize. Mu ngeri y’emu, eky’okunywa ekinnyogovu ekibugumirira olw’okuggalirwa mu mmotoka ku lunaku olw’omusana nakyo tekiwooma. Eby’okunywa ebyo tubiwandula oba tubiyiwa. Kubanga bibeera tebiwooma. Binyiiza. Tebitoowolokosa n’akatono.

Omulamwa gutujjukiza nti Yesu yayogera ebigambo bino eri ekkanisa. Kino kirabika nti waakiri yayogerako eri abakkiriza abamu abaali basangibwa eyo. Naye kikola nnyo amakulu okulowooza nti bonna be yayogera nabo baali bamanyiddwa ng’Abakristaayo. Yesu agamba nti ayagala waakiri babeere nga bannyogoga oba nga babuguma. Kitera okulowoozebwa nti “okwokya” kitegeeza Abakristaayo ab’omwoyo. Naye bwe kiba bwe kityo, “abannyogovu” yandibadde ayogera ku b’ani? Tayinza kuba nga yali ayogera ku bantu abatali balokole oba abakkiriza abatali beesigwa, kubanga Yesu yagamba nti ayagala babeere nga bannyogovu okusinga okuba ab’ekibuguumirize.

Kalumannyweera  mu ntaputa ava mu kugenda mu bintu ebingi ebissusse ebiraga okugeraageranya mu kifo ky’okussa essira ku nsonga enkulu. Yesu yali agamba bugambi nti ayagala abakkiriza b’e Lawodikiya babeere nga batoowolokosa oba nga ba mugaso (nga bannyogoga oba nga bookya) mu kifo ky’obutasanyusa era n’obutagasa (ekibuguumirize). Wadde nga baalina obugagga, baali bazibe ba maaso nnyo era nga beefaako  bokka nga tebalina muntu yenna gwe bazzaamu maanyi, nga ne Mukama mw’omutwalidde. Ebifaananyi by’okubasesema bye

bikozesebwa okulaga ensonga nti abakkiriza abagayaavu era abeefaako bokka mu by’omwoyo abaali mu Lawodikiya tebaalina mugaso era bwe batyo nga tebasanyusa. Era tetusaanidde kuzimbulukusa nnyo amakulu g’okulabula kwa Yesu ag’okubasesema. Mu mulamwa, yali ayogera bwogezi ku ky’obutasanyusa, wadde nga era kiyinza okutegeeza ekika ky’okummibwa (empeera?) n’okuweebwa ekibonerezo, wadde nga si ggeyeena.

Entaputa y’Amazima B y’esinga okukola amakulu wano era ekola ng’okulabula eri Abakristaayo mu nnaku zino nti tetusaanidde kubeera ba ssemugayaavu. Abo abalagajjalira ebirina okukulembezebwa mu by’omwoyo tebakoma ku kya butabeera na mugaso kyokka mu buweereza bwa Katonda, naye era banakuwaza Katonda era tebamusanyusa.

## Akonkona ku luggi. Okubikkulirwa 3:20

*“Laba, nnyimiridde ku luggi, nkonkona, omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye anaalira wamu nange.”*


Entaputa y’Amazima A: Yesu akonkona ku luggi lw’emitima gy’abantu ng’ayagala okuyingira n’okubalokola.
Entaputa y’Amazima B: Yesu ayagala kubeera mu massekati g’ekkanisa era n’okussa ekimu n’abakkiriza baayo.

“Saba Yesu ayingire mu mutima gwo” eyo y’ebadde engeri y’okuyitamu abantu okujja eri obulokozi ekozesebwa kumpi buli wamu. Okuyitibwa okwo kwesigamiziddwa ku kitundu kino: “Yesu ali ku luggi lw’omutima gwo —lwaki tomukkiriza kuyingira?” Naye ekitundu kino kyogera ku kulokolebwa, ng’Amazima A?

Nga bwe kyayogeddwa mu kukubaganya ebirowoozo emabegako, Yesu ayogera eri ekkanisa, ng’eno y’ekkanisa yokka ey’omusanvu mu Kubikkulirwa 2-3 gy’atasiimako kintu kyonna. Wadde kiri kityo, yasigala ekyali kkanisa, wadde nga yali etambulira mu bwassemugayaavu. Abayita okujja “bagule zaabu” era “n’engoye enjeru” okuva gy’ali. Kino kyali tekyogera ku kirabo ky’obulokozi eky’obwereere Yesu ky’awa abatannalokolebwa (22:17). Twalaba dda ebyambalo ebyeru ebyogera ku bikolwa ebituukirivu eby’abakkiriza (laba okukubaganya ebirowoozo mu Kub. 3:5). Okubuulirira okw’okusiiga amaaso gaabwe eddagala ly’amaaso basobole okulaba era kikwatagana n’Abakristaayo abayinza okuba nga bazibe ba maaso ku mbeera yaabwe ey’okwefaako bokka nga tebafa ku ebyo Katonda

by'ayagala (2 Peet. 1:9). Bano be bantu Yesu b'ayagala era b'akangavvula ng'abaana be (3:19; laba. Beb. 12:5-7), n'olwekyo, okutaputa kw'Amazima B kwe kusinga okukola amakulu. Obubaka eri bano n'abakkiriza abalala abajeemu mu Kubikkulirwa essuula 2 ne 3 tebwogera ku kulokolebwa, wabula okwenenya ekyo ekitasanyusa Mukama.

Yesu 'takonkona' ku mitima gy'abantu. Yeegayirira ekkanisa okumukkiriza abeere mu massekati gaabwe okuyita mu kwenenya (oluny. 19). Ekiragiro "obunyiikivu n'okwenenya" olwo kiragibwa mu lunyiriri olwa 20, ekiraga engeri abakkiriza bano gye bayinza okwenenyaamu nga baanukula omulanga gwa Yesu ogw'okuzza obuggya okussa ekimu naye. Yesu abadde aggyiddwa mu kukuŋŋaana kw'ekkanisa, kale kaakano akonkona ng'ayagala okuyingira. Okuva lwe kiri nti ekkanisa ekolebwa abantu ssekinnoomu, omulanga guno gugenda eri buli muntu yenna ali mu kkanisa "awulira" era "n'aggulawo oluggi," ekifaananyi eky'obuwulize. Ekisuubirwa okuva mw'ekyo kwe kuba nti Yesu ajja kujja "ayingire mu" ye. Kikulu okumanya olulimi olwasooka Yesu lwe yakozesanga. Teyagamba "mu" ekitegeeza *okukwatagana ne* (ekyandikozesezza Oluyonaani *eis*), naye yagamba nti "okuyingira mu" ekitegeeza *okutambula okutuuka* (ng'akozesa ekigambo ky'Oluyonaani *pros*). Okuggumiza wakati w'ennyiriri zombi ezisookerwako kuyinza okulabibwa mu Yokaana 6:35: "Oyo ajja eri (*pros*) Nze tajja kulumwa njala, era oyo akkiririza mu (*eis*) Nze tajja kulumwa nnyonta." Yesu ajja kuyingira munda eri oyo omuwulize (so si *munda* mu ye) okulya awamu naye.




Ekifaananyi eky'okuliira awamu kifaananyi kya bulijjo mu Baibuli n'obuwangwa ekiraga okussa ekimu. Empeera y'okutuula ne Yesu ku ntebe ye mu lunyiriri olwa 21 tekiva ku bulokozi bwa mukkiriza bwe yafuna, wabula empeera eri Omukristaayo awangudde oba omuwanguzi gy'afuna.

Mu mulamwa omunene, Okubikkulirwa si kitabo ekyawandiikibwa n'ekigendererwa eky'olwatu eky'okubuulira abantu engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo nga Enjiri ya Yokaana bweyogera (Yok. 20:31). Enjiri ya Yokaana tekozesangako kigambo *kwenenya* wabula ekozesa *okukkiriza* kumpi emirundi kikumi, emirundi egisinga ng'akakwakkulizo k'obulokozi. Kino ku bwakyo kifuuka ensonga emala obutakoppa bigambo bye tukozesa nga tubuulira enjiri abantu balokoke nga tubiggya mu Kubikkulirwa. Okubikkulirwa bwe kukozesa okukowoola okutegeerekeka obulungi eri abantu okujja eri obulokozi mu 22:17, kubeera kujuliza okukowoola kw'Enjiri ya Yokaana n'ebigambo "Jjangu" era "onywe amazzi ag'obulamu" (Yok. 4:10; 6:37, 44, 65).

Tobagamba bantu abatannalokoka okusaba Yesu ayingire mu mitima gyabwe! Bagambe bakkiririze mu Yesu Kristo oyo eyafiirira ebibi byabwe, n'azuukira, era abawa obukakafu obw'obulokozi obutaggwaawo. Naye ggwe oba ekkanisa yo bwe muba nga muli bagayaavu mu by'omwoyo, olwo mwenenye era muddemu okussa ekimu n'Omulokozi abaagala era ayagala okubeera n'enkolagana ey'okussa ekimu nammwe.

**Okulamulwa mu Maaso g'Entebe Ennene Enjeru. Okubikkulirwa. 20:11-15**

> 11 *Ne ndaba entebe ey'obwakabaka ennene enjeru, n'oyo eyali agituddeko, eggulu n'ensi ne bidduka mu maaso ge; era tebyazuulirwa na kifo.* 12 *Ne ndaba abafu, ab'ekitiibwa n'abatali ba kitiibwa, nga bayimiridde mu maaso g'entebe; ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ne kibikkulwa, kye ky'obulamu: abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo, ng'ebikolwa byabwe bwe byali.* 13 *N'ennyanja n'ereeta abafu abalimu, n'okufa n'Amagombe ne bireeta abafu abalimu: ne basalirwa omusango buli muntu ng'ebikolwa byabwe bwe byali.* 14 *N'okufa n'Amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. Kuno kwe kufa okw'okubiri, okwo mu nnyanja ey'omuliro.* 15 *Era omuntu yenna eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.*

> Entaputa y'Amazima A: Abantu bonna bajja kwolekagana n'okulamulwa okusembayo mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru, eyo ebikolwa byabwe gye bigenda okubawaako obujulizi nti ddala baalokolebwa oba nedda.

> Entaputa eyokubiri ey'Amazima A: Abatakkiriza bokka be bajja okusingisibwa omusango mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru, eyo ng'ebikolwa byabwe bye bijja okusalawo obuzito bw'ekibonerezo kyabwe.

Emu ku njawulo esinga obukulu wakati w'Amazima A n'Amazima B omuyizi w'Ekigambo kya Katonda gyalina okwetegereza mu Byawandiikibwa, y'ensala y'omusango ey'ebika ebibiri. Abantu bonna boolekedde okulamulwa mu maaso ga Katonda (Beb. 9:27), wabula, okulamulwa kw'abakkiriza kwa njawulo n'okwo okw'abatali bakkiriza. Abakkiriza baakulabika mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango, olwo emirimu gyabwe gyekenneenyezebwa era gigezesebwe (Bar. 14:10-12; 1 Kol. 3:11-15; 2 Kol. 5:10). Okulamulwa kuno kulabika okubaawo ng'obwakabaka obw'emyaka olukumi tebunnabaawo oba nga bumaze okubaaawo. Guno si musango gwa bulokozi bwabwe, kubanga Yesu yasuubiza mu Yokaana 5:24 nti, "Mazima ddala mbagamba nti oyo awulira ekigambo kyange n'akkiriza oyo eyantuma alina obulamu obutaggwaawo, era talijja mu musango, naye abeera avudde mu kufa n'agenda mu bulamu."

Omusango oguli mu Kubikkulirwa 20:11-15 gwa njawulo kw'ogwo ogulibeera ku Ntebe ya Kristo kw'Asalira Omusango. Gutera okuyitibwa Omusango gw'Entebe Enjeru Ennene era gwa kubaawo ku nkomerero y'obwakabaka obw'emyaka olukumi. Guno gwe musango eri abatali bakkiriza bokka. Nze nkituumye Amazima A naye kirinamu n'ebikivaamu eby'Amazima B, kubanga kisaanira okugumya abakkiriza okukimanya nti bo tebagenda kubeera mu musango guno. Abakkiriza bonna bajja kuzuukizibwa nga Okubikkulirwa 20:11 tekunnabaawo, abamu ku Kukukkwakulibwa kw'ekkanisa n'abamu ku ntandikwa y'obufuzi bwa Yesu Kristo obw'emyaka olukumi (Kub. 20:4). Abo abakkiriza mu kiseera ky'emyaka olukumi (abamu ku abo abazaalibwa mu kiseera ky'emyaka olukumi) ob'olyawo bagenda kufuusibwa amangu ddala nga baakakkiriza, kubanga "omubiri n'omusaayi tebiyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda" (laba. 1 Kol. 15:50-54). Ebyawandiikibwa tebitubuulira ddi lwe banaasalirwa omusango oba oba ddala nga kineetaagisa, okuva bwe kiri nti bajja kuba babeera mu bulamu obukyusiddwa. Ekyo kirekawo "abafu abalala" abagenda okuzuukira ku nkomerero y'obwakabaka-obw'emyaka olukumi (Kub. 20:5). Bano bajja kuyimirira mu maaso ga Katonda ewali ebiwandiiko ebirimu ebikolwa byabwe okwekenneenyezebwa, era n'obutabaawo bw'amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu nakyo kijja kukakasibwa (20:12) nga tebannasuulibwa mu nnyanja y'omuliro (20:15).

Ekikulu ennyo eky'okwetegereza kiri nti abo abalamulwa ku Nnamulondo Enjeru Ennene teboogerwako kintu kyonna ekibalabisa okuba nga bakkiriza. Bano bonna balisuulibwa mu nnyanja. Naye ng'ekyo tekinnatuuka, balisalirwa omusango okusinziira ku bikolwa byabwe. Obutakkiriza bwabwe mu Kristo ng'Omulokozi bwe bulibasaliza omusango gw'enkomerero yaabwe ey'omuliro, naye kirabika ng'ebikolwa byabwe eby'emabega by'ebisalawo obuzito bw'ekibonerezo ekyo eky'olubeerera, kubanga ekyawandiikibwa kyogera emirundi ebiri nti basalirwa omusango "okusinziira ku bikolwa byabwe." Kikola amakulu nti omutemu akwata abakazi agenda kubonerezebwa mu ngeri y'amaanyi okusinga ku musajja ssemaka eyagaana okulokoka.

Okuvvuunula obulungi omusango oguli mu Kubikkulirwa 20:11-15 mu butuufu kubeera kugumya Abakristaayo kubanga ebibi byaffe n'enkomerero ey'olubeerera byasalibwawo dda. Abatakkiriza bokka be boolekedde eby'oluvannyuma eby'entiisa eby'okusalirwa omusango ogw'enkomerero

n'okusalirwa ekibonerezo eky'okusuulibwa mu Nnyanja y'omuliro. Era tulaba butya ebikolwa gye biri ebikulu mu bulamu bwa buli muntu. Eri Omukristaayo, by'ebisalawo empeera ezitaggwaawo z'afuna (oba z'atafuna), era eri abatali Bakristaayo by'ebisalawo obuzito bw'okubonaabona kwabwe okw'olubeerera. Tewali ngeri yonna ekitundu gye kyakolebwa okugamba nti ebikolwa by'omuntu bye bigenda okuba obukakafu obusembayo obw'obulokozi bw'omuntu.

## Aboonoonyi n'okufa okwokubiri. Okubikkulirwa 21:8

> *"Naye abo abati, n'abatakkiriza, n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe kufa okwokubiri."*

> Entaputa y'Amazima A: Aboonoonyi ennyo bajja kugenda mu ggeyeena, omuli n'abo abeeyita Abakristaayo naye nga bakola ebibi bino, oba Abakristaayo abo abakola ebibi bino ne bafiirwa obulokozi bwabwe.

> Entaputa y'Amazima B: Okwawukana ku bakkiriza n'Abakristaayo abawanguzi abeesigwa mu maaso ga Katonda, aboonoonyi bano abatakkiriza balizikirira mu nnyanja ey'omuliro.

Tewali kubuusabuusa ku butya enkomerero y'abo aboogerwako mu kitundu kino bw'eriba—bonna baweereddwa ekibonerezo eky'olubeerera mu nnyanja ey'omuliro. Tusomye emabegako nti ennyanja eno y'enkomerero y'abantu bonna abatali balokole. Kyokka ekitundu kino kiraga nti aboonoonyi ennyo bokka be bazikirizibwa eyo oba nti ebibi byabwe y'ensonga eribaweesa ekibonerezo ekyo. Abamu era bayinza okukiwakanya nga bagamba nti abakkiriza abakola ebibi eby'amaanyi ng'ebyo bafiirwa obulokozi bwabwe ne bakomekkereza nga basuuliddwa mu nnyanja ey'omuliro.

Okusoma ekitundu ekyo mu bwesimbu kyandibadde kikkiriza nti ebibi ebiwandiikiddwa byonna si byakubonerezabwa mu ngeri yeemu. Olukalala luno lulimu "abati" (*deilos*, kitegeeza *abatiitiizi* oba *abatiitira*) n'abo "abalimba." Mazima ddala kino kikwata ku Bakristaayo abasinga obungi oba bonna, n'olwekyo tekiyinzika kuba ng'ebibi bino ebinojjolemu nti by'ebikakasa omuntu okuba omulokole oba oyo asobola okufiirwa obulokozi bwe.

Ensonga y'okwogera ku batali bakkiriza n'ebibi byabwe mu kitundu kino kwe kulaga enjawulo (oluny. 8 lutandika ne "Naye") enkomerero yaabwe n'ey'abakkiriza bonna. Ekiwandiiko kitegeeza nti waliwo abakkiriza abo abafunye amazzi ag'obulamu obw'olubeerera ku bwereere (oluny. 6) era nti abamu ku bakkiriza abo basasulwa olw'obwesigwa bwabwe ("abawanguzi,"

oluny. 7). Enkomerero z'ebibinja bino ebisatu zaawukana wakati w'obukulu bwa Yesu okuwaayo obulamu obutaggwaawo ku bwereere eri bonna mu lunyiriri olwo 6, empeera abamu gye bafuna olw'okumuweereza mu lunyiriri owo 7, n'ebivaamu olw'obutamukkiriza mu lunyiriri olwo 8. Enjawulo wakati w'abakkiriza abasasulwa n'abatakkiriza era esangibwa mu 22:11-15.

Eri omuntu yenna asoma ebigambo bino ebisembayo eby'Okubikkulirwa, kyeyoleka bulungi nti waliwo enkomerero za mirundi ebiri zokka eri abantu bonna, enkomerero ey'omukisa ey'olubeerera mu maaso ga Katonda oba enkomerero ey'entiisa ey'olubeerera ey'okugobebwa okuva mu maaso ge. Naye ebigambo bino ebisembayo nabyo birimu ekkubo erigenda mu kwesiima okw'omukisa okw'olubeerera:

> *N'aŋŋamba nti, "Bituukiridde, Nze Alufa era nze Omega, Entandikwa era Enkomerero. Buli alumwa ennyonta ndimuwa okunywa ku nsulo ez'amazzi amalamu, ag'obuwa." (Kub. 21:6)*
>
> *Omwoyo n'Omugole boogera nti, "Jjangu." Na buli awulira ayogere nti, "Jjangu." Buli alumwa ennyonta ajje, buli ayagala ajje anywe ku mazzi ag'obulamu ag'obuwa. (Kub. 22:17)*
>
> Obulamu obutaggwaawo kirabo kya bwereere. Okukifuna y'engeri yokka ey'okwewala ennyanja y'omuliro.

**Empeera ezigabibwa okusinziira ku bikolwa by'omuntu. Kub. 22:12**

> *"Era laba, nzija mangu, n'empeera yange eri nange, okuwaayo eri buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli."*
>
> Entaputa y'Amazima A: Mu kudda kwa Yesu, ajja kusasula buli omu okusinziira ku mulimu gwe. Okusinziira ku bwe baakola, abantu abamu baligenda mu nnyanja ey'omuliro, n'abamu baligenda mu Yerusaalemi Empya.
>
> Entaputa y'Amazima B: Mu kudda kwa Yesu, ajja kusasula buli mukkiriza okusinziira ku mulimu gwe.

Entaputa y'Amazima A efuula ebikolwa okuba ensonga esalawo ku nkomerero y'omuntu ey'olubeerera. Kino kiteekwa okugaanibwa kubanga kikontana n'Abeefeeso 2:8-9 n'ebitundu ebirala ebitegeerekeka obulungi ebiyigiriza nti tewali muntu yenna alokolebwa lwa bikolwa bye. Ekitundu kye tulabye waggulu kyali tekiyigiriza mazima agakwata ku bulokozi.

Entaputa y'Amazima B eraga enjawulo endala ey'amaanyi (oluny. 11) n'ekigambo eky'okugumya Abakristaayo: Yesu ajja kusasula abakkiriza abo abeesigwa. Empeera ezo zirambikiddwa mu lunyiriri olwe 14 ng'okulya ku muti ogw'obulamu n'okuyingira nga bayita mu miryango gya Yerusaalemi

Ekiggya. Bino bitujjukiza ku mpeera ezasuubizibwa abawanguzi mu ssuula 2 ne 3 (oksng. 2:7; 3:12), ezirabika ng'ezoogera ku nkizo ez'enjawulo eri abo abamaze okutuuka mu kubeerawo kwa Katonda.

Mu butuufu, "omulimu" guli gumu, so si mingi. N'olwensonga eyo, kiwuumbawuumba enneeyisa y'obulamu bw'omuntu. Abakristaayo bajja kusasulwa okusinziira ku nneeyisa y'obulamu bwabwe nga bwe yali yonna. Kisoboka olunyiriri luno era okukwata era ku batali bakkiriza kubanga enkomerero yaabwe nayo eyogerwako ng'eyawukana ku y'abakkiriza (oluny. 15). Wadde kivvuunuddwa "empeera," ekigambo *mithos* kiyinza okutegeeza *okusasulwa.* Tukirabye nti ku Nsala y'Omusango ogulibeera ku Ntebe Ennene Enjeru, abatali bakkiriza bajja kubonerezebwa (nga basasulwa) "ng'ebikolwa byabwe bwe biri" (22:11-13). Kyokka, eky'okuba nti ekitabo ky'Okubikkulirwa kyawandiikibwa eri amakanisa kifuula ekisuubizo ky'empeera okubeera nga ky'abakkiriza bokka (laba enkozesa ya Yokaana ey'ekigambo "empeera" ku bikwatagana n'abakkiriza mu 2 Yok. 8).

Yesu yagamba nti "ajja mangu," ekigambo ekitugumya ffe abalindiridde obwenkanya n'empeera ebifuula okwefiiriza kwaffe kwe tukola okubeera nga ddala kusaanira. Ffenna tujja kufuna empeera yaffe mu kiseera ekituufu.

### Buli agatta oba atoolako ku Kigambo kya Katonda. 22:18-19

> 18 *Ntegeeza buli omu awulira ebigambo eby'obunnabbi ebiri mu kitabo: Omuntu yenna alibyongerako, Katonda alimwongerako ebibonoobono ebiwandiikiddwa mu kitabo kino.* 19 *Era omuntu yenna alikendeeza ku bigambo by'obunnabbi ebiri mu kitabo kino, Mukama alimuggyako omugabo gwe ku muti ogw'obulamu ne mu kibuga ekyo ekitukuvu ekiwandiikiddwako mu kitabo kino.*

> Entaputa y'Amazima A: Abo abakyusa Ekigambo kya Katonda bajja kufiiirwa obulokozi bwabwe.

> Entaputa y'Amazima B: Abo abakyusa Ekigambo Katonda bafiiirwa emikisa gyabwe egy'olubeerera.

Olulimi olukambwe oluli mu lunyiriri olwe 18 lujjukiza ebizibu ebiva mu kwegomba okukikola nga bwe kyawandiikibwa bannazabbuli ab'Endagaano Enkadde. Bwe tulowooza ku kikula ky'ebibonyoobonyo ebyogeddwaako mu Kubikkulirwa, kino teyinza kuba nga kyali kyogerera ddala ku bulabe obulabikako. Ekigendererwa ky'omuwandiisi kwe kulaga obuzibu obuli mu kukyusakyusa amazima g'ekigambo kya Katonda.

Olunyiriri olwe 19 mu *New King James Version* lukozesa "Ekitabo" eky'obulamu, naye obujulizi obuyitiridde obuli mu mizingo buwagira ekigambo "omuti" ogw'obulamu, nga bwe kirabika kumpi mu buli nzivuunula ez'Olungereza. Ekyo bwe kitegeerekeka, tukiraba nti olunyiriri olwe 19 lukwata ku abo abakkiriza kubanga be bokka abalina omugabo mu "muti ogw'obulamu" ne mu "kibuga ekitukuvu" ekya Yerusaalemi Ekiggya. Ate era n'ekirala, bano abaali basoma baali bakkiriza, nga be bayigiriza, n'okwekkenneenya ekitabo ky'Okubikkulirwa. Obulabe tebuli nti Katonda ajja kuggyako obulokozi abo abakyusakyusa ebigambo bino ebitukuvu, naye nti ajja kugaana okuwa enkizo ez'enjawulo eri abasingisiddwa omusango guno.

Okulabula kuno mu mazima ddala tekukwata ku abo abataputa Bayibuli mu ngeri eyinza okuba enkyamu. Okulabula kuno okusinga kutulabula obutakozesa bubi oba obutatyoboola kubikkulirwa kwa Katonda. Bwe kityo, n'ekiraga obukulu bw'okuyiga Baibuli n'endowooza ennungi.

EKITUNDU

# 3

# Okussa mu nkola Amazima A n’AmazimaB mu Bulamu ne mu Buweereza

EBIRINA OKUSSIBWA MU NKOLA BYOGEDDWAKO okuyita mu kitabo kyonna, naye ekitundu kino kitukkiriza okusunsula ebissibwa mu nkola era n’eky’okwawula wakati w’obulokozi n’obuyigirizwa nga bwe kikola enjawulo mu bulamu bwaffe, obulamu bw’abalala, era ne mu kkanisa oba mu buweereza.

ESSUULA

# 12

# Okufaayo ku Njawulo Baibuli z'Etulaga

OB'OLYAWO KAAKANO olaba enjawulo entaputa ennungi gy'ereeta ate n'akatyabaga entaputa enkyamu gye kaleeta. Enjawulo mu ntaputa si kye kintu eky'okubeera obubeezi omuyivu oba amanyi ku bifa ku Katonda (siyologye). Siyologye gw'omanyi y'avaamu by'okola, ate by'okkiririzaamu bye bivaamu enneeyisa yo. Tufaanana nga bwe tulowooza. Wano tukubaganaya ebirowoozo ku ngeri ezimu Amazima A n'Amazima B bwe galondebwawo, na butya bwe gasobola okukyusa obulamu n'obuweereza.

## Engeri gye twetunuuliramu

Nga bwe mumanyi, Amazima B googera kw'ebyo bye tukolera mu bulamu bwaffe obw'Ekikristaayo. Muno mulimu ebyo bye tunyiikirira ebitubanjibwa mu lugendo lw'obuyigirizwa. Buli lwe tutunuulira obulokozi bwaffe wansi wa Katonda, wabaawo omwagaanya gw'okwekebera ffekka, okulungi n'okutali. Okwekebera okulungi kubuuza nti, "Naye ddala ntuukiriza ebisaanyizo by'obuyigirizwa n'okutambulira mu bulamu obuweesa Katoda ekitiibwa?" Ebiva mu kwekebera ng'omuntu bisobola okulaga ebyo byotakoze bulungi era n'ebikulemye. Bino bituteerawo omusingi n'okusikirizibwa okweyongera okusanyusa Katonda.

Okwekebera okutali kulungi kutuviiramu ebitali birungi. Ekisinga okuba ekibi ye muntu okutandika okubuusabuusa obulokozi bwe bw'aba ng'alowooza nti okufuba kwe kuli wansi w'okwo Katonda kw'amusuubiramu. Ekizibu ekinene ekirala kwe kuwulira ng'alumirizibwa omusango, oboolyawo ng'alowooza nti Katonda atubala okuba ab'omuwendo okusinziira ku kufuba kwaffe.

Ky'amazima nti, abo abamaliriza nga babuusabuusa obulokozi

bwabwe oba nga babuusabuusa oba nga basanyusa Katonda babeera beetadde mu mbeera ey'okwefeebya bokka na bokka mu bigambo by'okukula mu by'omwoyo. *Tosobola kukula ng'ogenda mu maaso bw'obeera nga buli kiseera otunula amabega*. Okwefubako kitala kya bwogi bubiri—okulaba nga tuli bulungi okusinga ku Bakristaayo abalala, ekiyinza okutuleetera amalala, oba okulaba nga tuli bubi okusinga Abakristaayo abalala, ekiyinza okutuleetera okwesalira omusango n'okubuusabuusa.

Ensonga bbiri ezinnyonnyola embeera eno etali nnungi. Esooka, obulokozi bwaffe tebusinziira ku kufuba kwaffe; businziira ku kufuba kwa Kristo kwe yakola ku lwaffe. Tetuyinza era tetusobola kukkirizibwa Katonda nga tusinziira ku kufuba kwaffe ne ku bikolwa byaffe. Okwawula Amazima A ku Mazima B kituyamba okwawula ebisaanyizo by'obulamu bw'Ekikristaayo n'obuyigirizwa ne tutayoonona njiri ya Katonda ey'ekisa etaliiko bukwakkulizo nga tugitabiikiriza n'ebikolwa. Oluusi ng'ebikolwa tubikulembeza mu maaso g'enjiri oba okubissa ku nkomerero y'enjiri. Mu ngeri endala, ebitundu ebyogera ku bikolwa tebiyinza kufuulibwa kakwakkulizo akafunyisa omuntu obulokozi oba okubukakasa. Mu Kristo, Katonda atulaba nga tutuukirizza ebyetaago by'obutuukirivu byonna ebituufu by'ayagala mu kuwa obwenkanya obw'obwakatonda.

Singa ebikolwa birekebwa okuba nga si ke kakwakkulizo k'okuyimirira kwaffe okw'obutuukirivu mu maaso ga Katonda, ekyo kituleka nga tusigadde n'obwesige obwo ekisa kye buleeta. Obulokozi bwaffe businziira ku kisuubizo kya Katonda, so si ku kufuba kwaffe. Ky'amazima nti tukkirizibwa Katonda nga taata omulungi bw'asembeza mutabani we oba muwala we yennyini. Omusingi gw'okukkiriza tegwesigamye ku bulungi bwe nneeyisa yaffe nga batabani ba Katonda ne bawala be, naye ku ky'okuba nti tuli baana ba Kitaffe mu maka ge.

Okufaanagana n'amazima gano agakwata ku kisa ekitaliiko bukwakkulizo eky'obulokozi, kye kisa ekitaliiko bukwakkulizo kye tulina okutambuliramu era kye tukozesa okukwatagana ne Katonda. Tetutya Katonda nga Kitaffe ayagala okutubonereza nga twonoonye ebintu (okuggyako, mpozzi, ddala nga tufuuse mukoko). Wabula, tuli ba ddembe okumukowoola mu mukwano nti "Abba, Kitaffe!" Ekifaananyi ekimanyiddwa ennyo kiraga John Kennedy, Jr. ng'akyali mwana muto ng'azannyira wansi w'emmeeza ya Pulezidenti John F. Kennedy mu ofiisi y'Obwapulezidendi enneetoloovu. Tewaali kutya kwonna mu maaso ga kitaawe, wabula essanyu eritaliimu bukuusa.

Teebereza taata atuuka awaka okuva ku mulimu era n'abaako byayogerezeganya ne muatabani we ow'emyaka ekkumi n'ebiri:

"Mutabani, wakoze omuwaaka nga bwe nakugambye?"

"Yee, Taata."

"Kiyitirivu, oli mwana mulungi. Wayozezza ebintu nga bwe nnakugambye?"

"Yee nakikoze, taata."

"Oyo ye mulenzi wange. Ddala oli mwana mulungi nnyo! Naye walongoosezza ekisenge nga bwe nakugambye?"

"Nedda, Taata, saakirongoosezza."

"Wanjeemedde kyokka weeyita mwana wange? Omwana wange yandibadde aἠἠondera. Sirowooza nti osaanidde okuyitibwa omwana wange."

Omulenzi oyo akulira mu mbeera y'okukkirizibwa okuliko obukwakkulizo obusinziira ku nkola ye ey'ebintu. Ajja kubeera mu kutya okw'obutasanyusa kitaawe era n'okufiirwa ekifo kye mu maka ago. Embeera eyo si nnungi, teyamba muntu kukula era tereetawo nkolagana ey'oku lusegere ne kitaawe. Wabula ajja kulaba okwagala kwa kitaawe ng'okukyukakyuka, okuteesigika, era okulina obukwakkulizo. Atwalibwa okuba ow'omuwendo olw'ebyo byokka by'akola, si olw'ekyo ky'ali ng'omwana mu maka.

Okukuuma Amazima A nga gakwatagana n'enjiri y'ekisa kituwa ekyo kye tuli ddala ekitayinza kuggyibwawo olw'okulemererwa kwaffe. Tugattiddwa wamu ne Yesu Kristo mu kufa kwe n'okuzuukira kwe ewatali bukwakkulizo ne tuteekebwa mu mubiri gwe ogw'omwoyo olw'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu oyo era abeera mu ffe. Ku lunaku lwo lw'osinga okukola obulungi, ekyo ky'oli ddala ye "Yesu ali naawe," era ne ku lunaku olwo ebintu lwe bikulemera ddala, ky'oli ddala kisigala kiri nti, "Yesu ali naawe." Amazima B kye gakola kwe kuvunaanyizibwa ku ngeri gye tweyisaamu ng'abaana abakulu nga tuskirizibwa n'okukangavvula kw'ekizadde oba okutuwa empeera ey'ekizadde.

Tuli mu kiseera ng'abantu bangi balwanagana n'okulongoosa ekifaananyi kyabwe n'okwetwala ng'ab'omuwendo. Amazima A ag'Endagaano Empya gatugamba nti twagalibwa Katonda, atajja kutugobera bweru w'amaka ge. Tutebenkedde olw'omulimu Omwana wa Katonda gwe yatukolera, omulimu gwe twali tetusobola kukola ku lwaffe. Tuwummulidde mu kwagala kwa Katonda okutaliiko bukwakkulizo okwayolesebwa mu kisa kye gye tuli.

## Engeri gye twanjulamu enjiri

Okukuuma Amazima B obutayingirira Mazima A ag'enjiri y'obulokozi tekikoma bukomi ku kutuwa *mawulire malungi* gokka, naye kutuwa amawulire *agasukkiridde obulungi*. Amazima A agakwata ku njiri era n'obulokozi bwaffe gatukakasa nti obulokozi bwa bwereere ddala. Era kikuuma enjiri nga ya bwereere era ng'etegeerekeka bulungi mu kiseera ng'Abakristaayo bangi bagiwagiseeko bingi bye basaba oyo atannakkiriza okukola. Sirekera awo kwewuunya endowooza ez'enjawulo ennyingi eziri mu Bakristaayo ku ekyo omuntu ky'alina okukola okusobola okulokolebwa. Ng'omubuulizi w'enjiri omu Omufirika bwe yanjatulira oluvannyuma lw'okujja mu lukuŋŋaana lwaffe olwayigiriza ku njiri ey'ekisa, yagamba nti, "Nnina okwenenya—Ndowooza nti mbadde nnemesa abantu bangi okuyingira eggulu olw'ebintu ebingi bye mbadde mbagamba okukola okusobola okulokolebwa!" Omubuulizi w'enjiri ono eyali akikolera mu mutima omulungi yali atabudde Amazima g'enjiri B n'Amazima A. N'ekyavaamu, yali atabudde abantu ku kabi ke baali boolekedde ak'okuzikirira. Tekyewuunyisa nti waliwo okulabula okw'amaanyi eri abo abakyusa enjiri. Abaggalatiya 1:8-9 lugamba nti,

> *8 Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga Enjiri okuggyako gye twababuulira, akolimirwenga. 9 Nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo nziramu okukyogera nti, omuntu yenna bw'ababuulira Enjiri eteri eyo ggye mwakkiriza akolimirwenga.*

Ka kibe nti ennyiriri zino zikwata ku bajeemera amazima ago oba ku abo bokka ababuzaabuza enjiri mu butamanya, kyeyoleka bulungi nti Katonda akitwala ng'eky'okukyusakyusa oba okutabulatabula enjiri musango gwa maanyi ddala.

Eby'embi, abantu bangi engeri gye bataputamu obubi enjiri ennaku zino nga batabulatabula Amazima A n'Amazima B kituleka ng'amawulire amalungi gakendezeddwa nnyo okusinga bwe galina okubeera. Olowooza ebintu bino wammanga ebyogerwa eri abo abatalokolebwa biwulikika ng'amawulire amalungi gy'oli?

- "Nsobola okukubuulira engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo —ssinga weyama okunyiikirira Katonda by'ayagala."
- "Nsobola okukubuulira engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo —singa toyoonoone n'obufiirwa."
- "Nsobola okukubuulira engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo —ssinga onaasigala ng'oli mwesigwa era

ng'otambulira mu bulamu obw'okutya Katonda okutuusa okufa."

Ani asobola okukola obweyamo obw'okutuukiriza byonna Katonda by'ayagala, oba okutambulira mu bulamu obw'okuwangula ekibi buli kiseera, oba okumanya nti bulijjo ajja kusigala nga mwesigwa okuyita mu bulamu bwonna? Bwe kiba ng'atawezezza kikumi ku kikumi abeera tawangudde, omuntu yenna ayinza atya okuba n'essuubi ly'obulokozi ekkakafu? Era ani yandirowoozezza n'okulowooza nti Katonda atwala okweyama kwaffe n'obumalirivu bwaffe obw'obutayonoona ng'ekyamaanyi ennyo atuuke n'okubwesigamako okutuwa enkomerero ey'olubeerera? Tewaliiyo muzadde yenna alina okusuubira okw'ekika ekyo eri mutabani we oba muwala we. Katonda si muzadde atamanyi kyakukola oba omuzadde omusirusiru.

Kya lwatu nti kiba kya bulimba okuwaayo ekintu kyonna ekiyitibwa obulamu "obutaggwaawo" wansi w'obukwakkulizo obwo. Tewali kintu kyonna kya lubeerera kiyinza kwesigama ku kufuba kwaffe. Omubuulizi w'enjiri abuulira obubaka obwo obulema bwe butyo abeera musirusiru so si muvumu.

Ku luuyi olulala, tubeera n'obuvumu bungi bwe tutunuulira omuntu atali mukkiriza mu maaso ne tumugamba nti, "Nsobola okukubuulira engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo obukakasiddwa Katonda era obukuweebwa ng'ekirabo eky'obwereere bwotayinza kufiirwa."

Abamu bawakanya obubaka obwangu bwe butyo nga babuyita "okukkiriza okwangungu" oba "okupapiriza okusalawo." Naye bye batuvunaana si bituufu. Enjiri etegeereka mangu, naye si nnyangu ya kukkiriza.

- Si kyangu kukkiriza nti obwonoonyi bwange busaana okunviiramu okwawukana ne Katonda olubeerera.
- Si kyangu kukkiriza nti Katonda anjagala wadde nga nkola ekibi.
- Si kyangu kukkiriza nti Katonda yandisindise Omwana we okubeera omulamu era n'afa ku lwange.

- Si kyangu kukkiriza nti Yesu Kristo yasasula ekibonerezo ky'ebibi byange byonna emyaka egisukka mu 2000 egiyise.
- Si kyangu kukkiriza nti Yesu Kristo yazuukira mu bafu nti era kaakati mulamu.
- Si kyangu kukkiriza nti Yesu Kristo yandimpadde obulamu obutaggwaawo.
- Si kyangu kukkiriza nti nsobola okufuna ekirabo kino ewatali kye nsasula naye okuyita mu kukkiriza kwokka.

Kitegeerekeka bulungi, *naye si kyangu*! *Okutegeerekeka obulungi* kitegeeza *ekintu ekitaliimu buzibu*. Enjiri etegeerekeka obulungi kitegeeza nti omwana oba omuntu owa bulijjo asobola okugitegeera era n'agikkiririzaamu.

Ekika ky'enjiri emanyiddwa ennyo ennaku zino eyitibwa Obulokozi bw'Obubukma [kkiriza Yesu abeere Mukama wo]. Endowooza eno ekkiriza nti omuntu alokolebwa okuyita mu kukkiriza, naye okukkiriza okumuleetera obunyiikivu n'okwewaayo eri Yesu nga Mukama w'obulamu bwe bwonna ng'omuntu. Mu ngeri endala, okwewaayo n'obunyiikivu bwe bukwakkulizo bw'obulokozi. Ebiva mu ntandikwa ng'eno kwe kukkiriza nti Omukristaayo ow'amazima n'olwekyo y'oyo alina obujulizi bw'okwewaayo n'obunyiikivu mu bulamu obw'ebikolwa ebirungi. Eky'ennaku ekiri mu kutabulatabula Amazima A n'Amazima B enjiri efuuka nzibu, n'efuuka ya kaweereege, era omuntu ayinza n'okukaayana ng'agamba nti obulokozi tebusoboka. Ekisa kya Katonda nga tekikyali kya bwereere, okukkiriza kufuuka ebikolwa, era atakkiriza abeera wansi w'omusingi gw'okubaako by'akola alyoke akkirizibwe Katonda. Waliwo bingi bye nsobola okwogera ku Bulokozi obw'Obukama, naye nabyogera mu bujjuvu mu kitundu ekirala. [14]

Twegendereze nnyo engeri gye twanjulamu n'okutumbula enjiri eri abalala. Okunoonyereza ku bitabo ebikwata ku njiri, omuli obutabo, n'opupaula kugenda kukulaga embuulira z'enjiri ez'enjawulo, naddala mu kitundu eky'okuyita abaagala okulokoka ng'omubuulizi akomekkereza

[14] Ng'oggyeeko akatabo kange ke njogeddeko, *Lordship Salvation(Obulokozi obw'Obukama): A Biblical Evaluation and Response,(Okwetegereza Endaba ya Baibuli)* 2nd GraceLife Edition (Burleson, TX: Xulon Press, 2014), soma n'essuula yange "What about Lordship Salvation?" mu *Freely by His Grace: Classical Free Grace Theology*,(Lwa Kisa kye eky'Obuwa) eds. J. B. Hixon, Rick Whitmire, and Roy B. Zuck (Duluth, MN: Grace Gospel Press, 2012), pp. 97-118. Emiko emirala ku biyigirizibwa egyekuusa ku Bukama giri ku GraceLife.org/ Resources/GraceNotes.

obubaka bwe. Byonna ebyogerwa tebisobola kuba bituufu. Tulina okutegeera butya enjiri gy'eyanjulwa mu bitabo bye tukozesa, abaminsani be tuwagira, n'abasomesa be tukkiriza okuyigiriza abalala. Ekibuuzo kimu kye nkozesezza okugezesa entegeera y'omuntu gy'alina ku njiri kibuuza nti, "Singa ofa n'oyimirira mu maaso Katonda, era n'akubuuza nti, 'Lwaki ninna okukukkiriza okuyingira mu ggulu lyange?,' ggwe wandimuzzeemu ki?" Ekintu kyonna kye wandizzeemu nga kyawukana n'okukkiriza kwe wassa mu mulimu gwa Yesu Kristo ogumatiza kyandibadde tekyanirizibwa.

Ennyanjula yaffe ey'enjiri eri abalala erina okuba nga kwe kulangirira amawulire amabi mu buvumu agagamba nti ffenna twayonoona era tusaanidde okwawukana ne Katonda emirembe gyonna; era ng'amawulire amalungi gali nti Katonda yatuma Omwana we Yesu Kristo, ng'Oyo y'eyasasula ekibonerezo olw'ebibi byaffe ku musaalaba, yazuukira mu bafu, era ng'atuwa obukakafu ku bulokozi bwaffe obutaggwaawo singa tumukkiriza mu ngeri ennyangu era ne tumukkiririzaamu olw'ekyo. Amawulire amalungi ag'enjiri kwe kuba nti tusobola okulokolebwa olw'ekisa kyokka, okuyita mu kukkiriza kwokka, mu Yesu Kristo yekka.

## Engeri gye tukakasaamu obulokozi

Okumanya nti twalokokera ddala emirembe gyonna si kyakuteebereza, wabula y'enkizo etuweebwa eyogerwako okuyita mu Baibuli yonna.

Muwandiisi ki mu Baibuli abuusabuusa obulokozi bwe oba obulokozi bw'abasomi b'ebbaluwa ze? Tewali n'omu! Twalaba dda nti ebitundu ebimu ebikozesebwa okulaga nti okubuusabuusa kirungi tebiyigiriza ekyo abantu kye balowooza (laba okukubaganya ebirowoozo ku Mat. 7:21-23; 24:13; 2 Kol. 13:5). Era twakiwakanyizza nti okubuusabuusa n'obutali butebenkevu ku bulokozi bw'omuntu tekikola musingi mulungi oba embeera ennungi ey'okukula mu by'Omwoyo.

Tutegeezeddwa mu 1 Yokaana 5:11-13 nti,

> [11]*Era buno bwe bujulirwa nti: "Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu buno buli mu Mwana we."* [12] *Buli alina Omwana alina obulamu, naye oyo atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.* [13] *Ebyo mbiwandiikidde mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda, mulyoke mumanye nti mulina obulamu obutaggwaawo.S*

Ekitundu kino kitugamba nti tusobola okumanya nti tulina obulamu obutaggwaawo, era ekyo kisinziira ky'okuba nti tulina Omwana, Yesu Kristo. Tufuna Omwana bwe tukkiriza enjiri ye. Enjiri ye esuubiza obulokozi obutaggwaawo. Bwe tukkiriza, tumatira nti enjiri ye ntuufu, nga mw'otwalidde n'ekisuubizo kye. Okukkiriza kuno mu kisuubizo kya Katonda kwe kukakasa nti Katonda by'ayogedde bituufu, era n'olwekyo nti tulokose. Si kukkiriza mu

ffe oba okukkiririza mu kukkiriza kwaffe; wabula kwe kukkiriza kwe tussa mu Yesu Kristo — mu bwakatonda bwe, mu bugabirizi bwe, era n'ekisuubizo kye. Olw'okuba okukkiriza kwaffe kwesigamye ku mazima agajjudde, so si mu nneewulira oba mu kukola kwaffe, ffe tusobola okumanya nti tulokoleddwa.

Nga tutunuulira ekinyusi, tukakasibwa Ekigambo kya Katonda, ekisuubiza obulamu obutaggwaawo eri bonna abakkiriza Yesu Kristo. Ebikolwa ebirungi bujulizi bukulu, naye si bwe bujulizi obukakasa. Obujulirwa bw'Omwoyo Omutukuvu bwe bujulizi obulala, naye si bwe bujulizi obukomekkereza (bangi beesigama ku nneewulira zaabwe ez'okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu). Obuyinza bwokka obw'ekigendererwa era obw'enkomeredde bwe tusobola okwesigamako kye Kigambo kya Katonda.

Singa tugezaako okufuna obukakafu bw'obulokozi mu Mazima B ag'Endagaano Empya, okunoonya kwaffe kujja kuba kwa bwereere. Amazima agakwata ku buyigirizwa n'obulamu bw'Ekikristaayo okutwalira awamu gabeera googera ku bintu bye tulina okukola okusanyusa Katonda—okufuba kwaffe. Tewali bukakafu bwa nkomeredde mu kufuba kwaffe.

Ku ludda olulala, Amazima A essira gasinga kulissa ku ebyo Yesu Kristo by'akoze ku lwaffe n'okwanukula kwaffe okw'enjawulo okw'okukkiriza. Okufuba kukwe, era ffe tufuna bufunyi emiganyulo egiva mu kufuba kwe okuyita mu kukkiriza. Tusobola okuba n'obukakafu obw'enkomeredde nti Yesu Kristo yamatiza Katonda bye yali ayagala olw'okutuukiriza obwenkanya ku lwaffe, n'olwekyo tukimanyi nti tulokoka nga tusinziira ku mulimu gwe.

Okuyigiriza Amazima B ng'omuntu alowooza nti ge Mazima A kireetedde Abakristaayo bangi okubuusabuusa obulokozi bwabwe. Kya lwatu nti era kyandibadde bwe kityo! Tulina okujjukira ekyo Yesu Kristo kye yakola mu kifo ky'okunoonyereza buli kiseera ku bye tukoze. Obukakafu bw'obulokozi y'entandikwa y'okukula kw'enkolagana ennungi ey'omukkiriza ne Katonda, era ky'ekisikiriza ekikulu mu kweyongera okukula.

## Engeri gye tusikiriza abakkiriza okutya Katonda

Okwawula Amazima A ku Mazima B kuzaala ebigendererwa ebirungi ennyo eby'okuweereza Katonda era n'okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda. Ebitusikiriza bikulu kubanga bikwata ku musingi gw'obulamu bwaffe obw'omwoyo. Okukubiriza abakkiriza okweyisa mu ngeri ey'okungulu esaanira n'okubakubiriza okutya Katonda kiyinza okuba nga si kye kintu kimu. Twetaaga okutegeerako ku biki ebitusikiriza okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa.

Ebikolwa byokka si kye kipimo ekirungi eky'eby'omwoyo era tebyesigika kufuuka ekisalawo ku bulokozi n'obutukuvu bw'obuntu nga ye. Abafalisaayo tebaalina bbula lya bikolwa eby'okungulu bye baali basobola okusongako, naye banenyezebwa Yesu olw'okubeera bannanfuusi (Mat. 23:23-30). Ebikolwa ebirungi eby'ebweru bisobola okuva mu bigendererwa ebibi mu butonde. Okubuulira, okuyigiriza, oba okukkaatiriza nti abantu balina

okukola ebintu ebituufu kiyinza okuviiramu omuntu okufuuka Omufalisaayo.

Waliwo ebimu ebisikiriza abantu okukola ekituufu ebitali bya Baibuli era ebitali birungi. Ekimu ku bitusikiriza eby'engeri eyo biva mu ndowooza ey'amateeka ku by'omwoyo, emirundi mingi ekiva mu kutaputa Amazima B nga tulowooza nti ge Mazima A. Mu ngeri endala, essira ly'omuntu ng'oyo abeera alitadde ku bikolwa eby'okungulu ng'engeri y'okufuna okukkirizibwa mu maaso ga Katonda. Endowooza eno y'eri emabega w'abo abalowooza nti balina okukolerera obulokozi bwabwe, naye era ekwata ne kw'abo abamaze okulokolebwa. Abantu bangi bakkiriza nti "Omukristaayo omulungi" ye Mukristaayo akola emirimu emingi, ng'obuweereza obwo kwe kutya Katonda. Tewali kintu kyonna kikyamu mu bikolwa ebirungi eby'okungulu, okugondera ebiragiro bya Katonda, n'obuweereza, naye endowooza eri emabega waakyo y'ekola enjawulo. Bwe tugulumiza obukulu bw'ebyo Abakristaayo bye bakola, tukendeeza ku bukulu bw'ekyo Katonda kye yakola era ne ky'akola. Bwe tussa essira ku bikolwa byabwe, tubateeka mu kabi ak'okufuuka ab'amalala. Enkola y'amateeka tesobola kuvaamu kutya Katonda, kubanga eyigiriza okukyuka kw'ebikolwa ebirabika mu kifo ky'okukula okw'omunda. Okukula okwa nnamaddala kuva mu kisa nga kye kyokka ekitusumulula — nga tulina eddembe okusalawo okuweereza Katonda oba okwefaako fekka. Naye okuyigiriza ekisa kya Katonda eky'obwereere ekitaliiko bukwakkulizo kiyinza okuba eky'okwesuula mu katyabaga, oba nga kitiisa. Abakristaayo basobola era bajja kukozesa bubi ekisa nga basala ensalo eziteekeddwaawo bali abakkiririza mu nkola y'amateeka. Naye eyo teteekwa kubeera nsonga etuleetera okukyamya engeri gye tutaputamu Baibuli. Omutume Pawulo yabuulira ekisa wadde nga tafuddeeyo ku bwerende era nga yatuuka n'okunenyebwa ku lw'enjiri y'ekisa gye yali abuulira (Bar. 6:1, 14).

Okwekuusa ku kino, Omukristaayo ayinza okuweereza Katonda olw'endowooza ye emusalira omusango. Abamu bayinza okulowooza nti kyangu nnyo okwatula n'okukkiriza ekisonyiwo kya Katonda eky'obwereere. Endowooza y'omubiri ebeera ekugamba okukolayo ekintu ekirala okukkakkanya obusungu bwa Katonda obulowoozebwa okubaawo. Kino kifaananako n'endowooza y'Abakatuliki Aberooma ey'okukolamu okwenenya, oba okukola ku bibi by'omuntu ng'ayita mu kusaba n'ebikolwa ebirungi. Naye endowooza eno ewakanya ekisa kya Baibuli, kubanga ekisa kiweebwa ng'ekirabo eky'obwereere, oba si ekyo kyokoleredde, olwo kiba tekikyali kisa (Bar. 11:6). Bwe twonoona ate ne twatula ekibi kyaffe, tuwummulira mu mulimu gwa Yesu Kristo gwe yamaliriza ku lw'obulokozi bwaffe, era nga guno gutuwa okusonyiyibwa okusigala nga kugenda mu maaso okutukuumira mu kussa ekimu. Tetusaanidde kwongera musango ku muntu alina endowooza emusalira omusango, wabula okuyamba okweyagalira mu kisonyiwo ekisa kye kigaba. Amazima A galeeta

ekisonyiwo ng'ekirabo eky'obwereere nga kyesigamiziddwa ku mulimu gwa Kristo gwe yamaliririza edda.

Kya lwatu nti waliwo n'ebigendererwa eby'ekibi n'eby'okwefaako fekka emabega w'obuweereza obumu obukolebwa. Abakristaayo abamu bayinza okuweereza olw'okuganyulwa mu by'ensimbi, olw'okusukkulumizibwa mu balala, olw'okuba n'obuyinza ku balala, oba olw'okwegulumiza. Yesu yabikkula okusaasira okw'obunnanfuusi n'okusaba kw'abo abaali baagala okutenderezebwa kw'abantu (Mat. 6:1-6), era n'avumirira abawandiisi b'Abayudaaya abeefuulanga abagoberera Katonda kubanga baali baagala nnyo okusiimibwa mu lujjudde n'okuweebwa empeera (Mak. 12:38-40).

Kale birungi ki ebyesigamye ku Baibuli ebitusikiriza okuweereza Katonda n'okubeera mu bulamu obumuweesa ekitiibwa? Twandibadde tulina okutandika n'ekisinga byonna obukulu —*okwagala*. Ekiragiro ekisooka era ekisinga obukulu kwe kwagala Katonda era awamu n'ekyo, okwagala abalala (Mat.22:37-39). Bwe twagala Katonda oba abalala, tuba tufaayo nnyo ku lw'obulungi bwabwe. Tubeera twagala okubasanyusa. Naye okwagala era kweyolekera mu kuyaayana okubeera n'omukwano ogw'oku lusegere ogusingawo. Waliwo enkolagana enkakafu wakati w'okwagala, obuwulize, n'okunywerera. Yesu agamba nti,

> *"Mbaagadde nga Kitange bw'anjagala. Noolwekyo munywererenga mu kwagala kwange. Bwe munaagonderanga ebiragiro byange olwo munaabanga munyweredde mu kwagala kwange, nga nange bwe ŋŋondera ebiragiro bya Kitange ne mbeera mu kwagala kwe. (Yok. 15:9-10; laba. 1 Yok.4:16)*

Okumanya Yesu Kristo mu ngeri ey'oku lusegere kwe kwali okuyaayana kw'omutume Pawulo okwamuvuga okumutuusa mu kukula (Abaf. 3:10-14). Tukubiriza Abakristaayo okwagala Katonda nga tubajjukiza nti ye yasooka okutwagala era n'atuwa ekirabo ekisinga obukulu eky'Omwana we (1 Yok. 4:19). Okwagala Katonda kukwatagana n'okwagala abalala. Mu kiragiro ekikwatagana era ekitayawukana, Yesu era agamba nti, "era yagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala" (Mat. 22:37-39). Yesu bw'ayogera nti ekiragiro kino "ekyokubiri" kiringa kiri ekisooka, abeera tayogera ku ddaala lya bukulu, naye akakodyo k'okukiddiraŋŋanya. Omuntu bw'ayagala omulala, ajja kufaayo ku kintu kyonna ekikuuma omukwano gwabwe. Okuva Katonda lw'afaayo ku bantu, oyo ayagala Katonda naye ajja kwagala abantu naddala abaana ba Katonda (1 Yok. 4:21).

Oluvannyuma lw'okwagala (oba awamu nakwo), *okwebaza* kye kintu ekirala ekikulu ekitusikiriza okuweereza n'okukola ebikolwa ebirungi.

Okwebaza kuva mu kulaba ekisa. Mu kwebaza emikisa gya Katonda gyonna egyogeddwako mu Baruumi essuula 1-11, Pawulo akubiriza abasomi be okwanukula nga bawaayo emibiri gyabwe nga ssaddaaka ennamu, nga kuno kwe “kuweereza kwabwe okw’amagezi” (Bar. 12:1-2). Okuleetera abantu okwebaza, tusaanidde okubajjukiza buli kiseera Katonda by’abakoledde, ekyo ne kibaleetera okumwanukula mu ngeri esaanira.

*Obukukunavu obw’olubeerera*, oba okuyaayana okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda eky’olubeerera kiyinza okuba ekintu ekirala ekikulu ekisikiriza Omukristaayo. Obulokozi tebukoma ku kya kubeera na bukuumi bwokka. Naye era obulokozi mwagaanya oguweebwa omukkiriza. Bye tukola n’obulamu bwaffe olwaleero bisalawo ku by’enkya (eby’emirembe n’emirembe). Ezimu ku ngero ze twogeddeko ziyigiriza obuvunaanyizibwa mu bwakabaka obugenda okuweebwa abo abeesigwa. Naye okuweereza Katonda n’obwesigwa era kireeta amakulu mu bulamu bwaffe olwaleero. Kristo yeegayirira Peetero ategeere amakulu ag’olubeerera bwe yamuyita okuva mu bulamu bwe yamala ng’avuba ebyennyanja byokka okujja mu bulamu bwe yali agenda okumala ng’avuba abantu (Luk. 5:10). Waliwo okwegomba okw’amaanyi mu basinga obungi okuteeka obulamu bwabwe mu kintu ekiwangaala oba eky’olubeerera. Obulamu obw’ekiseera kino busobola okukolerera buli obulina makulu ag’olubeerera, olwo Omukristaayo afiirwa obulamu bwe eri Kristo ajja kulokola oba ajja kufuna obulamu bwe obwannamaddala (Mat. 10:38-39; 16:24-27; Mak. 8:34-38; Luk. 9:23-26; Yok. 12:24-26). Kino tekitegeeza bulokozi obw’olubeerera naye eri okukuuma n’okutuukiriza ebintu ebikulu eby’obulamu by’omuntu ebiva mu kunyumirwa ekigendererwa kya Katonda eky’olubeerera. Okuva amakulu bwe gasinziira ku bwesigwa, obuwulize, n’obuweereza, kino kisikiriza abakkiriza okwettanira enneeyisa esaanira.

*Empeera* kye kimu ku bisikiriza okufaananako n’ekyokuba n’obukukunavu obw’olubeerera. Bingi ku bitundu bye twogeddeko byogera ku mpeera mu bulamu buno ne mu bulamu obw’emirembe n’emirembe, kale tetujja kunnyonnyola nnyo. We tutuukidde wano osobola kaakati okulaba nti Entebe ya Kristo kw’Alisalira Omusango gwe mulamwa ogusinga okwogerwako mu Ndagaano Empya bwe twawula bulungi omusango ogwogerwako Amazima A kw’ogwo ogwogerwako Amazima B. Nga tulina essuubi ly’empeera ennungi ku musango ogwo era waliwo n’essuubi ly’okufiirwa empeera. Bwe kiba nti okufuna empeera kye kisikiriza ekirungi, olwo okuzifiirwa kiba tekituzzaamu maanyi. Abakkiriza balina okujjukizibwa byombi.Wadde ng’empeera oluusi zirekebwa nga tezimanyiddwa, kitumala okumanya nti Katonda-y’azigaba n’olwekyo nnungi gy’ali era n’eri abaana be. Kigenda kuba nga kirungi nti okusikirizibwa okusinga obulungi okw’okufuna empeera zino

gwe mukisa ogw'okuziddiza Omulokozi mu ngeri y'okumusinza mu biseera eby'omu maaso (Kub. 4:10).

*Omulimu* kye kisikiriza ekirabibwa mu Byawandiikibwa. Oluusi okwagala n'okwebaza Katonda bwe bigenda nga bikendeera, ekkatala liyinza okuwaliriza omuntu okukola ebintu ebituufu, kubanga lireetera omuntu ekigendererwa eky'amaanyi eky'okutuukiriza obweyamo bwe n'obuvunaanyizibwa. Yesu yennyini yasikirizibwa ekkatala n'ekigendererwa ekyali kimuleese. Bwe yakemebwa ave mu buweereza bwe obw'okubuulira, Yannyonnyola nti yali agenda kulemerako, ng'agamba nti "olw'ekigendererwa kino y'ensonga lwaki najja" (Mak. 1:38). Era yafiira ku musaalaba okutuukiriza ekigendererrwa kya Kitaffe (Yok. 12:27), bwe kityo ku nkomerero y'obulamu bwe, n'asobola okugamba Kitaawe nti, "Malirizza omulimu gwe wampa okukola" (Yok. 17:4). Mu ngeri y'emu, omukkiriza asobola okutegeera nga Katonda amuyita mu buweereza obumu era n'ayaayana okukituukiriza. Omutume Pawulo yasikirizibwa nnyo okuyitibwa kwe okubeera omutume eri ab'amawanga era ne kimusikiriza okumaliriza obuweereza bwe ku lwa Mukama (1 Tim. 1:1; 2:7; 2 Tim. 1:11; 4:7; Bik. 20:24). Okukola omulimu gw'omuntu kyetaagisa okuba omwesigwa. Yesu yasiimanga abeesigwa ku mulimu (Mat. 24:45; 25:23; Luk. 16:10-12), era nga ne Pawulo bwe yakola (Bef. 6:21; Bak. 1:7; 4:7, 9). Kirungi okujjukiza abayigirizwa ba Yesu Kristo nti Katonda alina ebintu ebimu by'atusuubiramu, nti era abo abakoze obweyamo kibagwanira okubutuukiriza.

*Okutya* kye kintu ekisembayo mu Baibuli ekitusikiriza okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa, wadde nga kuyinza okuba nga y'engeri esinga okubeera ey'ekito mu birina okutusikiriza kubanga kuva mu muntu atakuze oba mu kwagala okutanakula (1 Yok. 4:18; geraageranya 1 Peet. 1:17). Abakristaayo basobola okutya okukangavvulwa Katonda mu bulamu buno/oba ne batya okulamulwa obubi okw'emirimu gyabwe n'ebigendererwa byabwe ku Ntebe ya Kristo kw'Asalira Omusango. Wakati mu bigambo ebikubiriza n'okuyigiriza n'essuubi ly'amakulu ag'olubeerera, ekyo tukirabye nti omuwandiisi ow'Abebulaniya era akozesa okulabula ku bizibu ebiyinza okutuuka ku bakkiriza abalekawo amazima ga Kristo oba abalagajjalira okukula kwabwe mu by'omwoyo. Kuno si kutya ggeyeena (Amazima A), wabula kutya okw'okukangavvulwa Katonda (Amazima B).

Okuwuumbawuumba ebitusikiriza bino, oyinza okusanga eby'okulabirako bino nga bya mugaso:

- *Okwagala:* Ashley ow'emyaka omwenda alondawo wansi

eby'okuzannyisa bye kubanga ayagala nnyo bazadde be era ayagala okubasanyusa.

- *Okwebaza:* Ashley alondawo eby'okuzannyisa bye wansi kubanga ategeera ebyo byonna bazadde bye bamukolera era ayagala okubalaga okusiima kwe.
- *Amakulu ag'olubeerera:* Ashley alondawo eby'okuzannyisa bye wansi kubanga ategeera amakulu ge mu maka era kiyinza okumuweesa obuvunaanyizibwa obunene mu biseera eby'omu maaso.
- *Empeera*: Ashley alondawo eby'okuzannyisa bye wansi kubanga bazadde be bamusuubiza okumutwala okumugulirira yogati annyogoga ng'ekyo amaze okukikola.
- *Okutya*: Ashley alondawo eby'okuzannyisa bye kubanga bazadde be bamutiisatiisa okumugaana okugenda ku kabaga k'amazaalibwa ga mukwano gwe asingayo bw'aba ng'ekyo takikoze.

Kya lwatu nti ebitusikiriza ebimu bya mugaso okusinga ebirala. Naye ebitusikiriza byonna bisobola okuvaamu ebikolwa ebituufu.

Lwaki twogera ku bintu bino ebitusikiriza okutya Katonda? Kubanga Amazima B agakwata ku nneeyisa y'Ekikristaayo bwe gataputibwa nga Amazima A agakwata ku bulokozi, okusikirizibwa kwaffe kuyinza okufuuka kaweefube w'okubaako bye tukola okusobola okukakasa nti tuli bakkiriza ddala (ekintu kye twayogeddeko nti tekisoboka). Ensobi eyo eggulawo ekkubo, olwo okubuusabuusa, okutya, okwesalira omusango, n'okugoberera amateeka ne bibeera nga ge maanyi agavugira mu bulamu bw'Omukristaayo —ebintu ebyo tebisobola kuleetera muntu kussaamu Katonda kitiibwa okwa nnamaddala. Amateeka tegasobola kuyamba bantu okukula mu by'omwoyo, era okuswala tekubayamba kuweereza Katonda oba okutiisibwatiisibwa tekubayamba kutuuka mu bukulu obw'okufaanana Kristo.Tusaanidde okuyiga okusikiriza abalala okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda n'okuweereza nga balina ebigendererwa ebisinga obulungi, ebitandikira mu kwagala n'okwebaza Katonda olw'ebyo byonna by'akoze. Ffe buli kiseera tulina okujjukizanga bannaffe ebyo byonna Katonda by'atuwadde ku bwereere olw'ekisa kye. Empisa z'obuyigirizwa zijja kunaabuuka mu bulamu bw'omukkiriza ewatali bigendererwa bino ebiva ku mutima ebisikiriza omuntu nga bimutwala mu maaso mu kukula. Enjawulo zino n'ebiva mu bisikiriza biva mu kutegeera Amazima A ng'ogawudde ku Mazima B.

## Engeri gye tuvumiriramu ebbeetu ery'okwonoona

Bwe twawula Amazima A ku Mazima B mu ngeri nga tuyigiriza nti enjiri y'ekisa teriiko bukwakkulizo bwonna okuggyako okukkiriza obukkiriza okunyweza obutebenkevu bw'omukkiriza obw'olubeerera, tekyewalika nti tujja kuvunaanibwa olw'okuwagira abantu okukola ekibi (okubawa ebbeetu). Mu butuufu bw'oba nga tosisinkanangako kuwaayirizibwa kuno okw'obulimba, oyinza okuba nga tobuulira njiri ya kisa. Omutume Pawulo yawaayirizibwa ensonga eno (Bar. 6:1, 15) era n'agyanukula ewatali kwekkiriranya ku njiri ye.

Pawulo yayigiriza nti Abakristaayo basobola okuziyiza abantu okuba n'ebbeetu ly'okwonoona nga tebagenze mu tteeka ly'Endagaano Enkadde. Omukkiriza ow'Endagaano Empya "tali wansi w'amateeka, naye wansi w'ekisa" (Bar. 6:14). Amateeka gaatuukirizibwa Yesu Kristo (Bar. 10:4; Bag. 3:19-25), n'olwekyo tetulina kutuukiriza biragiro byago okusobola okufuna obulokozi obutaggwaawo oba okutambulira mu bulamu obw'Ekikristaayo. Naye ekyo tekitegeeza nti tetulina mateeka gonna. Endagaano Empya eyogera ku nneeyisa empya eri Abakristaayo, nga ly'etteeka lya Kristo, agamu ku go nga gajuliza amateeka g'Endagaano Enkadde (1 Kol. 9:21; Bag. 6:2). Naye obutafaananako n'Amateeka g'Endagaano Enkadde, "etteeka ery'eddembe" (Yak. 1:25; 2:12) liwandiikiddwa ku mitima gyaffe (Beb. 8:10). Omusango ogw'enneeyisa etasaanira guyinza okukwata ku muntu ajeemera amateeka gonna eg'emirundi ebiri, ag'Endagaano Enkadde n'ag'Endagaano Empya.

Okumalawo endowooza egamba nti ababuulira ekisa bawagira abantu okwonoona mu bulamu obuli wansi w'ekisa, tuyigiriza okutambulira mu kukkiriza era n'okutambulira mu Mwoyo Mutukuvu (Bag. 5:16-25). Bwe tutambulira mu Mwoyo, tutuukiriza etteeka lya Kristo n'ebisaanyizo ebituukirivu eby'amateeka (Bar. 8:1-11). Okwagala kye kibala ekisooka eky'okutambulira mu Mwoyo (Bag. 5:22). Abo abaagala Katonda n'abantu batuukiriza ekigendererwa ky'amateeka, kubanga bakola ebintu ebirungi ebisanyusa Katonda n'abantu (Bag. 5:14).

Okukuuma enjiri ng'etegeerekeka bulungi okugyawula ku Mazima B agoogera ku birina okukolebwa ekyo nakyo kimalawo endowooza ey'ebbeetu, kubanga bwe kiba nti tulokoka olw'ekisa kyokka so si olw'ekintu kyonna kye tuwaayo, olwo tusaanidde okuwulira okusiima okw'amaanyi olw'ebyo Katonda by'atuukirizza era by'atuwadde. Okulaba n'okutegeera ekisa kya Katonda kyandibadde kireeta omutima n'obulamu obw'okusinza n'okwebaza Katonda olw'ekirabo kye eky'obwereere kye tutagwanidde (Bar. 12:1-2; Bef. 4:1). Omutima ogusiima ennyo tegujja kwagala kunyiiza Katonda.

Ekisikiriza ekirala ekiyamba abantu obutalowooza nti enjiri y'ekisa ebawa ebbeetu okwonoona gwe mulamwa ogwayogeddwako emabegako oguva mu

kwawula Amazima A ku Mazima B: Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Tulina okuyigiriza nti buli mukkiriza ajja kuwa embalirira ku bulamu bwe mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango ewaliba byombi, ebirungi n'ebibi ebirivaamu. Nga tumaze okufa oba nga Kristo okomyewo okunona ekkanisa ye, buli omu ku ffe ajja kwolekagana n'okuwa embalirira eno erivaamu ebiritubaako mu bulamu obw'olubeerera (Bar. 14:10-12; 1 Kol. 3:11-15; 2 Kol. 5:10). Bwe tumanya nti enneeyisa yaffe eya leero erina ebirivaamu eby'olubeerera eby'okuweebwa empeera oba eby'okummibwa empeera, kino kitusikiriza okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa.

Ekisikiriza ekirala ekiyamba omuntu okwewala endowooza egamba nti ekisa kimuwa ebbeetu okwonoona, by'ebizibu eby'akaseera ekibi kye biyinza okuleeta. Bwe tuyiga okwawula amazima g'obulokozi ku mazima g'obulamu bw'Ekikristaayo oba obuyigirizwa, tuzuula enjigiriza ya Baibuli ekwata ku kukangavvula okw'obwakatonda. Abakkiriza abakola ekibi tebasalirwa musango gwa kuzikirira lubeerera mu ggeyeena, wabula boolekedde okungavvulwa Katonda. Okufaananako Kitaffe omulungi era atwagala, Katonda taleka baana be kufuuka kyetere (Beb. 12:5-11). Okubonereza kwe kuyinza okubeera mu ngeri ezitabalika, gamba ng'okwennyika mu birowoozo, obulwadde, oba okufiirwa ssente, okutuuka ku kufa mu mubiri (ekibi ekireeta okufa mu Yak. 5:20 ne 1 Yok. 5:16).

Ekikwatagana ne kino y'enjigiriza ya Baibuli ng'ekkanisa ekangavvula abakkiriza olw'okwonoona. Mu mulamwa gw'omubiri gw'ekkanisa, ekibi tekibuusibwa maaso, wabula kisaana okukolebwako mu ngeri esaanidde. Eno y'emu ku ngeri Katonda gy'ayinza okukwasisa empisa mu ngeri ey'obwakatonda. Matayo 16:15-20 ayigiriza amazima gano agakwata ku ngeri ekkanisa gy'ekwasisaamu empisa:

- Enkola eno gy'emitendera egigenda gituukibwako okwaήήanga omwonoonyi agaanye okwenenya. (enny. 15-17)
- Ekigendererwa ky'enkola eno kwe kukomyawo Omukristaayo ayonoona. (oluny. 15b)
- Ekkanisa ekolera ku lwa Katonda. (enny. 18-20)

Singa tutwala entaputa y'Amazima A ey'omukkiriza ayonoona, olwo tuba tugamba nti, ono si mulokole, olwo okukangavvula kw'ekkanisa kwandibadde kulina amakulu matono. Mu mbeera bw'etyo, ekkanisa yandibadde efuba kuwangula muntu oyo okudda eri Yesu Kristo afune obulamu obutaggwaawo. Naye ekyo ekitundu kino si kye kiyigiriza. Ekkanisa kyebaako kwe kuleetawo engeri z'okwagazisa omukkiriza ayonoonye okwenenya.

Tusobola okukiraga nti ekisa tekiwa muntu bbeetu kwonoona nga tulaga

omukkiriza nti omuntu okweyisa mu ngeri gy'ayagala nga tafaayo kikosa abalala. Ekisooka, kikosa Katonda era kiswaza ekitiibwa kye. Ekyokubiri, kirumya abalala abayinza okukosebwa ekibi ky'omuntu. Ekyokusatu, kikosa omukkiriza ayonoona, si mu ngeri zokka ezoogeddwako waggulu, naye kimulemesa n'okukula.

Wadde ng'ekisa kya bwereere era kireeta eddembe, naye era kiyigiriza enneeyisa ey'obuvunaanyizibwa. Ekisa kituyigiriza okwewala enneeyisa ey'obutassaamu Katonda kitiibwa n'okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda (Tito 2:11-14). Okubeera wansi w'ekisa kitegeeza nti tusaanidde okubeera mu bulamu obw'obutuukirivu era obutukuvu (Bar. 6-8; Bef. 2:8-10). Abasomesa ba Baibuli bonna abategeera ekisa kibagwanira okuyigiriza nga bakubiriza abakkiriza okutambulira mu nneeyisa ya Baibuli esaanidde.

Yee, ekisa kiyinza okukozesebwa obubi —bulijjo ako ke katyabaga k'eddembe—naye abakola bwe batyo baba beeyitira Katonda okubakangavvula n'ebintu ebirala ebibi ebikivaamu. Wabula, bwe tusiima omuwendo omunene Katonda gwe yasasula olw'ekirabo kyaffe eky'obwereere eky'obulamu obutaggwaawo—ng'awaayo Omwana we omu yekka —tusaanidde okuba n'omutima ogw'okusinza n'okwebaza ogututuusa mu kukula mu by'omwoyo n'okubeera mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa. Ku ngeri ennyingi ze tuyinza okukozesa okumalamu amaanyi endowooza y'abakkiriza okuba n'ebbeetu ery'okutambulira mu kibi, ob'olyawo eno y'engeri esinga obulungi ey'okubegayirira obutakozesa bubi ekisa kye twaweebwa.

## Engeri gye tuterezaamu embeera y'ekkanisa

Oluusi kibuzaabuzaamu era nga tekirabikirawo, naye ekkanisa etayigirizibwa njawulo ya Baibuli eri wakati w'Amazima A n'Amazima B esobola okutondawo embeera y'eby'omwoyo etali nnungi. Wabula ekkanisa eyigiriza enjawulo ezo etondawo embeera y'eby'omwoyo ennungi: okuyiga enjawulo zino kusobola okuleetawo embeera ennungi ey'okuwulira eddembe n'okukula. Ekkanisa etambulira mu kisa esobola okwawula ekisa kya Katonda nga bwe kiri eky'obwereere mu kutuweesa obulokozi okuva ku byetaago by'obuyigirizwa n'okussa mu nkola ebiva mw'ekyo mu bulamu bw'abantu n'okutuuka okubissa mu nkola y'ekkanisa.

Embeera y'ekkanisa etandikira ku njiri eyigirizibwa mu kkanisa eyo okuyita mu bakulembeze baayo. Bwe kiba nga kyeyoleka bulungi nti obulokozi buva mu kisa okuyita mu kukkiriza nga tolina ky'ogasseeko, olwo tewali kwekenneenya kwa buli omu okwetaagisa okutunula mu bikolwa by'omulala okusalawo oba nga ddala omuntu akoze ebitasaana

mulokole. Ku luuyi olulala, singa obunyiikivu oba ebikolwa bitunuulirwa ng'obukakafu obw'obulokozi, olwo wajja kubaawo okusalawo, oluusi nga kutuufu, naye oluusi nga kukyamu nnyo ddala. Obukakafu bw'obulokozi obuva mu njiri ey'ekisa essira bulikuumira ku Yesu Kristo n'omulimu gwe yamaliriza okusinga ebikolwa by'abantu ebitatuukiridde. Obukakafu buno buwa abantu omusingi omunywevu ogw'okukula nga bavumu mu Mukama.

Mu kifo ky'okubuusabuusa obulokozi bw'abantu n'okuleetawo buli kiseera okubuusabuusa okwesigamiziddwa ku nkola yaabwe etatuukiridde, ekkanisa etegeera enjawulo wakati w'Amazima A n'Amazima B ejja kuwa abantu omwagaanya ogw'okukula era n'okukyuka. Ekibi mu bakkiriza kijja kukolebwako mu ngeri ya Baibuli gy'eyigiriza, naye ekisinga obukulu, okukkirizibwa kw'omuntu oyo ewatali bukwakkulizo kijja kumuwa eddembe okukulira mu kifaananyi kya Kristo. Essira ly'ekkanisa ng'eyo teriri kw'ekyo abantu kye bakola, naye abantu kye bali mu Kristo, si mirimu, wabula ekyo kye bali. Abantu tubawa kye balina okukuliramu. Ng'abakkiriza mu Kristo, abantu balina okukkirizibwa olw'ekyo kye bali. Okusinziira ku ndowooza eyo, ekkanisa ejja kukkiriza enjawulo mu buwangwa, embeera z'abantu, endowooza, ebitone, enkola eziriko akabuuza, ne bye bakulembeza ng'abantu, kubanga Katonda yakkiriza abantu abali bwe batyo.

Ekkanisa ennungi eyawula obulokozi obw'obwereere ku buvunaanyizibwa bw'obuyigirizwa era ejja kwewala okuyitiriza ebifaanana ng'ebiwagira abantu okwonoona era n'okutambulira mu mateeka. Okuyigiriza ekisa kya Katonda ekitaliiko bukwakkulizo n'obuvunaanyizibwa bw'abakkiriza kijja kukuumira wala abantu okuva mu ndowooza ebawagira okukola ekibi. Era kijja kubakuumira wala okuva mu nkola y'amateeka. Ekkanisa esobola okunyigiriza mu ngeri ey'obukalabakalaba oba ey'okukaka abantu okusobola okukyuka ku ngulu mu ngeri etali y'amazima ku mutindo ogutali gwa Baibuli. Naye ekkanisa etambulira mu kisa enywerera ku njigiriza za Baibuli ezitegeerekeka obulungi, ekyukakyuka mu nsonga ezitategeerekeka obulungi, era tekkiriza mateeka g'abantu okusukkuluma obuyinza bw'Ebyawandiikibwa.

Okuva bwe kiri nti okutegeera obulungi ekisa kya Katonda kitusumulula ne kitutwala mu kumwagala n'okumuweereza, era kitusumulula ne kitutwala mu kwagala n'okuweereza abalala. Ekkanisa etambulira mu kisa ekolera mu kwenkanyankanya eddembe ery'essanyu ery'obulamu obw'Ekikristaayo n'okwagala Katonda n'abalala. Kino kitegeeza nti mu ndowooza y'omuntu oba mu bintu ebiriko okukubagana empawa, abakkiriza bakubirizibwa obutakiyitiriza nga balowooza ku ngeri gye kinakosaamu abalala era nga bakolera mu kwagala. Abakristaayo

basaanidde okukubirizibwa okukozesa eddembe lyabwe okuweereza abalala (Bar. 14; 1 Kol. 8; 10:23-33; Bag. 5:13-14).

Ekkanisa bw'ereka enjiri n'esigala ng'etegeerekeka bulungi, wandibaddewo okuyaayana okw'amazima okugabana obubaka bw'ekisa eri ensi. Abo abaweereddwa omukisa ogw'obwereere kibagwanira okuba nga beetegefu okugabana omukisa ogwo n'abalala. Kale "Katonda ow'ekisa kyonna" ayagala abantu bonna okulokolebwa okuyita mu nteekateeka ye mu Kristo (1 Tim. 2:3-4; 1 Peet. 5:10). Ekkanisa bw'eba enoonya omutima gwa Katonda, abantu baayo bajja kuba banyiikivu mu kugenda eri ensi n'enjiri ey'ekisa, kubanga ekyo omutima gwa Katonda kye gwegomba.

Nga bwe kyalagibwa edda, ekkanisa eyawula Amazima A ku Mazima B ejja kutegeera engeri y'okukwatamu abo aboonoona. Ekkanisa erina okutegeera era n'okukola ku butuufu bw'ekibi mu Bakristaayo mu ngeri Baibuli gy'eyigirizaamu. Kya lwatu nti abakulembeze b'ekkanisa bajja kusooka kwagala okuzuula oba ng'oyo ayonoona ategeera enjiri era ng'agikkiriza. Omuntu ayonoona bw'aba n'obujulizi obw'obulokozi obw'olwatu, awo ekiddako kwe kwaŋŋanga omuntu oyo mu kwagala n'ekigendererwa ky'okumukangavvula n'okumuzzaawo mu mbeera entuufu (Mat. 18:15-20; 2 Kol. 2:6-8; Bag. 6:1; 2 Bas. 3:6-15). Abakristaayo abakola ebitajja si kituufu buli kiseera okulowoozebwa nti si balokole, ng'era n'olwekyo basaana kubuulirwa njiri. Ekkanisa etambulira mu kisa eyaayanira embeera y'abantu okubudaabudibwa okusinga okukozesa omwoyo gw'okubakolokota n'okubavumirira.

Kirowoozebwa nti embeera y'ekkanisa ennungi etondebwawo era n'eyimirizibwawo nga tuyigiriza Ebyawandiikibwa mu ngeri etakyukakyuka era entuufu. Embuulira ey'okunnyonnyola (okukwata ebitundu bya Baibuli mu ngeri entegeke era egoberera omulamwa) bwe bukakafu obusinga obulungi nti Amazima A n'Amazima B gajja kwawulwa bulungi. Abantu tebajja kukoma ku kya kutegeera bulungi Ebyawandiikibwa ebingi, bajja kuyiga engeri entuufu ey'okutaputa Baibuli, okusingira ddala ebitundu ebizibu. Baibuli, bw'etegeerwa mu butuufu bwayo, ereeta enkyukakyuka ez'omuggundu mu bulamu bw'abakkiriza.

## Engeri gye tutunuuliramu ebiseera eby'omu maaso

Okulaba enjawulo enkulu eziri mu Mazima A ne mu Mazima B ku njigiriza ya Baibuli ku bulokozi obutaggwaawo, emisango egy'omu maaso, n'empeera ez'omu maaso bye bijja okusalawo engeri gye tulabamu ebiseera byaffe eby'omu maaso.

Okutegeera enjiri y'ekisa kiwa abakkiriza obwesige obunywevu mu

biseera byabwe eby'omu maaso. Okuva obulokozi bwe buweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza kwokka ewatali nkola y'ebyo ebirina okukolebwa, tusobola okumanya nti twalokolebwa emirembe gyonna. Ebisuubizo byonna eby'obulokozi bijja kutuukirira emirembe n'emirembe. Bino bye bimu ku bintu ffe ng'abakkiriza bye tusobola okumanya era bye tujja okutambuliramu emirembe gyonna:

- Tulina obulamu obutaggwaawo, ekitegeeza nti bubaawo emirembe gyonna. ( Yok. 3:16; 6:47)
- Tukyusibwa ne tuyingira mu bwakabaka bwa Katonda obutaggwaawo. ( Bak. 1:13)
- Tusonyiyibwa ebibi byonna emirembe gyonna. ( Bak. 2:13-14)
- Tujja kuzuukizibwa tubeere ne Kristo emirembe gyonna. (Dan. 12:2; 1 Abas. 4:13-17)
- Tussibwako akabonero Omwoyo Omutukuvu okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa, Kristo bw'atuzuukiza. (Bef. 1:13-14; 4:30)
- Tujja kufugira wamu ne Kristo mu bwakabaka bwe. ( Kub. 20:6)
- Tujja kufuna empeera ezitaggwaawo. (Kub. 22:12)

Tulina essuubi mu biseera eby'omu maaso nti bitebenkevu. Essuubi kintu kikulu nnyo mu bulamu bw'Ekikristaayo. Essuubi erya Baibuli si lye limu n'okwagaliza oba okwegomba, wabula kwe kusuubira n'obwesige omukisa ogw'omu maaso. Naye essuubi liyinza okufunibwa mu bujjuvu abo abamanyi nti baalokolebwa olw'ekisa ng'oggyeeko okusaanira okuva mu kufuba okw'obuntu. Essuubi likwatagana nnyo n'enjiri y'ekisa eky'obuwa (laba okukubaganya ebirowoozo mu Bak. 1:21-23).

Essuubi lyaffe ery'emirembe n'emirembe ne Mukama mu ggulu n'obwakabaka terikendeezebwa olw'ebigenda okubaawo ng'engeri gye twatambuzaamu obulamu bwaffe yeekennenyezebwa. Enjawulo ekolebwa wakati w'ekikula ky'obulokozi obutaliiko bukwakkulizo n'ekikula ky'okuwa embalirira mu maaso ga Katonda mu biseera eby'omu maaso.

Omuntu bw'atabulatabula ensala eriba mu maaso g'Entebe Ennene Enjeru eri abatali bakkiriza (Amazima A) n'ensala y'Omusango gw'abakkiriza ku Ntebe ya Kristo (Amazima B), omuntu oyo ayinza okumaliriza ng'agamba nti ebikolwa byetaagisa omuntu okufuna obulokozi obutaggwaawo. Endowooza ng'eyo ebuusabuusa ebiseera eby'omu maaso etyoboola obuvumu bwe tusaanidde okuba nabwo ku bulokozi bwaffe ne ku madda ga Mukama ng'atunonye.

Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango bw'eyawulwa bulungi ku

musango gw'obulokozi bwaffe, olwo ebikolwa ebirungi bifuna ekifo kyabyo ekisaanira mu bulamu bw'omukkiriza ne mu kumusikiriza. Omutindo gw'ebiseera by'Omukristaayo eby'omu maaso ng'ali ne Katonda mu bwakabaka gusinziira ku bwesigwa n'ebyo by'asalawo okukola mu bulamu buno. Omukkiriza atambula nga mwesigwa asobola okwesunga essuubi ly'omu maaso eririmu bino wammanga:

- Empeera n'obugagga mu ggulu ne mu bwakabaka (1 Kol. 3:11-15);
- Okusiima kwa Yesu n'okutendereza kwa Kitaffe (Mat. 10:32; 25:23; 1 Kol. 4:5);
- Emiganyulo gy'okufugira awamu ne Kristo (Bar. 8:17; 2 Tim. 2:12);
- Engule ez'enjawulo, emikisa egy'enjawulo, n'emiganyulo egy'enjawulo (1 Kol. 9:25; 2 Tim.4:8; Yak. 1:12; 1 Peet. 5:4; Kub. 2-3).

Waliwo ekibuuzo ekimu ku bunene n'ebbanga ery'ebizibu ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango we biribeererwao. Ebimu ku byogeddwaako mu ngero biraga nti wajja kubaawo okwejjusa okunene olw'okusubwa emikisa egimu egy'obwakabaka. Ate era, 1 Yokaana 2:28 watulaga nti wayinza okubaawo ensonyi mu kujja kwa Kristo eri abo abatali mu Kristo. Mazima ddala eky'emirimu gy'omuntu "okusiirira" ku mu maaso g'entebe ya Kristo tekiyinza kuba kintu kya ssanyu (1 Kol.3:15). Wadde ng'ebizibu ebiyinza okuvaamu bikakafu, kiruma okukirowoozaako nti wajja kubaawo okwejjusa, okuswala, oba okulumwa okw'olubeerera. Mu Kubikkulirwa 21:4, ku kutondebwa kw'eggulu eppya n'ensi empya, tusoma ku bantu ba Katonda (oluny. 3), nga wagamba nti,

> *Alisangula amaziga mu maaso gaabwe, olwo nga tewakyali kufa, wadde ennaku, wadde okukaaba, wadde okulumwa kubanga byonna ebyasooka nga biweddewo.*

Sirowooza nti waliwo obujulizi obw'amaanyi obulaga nti omuntu alina okwejjusa oba okuswala okumala ebbanga eddene. Okubeera ne Mukama kyanjulwa ng'ekigambo ekirungi ekisanyusa kye tugenda okubaamu emirembe gyonna. Era tusaanidde okujjukira nti ekisa kya Katonda kizingiramu ebiseera byaffe eby'omu maaso awamu n'ebyo eby'emabega. Peetero Ekisooka 1:13 ayogera ku kisa ekirindirira Omukristaayo mu biseera eby'omu maaso: "Noolwekyo mwetegeke nga muli bateefu, nga mutadde emitima gyammwe ku kisa kya Katonda ekiribaweebwa, Yesu Kristo bw'alirabika."

Okutegeera enjawulo wakati w’ekyetaagisa okuyingira obwakabaka (okukkiririza mu Kristo, Amazima A) n’ebyetaago by’okufuna empeera mu bwakabaka (obwesigwa eri Kristo, Amazima B) tekijja kukoma kuwa Bakristaayo obukakafu obunywevu obw’obulokozi kyokka, naye era kijja kubawa ekibasikiriza okutambulira mu bulamu obw’okutya Katonda. Tulina okuyigiriza nti bye tukola leero mu bulamu buno ky’amazima ddala bikola enjawulo mu bulamu obw’enkya obw’emirembe gyonna. Okutiisibwatiisibwa kwa ggeyeena si kwe kusikiriza abantu okutya Katonda okwa nnamaddala, wabula essuubi ly’okusanyusa Mukama emirembe gyonna.Tusaana okuyamba abantu okwetegekera olunaku olwo olukulu nga buli mukkiriza ajja kwanjulwa eri Mukama waffe Yesu Kristo okulaba butya bye yatambuzanga obulamu era n’okusasulwa (2 Kol. 4:14;11:2; Bef. 5:27; 1 Bas. 5:23; Yuda 24).

Okwawula Amazima A ku Mazima B tekikoma ku kutuwa mirembe na n’obukakafu mu bulamu buno kyokka; wabula era kituwa obwesige mu biseera eby’omu maaso ebikakafu ne Mukama. Olw’ekisa kya Katonda ekitaggwaawo, tusobola leero okwerabawo nga weetuli n’enkya ne tutunuulira eby’omu maaso ku madda ga Kristo.

OKUFUNDIKIRA

# Obukuumi Obutaggwaawo[15]

1

OMUNTU eyalokolebwa, asobola okufiirwa oba okuggyibwako obulokozi obwo? Eky'okuddamu kya Bayibuli kiri nti "Nedda," omuntu eyalokolebwa asigala nga mulokole emirembe gyonna. Kino kitera okuyitibwa enjigiriza ey'obukuumi obutaggwaawo, era kitera okuyitibwa (oluusi mu ngeri ey'olujeregerero) nga "kasita olokoka, osigala buli kiseera oli mulokole."

Singa ekibuuzo tukibuuzizza mu ngeri ey'enjawulo, kyangu okulaba engeri obukuumi obw'olubeerera gye bukolamu amakulu. Okugeza, watya singa twabuuzizza nti, omuntu eyalokolebwa emirembe gyonna asobola okufiirwa obulokozi obutaggwaawo? Oba, omuntu eyaweebwa obutuukirivu ayinza okuggyibwako obutuukirivu obwo? Oba nti, omuntu eyazaalibwa mu mwoyo asobola okuzaalukukwa mu mwoyo? Oba nti, omuntu eyaweebwa ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo eky'obwereere asobola okukifiirwa okusinziira ku mbeera ezimu?

Okutwalira awamu abo abakkiririza mu bukuumi obutaggwaawo okutwalira awamu bayitibwa Abakaluvinisiti (Calvinists). Ate abo abakkiriza nti omuntu asobola okufiirwa obulokozi, okutwalira awamu bayitibwa Abaminiyani (Arminians).

## Baibuli kiki ky'eyogera

Bayibuli eyigiriza ku bukuumi obutaggwaawo mu ngeri nnyingi ez'enjawulo.

1. Baibuli eyogera n'obukakafu ku ky'okufuna obulamu obupya obwesigamiziddwa ku ky'okussa okukkiriza kwokka mu Kristo ng'Omulokozi. Yok. 3:1-16; 5:24; 10:28; 20:31.
2. Baibuli eyogera ku bulamu buno nga "obutaggwaawo"

[15] Kino kyaggyibwa mu biwandiike bya Charles Bing byayita, *GraceNotes* no. 24, "Eternal Security," at http://www.gracelife.org/resources/gracenotes/?id=24.

ekitegeeza obw'olubeerera era nga kitegeeza nti tebuliimu kutaataaganyizibwa. Yok. 10:28; 11:25-26.

3. Okuva obulokozi olw'ekisa lwe kitegeeza nti obulokozi kirabo, n'olwekyo kino ky'ekirabo ekitaliiko bukwakkulizo, ekitasinziira ku bikolwa oba ku nneeyisa y'omuntu ng'amaze okulokolebwa. Bar. 3:24; 4:5; Bef. 2:8-9

4. Baibuli eyigiriza nti ekigendererwa kya Katonda kye yategeka edda n'eky'okusooka okuwa abantu obutuukirivu kivaamu okugulumizibwa okwa buli mukkiriza ewatali kwawulamu. Bar. 8:29-30; Bef. 1:4-5

5. Baibuli eraga obulokozi obutaggwaawo ng'enkolagana ey'ekinnaamateeka era enyweza enkolagana ne Katonda etayinza kuggyibwawo muntu yenna (nga naffe mw'otutwalidde) oba ekintu kyonna. Bar. 8:1, 31-39

6. Baibuli eraga obulokozi obutaggwaawo ng'enkolagana ya Kitaffe etakyusibwa gy'alina eri omwana eyazaalibwa mu mateeka, ekivaamu emikisa egy'emirembe gyonna. Yok.17:3; Bar. 8:15-17; Bag. 3:26

7. Tussibwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu, Akakasa okugulumizibwa kwaffe. 2 Kol. 1:22; Bef. 1:13-14; 4:30

8. Tukuumibwa nga tutebenkedde olw'amaanyi ga Kitaffe n'ag'Omwana. Yok. 10:28-30; 17:9-12; Yuda 24

9. Okuva ebibi byaffe byonna (eby'emabega, eby'omu kiseera kino, eby'omu maaso) bwe byasonyiyibwa Yesu Kristo ne ssaddaaka ye emala emirembe gyonna, tewali kibi kyonna ekiyinza okutuleetera okufiirwa enkolagana yaffe naye. Bak. 2:13-14; Beb.10:12-14

10. Okusaba kwa Yesu Kristo okw'okwegayirira n'okutuwolereza kwe bwe tukola ekibi bikakasa nti obulokozi bwaffe bujja kutuukirizibwa emirembe gyonna.Yok. 17:9-12, 24; Beb. 7:25; 1 Yok. 2:1

11. Baibuli eyogera ku bulokozi mu ddoboozi eritaliiko kye libanja, ekiraga nti si ffe twettise obuvunaanyizibwa, wabula buli eri Katonda; n'olwekyo, kyesigamiziddwa ku mulimu gwe so si gwaffe. Bef. 2:5, 8; 2. 2.Abas. 2:10; 1 Tim. 2:4

12. Baibuli eraga ng'ekozesa eky'okulabirako (Ibulayimu, Dawudi, Isiraeri) era n'ennono nti Katonda asigala mwesigwa eri ebisuubizo bye eby'olubeerera ne bwe tuba nga ffe tetuli

beesigwa. Zab. 89:30-37 nga bwe kiri; Bar. 3:3-4; 4:16; 2 Tim.2:13

## Ebimu ku bizibu ebiva mu kuwakanya obukuumi obutaggwaawo

Okuwakanya obukuumi obutaggwaawo (obulokozi outaggibwa ku muntu) kireeta ebizibu bingi, gamba nga: Ekibi kirina kwenkana wa oba bibi ki ebireetera omukkiriza okufiirwa obulokozi bwe? Omuntu asobola okuzaalibwa omulundi ogwokubiri emirundi emeka? Tewali ddaala lya kukwatagana na Katonda erisukka ku ky'okukkiriza obukkirizibwa oba ffe okugaanibwa Ye? Tewaliiwo kirala kireetebwa kibi kya mukkiriza okuggyako Ggeyeena? Singa omuntu akkiririza mu Kristo n'alokolebwa, naye n'ayonoona n'afiirwa obulokozi obwo, n'olwekyo kiki ky'aba asigadde okukkiriza okudda kyatakkirizangako? Akakwakkulizo akalala akasinga ku kukkiriza kwokka kafuuka akeetaagisa. Kyangu okukiraba nti ewatali kutegeera bukuumi obw'olubeerera, obukakafu bufuuka ekitasoboka era tewabaawo musingi munywevu ogw'Okukula okw'Ekikristaayo.

## Ate ebitundu ebyo ebirala obyogerako ki?

Waliwo ebitundu bya Baibuli ebiwerako ebijulizibwa abo abatakkiririza mu bukuumi obutaggwaawo. Kyandibadde tekisoboka kubyogerako byonna wano kinnakimu. Bwe bitaputibwa mu ngeri etakyukakyuka era mu butuufu bwabyo, buli kimu ku bitundu bino kisobola okutegeerwa mu ngeri ekwatagana n'obukuumi obutaggwaawo. Okusooka, ebitundu birina okutaputibwa mu bwesigwa nga bigoberera omulamwa, ogutunuulira embeera ey'olubeerera ey'abasomi b'ebbaluwa n'ekigendererwa ky'omuwandiisi. Ekyokubiri, biteekwa okukwatagana n'enteekateeka ya Katonda nnamutayiika ey'okutuwa omukisa ogutaggwaawo olw'ekisa kye. Ekyokusatu, birina okukwatagana n'enjigiriza etakyukakyuka ey'obutuukirivu obutuweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza kwokka ewatali bikolwa oba okusaanira okw'engeri endala yonna. Eky'okuna, ebimu ku bitundu bino byogera ku kufiirwa empeera, so si kufiirwa bulamu obutaggwaawo. Eky'okutaano, ebimu ku bitundu bino bukwakkulizo obw'obuyigirizwa, so si bulamu obutaggwaawo.

## Ate kiri kitya ku kuwa abantu ebbeetu okukola ekibi?

Ekisinga okuwakanyizibwa ku ky'obukuumi obw'olubeerera (omukkiriza

okusigala nga mulokole olubeerera) kwe kuba nti kiwa omukkiriza ekyekwaso eky'okukola ekibi. Kubanga okusooka kwa byonna, omuntu akiwakanya agamba nti, bwe kiba nti omukkiriza yaweebwa galanti y'obulamu obutaggwaawo, olwo asobola okukola kyonna ky'ayagala ewatali kutya biyinza kuddirira. Naye ensonga eno nnafu olw'ensonga eziwerako. Ekisooka, ensonga okuva mu biteeberezebwa oba mu bya ddala (wadde nga tekitera kubaawo), si kye kisalawo obutuufu bw'enjigiriza. Ekyokubiri, wadde ng'abamu abakkiririza mu bulokozi obutaliimu kugwa bayinza okwonoona nga beekwasa ekyo, naye era n'abawakanya obulokozi obw'engeri eno nabo boonoona. Ekyokusatu, ekikula ky'obulokozi obutuweebwa olw'ekisa kwe kuba nti buyigiriza omukkiriza okwegaana enneeyisa etaweesa Katonda kitiibwa n'okubeera omulamu ku lwa Katonda (Tito 2:11-12). Eky'okuna, okuzaalibwa obupya kuvaamu omuntu omupya alina obusobozi obupya obw'ebintu eby'omwoyo. Ng'alina  enkolagana empya ne Katonda (Bar. 6:1-5), eddembe eppya ery'obutayonoona (Bar. 6:6-14), obulamu obupya (Bar. 6:11; Bef. 2:1), n'endowooza empya n'okuluἢἢamizibwa okupya (2 Kol. 5:17). Eky'okutaano, Baibuli eyigiriza nti waliwo ebizibu eby'amaanyi ebyolekera abakkiriza abatambulira mu kibi era nga mwe muli n'okufiirwa empeera (1 Kol. 3:12-15; 5:5; 9:27; 2 Kol. 5:10), nga kino kye kimu ku bintu ebisikiriza omukkiriza okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa.

## Ebizibu Ebimu Ebikivaamu

Obukuumi obw'olubeerera obw'omukkiriza (obutuufu obw'ekigendererwa obulaga omuntu nga nti alina obulamu obutaggwaawo) nsonga eyawukana ku bukakafu bw'omukkiriza (okutegeera kw'omuntu nti alina obulamu obutaggwaawo). Kyokka, singa omuntu abeera takkiririza mu bukuumi obutaggwaawo, olwo tekyewalika nti wajja kubaawo emirundi omuntu oyo lwajja okufiirwa obukakafu bwe bw'alina ku nsoga eyo. Waliwo n'abo abagamba nti bamanyi Kristo ng'Omulokozi, naye nga tebalina bulamu butaggwaawo, n'olwekyo nga tebalina bukuumi bwa lubeerera, naye obwo buba bukakafu obw'obulimba. Enjigiriza y'obukuumi bw'omukkiriza obutaggwaawo mu Kristo ku nkomerero ya byonna etuula ku mbala ya Katonda oyo mwesigwa eri Ekigambo kye, era ne mu kisa kye eky'obwereere.

OKUFUNDIKIRA

# Kiki ekiyitibwa "Enjigiriza Ey'EkisaEky'Obwereere"?[16]

# 2

EBINTU EBIRAGA EBIYIGIRIZIBWA KU KATONDA y'engeri ennyangu ey'okufunzafunzamu enzikiriza z'abantu. Ebiyigirizibwa bingi bifuuse ekitundu eky'okukubaganyaako ebirowoozo kw'ebyo ebikwata ku Katonda, gamba ng'enzikiriza ya *Arminian*, *Calvinism, amillennialism,* oba enkola ya *premillennialism*. Bangi abawulira akabonero akagamba nti "Free Grace Theology" (Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere) beebuuza kye kitegeeza. Gano wammanga ge makulu gaakyo mu bufunze:

1. **Ekisa Eky'obwereere kiyigiriza nti ekisa ekiweesa omuntu obulokozi kya bwereere ddala.** Kino kye kifo ekyeyoleka obulungi okutandikirako, wadde nga tekyetaagisa kwogera okuva lwe kiri nti ekigambo *ekisa* (*charis* eky'Oluyonaani) mu makulu gaakyo agasooka kitegeeza eky'obwereere era ekirabo ekitatusaanira. Kyokka, okuva abamu bwe boogera ku kisa *eky'ebbeeyi* oba *ekya layisi*, ekyo kyetaagisa okunnyonnyola nti ekisa kya bwereere ddala. Ekyo tekitegeeza nti akigaba yafuna kya bwereere, ayogerwako mu mbeera eno ye Katonda, naye kitegeeza nti tewali kusasula oba okusaanira okwetaagisa okuva eri abo abakiweebwa, ng'ate abo bonna bandibadde aboonoonyi abatanalokolebwa era abatasaanira. Essuula y'Abaruumi 3:24 eyawula wakati w'ekirabo eky'obwereere eri oyo akifuna n'omuwendo Omugabi gw'asasula: "kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw'ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Kristo Yesu."
2. **Ekisa eky'Obwereere kitegeeza nti ekisa ky'obulokozi kiyinza kufunibwa nga tuyita mu kukkiriza kwokka.** Okuva bwe kiri nti ffe

[16] Kino kyaggyibwa mu biwandiiko bya Charles Bing, GraceNotes, no. 67, "What Is Free Grace Theology (Kiki ekiyitibwa "Enjigiriza Ey'Ekisa Eky'Obwereere)?" ebiri ku http://www.gracelife.org/resources/gracenotes/?id=67.

ng'aboonoonyi tetulina kye tusobola kukola okufuna ekisa kya Katonda, kirina okuweebwa ng'ekirabo, ekiyinza okufunibwa okuyita mu kukkiriza kwokka. *Olw'okukkiriza* (oba *olw'okukkiririza*, ekiva mu kigambo ky'Oluyonaani kye kimu), kye tutegeeza kwe kwanukula kw'omuntu okw'okukkiriza ekintu okuba eky'amazima era ekyesigika. Kwe kulumirizibwa, kwe kutegeerera ddala okw'omunda. Ennyinyonnyola eno eziyiza endala eziteekawo embeera endala zonna ez'ebirina okukolebwa, okwefubako, oba okusaanira (Bar. 4:4-5). Okukkiriza tekuyinza kunnyonnyolwa buwulize eri ebiragiro by'Ekikristaayo, okubatizibwa, okwewaayo kw'omuntu eri Katonda, oba okuva mu bibi. Ebintu bino bisobola era byandibadde biva mu kukkiriza, naye byawukana ku kukkiriza kwennyini okuweesa omuntu obulokozi, bwe kitaba bwe kityo ekisa kirekera awo okuba ekisa (Bar. 11:6). Abeefeso 2:8 wagamba nti, "Kubanga olw'ekisa mwalokolebwa okuyita mu mu kukkiriza, so si lwa bikolwa . . ." Okukkiriza kwe kwanukula okwangu, naye ekyo tekitegeeza nti kyangu okukiteeka mu nkola. Bangi ku abo abanywerera ku Njigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere bakkiriza nti okwenenya, nga y'engeri y'okukyusaamu endowooza oba omutima gw'omuntu, oluusi kiyinza okukozesebwa okunnyonnyola ekitundu ky'okukkiriza ng'omwo mwe tutuukira ku kulumirizibwa oba okusikirizibwa eri kintu. Abalala abakkiririza mu Kisa eky'Obwereere tebalowooza nti okwenenya (nga kwe kuva mu bibi) kulina omulimu gwonna mu bulokozi oba mu kukkiriza okulokola.

3. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ekkiriza nti ekinyusi ky'okukkiriza ye Mukama Yesu Kristo.** Okukkiriza bulijjo kulina okuba n'ekinyusi, kubanga okukkiriza kwennyini si kwe kuleeta obulokozi bwaffe (Tulokoka "olw'ekisa"), naye ly'ekkubo mwe tuyita okulokolebwa ("okuyita mu kukkiriza"). Mu butuufu Oyo atulokola ye Mukama waffe Yesu Kristo. Naye si Yesu yenna, wabula Yesu ng'Omwana wa Katonda eyafiirira ebibi byaffe n'azuukira era akakasa obulokozi bwaffe obutaggwaawo eri bonna abamukkiriza.

4. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere enywerera ku mulimu gwa Kristo gwe yamaliriza**. Ekisa kya bwereere kubanga Yesu Kristo yakola omulimu gwonna ku lwaffe. Okulangirira kwe "Nti kiwedde" ku musaalaba kitegeeza nti yakola okusasula okusembayo era okujjuvu olw'ekibonerezo ky'ebibi byaffe. Era kitegeeza nti tetusobola kwongerako kintu kyonna ku ebyo Yesu bye yatuukiriza. Tetulina kye tusobola kukola okusasulira obulokozi bwaffe oba okukuuma obulokozi bwaffe. Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere n'olwekyo eyigiriza obukuumi obutaggwaawo obw'omukkiriza.

5. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere y'ewa omusingi gwokka ogw'obukakafu bw'obulokozi.** Enkola yonna oba enzikiriza yonna eyeetaaga okufuba kwaffe tesobola kutuwa bukakafu bwa bulokozi. Enkola y'omuntu esobola okyukakyuka, obutategeerekeka, era nga bulijjo ebeera tetuukiridde. Okukkiriza kulina okuwummulira mu Yesu Kristo n'ekisuubizo kye nga bwe kibikkulwa mu Kigambo kya Katonda. Obwakatonda n'omulimu gwa Kristo n'Ekigambo kya Katonda ge mazima ag'ekinyusi agatasobola kukyuka. N'olwekyo, Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere y'ewa omusingi gwokka ogutuwa obukukafu obujjuvu obw'obulokozi.
6. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere eyawula wakati w'obulokozi n'obuyigirizwa.** Wadde ng'enjigiriza ezimu ku Katonda zikkiriza nti Abakristaayo bonna babeera bayigirizwa, Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ekitegeera nti akakwakkulizo k'obulokozi obutaggwaawo (okukkiriza) kwawukana ku bukwakkulizo obungi obw'okufuuka omuyigirizwa (omuli, okwefiiriza wekka, okwetikka omusaalaba gwo, okugoberera Kristo, okubeera mu Kigambo kye, okwagala Kristo okusinga ab'omu maka go, n'ebirala). Okuva ekisa bwe kiri eky'obwereere ddala, tekiyinza kwetaaga bukwakkulizo buno okuggyako nga kirekeraawo okuba ekisa. Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ekkiriza nti obweyamo bw'obuyigirizwa bulina okuba nga buva mu bulokozi, so si kisaanyizo kya bulokozi. Obukwakkulizo obwo okubufuula obw'obulokozi kiyingiza ebikolwa by'omuntu era n'okusaanira kwe mu njiri ey'ekisa.
7. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere eyigiriza nti obulamu bw'Ekikristaayo era buva mu kisa okuyita mu kukkiriza**. Okuva bwe kiri nti tulokoka olw'ekisa era ne tukuumibwa nga tukyali balokole olw'ekisa, naffe tukula olw'ekisa kye tufuna okuyita mu kukkiriza. Ekisa kituwa buli kimu ffe kye tutasaanira era ku buli kintu kyonna kye twetaaga. Nga bwe kiri mu bulokozi, ekisa ekituyamba okukula weekiri okuyita mu kukkiriza: "okuyita mu oyo [Mukama Yesu Kristo] era tusobola okuyingira olw'okukkiriza mu kisa kino mwe tuyimirira . . ." (Bar. 5:2; laba Bag. 2:20).
8. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ewa okusikirizibwa okusinga obulungi mu bulamu obw'okutya Katonda**. Singa obulokozi buva mu bikolebwa omuntu, tewabaawo bukakafu, era bwe kiba nga tewali bukakafu, ekitusikiriza okweyisa obulungi kibeera kyangu okufuuka ekintu ekikakasa nti twalokoka oba nga tukikola kwewala ggeyeena. Okwesalira omusango, okutya, n'okubuusabuusa bisobola okuvaamu empisa *ennungi*. Enneeyisa eweesa Katonda ekitiibwa ezingiramu okusikirizibwa okw'omunda okwagala n'okwebaza. Obukakafu

bw'ekisa kya Katonda n'omulimu gwa Kristo gwe yamaliriza gukkiriza Abakristaayo okukulira mu mbeera ey'eddembe n'okwagala okutaliiko bukwakkulizo (Tito 2:11-12).

9. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ekinyweza nti Omukristaayo ajja kuwa embalirira.** Okusinziira ku Njigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere, omukkiriza abeera asumuluddwa okuva mu nkola y'amateeka yonna oba ebikolwa okuba omusingi gw'obulokozi obutaggwaawo. Naye Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere era eyigiriza nti Abakristaayo kibagwanira okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda kubanga: 1) Tulina okusiima Katonda kye yakola (Bar. 12:1-2); 2) Katonda ayagala tubeere n'ebikolwa ebirungi (Bef.2:10); 3) Tulina ekifo ekipya mu Kristo (Bar. 6:1-14); 4) Tulina Atuyigiriza omupya —Yesu (Bar. 6:15-23); ne 5) Tulina amaanyi amapya — nga ye Mwoyo Mutukuvu (Bar. 8:1-11). Olw'ebintu bino, Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere eyigiriza nti Katonda ajja kutuvunaana olw'engeri gye tutambuzaamu obulamu. Katonda asobola okutukangavvula mu bulamu buno (Beb. 12:5-11), era tujja kwolekagana n'ebiseera eby'omu maaso ku Ntebe ya Kristo kw'Aliramulira, ng'eyo abakkiriza gye baliweera Katonda embalirira (Bar. 14:10-12; 1 Kol. 3:11-4:5; 2 Kol. 5:10). Mu kulamulwa kuno, abakkiriza bajja kusasulwa empeera oba okummibwa. Tewali mu ngeri yonna Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere gy'eyigiriza nti Abakristaayo basobola okwonoona ne watabaawo buzibu bwonna bubatuukako.

10. **Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere esooka kwewaayo eri entaputa ya Bayibuli entuufu**. Kino tetusobola kwewala kukyogerako, naye kyetaagisa kubanga bangi bakakaatika enkola yaabwe ku bikwata ku Katonda nga beesigama ku ntaputa zaabwe mu kifo ky'okuleka Baibuli okweyogerera. Enkola y'Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere eva mu nkwata ya Baibuli ey'amakulu aga bulijjo era agalabikirawo efa ku nkola za Katonda ez'enjawulo ez'okutuukirizaamu enteekateeka ye eri ensi okuyita mu mirembe gyonna, n'omulamwa omutuufu ogusangibwa mu kitundu kya Baibuli kyonna. Enkola ey'Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere efaayo nnyo okulaba nga byonna bibeera mu byawandiikibwa. Okwewaayo kwayo okusooka tekussa ku nkola ya butya Katonda bwe bamutegeera, wabula ku ekyo Baibuli ky'eyogera, ne bwe kiba nti ebintu ebimu ebitongole tebisobola kukwatagana mangu n'okuyigiriza okumu okulala oba entaputa zinnansangwa. N'olwekyo, enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere ekkiriza entaputa ez'enjawulo eziva mu baibuli kavuna ziba nga zikwatagana n'ennono ennungi ez'entaputa ya baibuli era n'okuyigiriza

okutegeerekeka okw'ekisa kya Katonda eky'obwereere.

## Okufundikira

Enjigiriza ey'Ekisa eky'Obwereere etandika n'okuyigiriza kwa Baibuli okulabikirawo era okutegeerekeka obulungi nti ekisa kya bwereere ddala. Okusinziira ku kino, okuyigiriza kwa Baibuli okukwata ku bulokozi, ku kukkiriza, ku bukuumi, ku bukakafu, ku bulamu bw'Ekikristaayo, n'obuyigirizwa bitunuulirwa nga bikwatagana n'ekikula ky'ekisa ekitaliiko bukwakkulizo. Ekisa kya Katonda eky'obwereere kye kirina okusikiriza Abakristaayo okusinza, okuweereza, n'okubeera mu bulamu obw'okutya Katonda ku lwa "Katonda ow'ekisa kyonna" (1 Peet. 5:10) oyo eyasooka "okutwagala" (1 Yok. 4:19).

# Endagiriro y'Ebyawandiikibwa

## Endagaano Enkadde


**Olubereberye**
2:17,
3:9-10,
12:3, 15:6, 25,

15:8-21, 25

**Okuva**
22:20-22,
33:20,

**Okubala**
11:1-3,
12:7,
15:22-29,
15:30-31,
21:3, 167

**Ekyamateeka**
4:24, 197,
6:6, 42
13:1-6,
18:20-22,
21:23,
30:12-14,
32:35-36,

**Yoswa**
6:17,
7:12, 11:23,

**Abalamuzi**
1:17,
3:11,
5:31,

**1 Samwiri**
2:12, 33
12:1-14,

**2 Ebyomumirembe**
7:14,

**Zabbuli**
7:1,
18:3, 32:1-5,

45:7,
66:12, 78:21,

79:5,
89:30-37,

**Engero**
10:27,
11:29,

**Isaaya**
9:19,
66:16,

**Yeremiya**
11:16,

**Kukungubaga**
2:3-4, 34,
4:11, 34

**Ezekyeri**
18:4, 10
36:25-27,

**Danyeri**
9:27,
12:1,

**Yoweeri**
2:32,

Amosi
2:5, 34,

**Yona**
4:3,

**Kaabakuuku**
2:4,

**Zeffaniya**
1:18,

**Zekkaliya**
12:2-9,
12:10,
13:9, 14:11,

**Endagaano Empya**

## Matayo


3:1-12,
3:7-9,
3:8,
4:12-17,
4:17,
4:18-22,
4:23,
4:25-5,
5:1,
5:3,
5:3-12,
5:10,
5:19,
5:20,
5:29-30,
5:48,
6:1-6,
6:5-13,
6:9,
6:14-15,
6:16-18,
6:19-21,
6:20,
7:11,
7:13-14,
7:15-20,
7:15-23,
7:21-23,
7:23, 58,
7:24-27,
8:12, 8:25,
8:29,
9:13,
9:21,
9:28,
10:1-11,
10:5-7,
10:14,
10:22,
10:25,
10:32-33,

10:34-36,
10:37,
10:38,
10:39,
11:15,
11:19,
11:20-21,
11:20-24,
11:28,
12:24-30,
12:31,
12:31-32,
12:32,
12:33-37,
12:41,
13:1-9,
13:10-17,
13:22,
13:23,
13:44-46,
14:30, 46
16:15-20, 16:18,
16:23,
16:24,
16:24-27, 16:25-26,
16:25-27,
18:17,
18:17-20, 18:21,
18:21-35,
19:14,
19:16,
19:16-22,
19:21, 19:26, 19:27,
19:28-30,
20:1,
20:16,
21:43,
22:1-14,
22:2,
22:11-13,
22:34-36, 22:37-39, 23:1-28,
23:14, 23:23-30,
23:27-24, 24:2,
24:3,
24:5-31,
24:13,
24:14,
24:15,
24:21, 24:22,
24:23,
24:42-44, 24:45,
24:45-51,
24:51,
25:1-13,
25:3,
25:13,
25:14-30,
25:20-23, 25:21,
25:23,
25:31-46,
25:41,

26:8,


## Makko


1:12, 95
1:14, 45
1:14-15, 62
1:15, 52, 144
1:16-20, 63, 70
1:38, 266

3:22-27, 84
3:28, 85
3:28-30, 84
3:29, 84
4:2-20, 87
4:10-12, 88, 90
4:19, 89
7:1-9, 62
8:34, 74, 75
8:34-38, 265
8:35-37, 50
8:35-38, 77
8:38, 78, 79
9:33-35, 65
9:36-37, 65
9:38, 95
9:43-48, 65
10:15, 81
10:17, 82, 162
10:17-27, 80
10:21, 82, 83
10:27, 83
10:28, 83
10:30, 83
10:38, 75
11:25-26, 66, 92
12:38-40, 108, 264
13:1-2, 205
13:13, 86
14:4, 139
16:9-20, 113
16:16, 113, 114

**Lukka**

1:29, 45
3:3-17, 111
3:6, 207, 238
3:7-14, 112
3:8, 52
3:20, 62
4:13, 89
5:1-11, 70, 71
5:10, 265
5:32, 52, 111
6:47, 128
7:35, 236
8:4-8, 87
8:9-10, 88, 90
8:11-15, 87
8:12, 88
8:14, 89
8:21, 128
9:23, 53, 74, 76, 129
9:23-26, 265
9:24-25, 50
9:24-26, 77
9:25, 77
9:26, 78, 79
10:13, 52
10:16, 128
11:32, 52
12:8-9, 78, 79
12:42, 97
12:42-48, 97
12:47-48, 98
13:3, 52
13:5, 52
13:24-30, 69
13:28, 69
14:26, 54, 71, 72, 81
14:27, 74, 75
14:33, 81
15:1-3, 111
15:4-10, 110
15:11-32, 109
15:17, 110
16:10-12, 266
16:19-31, 56
18:17, 81
18:18, 82, 162
18:18-23, 80
18:22, 82, 83
18:27, 83
18:28, 83
18:30, 83
19:10, 90
19:11-19, 191
19:11-27, 102, 104
19:16-19, 105
19:27, 105
20:46-47, 108
21:5-6, 205
21:19, 86
22:27-30, 108
22:31-32, 39
22:34, 188
22:42, 75
22:54-62, 188
24:47, 52

**Yokaana**

1:3-4, 24, 58
1:3-8, 66
1:4, 116
1:6, 238
1:9, 66
1:12, 116
1:18, 207
1:28, 71
1:35-42, 71
1:43, 71
1:47-49, 117
1:50-51, 117
2:3-5, 58
2:11, 71, 75, 117
2:23, 116
2:23-25, 116
2:28, 95, 98
3:1-4, 129
3:1-16, 118, 275
3:1-18, 119
3:1-21, 62
3:3, 22, 102
3:5, 25, 117, 118
3:9, 238
3:10, 238
3:15, 115, 124
3:16, 25, 87, 118, 272
3:17, 46
3:18, 116, 120
3:18-21, 121
3:20, 122

3:21, 122
3:23-24, 62
3:36, 119, 120
4:1, 62
4:1-26, 62
4:7-8, 232
4:10, 23, 115, 156, 248
4:14, 174
4:16, 232
4:18, 266
4:19, 72, 168, 265, 282
4:21, 265
4:36-38, 23
4:52-53, 117
5:24, 28, 47, 55, 87, 126, 128, 152, 210, 249, 275
5:28-29, 120
5:40, 73
6:28-29, 69, 122
6:29, 124
6:33, 239
6:35, 73, 124, 248
6:36, 238
6:37, 245, 248
6:40, 124
6:44, 176, 248
6:47, 47, 124, 272
6:47-58, 115
6:48-58, 123
6:64, 53
6:65, 248
6:66, 53
7:47-52, 129
8:24, 126
8:30-31, 18, 24, 53
8:30-32, 124
8:31, 54, 130
8:31-32, 232
8:44, 236
9:22, 129
10:9, 69, 115
10:10, 48, 133, 149, 174, 190
10:27, 58
10:27-28, 127
10:28, 275
10:28-30, 276
10:30, 42
10:37-38, 117
10:41-42, 117
11:25-26, 275
11:42, 117
12:24-26, 265
12:25, 77
12:27, 266
12:42, 128
12:45, 207, 238
13:30, 99, 130
13:34, 227, 232
13:35, 54, 223, 232
14:7-9, 232
14:9, 207, 238
14:11, 117
14:15, 126, 232
14:21, 24, 117, 126, 168, 232
14:23, 126
15:1-8, 129
15:2-8, 68
15:4, 126
15:6, 35, 41, 56
15:7, 126
15:8, 54
15:9-10, 265
15:10, 126
15:14, 126
15:14-15, 117
15:24, 238
16:7-11, 85
16:8-11, 176
17:3, 48, 58, 133, 149, 174, 190, 232, 276
17:4, 266
17:9-12, 276
17:24, 276
17:25, 58
19:33, 49
19:38, 129
19:39-42, 129
20:26-29, 117
20:30-31, 115, 132, 229
20:31, 24, 35, 41, 42, 62, 114, 115, 116, 133, 248, 275
21:15-17, 168
21:19, 76

Ebikolwa

2:1-4, 59, 142
2:37-39, 135
2:38, 42, 52, 142, 221
2:40, 205
2:41, 114
2:45, 142
2:46, 142
4:4, 136
5:1-10, 142
5:3, 235
6:1-2, 53
6:7, 144
8:12, 138
8:13, 138
8:14-18, 136
8:17-24, 137
8:21, 139
8:22, 139
8:23, 139
8:35-37, 114
9:1, 142
9:5, 142
9:6, 142
9:17, 136
10:9-16, 26
10:40-44, 137
10:43-44, 136, 142
10:44-48, 114, 136
11:15, 59
11:18, 52
12:23, 49
13:24, 113
13:38-49, 136
14:20, 53

15:1, 27
15:1-11, 136
15:7-9, 142
15:7-11, 27
15:10, 53
15:10-11, 74
16:14-15, 114
16:30-31, 139
16:31, 24
16:34, 126
17:2-4, 136
17:10-11, 12, 15
17:30, 52
18:8, 126
18:26, 13
18:27-28, 136
19:1-6, 142
19:5, 136
19:10, 53
20:1, 245
20:12, 245
20:18-21, 136
20:21, 52, 157
20:24, 266
22:10, 141
22:13-15, 141
22:16, 141
23:14, 167
26:18, 157
28:27-28, 128

**Abaruumi**
1:5, 19, 143
1:16, 45, 46
1:17, 51, 133
1:18, 27, 46, 146
1:24-25, 157
1:28, 51
2:2, 145
2:2-3, 145
2:5, 145, 146
2:6-7, 144
2:8, 146
2:10, 144
2:13, 144
2:17, 145
3:3, 191
3:3-4, 192
3:10, 145
3:12, 83, 145
3:20-4, 81, 145
3:21-4, 41
3:21-5, 144
3:21-24, 193
3:22-24, 145
3:22-26, 150
3:23, 145
3:24, 144, 145, 149, 215, 276,
279
3:24-4, 114
3:28, 41
4:2, 215, 223
4:3, 126
4:4, 50
4:4-5, 144, 212, 280
4:5, 19, 41, 157, 215, 276
4:16, 149
5:1, 146, 147
5:1-2, 157
5:2, 51, 133, 172, 281
5:9, 147
5:9-10, 20, 46, 146, 147, 153
5:10, 146
5:12, 49
5:16, 150
5:18, 149
5:18-21, 147
5:19, 144
5:20, 86, 206
6:1, 264, 268
6:1-5, 277
6:1-14, 281
6:3-5, 191, 221
6:3-8, 165
6:4-5, 183
6:5-11, 147
6:6-14, 277
6:11, 49, 277
6:14, 26, 264, 268
6:15, 147, 268
6:15-23, 281
6:16, 49, 147, 210
6:17, 144, 147
6:21, 49, 147
6:22, 148
6:23, 40, 49, 148, 151, 210
7:4, 147
7:9-11, 49
7:13, 147
7:14-25, 234
7:23, 51
7:24, 49
7:25, 51
8:1, 276
8:1-11, 147, 268, 281
8:3-4, 74
8:6, 147
8:9, 151
8:11-13, 165
8:13, 150
8:14, 151, 153
8:15-17, 276
8:17, 103, 152, 223
8:18-39, 149
8:29, 276
8:30, 96, 223
8:31-39, 276
8:33-34, 55
8:34, 58
9:3, 167
9:22, 146
10:1-3, 155, 157
10:4, 26, 154, 155, 268
10:6, 154
10:9, 126
10:9-10, 153, 231
10:11, 154
10:11-13, 155
10:14, 154
10:14-17, 128

10:17, 154
11:6, 19, 212, 264, 280
11:25-32, 192
11:26, 33, 87
11:29, 192
12:1-2, 213, 265, 268, 281
12:19, 146
13:4, 146
13:5, 146
14:10, 185
14:11, 154
16:26, 143

**1 Abakkolinso**
1:2, 158
1:14-17, 114
3:1-2, 22
3:11-15, 55, 95, 98, 157, 224,
272
3:13-15, 197
3:14-15, 56
3:15, 95, 131, 273
3:16, 158
4:1-2, 105
4:5, 98, 217
4:14, 158
4:16, 53
5:1, 160
5:1-5, 159
5:5, 38
5:11, 38
6:1-8, 162
6:9, 161
6:9-11, 161
6:11, 38, 158, 162
8:11, 139
9:21, 268
9:25-27, 193
9:27, 58
10:23-33, 271
11:1, 53, 158
11:2, 100
11:27-32, 237
11:30, 178, 210
12:3, 155, 167
12:13, 59, 139, 158, 221
15:1-2, 45, 158, 165
15:3, 165
15:3-4, 165
15:10, 178
15:50, 107
15:50-54, 250
15:52, 101
16:22, 58, 166, 167, 170

**2 Abakkolinso**
1:19, 169
1:22, 276
2:1-11, 38, 160, 189
2:6-8, 271
3:1-3, 169
3:12, 186
4:6, 176
4:14, 185, 273
5:9-11, 205
5:10, 28, 95, 131, 185, 205,
219, 240, 249, 268, 278, 281
5:17, 277
5:21, 193
8:4, 178
9:13, 178
11:2, 100, 185, 273
11:25, 187
12:21, 52
13:5, 168, 262

**Abaggalatiya**
1:6, 167
1:8-9, 57, 167, 170, 259
1:8-11, 45
1:11-12, 141
2:11-14, 167
2:16, 41, 51, 81, 193
2:20, 51, 133, 178, 191, 281
3:2, 139
3:4, 185
3:6, 50
3:10, 26
3:13, 58
3:16, 9
3:19-25, 268
3:22-4, 153
3:26, 276
4:31, 236
5:2-4, 173
5:4, 171
5:6, 172
5:13-14, 271
5:14, 268
5:16, 163
5:16-25, 234, 268
5:19-21, 161
5:22, 268
6:2, 268
6:7-8, 108, 173

**Abeefeeso**
1:4-5, 276
1:7, 66
1:13, 139
1:13-14, 272, 276
2:1, 277
2:2, 40, 49
2:5, 46
2:8, 46, 252
2:8-9, 46, 50, 81, 193, 212,
215, 252, 276
2:8-10, 175, 269
2:10, 68, 281
4:1, 268
4:17, 51
4:23, 51
4:30, 272, 276
4:32, 67, 139
5:3, 163
5:3-5, 161
5:10, 163
5:25-27, 100

5:26, 118
5:27, 228
6:21, 266

**Abafiripi**
1:3-7, 178
1:6, 177
1:19, 35
1:27-28, 179
2:11-12, 178
2:12-13, 180
3:3-9, 193
3:10, 58
3:10-14, 265
3:11-14, 22
3:12-14, 182
3:14, 22

**Abakolosaayi**
1:5-6, 45
1:7, 266
1:13, 272
1:21-23, 184, 272
1:22, 240
1:23, 240
2:13, 86, 221
2:13-14, 66, 272, 276
2:14, 58
2:18, 51
3:13, 67
4:7, 266
4:9, 266

**1 Abassesolonika**
1:3, 186
1:10, 221
2:12, 223
4:13-5, 97
4:13-17, 272
4:14, 126
4:17, 101
5:1-, 221
5:1-11, 102
5:12-13, 101
5:21, 165
5:23, 38, 185, 273

**2 Abassesolonika**
1:3-4, 187
1:7-9, 25
1:9, 96
1:11, 187
3:6-15, 271
3:7, 53
3:9, 53

**1 Timoseewo**
1:19-20, 187
1:20, 38
2:4, 276
4:1-3, 166
4:16, 46, 188
5:8, 191
5:14-15, 188
6:12, 47
6:17-19, 108, 189
6:18-19, 41, 42
6:20-21, 188

**2 Timoseewo**
1:11, 266
1:12, 126
1:15, 166, 188
2:3, 191
2:10-13, 108, 153, 190
2:12, 103, 200, 223, 273
2:13, 188, 276
2:17-18, 166
2:18, 188
2:24-25, 13
2:24-26, 188
2:25, 52
2:26, 235
4:7, 266
4:7-8, 192
4:8, 273
4:9-10, 188
4:10, 166
4:14-16, 166, 188

**Tito**
2:11-12, 277, 281
2:11-14, 269
3:5, 22, 81
3:8, 126

**Abebbulaniya**
2:1-4, 198
3:18-19, 197, 198
5:9, 200
5:11-13, 22
5:14, 22
6:1, 52
6:1-10, 201
6:7-8, 56
6:8, 35, 41
6:10, 245
8:10, 268
8:13, 9
9:27, 249
10:10, 38
10:12-14, 276
10:23, 165, 191
10:26-31, 203
10:27, 57
10:30, 57
11:6, 51
11:12, 49
12:1, 191
12:5-7, 56, 247
12:5-11, 25, 269, 281
12:14, 206, 238
12:15, 139
12:25-29, 208
12:29, 57
13:6, 178

**Yakobo**
1:2-4, 191
1:12, 191, 193
1:15, 209, 214

## 1 Abassesolonika

1:21, 50, 210, 219
1:25, 268
2:1, 92
2:10, 26
2:11, 217
2:12, 268
2:12-13, 92, 210
2:13, 92
2:14, 46
2:14-26, 211
2:17, 41
2:20, 49
2:21-25, 223
2:23, 50, 126
2:24, 40, 41
2:26, 49
3:1, 92
3:15-17, 235
5:9, 216
5:19-20, 217
5:20,50,210,269

## 2 Timoseewo

3:9, 52
3:14-18, 227
3:16, 139
3:18,22

## Yakobo

3:3, 52
3:5, 241, 244, 247
3:12, 241
3:15-16, 246
3:18, 159
3:19, 52
3:20, 247
3:21, 191, 241
4:10, 266
7:3-8, 107
12:4-6, 97
12:17, 107

13:16-17, 106
14:1-7, 107
19:7-8, 100
19:7-8--, 94
20:4, 250
20:4-5, 106
20:4-15, 121
20:5, 250
20:6, 272
20:11, 250
20:11-15, 25, 28, 54, 56, 106,
159, 249, 250
20:12, 27
20:12-13, 108
20:14, 40, 96
20:14-15, 49
21:4, 273
21:6, 243, 251
21:8, 250
22:3-5, 191
22:12, 252, 272
22:17,252

**1 Yokaana.**

1:3-4, 24, 58
1:3-8, 66
1:6, 229, 238
1:8, 229
1:9, 154, 230
1:10, 229
2:1, 276
2:3-4, 231
2:3-5, 58
2:9, 231
2:11, 231
2:28, 95, 98, 273
3:2, 207
3:3, 102, 186
3:6, 233, 239
3:8, 235
3:9, 238
3:9-10, 233
3:10, 235, 238

3:23, 144
4:6, 128
4:7-8, 232
4:16, 232, 265
4:18, 266
4:19, 72, 168, 265, 282
4:21, 265
5:4-5, 242
5:11-13, 152, 262
5:16,178,218,236,243,269

1 Peetero


1:7, 159, 197
1:9, 50, 218
1:15, 227
1:17, 266
3:6, 236
3:21, 220
5:4, 193, 219, 273
5:10, 180, 271, 282


2 Peetero


1:1-11, 96
1:5-9, 240
1:9, 247
1:10, 240
1:10-11, 222, 240
1:11, 240
2:1, 13
2:1-3, 68
2:1-22, 224
2:10, 68
2:12-15, 68


Okubikkulirwa


2:5, 52
2:7, 241
2:11, 241, 245
2:16, 52
2:17, 241
2:26-27, 103, 191